# ESSOMO 1

# KATONDA

## 1.1. OKUBAAWO KWA KATONDA

“Ajja eri Katonda, ateekwa okukkiriza nga Katonda waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya”(Beb.11:6). Ekigendererwa eky’amasomo gano kwe kuyamba abo bonna abagala okujja eri Katonda, naye nga basoose kukkiriza “nti Katonda waali” n’olwekyo tetujja kufaayo nnyo ku kya kuleeta bujjulizi bukkirizisa nti Katonda waali. Okutunnulira buli nnyingo ey’emibiri gyaffe (laba Zab.139:14), ekirabwaako mu nkola ey’ebimuli, bw’otuunulira eggulu ekiro ku lunaku nga teri bire, bino n’ebirala bingi mu bulamu buno ebitabalika mazima biretera obutakkiririza mu Katonda okuba ekintu ekyikalubo okukkiriza. Okukkiriza nti teri Katonda, kitwaala okukkiriza kungi okusinga okukkiriza nti gy'ali. Awatali Katonda tewaba bulungaamu, kigendererwa oba ennyinyinnyola entuufu ekwata ku nsi, era kino kye kiri mu bulamu bw’abo abatakkiririza mu Katonda. Tewerabira nti tekyewuunyisa okuba nti abantu abasinga obungi balinako ku kigera eky’okukkiriza Katonda— wadde mu ‘abo’ abalowooleza mu by’obugagga nga Katonda mu bulamu bwabwe.

Naye waliwo enjawulo nnene nnyo wakati w’okumala gamanya nti eriyo amaanyi aga waggulu, n’okuba ng’omanyidde ddala ky’agabira abamuweereza n’obwesigwa. Beb. 11:6 lutuwa ensonga eno nti

“tulina okukkiriza nti Katonda waali”

ERA

nti ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonyeza ddala”.

Baibuli, esinga kubaamu byafaayo by’abantu ba Katonda Isiraeri; etulaga ntakera nga okukkiriza kwabwe nti Katonda waali, tekwali kwe kumu ne kwe baalina mu bisuubizo

bye. Musa Omukulembeze wabwe omukulu yabagamba, “Kale manya...era okisse ku mwoyo, nga Mukama ye Katonda mu ggulu waggulu ne mu nsi wansi: Tewali mulala. Era oneekuumanga amateeka ge n’ebiragiro bye” (Ma. 4:39, 40).

Era ensonga y’emu eddiddwaamu— eky’okumanya nti waliwo Katonda tekitegeeza nti olwo Katonda ab’atukkirizza. Bwe tuba nga ddala tukakasa nti tulina omutonzi, tulina okumwagala n'okukuuma ebiragiro bye. Ekigendererwa kya masomo gano kwe kunnyonnyola ebiragiro bino n’engeri y’okubyekuuma. Bwe tunaaba tunoonya mu byawandiikibwa engeri y’okukituukirizaamu, tujja kukizuula nti okukkiriza kwaffe nti Katonda waali, kunywerera.

“Okukkiriza kuva mu kuwulira, n’okuwulira mu kigambo kya Kristo” (Bar. 10:17). Mu ngeri y’emu, ne Isa. 43:9-12 ziraga nti okutegeera obunnabbi bwa Katonda obukwata ku biseera eby'omu maaso, kituwa okumanya nti “Nze nzuuyo” (Is. 43:13)— kwe kugamba, erinnya lya Katonda “NINGA BWE NDI” ttuufu ddala (Kuv, 3:14). Omutume Paulo yagenda mu kibuga ekiyitibwa Beroya, kati ekisangibwa mu bukiika kkono bwa Buyonaani. Nga buli jjo, yabuulira Enjiri (“Amawulire Amalungi”) ya Katonda; naye abantu tebamala gakkiriza bigambo bya Paulo, baabikkiriza (bya Katonda so si bya Pawulo) n’omutima gwabwe gwonna, “buli lunaku beekenneenyanga ebyawandikibwa, okulaba oba nga Pawulo ne Siila bye boogera bituufu, era bangi ku bo ne bakkiriza” (Bik. 17:11, 12). Okukkiriza kwabwe kwava ku kwagala ne ku kunoonyereza ku “bintu ebyo” okwa buli lunaku mu Byawandiikibwa. Okufuna okukkiriza okutuufu tekwali nti Katonda yababaaga emitima mu mwoyo naakubateekamu awatali kusoma Kigambo kye. Kale abantu ab’ensi bayinza batya okugenda obungezi ku zimu ku nkungaana za Billy Grahama oba ku lumu ku ezo ez’Abapentekooti ez’okudda obuggya ne bavaayo mbu ng’nwo ‘bakkiviza’? Baba bamaze bbanga ki nga beekenneenya ebyawandiikibwa mu mbeera bw’etyo? Ebbula ly’okukkiriza okutuufu okusimbiddwa ku Baibuli, awatali kubuusabuusa ky’ekivaako obutali bweesimbu mu bulamu bw’obukristaayo mw’abo ababa bakyuuse mu ngeri eno, era y’ensonga lwaki bangi ku bo babivaamu.

Ekigendererwa ky’amasomo gano kwe ku kubagirawo engeri y’okunoonyerezaamu ebyawandiikibwa, “olwo” naawe osobole okukkiriza. Okukwatagana kw’okuwulira Enjiri entuufu n’okubeera n’okukkiriza birina engeri gy’ebisongwako ennyo olunwe nga bwe kyawandiikibwa mu kubuulira Enjiri.

- “Bangi ku Bakkolinso bwe baawulira ne bakkiriza era ne babatizibwa” (Bik. 18:8).
- Abantu “bawulira ekigambo kye Njiri ne bakkiriza” (Bik. 15:7).
- “Bwe tutyo bwe tubuulira, era bwe mutyo bwe mwakkiriza”. (1Kol 15:11).

**KATONDA MU K’OBUNTU**

Mulamwa gwa Baibuli gwa ttendo era gwa kitiibwa nnyo nti Katonda atubikkulirwa nga muntu yennnyini. Era nnono nkulu nnyo eri abakristayo nti Yesu mwana wa Katonda. Singa Katonda taliiyo, awo kiba kizibu okuba n’omwana oyo eyali “mu kifaananyi kye” (Beb. 1;3). Ate okwongera ku bino kiba kizibu okussawo enkologana yaffe ne ‘Katonda’, singa ‘Katonda’ ndowooza bu lowooza gye tulina mu mitima gyaffe. Kya kabi nnyo nti eddiini ezisinga obungi endowooza eno etennyonnyoleka gye zirina ku Katonda.

Nga Katonda bwa tenkanika muntu yenna, kirabika okukkiriza kw’abangi kugaanye ekisuubizo ky’okuba nti tulimulaba. Kizibu omwonoonyi okulaba Katonda (Kuv. 33:20)— Yadde nga kino kitegeeza nti singa tebwali bwonoonyi bwaffe, Katonda waali ddala era ng’asobola ‘okulabibwa’. Isiraeri tebaalina kukkiriza kwa kulaba “kifaananyi” kya Katonda (Yok. 5:37). Okukkiriza ng’okwo kuva mu kumanya Katonda n’okukkiriza ekigambo kye:

“Ba mukisa ab’omutima omulongoofu: kubanga abo baliraba Katonda” (Mat. 5:8).

“N’abaweereza be (Katonda) banaamuweerezanga: era banaamulabanga amaaso ge, n’erinnya lye (erinnya lya Katonda – Kub. 3:12) linaabanga mu byenyi byabwe” (Kub. 22:3,4). Kale essuubi eryenkanidde awo, bwe tulikkiririza ddala lijja kutuwuniikiriza. “Mugobererenga emirembe eri abantu bonna, n’obutukuvu, awatali obwo tewali aliraba Mukama”. (Beb. 12:14). Tulemenga okulayira kubanga ‘oyo alayira Eggulu, aba alayidde nnamulondo ya Katonda, n’oyo agituulako” (Mat. 23:22).

Mu bulamu buno okutegeera kwaffe ku Kitaffe ow’omu Ggulu kutono nnyo, naye tuyinza okulindirira mu kazigizigi w’obulamu buno n’essuubi, okumusisinkana ku nkomerero. ‘Okumulaba’, kwaffe awatali kubuusabuusa kulyenkanankanira ddala n’engeri ey’amaanyi kati gye tumulowoozako. Kale okusinziira ku kunyigirizibwa omuntu kw’abonaaboneramu, Yobu yasanyukira enkolagana gy’alibeera nayo ne Katonda ku lunaku luli.

"…eddiba ly'omubiri gwange bwe lirimala okuzikirizibwa (kwe kufa) …naye mu mubiri gwange ndiraba Katonda: gwe ndiraba…n'amaaso gange galimutunuulira, so si mulala" (Yobu 19:26, 27).

Omutume Pawulo mu bulumi n'emitawaana ye yakaaba bw'ati: "Kubanga kaakano tulabira mu ndabirwamu ebitalabika bulungi; naye…tulitunulagana n'amaaso" (1 Kol. 13:12).

**OBUJULIZI BW'ENDAGAANO ENKADDE**

Ebyasuubizibwa bino eby'Endagaano Empya bizimbira ku bujulizi obw'omu Ndagaano Enkadde obulaga Katonda mu buntu. Tetuyinza kwogera nnyo kisusse nti kikulu nnyo okumanya enfaanana ya Katonda bwe tuba tunaafuna okutegeerera ddala eddiini esimbye ku Baibuli ky'eriko. Endagano Enkadde eyogera nnyo ku Katonda ng'omuntu; enkolagana ey'omuntu ku muntu ne Katonda Endagaano Empya ne Nkadde gye zoogerako ya kitalo eri essuubi ly'Omukristaayo omutuufu. Zino wammanga z'ensonga enkulu eziraga Katonda mu buntu.

- "Katonda n'ayogera nti tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe," (Lub. 1:26). Kale nno, omuntu yakolebwa mu ngeri y'ekifaananyi kya Katonda, nga bwe kyolesebwa mu bamalayika. Yakobo 3:9 lwogera ku "bantu abaatonderwa mu kifaananyi kya Katonda". Okutonderwa kwaffe mu kifaananyi kya Katonda mazima kitegeereza ddala nti tusobola okubaako ne kye tukakasa ku ekyo kye tuli. Kale nno, Katonda oyo gwe tufaanana, si kiyenzeyenze kye tutasobola kutegeera. Ezeekyeri yalaba Katonda ng'awangamye waggulu wa Bakerubi, mu "kifaananyi ng'eky'omuntu". Kino nno kirina kye kitulaga mu bulamu bwaffe; nti olw'okuba tuli mu kifaananyi kya Katonda, olw'okuba kikubiddwa ku buli kitundu kya mubiri gwaffe, omubiri ogwo tuteekwa okuguwa Katonda, ng'abasajja bali bwe baalina okuwa Kayisaali eddinaali okwali ekifaananyi kye. (Luk. 20:25).
- "Katonda amanyi omubiri gwaffe" (Zab. 103:14). Ayagala tumumanye ng'omuntu, omuzadde gwe tuyinza okwogera naye.
- Ebyogera ku kifo Katonda gy'abeera biragira ddala nti alina ewuwe: "Katonda ali mu ggulu" (Mub. 5:2). "atunuulidde wansi ng'ayima ku watukuvu we awagulumivu…mu ggulu" Zab. 102:19, 20); "owuliranga ggwe ng'oyima mu ggulu ekifo kyo gy'obeera, …" (1 Bassek. 8:39). Naye ate okusinga byonna, tusoma nti Katonda alina "Nnamulondo" (2 Byom. 9:8; Zab. 11:4; Isaaya 6:1; 66:1). Enjogera ng'eyo nzibu

okukozesebwa bwe kuba kwogera ku kintu ekitannyonnyoleka ekiri eyo mu butonde bw'eggulu. Katonda ayogerwako nga: "akka wansi" bw'aba yeeyoleka. Kino kiraga ekifo kya Katonda mu ggulu. Kizibu okutegeera endowooza egamba nti 'Katonda okweyolesa' nga tofudde ku mbeera ya buzaalirana bwa Katonda.

- Isaaya 45 ejjudde ebiraga nga Katonda yennyini, yenyigira mu nsonga z'abantu be: "nze Mukama so tewali mulala…nze Mukama akola ebyo byonna…nze Mukama nnagitonda. Zimusanze oyo awakana n'Omutonzi we nze, engalo zange, nnabamba eggulu…mutunuulire Nze mulokoke, mmwe nkomerero zonna ez'ensi". Olunnyiriri luno olusembyeyo okusingira ddala lulaga nti Katonda waali mu ngeri ey'obuntu — Ayagala abantu okumukyukira, okutegeera okubeerawo kwe mu buliwo n'eriiso ery'okukkiriza.
- Katonda atubikkulirwa nga Katonda omusonyiyi, ayogera ebigambo eri abantu. So ng'okusonyiwa n'okwogera biva mu kintu ekirina obusimu mwokka, kubanga ebyo bikolwa bya mu bwongo. Bw'atyo Dawudi yalina omutima ng'ogwa Katonda (1 Sam 13:14), ekiraga nti Katonda alina emmeeme (omutima ogulowooza), omuntu gwayinza okubeerako nagwo ekitonotono wadde nga mu buzaalirana omutima gw'omuntu teguli nga gwa Katonda. Ebitundu nga; (Lub. 6:6), "Katonda ne yejjusa lwaki yakola omuntu…n'anakuwala mu mutima gwe" biraga Katonda nga ekiramu ekiwulira era ategeera. Kino kituyamba okumanya engeri gye tuyinza okumusanyusa oba obutamusanyusa, ng'abaana bwe babeera ne kitaabwe.

**SINGA KATONDA TALINA BWA BUNTU . . .**

Bwe kiba nti tewali Katonda ddala ali awo, olwo eby'omwoyo biba bizibu okubyefubako. Bw'aba nga Katonda mutukuvu ddala naye nga talina bwa buntu, awo tuba tetusobola kutegeera butukuvu bwe obw'olesebwa mu bantu. Abakristaayo n'Abayudaaya ab'ava ku nsomesa ya Baibuli balina endowooza egamba nti 'obutuukirivu bwa Katonda buyingira mu bulamu bwaffe nga buyita mu 'mwoyo mutukuvu' atategerekeka oyo atufuulako ng'ekifaananyi kya Katonda (mu kutegeera) era n'okutufuula abakkirizibwa mu maaso ge. Naye ku ludda olulala, bwe tukkiriza nti waliwo ayitibwa Katonda, tusobola okwefuga mu nneeyisa yaffe nga tukubirizibwa obuyambi bw'ekigambo kye. Olwo nno, enneeyisa ya Katonda n'erabika mu bulamu bwaffe.

Ekigendererwa kya Katonda kwe kweyoleseza mu kibiina ky'abatukuziddwa. Erinnya lye ery'ekijjukizo, Yahweh Elohim (Yakuwa), amakulu gaalyo gali nti. ("Oyo aliba abazira

ab’amaanyi” era kwe ku vvuunula okutuufu) Ebinnyonnyola ku mpeera egenda okuweebwa abeesigwa mu Bwakabaka bwa Katonda obugenda okujja ku nsi, biraga nti baliweebwa omubiri ddala ogukwatikako, yadde nga guliba tegukyafugibwa bunafu bwonna nga guno mwe tuli. Yobu yalindirira “olunaku olw’enkomerero” omubiri gwe kwe gulizuukirizibwa (Yobu 19:25-27). Ibulayimu y’omu ku “bangi abeebaka mu nfuufu y’ensi abalizuukuka…okufuna obulamu obutaggwaawo” (Dan. 12:2) asobole okufuna ekyasuubizibwa eky’obusika obutakoma obw’ensi eya Kanani, ekifo ddala ekiri ku nsi kuno (Lub. 17:8). “Abatukuvu baakyo balyogerera waggulu olw’essanyu…bayimbirenga olw’essanyu ku bitanda byabwe... okuwalana  eggwanga ku mawanga…” (Zab. 132:16; 149; 5,7). Omuyudaaya ne munnaggwanga olw’okulemwa okumatira ennyiriri ng’ezo n’engeri ebisuubizo ebyo gye byaweebwamu Ibulayimu, kireeseewo endowooza enkyamu eno nti “omwoyo ogutafa” okuba nti y’embeera yennyini ey’omuntu. Ekirowooza ekyo Baibuli tekisemba n’akatono. Katonda wa kitiibwa era tafa, nga kati ali mu kafubo k’ekigendererwa kye, olwo abasajja n’abakazi basobole okuyitibwa okubeera mu Bwakabaka bwe obugenda okujja ku nsi, okugabana ku bitiibwa bye, nga biragibwa mu mubiri.

Abeesigwa baasuubizibwa okusikira ekikula kya Katonda (2 Peet. 1:4). Tuliweebwa omubiri ogufaanana ng’ogwa Yesu (Baf. 3:21), ate tumanyi nti Yesu aliba n’omubiri mu Bwakabaka. N’olwekyo enjigiriza ekwata ku ‘bw’obuntu bwa Katonda’, ekwataganira ddala ne Njiri ey’Obwakabaka .

N’olwekyo tewayinza kubaawo ndowooza etegeerekeka ey’okusinza, ey’eddini oba ey’enkolagana ne Katonda okujjako nga kimaze okutegerekeka nti Katonda alina obw’obuntu era nti twakolerwa mu kifaananyi kye. Kitwetagisa okwessaamu endowooza ye kaakano tulyoke tumufaananire ddala mu Bwakabaka bwe. Tuyinza okwongera okumanya n’okufuna eddembe bwe tusoma mu bitundu ebyogera ku Katonda nga Kitaffe omwagalwa, atukangavvula ng’omuzadde n’omwana (ekyokulabirako Ma. 8:5). Mu kubonaabona kwa Kristo tusoma nti, “Naye Mukama yasiima okumubetenta” (Isa. 53:10); wadde nga “yakowoola Mukama: n’awulira (Mukama) eddobozi lyange…ne bye nnakaabira mu maaso ge ne bituuka mu matu ge” (Zab. 18:6). Ekisuubizo kya Katonda eri Dawudi eky’ezzadde oyo alibeera Omwana wa Katonda, kyaleetawo ekyetaago ky’omuntu okuzaalibwa mu ngeri ey’ekyamagero eyali afaananira ddala Kitaawe.

Okutegeera Katonda obulungi, kye kisumuluzo ekisumulula ebikulu ebirala ebingi Baibuli by'eyigiriza. Naye ng'ekirimbo ekimu bwe kireeta okulimba okulala, bwe kityo, okutegeera Katonda okukyamu kusaanikira amazima agali mu byawandiikibwa. Bw'oba ng'okizudde nti ekitundu kino kimatiza, oba nga kimatizaamu katono, ekibuuzo kigamba nti 'Ggwe ddala mu butuufu omanyi Katonda? Kati katweyongere okuvumbula ensomesa ya Baibuli ku ye.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 1:
## OKUMANYA KATONDA

### OKUSSA MU KUKOLA OKUBAAWO KWA KATONDA

Okukkiririza ddala mu kubaawo kwa Katonda kyokka kikyuusa enneyisa y'omuntu. Ekigambo "Katonda omulamu" abantu bakikoozesa bulijjo mu kusaba oba nga bali mu biseera eby'akazigizigi. Katonda waali, ye Katonda omulamu era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya. Katonda bwaba taliiwo, byonna byonna byangu. Era ekyo kituufu ne ku Katonda; olw'okuba nga waaliwo Katonda, ebyo byonna ebikwata ku bulamu biba bimukwatako. Eddiini zonna ng'ojjeeko ddiini entuufu zikisa Katonda. Kale ne zekoolera ebiyigirizibwa ebitali bituufu okulemesa okutegeerebwa Kwe, nga bamufuula okuba ekyo bo kye balyagadde abeere oba kye basuubira abeere. Abamu basanguziza nti Katonda abantu abali mu ndowooza zaabwe, yo eyo kennyini gwe balaba mu kifaananyi kya ba taata babwe be balina. Nti singa kale taata aba muyombiyombi oba omusunguwavu, eno y'engeri gye balabamu Katonda. Nti singa taata waabwe aba wa kisa ate n'omukwano, basalawo nti eno y'engeri Katonda bwali naye. Endowooza ya Feud eno ya ndiba entuufu oba olyawo eri abantu abasinga obungi mu nsi muno abagamba nti balina obukkiriza mu Katonda. Endowooza eteri ntuufu nti Katonda musajja mukadde omunyiivu awoolerwa omusaayi n'okubonyabonyezebwa kw'omwana we, erabikira ddala okuba nga yannyikira nnyo mu bamu ku bakuzza b'amatendekero ge by'eddiini ababi. Tebalina bumanyirivu bwa kulaba Katonda nga Kitaffe. Ono si ye Katonda abikkulirwa mu kuyiga Baibuli n'okulowooza okuggule. Abo abamanyi era abakkiririza mu Katonda ow'amazima owa Baibuli, Katonda ye Katonda, nga bwali nga bwe yeyoleka mu kigambo, era tuteekwa okulwanyisa okukemebwa okumufuula okuba Katonda ng'okulowooza kwaffe bwe kuli ku taata.

Okumu ku butategeeragana okw'ekiseera kyonna ate okw'akabi okukyasinzeeyo be basatu- ekigamba nti waaliwo "abantu" basatu mu Katonda omu. Abasomesa b'eddiini

abatendeke beyazika ekigambo- peresona mu Lulatini, porsopon mu Luyonaani- ekyakozesebwanga ku kakokolo baakazanyirizi ke bayambalanga ku siteegi. Naye eri ffe, Katonda tali mu peresonas. Waali nga Katonda Kitaffe, Katonda ddala ow'amazima. Ekyo kye tumanyi mu kigambo kye kyennyini ddala ky'ali. Era obumanyi buno bwe bwalibadde ekintu ekisinga otukwatako obulamu bwaffe bwonna. Emirundi n'emirundi bannabbi bakozesa endowooza "ey'okumanya Katonda" eno ng'ejogera enekusifu etegeeza okuba n'obulamu obufugibwa okumanya okwo. Endagaano Empya gye twayingira etegeeza "kumanya" Katonda. Yer.31:34 ajoogerako bwati: "Bonna balimmanya. . . kubanga ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe" (Yer.31:34). Okumanya Katonda kuleeta okwenenya, okwenenyeza ddala; okuleeta ekisonyiwo kyennyini ekya ddala. Kyangu eri abo abali mu Kristo okukolera mu butamanyira ddala Katonda. Bwe kityo Pawulo yabuulira ekkanisa ya Bakkolinso nti: " Mutamirukukenga mu butuukirivu so temwonoonanga; kubanga abalala tebategeera Katonda" (1Kol.15:34). Okumanya n'okukolera mu mbeera eyo nti Katonda ali awo byanditukumidde mu butayonoona.

Ffe fenna kisobola okutwanguyira okulowooza nti tukkiririza mu Katonda oyo. "Wabula kyennyini kye tulina okutegeera, si kye ky'okuba nti ddala Katonda waali, nti era waggulu w'emunyeennye ezaakira ddala waliyo amagezi eg'enjawulo agabeezaawo ebintu byonna, naye nti Katonda waali wano mu ebyo byonna obulamu bwaffe bye buyitamu buli lunaku. . . obukakafu ku kubeerawo kwa Katonda si kyetwagala, naye ne bwe tukozesa olulimi lw'eddiini ku kyo oba nneda, obumanyirivu ku Katonda okuba nga waali. Ekyo kye ky'amageero kye tunoonya. Era ndowooza nti eky'amageero ekyo kyennyini kye tufuna". Ku nze kino ky'ensobola okwogeererako nti 'Amiina'. Kubanga mwe ebyo ebitalina makulu mu bulamu, mwetulabira ddala okuyambibwa kwa Katonda kwennyini, buli ssawa.

Kya ndiba nti tukkiriza okubaawo kwa Katonda awatali kukkiririza ddala nti Katonda waali, era n'olwekyo nga ye w'amaanyi yekka, nti era n'ebyo byonna ebimwogeerwako ebyolesebwa mu Baibuli bikola era bya ddala eri ffe olwa leero. Omwami wa Kabaka ataali mwesigwa mu 2 Bassek.7:2 yangoola Erisa bwe yayogera nti: "Mukama bw'anaakola ebituli mu ggulu, ebigambo byo kyandiyinzise okubaawo?". Yerabira nga waliwo ebituli mu ggulu (Lub.7:11; Mal.3:10) omukisa mwe guyinza okuyita okuweebwa. Omwami yali akkiririza mu Katonda okubeerawo. Wabula teyakirowoozako nti Katonda yali asobola okukola okusingawo, era yabuusabuusa oba nga ddala Katonda yali asobola okuyingira mu nsonga z'abantu era na zikyuusiza ddala. Naffe tulina okuba abegendereza mu kino.

**OBUKKIRIZA**

Emirundi mingi “Kitammwe ali mu ggulu” kirowoozebwako mu makulu ga kukkiriza nti okusaba kuddibwamu (Mat.7:11; 18:19; 21:22; Mak.11:24; Yok.14:13; Yak.1:5,6,17 n'endala). Kirabika nga olw'amazima nti ddala Katonda abeera mu ggulu mu ngeri y'obuntu kyandituletedde okuba n'amaanyi ng'atuwaayo okusaba kwaffe. Tulina omukisa munene nnyo ogw'okufuuka ekyo ekiri mu kifanaanyi kya Katonda eky'empisa ennungi, kubanga twakolebwa mu kifanaanyi ky'omubiri gwe- anti Katonda mulamu ddala. Ky'ekyo kyennyini kubanga “Engalo zo ze zankola, ze zammumba”, Dawudi kyava asaba amaanyi ayambazibwe ekifanaanyi kya Katonda eky'empisa ennungi: “(n'olwekyo) ompe amagezi, njigenga ebyo bye walagira” (Zab.119:73). Olw'amazima nti ddala Katonda ali mu ngeri ya buntu kiwulikika ng'ekitiisa nga wakasooka okukiwulira.

Ku lwange ndowooza nti ffe fenna kitugwanira okusirikiriiramu katono twebuuze ekibuuzo kino ekikulu nti: Ddala tukkiriza nti Katonda waali? Tukkiririza mu Katonda ow'obuntu, oba tumulowoozako bulowooza kyokka? Kiteekwa okuba nga kyewunyisa Abayudaaya Mukama Yesu bwe yabagamba nti “mukkirize Katonda” (Yok.14:1). Lwa kubanga tewaliwo wakati mu bo atakiririza mu Katonda. Ekyo Yesu kye yali ategeeza kyali nti obukkiriza bwabwe bwali mu Katonda ow'okulowoozako obulowooza, si mu Katonda yennyini. Kubanga singa bakkiriza Kitange, balikkiriza n'omwaana we. Tuteekwa okwebuuza oba nga ddala tuwulira okwagala kwaffe eri Katonda. Lowooza ku ngeri omukuumi w'ekkomera “gy'eyasanyuka ennyo. . . ng'akkiriza Katonda” (Bik.16:34). Yali tasuubirwa kuba nga yali takkiririza mu Katonda [obutakkiririza mu Katonda bwali tebuliiwo mu kyaasa ekyasooka]. Kyokka ku mulundi gwe ogw'asooka yategeera obukulu bw'obukkiririza ddala mu Katonda omu ow'amazima ng'omuntu omulamu.

**OKY'OKUKOOPA ERI OBULAMU OBUKOZI**

Mu kugeregeesa, na ndiwakana nti endowooza eteri ntuufu ey'abakkiririza mu basatu egamba nti waliwo 'abapersonas' basatu y'ereese okugaana Katonda Kitaffe okuba nti wa ddala, mulamu, era ku bubwe alina ebintu byonna eby'enjawulo ebikwata ku 'muntu' yenna. Olw'amazima nti Katonda muntu kitegeeza ki kye tuli ng'abantu, era ffe okuba abantu, ky'ekisinga obukulu. Okuba n'enkolagana y'obuntu ne Katonda ow'obuntu kitegeeza nti mu nkola eyo tugenda tufuuka ng'abantu abali mu kifaananyi kye; kuba waliwo ekikwatagana ekigenda kikyuusibwa olw'okubeera mu nkolagana naye. Tufuulibwa okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa, nga tulaba amaaso Ge era nga tumasamasa

ng'endabirwamu, era ekitiibwa ekyo kyennyini n'ekitusigalako mu ngeri y'emu nga bwe kyasigala ku maaso ga Musa ng'amaze okusisinkana Malayika wa Yahweh (2Kol.3:18). Naye ate tutuula mu nsi eyeyongera okutugaana eby'ekyaama oba okwetongoolera ddala; eddoboozi ly'ensi libuna wonna ate mu ngeri eyewunyisa, n'okutuuka ku kuba nti twewulira okuba nga tetusobola kweyawula ku nsi mwetuli we tuba twagalidde. Tulabika ng'abatasobola ku 'gyeyawulako' tube ne Katonda, wadde tugenda wa mu luwumula, na yenna gwe tugenda naye, ne bwe tufiisawo essawa emu yokka okuba wekka mu kifo eky'abangi we baagandaliira. Naye ku nkomerero, nnina okukkiriza nti tusobola okweyawula ku ddoboozi ly'ensi n'okusikiriza kwaayo, newakubadde nga tuba tuli n'oyo atannakkiriza oba ataali muyambi, oba baana abatannafaayo nnyo, oba ssawa nnyingi ku mulimo, oba tiivi etevaako, oba esimu ng'evuga buli kaseera. Lwa kuba ffe ng'abantu ab'enjawulo ate kinoomu tusobola okwogera ne Katonda ng'omuntu n'omwana we, bwe tutyo ne tuba mu kyaama n'okwetongola okwo okulabika nga kuganibwa olw'okubeera omuntu mu nsi eno. Nga tweyongeddeyo mu maaso, ddala kiri mu ddoboozi lyaffe eriwulikika mu ekyo kye tutaagala, ebitunakuwaza bye tuyitamu mu nsi muno, nti tusobola okutegeera Katonda, ate mu byo Katonda mwe yeyoleseza eri ffe. Bino byonna bibaawo bitya mu kukola? Katonda okukolera mu ggwe kwe ku mumaanya. Bulijjo bannabbi boogera ku 'kumanya' Katonda nga kitegeeza 'okukolera mu Katonda'. Olw'okuba Katonda kwagala, okwagala kwe kutegeera Katonda (1Yok.4:8). Kyangu bwe kityo, gye twakomya okwagala [ate njogera ku 'kwagala' nga Babuli bwe kitegeera] era gye twekomya n'okwagala Katonda.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 2:
## OBUSUUKULUMU BW'OKWAGALA

Kyangu okubaawo olw'ebiragiro okusinga okubaawo olw'omukwano. Okubaawo olw'omukwano olina okulabirira abantu abalala, ate okubaawo olw'ebiragiro tekyikwetaagisa. Osobola okugoberera ebiragiro byokka olwo kungulu n'olabibwa ng'akola ebintu ebirungi. . .

Kya ndiba olw'okuba ng'abantu mu buzaalirana beefaako bokka ekyaletera Katonda okuwa Musa ebiragiro ebingi, ebiragiro eby'okubasobozesa okukola obulungi. Ebiragiro byali kintu ekisinga obulungi, naye nga tebisobola kuzibwa mu kifo kya kubudaabuda na kwagala nga biri mu kukola. Singa tufaayo ku balala, tekyandyetaagisiza kutugamba okugabira

abanaku. . . n'ebirala naye olw'okuba nga si kya mu butonde bw'abantu okuba bwe batyo, Katonda yawa Musa ebiragiro bingi olwo abantu basobole okukola obulungi.

Awo Yesu bwe yajja, yageezaako okulaga nti ky'ekyo bulijjo Katonda kye yali ayagala. Ayagala twagalanenga *nga ye bwe yatwagala* nga: “etteeka eriggya”. Abantu abakulu nga Dawudi kino bakitegeera, na yayogerwako nti: “omuntu ali ng'omutima gwange bwe gwagala”. Kyokka nga bwe kyali wansi w'amateeka ga Musa, bwe kisobola n'okuba olwa leero. . . osobola okugondera ebiragiro, n'okuuma obulombolombo bw'ekkanisa, ku ngulu n'olabibwa okuba omutuukirivu ng'Abafalisaayo, naye nga tolina kwagala, na kufaayo ku balala, biba tebigasa. Kino kye kyavako Yesu okugamba nti “banategeerebwanga olw'ebibala byabwe”. Bye tukola bifuuka bukakafu oba nga ddala tufaayo eri abalala. Ku ffe fenna teri atuukiridde, naye bwe tugeezako ekyo ekisoboka okulowooza n'okufaayo ate n'okwagala okwa ddala eri abantu abalala, olwo nno kino kiba bujulizi obulabwako. Bwe tuba nga ddala tetufaayo ku balala, nga tusiba obusungu ku mutima, nga tetusonyiwa, tuba tumala ekiseera kyaffe nga tuzimbulula mu kifo eky'okuzimba. Kyangu nnyo okuba abasaazi eri ffe ffennyini okwekwaasa ebyawandiikibwa ne tukikola mu linnya kya Katonda, ate nga kya mu lwaatu ng'omuntu oli tetumwagala. Okukosa kungi okukoleddwa mu linnya lya Mukama, ng'ate Katonda akirambulula bulungi nti ayagala twagalenga abalala nge Ye bwe yatwagala ffe, naawaayo omwana we okutufiirira bwe twali nga tukyalina ebibi.

Okwagala kuteekwa okuba nga kye kitwanguyiza buli kyonna kye tukola, kuteekwa okuba emabega wa buli kikolwa n'ekirowoozo. Tusobola okuyiga Baibuli yonna mu mutima, naye bwe tutaba na kwagala ebikolwa byaffe biba butaliimu era tetusobola kulaba kuwabulwa kulala okuva eri Katonda mu ngeri entuufu. Ebbaluwa ya Yokaana ey'okubiri essira erissa nnyo ku kukwagala n'obw'obuntu bwa Yesu, era erabula nti abo abatategeera bintu bino bewaalibwenga. Kale kikulu ate kyetaagisa tutegeere ng'okwagala kusaana okuba emabega wa buli kirowoozo n'ekikolwa, n'enkolagana n'abalala, ate kukyuusa n'engeri gye tutegeeramu ekigambo kya Katonda eri ffe. Kuggulawo engeri empya ey'okulaba n'okubaawo.

**OKUZAALIBWA OGW'OKUBIRI**

Okwagala okw'amazima mu bulamu bwe bulamu obuggya. Okusoma ekigambo kusobola okuleeta Omwoyo gwa Katonda okutuula mu ffe. Kino kintu kikulu eri obulamu bwaffe mu Kristo ekyaletera ne Yesu okugamba Nikoodemo nti tuteekwa okuzaalibwa omulundi

ogw'okubiri! Ate n'agamba nti tuteekwa okuzaalibwa “mu mazzi ne mu mwoyo” (Yok.3:3-5). Bulijjo abantu 'bazaalibwa mu mazzi n'ebiyigirizibwa abantu'. Abafalisaayo nabo basaba Yokaana Omubatiza babatizibwe, kwe kugamba okuzaalibwa mu mazzi; naye ekikulu yabagamba nti bateekwa okuzaalibwa mu mwoyo. Abayudaaya mu kiseera kya Yesu, balina ebiyigirizibwa ebitakyuuka- era Yesu naye yakakasa ebyo bye baali bayigiriza bwe yagamba abayigiriza be nti: “mukole nga bwe babagamba naye temukola ebyo bye bakola”. Kyokka tebalina mwoyo attula mu bo. Bafuna okutegeera naye tebabala bibala bya kwenenya. Pawulo atubuulira ebibala by'omwoyo kye ki mu Bag. 5:22. Bye bino (ng'ekisookerwako) kwagala, okusanyuka, okugumukiriza, emirembe, ekisa, obuwombeefu, okusonyiwagana. Okuzaalibwa mu mwoyo kuleetamu ebibala ebyo ebyogerwako. Okusoma ekigambo kya Katonda si kye kyokka ekikyusa emitima gyaffe okugifuula “okujjuzibwa mwoyo”, naye n'okuzibwamu essuubi n'abakkiriza abeesigwa. Beb.10:24 kyogera ku ngeri y'okweyisaamu nti: “tulowoozaganenga fekka na fekka okukubirizanga okwagala n'ebikolwa ebirungi”. Engeri endala gyetuyinza “okuzaalibwa mu mwoyo” kwe kwogera ne Katonda mu kusaba, ky'amazima tugambibwa nti okusaba si kintu kya kuddingaanamu ku mmere wokka, wabula mpisa ya mu bulamu.

Okuzaalibwa mu mwoyo tekitegeeza kuba na birabo ebye by'amagero eby'enjawulo abatume bye bakozesanga mu kuwonyezebwa okw'amagero. Kwe kubeera n'omwoyo gwa Katonda nga gutuula mu ffe. Tusobola okubeera n'okumanya kwonna okw'omu nsi mu mutwe, naye bwe tutabeera na mwoyo gwa Katonda gw'akwagala gwennyini eri abalala, okumanya tekuba na mugaso. Bwe twogera nti twagala Katonda naye ne tukyawa muganda waffe, kijjungulula ebyo byonna bye twayatula nti tukkiriza. Tuteekwa “okuzaalibwa ogw'okubiri” mu kyo nga tulina engeri empya ey'okutunuuliramu abalala, okubagala n'okubanakuwalirako nga Katonda bwawulira eri ffe. Awatali kino tusobola okuyiga “ebiyirizibwa” mu Baibuli byonna obulamu bwaffe bwonna kyokka ne tukomekereza ennaku zaffe ng'Abayudaaya bwe baali- aberowoozako ng'abatuukirivu ennyo ate nga mu mazima baali bakyali mu kibi, kubanga baali tebannamanya Katonda ow'okwagala.

## 1.2 ERINNYA LYA KATONDA N’ENNEYISA YE

Bwe kiba nti Katonda waali, kya magezi okulowooza nti yassaawo enkola ey’okutubuulira ebimukwatako. Tukkiriza nti mu Baibuli Katonda mwe yebikkulira eri omuntu, era nga mu yo tulaba ng’enneeyisa ye ebikkuddwa. Bwe tuganya ekigambo kya Katonda okujjula emitima gyaffe, ekitonde ekigya kikolebwa mu nda yaffe ekirina enneeyisa ng’eya Katonda (Yak.

1:18; 2 Kol. 5:17). N'olw'ekyo bwe twesiba ku kigambo kya Katonda ne twetwalira amasomo gano, gye tunaakomya"okufaanana Omwana we" (Bar. 8:29) mu mpisa, eyali ekifaananyi kya Katonda kye nnyini, (Bak. 1:15). Mu kino mwe muli omugaso gw'okuyiga ebitundu bya Baibuli eby'ebyaafaayo; bijjudde eby'okuyiga ebitubuulira engeri Katonda gy'akolaganyemu n'abantu era n'amawanga. Mu ngeri y'emu ng'ayolesa enneeyisa ye enkulu.

Mu Lwebbulaniya ne mu Luyonaani erinnya ly'omuntu lyalaganga empisa ye oba ebimukwatako. Twala eby'okulabirako bino:

- 'Yesu amakulu nti: omulokozi – kubanga y'alirokola abantu be okuva mu bibi byabwe" (Mat. 1:2).
- Ibulayimu' amakulu nti: 'Taata w'amawanga amangi' "Kubanga nkufudde taata w'amawanga amangi" (Lub. 17:5).
- 'Eva' amakulu nti: 'Abalamu' – "kubanga nkufudde nnyina w'abalamu bonna" (Lub. 3:20).
- 'Simyoni' Amakulu nti: 'Okuwulira' – kubanga Mukama yawulira okusaba kwange – ky'avudde ampa omwana ono" (Lub. 29;33).

Mu Yeremiya 48:17, okumanya abantu aba Mowaabu kyenkana n'okumanya erinnya lya Mowaabu. Kya bulijjo Zabbuli okwenkanya Katonda n'erinya lye, ekigambo kye n'ebikolwa bye (Zab. 103:1; 105:1; 106:1,2,12,13).

Kale nno, kisuubirwa nti erinnya lya Katonda n'ebitiibwa bye bijja kutuwa bingi ebimukwatako. Tukukubiriza okuyiga ebikwata ku linnya lya Katonda mu bujjuvu ng'omaze okubatizibwa; n'okweyongera okusiima enneeyisa ya Katonda nga bweragibwa mu linnya lye kintu ekisaanye okugendera ddala mu maaso mu bulamu bwaffe bwonna mu Mukama waffe. Kale ekiddako wano kiri nga nnyanjula.

Musa bwe yayagala okumanya ennyo Katonda okunyweza okukkiriza kwe mu kaseera akazibu mu bulamu bwe, Malayika yalangirira linnya lya Mukama. "Mukama Katonda ajjudde okusaasira era ow'ekisa, alwawo okusunguwala, era alina okusaasira okungi n'amazima amangi, addiramu abantu enkumi n'enkumi, asonyiwa obutali butuukirivu n'okwonoona n'ekibi, era atalimujjako musango n'akatono oyo aligubaako" (Kuva 34:5–7).

Buno bukakafu obulaga nti erinnya lya Katonda lirimu enneeyisa ye. Era eky'okuba n'enneeyisa kikakasa nti Katonda alina obw'obuntu.

Katonda yalonda erinnya limu lye yayagala amanyirweeko n'okujjukirwa abantu be; liri mu bufunze. Era kyakulabirako kye nnyini ekisingayo eky'ekigendererwa kye ku bantu.

Abayisiraeri baali baddu e Misiri era baali beetaaga okujjukizibwa ekigendererwa kya Katonda ku bo. Musa yagambibwa okubabuulira erinnya lya Katonda, kisobole okubakubiriza okuva mu Misiri boolekere olugendo oludda mu nsi ensuubize (geraageranya 1 Kol. 10:1). Naffe bwe tutyo kitwetaagisa okutegeera ensonga enkulu ezikwata ku linnya lya Katonda nga tetunnaba kubatizibwa tulyoke tutandike olugendo lwaffe okwolekera Obwakabaka bwa Katonda.

Katonda yagamba Abayisiraeli nti erinnya lye ye YAHWEH (YAWE), amakulu nti "NINGA BWE NDI" oba, 'NZE NDIBA KYE NDIBA" (Kuv. 3:13-15). Erinnya lino oluvannyuma lyayongezebwaako katono. "Katonda n'agamba Musa (nate) nti, "Bw'otyo bw'olibagamba abaana ba Isiraeri nti: Mukama (YAHWEH / YAKUWA), Katonda wa bajjajjammwe, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka era Katonda wa Yakobo… eryo ly'erinnya lyange emirembe n'emirembe, era bwentyo bwe nnajjukirwanga ennaku zonna". (Kuva 3:15). N'olw'ekyo erinnya lya Katonda mu bujjuvu ye "YAHWEH Katonda".

Endagaano enkadde yasinga kuwandiikibwa mu Lwebbulaniya. Naye enkyuusa ez'ennimi endala; ng'Olungereza, mu ngeri eteebeereka, zirekayo ebintu bingi bwe gutuuka ku kukyuusa ekigambo 'Katonda' okukigya mu Lwebbulaniya. Ekimu ku bigambo eby'Olwebbulaniya ekikozesebwa ennyo kye baakyuusa nti 'Katonda' kye ki 'Elohim' ekitegeeza 'Abazira ab'amaanyi'. Katonda erinnya ly'ayagala tumujjuukirireko "Ery'ekijjukizo kye", lye:

**YAHWEH ELOHIM**

***amakulu nti***

**OYO ALYOLESEZEBWA MU KIBINJA KY'AB'AMAANYI.**

N'olw'ekyo kigendererwa kya Katonda okubikkula enneeyisa ye, n'embeera ze mu kibinja ky'abantu ekinene. Mu kugondera ekigambo kye, tuyinza okuleeta mu ffe ezimu ku nneeyisa ze, olwo Katonda mu ngeri entonotono ne yebikkulira mu bakkiriza abatuufu mu

bulamu buno. Naye erinnya lya Katonda bunnabbi obwo mu maaso ensi lweriba ejjudde abantu abali nga ye, mu nneeyisa ne mu kikula kye (laba 2 Peet. 1:4). Bwe tuba twagala okugattibwa ku kigendererwa kya Katonda; n'okufuuka nga ye, era bwe tuba twagala obutaddayo kufa, okubeerera ddala mu mpisa etuukiridde, tuteekwa okwetaba awamu n'erinya lye.   Engeri ey'okukikolamu kwe kubatizibwa mu linnya – kwe kugamba erya Yahweh Elohim (Mat. 28:19). Kino era kitufuula ezzadde oba abaana ba Ibulayimu (Bag. 3:27-29) abaasuubizibwa okusikira ensi emirembe n'emirembe (Lub. 17:8, Bar. 4:13)- Ekibinja 'ky'Abazira ab'amaanyi' ('Elohim') mu kyo obunnabbi bw'erinnya lya Katonda mwe bulituukirizibwa. Kino mu bulambulukufu kinnyonnyoddwa mu ssomo 3.4.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 3:
## EKISA KYA KATONDA

Naye obulamu bwange si bulowooza nga kintu, ndyoke ntuukirize olugendo lwange, n'okuwereeza kwe nnaweebwa Mukama waffe Yesu, okutegeezanga enjiri y'ekisa kya Katonda" (Bik.20:24).

Waliwo eby'obuntu ebirowoozebwa ku njiri ya Pawulo nga bwatugabanya ku bintu byasinga okwagala okuva ku ntobo y'omutima gwe. Ekintu kye yali ayagala ennyo kyali ekisa kya Katonda. Yayagalanga nnyo okukibuulira abantu, n'okugabana ku kyo eri buli gwe yasisinkananga, ng'asuubira nti nabo bandiraba ekisa kya Katonda, ekisa kya Katonda ekitabagwanira. Olwo nno basobole okugabana ku bulamu obw'emirembe ne Katonda waabwe olw'okusonyiyibwa mu ngeri zaabwe ez'obujeemu mu bulimba n'obubi. Mu kugeezako okutambuza obubaka buno obwewunyisa yakubibwa n'aboolebwa abali mikwano gye; era ku nkomerero yattibwa ng'ageezako okugabana enjiri eno ey'ekisa. Okusonyiwa n'okutabagana si bye byokka ebyali eby'okufunibwa, okuyita mu kisa, naye n'essuubi ery'obulamu obutaggwaawo. Katonda mwetegefu okutusonyiwa engeri y'obubi bwaffe yonna, mu mazima esaannye okubonerezebwa na kufa, okusiinzira ku mateeka, atuwe ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo ekyo ekitatugwanira (Bar.6:23). Ddala ddala kino kisa. Ababi tekibagwanira kuba balamu kyokka, naye eky'omukisa omubi kiri nti ne bwetukola tutya, amazima agatasobola kwewalwa kwe kuba nti tumala ne tufa. Bannasaayansi bali mu kugeezako okuloota engeri gye basobola okutulekezaawo okufa, ne bannaddiini bangi bamaliriza bagamba nti okufa kusumululwa mu kkomera ly'omubiri, nti tuteebwa okugenda mu bulamu obutaggwaawo obw'essanyu ne Katonda. Eky'akabi

bafuula okufa okuba nga kwenkana n'obulamu. Newakubadde waliwo endowooza ez'enjawulo n'ebikkiririzibwamu ku nsonga ey'okufa naye mu mazima fenna enkomerero ya nfuufu, kufa, nga Baibuli bw'ekyogera mu bulambulukfu mu bifo bingi.

Katonda okuba n'ekisa kino kimu ku nneyisa ze. Emabega mu Kuva awo erinnya lya Katonda owe ggulu lwe lyayatulirwa Musa mu suula 34 olunnyiriri 6, kyali mu ngeri eno: “MUKAMA, MUKAMA, Katonda ajjudde okusaasira era ow'ekisa, alwawo okusunguwala era alina okusaasira okungi . . . Mu 2 Byom.30:9 tutegeezebwa nti: “MUKAMA Katonda wammwe wa kisa, asaasira, taakyusenga maaso ge okubavaako, mmwe bwe munaddanga gy'ali”, nate era mu Nek.9:17: “Naye gwe oli Katonda eyeteeseteese okusonyiwa, ow'ekisa era ajjudde okusaasira, alwawo okusunguwala era akwatirwa ennyo ekisa. N'olw'ekyo tewabaleka”.

Oyinza okwekennenya nti ku nkomerero y'olunnyiriri lwetasembyeeyo okujuliza lugamba nti: “N'olwekyo tewabaleka“. Ensonga eri nti okubaleka kye ky'ali kibagwanira ennyo. Amakulu g'abantu Musa be yajja e Misiiri; nga bakaava mu Misiiri bwe bati: “n'ebakola ekyejo, ne bakakanyala, ne batagondera mateeka go. Ne bagaana okujukira era ne batajjukira by'amagero bye wakola wakati waabwe“. Mazima baali bajeemu ekisuuse n'okutuuka ku kwagala okusuula Musa ebweeru w'obukulembeze basseewo omukulembeze bo gwe baali bagala abazeeyo e Misiiri mu buddu, naye nga bwe kigamba: “N'otobaleka“, newakubadde nga ky'ali kibagwanira. Ekyo kyenkana n'ekisa. Katonda waffe yebazibwe olw'okulaga okwagala kwe mu kubakolera ekisa ekitenkanika, nga bwe tujukizibwa mu Zab. 103:10 nti: “Tatukoze ng'ebibi byaffe bwe biri, so tatusasudde ng'ebikolwa byaffe ffe ebitali bya butuukirivu bwe biri“. “Kuba eggulu nga bwe liri waggulu okusinga ensi, N'okusaasira kwe bwe kuli okungi bwe kutyo eri abamutya; ebuva njuba n'ebugwa njuba bwe biri ewala, Bwatyo bw'atutadde ewala ebyonoono byaffe. Nga kitaabwe bw'asaasira abaana be, Ne Mukama bwatyo bw'asaasira bw'atyo abamutya“. Ddala ddala, Mukama w'akisa era ajjudde okusaasira, alwawo okusunguwala era wa kusonyiwa [Ekigambo ekyakyusibwa okuva mu Luzungu okudda mu Luganda ye LOVE eky'Oluganda OKWAGALA. N'olwekyo kyalibadde wa KWAGALA kungi!] kungi. Mukama mulungi eri bonna; N'okusaasira kwe okulungi kubuna emirimu gye gyonna“ (Zab.145:8,9).

Katonda yakimanya nga tulisanga obuzibu okumatizibwa nga bw'ali ow'ekisa era atwagala. Ekyo yakimanya okuva lwe twatondebwa, wabula yali mumalirivu obutalekerawo okutuusa

ng'atuyiiridde ekipimo kye ekijjuvu eky'ekisa. Ekisa kya Katonda ekyo kyayolesebwa okuyita mu Yesu Kristo. Mu Yok.1:17 tubuulirwa nti: “Amateeka (ag'obwenkanya) gaaweebwa ku bwa Musa, ekisa n'amazima byabawo ku bwa Yesu Kristo“.

Ng'okusomozebwa kwali kunene okwabikkulirwa mu kisa Yesu kye yayolesa, ate nga kukyaliwo n'olwa leero luno. Mu Luk.2:40 tubuulirwa nti: “Omwana n'akula, n'ayongerwako amaanyi, n'ajjuzibwa amagezi: ekisa kya Katonda ne kibanga ku ye“. Ate mu Luk. 4: 22: “Bonna ne boogera ebirungi ku ye, ne beewuunya olw'ebigambo eby'ekisa ebivudde mu kamwa ke“.

Yesu yajja alangirira Katonda oyo abantu gwe baali tebalowoozanga nako. Ng'alina omutima omusaasizi era ogw'ekisa eri abo ab'ali tebakkirizibwa ku mutindo gw'eddiini oba abatalina ddiini mu kiseera ekyo, era naabeera mu abo ab'ali balowoozebwa okuba nga bakolimirwa Katonda, n'akawata ne kwabo abataali balongoofu, abageenge era n'aleka abantu ababi nabo okumukwatako mu Luk. 7:37- 50.

Mu ngero ze Yesu yagabanya ku bye yali amanyi ku kusonyiwa, okwagala, okusaasira, ekisa n'okussanyuka Katonda Kitaffe ow'omu ggulu nga bw'ali. Olumu ku zo olusinga okusomooza n'okujjukirwa lulina okuba olugero lwa kitaffe omusaasizi mu Luk.15. Osobola okusoma olugero olwo n'olaba wa w'oyimiridde mu kifanaanyi.

Lugero olukwata ku Katonda Kitaffe ow'omu ggulu ddala alina ekisa, n'omutima gw'okwagala. Olugero lwa Yesu lwogera ku mulenzi ayagala okweyawula ku maka g'abenyumba ye, agabane omugabo gwe ogw'obusika, agende yekolere ebibye. Ku nkomerero omulenzi ono yagenda okwesaanga ng'asaasanyiza ebintu bye byonna mu mpisa embi nga takyasobola na kufuna mmere ya kulya. Ani awo atayinza kugamba nti 'kimugwanidde!' (oba nti kalyonso). Nange bwentyo bwe nali, era nga kati nnejerezeeddwa olw'endowooza bwetyo eya ndimu. Tusobola okugeezako n'okufuuna ennyiriri mu Baibuli okunyweza endowooza yaffe, okugeeza nga Nge. 5:23; Nge. 10:4; n'enjogera ekyaase ennyo ebiro bino nti: “Omuntu ky'asiiga kya kungula“.

Ye Kitaffe si bwatyo. Tetusanga taata atudde mu nnyumba ye, omunyivu ennyo ku lw'obutuukirivu bwe, ng'alowooza engeri omwana we gy'anayitamu okwenenya, ng'akola entegeeka ey'okulaba nga kino tekibaawo nate, nga mwetegefu okusalawo mu

bwenkanya, ng'ayewunaganya sente mekka mutabanyi we ze yasaasanya n'engeri gye zisaasulwa, ab'enyumba ye basobole nate okumwagala. Tusanga taata atalina kulowoolereza kwonna. Nkubamu akafaananyi mu ekyo Kitaawe kye yakola nga bangi kyandibewunyisa: “ Kiki ekyo kyokola, tomanyi omulenzi omubi ono kye yakola, nga kimugwanira okubonerezebwa, akusaasulira obubi bwe?“. Kyokka ye taata alaga ekisa n'okwagala eri omwana atasaana. Njagala enyannukula ya taata mu Luk. 15:20 nti: “Naye yali ng'akyali wala, kitaawe n'amulengera, n'amusaasira, n'addukana mbiro, n'amugwa mu kifuba, n'amuywegera nnyo.. . Naye kitaawe n'agamba abaddu be nti mugende muleete mangu olugoye olusinga zonna, mulumwambaze; mumunaanike empeta ku ngalo, n'engatto mu bigere bye: muleete n'enyama eya ssava, mugitte, tulye, tusanyuke; kubanga omwana wange ono yali afudde, azuukidde; yali azaaye, azaawuse. Ne batandika okusanyuka“. Nkubamu akafaananyi ng'abawuliriza kyabakuba wala ne batabaako kye bogera, Yesu yali abuulira abaali bamuwuliriza, naffe, abasomi, nga Katonda bwali, Katonda oyo alina okwagala okungi, asaasira ate ow'ekisa.

Ensonga lwaki njagala ekyo taata ky'eyakola, lwa kubanga nange njagala Kitaffe ow'omu ggulu ne Yesu bankolere ekyo kyennyini nga taata mu lugero lwa Yesu kye yakolera mutabanyi we. Ekituufu kiri nti fenna twetaaga okutuukako ekisa kya Katonda kitubeereko. Ffe fenna twali ng'endiga ezaabula okuva mu kubo, ebibi byaffe by'ali bya twawukanya ku Katonda waffe. Bonna bayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda, ffe fenna tulina omutima omulimba era ogutawonyezekeka Yeremiya gwayogerako, ate nga fenna kirabika nga tulina ebintu bye twakola byetutalyagadde bantu bonna kumanya. Naye Katonda waali, fenna atumanyi obulamu bwaffe mu nda ne ku ngulu, tewali kyonna kyikisiddwa amaaso ge. Ddala atumanyi nnyo okusinga ffe bwe twemanyi, ekintu ky'obwetowaaze okumanya.

Newakubadde nga Katonda atumanyi era n'obunafu n'obubi bwaffe, Katonda bulijjo ayagala tukyuke tudde gy'ali, ate mwetegefu okujaguza n'okusanyuka (Luk.15:6,10,32) eyo mu ggulu bwetwenenya okuleka amakubo gaffe, ne tusalawo mu myoyo gyaffe okugoberera Yesu.

Ekyo ky'ekisa n'okwagala kwa Katonda ebya namaddala, bye yeronderawo okututuukirira mu ngeri enambulukufu ate atali nsobu- ng'aleeta oyo owuwe Omutukuvu ate ow'enjawulo, Yesu, omwana we omwagalwa ataliiko kibi, atulokole okuva mu kibi n'okufa. Nga bwe tujuliza mu Bik. 24 emabega, kye ky'ali eky'okutakabanira ky'obulamu bwa Pawulo,

ky'ekintu kye yakolereranga, oba olyawo asobole okutuukiriza omulimo gwe ogw'okubuulira enjiri ya Katonda ey'ekisa. Yali yafuna ekyewunyisa ky'ekisa kya Katonda ekitatugwanira, nga kimuyiirwa- era n'ayagala abantu bonna bategeere obukulu bwakyo. Mu 1 Tim.1:13,14 Pawulo atubuulira ebikwata ku kukyusibwa kwe okwewunyisa: “Olubereberye bwe nnali omuvumi era omuyigganya era ow'ekyejo: naye nnasaasirwa kubanga nnakolanga nga ssimanyi mu butakkiriza; ekisa kya Mukama ne kyeyongera nnyo wamu n'okukkiriza n'okwagala okuli mu Kristo Yesu“. Okusinziira ku bwenkanya bwa Katonda, Pawuli yali asaana kufa, naye olw'ekisa kya Katonda, ekyo ekiri mu Yesu yekka, Pawulo yaweebwa omukisa atandike bupya, era yamanya nti okutandika okuggya kuno, eddembe lino, emirembe ne Katonda, giweebwa eri buli omu, nga bwe kyogerwa mu Tito 3:7 nti: “Nga tumaze okuweebwa obutuukirivu olw'ekisa kye oyo, tulyoke tufuuke abasika mu kusuubira obulamu obutaggwaawo“. Tugambibwa mu Bar. 3:23 nti: “Bonna bayonoona ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda. Naye baweebwa obutuukirivu bwa buwa lwa kisa kye olw'okununulibwa okuli mu Yesu Kristo“. Mu 1 Tim.  2:4 kigamba nti Katonda “ayagala abantu bonna okulokoka, era okutuuka mu kutegeerera ddala amazima“. Katonda engeri gy'ayagala tubeera abamu ku baana b'omunyumba ye era tugabane ku kisa kye n'emikisa egiva mu yo kinnyonnyolebwa mu Bar. 5: 8 nti: “Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira“.

“Ekisa ekyewunyisa nga ddoboozi esseneekerevu ery'alokola omubi nga nze, nali mbuze, naye kati nnalabibwa, muzibe naye kati ndaba“.  Bwe gatyo amazima bwe gaali buli eri yenna ategeera enjiri, amawulire ga ssanyu ag'ekisa  kya Katonda mu mazima gaago amasuufu gonna. Kati kyokka kye  tusobola okola kwe kulindirira, naye nga si kubaako na kye tutakola. Ebbaluwa ya Peetero embereberye etwongeramu essuubi nti: “musibenga ebimyu by'amagezi gammwe; mwekumenga; musuubirenga ddala ekisa ekiribaleeterwa Yesu Kristo bw'alibikkulibwa“.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 4:
## KATONDA OMULABI WA BYONNA

Olw'okuba nga Katonda alaba era ategeera ebintu byonna kirimu ebintu bikulu bingi ebikwata ku bulamu bwaffe obw'okukola.

**T'ERI BIBI BYA KYAAMA**

Yobu kino yakimanya, kale nayogera nti kyali tekisoboka, okugeza nti yegomba omukazi, bwe kiba nga ddala yali akkiriza (nga ye bwe yayogera) nti Katonda ategeera byonna. 'Kale lwaki naalirowoozeza ku muwala omuto [nga mikwano gye kye baali bategeeza nti Yobu yakola]? . . . talaba (Katonda) makubo gange, n'abala ebigere byange?' (Yobu 31:4). Okulabula kwe kumu Nge. 5:20,21 kwe kikola eri “obutagwa mu kifuba ky'omukazi atali wuwo“, Kubanga amakubo g'abantu gali mu maaso ga Mukama, era atereeza engendo ze zonna. Ne mu makulu g'ekibi ky'obwenzi, Dawudi yayogera nti okumanya ekibi kye kwali 'mu maaso ge bulijjo' (Zab.16:8). Okutegeera nga Katonda waali ddala kutuletera okumanya ebibi byaffe. Mu ngeri y'emu Katonda yajjukiza Isiraeri nti: “Waliwo asobola okwekweka mu bifo eby'ekyama ne si mulaba? . . . sijjula ggulu n'ensi?“ (Yer. 23:24). Amakulu ga kwegayirira bantu baleke ebibi byabwe. Kitugwanira okukolerera okuyingira mu Bwakabaka, kubanga Katonda ategeerera ddala ekirowoozo kyonna n'ebikolwa byaffe era alibisalako omusango (Beb.4:11 – 13). Okubuulira ku lusozi kwesigamiziddwa ku kukyuusa okutegeera nti Katonda alaba era amanyi byonna okubissa mu kukola. Bye tulowooza byenkanankana n'ebikolwa byaffe; ate nga kya bulijjo okulowooza nti olw'okuba nti tuli bagezi ekimala, amagezi obutagalaga mu bikolwa, mu ngeri emu oba endala kulemererwa kutono. Naye ate Katonda alengerera wala okulowooza kwaffe. Okutegeera kino kyijja kutayamba okwewala akabi akasinga mu bulamu bw'eddiini; okulabika ku ngulu ng'ayagala Katonda, kyokka nga munda tuli bafu. Wekannye engeri Mukama Yesu gyatandiika ebbaluwa ze eri ekkanisa n'ebigambo: Mmanyi. . . ; Okutegeera Kwe eri abantu be kwandi babugumiriza okuba n'empisa ennungi. Katonda eky'okuneenya ekkanisa kiraga nti tezasiima mazima nti yali azimanyi n'engeri yaazo. Kaana yali yalowooza ku kutegeera kwa Katonda okwa byonna; olw'ekyo yagamba Penina obutaba n'amalala n'obutamwogerera bigambo bya kyejo, ddala olw'okuba nti: “temwogeranga nate bya kyejo kingi ekyenkanidde awo; eby'amalala tebivinga mu kamwa kammwe; kubanga Mukama Katonda wa kumanya, n'oyo yapima ebikolwa“ (1 Sam.2:3).

Fred Barling yoyogera nti: “Katonda ky'ayagala y'oyo omusajja owa namaddala mu buli ngeri yonna; “okubaamu“ “n'obutabaamu“ nga bimu; ng'ekimusikiriza buli kadde kiri nti, “ Ggwe Katonda ondaba“. Oluliimi Olwebbulaniya lufumitiiriza ebimu ku ebyo ebya ddala ku mbeera y'engeri za Katonda. Ekigambo 'kulaba' mu Lwebbulaniya, okusingira ddala nga kikozesebwa ku Katonda 'okulaba', ate amakulu gaakyo amalala gali 'kufuna'. Ibulayimu yakubagiza Isaaka nti “Katonda 'aneefunira' akaliga“ (Lub. 22:8 RV mg); kale RV mg.

evvunnula 'Jehovah Jireh'(Yakuwayire) amakulu nti 'kirirabwa Mukama' oba 'aneefunira' (Lub.22:14). Ekigambo ky'ekimu Sawulo kyeyakozesa bwe yasaba abaddu be “mundabire“ omusajja (1 Sam.16:17). Agali bwe yayogera nti: “Ggwe Katonda alaba“ (Lub. 16:13), yali alaga okusiima kwe eri Katonda olw'ebyo bye yamufunira. Mu kukola kino kye kitegeeza kiba nti olw'amazima nti Katonda alaba era amanyi byonna, kitegeeza nti Katonda asobola era n'olw'ekyo atuwa (oba atufunira) mu mbeera yonna ey'obulamu bwaffe; kubanga alaba era amanyi byonna.

**OBUKKIRIZA MU KUSABA**

Oba nga ddala Katonda alaba nga era amanyi byonna, kale nno ky'amazima awulira okusaba kwaffe. Tusitula ebisige bwe tusoma essala ya Dawudi ng'ali mu bwetaavu: “Togaana kumpulira". (Zab.28:1). Oyo eyakola amatu mazima talirema kuwulira. Kituufu Katonda si kiggala- era nga naye bwatyo aliwulira okusaba kwaffe.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 5:
## DDALA KATONDA YE W'AMAANYI YEKKA

**TOKKIRIRIZANGA MU BYA BUGGAGA**

Katonda yayogera 'emirundi ebiri', njogera ya bwaKatonda ekaatiriza ku kintu kyonna, nti amaanyi gonna ga Katonda, Katonda ye w'amaanyi yekka era olw'ekyo kyennyini, Dawudi ayogera nti, obugagga bwe buneeyongera, temubussangako mwoyo (Zab.61:10). Ng'ebyenfuna by'ensi bwe byeyongera okuvamu obugagga n'obugagga, ekikemo ky'okwongera ku by'obugagga abakkiriza bangi kibatunuulidde, abagagga ekimala ate n'abatali bavu nnyo, bali kumpi mu mawanga gonna eg'ensi. Ntebereza nti ebitundu attaano ku buli kikumi (50%) ku bakristaayo beyongedde okugaggawala mu bbanga ly'emyaka 20 egiyise. Naye okukemebwa kuli mu 'kuteeka mutima' mu byo, n'eddembe ly'obulimba eby'obugagga ebingi lyelireeta. Okukemebwa kuno okw'akabi ennyo, Dawudi okwogerako nti kusobola okuwangulwa n'okutegeera nga bwe kiri ekikulu okukkiriza nti amaanyi gonna ga Katonda yekka. Kino kitegeeza nti sente tezenkana maanyi; kubanga amaanyi gonna ga Katonda. Toteekanga omutima gwo ku sente kubanga amaanyi gonna gava eri Katonda. . . ebigambo ebilungaamu bino ebyangu bikyusa ate bisaanyawo mangu nnyo enkola enkulu ennyo ensi eno gy'ekkiririzamu: nti sente zenkanankana n'amaanyi (obuyinza). Si bwe kiri. Kubanga amaanyi (obuyinza) gonna ga Katonda.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 6:
## OKUDDAMU ERI KATONDA OMU

**OBWETAAVU BW'OKWEWAAYO**

Eky'okubeera nti Katonda ali omu si nzinnyonnyola ya mu nnukuta bunnukuta. N'olw'ekyo bwe kiba nga waliwo Katonda omu yekka, ayagala okwewaayo kwaffe kwonna. Kubanga ye Katonda Omu yekka. Atwagalako kumusiinza; era olw'okuba Ali Omu, abantu bonna abafuga kyenkanyi awatali kutunula mu kintu kyonna, okugeza ng'eggwanga lyo (Bar. 3: 30). Bonna abasiinza Katonda oyo omu, kabe Muyudaaya oba Munaggwanga, bonna begaatira wamu olwo kuba Katonda omu oyo abawa obulokozi bwe bumu. Olw'amazima nti waliwo omu Mukama Yesu kiba kitegeeza nti naye tulina okumuwa okwewaayo kwaffe kwonna (Bar.10:12). Pawulo yalaba nga ebyo bikwatibwako mu njigiriza y'obumu bwa Katonda. Wabula enjigiriza eyo yetaaga kumala kulowoozako nga tetunnatwala bya nkomeredde bino. Kristo yayigiriza etteeka lyali limu nti Katonda ali omu nga n'olw'ekyo tuteekwa okumwagala; lirimu n'eteeka ery'okubiri: Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Amazima gali nti amateeka gano abiri; ery'olubereberye n'ery'okubiri tteeka limu; era tetusobola kugaawulamu (Mak. 12:29 -31). Ye nsonga lwaki amateeka 'abiri', okwagalanga Katonda ne muliraanwa wo googerwako ng'ekimu mu Luk. 10:27,28: ''kola bw'otyo. . .''. Oba nga Katonda ali omu, kale nno muganda waffe aliko erinnya limu erya Katonda, awo nno okwagala Katonda kwe kwagala muganda wo (geraageranya ne 1 Yok. 4:21). Ate olw'okuba nga Katonda ali omu, kino kyetaaga okuwaayo amaanyi gaffe gonna ag'obw'omwoyo. Waliwo omu, Katonda omu, anoonyeza abantu bonna ekitiibwa era n'abasalira omusango (Yok. 8:50)- n'olw'ekyo obumu bwa Katonda bwalibade n'amakulu nti tetunoonya kitiibwa kuva mu bantu, wadde okusaalira muganda waffe omusango.

Nti Katonda ali omu tteeka, era kikulu ekitwetaagisa okukolerawo (Mak. 12:28,29). Amateeka gonna n'obunnabbi mwe bisinziira (Mat.22:40)- kikulu nyo bw'ekityo. Singa waliwo Katonda babiri, Yahweh (Yakuwa) yalisabye kitundu kyokka ku maanyi gaffe. Tewaliiwo kiyinza kuweebwa kintu kirala kyonna; kuba tewaliyo kirala kiweebwa. Waliwo Katonda omu yekka. Te wateekwa kuba okusiinzibwa kw'ebifanaanyi mu bulamu bwaffe kubanga waliwo Katonda omu yekka (2 Bassek. 19:18,19). Olw'okuba “tewali mulala, oneekumanga amateeka ge n'ebiragiro bye'' (Ma. 4:39,40). Katonda oyo omu alina abantu bakika kimu, si nti enkola z'eddiini zonna zisobola okutuusa ku Kusuubira okumu.

Ekyawandiikibwa mu Ma. 6:4 bukakafu ku bumu bwa Katonda. Ddala Katonda ali omu; naye lowooza ku makulu. Musa yali ateeseteese abantu nga bamusuubira okubawa olukalala lw'amateeka ; yali abagambye nti Katonda amugambye okubabuulira “amateeka gonna .. . babikolenga . . . munaatambuliranga mu kkubo lyonna Mukama Katonda wammwe lye yabalagira. . . kale kino ky'ekiragiro. . . mulyoke mu bikolenga . . . kale wulira ggwe Israeri okwatenga okukola kutyo''. Kati tumusuubira okuleeta olukalala olw'amateeka nga luwanvu. Naye Musa atunnulamu ebigambo ebisembayo ebyo bwati: “Wulira, ggwe Israeri, Katonda waffe ye Mukama omu'' (Ma.5:31- 6:4). Era olw'amakulu agalimu, tawa mateeka malala. “Okwatenga okukola bw'otyo'' kyenkanyizibwa ne “Katonda waffe ye Mukama omu''. Buno bwe bukulu bw'amateeka ga Katonda gonna. Era yeyongera okugamba nti: “Era ebigambo bino. . . binaabanga ku mutima gwo'' era baalinga ba kubiyigirizanga abaana baabwe n'okubyogerangako mu nnyumba zaabwe ate ne mu kkubo nga batambula era n'okubisiba ku mikono gyabwe, n'okubiwandiika ku mifubeeto gy'ennyumba zaabwe. Kye kyali obukulu bw'obumu bwa Katonda okumwagalanga n'omutima gwonna nga kino kyali kyakukolebwanga mu bulamu bwabwe obwa bulijjo. Eno y'ensonga lwaki kyali mu nkola y'Abayudaaya okwatulanga ebigambo bino: “Wulira ggwe Israeri, Katonda waffe ye Mukama omu''(Abayudaaya bye bamanyi nga Sheema) mu ddoboozi erya waggulu emirundi mingi buli lunaku, ne bwe batyo nga balwadde bayi.

Ma. 6:1 RV (Baibuli mu Luzungu) kisoma nti: Kale kino ky'ekiragiro (ng'ekimu), amateeka n'emisango. . . Katonda waffe ye Mukama omu''. Olwo ne babagamba bawandiikenga emisango egyo ku mifubeeto gy'ennyumba ssaako n'ebirala. Kyalibadde kizibu 613 byonna okubiwandiikako. Ng'ate obulamu bwa Israeri bwonna bwabutikirwa mu tteeka limu. . . nti Katonda ali omu. Kyali, era kikyali kiragiro; si bigambo bugambo.

Bakama baffe tetulina babiri; wabula omu yekka. N'olw'ekyo wetukoma okutegeera ekyo, wetukoma ne mu kweweerayo ddala gyali yekka. Era ekyo kitutwala ku kulowooza kwa Yesu, obuteraliikiriranga; kubanga obulamu obw'okweweerayo ddala gyali buba butegeeza nti tetulina kweraliikirira ku bya luli (Mat. 6:24,25).

**TERI BIFANAANYI**

Obwagazi bw'eddiini buli mu buli muntu, okuwereeza omuntu oba ekintu kyonna. Mu kutwaliiza awamu, abasajja n'abakazi kino bakiteeka mu kusiinza ebifanaanyi by'ebintu ebingi eby'ensi eno. Naye gye tuli Katonda ali omu, lye kkubo erimu lyokka mwe tuyita

okusiinza; kuba Katonda ali omu. Isiraeri bwe baleeka oluzzi lwa Yahweh, beesimira enzizzi ndala nnyingi, mu ngeri y'ebifanaanyi (Yer.2:13). Obwagazi obw'okusiinza we buli mu basajja ne mu bakazi. Tusabibwa okutukuza okwagala eri Katonda omu yekka, so si kukugabana n'ebintu ebingi ebikwetaaga. Baruumi 1 egendera ddala mu kuvumirira abantu kubanga basiinza ebintu ebitonde mu kifo ky'okusiinza Omutonzi. Ekitiibwa kyonna kyandigenze eri Katonda omu kennyini. Era olunaku lujja ensi yonna lweritegeera nti Katonda ali omu (Is.37:20)- kubanga balitegeera Ggwe wekka Katonda ate ebirala byonna byonna tebiriimu. Olw'okuba nga Katonda ye mutuukirivu yekka, ye yekka ku olwo alisiinzibwa (Kub.15:4). “Mukama yekka ye aligulumizibwa ku lunaku olwo" (Is.2:11,17).

Ensi zaffe, obulamu bwaffe n'emitima gyaffe, bijjudde ebiyinza okuba ebifanaanyi. Naye ddala mu ngeri ey'omuggundu, kabi ki akali mu kusiinza ebifanaanyi? Ku nze ndaba nga okusiinza ebifanaanyi kuba kujjungolola Katonda ono eyewunyisa gwe twogeddeko. Kifuula Katonda Ataggwaawo okuaba ng'ekiti oba ejjinja, oba omulimo omulungi oba ennyumba empya. Era ekintu kyonna ekikendeeza ekitiibwa, okwewunyisa, obwagaazi, n'obwetaavu mu nkolagana yaffe ne Katonda kiba kifanaanyi. Emirundi n'emirundi mu bulamu bwaffe, Katonda ateekebwa bbali ku lw'obuntu obutono obutubuzabuza gamba ng'emottoka eyataaga okukkanikibwa, omufulejje ogutonnya, endabirwamu y'eddirisa emenyese. Omuntu asobola n'okukaaba olw'emirundi bino byonna gy'ebikolebwa, ate mu ngeri ey'akabi bulijjo.

**OKUKKIRIZA**

Obumu bwa Katonda bukwata ku maanyi ge agaataggwaawo mu bulamu bwaffe. “Naye ye alowooza bumu era [n'olw'ekyo] emmeeme ye kye yeegomba ekyo ky'akola. Kubanga atuukiriza ekyo ekyanteekerwawo" (Yobu 23:13,14). Bulijjo amazima gaakwasaganya n'ekituufu nti waliwo Katonda omu (Is.45:5,6,14,18,21,22). Kino kitegeeza nti buli kyonna kyonna Katonda ky'ayogera kibeera mazima; kuba tewali Katonda mulala. Bwe kityo Katonda yatuwa okukkiriza kumu, essuubi limu n'ebirala (Baf. 4:4-6). Enkola endala ey'okukkiriza ffe tuba tugyegaana. Obwo bwe bwali obukulu bw'obumu bwa Katonda; kale naffe bulina okubaako ne kyebukyusa ku bulamu bwaffe, buli saawa.

Dawudi yejjukanya nti: “Emmeeme yange, lindiriranga Katonda yekka [Katonda omu oyo yekka]; Kubanga oyo okusuubira kwange mwe kuva [kwe kugamba Katonda yekka]". Waliwo Katonda omu yekka, asibukako obuyambi n'amaanyi na bwe kityo obumu bwa

Katonda butuleteera okumukkiririzamu. Kino ky'awa Asa amaanyi g'okukabiira Yahweh n'obukkiriza: “Mukama tewali muyambi akwenkana ggwe. . . tuyambe ai Mukama Katonda waffe, kubanga tukwesiga" (2 Byom. 14:11). Mu kuwumbako, Yakobo2:14-18 kyogera ku nkwasaganya wakati w'obukkiriza (okukkiriza) n'ebikolwa (okukola). Kale tekyewunyisa kulaba mu 2:19 lwogerera mu makulu gano nti: “Okkiriza nga Katonda ali omu; okola bulungi". Okukkiririza mu bumu bwa Katonda kitutuusa ku bikolwa ebirungi, 'okola bulungi'. Katonda taalibuuzibwa Isiraeri, kwe kugamba taaliddamu kusaba kwabwe, kubanga basiinza ba katonda abalala, so nga waliwo Katonda omu (Eze. 20:31). Essaala n'okusaba ebintu n'omutima gwonna okuva eri Katonda omu, nga tewesigamye ku kintu kyonna oba omuntu yenna, bw'etyo eno ngeri ya kusiinza Katonda oyo omu. Bwe tuba nga ddala tukkiririza mu Katonda omu, tetwandiwulidde bubi okumusaba bye twagala- kuba ngeri ya kusiinza Katonda.

**OBUMU**

Nga Pawulo awandiikira abo abaali balowooza nti bakkiririza mu bumu bwa Katonda, yalina okubajjukiza nti eky'amazima kino ekyangu kitegeeza obwetaavu bw'obumu wakati w'abaana be, olw'okuba abatwalira wamu nga Kitaabwe omulungi ddala. “Oba nga Katonda ali omu, aliwa obutuukirivu abakomole olw'okukkiriza, n'abatali bakomole olw'okukkiriza" (Bar. 3:30).

## 1.3 BAMALAYIKA

Ebyo byonna bye twakalowoozako mu ssomo lino bigaattirwa wamu nga tulowooza ku bamalayika.

- Bitonde ddala mu buntu,
- ebitwala erinnya lya Katonda.
- Biramu Omwoyo wa Katonda mw’akolera okutuukiriza Katonda byayagala,
- ng’enneeyisa n’ekigendererwa kye bwe biri,
- olwo ne bimwolesa. bantu abalamu bennyini ddala.

Mu ssomo 1.3 twagambye nti ekimu ku bigambo eby’Olwebbulaniya ekikozesebwa ennyo ekyakyusibwa nti ‘Katonda’ kye ki ‘Elohim’, nga amakulu gakyo gennyini, kitegeeza ‘Abazira ab’amaanyi’. Ekigambo ekyo emirundi mingi kirabika nga kikwata ku bamalayika, abo ng’Abazira ab’amaanyi aba Katonda batwala erinnya lino era bayinza bulungi okuyitibwa ‘Katonda’ kubanga bamukiikirira.

Ebikwata ku kutondebwa kw'ensi mu Lub. 1 bitugamba nti Katonda yayogera ebiragiro ebimu ebikwata ku kutonda, "era ne kiba". Naye nga bamalayika be baatuukirizanga ebiragiro ebyo.

"Mmwe bamalayika be : mmwe abazira ab'amaanyi abatuukiriza ebiragiro bye nga bawulira eddoboozi ly'ekigambo kye" (Zab. 103:20).

Kale ky'amagezi okukitwala nti bwe tusoma ku 'Katonda' okutonda ensi, omulimu guno mu butuufu gwakolebwa bamalayika. Yobu 38: 4-7 nawo wakikoonako bwe watyo. Kati kye kiseera ekituufu okulaba mu bufunze ebyaliwo mu kutonda nga bwe biri mu Lubereberye essuula esooka 1.

***Olunaku 1.*** "Katonda n'ayogera nti wabeewo obutangaavu,
n'ewabaawo obutangaavu " (Lub. 1 :3).

***Olunaku 2.*** "Katonda n'ayogera nti, wabeewo ebbanga (obwengula)
wakati mu mazzi, lyawulenga amazzi (ago ku nsi)
n'amazzi (agomubire)… bwe kityo bwe kyali".
(Lub. 1:6, 7).

***Olunaku 3.*** "Katonda n'ayogera nti, amazzi agali wansi w'eggulu,
gakuŋŋaanire mu kifo ekimu (okukola ennyanja
n'agayanja)… bwe kityo bwe kyali". (Lub. 1: 9).

***Olunaku 4***. "Katonda n'ayogera nti, wabeewo ebyaka mu bbanga
ery'eggulu…bwe kityo bwe kyali" (Lub. 1:14, 15).

***Olunaku 5***. "Katonda n'ayogera nti amazzi gazaale ebyewalula
bingi…n'ekibuuka kibuuke…Katonda *n'atonda*… buli
kirina obulamu" (Lub. 1: 20, 21).

***Olunaku 6***. "Katonda n'ayogera nti, "Ensi ereete ekirina obulamu…
n'ekyewalula bwe kityo bwe kyali" (Lub. 1:24).

Omuntu naye yatondebwa ku lwa mukaaga lwe lumu olwo “Katonda n’ayogera nti, “Tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe era, abali nga ffe” (Lub. 1:26). Twayogeddeko ku lunyiriri luno mu ssomo 1.2. Kaakano, twagala okwetegereza nti wano ekigambo “Katonda” tekikwata ku Katonda mwene. “Ka tukole omuntu”, kiraga nti ‘Katonda’ kikwata ku bantu abasukka ku omu. Wano ekigambo eky’Olwebbulaniya ekyakyusibwamu ‘Katonda’ kiri ‘Elohim’ ekitegeeza 'abazira ab’amaanyi’ nga kikwata ku bamalayika. Bamalayika biramu bye nnyini, ebigabana ku mbeera ng’eya Katonda.

Mu Baibuli mulimu ‘enkula oba embeera’ ya mirundi ebiri, mu makulu g’ekigambo gennyini si kyangu okuba n’enkula zino zombiriri omulundi ogumu.

**EKIKULA KYA KATONDA (‘eky’obwakatonda’)**

- Tasobola kwonoona (mutukuvu) (Bar. 9:14, 6:23 geraageranya Zab 90:2; Mat. 5:48; Yakobo 1:13)
- Tayinza kufa, kwe ggamba tafa (1 Tim. 6:16)
- Ajjudde amaanyi n’obusobozi (Isaaya 40;28)

Kino ky’ekikula kya Katonda ne bamalayika era ekyaweebwa ne Yesu ng’amaze okuzuukira (Bik. 13:34; Kub. 1:18; Beb. 1:3). Kino ky’ekikula naffe kye tusuubizibwa (Lukka 20:35, 36; 2 Peet. 1:4; Isa. 40:28 geraageranya n’olunyiriri olwa 31).

Kya mukisa mubi nti tetuyinza kugamba nti ‘Obutonde bwa Katonda’ naye nga kye kyandikoze amakulu ge nnyini. Anti tuba ng’abagamba nti naye alina eyamutonda! Ekyo kikola ku ffe Bantu. Kye tuvudde tukozesa kino nti ‘ekikula kya Katonda’ nga tetutegeeza bunene, buwanvu oba obweru.

**OBUZAALIRANA BW’OMUNTU**

- Tukemembwa okwonoona (Yak. 1:13-15) n’endowooza embi mwe tuzaalirwa (Yer. 17:9; Mak. 7:21-23).
- Tuwunzikira mu kufa, kwe ggamba tufa (Bar. 5:12, 17; 1 Kol 15:22).
- Amaanyi tulina ga kigero, ag’omubiri (Isa 40:30) ne mu kutegeera (Yer. 10:23).

Eno y'enkula y'abantu bonna, ababi n'abalungi gye balina kati. Enkomerero yaayo kufa (Bar. 6:23). Y'embeera Yesu gye yalimu mu bulamu bwe nga tannafa (Beb. 2:14-18; Bar. 8:3; Yok. 2:25; Mak. 10:18).

**OKULABISIBWA OKW'ABAMALAYIKA**

Bamalayika abalina ekikula ng'ekya Katonda bateekwa obutabaako kibi era abatasobola kufa—anti ekibi kye kileeta okufa (Bar. 6:23). Ebiseera ebisinga, bamalayika bwe baalabikanga ku nsi baafanananga ng'abantu aba bulijjo.

- Bamalayika abajja eri Ibulayimu okumubuulira ebigambo bya Katonda; boogerwako "ng'abasajja abasatu", Ibulayimu be yasooka okuyisa ng'abantu, kubanga ye yali endabika yabwe. "Ka baleete otuzzi munaabe ebigere, muwummulire wansi w'omuti" (Lub. 18:4).
- Oluvannyuma ababiri ku bamalayika abo ne bagenda ewa Lutti mu kibuga kye Sodoma. Era Lutti n'abantu ab'omu kibuga kino baababatwala ng'abantu obuntu. "Ne wajja bamalayika babiri e Sodoma", Lutti beyayaniriza okusula ewuwe. Naye abasajja b'omu Sodoma ne bajja ku nnyumba ye, ne bamubuuza n'okutiisatiisa nti; "Abasajja abazze ewuwo ekiro kino baluwa?" Lutti n'abegayirira ng'agamba nti; "abasajja bano temubakola kabi". N'ebyawandiikibwa bibayita 'basajja' "Abasajja (bamalayika) baagolola omukono gwabwe" ne bawonya Lutti; "Era abasajja ne bagamba Lutti nti…Mukama atutumye okuzikiriza' Sodoma (Lub. 19:1, 5, 8, 10, 12, 13).
- Enjogera y'Endagaano Empya ku bintu bino nayo ekakasa nti bamalayika beeyoleseza mu kifaananyi kya bantu: "Temwerabiranga kwaniriza bagenyi, kubanga waliwo abaayaniriza bamalayika (Nga Ibulayimu ne Lutti) nga tebamanyi" (Beb. 13:2).
- Yakobo yameggana n'omusajja omugwiira ekiro kyonna (Lub. 32:24), oluvannyuma gwe tutegeezebwa nti yali malayika (Kos. 12:4).
- Waaliwo abasajja babiri nga bambadde ebyambalo ebimasamasa ku mazuukira ga Yesu (Luk. 24:4). Ne bwe yali alinnya mu ggulu (Bik. 1:10). Bano awatali kubuusabuusa baali bamalayika.

Lowooza ku makulu agali muno nti; "ekigera ky'omuntu, kwe ggamba, ekya malayika" (Kub. 21:17).

**BAMALAYIKA TEBAYONOONA.**

Nga bamalayika bwe bagabana ku kikula kya Katonda, tebayinza kufa, Engeri ekibi gye kireeta okufa, tebayinza kwonoona. Ekigambo eky'Oluyonaani n'eky'olwebbulaniya ebyavvuunulwamu ekigambo 'malayika' bitegeeza 'mubaka'; bamalayika babaka oba 'baweereza' ba Katonda, abamugondera, n'olw'ekyo kizibu nnyo okulowooza nti boonoonyi. Bwe kityo nno, ekigambo eky'Oluyonaani 'aggelos' ekyavvuunulwamu 'bamalayika' era kivvuunulwamu 'ababaka' nga kyogera ku bantu—eky'okulabirako; Yokaana omubatiza (Mat. 11:10) n'ababaka be (Luk. 7:24); ababaka ba Yesu (Luk. 9:52) n'abasajja abaaketta Yeriko (Yakobo 2:25). Wano olaba kirabe nti 'bamalayika' ab'ekika ky'abantu, bo basobola okwonoona.

Ennyiriri zino wammanga ziraga bulungi nti bamalayika bonna (so si abamu) okugondera Katonda kya butonde bwabwe, n'olw'ekyo tebasobola kwonoona.

"Mukama yanyweza entebe ye mu ggulu; N'obwakabaka bwe bufuga byonna. (kwe ggamba, mu ggulu tewayinza kubeerayo kujeemera Katonda) Mumwebaze Mukama mmwe bamalayika be: mmwe abazira ab'amaanyi abatuukiriza ebiragiro bye, Nga muwulira eddoboozi ly'ekigambo kye. Mumwebaze Mukama mmwe mwenna eggye lye, mmwe abaweereza be abakola by'ayagala" (Zab. 103:19-21).

"Mumutendereze mmwe bamalayika be mwenna…mmwe eggye lye" (Zab. 148:2).

"Bamalayika si gy'emyoyo egiweereza, nga gitumibwa okuweereza olw'abo (abakkiriza) abagendda okusikira obulokozi?" (Beb. 1:13, 14).

Okuddingaana ekigambo "Mwenna" kiraga nti bamalayika tebagabanyiziddwamu nti ekibinja ekimu kirungi, ekirala kyonoonyi.Ekikulu ky'okutegeera obulungi obutonde bw'abamalayika kwe kuba nti empeera y'abeesigwa, kuliba kugabana ku butonde bwabwe: "Naye abo abasaanyizibwa…tebawasa…n'okufa tebayinza kufa nate: kubanga bali nga bamalayika" (Luk. 20: 35, 36). Kino kikulu nnyo okumanya. Bamalayika tebayinza kufa: "okufa…tekusobola bamalayika" (bwe kityo bwe kyogera mu Diaglott Margin Heb. 2:16), Singa kyali nti bamalayika boonoona, abo bonna abalisangibwa nga basaanidde empeera ku madda ga Yesu, bandibadde basobola okusigala nga boonoona. Ate engeri ekibi gye kireeta okufa (Bar. 6:23), tebandifunye bulamu butaggwaawo; kuba bwe tuba n'obusobozi bw'okwonoona, tuba tukyasobola okufa. Kale okugamba nti bamalayika basobola okwonoona kifuula ekisuubizo kya Katonda eky'obulamu obutaggwaawo, obutabaamu nsa,

ng’ate empeera yaffe kugabana ku kikula kya bamalayika. Ebikwata ku “bamalayika” mu (Luk. 20:35, 36) biraga nti mu bamalayika temuli kwawulayawulamu nti kino ky’abalungi ate kiri ky’ababi; waliwo ekika kya bamalayika kya mulundi gumu gwokka. Dan. 12:3 wagamba nti: “abatuukirivu balyakayakana ng'emmunyeenye; ate nga mmunyeenye zikwasaganya ne bamalayika (Yobu 38:17). Tulifuulibwa okufaanana ne bamalayika; ate nga tuliweebwa obutafa, ekikula ky'obutayonoona. N'olw'ekyo, Bamalayika tebayonoona. Essuubi lyaffe, lya kuyingira kikula ky'emirembe ekyewunyisa ekyo “abaana ba Katonda”, kwe kugamba Bamalayika, kye bagabanako. (Bar.8:19).

Bwe kiba nti bamalayika boonoona, Katonda aba takyayinza kukola mu bulamu bwaffe wadde mu nsi, ng’ate yalangirira nti akolera mu bamalayika be (Zab. 103: 19-21). Katonda byonna abifuna na maanyi ge ag’omwoyo ng’akolera mu bamalayika (Zab.104:4). Eky’okumujeemera tekisoboka n’akamu. Abakristaayo buli lunaku balina okusabiranga obwakabaka bwa Katonda okujja ku nsi, okwagala kwe kukolebwe wano nga bwe kukolebwa kati mu ggulu (Mat. 6:10). Bamalayika ba Katonda abamugondera bwe kiba nti baalina okusindana ne bamalayika aboonoonyi mu ggulu, olwo by’ayagala biba tebyandituukiriziddwayo, era bwe kyandibadde ne mu bwakabaka bwa Katonda obugenda okujja. Okubeera mu bulamu obw’okulwanagana kw’ekibi n’okugonda emirembe n’emirembe mu nsi ensuubize kimalamu amaanyi, naye kasita si bwe kiriba.

## BAMALAYIKA N’ABAKKIRIZA

Waliwo ensonga ennungi okukkirizisa, nti buli mukkiriza omutuufu alina bamalayika- oba wakiri omu ow’enjawulo- abayamba mu bulamu bwabwe.

- “Malayika wa Mukama asiisira okwetooloola abo abamutya, n’abalokola” (Zab. 34:7)
- “. . . omu ku bato bano abanzikiriza (kwe kugamba abayigirizwa abanafu – geraageranya Zak.13:7 ne Mat. 26:31)... kubanga mbagamba nti mu ggulu bamalayika baabwe batunuulira ennaku zonna maaso ga Katonda” (Mat. 18:6,10).
- Abakristaayo abasookera ddala baalowooza nti Peteero yalina malayika omukuumi (Bik.12:14 , 15) .
- Aba Isiraeri baayita mu nnyanja emmyuufu, era malayika ye yabakulembera mu ddungu nga bagenda mu nsi ensuubize. Okusomoka okwo kukyikirira akabonero ak’okubatizibwa kwaffe mu mazzi (1Kol.10:1), kale tekiba kyabutaliimu okukitwala nti

naffe bwe tumala okubatizibwa, malayika atukulembera nga tuyita mu ddungu ly'obulamu buno okugenda mu nsi ensuubize ey'obwakabaka bwa Katonda.

Bamalayika bwe baba ababi mu ngeri y'okuba aboonoonyi, olwo ebisuubizo by'okubafaanana biba bifuuse kikolimo mu kifo ky'omukisa.

Tulabye nti bamalayika biramu. . .

- ebirina ekikula kya Katonda eky'olubeerera
- ebitayonoona
- ebituukiriza ebiragiro bya Katonda bulijjo
- era nga by'ebiramu amaanyi ga Katonda ag'omwoyo omutukuvu mwe googerera n'okukola (Zab.104:4).

**NAYE…?**

Ekkanisa nnyingi zirowooza nti bamalayika basobola okwonoona, era nti bamalayika aboonoonyi na kati weebali nga be bavunaanyizibwa ku kibi n'ebizibu ebiri ku nsi. Entegeera eno enkyamu tujja kugyogerako nnyo mu ssomo 6, wabula kati, ka tuleete ensonga zino:-

- Kigambibwa nti waliwo okutonda okwasookawo, mbu ng'okuli mu (Lub.1) tekunnabaawo. Era kimanyiddwa nti bamalayika ba leero baamanyako ku "bulungi n'obubi" (Lub.3:5) okuyita mu kuba nti baaliko mu mbeera mwe tuli mu bulamu buno. Nti ebimu ku biramu ebyaliwo mu mulembe ogwo, eky'okwonoona tekiyinza kuba nti kyali tekisoboka. Baibuli bino tebitugamba wabula etutegeeza butereevu kye twetaaga okumanya ku mbeera ya kaakano nti tewali bamalayika boonoonyi, bonna bagondera Katonda.
- Mu ggulu teyinza kubaayo biramu byonoonyi, ng'ate "Katonda alina amaaso agayinze obulongoofu obutatunuulira bubi" (Hab. 1:13). Okufaananako na kino, Zab. 5:4, 5 wannyonnyola nti: "Ebitasaana tebiituulenga gy'oli. Abeenyumiriza tebaayimirirenga" mu maasa go" Endowooza eno nti mu ggulu bamalayika aboononyi bajeemera Katonda, ekontanira ddala n'ennyiriri ezo.

- Mu Luyonaani ekigambo ekyakyusibwamu “malayika” kitegeeza “mubaka” era kisobola okukozesebwa ne ku bantu, nga bwe tukiraze, ababaka ng’abo basobola okwonoona.
- Eky’okuba nti waliwo ebiramu ebibi era ebyonoonyi nga bye bivunaanyizibwa ku kulemererwa kw’abantu ne boonoona kye kimu ku nzikiriza enkulu ey’obukaafiiri. Mu ngeri y’emu endowooza y’ekikaafiiri ekwata ku ssekukkulu eyayasibwa nga eki kikiririzibwa “Obukristaayo” era n’ebikkizi zibwa ebivala bwe bityo.
- Waliwo ebitundu mu Baibuli, naye nga bitono nnyo, ebiyinza okutegeerwa obubi nti biwagira endowooza y’okuba nti bamalayika aboonoonyi weebali. Ensonga eno tugikutteko mu katabo akayitibwa “In search of satan” (Abaanoonya setaani). Era gye kali mu bakubi b’ebitabo. Ebitundu ng’ebyo tebisaana kukoonaganya njigiriza ya Baibuli gye tubalaze.

## OBUKKRIZA MU KUKOLA 7:
## KATONDA NG'OMUTONZI

Olw'amazima nti Katonda ye yatutonda kitegeeza nti obulamu n'ebitwebunguludde birina ekigendererwa. Yobu yategeezebwa nti olw'okuba nga ddala yatondebwa Katonda era ng'omukka ggwe gwali mu mukono gwa Katonda kyali kitegeeza ng'okugezesebwa okutannyonnyoleka kwava eri Katonda era kwali kwa kigendererwa (Yobu 12:10). Ekisooka bwe kiba nga ye yatutonda, olwo nno tusobola okusuubira nti omukono gwe guneyongera okukyusa obulamu bwaffe mu bigezo, mu ngeri y'obutonzi.

### OKUSSA EKTIIBWA MU KIGAMBO KYA KATONDA N'EBITONDE BYE

Olw'omulimo gwa Katonda ng'omutonzi n'amaanyi g'ekigambo ag'akola byonna, naffe twalibadde tumutya era n'etusiima amaanyi g'ekigambo kye (Zab.33:6-9). Zab. 147:15-19 ekwanaganya engeri Katonda gy'atuma ekigambo kye okugabula omuzira ng'ebyoya by'endiga, era n'amala ate akituma obisaanusa; era n'engeri ng'ekigambo kyennyini ekyo bwe kikolera mu bulamu bwaffe: “Atuma ekigambo kye, okubisaanusa... alaga Yakobo ekigambo kye, amateeka ge n'emisango gye eri Isiraeri”. Ekigambo ky'etulina mu Baibuli zaffe kirina amaanyi g'obutonzi ng'ekigambo ekyo omwayita okutondebwa kw’ensi era eriwo ne kaakano. Olw'okuba nga twandondebwa mu kifanaanyi kya Katonda, ekikula ky'emibiri gyaffe kyikakatibwako okweweerayo ddala eri ekyo Katonda ky'ayagala (Mat. 22:19-21). Buli kyonna ekirina ekifanaanyi kya Katonda- kwe kugamba emibiri gyaffe

gyennyini- kiteekwa kumuweebwa. “Oyo ye yatutonda, (n'olw'ekyo) naffe tuli babe” (Zab.100:3). Tuteekwa okuba ababe mu kukola kubanga ye Mutonzi waffe. Kale tekiri nti tukkiririza mu kutondebwa kyokka so si mu kufuulibwafuulibwa;  naye n'okukirako ekyo, obukkiriza obwo mu kutondebwa buteekwa okwooleka obulamu obwewaayo eri Omutonzi oyo kennyini. Katonda ng'omutonzi yatonda omuntu mu kifanaanyi kye, kale nga n'olw'ekyo tetusaana kukolimira muntu (Yak.3:9). Olw'ensonga y'ekifanaanyi kye balina, tulina okukolera abantu ebyo  nga bwetwandikoze eri Katonda Kennyini. Tetusaana kuyisa bantu balala ab'atali mu kifanaanyi kya Katonda, ng'ensolo. Kale olw'okuba nga twakolebwa mu kifanaanyi kya Katonda, tetusaana kutta bantu balala (Lub. 9:6). Yakobo ky'ekimu ky'agamba, ekikulu, ng'ayigiriza nti olw'okuba tuli mu kifanaanyi kya Katonda, tetusaana kukolimira balala. Okukolimira omuntu kuba ng'okumutta. Eyo y'ensonga lwaki Yakobo mu njogera ye yekuusa ku Lubereberye ne ku Katonda ng'omutonzi. Kyangu nnyo, okuwa ekitiibwa abantu abalala kujja na kulowooza ku ngeri nti nabo batondebwa mu kifanaanyi kya Katonda.

**OKUTEGEERA OMUGASO GW'ABANTU**

Abo bokka abakkiriza nga twatondebwa mu kifanaanyi kya Katonda era ng'abalina okusuubira okw'okulokolebwa kw'oluberera be basobolera ddala okutegeera omugaso gw'abantu. Be bokka abasobola okutegeera omuwendo gw'abantu, nga tetuli nsolo busolo, naye waliwo ekyewunyisa ku bulamu bw'omuntu ekyo ekituleetera okukola ennyo nga tunoonya abantu balokolebwe okuyita mu njiri gyetubuulira.

**AKANYOMERO 1: KATONDA OKWEYOLEKA**

Ekiddako wano si kyangu kutegeera, naye obukulu bwakyo, bujja kulabika nga tugenda tweyongerayo n’amasomo gaffe. Tukitadde wano obe nga w’on’omalirako essomo lino ojja kuba omaze okulowooza ku bikulu Baibuli by’etubikkulira ku Katonda mwene.

Erinnya lya Katonda liyinza okutwalibwa oyo yenna gw’aba alonze ‘okweyolesezaamu’ oba okwebikkuliriramu. Kale nno, abantu ne bamalayika nga kw’otadde ne Yesu bayinza okutwala erinnya lya Katonda. Eno nnono nkulu etuggulirawo ebingi ku biri mu Baibuli. Omwana, naddala omulenzi, ayinza okutwala erinnya lya kitaawe; wabaawo ne byamufaananako; bayinza n’okufaanaganya erinnya ebbereberye— naye kino kiba tekitegeeza nti omwana, ate ye kitaawe ye nnyini. Mu ngeri y’emu atwala kampuni asobola okugyogerera, era ayinza okukuba awantu essimu ng’agamba nti ‘Allo, ono Uniliver’, kino

kiba tekitegeeza nti ye, ye Mwami Uniliver, naye atwala erinnya lyabwe kubanga akola ku lwabwe. Era bwe kityo bwe kyali ne ku Yesu.

**BAMALAYIKA OKUTWALA ERINNYA LYA KATONDA**

Okuva 23:20, 21 kitutegeeza nti Katonda yagamba aba Israeri nti Malayika ajja kubakulembera; "Erinnya lyange liri mu nda ye". Erinnya lya Katonda ye 'Yahweh'. Kale malayika yatwala erinnya lya Yahweh. Era bw'atyo yali ayinza okuyitibwa 'Yahweh', 'oba MUKAMA', mu nnukuta ennene naye nga butonotono, ng'erinnya 'Yahweh' bwe livvuunulwa mu Baibuli ezimanyiddwa nga 'NIV' ne AV ez'Olungereza. Okuva 33:20 kitugamba nti tewali muntu ayinza kulaba Katonda mu maaso n'aba mulamu, naye mu Okuva 33:11 tusoma nti "OMUKAMA (Yahweh) yayogera ne Musa maaso ku maaso, ng'omuntu bw'ayogera ne mukwano gwe"—kwe ggamba, butereevu. Ayinza okuba nga teyali MUKAMA Yahweh yennyini, kubanga Katonda mwene tewali ayinza kumulaba. Yali malayika eyalina erinnya lya Katonda eyakola atyo; olwo ffe ne tusoma nti Yahweh yayogera ne Musa maaso ku maaso, so nga yali Malayika (Bik. 7:30 – 33).

Waliwo ebyokulabirako ebirala bingi ku bigambo 'Katonda' ne 'MUKAMA' nga bikwata ku bamalayika so si ku Katonda. Eky'okulabirako eky'enkukunala kiri mu Lub. 1:26: "Katonda (bamalayika) n'agamba nti, tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe"

**ABANTU ABALINA ERINNYA LYA KATONDA**

Ekimu ku bitundu mu Baibuli ekijja okukuyamba ennyo okukulaga ekintu kino, kiri mu Yokaana 10:34-36. Wano Abayudaaya baakola ensobi, abangi gye bakyakola ne leero. Baalowooza nti Yesu yali agamba nti ye nnyini ye Katonda. Yesu n'abagolola ng'agamba nti, "Tekyawandiikibwa mu mateeka gammwe nti Nze nnagamba nti muli bakatonda? Oba nga abo yabayita 'bakatonda'…mmwe mugambiraki ye… nti ovvodde; kubanga ŋŋambye nti Ndi Mwana wa Katonda?" Yesu agambira ddala nti 'mu Ndagaano Enkadde abantu bayitibwa 'bakatonda'; nze ŋŋamba ndi Mwana wa Katonda; kale lwaki munyiiga bwe mutyo? Wano Yesu ajuliza Zabbuli 82, abalamuzi ba Isiraeri mwe baabayitira 'bakatonda'.

Nga bwe tukiraze, erinnya lya Katonda mu bujjuvu mu Luyudaaya nti lye li 'Yahweh Elohim'—ekiteegeza 'oyo alyeyolekera mu kibiina eky'abazira ab'amaanyi'. Abakkiriza abatuufu beebo Katonda mwe yeeyolesezaako mu bulamu buno. Wabula nga mu Bwakabaka, baliba 'bazira ab'amaanyi' MUKAMA mw'alyeyoleseza ddala mu bujjuvu. Kino

okiraba bw'ogeraageranya Isa. 64:4 ne 1 Kol. 2:9 "Abantu tebawuliranga yadde okussaayo omwoyo, era tebalabanga, ayi Katonda, kw'ebyo by'omutekedde oyo akulindirira". Olunyiriri luno Pawulo lw'ajuliza mu 1 Kol. 2:9, 10: Kyawandiikibwa nti eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawuliranga, n'ebitayingiranga mu mutima gwa muntu, ebintu Katonda bye yategekera abamwagala. Naye ffe, Katonda yabitubikkulira ng'akozesa Omwoyo we. Ekitundu ekiri mu Isaaya 64 kigamba nti tewali n'omu, okugyako Katonda ayinza okutegeera ebintu bye yategekera abakkiriza. Wabula 1 Kol. 2:10 lugamba nti, ebintu ebyo yabitubikkulira.

**YESU N'ERINNYA LYA KATONDA.**

Tekyewunyisa nti Yesu, ng'omwana wa Katonda n'okweyoleka kwe okwasukkuluma eri abantu, kutwala erinnya lya Katonda. Ye nsonga ku lwaki yabagamba nti "Nzize mu linnya lya Kitange" (Yok. 5:43). Olw'obuwulize bwe eri Katonda, Yesu yalinnya mu ggulu era Katonda n'amuwa "erinnya erisanga amannya gonna" - erinnya erya Yahweh, erya Katonda yennyini (Baf. 2;9). Kale y'ensonga lwaki tusoma mu kitabo ky'Okubikkulirwa. 3;12 nga Yesu agamba nti: "Ndimuwandiikako (omukkiriza) erinnya lya Katonda wange . . . era ndi muwandiikako erinnya lyange eriggya". Ku ntebe ey'omusango Yesu alituwa erinnya lya Katonda, olwo nno lwe tuliba n'erinnya lya Katonda mu bujjuvu. Erinnya lino aliyita "erinnya lyange eriggya". Jjukira, nti Yesu ekitabo eky'okubikkulirwa yakigaba nga wayiseewo ku myaka ng'amaze okulinnya mu ggulu, era ng'amaze okuweebwa erinnya lya Katonda, nga bwe kinnyonnyolebwa mu Baf. 2:9. Kale kwe kuyita erinnya lya Katonda nti 'erinnya lyange eriggya", erinnya lye yali yakaweebwa. Kati tuyinza okutegeera obulungi Isaaya 9:6, we batugambira ebikwata ku Yesu, nti: "*Erinnya* lye (weetegereze nti) aliyitibwa wa kitalo, ateesa emirembe, Katonda ow'amaanyi, Kitaffe ataggwaawo…" Buno bwe bunnabbi obulaga nti Yesu aliba n'erinnya lya Katonda lyonna— nti y'alibeera okweyoleka kwa Katonda kwonna oba okwebikkula kwa Katonda gye tuli. Mu ntegeera eno, mwe yayitirwa 'Emmanuel', eritegeeza nti 'Katonda ali naffe', yadde nga ye ng'omuntu teyali Katonda. Olwo obunnabbi bwa Yoweeri nti "abantu balikowoola erinnya lya Yahweh" bwatuukirizibwa ng'abantu babatizibwa mu linnya lya Yesu Kristo (Bik. 2:21 lugeraageranye n'olwa:38) Kino era kinnyonyola lwaki ekiragiro eky'okubatiza mu linnya lya Kitaffe kyatuukirizibwa, nga bwe kirambuluddwa mu Bikolwa by'abatume, okubatiza mu linnya lya Yesu.

## AKANYOMERO 2:
## LWAKI ABASATTU BAKKIRIZIBWA

Mu kulowooza okwange obujulizi mu Baibuli obukotana n'abasattu kikulu nnyo. Wabula abantu bangi abatuula nti Bakristaayo bakkiririza mu basattu, ate nga baaboola abaatakkiririza mu basattu nga babayita abatali Bakristaayo, era n'okubayita nti 'kakuunsu'. Naye mu bulambulukufu obumala, ekigambo 'basattu' oba ensengekka y'ebigambo ab'abasattu kyali tekimaanyiddwa eri Obukristaayo bwe Ndagaano Empya. Mu ntegeera y'abakristaayo abasinga obungi, Yesu 'bamufuula' Katonda olw'okuba Abeepisikoopi basalawo kibe bw'ekityo. Naye lwaki kino ky'akolebwa? Era lwaki waliwo obweralikirivu bungi eri abo abaatakkiririza mu basattu okubakakatikako eky'abakyamu? Ng'amaze okusoma ebyafaayo by'emirembe egy'asooka egy'obukristaayo, zino z'ensonga ze mpa wammanga:

- Obukaafiiri n'Obukristaayo byali bitambulira wamu, n'olw'ekyo tebayagala kutataganya nnyo nkyuukakyuka kuva mu bukaafiiri okudda mu linnya ly'obukristaayo era ereme kuba ya bulumi nnyo.
- Waliwo amazima agalabwa mu nvunnula enkyaamu. Bw'osoma emitendera gye Ndagaano Empya, ogenda okulaba nga Mukama Yesu eyogerwako mu ngeri ey'okusuutibwa ennyo. Eky'okulabirako, enjogera nti “omwana w'omuntu” abawandiisi ba Baibuli gyebasinga okwetannira ku nzinnyonnyola ku Mukama Yesu. Naye oluvanyuma mu Ndagaano Empya erabikamu omulundi gumu gwokka. Makko enjiri eyasooka, Yesu temuyita “Mukama” kyokka eri Pawulo “Mukama” ky'ekitiibwa kyasinga okukozesa ku Yesu oluvannyuma nga wayise emyaka. Yo enjiri ya Yokaana, mu bulambulukufu ey'awandiikibwa ng'enjiri ziri esattu ziwedde okuwandiikibwa, ekozesa oluliimi olusuuta ennyo ku bikwata ku MukamaYesu okusinga enjiri ziri ez'asooka. Kya ndiba ng'enkola eno yagendera ddala mu maaso n'oluvanyuma lw'abawandiisi ab'enjiri okufa, olw'abakkiriza okutegeerera ddala nga omubaazi owe Nazaaresi ye yali ddala omwana wa Katonda, era nga kaakano ye yayimusbwa waggulu okuba Kabaka we ggulu n'ensi. Ky'azuulibwa luvanyuma nnyo nga mazima “tetusobola kuyimusa Kristo waggulu nnyo”, nga Robert Roberts bwa kigamba mu kyaasa ekye 19. Naye oluliimi lw'okutendereza luyinza okutuuka ku mutindo nga Yesu takyali Yesu, wabula nga mu ngeri endala ye Katonda Mwenne. Bwe tweyongerayo, nkizudde ng'obulemu mu kutegeera bulijjo buba ne

kyebusibukako okuva ku bwongo. Okufula Yesu Katonda kyali kimu, naye okukkiriza enjigiriza ya ba Katonda basattu mu omu, abasattu, kye kyali ekirala. Era ngamba nti obulemu bw'okutegeera buno bwasibuka, ne mu butamanya, olw'okwagala ebyangu yangu. Ate oba kyetaago kya kika kya waggulu nnyo okukkiriza nti omusajja, eyazaalibwa mu mbeera ng'eyaffe yonna, yali mutuukirivu; nti era mu ddoboozi ly'Omufirisuuti Omuyudaaya mwe mwava ebigambo bya Katonda ataaggwaawo. Kya kusoomozebwa, kubanga naffe tuli bantu; era bwe kiba ng'eno y'engeri omu ku ffe gyayinza okuyimusibwa waggulu w'ebyo byonna ebitolobera, nga biremaza okukula kwaffe eri ekifanaanyi kya Katonda Kennyini . . . Olwo nno Yesu ab'atuwa eky'okulabirako ekisoomoza ennyo okutuukira ddala mu nda mwaffe, nga tetweyagalira, era ku kutuuka n'okutweralikiriza. Okuba ne Yesu nga ddala mazima teyali muntu, naye nga yali mukatemba, Yesu eyali Katonda ddala era nga si muntu . . . kino kyijjawo kungi ku kusoomozebwa ku Kristo ng'omuntu ddala.

Obwagaazi bw'omuntu okukkiririza mu katonda so si muntu, ky'olekebwa mu ndowooza ya Israeri eri Musa. Bemulugunya ku “Musa oyo, ye yatuggya mu nsi y'e Misiiri, tetumanyi kyabadde”; n'olw'ekyo ne bakola ennyaana ensaanuuse, ne boogera nti bano be bakatonda bo, ggwe Israeri, abaakuggya mu nsi y'e Misiri” (Kuv. 32: 1,4). Wekkanye mu kugeregeesa engeri gye bawumba ennyaana, naye ne bagisiinza nga bakatonda nga bangi. Baleeta endowooza etaali ntuufu ey'abasattu ey'ebyaasa enkumu ebyaddako. Baali tebasobola kuba na mulokozi eyali omuntu, nga bo, ne basalawo nti bakatonda be baali abanunuzi babwe, abaliwo nga bakatonda abangi, mu bumu, kwe kugamba mu kannyaana akasaanuuse.

- Jjukira ng'ekiteeso ku basattu kyasibwa mu nkola mu lukiiko olw'atuula e Nacea mu AD325. Olukiiko luno lwayitibwa Konsitantini oluvannyuma lw'okusalawo kwe nga bwe yandiyagade okukyusa eddiini y'ekikaafiiri eyali etwalibwa amatwale g'Abaruumi egifule Obukristaayo. Ebbanga lyali si ggwanvu nnyo ng'olukiiko olwo terunnatula, bukyaanga Bakristaayo bayiganyizibwa. Abamu ku abo abayitibwa mu lukiiko olwo amaaso n'emibiri gyabwe byaliko amabala ag'okuyigganyizibwa. Abakafiiri bavunaana (mu bukyamu) Abakristaayo okufuula Yesu okuba Katonda gwe basiinza. Pliny yali awawabye engeri gye bali “bakoloobyamu oluyimba eri Yesu ng'eri Katonda”. Mu nsi y'abakafiiri Abaruumi, baali Bayudaaya bokka abagaana okusiinza bakatonda abalala nga basinziira ku kuba nga waliwo Katonda omu ow'amazima. Olw'amazima nti Abakristaayo bakola ekintu ky'ekimu kyaleeta okulowooza nti nabo bali bakkiriza nga waliwo Katonda omu yekka, enjawulo nti bo

bamuyita 'Kristo'. Mu ngeri y'emu Abayudaaya nabo mu bukyamu bali balowooza nti oyo yenna eyeyogerako okuba omwana wa Katonda, yali ategeeza bw'ali wa Katonda (Yok. 10:33-36; 19:7)- wadde nga kino Yesu yamala nakibagolola! Nga bw'eri enkola ya bulijjo, entegeera y'ekibiina eri abalabe bakyo emala n'ennyonnyola engeri ekibiina ekyo gye kyetegeera. Konstantini yali munnabyabuvuzi ate omulwanyi. Teyali muyizi wa Baibuli, oba eyayitako mu tendekero ly'ebikwata ku Baibuli, ekituufu kiri nti yali wakisaazisaazi ku by'obukristaayo. Newakubadde yakkiriza Obukristaayo, yagamba nti yali teyetaaga ku mubatiza kubanga yali akyayagala okweyongera okwonoona. Kirabika yali ategedde ng'obukristaayo kye kyali ekintu ekituufu eri amatwale ge. Kale, nzuuno Obukristaayo. Konsitantini n'abo bonna abaabukira ekigaali 'ky'obukristaayo', bagabana ku ntegeera ku Kristo eyaliwo mu nsi y'abakafiiri gye bakuliramu. Ate entegeera ya bakafiiri nga Pliny ne banne bangi abalala bw'ekirambulula, yali nti Yesu yali nga Katonda. Era Konstantini bwe yakulembera mu kusalawo ku nkayana wakati wa Balabirizi ku kikwata ku Yesu ye ani e Nicea, mu ndowooza ey'obuntu ekibiina ki 'Yesu Katonda Yennyini' baali Bakristaayo bannansi ddala.

- Omukristaayo owa namaddala abadde n'okunyigirizibwa kungi okuva mu nsi. Pawulo yawandiika ebigambo ebyetaagisa eby'oluberera bwe yasaba nti tuleme kuleka nsi kutunyigiriza mu kukyusibwa gy'eri, naye tuleke Katonda atukyuse. Okukkiriza abasattu kyava ku kya kkanisa kunyigirizibwa ensi. Ensi y'Abaruumi n'Abayudaaya eyali yeebunguludde Abakristaayo yalina engeri ey'okutwala abantu abanene nga bakatonda. Bwe wafundikira nga nti omuntu oyo abadde muzira, olwo nno ng'olina okukozesa oluliimi lw'obwa Katonda mu ngeri ng'Abayonaani bwe bayita '*apotheosis*' (ekitegeeza omuntu afuuse katonda). Y'ensonga lwaki oluliimi mu bitabo ebimu eby'awandiikibwa ba Rabbi ku bantu nga Musa ne Eriya luli ng'olwogera ku Katonda, newakubadde nga mubulambulukufu bwakyo kyali tekigendererwa ku benkanya ne Katonda omu yekka owa Isiraeri oyo gwe baali bakkiririzamu. Waliwo obukakafu obulaga nti Abakristaayo bakikola eri Yesu, ddala ddala obukakafu we buli mu Ndagaano Empya. Era kizuuliddwa ng'emu ku njogera y'Abayudaaya ey'okugulumiza eri Musa – okugeza nga "oyo yekka era oyo ku bubwe ensi gye yatonderwa"- Pawulo olw'ekigendererwa magikoopa n'agikozesa ku Yesu. Ebifanaanyi by'ekitiibwa ekiri ng'ekyo bikozesebwa mu luliimi okubaawo edda, nga biri ng'ebyaliwo okuva kuntandika ey'okutondebwa, nga wadde si kyali kya ddala.

Naye nga mukutwaliza awamu ng'obukristaayo bwe bwefuulira Abayudaaya, ng'Abayudaaya Abakristaayo bwe baagaanibwa mu kkanisa oba okudda mu yeekaalu, emmizzi gy'abantu egya ddala mu Yesu tejjatunuulirwa. Ebyafaayo by'Abayudaaya mu kukozesa oluliimi lw'okutendereza Yesu tekyaddayo kusimiibwa. Wabula bangi ku Bakristaayo Kristo n'ebitiibwa bye eby'obwa Katonda ebigenderako byabasigala mu birowoozo; era bamaliriza nga Kristo bamuyita Katonda Kennyini. Lwaki? Kubanga tebatunnula mu nsibuko ya Yesu ya Kiyudaaya, n'ebyafaayo ebimukwatako mu Ndagaano Enkadde; era n'olw'okuba nga balemera nnyo ngeri ebigambo gy'ebyawandiikibwa gye bali bamanyidde ate ennyangu gye bali, mu kifo ky'okunoonya amakulu agaabirimu. N'olwa leero, teri kyakyuuka. Abakristaayo kumpi bonna beyagalira okusigala nga tebamanyi nnono ya nkola 'ya Katonda okweyoleka' esangibwa mu byawandiikibwa byonna, oluliimi lw'obwa Katonda mwe lusobola okukozesebwa ku muntu awatali kubafuula Katonda Mwenne.

- Okuwanyisanya ebigambo wakati wabo abali bayitibwa Arius (ab'ali tebakkiririza mu basattu) ne Athanasius (ab'abasattu) kwali nnyo ku byabufuuzi so si ku basomi ba ddiini oba ku bya Baibuli. Waliwo okulwanagana kw'obuyinza wakati wa Pliny ne Konstantini. Obukristaayo bwe bwamala okutwalibwa nga eddiini enkulu ey'amatwale ga Baruumi, ekkanisa yafuuka ya bya bufuuzi eby'amaanyi. Abakulembeze b'eddiini bano ababiri balina abagoberezi babwe abawera; ate nga bombi bagala buyinza. Abagoberezi b'ebinja ebibiri balwana entalo z'abonna wakati waabwe mu bibuga by'amatwale. Waliwo ebyawandiikibwa bingi ebiraga ng'abagoberezi ba Athanasius nga bakuba ate ne batta Abakristaayo abatakkiririza mu busattu ekyakulembera olukiiko lw'e Nacea, nga batuluggunya abantu era n'okulaga emirambo gyabwe eri abantu. Ab'abasatu ab'Athanasuis be baali basinga mu kutuluggunya. Nga bwe kiri mu kulwanaganira obuyinza kwonna, abavugannya ku ludda n'oludda lw'enjuyi zombi bafuuka ekyennyinyalwa era ne baba aberalikirivu; ekikwata ku ngeri y'okussawo enjatula ku bikwata ku butonde bwa Yesu yafuuka nsonga ya mubuwandiike na byabufuzi, abo abatakkiririza mu basattu nga bannyonnyolwako mu luliimi olujjudde obukyaayi n'obusungu. Abatali b'abasattu bavunaanwa "kuyuza omunagiro gwa Yesu", okuddamu okumukomerera, n'okukirawo. Eky'ennaku omutima omubi ogw'ogera oba okuwandiika obubi ku abo abalina endowooza endala kye yongerera ddala n'okutuusa leero, nga bangi ku bakkiririza mu basattu bagaanira ddala okusembeza abo abatakkiririza mu basattu nti nno si Bakristaayo. Kiba kibi okulowooza ku butaakkanya ng'ensonga ey'abayivu

ba Katonda nga bawakana bokka na bokka ku nsonga y'okuvunnula ebikwata ku Baibuli. Abakkiririza mu basattu (Athanasius) abalina okuwulirizibwa kwa Konstantini ennyo baali bakuwangula bannabwe abatakkiririza mu basattu (Arius). N'olw'ekyo ensonga yagiteekamu eby'obuntu era n'akozesa engeri yonna ey'ebyobufuzi n'okuzikkiririza ddala abali bamuvugganya olwo nno asobole okuzza Konstantini ku ludda lwe, awawanguse Arius (abatakkiririza mu basattu) olw'enzikkiriza y'obulimba, olwo nno alekebwe ng'omukadde akulembera ekkanisa omukulu mu matwale ga Baruumi- ekyali kitegeeza obuyinza obukulu mu matwaale agaali gaakamala okukkiriza Obukristaayo ng'enddiini enkulu era nga gaanoonya okugissa mu nkola ng'eddini y'amatwaale. Bulijjo mpulira boogera mbu 'ensonga eno yali yatunnulwamu dda, era Abakristaayo bakalimagezi bagyekennenya ne batuuka ku ky'enkomeredde mu kusaba, ekyo Abakristaayo ba kaakati kye balekawo era kye bagoberera'. Ebyafaayo ku nsonga eno byo njawulo nnyo. Athanathius (akkiririza mu basatu) ng'ojjeeko okulumba abagoberezi ba Arius (eyali takkiririza mu basattu) kuno yagaatako, n'okwookya ekkanisa, n'okuyomba n'abakulembeze baabo abali tebakkiririza mu bassatu n'okubayita abeenzi, abakwata abakazi, ababeera ne bamalaya buli kaseera, okwo saakko n'ebirala. Bwe kiba nga okuwakkana kwali kukwaata ku nvunnula ya byawandiikibwa, tekyandyetaagisiza kulumba na buzannyo bwa byabufuzi n’busambatuko. Mu bulambulukufu, ensonga ekwata ku kukkiriza abasattu yonna yali ya byabufuzi.

- Konstantini yali munnabyabufuzi so si muyizi wa Baibuli. Yakimanya ng'Obukristaayo bwalina okugaattirwa wamu bwe kiba nga bwa kuba eddiini y’ensi, bwe ktyo nayagala wabeewo endowooza emu ku nsonga ya Yesu eyali tekkanyizibwako. Yali tasobola kukigumira ng'alaba Abakristaayo balwanagana bokka na bokka olw’e nsonga eyo. Ensonga yalina okukkanyizibwako. Oludda olumu lwalina okulondebwa ng'olutuufu, ate oludda olulala lusirisibwe. Y'adda ku ludda lwa Athanasius olw'ensonga z'eby'obufuzi- n'akkiriza enjatula y'aba basatu eri ekkanisa, n'awawangusa Arius (eyali takkiririza mu basattu). Bwe kityo, Yesu 'nafuuka' Katonda. N'era mu ngeri y'emu ey'omutima gw'okwagala okugaatta ekkanisa ku muwendo gwonna, Konsintatini yakkiriza enkola eziwerako ezitali za mu Baibuli e Nacea. Okugeza, nti omuntu oyo yenna omulabirizi gwanaagobanga mu kkanisa mu kikettezo ekimu takkirizibwenga mu kikettezo kirala, n'okulonda “abalabirizi ab'amaanyi ennyo” mu Alexandria, mu Roma ne mu Antiyoko abannasalangawo ku nsonga zonna ezitaakkanyizibwengako eyo mu maaso. Okwekuba mu mutima

n'okutegeera, bino ye Konsitantini byali tebimukwatako, kubanga ye kye yayagala kwe kugaatta ekkanisa awamu, olw'okukkiriza nga ekikivamu amatwale ge okukolera awamu. Ettwale limu, n'eddiini emu- era n'olw'ekyo, nga ddiini eyo erina kuba y'awamu, kale endowooza endala yalina okugibwaawo. Omuntu omu yalina okutwalibwa ng'omutuufu ennyo ate omuntu omulala ng’omukyaamu ddala. Kya nnaku nti n'olwa leero omuntu alaba endowooza eyo yennyini mu kkanisa ne mu nkungaana z'omu byaalo. Era byonna bikwata ku buyinza. Emivvuyo egy'akolebwa Obukristaayo kulabula gye tuli mu nnaku z'oluvannyuma zino.

**ESSOMO 1: EBIBUUZO**

1. Kiki ekinasinga okutuyamba okukuza obukkiriza bwaffe mu Katonda?
   a) Okugenda mu kkanisa
   b) Okusoma Baibuli nga bwe tusaba
   c) Okwogera n’abakiristayo
   d) Okutuulira obutonde.

2. Kiruwa ku bino ekituufu ku kumanya Katonda?
   a) Katonda kirowoozo bulowoozo mu mitima gyaffe.
   b) Kitundu kya mwoyo ekiri mu bbanga.
   c) Tewali Katonda.
   d) Wali, mulamu ddala.

3. Erinnya lya Katonda ‘Yahweh Elohim’ litegeeza ki oba lirimu makulu ki?
   a) Oyo aliba
   b) Oyo alibikkulirwa mu kibiina ky’abazira abamaanyi.
   c) Oyo omukulu ennyo
   d) Maanyi.

4. Abaffe, Katonda
   a) Kibiina
   b) Ali mu basattu.
   c) bakatonda abangi mu omu.
   d) Kizibu okunnyonnyola mu ngeri yonna.

5. Ekigambo ‘Malayika’ kitegeeza ki?
   a) Ekyo ekiri ng'omuntu
   b) Ekirina ebiwawaatiro
   c) Omubaka

6. Bamalayika basobola okwonoona?

7. Kiki ekisinga okukumatiza nti wama Katonda wali?

# ESSOMO 2

# OMWOYO GWA KATONDA

## 2.1 OMWOYO GWA KATONDA

Katonda bw'aliwo ddala, omuntu kiba kirina okusuuubirwa nti abeera n'engeri gy'agabanyizibwako ebyo by'ayagala era n'endowooza ze eri ffe, abaana be, n'okukolera mu bulamu bwaffe mu ngeri eyo etekyukakyuka n'eneyisa ye. Katonda akola ebintu bino byonna na "mwoyo" we. Bwe tuba nga twagala okumanya Katonda era n'okukolagana naye okwa namaddala, tuba twetaaga okumanya "omwoyo gwa Katonda" kye ki era n'engeri gye gukola.

Si kyangu kunyonnyola ki kyennyini ekigambo "mwoyo" kye kitegeeza. S'nga ogenda ku mbaga ng'eky'okulabirako, oyinza okwogera nti ebintu byonna byabadde mu mwoyo mulungi. Nga mu kyo ogezako okutegeeza nti byonna byonna ku mbaga eyo byagenze bulungi; abantu bayambadde bulungi, emmere nnungi abantu bayogedde bulungi n'ebirala. Ebyo byonna ebintu ebitali bimu bye byafudde embaga eno okubeera "mu mwoyo" omulungi.

Kale mu ngeri y'emu oba endala mwoyo wa katonda ye Yee yennini. Ekigambo eky'omudagaano enkadde ekyakyusibwamu "omwoyo" gwa Katonda gwe "mukka" gwe, ekintu ekikulu mu ye,ekyolesa endowooza ye. Tujja kuwa ngeri ekigambo omwoyo gye kikozesebwamu ku ndowooza y'omuntu oba enneyisa ye yonna mu ssomo 4.3.

Nti mwoyo si kigambo ekitegeeza amaanyi ga Katonda gokka kikakasibwa mu Bar. 15:19, "mu maanyi g'omwoyo omutuukuvu".

Baibuli esomesa nti engeri omuntu gy'alowoozamu eyolesebwa mu bikolwa bye (Ng. 23:7; Mat. 12:34); okutunulira ebikolwa byaffe okutotono kujja kukikakasa kino. Omwoyo gwaffe oba ebirowoozo byaffe byoleka amazima ago nti enjala etuluma era twetaaga emmere.

Tutunulira eky'okulya nga kiri awo mu ffumbiro; okwegomba okw'omwoyo; ne kuzibwa mu bikolwa – ne tutola eky'okulya ekyo ne tukirya. Eky'okulabirako kino ekitono kiraga lwaki ekigambo eky' Abebbulaniya ekitegeeza 'mwoyo' kirina amakulu ga mirundi nga essatu; omukka, ebirowoozo, n'amaanyi. Omwoyo gwaffe be ffe bennyini, kitegeeza ebirowoozo byaffe oba okutegeera okutulimu ffe. Ku kipimo ekitenkanika ate eky'ekitiibwa omwoyo gwa Katonda ky'ekimu, n'amaanyi ago Ye gakozesa okw'eyoleka, enneyisa Ye n'ekigendererwa kye. Katonda alowooza era kale n'akola ebintu. "Nga bwe nnalowooza, bwe kityo; era nga bwe nnateesa, bwe kirinywera bwe kityo" (Isa 14:24).

**AMAANYI GA KATONDA**

Ebintu bingi mu Baibuli byogera ku mwoyo gwa Katonda ng'amaanyi Ge. Mu kutonda ensi, "omwoyo ne gumaamira kungulu ku mazzi. Katonda n'ayogera nti wabeewo obutangaavu. Ne webaawo obutangaavu" (Lub. 1:2, 3).

Omwoyo gwa Katonda ge gaali amaanyi agakozesebwa mu kukola ebintu byonna, gamba ng'ekitangala.

"Eggulu liyonjebwa olw'omwoyo gwe; omukono gwe gwafumita omusota oguwulukuka" (Yobu 26:13).

Bw'otunulira Mat. 12:28 ne Luk. 11:20 ojja kulaba nga engalo ya Katonda 'n'omwoyo gwa Katonda" byogera ku kintu kimu – Katonda mu kukola gwe mwoyo gwe. "Mu kigambo kya Mukama eggulu lyakolebwa; n'eggye lyamu lyonna lyakolebwa n'omukka ogw'akamwa ke" (Zabuli 33:6). Kale omwoyo gwa Katonda gwoogerwako mu ngeri zino.

- Omukka gwe
- Ekigambo kye
- Engalo ye
- Omukono gwe

Kale ge maanyi ge mwafunira ebintu byonna. Awo nno abakkiriza bazaalibwa ogw'okubiri olw'okwagala kwa Katonda (Yok 1:13); okwo okw'omwoyo gwe (Yok. 3:3-5). Okwagala kwe kuletebwa mu nkola na mwoyo. Ebyogerwa ku bitonde byonna, tusoma nti: "Otuma omwoyo gwo, ne bitondebwa; era ofuula obuggya amaaso g'ettaka" (Zab. 104:30). Omwoyo oba amaanyi era gwe gubeesawo ebintu byonna, era ne mu kutondebwa

kwabyo. Kyangu nnyo okulowooza nti obulamu buno obw'okulaba ennaku bugenderawo awatali kulaba omwoyo gwa Katonda mu nkola. Yobu omusajja eyagenda ng'akoowa obulamu buno yajjukizibwa nnabbi omulala nti "Bw'ateeka omutima gwe ku bantu, bw'akunganyiza gy'ali omwoyo gwe n'omukka gwe, byonna ebirina omubiri birizikiririra wamu, abantu ne badda mu nfuufu" (Yobu 34:14, 15). Ne Dawudi bwe yali mu nnaku ennyingi ennyo, yasaba Katonda ayongere okumunyweza n'omwoyo gwe – kwe kugamba amwongereko obulamu (Zab. 51:12).

Tujja kulaba mu ssomo 4.3 nga omwoyo ogwatuweebwa era n'ebitonde byonna gwe gubeezawo obulamu bwaffe. Tulina "omukka ogw'omwoyo ogw'obulamu" mu ffe (Lub. 7:22) Katonda gwe yatuwa mu kuzaalibwa (Zab. 104:30; Lub. 2:7). Kino Katonda kimufuula okuba "Katonda w'emyoyo gya bonna abalina emibiri" (Kub. 27:16 geraageranya ne Beb 12:9).

Olw'okuba nga Katonda ge maanyi ag obulamu agabeezawo buli kitonde kyonna, omwoyo gwe guli buli wamu. Dawudi yakimanya nti Katonda ng'ayita mu mwoyo gwe yali buli kiseera abeera naye wonna wonna we yagendanga, era ng'ayita mu mwoyo / amaanyi ogwo Katonda yali amanyi buli nsonda yonna yonna ey'endowooza ya Dawudi. Kale omwoyo gwa Katonda y'engeri gyaberamu buli wantu wonna, yadde nga ye yennyini atuula mu ggulu.

"Omanyi bwe ntuula, era bwe ngolokooka, otegeera okulowooza kwange nga kukyali wala…. Naagenda wa okuva eri omwoyo gwo? Oba naddukira wa okuva mu maaso Go? . .. bwe ntuula mu bifo eby'ennyanja ebiri ewala ennyo; newakubadde eyo … omukono gwo ogwa ddyo (okuyita mu mwoyo|) gunankwata" (Zab. 139: 2, 7, 9, 10).

Okutegeera okulungi okw'omulamwa guno ogwa mwoyo kutuletera okumanya Katonda ng'omukozi ow'amaanyi. Abantu bangi bakula n'endowooza 'y'enzikkiriza' etetegerekeka mu Katonda, naye nga mu butuufu, 'Katonda' bamulowoozako bulowooza, nga ekikwaate mu bwongo bwabwe kyokka. Naye okutegeera Katonda omutuufu n'okumanyira ddala nti waali atwebunguludde n'omwoyo Gwe kisobola okukyusiza ddala endowooza zaffe ku bulamu. Twebunguluddwa omwoyo, nga buli kiseera tulaba ebikolwa bye, ebyolesa Katonda eri ffe. Dawudi essuubi lya bino byonna lyamwewunyisa. "Okumanya okuli nga okwo kwa kitalo, kunnema; kwa waggulu, siyinza kukutuukako" (Zab. 139:6). So ng'ate obuvunanyizibwa bujja n'okutegeera ng'okwo; tulina okukiriza nti okulowooza kwaffe n'ebikolwa byaffe byonna biggule eri Katonda okubiraba. Nga bwe twekebera wa

wetuyimiridde mu maaso ga Katonda, okusingira ddala nga tulowooza ku kubatizibwa twetaaga kino okukijjukira. Ebigambo bya Katonda eri Yeremiya naffe bitukwatako: “Waliwo ayinza okwekweka mu bifo eby’ekyama ne simulaba? Bw’ayogera Mukama. Sijjula (mu mwoyo) ggulu n’ensi” (Yer. 23:24).

**OMWOYO OMUTUKUVU**

Tumaze okulaba nti omwoyo gwa Katonda ndowooza ngazi okutegeera; ndowooza Ye n’enneyisa Ye, ate era maanyi gakozesa okussa endowooza Ye mu nkola. “Kubanga nga bw’alowooza mu nda ye (omuntu), bwali bw’atyo” (Ng 23:7); kale ne Katonda bw’atyo ebirowoozo bye, mu makulu agali ng’ago Katonda gwe mwoyo gwe (Yok. 4:24), wadde nga kino tekitegeeza nti talina ka buntu. Okusobola okutegeera obugazi bw'omwoyo gwa Katonda, ebiseera ebirala tusoma ku “omwoyo Gwe omutukuvu”.

Okusingira ddala ekigambo kino “omwoyo omutukuvu kisangibwa mu Ndagaano Empya yokka era kyenkanankana n’eky'omu Ndagaano Enkadde “omwoyo gwa Katonda” oba “omwoyo gwa Mukama”. Kino kyeraga lwaatu mu bitundu ebimu mu Baibuli gamba nga mu Bikolwa by’Abatume essuula 2, awalaga abatume okufukibwaako Omwoyo Omutukuvu ku lunaku lwa Pentekoote. Peetero yannyonnyola nti kuno kwali kutuukirira okw’obunnabbi bwa Yoweeri mwe kinnyonnyolerwa ng’okufuka “Omwoyo gwange (gwa Katonda)” (Bik 2:17). Naye kino okutuukirira kwakyo okukulu kulibeerawo nga Yesu akomyeewo (Isa 32:15, 16). Ate era Lukka 4:1 lugamba nti “Yesu bwe yajjula Omwoyo Omutukuvu” y’akomawo ng’ava ku Yoludaani, oluvannyuma mu ssula y’emu Yesu kino akikwanaganya ne Isaaya 61: “Omwoyo gwa Mukama Katonda guli ku nze”. Emirundi gino gyombi (era n’awalala wangi) mwoyo mutukuvu yenkanyankanyizibwa n’ekigambo ky’omu Ndagaano Enkadde “Omwoyo gwa Katonda”.

Wetegereze nate engeri Omwoyo Omutukuvu gy’akwanyizibwa n’amaanyi ga Katonda mu bitundu bino.

- “Omwoyo omutukuvu alikujjira, n’amaanyi g’Oyo Ali waggulu ennyo galikusiikiriza” (Lukka 1:35).
- “Mu maanyi g’omwoyo omutukuvu….. mu maanyi g’obubonero n’eby’amagero, mu maanyi g’omwoyo omutukuvu” (Bar. 15:13, 19).
- “Okubuulira kw’enjiri yaffe kwajja mu maanyi ne mu Mwoyo Omutukuvu” (1 Bas. 1:5)
- Ekisuubizo ky’Omwoyo Omutukuvu eri Abayigirizwa kyayogerwako “ng’okwambazibwa amaanyi ag’ava waggulu” (Lukka 24:49).

- Yesu yennyini yafukibwako amafuta n’omwoyo omutuukuvu n’amaanyi” (Bik. 10:38).
- Pawulo yakakasanga okubuulira kwe n’ebikolwa by’amaayi ga Katonda agatabuusibwabuusibwa: “byali….. mu kutegeeza kw’omwoyo n’amaanyi” (1 Kol. 2:4).

## 2.2 OKULUNGAAMYA

Tulowozzeza ku omwoyo gwa Katonda ng’amaanyi ge, ebirowoozo, n’enneyisa Ye, ebyo byayolesa ng’ayita mu bikolwa eby'omwoyo gwe bye gukola. Twayogedde ku ngeri omwoyo gwa Katonda gye gwalabibwamu mu mulimu ogw’okutonda: “Eggulu liyonjebwa olw’omwoyo gwe” (Yobu 26:13) – omwoyo gwa Katonda ne gumaamira kungulu ku mazzi okuleetawo ebitonde ebiriwo kaakati (Lub. 1:2). So ng’ate era tusoma nti “Mu kigambo kya Mukama” ensi yakolebwa (Zab. 33:6), nga bwe kyogerebwa mu kitabo eky’olubereberye nti “Katonda n’ayogera” ebintu bitondebwe, n’ekiba bwe kityo. Kale, omwoyo gwa Katonda guyolesebwa nnyo mu kigambo Kye. Mu ngeri y’emu ebigambo biraga ebirowoozo n’okwagala kwaffe eby’omunda – ba ‘ffe’. Mu bugezigezi bwe Yesu yayogera nti: “kw’ebyo ebijjula mu mutima akamwa bye koogera” (Mt. 12:34). Oba nga tunaafuga ebigambo byaffe, tulina kusooka kukola ku birowoozo byaffe. Kale nno, ekigambo kya Katonda ke kabonero k’omwoyo gwe oba ak’ebirowoozo bye. Kya mukisa okubeera nti ekigambo kya Katonda tukirina mu buwaandiike mu Baibuli olw’okutusobozesa okutegeera omwoyo wa Katonda oba emmeeme ye. Daudi yayogera ku ngeri ekigambo kya Katonda “n’omutima gwaffe” gye bikwanaganya (2 Sam. 7:21); obw’omwoyo bw’emmeeme ya Katonda bulagibwa mu kigambo kye. Katonda yafuna ekyamagero ekyo eky’okwolesa Omwoyo gwe mu buwandiike mu ngeri ya

**KULUNGAMIZIBWA**

“Omwoyo” kitegeeza “omukka” oba okussa omukka, “okulungamya” kitegeeza “okuyingiza omukka”. Kino kitegeeza nti ebigambo abasajja bye bawandiika nga “balungamizibwa” okuva eri Katonda byali bigambo eby'omwoyo gwa Katonda. Pawulo akubiriza Timoseewo nti engeri gye yali amanyiddemu Baibuli ereme okumwerabiza ekyewuunyo kino nti Baibuli bigambo bya Mwoyo gwa Katonda, kale nti n’olw’ekyo bituwa buli ky’etwetaaga okutuuka ku kutegeera Katonda okutuufu.

“Era ng’okuva mu buto wamanyanga ebyawandiikibwa ebitukuvu ebiyinza okukugeziwaza okuyingira mu bulokovu olw’okukkiriza okuli mu Kristo Yesu. Buli kyawandiikibwa kirina

okulungamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu; omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi". (2 Tim. 3 : 15 – 17).

Oba nga ebyawandiikibwa ebirungamye bisobola okutuwa okumanya okujjuvu bwe kutyo, waba tewali bwetaavu bwa "mmeeme zaffe" kutunoonyeza bikwata ku Katonda. Naye emirundi emeka abantu gy'eboogera mbu bo bennyini be beevumbulira Katonda, awatali kweyambisa kigambo kye! Oba okukkiririza mu kigambo kya Katonda kimala okubangulira ddala omuntu mu bulamu bw'obukristaayo, tewali kyetaago kya kunoonya ate maanyi ga butuukirivu malala mu bulamu bwaffe. Bwe kibeerawo, olwo ekigambo kya Katonda kiba tekitubangulidde ddala, nga Pawulo bw'atusuubiza nti kiteekwa kutumala. Okukwata Baibuli ne tukkiririza ddala nti Kigambo kya Mwoyo gwa Katonda,kyetaagisa okukkiriza okumala. Aba Isiraeri bassangayo nnyo omwoyo okumanya ekigambo kya Katonda kye kigamba, era nga bangi bwe bakola ensangi zino. Ffenna ffenna twetaaga okufumiintiriza n'obwegendereza ennyo ku Beb. 4:2.

"Kubanga naffe twabuulirwa enjiri, era nga bo (Aba Isiraeri mu ddungu): naye ekigambo eky'okubuulira tekyabagasa bo, kubanga tebaagattibwa mu kukkiriza wamu n'abo abaawulira".

Eky'obutagala kukkiriza amaanyi g'obw'omwoyo agatenkanika agali mu kigambo kya Katonda kuleetedde abangi okwebuuza oba nga ddala ebyawandiikibwa byonna byalungamizibwa Katonda. Bagamba nti bingi ku bye tusoma mu Baibuli zaali ndowooza z'abawandiisi. Naye Peetero endowooza eno eteriimu agiteeka ku bbali bwati:

> "Era ekisinga obunywevu tulina ekigambo kya bannabbi….. kubanga siwali kigambo kya bannabbi ekyali kireeteddwa mu kwagala kw'abantu: naye abantu baayogeranga ebyava eri Katonda nga bakwatiddwa Omwoyo Omutukuvu" (2 Peet. 1:19-21).

"Ekisinga byonna" tuteekwa okukkiriza nti Baibuli nnungamye. Enjigiriza "ey'okulungamizibwa" bulijjo essibwaako essira mu Baibuli (okugeza nga Mat. 15:4; Mak.12:36; Bik. 1:16; 28:25; Beb 3:7, 9:8; 10:15).

**ABAWANDIISI BA BAIBULI**

N'olw'ekyo okukkiriza okutanyenyezebwa nti ebyawandiikibwa byonna byonna byalungamizibwa kyetagisa. Abasajja abawandiika Baibuli batwalibwanga na mwoyo ogw'abalungamya nga tebeyagalidde, so ebigambo byabwe tebyali ku bwabwe. Olw'ekigambo kya Katonda okubeera amazima (Yok. 17:17) ate nga kinenya n'okutereezanga (2 Tim. 3:16, 17), tekyewunyisa nti tekiyaayanirwa bantu bangi – kubanga amazima gakosa. Nnabbi Yeremiya yawakanyizibwa nnyo olw'okwogera ebigambo Katonda bye yali amulungamizza, kwe kusalawo obutawandiika oba okubunyisa ebigambo ebyali bimuweereddwa. Naye olw'okuba nti okuwandiika ekigambo kya Katonda kuva mu kwagala kwa Katonda, so si kwegomba kwa bantu, bwatyo"yatwalibwa mwoyo mutukuvu" kale nataba nakyakusalawo ku nsonga eno. "Nfuuse ekisekererwa okuzibya obudde, buli muntu ankudaalira . . . Era bwe njogera nti siimwogereko so sikyayogerera mu linnya lye, kale mu mutima gwange muba ng'omuliro ogubuubuuka ogusibibwa mu magumba gange, era nga nkooye okuzibiikiriza so siyinza kubeerera awo" (Yer. 20:7, 9). Peteero annyonnyola ekigambo kino "okutwalibwa" ekikozesebwa ku bawandiisi ba Baibuli nti kye kimu n'eky'Oluyonaani kye bakozesezza mu Bik. 27:17, 27 ku lyato okutwalibwa omuyaga, nga libalemeredde.

Era mu ngeri y'emu Balamu bwe yewaayo okukolimira Isiraeri, omwoyo gwa Katonda gwamwogeza omukisa ku bo mu kifo eky'okubakolimira (Kubal.24;1-13 geraageranya ne Ma .23:5). Yali tasobola 'kuduka' ekigambo kya Katonda (Kubal . 22:12). Yuda agamba nti yalina ekigendererwa kya kuwandiika ebbaluwa ya njawuloko ku mulamwa ogw'eno gye yamala n'awandiika, kubanga "nnawalirizibwa . . . " (Yuda 3) – na Mwoyo Mutukuvu ogwa mulungamya.

Omuwendo ogw'abasajja Katonda be yalungamya okwogera ekigambo kye naye ne bateefiirayo kugenda kukola ekyo Katonda kye yabatuma gwewunyisa. Olukalala lwegombebwa.

- Musa (Okuva 4: 10)
- Yeremiya (Yer. 1:6)
- Ezeekyeli (Ezek. 3:4)
- Yona (Yona1:2,3)
- Pawulo (Bik . 18:9)
- Timoseewo (1Tim 4:6-14)
- Balamu (Kubal. 22-24)

Kino bwonna bukakafu ku ebyo bye tusomyeko mu 2 Peetero 1:19-21 - nti ekigambo kya Katonda si ndowooza ya muntu, naye kyaletebwa abantu abalungamizibwa okuwandiika ebyo ebyababikulirwa. Nabbi Amosi yafumintiriza nti : "Mukama bw'ayogera, ani ayinza obutalangirira bubaka bwe?" (Amosi 3:8) Ebiseera ebirala Musa yabulanga eby'okwogera ku bubwe, okulungamizibwa kwa Katonda gyali kw'ali kwa maanyi nnyo. "Ebiragiro bino byonna, nze Mukama bye ntegezezzza Musa . . ."(Kubal.15,22,23); naye ng'ate mu butuufu Musa ye yayogera ebigambo bino (lunny.17). Yeremiya yayogera "okuva mu kamwa ka Mukama" so ng'ate Yahweh, "yayogerera mu kamwa ka Yeremiya" (2 Byom. 36:12,22) eno y'engeri Mukama gye yali okumpi mu kukolera awamu n'abo abantu mwe yayisanga ekigambo kye. Akamwa kaabwe gwali mumwa gwe. Waliwo ebifo bingi mu byawandiikibwa bya bannabbi, nga kizibu okwawula oba byogera ku Katonda oba ku Nnabbi. (Okugeza, Yeremiya 17:13-15). Bwe kityo bwe kyali ekyangu ennyo Katonda okweraga ng'ayitira mu bo.  Mukama bwe yatandika okwogera ng'ayita mu (Koseya 1:2) ebigambo ebitandikirwako ku kiragiro eri Koseya okugenda okulaga okwagala kwa Katonda eri Isiraeri ng'awasa era abeere n'omukazi atali mwesigwa.. Koseya ye yali ekigambo kya Katonda eri abantu, nga mu busukkulumu Yesu Mukama bwe yali "Kigambo  n'afuuka omuntu," bwe tutyo naffe tuteekwa okussa mu nkola Omwoyo ali mu Kigambo kya Katonda.

Obujulizi obulala ku kino buli nti abawandiisi ba Baibuli baamanya nti baali tebategeera nnyo bintu ebyo bye baawandiika. "Baanoonya" enzivuunula entuufu "Nabo baabikkulirwa nga si ku lwabwe bokka wabula ku lwa mmwe ebyo…" bye baawandiika (1 Peet.1:9-12). Ebigambo bye nnyini bye baawandiikanga tebyali byabwe, naye bya Katonda era beegombanga nnyo okutegeerera ddala obulungi bye baamuwandiikiranga. Ennyiriri zino zituwa eby'okulabirako ebyo byennyini: Danyeri (Dan.12:8-10); Zakaliya (Zak.4:4-13); Peetero (Bik.10:17). Mu ngeri y'emu n'omwana omuto Samwiri eyali tamanyi Yahweh naye yayogera ekigambo kye (1Sam. 3:7).

Singa kiba nti abantu bano tebaafuna kuluŋŋamizibwa kwonna mu bujjuvu, tuba tetulina we tutuukira ku Kigambo kya Katonda ekituufu oba mwoyo we. Bwe kiba nga kituufu ddala nti bye baawandiika kyali Kigambo kya Katonda, olwo nno kirina okuba nti Mwoyo wa Katonda yawambiranga ddala obulamu bwabwe mu kiseera we baafuniranga okuluŋŋamizibwa okwo -    ekitali ekyo, ebyo byonna bye baafulumya tekyalibadde Kigambo kya Katonda ddala ekirongoofu.  Okukkiriza Ekigambo kya Katonda nti kikye, kituleetera okweyongera okukisoma n'okukigondera. "Ekigambo kyo kilongoofu nnyo; Omuddu wo ky'ava akyagala"  (Zab. 119:140).

Bwe kityo ebitabo ebikola Baibuli mulimo gwa Katonda okuyita mu mwoyo Gwe, so si ebyo ebyawandiikibwa abantu. Amazima ku kino geeraga bwe tulowooza ku ngeri Endaano Empya gye julizaamu ebyawandiikibwa eby'omu Ndagaano Enkadde.

- Mat. 2:5 lwogera ku ngeri "bwe kyawandiikibwa nnabbi" – Katonda y'awandiika ng'ayita mu bo.
- Mat. 2:15 lujuliza Mikka, naye lugamba nti: "(ekyo) bwe kityo Mukama kye yayoogerara mu nnabbi . . . " Mu ngeri y'emu Beb. 2:6: lugamba nti: "Naye waliwo ekifo omu (Dawudi) weyategeereza…". Nnabbi ali ng'atagasa bwogeraageranya n'amazima nti kye yali ayogera ky'ali kigambo kya Katonda. Waliwo eby'okulabirako ebirala erinnya lya nnabbi weritayogerwaako ekiri nga ekiraga nti tekyetagisa (Mat. 1:22; 2:23; 21:4).
- "Ekyawandiikibwa Omwoyo Omutukuvu kye yayogera edda mu kamwa ka Dawudi…" (Bik. 1:16). Eno y'ali ngeri Peetero gye yajulizamu Zabbuli (ger. Beb. 3:7).
- "Omwoyo Mutukuvu yagamba bulungi bajjammwe mu nnabbi Isaaya" (Bik. 28:25- eno y'engeri Pawulo gye yajulizaamu Isaaya), Lukka 3;4 lwogera ku "ekitabo eky'ebigambo bya Isaaya" so si, 'ekitabo kya Isaaya'.

Kale abawandiisi ba Baibuli b'ali si kikulu nnyo eri Abakristayo abasooka, olw'amazima nti ebigambo byabwe ebyali bilungamiziddwa omwoyo gwa Katonda bye byali ebikulu. Tujja kumalirizza ekitundu kino n'olukalala olw'ennyiriri ezo eziraga ng'omwoyo gwa Katonda gutubikkulirirwa mu kigambo kye ekyawandiikibwa.

- Yesu yayogera nti "Ebigambo bye mbagambye gwe mwoyo….(Yok. 6:63); yayogerera mu kulungamizibwa okuva eri Katonda (Yok. 17:8; 14:10).
- Twogerwako ng'abazaalibwa ogw'okubirii mu mwoyo (Yok. 3:3-5) ne mu kigambo kya Katonda (1 Peet. 1:23).
- "…n'ebigambo Mukama w'eggye bye yaweererezanga n'omwoyo gwe … ba nnabbi" (Zek. 7:12).
- Nnafukanga omwoyo gwange gye muli, nnaabamanyisanga ebigambo byange" (Ng. 1:23) kigata wamu okutegeera okutuufu okw'ekigambo kya Katonda n'ekikolwa ky'omwoyo Gwe ku ffe – okusoma Baibuli awatali kugitegeera, tekigasa, anti omwoyo gwa Katonda guba tegutubikuliddwa.
- Waliwo okukwasaganya okuliwo wakati w'omwoyo gwa Katonda n'ekigambo Kye mu bitundu bingi; "omwoyo gwange oguli ku mmwe, n'ebigambo byange bye ntese

mu kamwa ko. .. . " (Isa 59:21); "olw'ekigambo kyo era ng'omutima (mwoyo) gwo (2 Sam 7:21); "Era nditeeka omwoyo gwange munda mu mmwe (mu mitima gyammwe— laba amakulu)…", "nditeeka amateeka gange … mu mutima gwabwe…" (Ezek. 36:27; Yer. 31:33).

Waliwo okukukwasaganya okulabibwa wakati wa Bak.3:16) ne Bag.5:18-20: Ekigambo kya Kristo kibeerenga mu mmwe n'obugagga mu mageezi gonna; nga muyigirizagananga era nga mulambulagananga mwekka na mwekka mu Zabbuli n'ennyimba n'ebiyiiye eby'omwoyo, nga muyimbira Katonda, mu kisa mu mitima gyammwe... naye mujjulenga omwoyo; nga mwogeragananga mu Zabbuli n'ennyimba n'ebiyiiye eby'omwoyo, nga muyimbanga nga mu mukubiranga ennanga mu mutima gwammwe Mukama waffe; nga mwebazanga ennaku zonna olwa byonna Katonda Kitaffe mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo". Mu bulambulukufu Ekigambo kya Kristo kyenkanyankanyizibwa ne "mujjulenga omwoyo".

Katonda gwe mwoyo Gwe (Yok. 4:24), ate Katonda ye Kigambo Kye ("kigambo n'aba Katonda); kale n'obukakafu ekidirira kiba nti ebigambo Bye biraga omwoyo Gwe. Okulowooza kwaffe eri ekigambo kya Katonda kwe kulowooza kwaffe ku Ye. Olw'okuba nti ekigambo kirongoofu, kale tukyagala ( Zab.119:140); bwe tumenya ebiragiro, tuba tugaana ekigambo kya Katonda (Amosi 2:4).  Okukkiririza mu kulungamizibwa wano we kuberera  n'amaanyi.

**AMAANYI G'EKIGAMBO KYA KATONDA**

Ng'omwoyo gwa Katonda bwe kitategeeza birowoozo Bye oba enneyisa ye byokka naye n'eri amaanyi ge gakozesa okulaga ebirowoozo bye, kiba kirina okusuubirwa nti omwoyo-ekigambo kye si kintu ekyogera obwogezi ku ndowooza ye; waliwo n'amanyi mangi nnyo mu kigambo ekyo.

Okusiima okutuufu eri amaanyi ago kwandituletedde ekyinyegenyeege eky'okugakozesa; ebirowoozo ku kuswazibwa olw'okukikola byandiwanguddwa n'okumanya kwaffe  nti okugondera ekigambo kya Katonda kujja kutuwa amaanyi ge twetaaga okutwanguyiza okuvvunuka obuntu obutonotono ebw'omu bulamu buno, tugende mu bulokozi. Ku lw'obumanyirivu bwe mu kino, Pawulo yawandiika nti:

"Kubanga enjiri (Ekigmbo) ya Kristo tenkwasa nsonyi, kubanga ge maanyi ga Katonda olw'okulokoka" (Bar. 1:16).

Lukka 1:37 lwongerako ku mulamwa guno gwennyini: “Tewali kigambo ekiva eri Katonda kiribulwa maanyi (omwoyo)”.

N’olwe’kyo okuyiga Baibuli n’okussa mu nkola ebyo bye yigiriza mu bulamu bwaffe kintu ekituletera amaanyi. Tekyefaanaanyirizaako ddala n’akatono na nsoma ya mu Matendekero ga Baibuli wadde ey’omu Makanisa amangi ey’okubuguumiriza nga banojjola ebitundutundu mu Baibuli ate mu bufunze awatali kussa ssira ku ku biyigiriza wadde okubissa mu nkola. “Ekigambo kya Katonda ‘kiramu’ era kikozi” (Beb. 4:12). “N’ekigambo ky’amaanyi ge (Katonda)” (Beb. 1:3). “Ekigambo kya Katonda, n’okukola ekikolera mu mmwe abakkiriza.” (1 Bas. 2:13). Ng’ayita mu kigambo Kye, Katonda buli kiseera abeera akolera mu birowoozo by’abakkiriza abatuufu, buli lunaku.

Kale eno enjiri gy’osoma kati ge maanyi ga Katonda amatuufu; bw’ogireka n'ekola bwetyo, enjiri esobola okukolera mu bulamu bwo era n’ekukyusa okukufuula omwana wa Katonda, nga kiraaga ekigera ky'omwoyo/endowooza gwa Katonda ekisanidde mu bulamu buno, okukuteekateeka okukukyusa mu mbeera ya Katonda ey'omwoyo eriberaawo ku madda ga Kristo (2 Peet. 1:4). Okubuulira kwa Pawulo kw’ali “Kutegeeza okw'omwoyo n'amaanyi” (1 Kol. 2:4).

Enkwantamu yaffe ey'ekigambo kya Katonda ekudaalibwa abantu ab’ensi (“naawe okikkiriza oba nedda?!”), era bwe kityo bwe ky'ali ku Pawulo ne babuliizi bane abe njiri. “Ekigambo eky'omusalaba busirusiru eri abo ababula, naye eri ffe abalokolebwa, ge maanyi ga Katonda” (1 Kol. 1:18).

Nga bwe tujjukira bino, tetusobola kwe kwatira Baibuli buli omu, mu kitiibwa kyayo n'okukirawo, ne tugisoma n’okwegomba okusukkiridde okugitegeera era n'okugigondera?

**ENDOWOOZA Y’ABANTU BA KATONDA ERI EKIGAMBO KYE.**

Bwe weekenneenya obulungi Baibuli, okilaba nti abawandiisi ba Baibuli tebaakitwala nti be bokka abaalungamizibwa, naye n’abawandiisi ba Baibuli abalala, bababalanga nti nabo baalungamizibwa. Omukama Yesu mu kino yasukkuluma. Yesu bwe yajuliza mu Zabbuli za Dawudi, yatandika n’ebigambo bino nti “Dawudi mu mwoyo…….” (Mat. 22:43), ng’alaga bw’akakasa nti ebigambo bya Dawudi byali birungamye. Yesu era yayogera ku: “byawandiikibwa” bya Musa (Yok. 5:45-47), ng’alaga nti yali akkiriza nti Musa ye yawandiikira ddala ebitabo ebitaano ebisooka mu Endagaano Enkadde. Abakolokosi ba

Baibuli abamu, babuusabuusa oba ddala Musa yali asobola okuwandiika, naye endowooza ya Kristo ewakanyiza ddala entegeera yaabwe eno. Musa bye yawandiika, Yesu yabyogerako "ng'Amateeka ga Katonda" (Mak. 7:8,9). Era kigambibwa nti bingi ku byawandiikibwa mu Ndagaano Enkadde ngero bugero, naye Yesu ne Pawulo tebaabitwala bwe batyo. Yesu yayogera ku Nnabakyaala ow'e Seeba ng'eky'ebyafaayo ekyaliwo (Mat.12:42); so teyagamba nti: 'ng'olugero olwogera ku Nnabakyaala ow'e Seeba…"

N'abatume endowooza yabwe yali efaanana n'eya Mukama waabwe. Eky'okulabirako eky'enkukunala kiri ku Peetero eyagamba nti ye kennyini engeri gye yeewulirirako n'amatu ge ebigambo bya Kristo, yazingirwako mu 2 Peet. 1:19-21. "kigambo ekikakafu ddala eky'obunnabbi" Peetero yakkiriza nti ebbaluwa za Pawulo nazo zaali "byawandikibwa" nga bwe kyogerwa ku byawandiikibwa ebirala mu Ndagaano Enkadde." Kale Peetero yalaba ebbaluwa za Pawulo nga za buyinza ng'obuli mu Ndagaano Enkadde.

Waliwo n'enjogera nnyingi nnyo mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume, mu Mabbaluwa ne mu Kubikkulirwa ezoogera ku Njiri (ekyokulabirako geraageranya Bik. 13:51; ne Mat. 10:14), nga tezikoma ku kulaga bulazi nti byonna bya lungamizibwa omwoyo y'omu, naye nti era n'Enjiri mu Ndagaano Empya yatwalibwa okuba nti abaagiwandiika baalungamizibwa. Mu 1 Timuseewo 5:18, Pawulo ajuliza Ma. 25:4 (mu Ndagaano Enkadde) ne Lukka 10:7 nga "ebyawandiikibwa". Pawulo aggumiza ensonga ye nti obubaka bwe bwali buva eri Kristo, so si bubwe (Bag. 1:11, 12; 1 Kol. 2:13; 11:23; 15:3). Era ensonga eno abatume abalala nabo bagimanya; kale ne Yakobo 4:5 ky'ava ajuliza ebigambo bya Pawulo eby'omu Bag. 5:17 nga "ebyawandiikibwa".

Katonda "yayogera eri ffe" ng'ayita mu Kristo; n'olw'ekyo tewali kyetaago kya kubikkulirwa kulala (Beb.1:2). Kinajjukirwa nti Baibuli eyogera ku bitabo ebitaliiwo kati (ekyokulabirako: Yaseheri, Nasani bye yawandiika, Eliya, Pawulo ng'awandiikira Abakkolinso, n'ebbaluwa ya Yokaana ey'okusatu eraga nti waliwo ebbaluwa etaaterekebwa gye yawandiikira ekkanisa Diyotireete gye yagaana okugondera. Lwaki ebyawandiikibwa bino tebyatulekerwaawo? Kirabika byali tebitukwatako. Kale tulina okuba abamativu n'ebyo Katonda bye yatuterekera ebitukwatako.

Oluusi kigambibwa nti ebitabo by'omu Ndagaano Empya byajja bikkirizibwa mpola mpola ng'ebyalungamizibwa, naye olw'okuba ng'Abatume ebyawandiikibwa byabwe

baabitwalanga ng’ebirungamye, mazima endowooza ng’eno kigisaabulula. Waaliwo ekirabo ekya mwoyo eky’eky’amagero okugezesa amabbaluwa n’ebigambo ebyayogerwangako nti birungamiziddwa okulabira ddala oba byalinga bituufu. (1 Kol. 14:37; 1 Yok. 4:1; Kub 2:2). Kino kitegeeza nti ebbaluwa ezaalinga zirungamiziddwa zakkirizibwanga amangu ago ng’ennungamye  Singa kiba nti waliwo eby’abantu ku bwabwe ebyayingizibwa mu Baibuli kale ekitabo kino tekyalibadde na buyinza.

## 2.3 EBIRABO BYA MWOYO MUTUKUVU

Nga Katonda akolagana n’abantu mu biseera ebitali bimu, y’abawa okukozesa amaanyi Ge (Omwoyo Omutukuvu). Naye kino takyali mu ngeri nga “yabuyinza” okubasobozesa okukola ekyo kye bali bagala; wabula enkozesa ya mwoyo mutukuvu ono bulijjo yalinga ya kigendererwa mu kiseera ekyo. Olwaggwanga, ng'ekirabo kino kyigibwaawo. Tuteekwa okujjukira nti omwoyo gwa Katonda gukolera mu ngeri yakutuukiriza kigendererwa ekyo ekiba kiri mu ndowooza Ye. Ekigendererwa kino kiyinza okuletawo okubonaabona mu bulamu bw’abantu okw'ekiseera ekitono okusobozesa Katonda okuleetawo ekigendererwa kye eky’ebbanga eddene (laba essomo 6.1), kale kirina okusuubirwa mwoyo mutukuvu We si wakuggyawo kubonaabona mu bantu mu balamu buno. Obuyambi obw’engri eyo Mwoyo Mutukuvu bw’akola kiba kigendererwa eky’enjawulo okwolesa  endowooza ya Katonda gye tuli.

Kino kyawukana ku ndowooza y’Abakristaayo gye baamanyiira ku Mwoyo Mutukuvu ensangi zino; mu kunyuminkiriza bagamba nti okukkiriza Kristo kigwaanidde kubanga mulimu enkizo, gamba ng’okuwona endwadde, oba okuyimusibwa okw’omwoyo nga bwe kisuubirwa mwoyo okukigaba, kino kijja kunnyonnyola lwaki mu mawanga nga Uganda mubaluseemu abantu abeeranga nga bwe balina ebirabo by’omwoyo eby’okuwonya ng’ate mu byafaayo okweyogerako ng’okwo kuzze kutuukira wamu n’ebiseera omuntu oyo waabeerera mu bwetaavu obungi ennyo. Kino ku bwakyo ne kireetawo okwengeera abo abagamba nti balina omwoyo; Omuntu bw’aba anoonya obumanyirivu obusukaako embeera embi ey'abantu ebeerawo mu kiseera ekyo, kyangu okweyogerako nga bw’azudde ekimalawo ebizibu.

Katonda yagabanga omwoyo Gwe okusobozesa okufuna ebyo ebiba byetaagisa mu kiseera ekyo. Olw’ensonga eno abo bonna abaweebwanga ebirabo ebya mwoyo balinga bamanyi  ekyo kyennyini  eky'okubikozesa, n’olw’ekyo obuwanguzi bwe batuukangako mu kubikozesa tebwalinga bwa kitundu. Kino kyawukkanye n'abo aba leero abagamba nti

balina ebirabo bya mwoyo ebiwonya endwadde naye nga okuwonya kwabwe si kwa namaddala ate ng'era nnyingi ze balemeddwa.

Eby'okulabirako bino byonna wammanga biraga ensonga z'ennyini n'ebigendererwa by'okugabirwa ebirabo by'omwoyo. Mu by'okulabirako bino byonna tewaliiwo kiraga nti bano abaweebwa mwoyo gwabali mu ndowooza, oba nti abo abagulina bagukozesanga bwe baba nga bagadde. Olw'okuba nti twogera ku mwoyo gwa Katonda, tekiyinzika kuba nti abantu bagulagira ki , eky'okola olw'okulaba nti omwoyo guno gwabaweebwanga basobole okukola ebyo byennyini Katonda bye yali ayagala, so si ebyo eby'abantu abaalina bagala akaseera obuseera (ger. ne Isaaya 40:13).

- Mu ntandiika y'ebyafaayo bya Isiraeri, balagirwa okuzimba ensiisira omwali mugenda okukuumirwa alutaali n'ebintu ebitukuvu ebirala; era baweebwa ebiragiro mu bujjuvu ebikwata ku ngeri ey'okukolamu ebintu ebyali byetaagisa mu kusiinza Katonda. Kino okusobola okutukiriza Mukama yagabira abamu ku basajja omwoyo Gwe. "Bajjuzibwa omwoyo ogw'amagezi, bakole ebyambalo bya Aaroni… " n' ebirala (Kuv. 28:3).
- Omu ku basajja abo Bezaaleeli, "yajjuzibwa Omwoyo gwa Katonda, mu magezi, ne mu kutegeera ne mu kumaanya ne mu buli ngeri ya kukola, okulowooza emirimu egy'amageezi, okukola n'ezaabu, ne ffeeza, n'ekikomo, mu kusala amayinja …, okukola mu buli ngeri ya kukola"(Kuv.31:3 - 5).
- Okubala 11:14 – 17 woogera ku ngeri omwoyo / amaanyi ogwaweebwa Musa bwe gwatooleebwako negutekeebwa ku bakadde ba Isiraeri, okubasobozesa okulamula obulungi ensonga z'abantu olwo nno Musa aleme okuzitoowererwa ennyo. Nga Musa anaatera okufa, Mwoyo yamugibwako naweebwa Yoswa naye asobole okukulembera obulungi abantu ba Katonda (Mat. 34:9).
- Okuviira ddala mu kiseera Aba Isiraeri lwe bayingira mu nsi yaabwe okutuuka ku lwe baafuna kabaka wabwe eyasooka (Sawulo) baafugibwanga abasajja abaali bamanyiddwa ng'abalamuzi. Emirundi mingi mu budde obwo balumbibwanga nnyo abalabe baabwe, naye ekitabo eky'Abalamuzi kyogera ku engeri omwoyo gwa Katonda gye gwajjanga ku balamuzi abamu basobole okununula Isiraeri n'ekyamageero ku balumbaganyi – Osunieli (Balam. 3:10), Gidyoni (Balam. 6:34), Yefusa (Balam. 11: 29) bino byonna bikwanguyiza ensonga eno.
- Samusoni, omulamuzi omulala, yaweebwa omwoyo gwa Katonda asobole okutta empologoma (Balam. 14:5,6); okutta abantu 30 (Balam. 14:19) n'okukutula emiguwa gye baali bamusibye (Balam. 15:14). Kale "Mwoyo mutukuuvu" ono teyali

wa nkalakalira ku Samusoni– yamukkangako olw'ebyo ebyabanga byetaagisa bwe byaggwanga namujjibwako.

- Katonda bwe yalinanga obubaka obw'enjawulo bwa yagala okuwa abantu be, omwoyo nga gulungamya omuntu yenna okwogera ekigambo kya Katonda. Obubaka bwe bwaggwanga ng’ekirabo eky’okwogerera Katonda kimujjibwaako, ng’addayo mu mbeera ye ey'obuntu ey'okwogeera ebibye, ebitali bigambo bya Katonda. Ekimu ku by’okulabirako ebingi:-

“Awo omwoyo gwa Katonda ne gujja ku Zakariya … n’abagamba nti, bw'atyo bw'ayogera Katonda nti musobezangaki ebiragiro bya Mukama…?” (2 Byom. 24:20).
Laba 2 Byom. 15:1,2 ne Lukka 4: 18,19. n'eby’okulabirako ebirala.

Okusinziira kw'ebyo kyandibadde kikakasibwa nti okufuna ekirabo eky’okukozesa omwoyo gwa Katonda eri ensonga etegeerekese tekyali:

- Obukakafu eri obulokozi.
- Kintu ekibeera mu bulamu bw’omuntu oyo bwonna

Kye tugamba kiri nti waliwo ensonga nnyingi ezitategeerekeka eziweebwa ku birabo eby'omwoyo mutukuvu. Abantu beyogerako nti 'baafuna omwoyo omutukuvu' era mu nkungaana omusumba yeekulungulira ku 'nfuna y’ebirabo by’omwoyo', obugaaga n'eby'obulamu mu maaso g'abo ababa balowooza ku ky’okukkiriza Yesu’. Naye wateekwa okubaawo ekyebuuzibwa nti, birabo ki? Tekikkirizika nti abantu tebamanyidde ddala birabo ki eby'omwoyo bye balina. Samusoni yaweebwa ekirabo kya mwoyo okutta empologoma (Balam. 14:5,6); era bwe yagoolekanya n’ekisolo kino ekiwuluguma, yali amanyidde ddala lwaki omwoyo ogwo gwamuweebwa. Tewaaliwo kubuusabuusa mu mutima gwe. Kino tosobola kukigerageranya n’abo aba leero abagamba nti balina omwoyo omutukuvu, kyokka nga tebasobola na kukolayo kantu konna; wadde okumanya nti ekirabo oba ebirabo bye bateekwa okuba nabyo.

Tewali kya kwogera ku bantu abali nga bano wabula okufundikira nga tugamba nti waliwo bye bawulira munda mwabwe ng’ebikyuseeko oba olyawo ebikwata ku bukristaayo bwabwe, n’okukyusibwa kwabwe okw’obulamu kubaleka n’endowooza eteri ya bulijjo mu bo. Olw’okumanya kino, batwala omukisa ogwo okukozesa ekitundu kino ekya Baibuli ekikwata ku birabo bya mwoyo mutukuvu, ne bawunzika nti, kino kiteekwa okuba nga kye kindiko!.

Nga bwe tulwanagana n'obulimba bw'endowooza zaffe (Yer. 17:9), tulina okuyima ku jjinjja eggumu ery'ebyo Baibuli bye yigiriza. Tewali w'oyinza kulabira nti kino kyetaagisa, okujjako mu kuyiga engeri Omwoyo wa Katonda gy'akola. Ffena tutera okulowooza nti amaanyi ga Katonda gakolera mu bulamu bwaffe. Naye gatya era lwaki? Naye ddala, tulina ebirabo bya mwoyo ng'abasajja aboogerwaako mu Baibuli bwe baali? Bwe tuba nga mazima twagala okumanya Katonda n'okubeera nga tukolagana naye, kiba kitulaga bulazi bwe kyetaagisa amangu okutegeerera ddala ebintu bino obulungi.

**ENSONGA Z' EBIRABO MU KYAASA EKY'ASOOKA.**

Nga tujjukira ennono enkulu ze tumaze okusomako ku birabo eby'omwoyo gwa Katonda, kaakati ate lekka tudde eri ebyawandiikibwa mu Ndagaano Empya ebikwata ku birabo ebya mwoyo ebyaliwo mu kkanisa eyasookera ddala (kwe kugamba, ebibiina by'Abakkiriza ebyaaliwo mu mulembe ogwaddako oluvannyuma lw'ebiseera bya Yesu).

Ekiragiro kya Kristo ekyasembayo eri abatume kyali kya kugenda mu nsi yonna babuulire Enjiri (Makko 16:15,16). Kino baakikola, nga bakulembeza omulamwa ogw'okufa n'okuzuukira kwa Kristo mu bubabaka bwabwe. Naye jjukira nti wali tewaaliwo Ndagaano Empya nga bwe tugimanyi kaakati. Nga bwe baayimiriranga mu bifo by'obutale ne mu makungaaniro nga boogera ku musajja Yesu Omunazareeti, okwogera kwabwe kwawulikika oba oly'awo ng'okutali kwa bulijjo – omubazzi eyava mu Isiraeri, atuukiridde, eyafa era n'azuukirira ddala okutuukiriza obunnabbi bw'omu Ndagaano Enkadde, kaakano ye wuuyo eyali abasaba babatizibwe era n'okugoberera eky'okulabirako kye.

Mu nnaku ezo, abantu abalala bali bagezaako okuzimba enzikiriza ezitali ntuufu. Wali weteekwa okubawo engeri y'okukakasa ensi nti obubaka obwali bubuulirwa abakristaayo bwali buva eri Katonda yennyini, so si bintu ebyali bigunjiddwawo akabinja k'abasajja abavubi okuva mu mambuka ga Isiraeri.

Mu mulembe gwaffe tudukira eri Endagaano Empya ku byawandiikibwa ku mulimo gwa Kristo n'ebiyigirizibwa bye okusobola okukakasa nti obubaka bwaffe buva eri Katonda; naye mu nnaku ezo, yali tennawandiikibwa ng'era tennaberawo, Katonda yakirizanga ababuulizi Be abe njiri okukozesa Omwoyo Gwe Omutuukuvu okusobola okukakasa amazima g'ebyo ebyali byogerwako. Eno ye yali ensonga enambulukufu ey'okukozesa ebirabo mu maaso g'ensi; okutaberawo kwa Ndagaano Mpya mu buwandiike kyandiba nga nayo yali nsonga eyakalubiriza ebibiina ebipya eby'abakkiriza okukula mu

by'okukkiriza. Ebizibu ebingi ebyobuliwo ebyabalukanga mu bo tebyandimaliddwangawo; tewandibaddewo ngeri ey'okulagirirwa kwetagisa eri bo basobole okukula mu kukkiriza kwabwe mu Kristo. Kale olw'ensonga zino ebirabo ebya Mwoyo mutukuvu byassibwawo okulagirira abakkiriza abasooka nga bayita mu bubabaka obubalungamiziddwa, okutuusa Endagaano Empya ey'obubaka buno n'okusomesa kwa Yesu bwe byamala okuwandiikibwa n'okubunyisibwa mu bantu. Ng'era bulijjo, ensonga lwaki Omwoyo Mutukuvu yaweebwa nnyingi.

- "(Yesu), bwe yalinnya waggulu (mu Ggulu) … n'awa abantu ebirabo (eby'omwoyo) …okutuukiriza abatukuvu olw'omulimu gw'obuweereza (okubuulira), ogw'okuzimba omubiri gwa Kristo" (amakulu nti y'abakkiriza) Bef. 4:8, 12.
- Bw'atyo, Pawulo y'awandiikira abakkiriza e Roma nti: "mbalumirwa okubalaba ndyoke mbawe ku kirabo eky'omwoyo, mulyoke munywezebwe" (Bar. 1:11).

Ku bikwata ku kukozesa ebirabo mu kukakasa kw'obubuulizi bw'Enjiri, tusoma nti:

- "Kubanga enjiri yaffe teyajja gye muli mu kigambo bugambo, wabula era ne mu maanyi, ne mu Mwoyo Omutukuvu ne mu kutegeerera ddala okungi okuyita mu by'amagero ebyakolebwa (1 geraagaranya Bas. 1:5 ne 1 Kol 1: 5, 6).
- Pawulo yasobola okwogera ku bintu Kristo bye yakolera mu ye, mu Kigambo, mu bikolwa (eby'eby'amagero), mu bubonero obw'amaanyi n'ebyewuunyo, mu maanyi ag'Omwoyo gwa Katonda, bannaggwanga basobole okugonda (Ber. 15:18,19).
- Ebikwata ku babuulizi be njiri tusoma nti: "era Katonda ng'ategeereza wamu nabo mu bubonero ne mu by'amagero …ne mu birabo eby'Omwoyo Omutukuvu" (Beb. 2:4).
- Mu kiwendo ky'Enjiri e Kipuro, yawagirwa na byamagero, awo ow'Essaza bwe yalaba bwe kibadde, n'akkiriza, nga yeewuunya nnyo okuyigiriza..." (Bik. 13:12).

Bwe kityo, ebyamagero bya muleetera okussa ekitiibwa mu njigiriza eyali esomesebwa. Mu Ikonio era, "Mukama waffe, eyategeeza ekigambo eky'ekisa kye ng'abawa obubonero n'eby'amagero okukolebwanga…" (Bik. 14:3).

Bino byonna mu bufunze, byogeddwa ku ngeri Abatume gye baagonderamu ekiragiro ky'okubuulira. "ne bafuluma, ne babuulira wonna wonna, Mukama waffe ng'akoleranga wamu nabo era ng'anyweza ekigambo mu bubonero obwakiddiriranga." (Makko 16:20).

**EBYALI BYETAAGIBWA, MU KISEERA EKYETAAGISA**

Kale nno ebirabo bino eby'omwoyo byagabwanga olw'okusobozesa okukola ku byabanga byetaagibwa ate mu biseera ebituufu. Kino kiraga ensobi eri mu kugamba nti ekyamagero ky'okubeera n'ekirabo, mbeera ya nkalakkalira mu bulamu bw'omuntu ekiseera kyonna. Abatume bonna nga ne Peetero kwali, "bajjuzibwa ne Mwoyo Omutukuvu" ku mbaga ya Pentekoote, amangu ddala oluvannyuma lw'okulinnya kwa Yesu mu Ggulu (Bik. 2:4). N'olw'ekyo baali basobola okwogera mu nnimi ezitali zaabwe olw'okutongoza okubuulira Enjiri mu ngeri ey'omuggundu. Awo ab'obuyinza bwe baagezaako okubalemesa, "Peetero ng'ajjudde Omwoyo Omutukuvu" yasobola okubaanukula n'abamatiza (Bik. 4:8). Bwe baateebwa okuva mu kkomera ebirabo bye byabasobozesa okugenda mu maaso n'okubuulira – "Bonna ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era ne batandika okwogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu" (Bik. 4:31).

Omusomi omwegendereza ajja ku kizuula nti tekigamba nti "olw'okuba baali bamala dda okujjuzibwa mwoyo" kye baava bakola ebintu ebyo. Bajjuzibwa mwoyo okukola ebintu ebitali bimu, naye baalina okujjuzibwanga olwa buli kigendererwa ekyaddangako mu nteekateeka ya Katonda. Pawulo mu ngeri y'emu "yajjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu" ng'abatizibwa, naye oluvannyuma lw'emyaka yalina era okuddamu "okujjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu" kimusobozese okubonereza omusajja omubi ng'amuziba amaaso (Bik. 9:17, 13:9).

Ng'ayogera ku birabo eby'ebyamagero, Pawulo yawandiika nti abakkiriza abasooka baabirina "nga Kristo (buli omu) bwe yamugerera" (Bef. 4:7). Ekigambo kino "ekigera" mu Luyonaani kitegeeza "ekipimo kye bakupimiddeko oba eddaala lye bakugeredde". Yesu yekka ye yalina ebirabo ebitaliiko kipimo, amakulu nti, yalina eddembe okubikozesa nga bwe yayagalanga (Yok. 3:34).

Kati katulowooze ku birabo eby'Omwoyo, ebyo ebirabika okuba nti byogerwaako nnyo nga bye baalina mu Kyaasa ekyasooka.

**EBIRABO BY'OMWOYO MU KYAASA EKYASOOKA.**

**OBUNNABBI**

Ekigambo eky'Oluyonaani "Nnabbi" kitegeeza oyo ayasanguza Ekigambo kya Katonda – kwe kugamba, omuntu yenna aluŋŋamiziddwa okwogera ebigambo bya Katonda, ng'oluusi kyalingamu n'okwogera ebintu ebijja okubeerawo eyo mu maaso. (laba 2 Peet. 19 – 21). Kale nno "bannabbi" – abo abaalina ekirabo eky'obunnabbi – "baava mu

Yerusaleemi okugenda mu Antiyokiya.  Ne wabaawo omu, erinnya lye Agabo n'ayimirira nga Mwoyo Mutukuvu amwogeza nti: wajja kubaawo enjala mu nsi yonna: ekintu ekyatuukirira mu nnaku za Kayisaali Keludeero.  Kale abayigirizwa; buli omu nga bw'asobola, baasalawo, okuweereza obuyambi eri ab'oluganda" (Bik. 11:27 – 29). Obunnabbi nga  buno obw'ekika ekya waggulu bwe buti, era obwatuukirira nga wayisewo emyaka mitono nnyo, tosobola kubusanga mu bantu ab'ennaku zino abeeyogerako nti balina ekirabo eky'obunnabbi; mazima ddala ekkanisa eyasooka yali emanyidde ddala nti ekirabo kino baali bakirina mu bo, ekya bawaliriza n'okutandika okusonda ssente n'okuwaayo ebiseera byabwe okusobola okulwanyisa obuzibu buno obwali bugenda okubeerawo nga bumaze okulangibwa.  Eby'okulabirako bitono nnyo eby'ekintu nga kino by'oyinza okusanga mu kkanisa ezeeyita ez'omwoyo ensagi zino.  Mazima bwe kiba nga ddala ekirabo kino eky'obunnabbi weekiri, awo nno tuteekwa okuba nga tusobola okuwandiika ebigambo "ebirangiddwa" ne tubiwa ekitiibwa kye kimu nga bwe tukola eby'omu Baibuli.

**OKUWONYA**

Olw'okulaba nti abatume baabuuliranga amawulire amalungi (Enjiri) ag'okujja kw'obwakabaka bwa Katonda obutuukirivu ku nsi, kyali kisaana okuba nga bakakasa obubaka bwabwe nga bakola ebyamagero, ebyassaawo okuloza ku ngeri ekiseera ekyo nga bwe kiriba, "amaaso ga bamuzibe ne galaba n'amatu ga bakiggala ne gazibuka.  Awo awenyera nalyoka abuuka …" (Isa. 35:5, 6).  Ebisingawo ku mbeera y'Obwakabaka bwa Katonda, laba essomo 5. Obwakabaka bwa Katonda  bwe bulisimbibwa ku nsi, ebisuubizo nga bino tebiribeera bya bitundu wadde okutankana nti oba obwakabaka buli wano oba tebuliiwo? N'olw'ekyo, engeri ey'ebyamagero Katonda gye yakakasangamu amawulire g'obwakabaka obwo yali ya mazima nnyo nnyini ekitenkaanika; n'olw'ensonga eyo, bingi ku byamagero by'okuwonyezebwa ebyakolebwanga abakkiriza abaasooka byalinga mu lujjudde.

Eky'okulabirako ekimanyiddwa obulungi kisangibwa mu Peetero ng'awonya omulema eyasabirizanga oyo eyagalamizibwanga ku lujji lw'essinzizo buli nkya  Ebikolwa by'abatume 3:2 lugamba nti "gwe baateekanga buli jjo  – ekitegeeza nti baali baamumanyiira.  Nga Peetero amaze okumuwonya ng'akozesa ekirabo ekya mwoyo, "ya baguka, n'ayimirira", n'atambula, n'ayingira nabo mu Yeekaalu ng'atambula bw'abuuka; … Abantu bonna ne bamulaba ng'atambula era ng'atendereza Katonda: ne bamutegeera nga yeeyatuulanga ku mulyango omulungi ogwa Yeekaalu ng'asabiriza: ne beewunya nnyo n'okuwuniikirira, olw'ekyo ekyali kimubaddeko. Awo ng'omulema eyawonyezebwa

akyekutte Peetero… abantu bonna ne badduka nga ba beeyuna mu kisasi … mu kwewuunya okw'ekitalo. (Bik. 3:7 – 11).

Amangu ago ne muvaamu olukungaana, Peetero n'atandika okwogera ku kuzuukira kwa Kristo, nga talina kusoomoozebwa kwonna yadde okufutyankibwa olw'omusajja ono gwe yali awonyezza eyali awo ng'obujulizi, tusuubira nti abantu baatwala ebigambo bya Peetero okuba ebya Katonda. "Ku ssawa ey'okusaba" (Bik. 3:1), awo ku lujji lw'ekkuŋŋaaniro wateekwa okuba nga wajjula abantu ng'awaali ekinyumu. Kyali kifo nga kino Katonda kye yalonda okukakasizaamu obubuulizi bw'ekigambo kye ng'akozesa ekyamagero ekirabwako bwe kiti. Mu ngeri y'emu, mu Bik. 5:12 "obubonero n'ebyamagero bingi ne bikolebwanga n'emikono gy'abatume mu bantu Bulijjo ebyogerebwa "Abawonya" batira okwetoloorera ku bintu ebiba bibadde mu kkanisa ezeeyo mu buziizi so si ezo ku mwanjo era bayimbirira ekibiina ky'abakkiriza okusuubira "ekyamagero" mu kifo kyo kugenda okubikolera mu maaso g'ab'emitima emikakanyavu.

Kisaana kitegeerekeke bulungi nti omuwandiisi ayogeddeko n'abo abeyogerako nga bwe balina omwoyo okumala akabanga, era yeewuliriddeko emirundi mingi aboogera nga bwe balina omwoyo. Wabula, "obujulizi bwange" obw'okwerabirako okuwonyezebwa okutatuuse na ddala okuwonyezebwa okw'akaseera obuseera tebweetaaga kunnyonnyola, omukkiriza yenna omwesimbu mu kkanisa ezo ajja ku kkaanya nange ku nsonga eno. Emirundi mingi ŋŋambye mikwano gyange aba Pentekooti abakuukuutivu nti "Si gaana bugaanyi kukkiriza nti olina amaanyi ag'ekitalo. Naye Katonda alazenga bulungi oyo alina amaanyi ge n'oyo atagalina; n'olw'ekyo si kya butaliimu nze okukusaba okunjolesezaamu ku maanyi ago – olwo nange nsobole okwongera okukkiriza enjigiriza yo gye sisobola kati ku kwanaganya na byawandiikibwa". Tewali yali "ankoleddemu" okundaga omwoyo wadde amaanyi.

Naye nze mu ndowooza yange nga ngeraagrenyizamu nabo Abayudaaya Abathodox ab'ekyaasa eky'asooka, bo bali bakimanyi nti Ab'akristaayo bandiba nga tebalina birabo bya Katonda eby'ebyamageero n'okuwonya; so ng'ate bamala nga ne bakkiriza nti "omuntu ono akola ebyamagero bingi" (Yok. 11:47) n'ate era nti: "Tunaakola tutya abantu bano? Kubanga bakoze akabonero akayatiikiride, ekigambo ekyo kimanyiddwa abantu bonna abatuula mu Yerusaalemi, so tetuyinza kukigaana" (Bik. 4:16). N'ate era mu ngeri y'emu abo abawulira ng'abatume boogera mu nnimi "basaamaalira" (Bik. 2:6). N'ekibiina ekyalaba ebyamageero bya Kristo kyayogera nti: "Kino tetukirabangako (Makko 2:12), nga gyobeera nti baali balaba dda ebyamagero ebitaliiyo bingi ng'eby'o ebigambibwa ennaku

zino, naye ebya Mukama Yesu byali bya njawulo nnyo. Okusaamaalira ng'okw'abali abalaba ebyamagero bya Yesu tekusangika eri abo aba leero aboogera mu nnimi. Oba nga ekyamagero kimu bwe kiti kyamanyibwanga mu Yerusaalemi wonna, olowooza si kyangu okugamba nti ekyamagero ekituufu singa kikolebwa gamba nga mu London, oba e Nairobi oba mu Moscow kyandimanyiddwa mu nsi yonna oba nga mazima ddala ebirabo bino webiri? Mu kifo kya kino Abakristaayo abamativu mu kino basuubira ensi okutwala eby'okulabirako bino wammanga ng'ensonga zaabwe mu kukkiririza mu kino.

- Obulwadde bw'alusa okugenda nga buwona; kwe bagamba nti kwatandika oluvannyuma lw'olukungaana olw'okasaba.
- Embirizi enjongobavu okutereera
- Okutereeramuko mu kulaba oba okuwulira, newakubadde nga omuntu amala naddayo mu mbeera ye eya bulijjo.
- Okujjawo okweraliikirira.

Ku by'okulabirako bino kw'ogatta n'ekya mmotoka z'eddwaaliro ezaggya abalwadde mu Ddwaaliro ne zibatwaala ku lukungaana lw'okuwonyezebwa olwa T.O. Osborn e Nairobi mu Kenya, Abagoba baazo, nga batabuddwa ku ky'okubalekawo oba okubazzaayo, baababaleka – naye ng'era, abalwadde tebaawonyezebwa.
So ng'okusomozebwa kuva ku birango eby'enkungaana ng'ezo zi "Jjangu ng'osuubira ekyamagero" bisaasaanyizibwa nnyo ku bipande. Ku lukungaana bazannyira ku bwongo nga boogera kuno nakuli. Mu Ndagaano Empya tewali n'akatono walaga nti kyetaagisanga okuweweeza abantu ng'ekyamagero tekinnabaawo. Kya nkukunala nti abamu ku baawonyezebwanga mu Kyaasa ekyasooka tebaalina kukkiriza - omuntu nga tamanyi na Yesu y'ani (Yok.5:13;9:36;Luk.13:10-17; 22:50;Mat.8:14;Mak.1:32;5:1-20).

Engeri endala efaananako bw'etyo ey'okumatiza, kwe kusaba ffuuwuuke, ebidongo n'ennyimba ebisonsomola. Tewali kubuusabuusa ng'okumanya n'okujjukira Katonda – n'ekintu ekirala kyonna – kusaanyizibwaawo n'ebintu bino. Omuwandiisi ajjukira okwetaba mu nkungaana nga zino mu bifo ebitali bimu, era nga buli mulundi omutwe gwa mubobbanga ng'afunvubira okujjukira Baibuli okwewala ekikemo ky'okubuzaabuzibwa okuvuga kw'ebidongo n'okukuba mu ngalo. Olw'okuba kirabika nti bino bye biteekwa okusookawo ng'ekyamagero tekinnabaawo, kimala okukakasa nti "okuwonyezebwa" kuva mu mpulira oba endowooza omuntu gyawulira muli, so si kuba nti Mwoyo wa Katonda yaamukolako obutereevu. Enjawulo eri nti, Peetero yasobola okukozesa ekirabo eky'ebyamagero ekituufu okuwonya abantu nga bagalamidde ku nguudo (Bik. 5:15),

Pawulo engeri gye yakozesaamu ebirabo by'ekyamagero ky'okuwonya n'omu ku bafuzi atakkiriza yagiraba (Bik 13:12, 13). Era n'abakaafiiri abalala bangi abaabeeranga mu kibuga kye Lusitula (Bik. 14:8-13). Ebintu bino byakolerwanga mu lujjudde, eno nga y'engeri entuufu ey'ekikula ky'ebirabo by'omwoyo n'ekigendererwa kyabyo. Byali tebyegaanika na nsonga ndala yonna wabula buli omu okukkiriza nti amaanyi ga Katonda gaagano goolesebwa abaweereza be mu lwaatu.

Y'engeri yemu ebyava mu ku kimu ku byamagero bya Kristo eby'okuwonya; "Bonna nebeewuunya (abaakiraba), ne bagulumiza Katonda, nga bagamba nti: "Kino tetukirabangako" (Makko 2:12).

**ENNIMI**

Abatume, nga n'abamu ddala baali bavubi, balagirwa okugenda mu nsi yonna okubuulira Enjiri (Mak. 16:15, 16). Osanga ekyasooka okubaggyira kyali nti "Naye nga tetumanyi nnimi!" Bo tekwali na kugamba nti "ne mu ssomero te twakola nnimi", kubanga tebaasoma. Era bwe gwatuuka awo bonna baali balabika butasoma era abaabulijjo (Bik 4:13). Wadde eri ababuulizi abayivu "nga Paul", ekizibu ky'olulimi kyali kikyakaluubiriza. Abo abaakyusibwa, ng'Endagaano Empya tennaba kuwandiikibwa, enkolagana yabwe naddala ey'okuzimbibwa mu kukkiriza, yalimu ekizibu kinene eky'obutamanya buli omu lulimi lwa munne.

Kino okukivvuunuka, ekirabo eky'okwogera mu nnimi engeenyi n'okusobola okuzitegeera, kyagabwa. Kyeraga bulungi nti waliwo enjawukana mu ndaba y'ennimi zino n'ez'abalokole abannyonyola ezaabwe ez'amaloboozi agatategeerekeke nti ze "nnimi". Akavuyo kano kayinza okujjibwaawo nga tulaga ennyinnyonnyola ya Baibuli ey'ekigambo "Nnimi" nti "nnimi z'amawanga ezitali zimu".

Ku mbaga y'Abayudaaya eya Pentekoote, amangu ddala nga Kristo yaakalinnya mu ggulu, abatume bonna bajjuzibwa Omwoyo Omutuukuvu, ne batandika okwogera mu nnimi endala….. ebibiina ne bikuŋŋaana ne bisamaalira (Nate ebirabo byolesebwa mu lwatu!) kubanga buli omu yawulira nga boogera mu lulimi lwe. Ne bawuniikira bonna ne beewuunya nga, bagambagana nti: bano bonna aboogera si Bagaliraaya? Kale lwaki ffe ffenna tubawulira nga boogera mu nnimi z'ewaffe gye twazaalibwa? Abapaazi n'abameedi…… ffena tuwulira nga boogera mu nnimi zaffe…. Bonna ne basamaalirira" (Bik 2:4-12). Tekisoboka kuba ng'essira ery'emirundi ebiri erissibwa ku kusamaalirira n'okwewuunya kw'abantu kyalyetaagisizza singa baali bawulidde maloboozo gataliimu

nga agaabo abeeyogerako nti balina ebirabo ennaku zino; ekyo ne kiwa abantu obutafaayo, mu kifo ky'okwewuunya n'okunywererera ddala ku bigambo bya Katonda ebyogerwa nga bwe gwali mu Bikolwa by'Abatume essuula 2.

Mu Bakkolinso Ekisooka essuula 14 mulimu olukalala lw'ebiragiro ebikwata ku nkozesa y'ekirabo ky'ennimi; olunyiriri olwa 21 lujuliza Isaaya 28:11 ku engeri ekirabo kino gye kirikozesebwamu ng'obujulizi ku Bayudaaya: "Mu Mateeka kyawandiikibwa nti; nga nkozesa abantu ab'ennimi endala n'emimwa emilala ndyogera eri abantu bano…" Isaaya 28:11 okusookera ddala lukwata ku balumbaganyi ba Isiraeri okwogera eri Abayudaaya mu nnimi endala ze baali batategeera. Enfanagana wakati w'ennimi "tongues" ne "lips" — emimwa, kiraga nti ennimi "tongues" zaali nnimi ez'amawanga amalala (foreign languages). Waliwo n'ebirala bingi nnyo mu Bakkolinso Ekisooka essuula 14 ebiraga nga ennimi (tongues), kikwata ku nnimi z'abagwira. Essula eno, ssuula ya kubikkulirwa kwa Pawulo okw'okunenya abaali bakozesa obubi ebirabo mu kkanisa eyasooka. Mu ngeri eyo, evumbula ebintu bingi ku kikula ky'ebirabo bye nnimi n'obunnabbi. Kati ka tukyogereko katono mu bufunze nga tweyambisa Olunnyiriri lwa 37.

> "Omuntu yenna bweyeerowoozanga okuba nnabbi oba wa mwoyo, ategeerenga bye mbawandiikira, nga kye kiragiro kya Mukama waffe".

Ennyiriri 11 – 17:-

> "Kale bwe ssimanya makulu ga ddoboozi, ndibeera ng'ajoboja eri oyo ayogera, n'oyo ayogera alibeera ng'omugwira eri nze.
>
> Bwe mutyo nammwe, kubanga mwegomba eby'omwoyo, mwagalenga okweyongera olw'okuzimba ekkanisa.
>
> Kale ayogera olulimi olutamanyiddwa, asabe asobole okuluvvunula.
>
> Kubanga bwe nsaba mu lulimi (olutamanyiddwa) omwoyo gwange gusaba naye amagezi gange tegabala bibala .

Kale kiki? Nnaasabyanga omwoyo, era nnaasabyanga n'amagezi, nnaayimbyanga omwoyo, era nnaayimbyanga n'amagezi.

> Kubanga bw'osaba omukisa mu mwoyo, abeera mu kifo ekyo atamanyi anaddangamu atya nti Amiina olw'okwebaza kwo, nga tategedde ky'oyogedde?

Weewaawo oyinza okuba nga weebazizza bulungi nnyo Katonda, naye omulala taganyulwa".

Okwogera mu lulimi olutategeerekeka eri abo abazze mu kukungaana tekigasa. Enjogera y'abo abagamba nti boogera mu nnimi wano tegyaawo n'akatono – kubanga oyo awuliriza addamu atya nti "Amina" ku ssaala ekoleddwa mu bigambo ebitategeerekeka? Jjukira nti "AMIINA" kitegeeza kukkaanya nti "kibeere bwe bityo", kwe ggamba nti, "nzikiriziganyiza ddala n'ebyogeddwa mu ssaala eyo". Pawulo agamba nti okwogera mu lulimi ab'oluganda lwe batamanyi tekibazimba.

Nzijukira lwe nnagaba obupapula ku lukuŋŋaana lwa Billy Graham, nga nkubiriza abantu okudda ku nnono z'obukristaayo nga bwe buli mu Baibuli. Omukyala eyali akyamuukirirdde ya mpooyawooya mu ddakiika nga kkumi, eno nga bw'asabuliza mu "nnimi" nti "enjigiriza y'Aboluganda mu Yesu (The Christadelphians) ya Setaani". Tewali ngeri gye nnali nsobola "kuzimbibwa" na nnimi ezo; mazima ddala, kino kye nnyini Pawulo ky'atulagira obutakola.

Olunnyiriri 18:-
"Nneebaza Katonda, mbasinga mbasinga mwenna okwogera ennimi".
Olw'okuba nti Pawulo yatambulatambulanga nnyo mu kubuulira enjiri ya Kristo, kyali kimwetagisa ekirabo kino eky'okwogera mu nnimi okusinga bonna.

Olunnyiriri 19:-
"Naye mu kkanisa, njagala okwogeranga ebigambo bitaano n'amagezi gange, ndyoke njigirizenga n'abalala okusinga ebigambo akakumi, mu lulimi obulimi".
Kino kirambulukufu bulungi. Okwogera akatono ennyo mu lulimi lwe ntegeera ku Kristo, kingasa bulungi nnyo okusinga okubuulira mu ssawa eziwera mu lulimi lwe sitegeera.

Olunnyiriri 22:-
Ennimi kyeziva zibeera akabonero, si eri abo abakkiriza, wabula eri abatakkiriza: naye okubuulira tekabeera kabonero eri abatakkiriza, wabula eri abakkiriza".

Nolwekyo, ennimi okusingira ddala zaakozesebwanga mu kubuulira okw'ebweru. So ng'ennaku zino, ba "nnannimi" bazoogerera mu bakkiriza bannaabwe oba bwa nnamunigina ng'oli ali eyo yekka. Abantu ng'abo okubaguka n'abuulira; okugeza, omuwarabu mu luwarabu ng'oluwarabu talumanyangako, eky'amagero ng'ekyo kikyalemye. Tewaliwo ky'akulabirako eky'abantu bano kiraga nti basobola okwogera mu nnimi ez'abagwira okubasobozesa okubunya enjiri. Omukisa gwalabikawo mu kitundu ekisooka eky'omwaka 1990 ogw'okubuulira Kristo eri abantu ab'omu buva njuba bw'e Bulaaya, naye ekyewunyisa ennyo kiri nti Abalokoole b'omwoyo bagabira abantu obupapula obuli mu luzungu lwa kuba  nti waliwo enjawukana mu nnimi. Mu butuufu olowooza ekirabo ky'ennimi kyandibadde tekikozesebwa singa bali bakirina? N'omubuulizi we njiri nnakinku Keinhardt Seriber wadde agamba nti aliko Omwoyo ogwewunyiisa naye era bwe yakyalako mu Kampala e Uganda, yalina okwogera eri ebibiina by'abantu ng'ayita mu muvvunuzi.

Olunnyiriri 23:-

> "Kale ekkanisa yonna bw'eba ng'ekuŋŋaanidde wamu, bonna ne boogera ennimi, newayingira abatamanyi oba abatakkiriza, tebaligamba nti mulaluse?"

Kino kye nnyini kye kiriwo. Mu bumanyirivu bwange, Abasiraamu n'abakaafiiri bonna wamu baŋodde enneeyisa y'abeeyita abalina ekirabo ky'ennimi wonna mu mambuka ga Afrika e bugwa njuba. N'omukristaayo omukkakkamu bw'abalaba ayinza okukemebwa okulowooza nti banne bagudde eddalu!

Olunnyiriri 27:-

""Omuntu bw'ayogeranga olulimi, boogerenga babiri oba nga bangi, basatu,era mu mpalo, era omu ategeezenga"

Abantu babiri oba basatu bokka be beetagibwanga okwogera mu nnimi mu lukungaana lwonna.

Tekisoboka kuba nti waaliwo ku nnimi ez'enjawulo ezisukkka essatu ezivvuunulirwa mu lukuŋŋaana lwonna. Wandibaddewo akavuyo ka maanyi, gamba singa ebigambo bya kuvvuunulwa emirundi egyisukka kw'ebiri. Singa ekirabo ky'ennimi kiba n'abo abali mu lukungaana gamba nga mu London, nga mulimu abazungu, abafalansa n'abasaamia, osanga aboogezi banditandise bwe bati:-

Omusumba nti: "Good evening?"

Ow'ennimi asooka nti "Bon soi - (Lufalansa).
Ow'okubiri nti "Bwaheera?" - (Lusamia).

Naye nga bakikola mu "mpalo", omu ye y'asookanga n'omulala n'addako. Akavuyo kaayinzanga okubaawo nga bonna boogeredde kumu. So nno, olw'akakyamuukiriro k'enjogera y'ennimi za leero, bonna boogerera kumu. Nneetegerezza nti omu olutandika, nga n'abalala. Kirabika nga n'ekkanisa ey'abakkolinso mwalimu abaali bakolera ddala ng'abapentekoote ennaku zino, nga nabo beekyamuukiriza, y'ensonga lwaki Pawulo akivumirira nnyo.

Ekirabo ky'ennimi kiteekwa okuba nga kyakozesebwanga wamu n'eky'obunnabbi, olwo nno, obubaka obuluŋŋaamiziddwa okuva eri Katonda ne busobola okwasanguzibwa (mu kirabo ky'obunnabi), mu lulimi olutali lwa mulanzi oyo wabula ng'ayita mu (kirabo ky'ennimi). Eky'okulabirako eky'enkozesa y'ebirabo ebibiri eno, kisangibwa mu Bikolwa by'abatume 19:6. Ka tugeze, singa mu lukungaana mu Arua mulimu Abagenyi Abasoga n'ab'Abacooli bangi nnyo, omwogezi naayogera mu Lucooli, Abasoga ababa bakyadde mu lukungaana luno "tebaganyulwa". N'olw'ekyo ekirabo eky'okuvvuunula ennimi kiba kiteekwa okubaawo, buli omu asobole okutegeera - era singa ekibuuzo kireetebwa omu ku boogera olusoga, omwogezi tayinza ku kitegeera okujjako nga naye bamuvvuunulidde wadde nga alina ekirabo eky'okwogera Olucooli nga ye kennyini talumanyi! Kale ekirabo eky'okuvvuunula kiba kirina okubeerawo okweyambisibwa.

Bwe waabanga tewali alina kirabo kya kuvvuunula ng'ate kyetaagisa, ekirabo ekyo tekyakozesebwanga. "….omu avvuunulenga, naye oba nga tewali avvunula, asirikenga mu kkanisa" (1 Kol. 14:27, 28). Eky'okuba nti abo kaakano abagamba nti boogera mu nnimi endala, bye boogera tebitegeerekeka muntu yenna, ate nga tewali muvvuunuzi, kiragira ddala nti bamenya ebiragiro bino.

Ennyiriri 32, 33:-

> "N'emyoyo gya bannabbi, gifugibwa bannabbi kubanga Katonda si wa kuyoogaana, naye wa mirembe; nga mu kkanisa zonna ez'abatuuvu."

Okubeerako ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu, tekizza muntu mu mbera eteri ya buntu bulamu, kubanga mwoyo y'afuga oyo ab'amukozesa so si maanyiyanyi okubafuula ekitagasa. Bulijjo, kyogerwa mu bukyamu nti ba dayimooni oba emyoyo emibi bibeera ku "batali balokole", Omwoyo Omutukuvu n'ajjula abakkiriza. (laba essomo 6.3) Naye

amaanyi ga mwoyo agoogerwako mu 1 Kol. 14 : 32 gaali gafugibwa oyo eyalinga nago olw'okukola ekyo ekyali kyetaagibwa. Si maanyi agatuleetera okukola obulungi nga bw'olaba amaanyi amabi bwe gatuleetera okukola obubi (*kiri ng'omuntu bw'akozesa ekisumuluzo, so si kisumuluzo kukozesa muntu).* Anti twakiraze nti amaanyi gano ag'Omwoyo Omutuukuvu gakkanga ku batume mu biseera ebitali bimu okukola ekyo kyennyini ekyetaagisa mu kaseera ako, so tebabeeranga nago obudde bwonna.

Omulanga eri abo abalina ebirabo by'omwoyo, okubikozesa mu ngeri Katonda gy'ayagalamu emirembe ne gy'akyawamu akavuyo(1 Kol. 14:33), ekkanisa z'Abannanimi ba leero kirabika guziyita ku mitwe.

Olunnyiriri 34:-

> "Abakazi basirikenga mu kkanisa: kubanga tebalagirwa kwogera; naye bafugibwenga, era nga n'amateeka bwe googera".

Mu kukozesa ebirabo by'omwoyo, kirambikiddwa bulungi mu ngeri eteegaanika nti, abakazi tebateekwa kubikozesa nga bakungaanye mu kkanisa. Kino kisuubirwa okubuusibwa amaaso, singa enkola ey'ennimi ezitategeerekeka eya leero, ebeerawo mu ka kyamuukiriro akakwata ekibiina ng'oluyiira. Abakyala, abaana – wamma ggwe, na buli omu akiwulira – bonna kibazingira wamu okukakkana nga bakoze amaloboozi amanyuvu gebayita "ennimi"

Eky'abakazi okwatiikirira mu kye batwala "ng'ennimi n'obunnabbi" mu kkanisa ez'omulembe guno tekisoboka busobosi kukikwanaganya na kiragiro ekiri mu lunyiriri olwo waggulu. Eky'ennaku ate nga kisesa, nti Pawulo yalina obukyayi ku bakazi, kisaabululwa n'olunnyiri luno nti: "Omuntu yenna bwe yeerowoozanga okuba nnabbi oba wa mwoyo, ategeerenga bye mbawandiikira, nga kye kiragiro kya Mukama waffe"(1 Kol. 14:37) — si kiragiro kya Pawulo.

Omukkiriza yenna owa Baibuli ennungamye, alina okukkirirza nti ebiragiro bino eby'omu 1 Kol. 14 biteekwa okunywezebwa, okubiragajjalira kiba kiraga obutakkiririza mu kulungamizibwa kwa byawandiikibwa kujjuvu – oba okwerangirira nti mu by'omwoyo tewafuna, anti atalina birabo y'awakana nti ebiragiro ebiri mu 1 Kol 14, si biragiro bya Mukama waffe gye tuli. Okuyoogaana kuno kweyogerera kwokka, ate nga ddala kwonoona. Nga bw'okiraba, oyinza otya okusigala ng'oli wa kkanisa ng'eyo? Yadde okwagala okukungaana nabo?

Okutangaaza mu katundu kano, kikulu nnyo okumanya nti ebibinja ebyo ebigamba nti byogera ennimi, mu bwakakensa, kimaze okuzuulibwa nti abantu abo baba n'ennyiike mu bulamu bwabwe bwobagaraagaranya n'abo abataafuna mitawaana. Kakensa mu by'obwongo obutabuse Keith Meador, mu Vanderbilt e Ttendekero ekkulu mu America, yatwala omutawaana okwekenneenya engeri ennaku y'omuntu ku mutima n'eddiini ye gye bikwatagana. Yakizuula nti "Omuwendo gw'abo abaalina ennyiike … mu bapentekooti guli ebitundu nga bitaano n'ekitundu ku buli kikumi (5.4%) bw'obageraagaranya n'obutundu nga bubiri ku buli kikumi (1.7%) obw'abo abaataafuna mitawaana mu bulamu bwabwe. Ebyava mu kunoonyereza okwo byakubibwa mu katabo akayitibwa 'Hospital and Community Psychiatry' aka December 1992.

Eggulire erisanyusa erifundiikirira mu ngeri yennyini eyo, lyalabikira mu katabo akayitibwa International Herald Tribune, nga 11 Feb, 1993; omutwe gwe ggulire lino gwali gweyogerera, gugamba nti "Enkalala z'abapentekooti abasinga mu buwejjere". Kino kijja kitya? Eky'amazima kiri nti kiteekwa okuba nga kyekuusa ku kuba nti "embeera" y'okuba-n'ebirabo, Abapentekooti (n'abalala) gye beeyogerako si kirala wabula kwerimba kwa nnaku ya ntegeera yabwe.

## 2.4 OKUGGYIBWAWO KW'EBIRABO

Ebirabo by'ebyamagero eby'omwoyo gwa Katonda, biriddamu okukozesebwa abakkiriza, olw'okukyuusa ensi eno okugifuula Obwakabaka bwa Katonda, nga Kristo amaze okudda. N'olw'ekyo, ebirabo biyitibwa "amaanyi g'ensi empya" (omulembe ogugenda okujja) (Beb. 6:4, 5) ate ye Yoweeli 2:26-29 ayogera ku birabo eby'omwoyo eby'omuyiika ebirigabwa nga Isiraeri emaze okwenenya. Eky'okuba nti ebirabo bino biriweebwa abakkiriza nga Kristo akomyeewo, kimala okukasa nti ebirabo bino kati tebiriiwo—nga bwe kiri eri omukristaayo eyeetegereza ebyawandiikibwa, n'ebijja bigwaawo mu nsi nti mazima ddala okudda kwa Mukama waffe kuteekwa okuba nga kunaatera.

Okusinziira ku nkozesa y'ebirabo by'omwoyo nga, bw'eri mu Baibuli, kyeraga lwaatu nti byagabwanga mu biseera bitongole olw'ensonga entongole era Katonda yabijjangawo ng'ekigendererwa kye kimaze okutuukirira.

> "Naye oba bunnabbi, bulivaawo; oba ennimi, zirikoma; oba (ekirabo eky'-) okutegeera, kulivaawo. Kubanga tutegeerako kitundu, era tulagulako

> kitundu¸ naye ebituukiridde bwe birijja, eby'ekitundu birivaawo. amagezi, galiggwaawo" (1 Kol. 13:8–10).

Ebirabo bino bya "luwunguko" si bya nkalakkalira.

Abaefeso 4:8 – 14, kituyamba okweyongera okunnyonnyoka ensonga eno.

> (Yesu) "Bwe yalinnya waggulu, (mu Ggulu) ...n'awa abantu ebirabo (eby'omwoyo) olw'okutuukiriza abatukuvu …okutuusa ffenna lwe tulituuka mu bumu obw'okukkiriza (kwe kugamba nti nga fenna tukkiriza mu ngeri y'emu), n'obw'okutegeera Omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba omuntu omukulu …tulemenga okubeera nate abaana abato, nga tuyuugana nga tutwalibwanga buli mpewo ey'okuyigiriza".

Ebirabo eby'ekyaasa ekyasooka byali byakugabibwa okutuusa ng'omuntu atuuse ku kigera eky'obukulu mu kukkiriza. Weetegereze Bef. 4:14 bwe lufaanaganya okubeera mu buweereza bw'ebirabo by'eby'amagero, n'obuto mu mwoyo; ate ne mu bulanzi, engeri ebirabo by'eby'amagero, gye byali eby'okugyibwaawo. 1 Kol. 13:11 lwogera ku kintu ky'ekimu. Kale okusagambiza okutaliimu okw'okubeera n'ebirabo eby'omwoyo, kabonero ka kuba muto mu mwoyo. Olw'okugenda mu maaso, omusomi w'ebigambo bino kyalina okukola, kwe kweyongera okumatirira ddala Ebyawandiikibwa by'Ekigambo kya Katonda, asobole okusanyukira mu nnono y'okubikkulirwa kwa Katonda, kwe yatwebikkulira ng'ayita mu byo n'okubigondera mu bwetowaaze. 2Tim.3:16,17 kisomesa nti Okugondera "eby'awandiikibwa byonna"kisobozesa omuntu wa Katonda okuba "ng'alina ddala byonna", ng'akuze mu byonna. Kale eby'awandiikibwa byonna bwe byaggwa okulungaamizibwa, ebirabo byali tebikyetaagibwa; byali bimaze okutuukkiriza ekigendererwa kyaabyo eky'okutuusa ekkanisa eyasooka awo okubikkulirwa kwa Katonda okuwandiikiddwa nga kuwedde. Ebirabo byali bya kuyambako ekkanisa "elemenga okubulwa kyonna". Kale kino kyatukibwako Babuli bwe yaggwa okuwandiikibwa.

Okwekeennenya obulungi 1Kol.13 kuleeta ekifaananyi nti mu kiseera ebirabo mwe byajjirwaawo kyali ekyo kyennyini ssaddaaka za Musa wezaakomenkezebwa okuweebwaayo. Waliiwo ebbanga egeere wakati w'okufa kwa Mukama Yesu n'okusaanyizibwaawo okwa yeekaalu mu AD70 (kwe ku gamba Yesu ng'amaze okufa). Mu kiseera kino, eby'okukkiriziganyizibwako byakolebwa eri abakkiriza Abayudaaya; bakirizibwa okugondera ebiragiro bya Musa ku mulundi ogwasookera ddala, newakubadde mwoyo ng'ayita mu Pawulo yali yakirambulula bulungi nti amateeka gaali

tegasobola kutwala eri obulokozi nga ne mukugaageraageranya ne Kristo gaali “ebigambo eby'olubereberye ebitalina maanyi ebianafu”. Abakkiriza abasooka bakuleemberwa ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu eby'ekyewunyo eby'abalimu okuyita mu kiseera kino nga boogeranga, okutegeezaanga, okusobozesa enjiri okubuulirwa mu bifo ebipya nga bayita mu nnimi z'omwoyo n'okuteekateeka ekkanisa n'ebirala. Naye ekkanisa ng'amaze okukula, ekigambo mu buwandiike kyadda mu kifo eky'ebirabo. Ekitundu kye Ndagaano Empya ekisinga obunene kyali kyaggwa dda mu AD70 (kwe kugamba nga Yesu amaze okufa), era ebirabo by'omwoyo byagibwaawo kumpi mu kiseera kino. Pawulo akozesa ekigambo ky'ekimu eky'Oluyonaani emirundi mingi mu 1Kol.13, wadde kirabika ng'ekifuliibwafuliibwamu mu nkyuusa. Ebigambo bino byetusaziizaako bikyuusibwa mu kigambo kimu eky'Oluyonaani: “Obunnabbi *bulivaawo*. . . (ekirabo ky'e) nnimi *zirikoma*. . . eby'ekitundu *birivaawo*. . . bwe nnakula *n'endeka* eby'obuto” (obunyiriri 6,10,11). Pawulo ategeeza engeri ebirabo by'omwoyo gyebirijjibwaawo kasita Kkanisa etuuka ku kigera eky'okukula; naye agamba nti ye yali amaze okukula “ng'alese” eby'obuto- kwe kugamba yali takyakozesa birabo. Ng'era Pawulo bwe eri enkola ye, yewaayo ng'ekyokulabirako eri ekkanisa okumugobereranga. Kale nno ebirabo “birivaawo” mu kkanisa yonna mu maaso eyo ng'ekkanisa emaze okukula, naye ku ye byali “bimaze okuvaawo” kubanga yali amaze okukula. Mu njogera y'emu n'eyomu Efeeso essula 4, takyaali mwaana ayuugana ng'atwalibwa buli mpeewo ey'okuyigiriza nga yetaaga ebirabo by'omwoyo okumuyambako. Kyamunakuwaza nti abakiriza baakyali baana (1Kol.3:1; Beb.5:13)- ng'ate akozesa ekigambo kimu ekyo mu Luyonaani, agamba nti takyaali mwaana, naye yakula. Mu Bag.4:3, Pawulo ayogera ku ngeri gy'eyasooka okuba omwaana mu makulu ag'okufugibwa amateeka ga Musa. Naye kati, bino yali yabireka emabega we. Mukulu, naye ate wano mu 1Kol.13:10 yeyogerako nti yakula olw'ebirabo by'mwoyo okuvaawo.

Ekigambo ky'ekimu eky'Oluyonaani ekyakyusibwa nga: “bulivaawo...zirikoma...birivaawo” kyakozesebwa ku bikwata ku kuvaawo kw'amateeka ga Musa mu bitundu ebirala:

- “Naye kaakano twasumululwa mu mateeka”(Bar.7:6). Tuli ng'omukazi asumuluddwa ku bba, kwe kugamba amateeka ga Musa (Bar.7:2).
- Ekitiibwa ky'amateeka ky'ali kyakuggwaawo(2Kol.3:7).
- Amateeka gaali mu kuggyibwaawo mu kiseera Pawulo we yali awandiikira (2Kol.3:11 mu y'Oluyonaani). Amateeka gaaggibwaawo, gaavaawo mu Kristo (2Kol.3:13,14).
- Kristo yaggyawo tawuleti e'yebiragiro ebiri mu mateeka (Baf.2:15).
- Mu ngeri y'emu, obunnabbi nti “ennimi zirikoma”(1Kol.13:8) bukozesa ekigambo ky'ekimu ng'ekyo mu Beb.10:2, obukwata ku kuweebwayo kwa ssaddaaka.

Embeera ey'ekkanisa eyogerwako “ng'omuntu omukulu” eyaleetera ebirabo by'omwoyo okuggyibwaawo (1Kol.13:10; Baf.4:13) ekwatagana n'eya Mukama Yesu nga bw'ali “Weema esinga obukulu n'okutuukirira” bwogyigeraageranya n'eya Musa (Beb.9:11). Ekifundikira kiri nti kyandiba ng'okukomenkerezebwa kw'ebirabo eby'Omwoyo kwali kukwatagana n'okukomenkerezebwa kw'enkola ya Musa mu AD70. Ekkanisa eyasooka ky'eyali essuubirwamu kwe kutuka ku kukula oba okutuukirira mu mulembe gwaabwe.

- Mu nnaku ennyingi Beb.5:12-14 kyogera ku bakkiriza abasooka nti baali tebannaba 'kukula', amakulu nti balibadde bakula dda, awo nno basobole okuganyulwa mu “mmere enkalubo” ey'omuwandiisi gy'eyali abagaliza okulya.
- Abamu mu Firipi, omuli ne Pawulo baali baatuuka ku mbeera 'ey'obukulu' eno: “Kaffe ffe fenna abaatuukirira . . . “ (Baf.3:15). Mu ngeri eyo “amagazi tugoogera mu abo abatuukirira” (1Kol.2:6)
- “Naye mu magezi mubeerenga bakulu” (1Kol.14:20), bwatyo Pawulo bw'akubiriza ekkanisa. Era afuba nnyo okubasabira basobole okutuukirira oba okukula (Bak.1:28; 4:12).

Mu kuwumbawumbako, ebirabo by'Omwoyo byagabibwanga okutuusa ekkanisa ng'emaze okutuukirira oba okukula. Kino tekisobola kuba nti kitegeeza ku madda ga Kristo ag'okubiri kubanga ekigambo kino kyiddinganamu mu nkozesa yaakyo ku bakkiriza ab'ekyassa eky'asooka nga baali baggwanidde “okukula”. Ebirabo “okuvaawo” kirina akakwaate ku “kuvaawo” okw'enkola y'Abayudaaya n'enkola ya Musa mu AD70. Naye nga kino ate kyali kiyingira mu mulembe ogw'okubiri nga Kristo avvuddewo; ng'era kirabika okuba nti ebirabo by'ekyewunyo okusingira ddala byafunibwanga na kussibwako mikono okw'Abatume. Omulembe gw'abatume nga guweddewo, n'abo abakulu nga Pawulo bakomye okukozesa ebirabo nnyo, okubeera nabyo nakwo kwandiba nga kwakendeezebwa. Ebirabo by'mwoyo byali byakuggyibwaawo, okusinzira ku 1Kol.13:10. Naye ate Yoweeri 2 agamba nti birifukibwa mu kiseera nga Kristo akomyeewo. N'olw'ekyo kiba kitegeeza nti byali tebiriiwo mu kkkanisa okumala embanga.

**EBYOGERWA KU KUBA N’EBIRABO LEERO.**

Ensonga endala eziwera zirina okuletebwa ku ebyo ebyogerwa abo abalowooza nti balina ebirabo eby’eby’amageero kaakano. Ekyo kyonna omuntu yenna kyasobola okuggya mu byogeddwako waggulu awo ku by'okuggyibwaawo kw'ebirbo, amazima gali nti abeeyogerako kaakano nti balina ebirabo by'Omwoyo kya nnaku nti babeera bakontana

n'ekikula ky'ebirabo biri mu Ndagaano Empya. Ekyo kyonna ekikolebwa olw'aleero kyawukana n'ekyo eky'aliwo mu kkanisa eyasooka.

“Okwogera mu nnimi” okwa leero, balinga abaddingana ennyingo z’ebigambo, gamba nga “Lala, lala, lala, shama, shama. Yesu, Yesu . . .” Eno si njogera ng’ennimi bwe ziba; omuntu bw’awulira aboogera mu lulimi lwatamanyi, oluusi kiba kyangu okumanya kye boogerako okusinziira ku nsengeka y’ebigambo byabwe yadde ng’ebigambo byennyini aba tabitegeera. So ng’ennimi ze nnaku zino ekyo tezikirina, ekikakasa nti tezizimba ate nga kye kyali ekigendererwa ky’ebirabo mu Kyaasa ekyasooka.

Abapentikooti abamu bagamba nti okwogera mu nnimi kabonero akalaga “obulokole” nti era kalina okuba ku buli yenna afuna okukyusibwa okutuufu. Enjogera eno efuna obuzibu bw’omala okukimanya nti ekkanisa eyasooka yali nga emanyiddwa ng’omubiri, nga mu yo abo abalinanga ebirabo eby’enjawulo bagerageranyizibwa nga ebitundu eby’enjawulo ku mubiri. Bonna tebaali mukono oba kigere, kale mu ngeri y'emu, si bonna nti balina ekirabo kimu, okugeza ng'ennimi. 1 Kol. 12:17, 27 – 30 kirambulula nsonga eno.

> “Omubiri gwonna singa liiso, okuwulira kwandibadde wa? Gwonna singa kuwulira, okuwunyiriza kwandibadde wa? Naye mmwe muli mubiri gwa Kristo, n’ebitundu byagwo buli muntu. Era Katonda yassaawo mu kkanisa abalala, okusooka batume, ab’okubiri bannabbi, ab’okusatu bayigiriza, nate eby’amagero, nate ebirabo eby’okuwonyanga, abayambi, abafuga, aboogezi b’ennimi. Bonna batume? Bonna bannabbi? Bonna bayigiriza? Bonna bakola ebyamagero? Bonna balina ebirabo eby’okuwonyanga? Bonna boogera ennimi? Bonna bavvuunula”?

Ensonga y'emu eno eyogeddwako emabega mu ssula eyo yennyini .

“Kubanga omulala Omwoyo amuweesa ekigambo eky’amagezi; n’omulala aweebwa ekigambo eky’okutegeeranga, ku bw’omwoyo oyo: omulala okukkiriza ku bw’omwoyo oyo, n’omulala ebirabo eby’okuwonyanga ku bw’omwoyo omu; n’omulala okukolanga ebyamagero; n’omulala obulanzi; n’omulala okwawulanga emyoyo: omulala engeri z’ennimi; n’omulala okuvvuunulanga ennimi: naye ebyo byonna omwoyo oyo omu y’abikola, ng’agabira buli muntu kinnoomu nga ye bw’ayagala. Kubanga omubiri nga bwe guli ogumu, ne guba n’ebitundu ebingi, n’ebiundu byonna eby’omubiri,newakubadde nga bingi, gwe mubiri gumu; era ne kristo bw’atyo.” (1 Kol 12:8-12).

Essira ng'eryo tetusobola kuliragajjalira. Tetusobola kugamba nti buli katundu mu Ndagaano Empya, kakwata ku buli mukkiriza (Lowooza ku Mat. 10:9, 10; Mak 16:17; Luk. 10:4; Bik 15:23-29); kale kiba kyamagezi okwesigama ku bukakafu nti mu kkanisa eyasooka, *"abamu"* be baayogera mu nnimi mu ngeri eno yennyini.

Ekizibu ekilala ku nsonga y'Abapentekooti eri nti Firipo yakyusa abantu bangi mu Samaliya— baabatizibwa mu mazzi oluvannyuma lw'okutegeera Enjiri, naye tebaafuna birabo bya mwoyo; kubanga kino olwaggwa, ekyawandiikibwa kigamba nti: Peetero ne Yokana ne bajja gye bali: "Bwe baatuuka, ne babasabira basobole okufuna Omwoyo Omutukuvu…nebababateekako emikono ne bafuna Omwoyo Omutukuvu … Simooni olwalaba ng'olw'okussibwako emikono gy"Abatume, baafuna Omwoyo Omutukuvu …" (Bik. 8:4-18). Kisoboka okuba nti okugaba ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu kwalinga kussaako bussa mikono bwe kuti, ekintu bano abeeyita abalina ebirabo, kye batakola. Bw'atyo Pawulo yayagala okukyalira Abaruumi asobole okubawa ebirabo eby'Omwoyo Omutukuvu (geraageranya Bar. 1:11 ne Bef. 4:12). Ekyaddirira, ab'omulembe ogwo abaalina amaanyi gano bwe bagwaawo, waali tewakyali ngeri yakugenda mu maaso na birabo. Bwe kiba nga ddala ebirabo bino bifunibwa na kusabirwa busabirwa, kiba kizibu okutegeera ensonga lwaki Pawulo yalina okukyala e Roma okutwalako nayo ku birabo, oba lwaki "olw'okussibwako emikono gy'abatume Omwoyo Omutukuvu yagabwanga".

Abapentekooti abalala bagamba nti okwogera mu nnimi si bukakafu nti omuntu aba "alokose". Kino kiraga enjawukana mu njigiriza yaabwe bwe bakoonagana n'abo abagamba nti balina ebirabo.

Kale nno, 'abakrismatic' bo bagamba nti Obwakabaka bwa Katonda bugenda kubeera ku nsi, ate bo abalala nti mu ggulu! Abakrismatic abakatoliki bagamba nti mwoyo mutuukirivu abalagira okusinza Malyamu ne Paapa, ng'ate Abakrismatic abapentekooti abamu, bagamba nti okuba n'Omwoyo Omutukuvu, kibalagira okwegaana Paapa ng'omulabe wa Kristo, n'okuvumirira enjigiriza y'Abakatoliki. So nga Yesu awatali kubuusabuusa yagamba nti abo abalina omubeezi, "nga ye Mwoyo Mutukuvu" banaaluŋŋamizibwanga mu mazima gonna. . ku lunaku luli temulibaako kye musaba…. Omubeezi … alibayigriza n'okubajjukiza byonna bye nnabagamba. (Yok. 13:23; 14:26).

Tewateekwa kubaawo njawukana mu njigiriza wakati w'abo abalina Omubeezi—naye olw'okuba ng'enjawukana weeri, kiraga nti abo abagamba nti bamulina tebatwalibwa nga kikulu. Eky'ennaku, engeri Baibuli abamu ku bo gyetebasemba mu bye bakkiriza, kiraga

nti tebannafuna bulungi kutegeera mazima gonna n’okumanya kwonna ebiva eri Omubeezi.

Ekikulu ennyo abamu kye bagatta ku kwogera mu nnimi, kyawukana n’ebyawandiikibwa bya Baibuli. Olukalala lw’ebirabo by’Omwoyo mu Bef. 4:11 terukyogera nako, kyokka kiri eri ku nkomerero y’olukalala olufaananako bwe lutyo mu 1 Kol. 12:28-30. Mu butuufu, mu Ndagaano Empya mulimu emirundi esatu gyokka webakiraga nga kikozesebwa (Bik. 2:4; 10:46; 19:6).

Ebyo ebyogerwa ku kwogera mu nnimi n’ebyamagero nti abakristaayo abakrismatic babikola birina okupimirwa ku bubaka bw’essomo lino ku bikwata ku mwoyo wa Katonda. Ekikulu kiri nti ebyo byonna ebyogerwa abantu abali ng’abo nti bakola, tebabikola lwakuba na Mwoyo Mutukuvu. Buli awakana nti balina ebirabo, aba alina omulimu munene ogw’okwanukula ensonga za Baibuli ze tukuwadde.

Wabula, ky’amagezi okusuubirayo ku kunnyonnyola lwaki okuwonyezebwamu akatonotono n’ekyo kye bayita okwogera mu nnimi (ekitategeerekeka) bibeerawo.

Kyazulibwa nti abantu bakozesako akatundu katono nnyo ku bwongo bwabwe – akatundu kamu ku buli kikumi. Ate era kimanyiddwa nti okulowooza kumpi kuyinza okufuga omubiri gwonna; bwe kityo mu kwerowoozesa okukkiriza nti omuliro tegusobola kwokya, Abahindu batambulira ku muliro mu bigere ebyereere ne batagya. Mu biseera eby’okukyamukirira ennyo, kyangu okukozesa ekitundu kineneko ddala ku maanyi g’obwongo bwaffe okusingako ku ga bulijjo; kale kino ne kitusobozesa okufuna ebintu ebitali bya bulijjo ku mibiri gyaffe. Kale omujjasi wakati mu lutalo ayinza obutamanyirawo ng’akoseddwa okutuusa nga wayiseewo akaseera.

Mu mbeera y’okukkiririza ddala eddiini okwa nnama ddala, n’akakyamuukiriro k’ennyimba ezimu n'okusikirizibwa kw’omusabisa nnamige, kiba kyangu nnyo omuntu okudda mu mbeera eteri ya bulijjo. 'Ebyamagero' abakristayo ba leero bye beyoogera nti bakola biri mu kika kimu n'ebyo eby'enjawulo mu bumanyirivu eddiini endala bye zikola; kale eddiini mu nsi Haiti amanyiddwa nga voodoo nabo boogera mu 'nnimi' z'ezimu ezo ezitategeerekeka n'Abasiramu nabo bayinza okuwa obujjulizi ku 'by'amagero' ebyefaananyizako eby'Abakristaayo ba leero. So ng’ate ensonga enkulu ey’ebirabo by'omwoyo mu kyassa ekyasooka kwali kulaga okusukkuluma kw’obukristaayo obutuufu ku Ddiini endala zonna. Eky’okuba nti “eby’amagero” by’abakristaayo ba leero

bifaanagana n'eby'eddiini endala, kiraga nti ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu eby'omu Kyaasa ekyasooka, olwa leero tebiriiwo.

Ebisingawo ebikwata ku nsonga eno, bisangibwa mu kitabo kya William Campbell ekikwaata ku "Bupentekooti" ekiyitibwa ('The churches of Christ'—Ekkanisa za Kristo, ekyakubibwa mu 1967). Kiraga nti eddiini nyingi enkaafiiri zirina enkola eno ey'okwogera ennimi. Bwe kityo mu Kawaii, bakabona ba katonda gwe bayita oro, baleeta obubaka bwe mu maloboozi agatategeerekeka ne buvvuunulwa bakabona be abalala. Nga bwe kiri ddala mu nkungaana z'Abapentekooti. Mu Kyaasa ekyasooka, bakabona abakaafiiri, balabika babeeranga n'obujagalalo mwe baalangiririranga Kristo ng'eyakolimirwa. Paulo kino kye yeyambisa ng'akolokota abamu ku baali mu ekklessia y'ekkolinso nti baali bageegeenya bugeegeenya kavuyo k'abakaafiiri mu nkozesa yaabwe ey'ebirabo by'omwoyo—waliwo obukakafu obumala nti ekibbiitu tekitegeeza nti omwoyo tumulina? Ate kinajjukirwa nti okubeera n'ebirabo tekitegeeza nti tuba tusembezeddwa eri Katonda, n'olw'ekyo si kaboneero ka bulokozi gye tuli (Zab. 68-18 geraageranya ne Bef. 4:8, ate omale era olowooze ne ku ngeri Sawulo gye yalina ebirabo naye na talokolebwa). Wadde mikwano gyaffe Abapentekooti beenyumiririza mu ssala ezaanukulwa, n'ebirala, si bwe bukakafu obulaga nti tulina enkolagana ne Katonda, anti asobola okwanukula essaala z'abamu ng'asinziira ku bugwenyufu bwabwe abanywereza mu makubo gaabwe amabi bo bennyini ge beerondera (Ezek.14:4).

Eddini y'ekisiraamu okugenda nga yeyongera okuwangula obukristaayo mu Afirika, tekyandibaddewo singa ddala Obukristaayo bwali bukola eby'amagero byennyini nga biri ku mutindo n'amaanyi ag'amatiza nga bwe gwali mu Kyaasa ekyasooka. Ate n'abo ddala abalina "Omubeezi" ow'ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu, era balikola emirimu "egisinga egyo obunene" Yesu gye yakola (Yok14:12, 16). Abakristaayo okwewolereza nti singa balina okukkiriza okusingawo baalikoze eby'amagero ng'ebyo, kiba tekijja. Kale ku bibiri balina okuba nga balina ebirabo eby'omubeezi eby'ebyamagero oba obutaba nabyo, wabula bwe baba bagamba nti babirina, "emirimu eminene okusinga gino gye balikola" (Yok. 14:12) — so si "*oba olyawo"* baligikola!

Enkozesa y'ebirabo ey'omu kyassa ekyasooka yali teyetagisa muntu kuba kumpi alyoke awone – ebyamagero byakolebwanga yadde nga oyo ayagala okuwonyezebwa aliko wala. Ate ng'obukkiriza kyali tekyetagisa lubeerera eri abo abaawonyezebwanga (Luk.22:51). Mu Kyaasa ekyo, ekyamagero tekyalemanga—so ng'ennaku zino bingi bigaana. Ate era kyalinga kisoboka okuteebereza obulungi ekyamagero—ekyo kati

tekisobokera ddala. Essomo lino katuliveeko n'ekibuuzo nti: Abasomesa ab'obulimba abakola ebyamagero eby'obulimba, nga beyita bakristaayo be baani? (Mat. 7:22, 23; 24: 24; 2 Bas. 2:9, 10).

## 2.5 BAIBULI YE Y'OBUYINZA YOKKA

Okusinziira ku ebyo bye twakalaba mu ssomo lino, Omwoyo gwa Katonda kitegeeza ekirowoozo kye n'ekigendererwa, ate n'amaanyi agakozesa okussa ebintu bino mu nkola. Essira lyaffe tulitadde ku mwoyo ogwo okuba nti gutubikkulirwa mu mpapula z'ekigambo kya Katonda. Ebizibu ebingi eby'obukristaayo obuliwo kati byonna biriwo ku lwa butasiima kino. Olwo kuba nga kizibu nnyo okukkiriza nti amaanyi agenkaana awo bwe gatyo gali mu kitabo kimu, ebitundu ebimu mu kyo bye tusanga nga bizibu okutegeera, kyangu okukekemebwa okulowooza nti oba olyawo waliwo engeri endala Katonda gye yeebikkuliramu abantu, etali Baibuli. Olw'embeera enkyamu buli muntu gyazaalirwamu (Yer. 17:9) essanga ng'ekigambo kya Katonda ekirongoofu eky'amazima (Yok. 17:17) okubeera ekizibu okukikkiriza bangi bagenze mu kukemebwa kuno nga baatula engeri endala ez'okubikuulirwa ezisikiriza endowooza y'omuntu. Ebyokulabirako ebitonotono tubikuwa wano.

| **Eddiini** | **Okubikkulirwa okulalalala kwe bagamba** | **Emiganyulo n'engeri gye gisikiriza** |
|---|---|---|
| **Ba Yakuwa** | Ebitabo n'obutabo, ebikubibwa Watch Tower Society bye batwala ng'okulungaamizibwa kwa Katonda. | Tekyetaagisa kufuba kwezuulira nzivuunula ya Baibuli ntuufu, ate nga mu Baibuli mwe muli eky'okuddamu ku buli kintu. |
| **Obukatoliki** | Ppaapa by'alangirira; n'endowooza z'abasaserdooti, bye bagamba nti y'endowooza ya Katonda ye nnyini. | Tekyetaagisa kwesomera Baibuli – kuva dda, ng'Obukatoliki tebuwagira era nga buziiyiza eky'okwesomera Baibuli. Kwesiga Bantu mu kifo ky'okwefubako ne wezuulira buli kimu ku lulwo. |
| **Ba Mamoni** | Ekitabo kya Momoni | Kigyawo obwetaavu bw'okukkiririza mu njigiriza ya Baibuli enzibu okumatira – ekitabo kya momoni kissaawo obulokozi obwa kayoola, so nga Baibuli egamba nti waliwo abantu bangi abafa awatali ssuubi olw'obutafuna kumanyisibwa Njiri. |

| | | |
|---|---|---|
| **Kalizimatikin'O-bukristaayo** | "Okufumintiriza" okugambibwa okuba Omwoyo Omutukuvu. | Bakkiriza buli kye bawulira muli nti kituufu, okuba ekituufu nga bwe bakiwulira. Omwoyo gwa Katonda gubalungaamya mu makubo gaabwe agatakwatagana na Baibuli. |

Bino byonna bikkaatiriza obwetaavu bw'okukkiririza ddala Baibuli ng'Ekigambo kya Katonda, okuginoonyamu obubaka obw'amazima. Ekibuuzo ekigamba nti "Iwaki ekkanisa nnyingi ng'ate Baibuli eri emu", kumpi kyonna kiba kimaze okuddibwamu bwe tumala okumanya nti kkanisa mekka mu ngeri emu oba endala ez'eyogeerako nga bwe zafuna okubikkulirwa okw'omwoyo gwa Katonda okulala, kwe kugamba Katonda by'ayagala, ebiyigirizibwa n'okulowooza, ng'ogasseko n'ebyo ebya Baibuli.

Singa oyagala okuzula ekkanisa emu entuufu, okukkiriza okutuufu okumu, n'okubatizibwa okutuufu okumu (Bef. 4:4-6) okukowoola kw'omwanguka kuteekwa okuba nga kati kukutuukako okugamba nti: – "Dda ku Baibuli". Ekigendererwa kyange si kukusikiriza kwegaata ku ddini yonna yonna. Naye kati, ojjira osomasomako essula ezisooka mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume, zino zikakasa nti Peetero, mu bulambulukufu bw'ensongaze n'amagezi mu Baibuli zaaletera abantu okwekuba mu mitima ne bakyuuka, so si byamagero bye yakola.

## OBUKKIRIZA MU NKOLA 8:
## KI OKULUNGAAMIZIBWA KYE KITEGEEZA

### KOZESA EKIGAMBO N'EBIRALA

Bwe tuba tukkiriza nti Baibuli yalungaamizibwa Katonda, tugisoome, tubuulire n'okujekennenya n'obwagaazi okukira ekintu ekiwandiike kyonna. Ekyewunyo ky'amazima nti ekitabo kino ddala bigambo bya Katonda Yennyini kyetaaga okudingaanamu okufumintirizibwako. Isiraeri yawulira eddobozi lya Katonda Yennyini, okuva mu ggulu (Ma.4:36)- Katonda ali ewala ennyo, yayoogera n'abantu. Ebigambo ebyo n'ebiwandiikibwa. Bwe tusoma ebigambo bye tuwulira eddoboozi lye. 1Bassek.13:21 kyoogera ku ffe okuwulira "akamwa ka Mukama". Yeremiya "yayogera ebiva mu kamwa ka Mukama" (2Byom.36:12). Ekigambo Kye kyitusembeza kumpi ne Waali, bwe tukyitwala nga bwe kiri. Endowooza yaffe ku Katonda y'endowooza yaffe ku kigambo Kye. Olw'okuba Ekigambo Kye kirongoofu nnyo, kyetuva tukyagala (Zab.119:140). John Carter yali mutuufu bwe yagamba nti: "Kasita tutegeera ekyo Bibuli ky'eri, endowooza zaffe ku yo erimaanyibwa".

Okugeraageranya 2Tim3:16 n'essula 4:2,3 kulambululа nti olw'okuba ng'ekigambo kya mugaaso:
eri okuyigirizanga n'olw'ekyo
buuliranga ekigambo; mu bbanga erisaaniramu n'eritasaaniramu (kwe kugamba oba wewulira muli ng'oyagala okubuulira oba toyagala)
olw'okunenyanga n'olw'ekyo
kubirizanga
olw'okutereezanga n'olw'ekyo
nenyanga
olw'okubuulira okuli mu butuukirivu n'olw'ekyo
buuliranga n'okugumiikiriza kwonna n'okuyigiriza.

**OBUGONVU**

"Mwe mulabye nga nnyimye muggulu okwogera nammwe (n'olw'ekyo) temukolanga bakatonda balala we ndi, bakatonda b'effeeza" (Kuv.20:22,23). Olw'ekyewunyisa ky'okuwulira eddoboozi lya Katonda, okusiinza ebifaananyi okw'engeri yonna, kiribeera ekitaliimu eri ffe. Omuntu yenna ayinza okufumintiiriza ku bwagazi bwa Pawulo eri ekigambo kya Katonda. Tebyali byangu nnyo gyali. Bwatyo n'ayogera ku Isaaya nti: ("Isaaya aguma nnyo n'ayogera nti . . . "Isaaya ayogerera waggulu ebya Isiraeri nti . . . " (Bar.9:27; 10:20). Pawulo yali yalowooza dda nnyo ku bigambo bya Isaaya, n'atuuka ne ku kulowooza ku ddoboozi ly'eyabyogereramu mu kusooka. Kawli kuba nti abafuuzi ba Isiraeri "tebamaanya maloboozi ga bannaabbi agasomebwa buli ssabbiiti" (Bik.13:27) ekyabaletera okukomerera Yesu. Ayogera ku "maloboozi" so si bigambo byabwe byokka. Bawuliriza ebigambo naye ne batabitwalira ddala ng'amaloboozi g'abantu abafa naye nga bakyayogeera. Tebawulira okulungaamizibwa okw'ekitalo mu birowoozo byabwe nga bayiga Baibuli – newakubadde nga mu kutya Katonda ebiwandiiko bya Baibuli babitwala nga ebyalungaamizibwa. Naffe wano tulinawo essomo. Mukama yaleeta kino mu Yok.5:39 ng'agamba nti: "Munoonya mu Byawandiikibwa, kubanga mmwe mulowooza nti mubyo mulina obulamu obutaggwaawo . . . era temwagala kujja gyendi okubeera n'obulamu". Okuyiga Baibuli tekwabasembeza Gy'ali. N'era naffe kyangu okwetoloolera mu Baibuli ne tutafaayo ku Kristo. Okuyiga obuyizi ekiwandiiko n'okutegeera enkwatagana yaakyo n'okukirowoolezako ddala tekyataaga kukyuukakyuuka, okuliwo, n'obwetaavu bw'enkolaganirawamu ey'okumanya Yesu kye bireeta.

Waliwo amaanyi mu kigambo ekyalungaamizibwa, nga mu kyo okulowooza okumu- okwa Katonda – kusobola okuyingira mu kulala awatali mukwasaganya wabula ebigambo

ebyawandiikibwa. Ekyo mazima agewunyisa getulina okuba abamu ku go. Leo Tolstoy mu kiwandiiko kye ku by'omwoyo. Ayogera obujulizi mu ngeri essanyusa engeri gy'eyasomamu ebigambo bya Yesu : “Genda otunde byonna byonna byolina ogabire abo abatalina ”dwo nnawangula ebyo byonna ebiziyiza by'engeri ye okukola ekyo kyennyini. Yata abaddu be , nawaayo obwa nnanyini ku biwandiiko bye n'atandika okutunda ettaka lye eddene. Na bwe kiyo naffe ebigambo ku lupapula birina okutukulembera okukola. Buli lwe tugenda tweyongera obumanyirivu mu kigambo ekyawandiikibwa kye tusoma bulijjo, era bwe tuguma ne mu kukemebwa obutakyagala ennyo, n'okulekeraawo okusoma ekigambo nga tusuubirayo ekintu ekipya, n'okusuubira kw'okusoomozebwa okukyusaamu.

Ng'ayogera ku bujjulizi bwa Yesu eri ebigambo bya Katonda Kennyini, Yokaana agamba nti: “Akkiriza okutegeeza kwe, ng'ataddeko akabonero ke nti Katonda wa mazima” (Yok.3:33). Bwe tukkiriza nti ebigambo byalungaamizibwa Katonda, tuteeka oba tussa akabonero kaffe ku byo – tubitwala ng'ebitukwatako mu bulamu bwaffe obwa bulijjo. N'olw'ekyo okukkiriza obukkiriza nti Babuli yalungaamizibwa si kya kugisoma busomi kyokka, kukkiriza eri ekirowoozo ekituufu. Erina okyuusa obulamu bwaffe. Ate wekaanye obwetowaaze bwa Katonda- nti abantu basobola okussa akabonero ak'obukakafu eri amazima g'ekigambo kya Katonda. Kino kikola mu ngeri nti obulamu obugondera ekigambo kya Katonda busiddwako ddala akabonero n'endagaano eri amazima g'ebigambo ebyo. Bwe kityo obulamu bwaffe bufuuka obukakafu bw'okulungaamizibwa kwa Baibuli.

**OKUVUNAANWA KINOOMU KU KIGAMBO: OKUWULIRA EKIGAMBO NGA KYOGERA GYE TULI**

Newakubadde ffenna tukiriza nti Baibuli ky'ekigambo kya Katonda kye yalungaamya, kyangu nnyo muli okulemwa okukyewulira nga bwe kyandibadde nga tugisoma. Abantu “balowooza mazima Yokaana okuba nnabbi” (Mak.11:32) naye baassanyuka akaseera katono okunsinziira ku bigambo bye. Bagaana obubaka bwe obw'omugaso – wadde baali bamukiririzamu nga nnabbi eyalungaamizibwa. Musa yakankana n'olusozi Sinai n'elukankana n'bantu ne badduka bwe bawulira eddoboozi lya Katonda. Kanjulize John Carter nate: “Eddoboozi lya Katonda lyawulikika ku Sinai: eddoboozi ly'erimu lya yogera mu bigambo by'omuwandiisi wa Zabbuli. Naye okukubiriza kuyimiriddewo mu by'awandiikibwa n'olw'ekyo Pawulo asobola okwogera nti “Leero” kiseera ekigeere, naye nga kyaali “Leero” Bebulaniya nga kyiwandiikibwa era Pawulo addamu ebigambo by'omuwandiisi wa Zabbuli ng'eddoboozi lya Katonda eri Abaebbulaniya b'omu kiseera kye. Kikulu nnyo mangu ddala Pawulo bwe yagaatako nti: “ekigambo kya Katonda kiramu

era kirina amaanyi”. Ebigambo bye yali ejuliza bwali si bubaka bufu, naye addoboozi lya Katonda eddamu . . . Okubuulira nti “Mwaana wange tonyoomanga okungavvulwa kwa Mukama” Katonda ye yali ayogera “eri mmwe”, Pawulo bwayogera eri Abaebbulaniya. Kino kitono nnyo eri abaana b'omulembe guno? Beb.12:5 kyekuusa ku ndowooza eno ey'ekigambo ekiramu nga kyogera ku kitundu ky'omu Ndagaano Enkaadde 'ng'ekyogera' naffe.

Abiri, ku ebyo ebimwogerwako mu byawandiikibwa, “newakubadde nga yafa akyayogera” (Beb.11:4). Isaaya yali ayogerera ddala eri abannanfunsi ab'omu kyassa ekyasooka, okusinziira ku Mukama bye yayogera mu Mak. 7:6. Ekitundu mu muzingo gw'empapula ekya gamba nti: “Nze Katonda wa Ibulayimu” Katonda yakyogera eri mmwe, Yesu bwe yagamba Israeri ow'ekyassa ekyasooka (Mat.22:31). Wekkanye mu kugeeresa nga Yesu bwe yali abasuubira okumutegeera nti Katonda alowooza ku Ibulayimu ng'omulamu, newakubadde yali yafa dda, nga n'olw'ekyo alimala kumuzuukiza. Newakubadde nga ku lusozi Katonda yayogera ne Musa yekka, Moses essira aliteeka ku kuba nga mu butuufu “Katonda yayogera nammwe ng'ayima wakati mu muliro”. Ekigambo kya Katonda eri abawandiisi be ddala kya ssanyu ate kitiisa, ebigambo bye ebya ddala butereevu eri ffe (Ma.4:36; 5:45; 10:4). Kino kinnyonnyola lwaki Dawudi addinganamu ebyamagero ku Nnyanja Emmyufu ng'abyogerako ng'ebimukwatako okutuuka ne ku kuwulira essanyu eringi olw'ebyamagero ebyo. Ma. 11:4 bwe kyogera ku ngeri “Mukama bwe yabazikiriza (Aba Misiri) okutuusa leero”, kyiwulikikana nga abanditegedde nti buli buwanguzi bwa Katonda ne bye yatuukangako nga ebikyagendera ddala mu maaso n'okutuusa kaakati ate ne mu bulamu bwaffe n'ebyo bye tuyitamu. Kale ku lw'ebifa ku ebyo Katonda bye yakolanga mu biseera ebyayita, tusaanye okwezaamu amaanyi mu bye tusalawo kati. Yos.24:13,14 kyijukiza Israeri ebyafaayo byabwe ne Katonda ebyayita, era olwa kino n'ababuulira nti: “Kale kaakano mutyenga Mukama, mumuweerezenga. . . “

**ENKOLAGANA YANGE NE KATONDA**

“Kyennavanga mbatemya bannabbi; nnabasabanga ebigambo eby'omukamwa kange” (Kos.6:5). Gano ge gaali era ge maanyi emabega w'ebyo ebyawandiikibwa ku mpapaula mu Baibuli zaffe. Naye ng'ate tusobola okulemererwa okutegeera nti amaanyi ga Katonda ly'eddoboozi lye eri ffe kinoomu. Okufaanako ne Dawudi bwe yali awuliriza olugero lwa Nasani, tuyinza okulemera ku lugero olwa Baibuli ate ne tulemererwa okutegera obubaka bwayo eri ffe kinoomu.

**ENJOGERA YAFFE**

Ebigambo ebisinga obungi bye tuwulira tebirimu maanyi. Tumanyidde obutafaayo nnyo ku makulu g'omunda ag'ebigambo. Omukristaayo awuliriza okubuulira okwa buli Saande buli wiiki okumala emyaka 40 aba awulidde obukaadde 9 obw'ebigambo. Ebitabo emitwalo 5 biijja kulabikako mu mwaka guno gwokka. Ebigambo ebyo era ng'ebyange, bibaamu obutamatiza, n'ebyafaayo, obumanyirivu, n'okutegeera okutono okw'omuwandiisi oba omwogeezi. Kale okusoma ne tukwanguyiriza, emboozi tuziwuliriza n'okuttu kumu. Obukaakamu eri omwogezi oba omuwandiisi si kya bulijjo gye tuli. Eky'ennaku embeera eno bwetyo gye tuba nayo ne mu kusoma ekigambo kya Katonda. Tetumanyidde kusoma bigambo ebyalungaamizibwa. Ebigambo ebyetaagisa ate ebirina amakulu n'amaanyi. Bwe tuba mazima tukiririza ddala nti Baibuli yalungaamizibwa, tujje gy'eri mu mwoyo omulala ogutali guli gwe tubeeramu bulijjo. Naye ate tulina okweeza mu mbeera eno; okusirikiriramu akatono nga tusaba nga tetunnatandika kusoma Baibuli okwa buli lunaku mazima bino mpisa nnungi. Tusaana okwogera “ng'ebigambo bya Katonda”; si lwa kuba nti tutuukiridde nnyo, wabula olw'ebigambo byaffe okubaamu amaanyi n'ekigendererwa. Ng'ebigambo bya Katonda bwe bimulaga eri ensi nti Wa ddala era akkiririzibwamu, n'ebyaffe bwe birina okuba. Ebigambo byaffe bisaanye okubaamu amakulu. So ng'ate okwejjusa kwe yaliko munnamaulire Malcolm Muggeridge kwanditutunuza mu mitima gyaffe: “Mpulira okulummwa kati bwe ntunnulamu amabega, okwanguyirwa kwe nnalinanga nakwo mu kukozesa olulimi olubi; n'ebigambo ebibi ebiraga etali ndowooza yange ebyanvangamu, okuleta obutatya n'okuwa eritaali ssuubi”. Kyangu nnyo ebigambo byaffe obutabamu makulu, obutaliimu ate nga temuli nsonga. Bino byonna, y'ensonga lwaki tuteekwa okusoma ekigambo kya Katonda buli lunaku; kyateekebwateekebwa ku “kukyuusakyuusa mpisa zonna zonna” (2Tim.3:16 New English Bible-NEB), ekigambo kisobola okukyuusa empisa za bulijjo era n'okuddabulula enneyisa y'omuntu eya buli lunaku.

**EBY'ENSI**

Baibuli eyogera bingi ku kino bye tayagala, abantu ababi okweyongera okwala mu mirembe gyonna. Abawulirizi ba Ezeekyeri bayagalanga nnyo okujja okuwulira ebigambo bya Katonda ebyavanga mu kamwa ke- era kwe ku bannukula bwati, “boolesa okwagala kungi n'akamwa kaabwe, naye omutima gwabwe gugoberera amagoba gaabwe” (Ez.33:31). Eby'ensi byabagaana okukkiririza ddala mu bigambo ebyo, nandibadde bali babimanya n'ebakkiriza nga byalungaamizibwa. Mu kuzikirizibwa lwe lwokka lwe balimanya “nga nnabbi abadde mu bo” (lunny.33). Kale mu bulumi wabeerawo

eky'okulondako: okukkiririza ddala mu maanyi g'okulungaamizibwa kati; oba oli kitegereera mu nkola y'okuzikirira ku lunaku lw'omusango bwe lulituuka.

**OKUFAAYO OKWA NAMADDALA**

Ntebereza nti ffenna fenna tuteera okusoma Baibuli mu butali bumalirivu, nga tunoonyamu obujulizi kw'ebyo ku ndowooza zaffe zetubeera nazo, nga zikwata ku by'enjigiriza oba eby'okola. Naye bwe kiba nga ebigambo bya Baibuli mazima bigambo bya Katonda, nga tukiwulirira ddala muli mu  nda, nti ffe tetulina kye tumanyi, tulina okuggulirawo ddala emitima gyaffe eri kyonna Katonda kyaba agenda okutuyigiriza ng'ayita mu byo. N'olw'ekyo, tetulinoonya, mu byawandiikibwa kwematiza ku bye twamala okutuukako, naye nga tujja tusobole okuyigirizibwa, ka kibe ki, nawandibdde ebyo bye tutasuubira. Okutegera okusinga kwonna kwe tumanyi ku bikwata ku bulamu bwaffe ndabirwamu bulabirwamu eri endowooza zaffe. Fumitiirizamu ng'olaba ekisiige kya Mona Lisa nga kikumirwa mu fuleemu y'egirasi mu tterekero ly'ebisiige mu Paris. N'otunulira mu maaso ge, n'ewebuuza nti naye ddala entunnulaye ki kyetegeeza, oba wandiba gwe olina endowoozayo ey'ensi ekuwa amakulu agayinza okuba mu ntunnula ya Mona Lisa. Kizibu nnyo okutuuka ku kutegeera okwa namaddala. Waliwo bye tulina okukola ennyo okwejjamu mu mitima gyaffe nga tetunnatandika kusoma Baibuli era ne tusaba n'obwewombefu nti bye tusoma bijja kubeera “amazima”; nti tujja kusoma bigambo butanoonyamu ndowooza ze tulina. Obuzibu obwo bwe twesangamu oluberera, katugeze bwe  tubuuza Omukatooliki nti soma ekitundu kya Baibuli ekikwata ku Maliyamu, mu mwoyo omulungi ng'ogw'omwaana omuto, nga totaddeyo kulowooza kwonna ku ekyo ky'osuubira okusangayo. Mu butuufu naffe Baibuli etuzibuwalira okusoma mu mwoyo omulungi buli myaka lwe gigenda gy'eyongerako oluvannyuma lw'okubatizibwa.  Isiraeri “yawulira” ekigambo naye “tebaakigondera” (Bar.10:16,18)- naffe nno tusobola okuwulira naye ne tutakigondera. Ate nga singa tukkiriza nti ebyawandiikibwa byalungaamizibwa, tetwandibadde bwe tutyo. Kitiisamu bw'ofumitiirizamu ennukuta mu lw'ebbulaniya, n'ezo mu Luyonaani  ez'awndiikibwa ku maliba emyaka 1950 egyiyiseewo, bye byali ebigambo byennyini ebya Katonda Omuyinza w'ebintu byonna.  Naye ky'ekyo kyennyini eky'okutegeera obukulu bw'okulangaamizibwa. Isiraeri “bawulira”  ebigambo bya Ezeekyeri ebya ddala, bamanya nti nnabbi abadde mu bo- naye ne batagonda. Naffe enjigiriza y'okulungaamizibwa eyinza okutusigala ku mimwa kwokka- naye mazima ne tutagondera ekigambo kyennyini kye tumanyi nga ekyilungaamu.

**OKWEKEBERA WEKKA**

Yakobo 1:24,25 atwalira wamu omuntu okweraba mu ndabirwamu, n'okutunula mu mateeka amatuukirivu. Okusoma ebyawandiikibwa nga ddala Katonda bwe yayagala bisomebwe, nga si kusoma busomi bigambo ku lupapula, kwe kwesanga nga tuli mu kwekebera ffeeka. Fumitiiriza ennyiriri bbiri ezisooka mu Ez. 8:18; 9:1 okumala akaseera: "Newakubadde nga bakaba [Isiraeri] n'eddoboozi eddene mu matu gange [ng'abali mu kusalirwa omusango olw'ebikolwa byabwe, bye mbasaba kati okubyennenya], siribawulira". Katonda yayogerera waggulu n'eddoboozi eddene mu matu gange [Ezeekyeri ] ng'ayogera nti . . .". Olaba enkwasaganya? Nga bwe tusoma ne tuwulira ekigambo kya Katonda leero, Ayogerera waggulu n'eddoboozi eddene ery'obwagazi mu matu gaffe. Kubamu akafaananyi ng'omuntu owa ddala ali awo kino ky'akola gy'oli! Bwe tugaana okuliwulira, olwo nno tulikaba n'eddoboozi eddene mu matu Ge ku lunaku olusembayo ate olw'ekomerero olw'okusalirwako omusango. Amaanyi g'akozesa kati mu kutwegayirira ge maanyi abaaganiddwa ge balikozesa mu kusaba Katonda akyuuse okusalawo Kwe ku bo; Katonda naye, nga bo mu bulamu buno, talibawuliriza. Ekiva mu kino ge mazima amanguyangu nti: nga bwe tusoma ne tuwulira empapula z'ebyawandiikibwa, nga bwe tubikkula Baibuli zaffe, Katonda abeera akaaba n'eddoboozi eddene mu matu gaffe. Okwannukula kwaffe eri Katonda kuleezako okukkirizibwa oba okugganibwa ku lunaku lw'omusango.

**OKUSOMA BAIBULI**

Okutegeera nga Baibuli kigambo kya Katonda ekirungaamu kiba kitegeeza nti tulina okugisoma mu ngeri esinga eyo gyetusoma ebitabo ebirala byonna. Kino kiyinza okulabika ng'ekyangu, kyokka tulina okusooka okufumitiiriza ku butuufu bw'okulangaamizibwa nga tetunatandiika kusoma oba kuyiga Baibuli mu bbanga eggwanvuko. Wano tulina ekigambo kya Katonda ekya ddala. "Okunoonyereza okwakolebwa kulaga nti awuliriza ekitono ennyo awuliriza obutikitiki kumi na musanvu bwokka nga tannafuna kusumbuyibwa na kussamu ebibye byalawooza". Kino kisuubirwa nga tusoma Baibuli, nga tuwulira eddoboozi lya Katonda. Eddoboozi 'lyaffe' lirwanagana ne lya Katonda, naye obutuufu bw'okulangaamizibwa kyanditegeezeza nti tudda eri eddoboozi Lye, ebigambo bya Katonda so si eby'abantu oba ebyaffe.

## AKANYOMERO 3:
## DDALA OMWOYO OMUTUUKIRIVU MUNTU?

Amasomo gaffe 2.1 ne 2.2 gatuwadde obujulizi obumala nga omwoyo gwa Katonda kikwata ku maanyi Ge, agolesa “endowooza” ye mu ngeri engazi. Olw’engeri omwoyo gwa Katonda gye gukola eragira ddala ekyo kyennyini Katonda ky’ali n'enneyisa Ye, kiriteedde abamu okuwakana ng’abagamba nti omwoyo gwa Katonda naye muntu era Katonda. Okuddamu okusoma ebitundu ebiwidde n'obwegendereza kujja kulaga nti omwoyo gwa Katonda, kulowooza Kwe n'amaanyi Ge. Amasannyalaze maanyi agatalabika agasobola okukola ebyo omuntu agafuga byaba agalagidde, naye tekigafuula kuba muntu. Okwagala kimu ku nneeyisa y’omuntu, naye kwo kwennyini tekusobola kuba muntu. Omwoyo gwa Katonda guzingiramu okwagala Kwe, ng'ekimu ku nneeyisa Ye, ate era kitegeeza amaanyi Ge, kyokka nga mu buli ngeri, tekitegeeza muntu eyetoongodde ku Katonda.

Ku nze ky'akabi nti endowooza enkyaamu eno (ey'omwoyo okuba Katonda) ekkiririzibwamu Abakristaayo abasinga obungi, ku lw'okulaba nga bakkiririza mu njigiriza 'ey'obussatu’. Enno egambira ddala nti waliwo bakatonda bassatu ngera kumpi bano bonna be bamu – Katonda kitaffe, ne Katonda omwoyo mutukuvu ne Katonda Yesu.

Waliwo ekyikukkirizisa ekimala nti “abussatu” ndowooza nkulu eyaletebwa abakaafiiri mu Bukristaayo – y’ensonga lwaki ekigambo ekyo mu Baibuli tekiriimu. Bwe tukkiriza endowooza eno nti Katonda ali mu ‘bassatu’ tuba tuwalirizibwa okufundikira nti amaanyi/omwoyo ga Katonda yandiba nga muntu, era nga Katonda, wadde nga si Katonda Kitaffe. Abantu abalina endowooza eno, bwe basoomoozebwa nti kino si ky'amagezi, batera okuddamu nga bagamba nti Katonda ali nga kyama; nti era tulina okukkiriza ebintu ng'ebyo mu mazima awatali kubuuza bukakafu bwabyo.
Kino kirigala ddala butafaayo ku bujulizi mu Ndagaano Empya obukwata ku kyaama kya Katonda ekyatubikkulirwa mu kigambo ne mu mulimo gwa Kristo.

- “Kubanga ssaagala mmwe, ab’oluganda, obutamanya kyama kino” (Bar. 11:25).
- “…ng’enjiri yange n’okubuulirwa kwa Yesu …ng’ekyama bwe kibikkuddwa ...” (Bar. 16:25).
- “Laba, mbabuulira ekyama……….” (I Kol. 15:51).
- “…bwe yatutegeeza ekyama eky’okwagala kwe” (Bef. 1:9; 3:3).

- Okubuulira kwa Pawulo kwali nti "...okutegeezanga n'obuvumu ekyama eky'enjiri" (Bef. 6:19; Bak 4:3).
- "Ekyama ekyakwekebwa okuva edda n'edda ….. naye kaakano kyolesebbwa eri abatukuvu be," (Bak. 1:26, 27).

Awali essira lino lyonna aliriga nga tewakyali kyaama ku biyigirizibwa bikulu mu Baibuli, oyo yekka akyali mu kizikiza yayinza okugamba nti weekiri. Era omuntu ng'oyo teyaraliikirira nti erinya "Babulooni" mu Baibuli, enkola ey'eddini etali ntuufu eyogerwako mu kitabo ky'okubikkulirwa liri "Kyama" (Kub. 17:5)? Kino kiba kitegeeza nti enkola eno yelangirira nti bye bakkiriza bya "kyama"; naye abakkiriza abatuufu bategeera ekyama ky'omukazi oyo (Kub. 17:7).

Endowooza eteliimu ng'eyo, esibuka ku kutegeera Katonda okwesigamiziddwa ku ndowooza zaabwe ng'ebyo bye bayitamu. Bwe tuba nga ddala tusuubirwa okuba abetowaaze eri ensomesa y'ekigambo kya Katonda, kitwetaagisa okukozesa obwongo n'okusalawo, olw'okuvumbula obubaka obugyirimu.

Mu Baibuli tewali we kyawandiikibwa ng'omubuulizi yenna agamba nti "kino kyama toyinza ku kitegeera", wabula tubasomako nga bakubiriza abantu mu kukubaganya ebirowoozo bye bagyanga mu byawandiikibwa.

Ng'abuulira ku kika ky'ebikulu mu Njiri eno gye tuliko mu masomo gano, Pawulo "yawakana nabo mu byawandiikibwa ng'abikkula ng'ategeeza nti Kristo kyamugwanira okubonyaabonyezebwa n'okuzuukira mu bafu" (Bik. 17:2, 3). Wano waaliwo okunnyonnyola Baibuli okwamagezi okw'ekitalo, era ekyawandiikibwa kitandika n'ebigambo bino "awo Pawulo nga bwe yali empisa ye … n'awakana". Kale nno, eno yateranga okuba enkola ye (laba ate ne Bik 18:19). Ng'akuuma omutindo guno, mu kampeyini ye ey'amaanyi e Kolinso, Pawulo "*yawakaniranga* mu kkungaaniro buli ssabbiiti n'asendasendanga Abayudaaya … (naye) bwe baamutangira" (Bik. 18:4-6). Abo abaakyusibwa baayita mu mutendera gwa Pawulo ogw'okubasikiriza ng'awaanyisiganya nabo ebirwoozo ng'asinziira mu Baibuli.

Era weetegereze nti ebyawandiikibwa ebiruŋŋamye bikwanaganya amagezi n'okulowooza, olaba bwe birimu nti "bwe baakubagana empawa". Mu ngeri y'emu, bwe baali mu Antyokiya, Pawulo ne Balunabba, ebyawandiikibwa era biraga nti "ne boogera (Ekigambo) nabo ne babasendasendanga…" (Bik. 13:43). Bwe baava awo, baasibira mu

Ikkoniya gye “baayogerera mu ngeri yennyini eyo” era ekibiina kinene ne kikkiriza.(Bik. 14:1)

Mu biro ebyaddirira, Pawulo bwe yali mu mbuga nga yeewolereza, amagezi ag’ekitiibwa ge gamu ago gaayongera okumuluŋŋamya mu bigambo by’essuubi lye eryo mu maaso “bwe yali ng’ategeeza eby’obutuukirivu, n’ebyokwegendereza, n’eby’omusango ogugenda okujja”, ebigambo ebyo ebitangaavu ate nga bisogga omutima, n’omulamuzi omunyoomi “byamutiisa”

Olw’okuba ng’okukyusibwa kwaffe; kulina kwesigamizibwa ku ngeri ey’amagezi, n’okulowooza ng’eyo, tuteekwa okuba nga tusobola okunnyonnyola n’amagezi ebyo Baibuli by’eyogera ku njigiriza ne ku ssuubi lyaffe.

“Nga mweteekateeka bulijjo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga y’okusuubira okuli mu mmwe ” (1Peet.3:15).

“Mubenga beetegefu bulijjo okuddamu buli muntu ababuuza okunnyonnyola essuubi lye mulina” (1 Peet. 3:15).

Okwogera kw’ebyo bye tuba tuyisemu ki n’omu tekubeera kunnyonnyola ku ssuubi ery’obulokozi. Okw’esigama ku bujjulizi obwa kinoomu” nga engeri oy’okubuulira nga ekkanisa nnyingi ez’Abevangili kiraga obutaba na kya kuddamu kituufu eri essuubi lyabwe. Eri abakristaayo nga banno, nga bakungaanye kye basinga okukola ye buli omu okweyogerako ebyo Mukama byakoze mu bulamu bwabwe n’ebiri ng’ebyo. Kino tekirina we kikwataganira na bigambo bya Pawulo nti:

“Ffe tetweyogerako, wabula tutegeeza abantu nti Kristo . . .” (2 Kol. 4:5) – okyo nga kiva mu musajja ‘eyalina enkolaga eyiye ng’omuntu ne Yesu’ okusinga abalala bangi.

Okukyusibwa kwaffe okw’amagezi, n’engeri ennungi gye tukwatamu Baibuli, biteekwa okussaawo omutindo ogututuusa ku nkolagana ennungi ne Katonda obulamu bwaffe bwonna. Eby’okulabirako byaffe, nga bulijjo, be bakristaayo abaasooka abeeyambisa “obwongo” okumalawo emitawaana mu buweereza bwabwe (Bik. 6:2). Amabaluwa g’omu Ndagaano Empya, nago galeeta abasomi baago okukkiririza mu kukozesa Baibuli n’amagezi. Bwe kityo, “okusinziira ku” bakabona abakulu kye baali nga bali wansi w’Amateeka ga Musa, tusobola okutegeera kalonda yenna akwata ku mulimu gwa Kristo

(Beb. 5:3). Ng’amaze okwogera ku kwagala kwa Katonda okuli mu Kristo okutenkanika, Pawulo akubiriza ng’agamba nti: “kwe kuweereza kwammwe okw’amagezi (mu Luyonaani ‘logikos’— entegeera)”, nga twewongera ddala gy’ali (Bar. 12:1). Ekigambo ‘logikos’ kigyibwa mu ‘logos’ eky’Oluyonaani nga ky’ekigambo bulijjo ekyakyuusibwa nga “ekigambo” nga bategeeza Ekigambo kya Katonda. N’olw’ekyo ‘entegeera’ yaffe emanyiddwa nga *Logic* mu Lungereza, ekyo ekigambo mu njogera ya Baibuli kyaggyibwa mu Kigambo kya Katonda’ *Logos*.

Bwe tuba nga mu byawandiikibwa tetusobola kujjamu ky’ankomerero ekisengejje, olwo okuyiga Baibuli kwonna kuba butaliimu, era Baibuli eba teyetaagisa, ng’efuuse kitontome oba ekitabo omuli okunyumirwa obunyumirwa. Mangi ku maka g’Abakristaayo, Baibuli bwe zityo bwe ziri.

Wabula, abo abagamba nti mwoyo wa Katonda muntu, kye bakoze obulungi kwe kuba nti ensonga zebawa za mu Baibuli. Ennyiriri ze bajuliza, z’ezo ezoogera ku mwoyo wa Katonda ng’omuntu, gamba nga “Omubeezi” mu Yok. 14:16, oba okwogera ku mwoyo nti “anakuwala”.

Mu ssomo 4.3 tulaze nga “omwoyo” gw’omuntu guyinza okukyamusibwa (Bik 17:16), guyinza okweralikirira (Lub. 41:8) oba okusanyuka (Luk. 10:21). “Omwoyo” gwe; kwe kugamba, ye kennyini, ebirowoozo bye, n’ekigendererwa, ebimuleteera okubeerako ne kyakola, byogerwako ng’omuntu omulamba naye nga naawe olaba kirabe nti si bwe kiri. Bwe gutyo n'omwoyo gwa Katonda guyinza okwogerwako mu ngeri eyo.

Era kisaana kitegeerekeke nti Baibuli kya bulijjo eyogera ku bintu ebitalina nfaanana, ng’abantu, eky’okulabirako, amagezi googerwako ng’omukazi mu kitabo eky’Engero 9:1. Kuno kuba kutulaga engeri omuntu alina amagezi gye yandibadde agakozesaamu; ‘amagezi’ tegayinza kubeerawo gokka okugyako mu birowoozo by’omuntu, kye gava googerwako ng’omuntu. Okumanya ebisingawo ku kino, laba *Akanyomero 4:* ‘Enkola y'okuyita Abantu Ebyo ebitali muntu”.

Ebbaluwa za Pawulo ziggulwawo na kulamusa okudda eri Katonda ne Yesu, so si mwoyo omutukuvu (Bar. 1:7; 1 Kol.1:3; 2Kol. 1:2; Bag. 1:3; Bef. 1:2; Baf. 1:2; Bak. 1:2; 1Bas. 1:1; 2 Bas. 1:2; 1 Tim. 1:2; 2 Tim. 1:2; Tito 1:4;Fir.3). Kino kiba si kya bulijjo singa yali naye alowooza ku mwoyo omutukuvu okuba Katonda, nga ensomesa y’abo abo ‘bussatu’ mu nsobi bwe gamba. Ekitundu ku mwoyo mutukuvu kyayiirwa abasajja (ensengeka

y’ebigambo eno ey’Ekiyonaani essangibwa ne mu Mak. 12:2; Luk. 6:13; Yok. 21:10 ne mu Bik. 5:2). Tusobola tutya okufuna ekitundu ky’omuntu? Tuweebwa “omwoyo gwa Katonda (1 Yok. 4:13). Kino kiba kya busiru singa omwoyo omutukuvu ddala muntu. Enninga endala ekomererwa mu balowooza nti Mwoyo Mutukuvu muntu, ky’eky’okuba nti mu Baibuli ey’Oluyonaani, Omwoyo Omutukuvu mu bufunze ayogerwaako nga “kintu” so si nga muntu.

## AKANYOMERO 4:
## ENKOLA Y'OKUYITA EBITALI BANTU NG'ABANTU

Abamu bajja okufuna obuzibu okukkiriza okunnyonnyolwa setaani ng’omuntu, kubanga ekibi emirundi mingi kyogerwako mu Baibuli gyobeera muntu oba olyawo ekintu ekitabulatabula abantu abalala. Kino kyangu kya kunnyonnyola singa omala okutegeera nti kya bulijjo Baibuli okwogera ku bintu ebitali bantu gamba ng’amagezi, obugagga, ekibi, ekkanisa ng’abantu. Eby’okulabirako bino wammanga bijja kwoleka ensonga eyo.

### AMAGEZI GOOGERWAKO NGA MUNTU
“Aweereddwa omukisa omuntu alaba amagezi, kubanga obuguzi bwago businga obuguzi bwa ffeeza, n'amagoba gaago gakira zaabu ennungi. Ga muwendo mungi okusinga amayinja amatwakavu; so tewali kintu ky'oyinza okwegomba ebyenkanyankanyizibwa nago” (Ng. 3:13 – 15). “Amagezi gazimbye ennyumba yaago, gatemye empagi zaago musanvu” (Ng. 9;1).

Ennyiriri zino, ate ddala ne mu ssuula endala mwe ziri, ziraga nti amagezi googerwako ng’omukazi, so nga yadde kiri bwe kiti, tewali n’omu alowooza nti amagezi mukazi omulungi atambulatambula wonna mu nsi; bonna bakakasa nti eyo ye nneeyisa ennungi abantu bonna gye baaligezezzaako okufuna.

### OBUGAGGA BWOGERWAKO NG'OMUNTU
“Tewali muntu ayinza kuweereza baami babiri; kuba anaakyawanga omu, n’ayagalanga omulala; oba anaanywereranga ku omu, n’anyoomanga omulala. Temuyinza kuweereza Katonda ne mamona.” (Mat. 6:24).

Wano, obugagga bufaananyiriziddwa ne *bakama* b’abantu. Abantu bangi batakabana nnyo okufuna obugagga, mu ngeri eno obugagga ne bufuuka mukama wabwe. Wano Yesu atutegeeza nti ekyo tetusobola kukikola ate ng’eno bwe tuwereeza Katonda mu

ngeri gy’asiima. Nsomesa nnyangu ate ng’esaanye, naye tewali n’omu alowooza ng’ayima ku kino nti eby’obugagga muntu ayitibwa mamona.

**EKIBI KY'OGERWAKO NG'OMUNTU**

“Buli muntu yenna akola ebibi, ye muddu w’ekibi” (Yok. 8:34). “ng’ekibi bwe kyafugira mu kufa” (Ber. 5:21). “Temumanyi nti ekyo kye mwewa ne mukiwulira ng’abaddu, oba ekibi ekireeta okufa, oba obuwulize obuleta obutuukiriu, muba baddu baakyo?” (Bar. 6;16).

Nga era ku ky'obugagga, wano ekibi kifaananyizibwa n’omwami, n’abo abakola ekibi baba baddu bakyo. Bw’omala okusoma obulungi ekitundu kino oba otegeera mangu nti ensomesa ya Pawulo ku kibi tetegeeza nti ekibi muntu.

**MWOYO AYOGERWAAKO.**

“Naye bw’alijja *oyo* Omwoyo ow’amazima *anaabalungaamyanga* mu mazima gonna kubanga tayogerenga ku bubwe *yekka*…” (Yok 16:13).

Wano Yesu yali abuulira abayigirizwa be nti balifuna amaanyi g'omwoyo omutukuvu, era kino kyamala ne kituukirira ku lunaku lwa Pentikooti nga bwe kiri mu Bik 2;3-4, awagamba nti: “Ne kulabika ku bo ennimi ng’ezomuliro nga zeyawuddemu:  buli lulimi ne lutuula ku muntu. Bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu”, eyabawa amaanyi agatalabwanga okukola ebintu eby’ekitalo,  okukakasa nti obuyinza bwabwe bwali buva eri Katonda. Omwoyo omutukuvu teyali muntu, wabula gaali maanyi, naye Yesu bwe yali agoogerako, yakikola ng’eyali ayogera ku muntu.

**OKUFA KWOGERWAKO NG'OMUNTU**

“Laba, embalasi eya kyenvu; n’eyali atuddeko, erinnya lye Kufa;” (Kub. 6:8).

**EGGWANGA LYA ISIRAERI LYOGERWAAKO NG'OMUNTU**

“Ndikizimba nate, naawe olizimbibwa, ggwe *omuwala wa Isiraeri;* oliyonjebwa nate n’ebitaasa byo” (Yer. 31:4) “... mpulidde Efulayimu nga *yeekaabirako* bw’ati nti, onkangavvudde ne nkangavvulwa ng’ennyana, etemanyidde kikoligo: nkyusa ggwe nange nnaakyusibwa, kubanga ggwe Mukama Katonda wange” (Yer. 31:18).

Bigiddwa mu“Christendom Astray” (Obukristaayo Obw'abula) nga ky'awandiikibwa Robert Roberts.

**ESSOMO 2: EBIBUUZO.**

1. Ekigambo ‘mwoyo’ kitegeeza ki?
   a) Amaanyi
   b) Mutuukirivu
   c) Mukka
   d) Nfuufu

2. Omwoyo Omutukuvu kye ki?
   a) Muntu
   b) Maanyi ga Katonda
   c) Kitundu ku busatu

3. Baibuli yawandiikibwa mu ngeri ki?
   a) Abantu bawandiika ebirowoozo byabwe
   b) Abantu bawandiika ebyo bye bali balowooza nti Katonda kyategeeza.
   c) Abantu bawandiika ebigambo bya Katonda ebilungaamiziddwa n'Omwoyo Gwe.
   d) Ebimu mu yo byalungaamizibwa, ebitundu ebirala nedda.

4. Nsonga ki ku zino wammanga eziraga lwaki ebirabo bya eby’ebyamagero ebya Mwoyo byaweebwa?
   a) Okuwagira okubuulirwa okw’enjiri y'ebigambo
   b) Okuzimba ekkanisa eyasooka
   c) Okuwaliriza abantu okubeera abatuukirivu
   d) Okuwonya ebizibu by'abatume kinoomu.

5. Wa wetusobola okuyiga amazima ga Katonda?
   a) Okuva mu Baibuli, ate n'okuva mu ndowooza zaffe.
   b) Okuva butereevu eri Omwoyo Mutukuvu.
   c) Okuva mu Baibuli yokka
   d) Okuva mu baweereza ab’eddiini oba bakabona

6. Menyemenyamu ebirabo by'Omwoyo ebyaliwo mu kyaasa ekyasooka

7. Byagibwaawo ddi? Tusobola okubeera nabyo kaakati?

8. Omwoyo Omutukuvu akola mu bulamu bwaffe leero?

# ESSOMO 3

# EBISUUBIZO BYA KATONDA

### 3. 1 EBISUUBIZO BYA KATONDA: ENNYANJULA

Kati wetutuuse mu massomo gaffe tufunye okumanya okugazi ku Katonda y'ani era n'engeri gy'akolamu. Mu kukikola, tugolodde ebikyaamu bingi ebibadde tebitegerekeka. Kati twagala okutunulira n'obwesimbu ku bintu Katonda "bye yasuubiza abo abamwagala'' (Yakobo 1:12; 2:5) nga bakwata ebiragiro bye (Yok 14:15). Bwe tubikkula Endagaano Empya, ekitabo kye tusookerako okusoma bwe bubaka bw'Enjiri nga Matayo bwe yagibuulira. Atandiika n'olunyiriri olusooka ng'ayanjula Yesu Kristo ng'omwana wa Dawudi, omwana wa Ibulayimu, olwo n'azzako olulyo okukikakasa (ne Lukka naye bwatyo). Nga wakasooka okusoma kiyinza okulabikara ng'ekitali kya bulijjo. Ekikulu kiri nti abakkiriza bano abasooka b'ali bakimanyi nti ebisuubizo okutuukirira eri Ibulayimu ne Dawudi mu Yesu Kristo y'ensibuko ey'obubaka bw'Obukristayo. Ne Pawulo bw'atyo bwe yabuuliranga- ekyinyusi kye Njiri kiri mu byasuubizibwa (Bag. 3:8) Pawulo yayigiriza "ebigambo ebirungi eby'okusuibizibwa bajjajja(Abayudaaya)"Laba Bik.13:32.

Ebisuubizo bya Katonda mu Ndagaano Enkadde birimu essuubi ly'Obukristaayo etuufu. Pawulo bwe yali ng'agezesebwa mu bulamu bwe, yayogera ku mpeera y'omu maaso gye yali yetegekedde wakiri okufiirwa ebintu byonna. "Kaakano nnyimiridde okusalirwa omusango olw'essuubi Katonda lye yasuubiza bajjajjaffe; lye basuubira okutuukako ebika byaffe ekkumi n'ebibiri….olw'essuubi… kyebavudde bampawaabira''(Bik.26:6,7). Yali amaze ebbanga ly'obulamu bwe bwonna ng'abuulira "ebigambo ebirungi(Enjiri) ebirungi eby'okusuubiza okw'asuubizibwa bajjajja nti Katonda atuukiriza nga bwe yazuukiza Yesu''(Bik.13:32;33). Pawulo yannyonnyola nti okukkiririza mu byasuubizibwa ebyo kw'assawo essuubi er'yokuzuukira okuva mu bafu(Bik.26:6-8 ger.ne 23:8), ery'okutegeera okudda kwa Kristo okw'okubiri okussala omusango n'obwakabaka bwa Katonda obugenda okujja (Bik. 24:25; 28:20, 31). Kirina okutegerekekerawo nti essuubi ly'Obukristaayo etuufu lye "essuubi lya Israeri". Katonda yasindika omwana We okulokola

Abayudaaya okusooka (Bag. 4:4, 5); era nga Kaonda tayagala n'omu kubula, naye olw'ekisa kye bannaggwanga nabo basobole okugabana ku kisuubizo ky'obulokozi.

Bino byonna binyika eky'okuba nti Endagaano Enkadde eyogera ku ngero bugero za byafaayo bya Isiraeri byokka ebitayogera ku bulamu obutaggwaawo. Okutegeera ebisuubizo eby'obulokozi ebinnyonnyolerwamu kwe kutegeera Enjiri y'Obukristayo. Katonda teyasalawo mbagirawo emyaka 2000 egiyise nti alituwa obulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu. Ekigendererwa ekyo yalinakyo okuviira ddala olubereberye. "Mu kusuubira obulamu obutaggwaawo Katonda atayinza kulimba bwe yasuubiza ebiro eby'emirembe n'emirembe nga tebinnabaawo; naye mu ntuuko ze yalabisa ekigambo kye(ku bwo) mu kubuulira kwe nnateresebwa nze ng'ekiragiro kya Kaonda" (Tito 1:2, 3).

"Obulamu obwo obutaggwaawo, obwabaawo awali Kitaffe ne bulabisibwa gye tuli" (1 Yok. 1:2).

Olw'okulaba okuva kuntandika Katonda yalina ekigendererwa ky'okuwa abantu be obulamu obutaggwaawa, sikyangu okuba nti yasirikirira mu myaka 4000 gye yakolaganiramu n'abantu be mu Ndagaano Enkadde. Mu butuufu Endagaano Enkadde ejjude obunnabbi n'ebisuubizo ebyongera okulaga essuubi Katonda lyategekedde abantu be. Y'ensonga lwaki kikulu nnyo eri obulokozi bwaffe okutegeera Katonda bye yasuubiza abakadde b'Abayudaaya. Pawulo yajjukiza abakkiriza Efeso nti nga tebannamanya bintu bino, baali "tebalina Kristo, mwali nga mubooleddwa mu kika kya Isiraeli, era mwali bannaggwanga eri Endagaano ez'okusuubiza, nga temulina kusuubira, nga temulina Katonda mu nsi"(Abaefeso 2;12), yadde nga bo bali balowooza nti okukkiriza kwabwe okw'ekikaafiiri kwali kubawa essuubi ettonotono n'okumanya Katonda. Naye kino ky'ekizibu ky'obutamanya bisuubizo bya Katonda eby'Endagaano Enkadde – mu butuufu "obutaba na ssuubi" obutaba na Katonda mu nsi". Jjukira Pawulo yannyonnyola essuubi ly'Obukristayo: "ng'essuubi Katonda lye yasuubiza bajjajjaffe (Abayudaaya) Bik. 26:6.

Kya nnaku nyo nti ekkanisa ntono nyo ezissa essira ku bitundu bino eby'Endagaano Enkadde ate nga kyezandibadde zikola. "Obukristayo" bwoononese bwe bufuse Eddiini ye Ndagaano Empya so nga n'obunnyiriri bakozesaako butono. Yesu yakatiriza nti: "Nga bwe batawulira Musa(kwekugamba ebitabo ebitano ebisooka Musa bye yawandiika) ne bannabbi, era newakubadde omu ku bafu bw'alizuukira, talibakkirizisa"(Luk. 16:31).

Oli ayinza okulowooza nti okukkiriza okuzuukira kwa Yesu kyokka kimala (geraageranya ne Luk 16:30), naye Yesu yagamba nti awatali kutegeerera ddala Ndagaano Nkadde bulungi, n'ekyo tekisoboka bulungi.

Eky'Abayigiriza okusuula okukkiriza kwabwe oluvannyuma lw'okukomererwa, Yesu yakissa ku butafaayo nnyo ku byawandiikibwa mu Ndagaano Enkadde.

“Ye n’abagamba nti mmwe abasirusiru, abagayaavu mu mutima okukkiriza byonna(obulungi) bannabbi bye baayogeranga; tekyagwanira Kristo okubonyaabonyezebwa ebyo, alyoke ayingire mu kitiibwa kye? N’asookera ku Musa ne ku bannabbi bonna, n’abategeeza mu  byawandiikibwa ebyo byonna ebyamuwandiikirwa ye” (Luk 24:25-27).

Wetegereze essira ku  ngeri Endagaano Enkadde yonna bwe yamwogerako. Tekyali nti abayigirizwa tebaasoma ebigambo by’omu Ndagaano Enkadde oba nti b’ali tebabiwulirangako, naye bali tebabitegedde bulungi; ekyo kye kyabalobera okukkiririza ddala. Kale okutegeera ekigambo kya Katonda okutuufu, so si kumala gasoma, kyetagisa nnyo mu kuzimba okukkiriza kwennyini. Abayudaaya baali basuufu mu kusoma Endagaano Enkadde(Bik 15:21), naye ol'wokuba nti tebategeera enkoona ku bya Yesu ne Njiri ye, tebagikkiriza, era kino Yesu na kibagamba.

“Kuba singa mukkiriza Musa, nange mwandinzikirizza, kubanga
yampandiikako nze. Naye bwe mutakkiriza oyo bye yawandiika,
mulikkiriza mutya ebigambo byange?” (Yok.5:46,47)

Newakubadde basomanga nnyo Baibuli, tebalabanga bubaka bwennyini bukwata ku Yesu, yadde nga bayagala okulowooza obulokozi bw'ali bwabwe. Yesu kwe kubagamba nti “Munoonya mu byawandiikibwa, kubanga mmwe mulowooza nti mu byo mulina obulamu obutaggwaawo; n’ebyo bye bitegeeza ebyange” (Yok. 5:39).

Era bwe kityo bwe kisobola okubeera ku bantu abalina okumanya okutono ku ebyo ebiri mu Ndagaano Enkadde n’ensomesa yayo: kumanya kwe bafuna mu butali bugenderevu. Obubabaka bwa Kristo obwewunyisa n’enjiri ey’obwakabaka bwa Katonda byabeekisa. Kye kigendererwa ky’essomo lino okukujja mu ssa eryo nga tulaga ebisuubizo ebikulu mu Ndagaano Enkadde ekyo kyennyini kyebitegeeza..

- Mu lusuku Edeni.
- Eri Nuwa
- Eri Ibulayimu
- Eri Dawudi.

Ebibikwatako bisangibwa mu bitabo ebitaano ebisooka mu Baibuli (Olubereberye - Ekyamateeka olw'okubiri) bino nga byawandiikibwa Musa, ne mu bya bannabbi ebe Ndagaano Enkadde. Ebyo byonna ebikola Enjiri y'Obukkrisayo bisangibwa omwo. Pawulo yannyonnyola nti okubuulira kwe okw'Enjiri eno kwali: "Si kwogera kigambo wabula Bannabbi ne Musa bye baayogera nga bigenda okujja; bwe kigwanira Kristo okubonyaabonyezebwa; era ye bw'alisooka mu kuzuukira kw'abafu okubuulira omusana abantu n'ab'amawanga"(Bik. 26:22,23).

Essuubi lya Pawulo oyo, omukristayo asingayo, lye lyalibadde naffe eritusitula, nga bwe lyali omusana ogw'ekitiibwa ku nkomerero y'obulamu bwe, era bwe kityo bwe kitekwa okubeera mu bulamu bwa buli mukristaayo owa nnamaddala. Nga tufuunye amaanyi, kaakano naffe tusobola "okunoonya mu byawandiikibwa".

### 3.2 EKISUUBIZO MU ADENI

Olugero olw'okuggwa okw'omuntu lusangibwa mu kitabo eky'olubereberye essula 3. Omusota gwakolimirwa lwa kutaputa bubi kigambo kya Katonda n'okukema Kaawa okukijeemera. Omusajja n'omukazi baabonerezebwa lwa bujeemu bwabwe. Naye essuubi ne lyakira mu kifaananyi ky'ekizikiza kino Katonda bwe yagamba omusota nti:
"Nange obulabe(obukyayi,okuwakanya) n'abuteekanga wakati wo n'omukazi, era ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde(ery'enjawulo)ly'omukazi: lirikubetenta omutwe(ezadde ly'omukazi), nawe oliribetenta ekisinziiro"(Lub.3:15).

- Olunyiriri luno lulimu ebintu bingi; kitwetagisa okunnyonnyola ebintu ebitali bimu ebirulimu n'obwegendereza. "Ezadde" kitegeeza mwana, naye ate kiyinza okutegeeza olulyo oba abaana. Oluvannyuma tujja kulaba nga ezzadde lya Ibulayimu yali Yesu(Bag.3:16),era nti naffe bwe tubeeramu mu Yesu olw'okubatizibwa, naffe olwo tufuuka ezzadde eryo(Bag.3:27-29). Ekigambo kino "ezzadde" era kisobola okutegeeza ensigo(1Peet.1:23); n'olw'ekyo ezzadde ettuufu lirina okufaanana nga taata waalyo.

- Ezzadde ly’omukazi n'olw'ekyo kiteekwa okuba nga kyefaananyiriza olulyo lw'omusota.
- Okubuzabuza ekigambo kya Katonda
- Balimba
- Baletera abalala okwoonona
- Tujja kulaba mu ssomo 6 tujja kulaba nti ebyo tewali abileeta wabula biri mu ffe.
- “Omuntu waffe ow’edda ow’omubiri (Bar.6:6).
- “Omuntu ow’omukka”(1Kol.2:14).
- “Omuntu ow’edda n’ebikolwa bye”(Bak.3:9).
- “Omuntu ow'edda avunda olw'okwegomba kw'okulimba”(Bef.4:22)
- “Omuntu ono ow’ekibi atuula mu ffe ye setaani w'omu “Baibuli”, omusota.

Ezzadde ly’omukazi yali kuba muntu ddala – “nawe (omusota) oliribetenta ekisinziiro”(Lub.3:15). Omuntu oyo yali waakubetentera ddala omusota, kino ky’ekibi – “lirikubetenta omutwe”. Okukuba omusota ku mutwe gufiirawo – anti obwongo mwe bubeera . Omuntu yekka asaanye okubeera ezadde ly’omukazi ateekwa kuba Mukama Yesu.

- “Kristo Yesu, eyaggyawo(ku musalaba) okufa (bw'atyo n'amanyi g'ekibi), n’amulisa obulamu n’obutazikirira olw’Enjiri”(2Tim.1:10).
- “Katonda bwe yatuma omwana we ye mu kifaananyi ky’omubiri gw’ekibi; era olw’ekibi; n’asalira omusango ekibi mu mubiri – kwe kugamba setaani owa Baibuli, omusota(Bar.8:3).
- Yesu “yalabisibwa okujjawo ebibi byaffe” (1 Yok 3:5).
- “Olimutuuma erinnya lye Yesu (amakulu nti: “Omulokozi”) kubanga alirokola abantu mu bibi byabwe” (Mat. 1:21).

Yesu “yakolebwa mu mukazi” (Bag. 4:4). Yali mwana wa Malyamu, wadde nga kitaawe yali Katonda. Kale mu ngeri eyo ye yali azzadde ly’omukazi naye si zzadde lya musajja kubanga teyalina kitaawe wa ku nsi. Ezzadde ly’omukazi lino omusota (ekibi), gwali gwa kulibojja lirumizibwemuko katono – “gwe olimubetenta ekisinziiro kye” (Lub. 3:15). Okubojjebwa ku kinsinziiro kawundu katono nnyo, bwogeraageranya n'okubententebwa ku mutwe okw'omusota. Enjogera nnyingi ezisibuka mu Baibuli eziri mu ngero: “kikube

omutwe"(kwe Kuyimiririza ddala ekintu oba okukikomenkerezza), kyandiba nga kisibuka ku bunnabbi buno obwa Yesu okubetenta omutwe gw'omusota.

Okusalira omusango ekibi; omusota, kwayita mu saddaaka ya Kristo ku musaalaba – wetegereze engeri ennyiriri ezo wagulu gye zoogera ku buwangunzi bwa Kristo eri ekibi ng'okwaggwa. N'olw'ekyo ekiwundu ku kisinziiro kya Yesu eky'akaseera obuseera, kitegeeza okufa kwe okw'ennaku essatu. Okuzuukira kwe kwakakasa ng'ekiwundu kye kyali sikya kubererawo ng'okugerangeranyiza n'okuzikiriza kw'ekibi. Kya ssanyu okulaba nti ebyawandikiikibwa ebitali bya mu Baibuli biraga ng'abakomererewanga ku musalaba bafumitibwanga emisumali mu bigere ku muti. Kale Yesu "yabetentebwa mu kisinziiro" olw'okufa kwe. Isaaya 53:4,5 kyogera ku Kristo ng'eyafumitibwa Katonda mu kufa kwe ku musalaba. Kino kikwekula amakulu g'obunnabbi obuli mu Lub 3:15 nti: omusota gulibetenta Kristo. Wabula, Katonda ye yakolera mu bubi Kristo bwe yatuukako, ayogerwaako wano ng'eyafumita Kristo Ye Yennyini (Isa 53:10), ng'afuga amaanyi g'obubi agaabetenta omwana We. Era bwatyo Katonda bw'akolera mu bubi abaana be bwe bayitamu buli omu.

**ENJAWUKANA YA LEERO**

Naye oyinza okuba nga mu birowoozo byo weebuuza nti "oba Yesu yazikiriza ekibi n'okufa (omusota), lwaki ate bikyaliwo?

Eky'okuddamu kiri nti ku musalaba, Yesu yazikiriza amaanyi g'ekibi mu ye: obunnabbi obuli mu Lub 3:15 okusookera ddala buli njawukana wakati wa Yesu n'ekibi. Kati kino kitegeeza nti olw'okutuyita okugabana ku buwanguzi bwe buno, oluvannyuma naffe, tuliwangula ekibi n'okufa.

Abo abatayitibwa okugabana ku buwanguzi bwe oba abakugaana, awatali kubusabuusa baalisigala mu kibi era n'okufa. Newakubadde ng'ekibi n'okufa abakkiriza n'abo bakyabitambuliramu, olw'okwetaba n'ezzadde ly'omukazi nga babatizibwa mu Kristo(Bag.3:27-29), bayinza okusonyiyiibwa ebibi byabwe oluvannyuma era ne balokolebwa mu kufa okuleetebwa ekibi. Yesu "yajjawo okufa" ku musalaba (2Tim.1:10), wadde nga kino kirituukirira ddala ng'enteekateeka ya Katonda n'ensi etukiriziddwa ku nkomerero y'emyaka olukumi kubanga ekibi tekiriddayo kubeera mu nsi. "Kubanga kimugwaniranga okufuga (mu kitundu ekisooka ky'obwakabaka) okutuusa lw'aliissa abalabe be bonna wansi w'ebigere bye. Omulabe alisembayo okuzikirizibwa kwe kufa"(1Kol.15:25,26).

Singa “tubatizibwa mu Kristo” olwo ebisuubizo ebikwata ku Yesu, ng’ekyo ekiri mu Lub.3:15, bifuuka byaffe buli omu; biba tebikyali bitundu butundu bisannyusa busannyusa mu Baibuli, bunnabbi n’ebisuubizo ebitukwatirako ddala naffe. Abo ababatizibwa mu Kristo nga bannyikibwa mu maazi, beetaba mu kufa n’okuzuukira kwe – ebirabikira mu kabonero ak’okuva wansi maazi mu (laba Bar.6:3-5).

Bwe kiba nga ddala kituufu tuli mu Yesu, awo obulamu bwaffe bujja kwolesa ebigambo ebiri mu Lub.3:15 – wajja kubaawo engeri y'okwawukana (“obulabe”) wakati w'obulungi n'obubi munda mu ffe. Pawulo omutume ow'amaanyi yannyonnyola engeri gyeyalwanaganangamu n'ekibi munda ye (Bar. 7:14 – 25).

Bwe tumala okubatizibwa mu Kristo, okulwanagana kuno n’ekibi ekituzaalirwamu, kweyongerera ddala – era kugenda mu maaso ennaku zaffe zonna. Mu ntegeera endala kino kizibu kubanga ekibi ky’amaanyi. Naye ate mu ngeri endala si bw'ekiri kubanga tuli mu Kristo, oyo ey’awangula okulwanagana kuno.

Ezzadde ly’omusota eryasookera ddala yali Kayini wabula ye obutafaananako nga musota ogw’ali tegutegeera bya mpisa, ye Kayini yali amanyi okwawula amazima n’obulimba, era ng'ategeera ekyo Katonda kye yali amwagalako, wabula n’asalawo okugoberera endowooza y’omusota eyamuletera okuttemula n’okulimba.

Nga bw’ekiri nti Abayudaaya be batta Yesu – kwe kugamba okubetenta ekisinziiro eky’ezzadde ly’omukazi – kiteekwa okusuubirwa nti baali byakulabirako bikulu ng’ezzadde ly’omusota. Yokaana omubatiza ne Yesu kino bakikakasa:

“Naye bwe (Yesu) yalaba Abafalisaayo abangi n’Abasaddukaayo abangi nga bajjirira okubatiza kwe n’abagamba nti Mmwe abaana b’emisota, ani eyabalabula okudduka obusungu obugenda okujja?” (Mat. 3:7).

“Yesu yamanya okulowooza kwabwe (Abafalisaayo) n’abagamba nti … mmwe abaana b’emisota, muyinza mutya okwogera ebigambo ebirungi?” (Mat. 12:25, 34).

Ensi erina ebikolwa by'ebimu bino eby’omusota. Engeri Yesu gye yayisangamu abantu abaali ezzadde ly’omusota esaanye okuba eky’okulabirako gye tuli.

- Yababuuliranga ekigambo kya Katonda mu mukwano n'okufaayo, kyokka
- Teyakoppa ngeri zaabwe na ndowooza yabwe, era
- Yabalaga okwagala kwa Katonda olw'engeri gye yeeyisangamu.

Naye ate kw'ebyo byonna ne beyongera okumukyawa. Olw'okufuba kwe ennyo okugondera Katonda kwa baleteera obujja. N'ab'ennyumba ye bennyini (Yok. 7:5, Mak. 3:21) n'emikwano gye (Yok.6:16) bateekawo ensalosalo n'abalala ne bamwabulira. Pawulo naye by'ebimu bye yayitamu bweyalajjana eri abo lumu abaali naye mu biseera ebizibu nti:
"Kale nfuuse mulabe wammwe nga mbabuulira amazima" (Bag. 4:14-16).

Amazima tegaagalibwa, okugamanya n'okugaasa mu nkola nga bwe tusaana, kijja kutuleeteranga obuzibuzibu, kabe kasinge n'okuyigganyizibwa.
"Naye nga mubiro biri eyazaalibwa olw'omubiri nga bwe yayigganya eyazaalibwa olw'omwoyo (olw'okumanya ekigambo kya Katonda ekituufu 1 Pet. 1:23), bwe kityo ne kaakano". (Bag. 4:29).

"Omuntu atali wa nsonga wa muzizo eri abatuukirivu: n'oyo akwata ekkubo eggolokofu wa muzizo eri ababi" (Ng. 29;27). Waliwo obukyayi, obuliwo wakati w'abakkiriza n'ab'ensi.

Bwe tuba nga mazima twegattira ddala wamu ne Yesu tuteekwa okuyita mu bimu ku biboonyobonyo naye bye yayitamu, awo naffe tulyoke tugabane ku empeera ye ey'ekitibwa. Nate Pawulo wano atuwa eky'okulabirako ekitenkanik:

"Ekigambo kino kyesigwa nti: kuba oba nga twafa naye, era tulibeera balamu naye (Kristo) oba nga tugumikiriza, era tulifuga naye: oba nga tulimwegaana, era naye alitwegaana ffe" (2 Tim. 2:11, 12), "Kyenva ngumiikiriza byonna" (2 Tim 2:10)."Oba nga banjigganyanga nze, nammwe banabayigganyanga . . . naye ebyo byonna banaabikolonga olw'erinnya lyange" (Yok. 15:20, 21).

Olw'ennyiriri nga zino, kyangu okukemebwa n'olowooza nti 'oba nga okwetaba wamu ne Yesu, ezzadde ly'omukazi bino bye bivaamu, wakiri okumuleka'. Naye tusuubira nti tetusobola kugenda mu kintu kyonna kitasoboka. Wadde ng'okwewaayo okwa ssekinoomu kwetagisa okusobola okwegata awamu ne Kristo, okwetaba awamu naye kulireta empeera ey'ekitiibwa anti "okubonabona kwa kaakano tekwenkanankana na

kitiibwa ekiritubikulirwa ffe”. Ne kaakati, ssaddakka ye esobozesa essala zaffe ez’okuyambibwa mu bizibu bye tuyitamu mu bulamu buno, okuba ez’amaanyi eri Katonda. N’eyongera ku kusuubira okw’ekitiibwa kuno:

“Naye Katonda mwesigwa, ataabaganyenga kukemebwa okusinga bwe muyinza; naye awamu n’okukemebwa anassangawo  n’obuddukiro, mulyoke muyinzenga okugumiikiriza” (1 Kol. 10:13).

“Ebyo mbibabuulidde mube n’emirembe mu nze. Mu nsi mulina ennaku: naye mugume, nze mpangudde ensi”(Yok. 16:33).

“Kale tunaayogera tutya ku ebyo? Katonda bw’abeera ku lwaffe, omulabe waffe ani?” (Bar. 8:31).

### 3.3 EKISUUBIZO ERI NUWA

Ng’ebyafaayo eby’abantu bwe byagenda mu maaso Adamu ne Kaawa nga bamaze okuvaawo, obubi bw’omuntu ne bweyongera. Ky’atuuka ekiseera obugunjufu n’empisa ey’abantu ne byoononekera ddala, ne kiletera Katonda okuzikiriza ebintu byonna ebyaliwo ng'ojjeeko Nuwa n’abennyumba ye (Lub 6:5-8). Katonda yamugamba okwezimbira eryaato mwalibeera wamu n’abantu eb’ennyumba ye n’ebimu ku bisolo nga Katonda azikiriza ensi n’amataba. Ng'ojjeeko Eby'awandiikibwa Ebituukuvu, waliwo ebitukiddwaako Bannasayansi okukukkirizisa nti ddala amataba gano galiwo. Wetergereze nti ensi eno gye tulimu teyazikkirizibwa, baali abantu ababi bonna bonna abaali bagibeeramu: “Buli nnyama etambula ku nsi n’efa” (Lub. 7:21). Yesu (mu Matayo 25:37) ne Peetero (mu 2Peet. 3:- 6-12) bombi balaba ng’okusalirwa kw’ensi ya Nuwa omusango, kulina ebifaananamu n’okwo okulibeerawo ku madda ga Kristo ag’okubiri. Bwe kityo obubi bw’omuntu mu mulembe gwa Nuwa bwenkanaakanyizibwa n’obw’ensi yaffe eya kati, eneetera okubonerezebwa ku kudda kwa Kristo.

Olw'obwonoonefu bw’omuntu n'entegeka ye okwezikiriza ye yennyini gyatandisewo ku nsi eno, wabalusewo endowooza; ne mu Bakristaayo nti ensi eno egenda kusaanyizibwaawo. Endowooza nga eno eraga bulungi obutabeera na kumanya kw'amazima nti Katonda akyakola ne leero, era afaayo, nti era mu kiseera ekitali kya wala Kristo Yesu, ajja kudda asseewo obwakabaka bwa Katonda wano ku nsi. Singa omuntu alekebwa okusaanyawo

ensi eno, olwo ebisuubizo bino biba tebisobola kutuukirira. Ebyo ebiraga ng'obwakabaka bwa Katonda bwe bujja okubeera wano ku nsi bisangibwa mu Ssomo 4.7 ne mu Ssomo 5. Katukuwe obukakafu ng’ensi eno gye tutuulako n’eggulu tebirizikirizibwa wammanga.

- “Ng’ensi gye yanyweza emirembe gyonna” (Zab. 78:69).
- “Ensi n’ebeerara awo ennaku zonna” (Mub. 1:4).
- “Mumutendereze, mmwe enjuba n’omwezi . . . emmunyeenye . . . eggulu . . . Era yabinyweza okutuusa emirembe n’emirembe: yateeka etteeka eritaridiba” (Zab. 148:3-6).
- “Kubanga ensi erijjula okumanya Mukama, ng’amazzi bwe gasaanikira ennyanja” (Isa 11:9; Kub 14:21) – kino kizibu, singa Katonda aleka ensi ne yezikiriza. Ekyasuubizibwa ekyo tekinnatuukirira.
- “Katonda ayabumba ensi n’agikola; ye yaginyweza, yagitonda obutaba ddungu, yagibumba okutuulwamu”, (Isa 45:18). Oba nga Mukama yabumba ensi okulaba nti ezikirizibwa, kale omulimu gwe guba gwa bwereere.

Naye okuviira ddala emabega mu Ollubereberye, Katonda yasuubiza Nuwa ebintu bino byonna. Nga bwe yatandiika okutuula mu nsi empya eyaleetebwa amataba, oba olyawo Nuwa yatya nti wayinza okubaawo okuzikkiribwa okunene nate. Enkuba buli lwe yatonyanga, okulowooza kuno kirabika kwamugiranga mu mutima gwe, oluvannyuma lw'amataba. Kale Katonda kwe kukola endagaano (ebisuubizo ebiwera) nti kino tekiriddamu kubeerawo.

“Nange laba nnywezeza endagaano yange nammwe . . . naanywezanga endagaano yange nammwe; so ebirina omubiri byonna tebikyazikirizibwa nate . . . n’amazzi ag’amataba; so tewakyabaawo mataba nate mulundi gwa kubiri okuzikiriza ensi” (Lub. 9:9-12).

Endagaano eno yakakasibwa, na kabonero ka musoke.
“Kale olunatuukanga, bwe nnaaleetanga ekire ku nsi, musoke anaalabikanga ku kire nange najjukiranga endagaano yange, gye ndagaanye nze nammwe na buli kitonde kiramu . . . njijukire endagaano eteridiba Katonda gyalagaanye na buli kitonde ekiramu… ekiri mu nsi. Katonda n’agamba nti ako ke kabonero ak’endagaano gye nnywezeza nze’’(Lub.9:13-17).

Olw’okuba nga ndagaano ey’ennaku zonna wakati wa Katonda n’abantu n’ebisolo ku nsi, kiba kitegeeza nti ensi erina okubeerangamu abantu n’ebisolo abanagitulangamu ennaku zonna. Kino kyokka bukakafu obumala okulaga ng'obwakabaka bwa Katonda bwe bugenda okubeera ku nsi, so si mu ggulu.

Kale ekisuubizo eri Nuwa musingi ogw’Enjiri y’Obwakabaka, era kiraga, engeri Katonda gya tunuuliramu nkalakalira ensi eno, n’engeri gyalinayo ekigendererwa eky'olubeerera. Ne mu busungu, ajjukira okusaasira (Kaab. 3:2), n’okwagala kwe kungi kumutuusa n'okulabirira ebisolo bye (Kol. 9:9 geragerааnya ne Yona 4:11)

## 3.4 EKISUUBIZO ERI IBULAYIMU

Waliwo enkwasaganya wakati w'ekisuubizo mu Adeni n'ekisuubizo eri Ibulayimu. Ensi okukulukutiramu amata n'omubisi (geraageranya ne nnimiro y'Adeni), eggwanga eritabalika (geraageranya ne “mweyongerenga mwalenga”), ne obwaKabaka (geraageranya ne mujjuze ensi mugirye; mufugenga . . . Lub.1:28). Tulaba wano olujjegere olw'ekigendererwa kya Katonda nga lweyogerayo; ekyo Kyayagala kyabikulibwa okuyita mu byasuubizibwa, asobozese abantu okuddamu okufuna ebyabulira mu Adeni.

Enjiri ya Yesu n’abatume gye basomesanga yali tekyukamu kinene nnyo ku eyo Ibulayimu gye yamanya. Mu byawandikibwa, Katonda “yabuulira olubereberye Ibulayimu enjiri”(Bag.3:8). Okumanya ng’ebyawandiikibwa bino bikulu nnyo, Peetero bye yatandika nabyo mu kubuulira kwe, ate n’amaliriza n’abyo ku nkomerero yokwogera kwe eri abantu (Bik. 3:13, 25). Singa tutegeera ebyo ebyasomesebwa Ibulayimu, wama kale tuyinza okufuna ekifaananyi ekikulu eky’obubaka bw’Enjiri y’Obukristayo.
Waliwo ebiraga ebirala “ ng’Enjiri” teyatandika mu kiseera kya Kristo.

- “Ffe tubabuulira ebigambo ebirungi (Enjiri), eby’okusuubiza okwasuubizibwa bajjajja”- Abayudaaya (Bar. 13:32,33).
- “Enjiri ya Katonda, gye yasuubiriza edda mu bannabi be (nga Ibulayimu, Lub.20:7) mu byawandiikibwa ebitukuvu” (Bar. 1:1,2).
- “ Enjiri kyeyava ebuulirwa era n’ abafu (1 Peet. 4:6) - kwe ku gamba: abo abakkiriza abaliwo ne bafa ng'ekyaasa ekyasooka tekinnaba.

- “ Kubanga naffe twabuulirwa enjiri, era nga bo” (Beb. 4:2) – kwe kugamba Isiraeri bwe yali mu ddungu.

Ebisuubizo eri Ibulayimu birimu emirarmwa emikulu gya mirundi ebiri.

- Ebyo ebikwata ku zzadde lya Ibulayimu ery’enjawulo
- n’ ebyo ebikwata ku ensi eyasuubizibwa Ibulayimu.

Ebyasuubizibwa bino byogerwako mu Ndagaano Empya, era nga bw’eri enkola yaffe ey,okuleka Baibuli yeyogeerere, tujja kugatta ebyo ebisomesebwa mu Ndagaano zombi okutuwa ekifaananyi kyonna eky’Endagaano eyakolebwa ne Ibulayimu.

Ibulayimu yali abeera mu Uli mu kusooka, ekibuga ekyali kyakulankulana ennyo ekisangibwa mu nsi kati emanyiddwa nga Iraq. Abo abanoonyereza ku byafaayo eby’edda balaga omutindo gw'obugunjufu gwe kyaliko mu biseera bya Ibulayimu. Mwalimu enkola ey'amatterekero ga ssente, abakozi ba gavumenti, na byonna eby'enkulankukulana. Ibulayimu yalina by'amanyiko ku Katonda, ne ku kigambo kye, kyokka ye yali omwesigwa yekka mu Uli (Isa. 51:2; Nek.9:8). Awo nayitwa Katonda mu ngeri ey'enjawullo – aleke obulamu obulungi atandiike olugendo olw’omu nsi eyasuubizibwa. Ludda wa oba wa ensi gye yali tebyamutegeezebwa bulungi nnyo. Ebyo nga biwedde, kyagenda okuzulibwa ng’olugendo lw’ali lwa milo 1,500. Ensi yali Kanaani – Isiraeri eya leero.

Oluusi Ibulayimu mu bulamu bwe Katonda yamulabikiranga era n’addamu ate okumugaziyiza mu bisuubizo bye. Ebisuubizo ebyo y’ensibuko ey’enjiri ya Kristo. Kale nafe ng'Abakristaayo abatufu okuyitwa kwe kumu okwo ng'okwa Ibulayimu kwe kwajja gye tuli, okuleka ebintu eby’obulamu buno eby'akaseera obuseera, okweyuna obulamu obw’omu kukkiriza, n'okutwala Katonda bye yasuubiza nga bwe biri, nga tunywerera ku kigambo kye. Tuyinza okuteberezamu engeri Ibulayimu gye yafumitirizangamu ku bisuubizo ebyo mu lungedo lwe. “ Olw’okukiriza, Ibulayimu bwe yayitibwa (okuva mu Uli ), n’awulira n’okugenda n’agenda mu kifo kye yali agenda okuweebwa okuba obusika, n’avaayo nga tamanyi gy’agenda” ( Beb 11: 8 ).

Nga bwetufumitiriza ku bisuubizo bya Katonda omulundi ogusooka, naffe tuyiza okuwulira ng'abatamanyidde ddala nsi nsuubize ey’obwakabaka bwa Katonda ngeri ki

gyeribeeramu. Naye okukkiriza kwaffe mu kigambo kya Katonda kwandibadde kwa kuyayanira okumugondera.

Ibulayimu teyali muntu asengukasenguka ataliina kya kukola okujjako okukozesa omukisa gwe eri ebisuubizo bino. Mu kutwaaliza awamu yali mu mbeera eyo erimu bingi ebifaananako ne byaffe kati. Eby'okusalawo ebitaali byangu gyali, by'ebimu naffe byetuyinza okwesangamu nga tusalawo oba tukkiriza n'okutambulira mu bisuubizo bya Katonda oba okubigana. Ekintu ekimu kyokka ekyayongerangamu Ibulayimu amaanyi mu lugendo lwe lwonna olw'emyaka emingi kyali ekigambo ky'ebyamusuubizibwa. Ateekwa okuba nga yejjukannyanga ebigambo ebyo era n'okufumintiriza amakulu gaabyo buli lunaku.

Mu kulaga okukkiriza ng’okwo n'okukolerako, tuyinza okufuna ekitiibwa nga Ibulayimu okuyitibwa - mikwano gya Katonda (Isa 41: 8), okuzula amagezi ga Katonda (Lub18:17) n’okufuna essuubi ly’obulamu obutaggwaawo mu bwakabaka. Nate twongera okukaatiriza nti Enjiri ya Kristo yesigamiziddwa ku bisuubizo eri Ibulayimu. Okukkiririza ddala mu bubaka bw'Obukristaayo naffe tuteekwa okumanyira ddala ebisuubizo eri Ibulayimu. We bitali okukkiriza kwaffe si kukkiriza.Tuteekwa okuyaayanira okusoma entakera ebigambo ebyali wakati wa Katonda ne Ibulayimu.

**ENSI**

- “ Vva mu nsi yo . . .  ogenda mu nsi gye ndikulaga” ( Lub 12 : 1 ).
- “ Ibulayimu n’agenda ng’atambula . . .  n’atuuka e Beseri  (mu makatti ga Isiraeri). Mukama n’amugamba nti . . .  yimusa kaaakano amaaso go, otunule ng’oyima mu kifo mw’oli, obukiika obwa kkono n’obwa ddyo,n’ebuvanjuba n’ebugwanjuba, kubanga ensi yonna gy’olabye ndigiwa gwe, n’ezzadde lyo emirembe gyonna . . .golokoka, otambule obune ensi . . .  kubanga ndigiwa ggwe”  ( Lub 13 : 3, 14 – 17 ).
- “ Mukama  nalagana ne Ibulayimu, ng’ayogera nti ezadde lyo ndiwade ensi eno, okuva ku mugga ogw’e Misiri okutuuka ku mugga omunene, omugga Fulaati” ( Lub 15:18).
- “ Era ndikuwa  ggwe n’ezzande lyo eririddawo ensi gye watambulirangamu, ensi yonna eya Kanani, okugirya emirembe gyonna” ( Lub 17 ; 8 ).

- “Okusuubiza tekwawerwa Ibulayimu newankubade ezzade lye nti alibeera musika wa nsi zonna ( Bar. 4:13 ).

Wano tulaba okubikkulirwa okukyagenda mu maaso eri Ibulayimu.

- ‘Waliyo ensi gye njagala ogendemu’
- ‘Kaakano otuuse mu kifo. Gwe n’abaana bo munatulanga wano ennaku zonna.’Wetegereze engeri ekisuubizo ky'obulamu obutaggwaawo kino gye kiwandikiddwa nga tekirina na kasikiriza, wadde okukikkaatiriza, awatali kubuusabusa omuwandisi yandibadde akitekamu akasikiriza.
- Ekifo eky’ensi ensuubize kyannyonnyolwa bulungi.
- Ibulayimu yali tasuubira kufuna kyasuubizibwa mu bulamu bwe—yali waakubeera “mutambuze” mu nsi, yadde ng’oluvannyuma yali wa kubeerera ddala omwo. Kino muli kiraga nti yali wa kufa, oluvannyuma azuukizibwe okumusobozesa okufuna ekisuubizo kino
- Pawulo ng’alungamizibwa, yategeera ng’ebyasuubizibwa Ibulayimu byali bitegeeza nti yali wa kusikira ensi yonna.

Ekyawandikibwa kigenda mu maaso okutujjukiza nti Ibulayimu teyafuna ebyamusuubizibwa bino mu bulamu bwe.
“ Olw’okukkiriza n’abeeranga omugenyi mu nsi eyamusuubizibwa, ng’etali yiye, ng’asula mu weema wamu ne Isaaka ne yakobo” ( Beb. 11: 9).

Ibulayimu ensi yagirimu ng’omuyise, ndowooza ng’ali ng’abanoonyi b'obubudamu bwe babeera bebwalabwala olw'obutaba na bukumi bumala nga bali mu nsi etali yaabwe. Yali tatuula mu nsi eno na zadde lye ng’ekyawandiibwa bwe kigamba. Awamu n’abaana be Isaaka, Yakobo (abaddirwaamu ebyasuubizibwa bino byennyini), “yafiira mu kukkiriza nga tafunye ebyasuubizibwa ebyo, naye nga babirengerera wala, era nga babiramusa, era nga batuula nga bangeyi era batambuze ku nsi “ (Beb. 11:13) Wekkaanye emitendera ena.

- Okumanya ebyasuubizibwa – nga bwe tukola mu ssomo lino.
- Okusikirizibwa ebisuubizo bino – oba nga Ibulayimu yayita mu bingi okusikirizibwa, ffe tekitwetagisa kukirawo?
- Okubiramusa – ku lw’okubatizibwa mu kristo (Bag. 3:27-29).

- Okujjuliranga eri ensi mu nneyisa yaffe, okulaga nti ensi eno si kwe  kwaffe kwennyini, naye tuli mu kusuubira omulembe ogugenda okujja ku nsi.

 Ebintu bino bwe tubisiima, Ibulayimu atufuukira kyakulabirako era omuzira waffe, singa tutegeera. Okutegeerera ddala nti ebisuubizo bino byali bya kubeerawo mu maaso eyo, Nnamukadde Ibulayimu yakumanya nga mukazi we afudde, mazima yalina okugula akatundu amuzikemu kyokka ku nsi eyamusuubizibwa (Bik.7:16). Mazima Katonda uteyamuwa butaka ku yo wadde awajja ekigere; so nga yamusuubiza okigimuwa okugirya“ (Bik.7:5). Ezzadde lya Ibulayimu erya kaakati liyinza okuwulira ekizibu kye kimu; bagula oba okupangisa – ku nsi eyabasuubizibwa okubeera eyabwe ennaku zonna.

Naye Katonda akuuma ebyo byonna bye yasuubiza. Olunaku luteekwa okutuuka Ibulayimu n’abo bonna abasuubizibwa ebyo lwe baliweebwa empeera yaabwe. Beb. 11: 13, 39, 40. kinnyonnyola bulungi nyo ku nsonga eno.
“Abo bonna bafiira mu kukiriza nga tebaweereddwa ebyasuubizibwa, Katonda bwe yatulabira edda ffe ekisinga obulungi, bo baleme okutukirizibwa ffe nga tetuliiwo”.

.Abakkiriza abatuufu bonna balifunira wamu empeera yabwe era mu kiseera kimu, amakulu nti, mu maaso g’entebe ey’emisango ku lunaku olw’enkomerero (2Tim. 4:1,8; Mat. 25:31-34, 1Peet. 5:4). Olwo ne kiba nti; olw’okubeerawo okusalirwa omusango, Ibulayimu n’abalala abaamanya ebisuubizo ebyo bateekwa okuzuukizibwa ng’okusala omusango tekunnaba. Bwe baba nga na kati tebannafuna byasuubizibwa era nga balina kubifuna oluvannyuma olw’okuzuukira n’okusalirwa omusango, nga Kristo akomyeewo, tewali ngeri ndala okugyako okukkiriza nti abalinga Ibulayimu kati tebawulira, balindirira kuzukizibwa Kristo.

**EZZADDE**

Nga bwe kyannyonnyoddwa mu ssomo 3:2, ekisuubizo ky’ezzadde okusookera ddala kitegeeza Yesu, n’ekizzaako, abo abali “mu Kristo” n’olw’ekyo era nabo babalibwa ng’ezzade lya Ibulayimu.

- “Ndikufuula eggwanga eddene, era nnaakuwanga omukisa…ne mu ggwe ebika byonna eby’omu nsi mwe biriweerwa omukisa” (Lub. 12:2, 3).

- “Era ndifuula ezzadde lyo ng’enfuufu ey’oku nsi, era omuntu bwayiza okubala enfuufu ey’oku nsi, era n’ezzadde lyo liribalika…kubanga ensi gy’olabye eyo yonna ndigiwa ggwe n’ezzadde lyo emirembe gyonna’. (Lub. 13:15,16).
- “Tunuulira eggulu kaakano, obale emmunyeenye, bw’onoyinza okuzibala…ezzadde lyo bwe liriba bwe lityo…ezzadde lyo ndiwadde ensi eno” (Lub 15:5,18).
- Era ndikuwa…n’ezzadde lyo eririddawo…ensi eya Kanani, okugirya emirembe gyonna; era nze nnaabeeranga Katonda waabwe” (Lub.17:8).
- “N’okweyongera nnaakwongerangako ezzadde lyo ng’emmunyeenye ez’omu ggulu, ng’omusenyu oguli ku ttale ly’ennyanja; era ezzadde lyo balirya omulyango ogw’abalabe babwe, era mu zzadde lyo amawanga gonna ag’omu nsi mwe galiweerwa omukisa” (Lub. 22; 17,18).

Era, Ibulayimu okutegeera “eby'ezadde” kwagenda kugaziyizibwa.

- Ekisookera dala bagamba mugambe nti aliba n’ezadde ddene eritali lya bulijjo, ne mu “zzadde” lye amawanga gonna ag’oku nsi mwe galiwerwa omukisa.
- Oluvanyuma yategeezebwa nti yali wakufuna ezzadde omulibeera abantu abangi, abantu bano nga balibeera wamu naye mu bulamu obw'oluberera mu nsi gy'eyali atuuseemu; ensi y'e Kanaani.
- Yategeezebwa nti ezaadde lye balibeera bangi ng’emmunyeenye ez’omu ggulu. Kino kyandiba nga ku ye ky’ali kitegeeza ezzadde ery’omwoyo(emmunyeenye z’omu ggulu) nga kuno kw’ogasse n’abo ob’omu mubiri (“ng’enfuufu ey’oku nsi”).
- Ebisuubizo eby'ali byamuweebwa emabegako by’ali bikulu nnyo olw’ensonga nti byayongerwako essuubi nti abantu abangi abalifuuka ekitundu ku zzadde balibeera n’enkolagana wakati wabwe ne Katonda.
- Ezzadde liriba n'obuwanguzi eri abalabe baalyo.
- Wekkaanye nti ezzadde ly’ali lya kuleeta “emikisa” eri abantu okuva mu nsi yonna. Mu Baibuli eky’omukisa kino kitera ku kwata ku kisonyiwo kya bibi. Ate oba guno gwe mukisa ogusingayo obunene omuntu ayagala Katonda yenna gwe yandyagadde. Kale tusoma ku bintu nga: “Aweereddwa omukisa asonyiyiddwa ekyonoono kye n’ekibi” (Zab.32:1); “Ekikompe eky’omukisa” (1 Kol. 10:16); nga kino kyogera ku kikompe eky’envinnyo ekikiirira omusaayi gwa Kristo, omwo akusonyiwa ebibi mwe kusobokera.

Kirabikirawo ng'ezzadde lya Ibulayimu eyaleeta okusonyiwa ebibi eri ensi, ye Yesu, yekka, n'Endagaano Empya etuwa obukakafu ku ky'ebisuubizo eri Ibulayimu.

"Tayogera (Katonda) nti n'eri abazzukulu, nga bangi, naye ng'omu nti n'eri omuzzukulu wo, ye Kristo"(Bag. 3:16).

"……. ab'Endagaano Katonda gye yalagaana ne bajjajjammwe, ng'agamba Ibulayimu nti ne mu zzande lyo ebika byonna mwe biriweerwa omukisa. Okusooka gye muli Katonda, bwe yamala okuzuukiza omulenzi we n'amutuma gye muli abawe omukisa ng'akyusa buli muntu mu bibi byammwe" (Bik. 3:25,26).

Wekkaanye engeri Peetero wano gyajulizaamu Lub.22:18.
Ezzadde = Yesu
Omukisa = okusonyibwa ebibi.

Ekyasuubizibwa nti Yesu, ezzade, aliwangula abalabe be, wano we kigiramu singa kisomwa nga tutunuliza obuwanguzi bwe eri ekibi – omulabe w'abantu ba Katonda asingayo, kale n'eri Yesu naye yennyini.

**OKWEGATTA KU ZZADDE**

Kati we tutuuse kyandibadde kitegeerekeka nti Ibulayimu yategeera ebintu ebikulu eby'Enjiri y'Obukristayo. Naye ebisuubizo ebikulu bino by'ali eri Ibulayimu n'ezzadde lye, Yesu. Naye ate abalala? N'abaana ob'omubiri ezzadde lya Ibulayimu erya ddala tebafukiirawo ng'ekitundu, ku zzadde eryo (Yok. 8:39; Bar. 9:7). Mu ngeri endala naffe tulina okuba abamu ne Yesu, olwo tusobole okugabana ku ebyo ebyasuubizibwa ezzadde. Kino tukifuna nga tubatizibwa okuyingira mu Yesu (Bar. 6:3-5); emirundi mingi tusoma ku kubatizibwa mu linnya lye (Bik. 2:38; 8:16;10:48; 19:5). Bag. 3:27-29 kinnyonnyola bulungi ku nsonga eno.

Kubanga mwenna abaabatizibwa okuyingira mu Kristo, mwayambala Kristo. Tewali Muyudaaya, newakubadde Omuyonaani, tewali muddu newakubadde ow'eddembe,
Tewali musajja na mukazi, kubanga mmwe mwenna muli omu mu Kristo Yesu. Era mmwe bwe muli aba Kristo,Kale muli zzadde lya Ibulayimu era muli basika ng'okusuubiza bwe kwali".

Ekisuubizo kya bulamu obutaggwaawo ku nsi okuyita mu ‘mukisa” ogw’okusonyiyibwa mu Yesu. Okubatizibwa okuyingira mu Yesu, ezzadde, kwe kutuleteera okugabana ku byamusuubizibwa, Bar. 8:17 kwe kutuyita “abasikira awamu ne Kristo”. Abantu okuva mu mawanga gonna “bamukisa” ng’abafuuka ekitundu ku zzadde nga bayita mu kubatizibwa mu ye – kale begabira ku mikisa egyasuubizibwa (Lub. 22:18 RV marg).

Jjukira nti omukisa gwali gwa kukka ku bantu ab'ebitundu byonna eby’oku nsi, nga guyita mu zzadde; era ezzadde lyali lyakufuuka ekibiina ekinene eky’abantu mu nsi yonna, ng’omusenyu ogw’ensi n’emmunyeenye ez’omu ggulu. Ne kiba nti kyava ku kuweebwa omukisa mu kusooka balyooke bafuuke ezzadde. Kale ezzadde (erimu) “libalirwa Mukama ng’omulembe” (kwe kugamba abantu abangi; Zab. 22:30).

Tusobola okufunzamu emitwe ebiri egiri mu bisuubizo eri Ibulayimu bwe tuti.

**ENSI**

Ibulayimu n’ezzadde lye, Yesu, n’abo abali mu ye balisikira ensi eya Kanani era balibuna ensi yonna ne bagitulengamu ennaku zonna. Mu bulamu buno si bakugifuna, wabula ku nkomerero, Yesu bw'alikomawo.

**EZZADDE**

Okusookera ddala ono yali Yesu. Mu ye, ebibi (abalabe) by’abantu birimalibwawo, awo nno emikisa gy’okusonyibwa gilyoke gibeere mu nsi yonna.

Olw'okubatizibwa okuyingira mu linya lya Yesu tufuuka abamu ku zzadde.

Emiramwa gino gyombi gisangibwa mu kubuulira kwe Ndagaano Empya, era tekyewunyisa nti kyawandiikibwa emirundi mingi nti awo bwe bawuliringa bisomesebwa, awo ne balyoka babatizibwa. Lino lye lyali era ly'erikyali ekkubo omwo naffe ebisuubizo bino gye bisobola okutukolerwa. Kati tusobola okutegeera lwaki Pawulo mu bukadde bwe ng’alindirira okufa yannyonnyola ku ssuubi lye nga: “essuubi lya Israeri”(Bik.28:20): essubi ly'Abakristaayo ettuufu ly'erya Abayudaaya eryasooka. Enjogera ya Kristo nti “obulokozi buva mu Bayudaaya” (Yok. 4:22) kiteekwa okuba ng'era kiraga obwetaavu bw’okufuuka Abayudaaya b'omu mwoyo, olwo kitusobozese okuganyulwa okuli mu bisuubizo eby’obulokozi okuyita mu Kristo ebyaweebwa bajjajjaffe Abayudaaya.

Tusoma nti Abakristayo abasooka babuuliranga;-

- Ebyo ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda ne
- Erinnya lya Yesu Kristo (Bik. 8:12).

Bino by'ebitntu ebibiri byennyini ebyannyonnyolwa Ibulayimu ng'emitwe gyabyo gya njawulo muuko katono.

- Ebyasuubizibwa ebikwata ku ttaka ne
- Ebyasuubizibwa ebikwata ku zzadde.

Wetegereze nti "ebyo"(bingi) ebikwata ku bwakabaka ne Yesu mu bufunze biri nga: "okubuulira Kristo"(Bik.8:5 geraageranya ne n'olunyiriri 12). Ebiseera ebirala kino kitwalibwa okutegeeza: "Yesu akwagala, yogera bwogezi nti okkiriza yakufirira, ng'olokose!". Byonna bituufu mu ntegeera entonontono. Naye ekigambo "Kristo" mu bufunze kisomesa ku bintu bingi ebimukwatako n'obwakabaka bwe obugenda okujja. Amawulire amalungi agakwata ku bwakabaka buno agabuulirwa Ibulayimu g'akola ekitundu kinene mu kubuulira okw'enjiri okwasooka.

Mu Efeso, "emyezi essatu Pawulo yali, ng'awakananga era ng'asendasendanga olw'ebigambo eby'obwakabaka bwa Katonda" (Bik.19:8,20:25); era ne mu Roma kyali ky'ekimu kino, "N'abannyonnyola ng'ategeeza obwakabaka bwa Katonda, era ng'abakkirizisa ebigambo bya Yesu mu mateeka … ne mu bya bannabbi"(Bik.28:23,31). Eky'okuba nti waliwo eby'okwogerako bingi, kiraga obubaka obukulu obw'Enjiri obukwata ku bwakabaka ne Yesu. Tekwalinga kugamba bugambi nti "kiriza Yesu". Ebyo Katonda bye yabikuulira Ibulayimu byali bisingawo ku ebyo, n'ebintu ebyamusuubizibwa y'ensibuko y'Enjiri y'Obukristayo.

Tulaze nti okubatizibwa okuyingira mu Kristo kitufuula okubeera abamu ku zzadde, era ne tusobola okusikira ebyasuubizibwa (Bag. 3:27-29), naye okubatizibwa kwokka tekimala kutusobozesa kufuna obulokozi obwasuubizibwa. Tuteekwa okusigala mu zzadde, mu Kristo, bwe tuba ab'okufuna ku bisuubizo ebyasuubizibwa ezzadde. Kale okubatizibwa ye ntandiikwa; tubeera tuyingidde empaka ezo ze tuba tulina okudduka. Tewerabira nti okubeera obubeezi ezzadde ly'omubiri eri Ibulayimu kyokka, tekitegeeza nti tuba tukkirizibwa mu maaso ga Katonda. Aba Israeri zzadde lya Ibulayimu naye kino tekitegeeza nti balirokolebwa nga tabamaze kubatizibwa n'okukyusa obulamu bwabwe eri

Kristo n'eky'okulabirako kya Ibulayimu (Bar. 9:7, 8: 4:13, 14). Yesu yagamba Abayudaaya nti: "Mmanyi nti muli zzadde lya Ibulayimu, naye musala amagezi okunzita . . . singa mubadde baana ba Ibulayimu, mwandikoze ebikolwa bya Ibulayimu" (Yok. 8;37,39), nga kwe kwali okubeera mu bulamu obw'okukkiririza mu Katonda ne Kristo, ezzadde eryasuubizibwa (Yok. 6:29).

Ezzadde lirina okubeera n'ebikolwa ng'ebya bajjajja balyo. Bwe tuba nga tuli bakubeera ezzadde lya Ibulayimu ettuufu tetuteekwa kubatizibwa kyokka, naye tulina okuba n'okukkiririza okutuufu mu ebyo Katonda bye yasuubiza, nga ye kwe yalina. N'olw'ekyo ayitibwa "jjajja w'abo abakkiriza bonna . . .  era abatambulira mu kukkiriza okwa jjajjaffe Ibulayimu, kwe yali naakwo" (Bar. 4:11, 12), "Kale mutegeera(mu kimanyire ddala) ng'abayima mu kukkiriza be baana ba Ibulayimu (Bag. 3:7).

Okukkiriza okutuufu kuteekwa okugenderako n'ebikolwa, okutali okwo, mu maaso ga Mukama tekuba kukkiriza (Yakobo 2:17). Twolesa okukkiriza kwaffe eri ebyasuubizibwa bino bye tuyizeko  nga tubatizibwa okusooka, olwo ne biryoka bitukwatako kinoomu (Bag. 3;27-29). Kale ddala okkiriza ebyo Katonda bye yasuubiza? Kino ky'ekibuuzo kye tulina okwebuuza obulamu bwaffe bwonna.

**ENDAGAANO ENKADDE N'EMPYA**

Kati kyandibadde kirabika ng'ebyasuubizibwa Ibulayimu mu bufunze ye Nnjiri ya Kristo. Ebyasuubizibwa ebirala Katonda bye yakola by'ali n' Abayudaaya mu teeka lya Musa. Bino by'ali bigamba nti singa Abayudaaya bagondera eteeka lino banaafunanga omukisa mu bulamu buno (Ma. 28). Mu bisuubizo bino oba endagaano, temwalimu kisuubizo kyessimbu eky'obulamu obutaggwaawo. Kale tulaba nga waliwo "endagaano" bbiri ezaakolebwa.

- Eri Ibulayimu n'ezzadde lye, okusuubizibwa okw'okusonyiwa ebibi n'obulamu obutaggwaawo mu bwakabaka bwa Katonda nga Kristo akomyewo. Ekisuubizo kino kya kolebwa mu Adeni ate n'eri Dawudi. Eno "y'Endagaano Empya". Endagaano eno Empya bw'erikolebwa ne Isireari nga Kristo akomyewo, eribeeramu ne byasuubizibwa Ibulayimu nti "naabeeranga Katonda waabwe" (Yer. 31.33, gerageranya ne Lub. 17:8).

- Eri Abayudaaya mu kiseera kya Musa, nga basuubizibwa okuba n’emirembe n’essanyu mu bulamu bwabwe obwa kaakano singa bagonderanga eteeka eryo Katonda lye yawa Musa.

Katonda yasuubiza Ibulayimu okusonyiwa ebibi n’obulamu obutaggwaawo mu bwakabaka, naye kino kyali kya kusoboka olwa ssaddaaka ya Yesu. Kyetuva tusoma tusoma nti okufa kwa Kristo ku musalaba kwatuukiriza ebyo ebyasuubizibwa Ibulayimu (Bag. 3:17; Bar.15:8; Dan. 9;27; 2 Kol, 1:20), n’olw’ekyo omusaayi ggwe guyitibwa “omusaayi ogw’endagaano empya” (Mat. 26:28). Kino kye tujjukira anti Yesu yatulagira bulijjo okunywanga ku kikompe ky’enviini, akabonero k'omusaayi gwe, okutujjukiza ebitntu bino (Laba 1 Kol. 11:25); “Ekikompe kino ye ndagaano empya mu musaayi gwange” (Lukka 22:20). Tekibamu makulu “okumenya omugaati” olw’okujjukira Yesu n’omulimu gwe okujjako nga bino tubitegeera.

Ekisonyiwo n’obulamu obutaggwaawo mu Bwakabaka bwa Katonda, Ssaddaaka ya Kristo yabifuula byangu;' bw’atyo n’afuula ebyasuubizibwa Ibulayimu okuba eby’amazima yali “bw’atyo omuyima ow’endagaano esinga obulungi”(Beb. 7:22). Beb.10:9 kyogera ku Yesu “okuggyawo eky’olubereberye anyweze eky’okubiri”(ekiragaano). Kino kiraga nti Yesu bwe yanyweza ebyasuubizibwa Ibulayimu, y’aggyawo endagaano, eyo eyaweebwa ng’eyita mu Musa. Enyiriri ezo ze tumaze okujjuliza ku Yesu ng'akakasa endagaano empya mu kufa kwe, ziraga nti waliiwo endagaano enkadde gye yagyawo (Beb. 8:13).

Kino kitegeeza nti newakubadde endagaano ekwata ku Kristo ye yakolebwa okusooka, teyakolerarwo okutuusa ng’amaze okufa, kwe kuyitibwa “endagaano empya”. Ekigendererwa ky’endagaano “enkadde” eyakolebwa ng’eyita mu Musa kwali kulaanga omulimo gwa Kristo, n’okukaatiriza obukulu bw’okukkiriza mu byasuubizibwa ebikwata ku Kristo (Bag 3:19, 21). Mu engeri endala okuba n'okukkiriza mu Kristo kikakasa amazima ag'amateeka ag'aweebwa Musa (Bar 3:31). Pawulo abiwumbamu bwati: “Amateeka yali mutwazi waffe eri Kristo; tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw’okukkiriza” (Bag 3:24). Y’ensonga lwaki amateeka agaweebwa Musa g’akyaliwo era ga kyali ga mugaso gye tuli okugayiga.

Ebintu bino si byangu kutegeererawo nga wakabisoma; tusobola okufunzamu bwe tuti.

- Ebyasuubizibwa ebikwata ku Ibulayimu – Endagaano Empya.

- Ebyasuubizibwa eri Isiraeri ebyekuusa ku mateeka agaweebwa Musa – Endagaano Enkadde.
- Okufa kwa Kristo – Endagaano Enkaadde yakomenkerezebwa (Kol.. 2;14-17); Endagaano Empya n'etandiika.

Ku lw'ensonga eno ebintu ng'ekimu eky'ekkumi, okukuuma ssabbiti n'ebirala, ebimu ku by'omu Ndagaano enkadde, tebikyetagisa kati – laba essomo 9.4. Endagaano empya erikolebwa ne Isiraeri ow'omu mubiri bwe benennya era ne bakkiriza Kristo (Yer 31:31, 32; Bar.9:26, 27; Ez. 16:62; 37:26). Naye Omuyudaaya oyo yenna akola ekyo kaakati era n'abatizibwa okuyingira mu Yesu, amangu ddala ayingizibwa mu Ndagaano Empya (omutali kwawula Omuyudaaya oba Omunaggwanga – Bag. 3:27-29).

Okusiima ebintu bino mu mazima kituwa obukakafu bw'ebyo Katonda bye yasuubiza. Abo ababuusabuusa bavunaana mu butali bulungi ababuulizi abakristayo abasooka olw'obubaka obutasanyusa. Pawulo yabannukula nti: olwa Katonda okukakasa ebisuubizo bye, olw'okufa kwa Kristo, essuubi lye baali boogerako teryali lya kubuusabuusa wabula kwali kuweerayo ddala. "Naye nga Katonda bw'ali omwesiga, ekigambo kyaffe ekiri eri mmwe si bwe kiti nti weewaawo ate nti si weewaawo. Kubanga omwana wa Katonda, Yesu Kristo, ffe gwe twabuulira mu mmwe . . .  teyali nti weewaawo ate si weewaawo, naye muye mwe muli weewaawo. Kubanga mu byonna byonna Katonda bye yasuubiza, mu oyo mwe muli Weewaawo Amiina" (2 Bak. 1:17-20).

**"NAABEERANGA NAAWE"**

Waliwo ebintu ebirala bibiri ebyasuubizibwa Ibulayimu n'ezzadde lye: "Nange nnaabeeranga Katonda wammwe"… Nange nnaabeeranga na mmwe" (Lub 17:8; 26:3;28:15 geraageranya ne Kuva 6:7). Mukama Yesu Kristo ye "Katonda ali naffe" (Imanueri, Isa 7:14). Eri ffe abagabana ku byasuubizibwa bino ebikwata ku Yesu Kristo n'obwakabaka bwa Katonda, Katonda aliba wamu naffe era alitukulembera okutuutuusa ku nkomerero ey'essanyu. Emirundi n'emirundi abantu ba Katonda bwe basoberwanga, baddangayo ku byasuubizibwa bino eri Ibulayimu, olw'okukitegeera nti Katonda ali naffe (okugeza nga mu 2 Byom. 32:7,8).

Okutabagana n'endagaano ya Katonda kitegeeza nti agenda kutulozako ku bulokozi obugenda okujja ng'abeeranga Katonda waffe era ng'atambulira wamu naffe mu bulokozi kaakano (Zab 111:9). Ne twewaayo mu kino n'okutuukiriza amazima agali mu 2 Kol. 1:20,

agagamba nti, kubanga mu  byonna  byonna Katonda bye yasuubiza, mu byo mwe muli weewaawo, Katonda atenderezebwa mu ffe.

**3.5 EKYASUUBIZIBWA DAWUDI**

Dawudi, okufaanaanako Ibulayimu n'abo abalala bonna abafuna ebisuubizo bya Katonda, tebalina bulamu bwangu. Yakula ng'omwana asembayo obuto mu b'ennyumba yaabwe eyali enene, eyo mu Isiraeri ey'emyaka 1000 B.C (nga mukama waffe tannazalibwa) nga kitegeeza okulabirira endiga n'okuyambako baganda be abakulu (1 Sam. 15-17). Mu bbanga lino yayigiramu ekimala ku kukkiriza Katonda ekyo abantu abatono kye bali bakoze.

Olwatuuka Isiraeri n'afuna okusoomoozebwa kungi nnyo okuva eri ab'omulirano abalabe be Abafirisuuti, ne babasaba omu kubo ajje alwane n'Omufirisuuti Goliyaasi omuzira, eyali omuwanvu ennyo, mu kutegeeragana nti anaawangula olulwana olwo ye w'okufuga abo ab'awanguddwa. Ng'ayambwako Katonda, Dawudi y'awangula Goliyaasi ng'akozesa envuumuulo ye, ekyamuvirako okumayibwa ennyo n'okukira (Sawulo) kabaka wabwe. 'Obuggya bwenkana amagombe obukambwe" (oluyimba 8:6), ebigambo ebyo byatuukirira amazima Sawulo bwe yatandika okuyigganya Dawudi ng'amugoba okumwetolooza eddungu ery'obukika ddyo bwa Isiraeri.

Bwe bw'atuuka Dawudi yafuuka kabaka, era okulaga okusiima kwe eri okwagala kwa Katonda gy'ali mu biro bye yabereramu mu ddungu ery'obulamu bwe, y'asalawo okuzimbira Katonda ennyumba. Eky'okumuddamu okuva eri Katonda ky'ali nti omwana wa Dawudi Sulemaani y'ali muzimbira ennyumba, era nti Katonda Ye y'ali ayagala okuzimbira Dawudi ennyumba (2 Sam. 7:4-13). Awo ne kulyoka kuddako ekisuubizo mu bujjuvu ekiddamu bingi ku ebyo eby'agambibwa Ibulayimu era eky'ajjuzamu ebintu ebirala.

'Ennaku zo bwe ziriba nga zituukiridde, naawe nga weebakidde wamu ne bajjajjaabo, ndissaawo ezzadde lyo eririddawo eririva mu nda yo, era ndinyweza obwakakaba bwe. Oyo ye alizimbira erinnya lyange ennyumba, era ndinyweza entebe ey'obwakabaka bwe ennaku zonna, nze ndiba kitaawe naye aliba mwana wange: bw'anaabanga akoze ekitali kya butuukirivu, nnaamukangavvulanga n'omuggo ogw'abantu n'enga ez'abaana b'abantu; naye okusaasira kwange tekuumuvengako, nga bwe nnakuggya ku Sawulo,

gwe nnaggyawo mu maaso go: n'ennyumba yo n'obwakabaka bwo birifuuka bya nkalakalira ennaku zonna". (2 Sam. 7;12 -16).

Okusinziira ku massomo gaffe agayise tusuubira "ng'ezzadde" ye Yesu. Okuyitibwa omwana wa Katonda mu (2 Sam. 7:14) n'ennyiriri endala eziwera mu bitundu ebitali bimu mu Baibuli bukakafu kw'ekyo.

- "Nze ndi . . . omuzukkulu wa Dawudi", Yesu bwe yagamba (Kub. 22:16).
- "Yesu eyazalibwa mu zzadde lya Dawudi mu mubiri" (Bar. 1:3).
- "Oyo (Dawudi) mu zzadde lye nga Katonda bwe yasuubiza, aleetedde Isiraeri omulokozi, Yesu (Bik 13:23).
- Malayika yagamba Malyamu omuwala eyali tamanyi musajja bwati: " Oyo aliba mukulu, aliyitibwa mwana w'oyo ali waggulu ennyo. Era Mukama Katonda alimuwa entebe ya Dawudi jjajjaawe . . . , so obwakabaka bwe tebuliggwaawo" (Luk. 1:32, 33). Kino kituukiriza ekisuubizo eky'ezzadde lya Dawudi, mu 2 Sam. 7;13, ku Yesu.

Olw'ezzadde okuvumbulwa nga ye Yesu, bingi ebyogerwako bifuuka bikulu kati.

### 1. EZZADDE

Ezzadde lyo . . . eririva munda yo . . . ndiba kitaawe naye aliba mwana wange" ". . . ku bibala eby'omubiri gwo nditeeka ku ntebe yo" (1Sam.7;12, 14; Zab. 132:10, 11). Yesu, ezzadde (ekibala), yali wakuba muntu asibuka mu Dawudi, naye nga Katonda ye kitaawe. Kino kyali kya kusoboka n'akuzaalibwa okw'omuwala atamanyi musajja okwogerwako mu Ndagaano Empya; nnyina Yesu yali Malyamu, ow'olulyo lwa Dawudi (Luk.1:32), naye teyalina kitaawe mu mubiri. Katonda yakola eky'amagero ku Malyamu ng'akozesa omwoyo omutukuvu okumusobozesa okufuuna olubuto lwa Yesu, kale Malayika kwe kwogera nti "Era ekyo ekirizaalibwa kyekiriva kiyitibwa ekitukuvu, omwana wa Katonda" (Luk. 1:35). Okuzaalibwa n'oyo eyali tamanyi musajja kye kyokka eyali engeri ekyasuubizibwa kino eri Dawudi gye kyali kisobola okutuukirira obulungi.

### 2. ENNYUMBA

"Ye alizimba ennyumba ey'erinnya lyange" (2 Sam 7:13) kiraga nga Yesu yalizimbira Katonda yeekaalu. "Ennyumba" ya Katonda y'eyo Mwayagala okutuula era Isa.66:1,2 kyogera nti alijja okutuula mu myoyo gy'abantu abo abakankanira ekigambo kye. N'olw'ekyo Yesu ali kuzimbira Katonda ennyumba okutuulamu ey'omwoyo, ekolebwa

abakkiriza abatuufu. Ebyogera ku Yesu ng'enjnja ly'omusingi ogw'ennyumba ya Katonda (1Peet. 2:4-8) ate abakristayo ng'amayinja g'ennyumba (1 Peet. 2:5) kati webijjira.

**3. ENTEBE**

"Ndinyweza entebe y'obwakabaka bwe (Kristo) enaaku zonna . . . n'ennyumba yo n'obwakabaka bwo (Dawudi) birifuuka bya nkalakalira ennaku zonna . . . entebe yo erinywezebwa ennaku zonna" (2 Sam 7:13, 16, geraageranya ne Is. 9:6,7). N'olw'ekyo Obwakabaka bwa Kristo bulyesigamizibwa ku bwa Dawudi mu Isiraeri; kino kiba kitegeeza nti obwakabaka bwa Katonda obugenda okujja kuliba kuzzaawo obwakabaka obwa Isiraeri – Laba essomo 5:3 ku bisingawo ku bino. Okutuukiriza ekyasuubizibwa kino, Kristo ateekwa kufugira ku "ntebe" ya Dawudi, oba mu kifo we yafugiranga. Ekifo kyennyini ky'ali mu Yerusaleemi. Buno bukakafu bulala obulaga nti obwakabaka buteekwa kubeera wano ku nsi okusobola okutuukiriza ebyasuubizibwa bino.

**4 . OBWAKABAKA**

- Ennyumba yo n'obwakabaka bwo birifuuka bya nkalakalira ennaku zonna mu maaso go (2 Sam. 7: 16) kiri nga ekitegeeza nti Dawudi aliraba okuzibwawo okw'obwakabaka bwa Kristo obw'ennaku zonna . N'olw'ekyo kino mu ngeri endala ky'ali kisuubizo kya kuzuukiza Dawudi ku madda ga Kristo olwo asobole okulaba n'amaaso ge obwakabaka nga bussibwawo mu nsi yonna, nga Yesu afugira e Yerusaleemi ,
- Ebintu bino ebyasuubizibwa Dawudi bikulu okubitegeera. Dawudi mu ssanyu eringi yabyogerako nga "endagaano ey'oluberera . . . buno bwe bulokozi bwange bwonna era kye nnegomba kyonna" (2 Sam. 23: 5) Ebintu bino naffe bitegeeza obulokozi bwafe; okubisanyukiranga kye kyisannye okubeeranga okwegomba kwaffe. Nga bwe kiri ku byasuubizibwa Ibulayimu, singa tubeera mu Kristo , kyonna ekituufu eri ezadde lya Dawudi; mu ngeri endala kiba kituufu gye tuli singa tubeera mu Kristo (Isa.55:3 geraageranya ne Bik .13:34). Nate era ensonga enkulu ekolebwa nti ebisomesebwa bino bikulu nnyo. Kya nnaku nnyo nti abamu ku Bakristaayo bye basomesa bikontaganira ddala n'amazima gano amalungi bwe gati.
- Singa kiba nti Yesu yaliwo mu mubiri okuva edda nedda , nga tannazaalibwa, kino kiba kifuula ebyasuubizibwa byonna eri Dawudi nti Yesu aliba zzadde lye oba muzzukulu we okuba ekintu eky'obusirusiru.
- Singa obwakabaka bwa Katonda bugenda kubeera mu ggulu, kale nno Yesu abeera tasobola kuzaawo obwakabaka bwa Dawudi obwa Isiraeri, era wadde okufugira ku

"ntebe" ya Dawudi oba mu kifo ky'eby'obufuzi. Ebintu bino bya ddala eby'aliwo ku nsi, era birina okuzzibwawo mu kifo ky'ekimu.

**OBUNNABBI BWATUUKIRIRA MU SULEMAANI?**

Omwana wa Dawudi, Sulemaani, yatuukirizako ekitundu ku ebyo ebyasuubizibwa Dawudi. Yazimbira Katonda ennyumba (1 Bassek. 5 – 8), era yalina obwakabaka obw'amaanyi. Amawanga agaali getolodde Isiraeri gonna gasindika ababaka okuja okutendereza Sulemaani (1 Bassek. 10 ), era waliwo omukisa muneene mu by 'omwoyo olw'okukozesanga yeekaalu eyo. N'olw'ekyo obufuuzi bwa Sulemaani bwali bulaga obulituukirira mu byasuubizibwa Dawudi ebirirabibwaako mu bwakabaka bwa Kristo.

Abamu bagamba nti ebyasuubizibwa Dawudi byonna byatuukirira mu Sulemaani, naye kino tekyikirizibwa olwa bino wamanga.

- Obujjulizi bungi nnyo mu Ndagaano Empya obulaga nga "ezzadde" yali Kristo so si Sulemaani.
- Kirabika nga Dawudi yakwasaganya Katonda bye yamusuubiza n'ebyo eri Ibulayimu (1Byom.17: 27 = Lub. 22:17, 18)
- Obwakabaka "bw'ezzadde" bw'ali bwa kubeerawo ennaku zonna ate nga obwa Sulemaani si bwe bwaali .
- Dawudi yakimanya ng'ebyasuubizibwa by'ali biwata ku bulamu obutaggwaawo, so si kuba mu nnyumba ye abaaliwo mu kiseera ekyo: "Mazima ennyumba yange si bw'eri bw'etyo eri Katonda; naye yalagana nange endagaano eterivaawo"(2Sam.23:5).
- Ezzadde lya Dawudi ye Masiya, omulokozi eri ebibi (Isa.9:6,7; 22:22; Yer.33:5,6, 15;Yok.7:42). Kyokka oluvannyuma Sulemaani yamala n'ava ku Katonda (1Byom.11:1-13;Nek.13:26) olw'okufumbiza abakazi abaali wabweeru w'essuubi lya Isiraeri.

## OKUKKIRIZA MU KUKOLA 9:
## ENDAGAANO Y'ENKOLAGANA NE KATONDA

Amakulu gennyini ag'endagaano y'enkolagana ne Katonda gye tulina Daudi agaleeta mu 1Byom.16:15- 18."Mujjukire endagaano y'ennaku zonna: ekigambo kye yalagira emirembe

olukumi: Edagaano gye yalagana ne Ibulayimu, n'ekyo kye yalairira Isaaka; N'ekyo nakinyweza eri Yakobo okuba etteeka, eri Isireari okuba endagaano eteriggwaawo; Ng'ayogera nti Gwe ndiwa ensi Kanani, Omugabo ogw'obusika bwammwe". Endagaano, ekisuubizo nti ddala abantu ba Katonda balisikira ensi, efuuka tteeka, "ekigambo kye yalayira", ekintu ekirina okulowoozebwako ekiseera kyonna. Okusuubiza okwekakasibwa eri okuyingira obwakabaka, n'okutegeera nti olw'ekisa, ng'endagaano bwe gamba, 'tulibeerayo', tebisobola kukirizibwa na butafaayo. Endagaano ekirizika ey'obulokozi obukulu efuuka kiragiro ekikolerawo. Katutunulire ebimu ku by'okukola nga bikolebwa. Kubamu ekifaananyi katono ku maanyi n'obukulu bw'amazima nti Kitaaffe yatusuubiza ebintu, ffe abaana ba Ibulayimu olw'okukkiriza n'okubatizibwa. Amateeka ga Musa ky'ali ekisuubizo omuli obukwaakulizo, kubanga waliiwo b'ekikwatako babiri; naye ffe ebyatusuubizibwa mu ntegeera endala teebiriiko bukwakulizo, kuba Katonda Ye yekka 'omu' gw'ekikwataako (Bag.3:19,20). Katonda yakakasa ebisuubizo ebyo gye tuli n'omusaayi gw'omwaana We, gy'obeera nti ebisuubizo bye okutali bukwaakulizo by'ali tebimala. Nga bwe tulowooza ku kino, tekyewunyisa nti Zab. 111:5 egamba nti Katonda "anajjukiranga endagaano ye emirembe gyonna". Kino kitegeeza nti Katonda alowooza ku ndagaano gye yakola naffe ekiseera kyonna! Naye ffe mirundi emekka mu bulamu bwaffe gye tulowooza ku ky'amazima nti ddala tuli mu nkolagana n'endagaano ya Katonda. . . mirundi emekka gye twejjukanya ekifo kye tugabana mu bisuubizo eri Ibulayimu, emirundi emekka nga tulowooza nti tulina endagaano ne Katonda Ow'eggye?

**ESSANYU**

Ibulayimu yasanyukira okulaba olunaku lwange(Yok.8:56) – kino kyekuusa ku ngeri gye yasekamu (okusanyukira) bwe yasuubizibwa Isaaka. "Yaweebwa ebyasuubizibwa n'essanyu"(Beb.11:17). Okukitegeera nti ebyasuubizibwa bituweebwa nga tuyita mu kubatizibwa kisaanye naffe okutwegombesa essanyu lingi. Engeri y'okufunamu kino yokka kwe kunywereza ddala obwetaavu bwe byasuubizibwa eby'amazima eri ffe; kuba ffe ababatizibwa kituufu buli omu alimu Kristo, era ebyasuubizibwa binkwatako nze.

**ESSOMO 3: EBIBUUZO**

1. Ku bisuubizo bya Katonda bino kiruwa ekyogera ku kulwanagana kwa Yesu n'ekibi?

   a) Ekyasuubizibwa Nuwa
   b) Ekyasuubizibwa mu Adeni
   c) Ekyasuubizibwa Dawudi
   d) Ekyasuubizibwa Ibulayimu

2. Ku bino wamanga kiruwa ekituufu ekikwata ku kyasuubizibwa mu Adeni?

   a) Ezzadde ly'omusota ye Lusifeeri.
   b) Kristo n'abatukirivu ly'ezzade ly'omukazi.
   c) Ezzadde ly'omusota Kristo yalibetentako katono.
   d) Ezadde ly'omukazi lyabententebwa n'okufa kwa Kristo.

3. Ezzaddde lya Ibulayimu liribeera wa ennaku zonna?

   a) Mu ggulu.
   b) Mu kibuga Yerusaleemu
   c) Abalala mu ggulu ate abalala ku nsi.

4. Ku bino wamanga biruwa ebyasuubizibwa Dawudi?

   a) Nti ezzadde lye alifuga ennaku zonna.
   b) Nti '' ezzadde'' lye aliba n'obwakabaka mu gulu
   c) Nti ezzadde aliba mwana wa Katonda.
   d) Nti ezzaddde lye, Yesu, aliba mu ggulu nga tannazalibwa kuno ku nsi.

5. Tusobola tutya okufuuka ezzadde lya ibulayimu?

6. Ensi erizikirizibwa?

7. Ngeri ki Katonda bye yasuubiza gye bikakasa eky'okuddamu kyo mu kibuuzo 6?

8 Nnyonnyola ekyasuubizibwa mu Adeni mu kitabo Lub. 3 : 15.

# ESSOMO 4

# KATONDA N'OKUFA

## 4.1 OBUZAALIRANA BW'OMUNTU

Abantu abasinga obungi kirabika okufa oba obutonde bwaabwe bwennyini babirowoozako kitono nnyo. Obutekeebera buno buleeta obuteetegeera, olwo abantu ne kibaviiramu okugenda nga besalirawo nga bwe baagala. Waliwo obutakkiriza (yadde nga kuno tekulabika), nti obulamu bumpi, nti era essawa yonna okufa kutuuka ku baana b'ab'antu. “Obulamu bwammwe buli nga kiki? Buli ng'olufu, olulabika akaseera akatono, ne lulyoka luggwaawo” (Yakobo 4:14); kubanga kitugwanira okufa, era tulinga amazzi agayiise wansi agatayinza kuyooleka nate” (2Samwiri 14:14). “Enkya bali ng'omuddo ogumera, enkya guloka, gumera; Akawungeezi nga gusaliddwa, era nga guwotose” (Zabbuli 90:5,6). Musa omusajja eyafangayo ennyo, kino yakimanya, era ne yegayirira Katonda nti “otuyigirize tubalenga bwe tutyo ennaku zaffe, tulyoke tufune omutima omugezigezi” (Zabbuli 90:12). Kale olw'okulaba nga ennaku zaffe ntono nnyo wano ku nsi, kitugwaniranga okufuna amagezi amatuufu era nga kye kintu ekisookerwako.

Okufa abantu buli 'omu akutegeera mu ngeri eyawukanye. Obuwangwa obumu bugezeezaako okufuula okufa n'ennyimbe nga ekimu ku bintu ebya bulijjo mu bulamu bwabwe, olw'okwegumya n'okukendeeza ku kiwuubaalo. Abasinga obungi ku abeyita Abakristayo bafundikira bagamba nti omuntu alina “emmeeme etefa” oba ekintu ekitafa mu ye, ekisigalawo ng'afudde, ekigenda eyo gye bagabira empeera enungi oba ekibonerezo. Okufa engeri gye kuli nti ke katyabaga akasingira ddala okunakuwaza omuntu, era ekizibu ssinzigu mu bulamu bwe, kiteekwa buteekwa okuba nti n'omuntu mu ndowooza ye akoze nnyo nnyo ekisoboka okukendeza ku bulumi bwakwo, kale bingi ebigunjiddwa ebikwata ku kufa ne ku buzaalirana bw'omuntu bwennyini. Naye nga bino byonna bulijjo, birina okugerageraanyizibwanga ku Baibuli, okusobola okufuna ekituufu kyennyini ku ssomo ekkulu lino. Kinajjukirwa nga okulimba okwasookera ddala okulambikiddwa mu Baibuli kwe kw'omusota mu lusuku Adeni. Okwogera kwa Katonda eri omuntu kwali nti: “Tolirema kufa” bw'olyonoona (Lub. 2:17), naye omusota ne gugamba nti: “okufa temulifa” (Lub. 3;4).

Ebigambo ebyali bikontanira ddala ne bya Katonda. Eky’okugeezako okusabulula ebikwata ku kufa, kifuukidde ddala nkola y'eddiini ezo ezitali ntuufu. Kyeraga bulungi naddala ku nsonga eno yennyini gye tuliko, nti enjigiriza enkyaamu y'evaamu endala n'eyo n'evaamu endala. N'ekigenda bwe kityo. So ng'ate ku ludda olulala amazima amatono, nago g'avaamu gannaago, nga bwe tulaba mu 1Kol.15:13-17. Wano Pawulo agenda mazima ku mazima.

Okutegeera obutonde bwaffe bwennyini, kitwetagisa okulowooza ku ki Baibuli kyeyogera ku kutondebwa kw’omuntu. Ebyawandiikibwa bitegeerekeka bulungi ku nsonga eno, era singa tubitwala nga bwebiri tebitulekamu kakunkuna kona ku butonde bwaffe..“Mukama Katonda nabumba omuntu okuva mu nfuufu ey’ensi … kubanga oli nfuufu ggwe, ne munfuufu mw’olidda” (Lub.2:7 ne 3:19). Wano eky'omuntu okubeeramu enkitu ekitafa tekyogerwako nakatono. Tewali katundu ke konna kalisigala nga kalamu ng'amaze okufa.

Waliwo essira elirabika mangu mu Baibuli ku mazima nti omuntu yakolebwa mu ttaka: “Ffe tuli bbumba” (Isaaya 64:8); “Omuntu ow’olubereberye wa ttaka” (1 Kol. 15:47); abantu “omusingi gwabwe guli mu nffuufu” (Yobu 4:19); “awo omuntu n’alyoka n’addayo mu nfuufu” (Yobu 34:14,15), Ibulayimu yakkiriza nti yali “nfuufu n’evvu” (Lub. 18:27). Amangu ddala nga bakajjemera ekiragiro kya Katonda; Adamu ne Kaawa: Katonda “n’agoba omuntu … kaakano, aleme okugolola omukono gwe okunoga ku muti ogw’obulamu, okulya okuwangaalanga emirembe n’emirembe”(Lub. 3:24,22). Singa omuntu yali yatonderwamu ekyo ekitafa, kino kyandibadde tekyetagisa.

**AKAKWAKULIZO K’OBUTAFA:**

Obubaka bw’enjiri obudingaanamu bugamba nti omuntu ayinza okuzuula engeri ey’okufanamu obulamu obutaggwaawo n’obutafa ng'ayita mu mulimu gwa Kristo. Kino kye kika ky'obutafa kyokka Baibuli kye yogerako. Olwo ne kiba nti endowooza egamba nti omuntu wa kubonerezebwa ng’awulira emirembe n’emirembe ku lw’ebibi bye terina buwagizi mu Baibuli. Engeri yokka ey’okufunamu obutafa kwe kugondera ebiragiro bya Katonda, n’abo ababigondera balifuna obutafa – omugabo ogwa'batukirivu.

Ebitundu wamanga bino wansi, bukakafu obumala nti obutafa buno buliko akakwakulizo, so si kintu ekyatutonderwamu:-

- “Kristo eyaggyawo okufa n’amulisa obulamu n’obutazikirira olw’enjiri”.(2Tim.1:10, 1 Yok.1:2).

- “Bwe mutalya mubiri gwa mwana wa muntu ne munywa omusayi gwe, temulina bulamu mu mmwe (kwe kugamba obw’oluberera obutasobola kubavaako). Alya omubiri gwange, era n’anywa omusayo gwange, alina obulamu obutaggwaawo; nange ndimuzuukiriza ku lunaku olw’enkomerero” (Yok. 6:53,54). Ennyinyonnyola ya Kristo mu Yokaana essula 6 yonna, kuli nti ye mmere ey’obulamu, nti era okujjako okumukkiriza obulungi tewayinza kuberayo ssuubi lyona ery’obutafa (Yok. 6:47,50,51,57,58).
- “Katonda yatuwa (ffe abakkiriza) obulamu obutaggwaawo era obulamu obwo buli mu mwana we” (Yok. 5:11). Teyinza kubayo ssuubi ly’obutafa eri abo abatali “mu Kristo”. Mu Kristo mwokka obutafa mwe busobokera, “Ye mukulu w’obulamu obutaggwaawo” (Bik. 3:15) – “ensonga y’obulokozi obutaggwaawo eri abo bonna abamuwulira” (Beb. 5:9). N'olw'ekyo abantu obutafa kyatandikira mu mulimu ogwa Kristo.
- Omukkiriza omutuufu anoonya obutafa, era kino kirimuweesa empeera ey'obulamu obutaggwaawo – ekintu ekitamutonderwamu (Bar. 2:7; 6:23; Yok. 10:28). Kubanga omubiri “oguvunda guno kigugwanira okwambala obutavunda, n’oguvunda guno okwambala obutafa” mu kudda kwa Kristo (1 Kol. 15:53). Bwe kityo obutafa kintu ekisuubizibwa, kye tutalina kati (1 Yok. 2:25).
- Bwe kiba nti Yesu teyazuukira, n’abo abafiira mu Ye “bandibuze” (1Kol.15:18). Ekitegeeza nti tebalina ‘emmeme ezitafa’ eza genda mu ggulu okugabana empeera nga bafudde.
- Katonda Ye yekka alina obutafa okuva edda n’edda (1 Tim. 6:16).

### 4.2. EMMEEME

Okuva kw’ebyo bye tulabye, tekisoboka omuntu kuba nti omuntu alina “emmeeme etefa” oba ekintu kyonna ekitafa mu butonde bwe. Kati tugenda gugeezako gugolola okusoberwa eri ekigambo “emmeeme”.

Ekigambo eky’Olwebbulaniya n'eky'Oluyonaani ebyavvuunulwa nti “emmeeme” mu Baibuli era by’ebimu ebivvuunulwa nga:-

| | |
|---|---|
| Omubiri | Omukka |
| Ekitonde | Omutima |
| Kirowoozo | Omuntu |
| Ye kennyini | Obulamu |

N'olw'ekyo "Emmeeme" kitegeeza omuntu, omubiri oba nze. Emmeeme ye ggwe, oba ebyo byonna awamu ebikola omuntu. Kale y'ensonga lwaki Baibuli zona ezakakyusibwa kaakano, tezikozesa nnyo kigambo kino "emmeeme", zikivvuunula nga 'ggwe' oba 'omuntu'. Ebisolo - Katonda bye yatonda byonna biyitibwa "ebyewalula ebirina obulamu … ekirina obulamu" (Lub. 1:20,21). Ekigambo eky'Olwebbulaniya wano ekyakyusibwa "obulamu" ky'ekyo "Nafusi", era ekikyusibwa nga "emmeeme" awalala, eky'okulabirako mu Lub.2:7 " … .omuntu n'afuuka omukka omulamu". Kale omuntu "y'emmeeme" oba "ekirina obulamu", nga era nazo ensolo bweziri "emmeeme" oba "ebirina obulamu". Enjawulo yokka eriwo wakati w'omuntu n'ensolo, ye y'okuba nti omuntu mugezi okuzisinga; yakolebwa mu kifaananyi kya Katonda (Lub. 1:26, laba Esomo 1:2), era abantu abalala bayitibwa okumanya Enjiri eyo omuli essuubi ery'obutafa mweribabikulirwa (2 Tim. 1:10). Naye nsonga enkulu akwata ku butonde bwaffe ne embeera ku kufa kwaffe, tewaliwo njawulo wakati w'omuntu n'ensolo.

"Ekyo ekituuka ku baana b'abantu kye kituuka ku nsolo; ekigambo kimu kibatuukako (wekkaanye essira ery'emirundi ebiri eryo); ng'eyo bw'efa, n'oyo bw'afa bwatyo; weewaawo, bonna balina omukka gumu; so abantu tebaliiko bwe basinga nsolo … . Bonna bagenda mu kifo kimu; bonna baava mu nfuufu, era bonna badda mu nfuufu nate" (Mub. 3:20, 21). Omuwandiisi w'ekitabo ky'Omubulizi nga alungaamizibwa yasaba Katonda ayambe abantu okutegeera enkintu kino ekizibu nti: "bo bennyini bali ng'ensolo busolo"(Mub.3:18). Kale kisuubirwa ng'abantu bangi kibaziwalira okukiriza amazima gano bwe gati, mu butuufu, kiswaaza okumanya nti mu mbeera yaffe ey'obutonde tuli nsolo busolo. Ekitabo ky'omubulizi 3:18 kigamba nti Katonda agezesa abantu, balabe nga bo bennyini bali ng'ensolo obusolo, gamba ng'okulumwa enjala ne mu kukuuma olulyo lwaffe obutasaanawo ku nsi. Baibuli mu Mub.3:18 nti: Katonda agezesa abantu, balaba nga bo bennyini bali ng'ensolo busolo", ekitegeeza nti abo bonna abeetowaaze ekimala ne batuukaana okubeera abantu be bennyini, bajja kulaba obutuufu bwa kyo, naye abo abakakanyavu tebamalako 'kugezesebwa'. Ebigambo ebiri mu Zab.39:5 n'ebyo mu Yer.10:23 biyamba nnyo okumanya ki omuntu ky'ali.

Ekimu ku ebyo ebintu ebikulu bye tumanyi kiri nti emibiri gyonna – mu butuufu "bitonde ebiramu" – olutuuka bifa. "Emmeeme", n'olw'ekyo efa. Mu butuufu ku mirundi 754 ekigambo eky'Olwebbulaniya kino Nafusi gy'ekiri mu Baibuli, 652 ku gino ky'ogera ku mmeeme – okufa. Kale tekyewunyisa nti ekimu eky'okussatu ku ngeri ekigambo ekyakyusibwa nti 'emmeeme' mu Baibuli kyogera ku kufa n'okuzikirira okw'emmeeme. Ku

lw’amazima nti ekigambo ‘emmeeme’ kikozesebwa mu engeri eno, kintu ekiraga nga emmeeme ezikirira ate efa.

- “Emmeeme ekola ekibi y'erifa” (Ez.18:4).
- Katonda asobola okuzikiriza emmeeme (Matayo 10:28). Laba ne Eze.22:27; Nge. 6:32; Leev. 23:30.
- “Emyoyo (emmeeme) gyonna egy’ali mu kibuga Kazoli; gy'attibwa n'ekitala (Yos. 11;11; geraageranya ne Yos. 10:30 – 39).
- “….buli mwoyo (mmeeme) omulamu ne gufa (Kub. 16:3; geraageranya ne
- Zab. 78:50).
- Ekigambo eky’Olwebbulaniya nafusi ekyakyusibwa nti: “emmeeme” ate kimala ne kikyusibwa nga “omulambo mu kitabo kyo Kubal.9:6. “Tewali muntu asobola kuziyiza emmeeme ye kulaba kufa” (Zabbuli 89:48).
- Emirundi mingi etteeka lya Musa lyalagiranga nti; “emmeeme yonna etegonderenga erimu ku mateeka enettibwanga (laba Kubal 15:27-31).
- Ennyiriri zona ezogera ku mmeeme okutugibwa oba okusendebwa, ziba n'amakulu, bwe kitegerekeka nti emmeeme esobola okufa (Nge. 18:7; 22:25; Yobu 7:15).
- “Tewali ayinza kuwonya mmeeme ye okufa” (Zab. 22:29).ba emmeemebwe okuba ekiweebwayo olw’ekibi” (Isa. 53:10,12).
- “Kristo yafuka obulamu bwe okutuusa ku kufa, obulamu oba (emmeeme) bwe okuba ekiweebwayo olw’ekibi” (Isa. 53:10,12).

Eky'okuba nti ekigambo “mmeeme” kitegeeza omuntu oba omubiri so si kintu ekitafa munda mu ffe, kyeyolekera mu nnyiriri zino wammanga.

- “Omusaayi gw’emmeeme z’abaavu” (Yeremiya 2:34).
- “Oba ng’omuntu (ekigambo kiri emmeeme mu Baibuli ez’asooka) yenna ayonoona ng’awulira eddobozi ery’okulayiza… (Eby’Abaleevi 5:1-4). Buli wali ‘omuntu’ ekigambo ekyakyusibwa okuva mu Baibuli ez’asooka kiri “emmeeme”.
- Weebaze Mukama, “ggwe emmeeme yange… byonna ebiri munda yange…ggwe mmeeme yange…akkusa akamwa ko ebirungi (Zab. 103:1,2,5).

“Kubanga buli ayagala okulukola obulamu (ekigambo kino kiri emmeeme) bwe alibubuza; na buli alibuza obulamu (emmeeme) bwe ku lwange … alibulokola” (Makko 8:35). Kino bukakafu obumala nti emmeeme tekitegeeza nti waliwo ekiri mu muntu, nga sigalawo ku

bwakyo omuntu ne bw'afa. Kale tulina okuwaayo obulamu bwaffe (emmeeme zaffe) nga Mukama waffe Yesu bwe yakola ku musalaba, eyafuka obulamu bwe(emmeeme) okutuuka okufa(Is.53:12).

### 4.3 OMWOYO GW'OMUNTU

Waliwo okutabulwatabulwa mu birowooza by'abantu nkumu wakati w'emmeeme n'omwoyo. Kino kiri bwe kiti olw'okuba nti mu nnimi ezimu mu kukyusibwa kwa Baibuli, ekigambo 'emmeeme' n'omwoyo byonna bivunnulwa ekintu kimu. "Emmeeme" ekitegeeza omuntu yenna nga bwe yatondebwa, awalala kiyinza okutegeeza omwoyo. Kyokka, waliwo enjawulo mu makulu wakati w'omwoyo n'emmeeme mu nkozesa yaabyo mu Baibuli; emmeeme n'omwoyo biyinza okwawulwamu (Beb. 4:12).

Ebigambo eby'Olwebbulaniya n'Oluyonaani (Ruach ne Pneuma) ebitegeeza "omwoyo" awalala bikyusibwa mu ngeri zino:-

| | |
|---|---|
| Obulamu | Omwoyo |
| Ekirowoozo | Embuyaga |
| Omukka | |

Twayize ku kigambo 'omwoyo' mu ssomo 2:1. Katonda akozesa mwoyo we okubesaawo ebitonde bye, byonna nga mwe muli n'omuntu. N'olw'ekyo Omwoyo wa Katonda ali mu muntu ge mmaanyi ag'obulamu bwe. "Omubiri awatali mwoyo, guba nga gufudde" (Yakobo 2:26). (Katonda yafuuwa mu nnyindo (z'Adamu) omukka ogw'obulamu (omwoyo) omuntu n'afuuka omukka omulamu' Lub. 2:7). Yobu ayogera ku "mwoyo gwa Katonda" nga guli "mu nnyindo zange" (Yobu 27:3 ger ne Is.2:22). N'olw'ekyo omwoyo ogw'obulamu ogutulimu gutuweebwa mu kuzaalibwa, era gutuberamu ebbanga ly'obulamu bwaffe lyonna. Omwoyo gwa Katonda ogwo bwegugibwa ku kintu ekiramu kyonna, kiffirawo – omwoyo gwe gutambuza obulamu. "Bw'akungaanyiza omwoyo gwe n'omukka gwe; byonna ebirina omubiri birizikirira wamu abantu n'ebadda mu nfuufu. Kale oba olina okutegeera, wulira kino" (Yobu 34:14-16).

Katonda bwamala okutujjako omwoyo gwe mu kufa, si mubiri gwokka gwe gufa, naye n'okutegeera kwaffe kwonna kuba kukomye. Kino Dawudi olw'okukimanya kyamuleetera okwesiga Katonda mu kifo eky'ebitonde ebinafu ng'omuntu. Zabbuli 146:3-5.

“Temwesinganga balangira, newakubadde omwana w’omuntu, omutali buyambi bwonna. Omukka gwe gumuvaamu, n’adda mu ttaka lye (ettaka lyetwavaamu); ku lunaku olwo ebirowoozo bye ne bibula”. Alina omukisa oyo alina Katonda wa Yakobo okuba omubeezi we”.

Mu kufa, ‘enfuufu edda mu ttaka nga bwe yali, Omukka (omwoyo) gwe ne gudda eri Katonda eyagugaba” (Mub.12:7). Okusooka twalaze nti Katonda ali buli wantu wonna ng'ayita mu mwoyo gwe. Amakulu nti “Katonda mwoyo”(Yok.4:24). Bwe tufa tussa ‘ogw’enkomerero’ amakulu nti omwoyo gwa Katonda ogutuberamu gutugibwako; ne gwetabula mu gwa Katonda ogutotwetoloode wonna wonna; bwe gutyo mu kufa “omwoyo ne gudda eri Katonda”.

Olw’okuba omwoyo gwa Katonda gwe gubesaawo ebitonde byonna, engeri eno ey’okufa n'ebisolo n’abyo gye biyitamu. Abantu n’ensolo balina omwoyo gumu, oba ekyo ekitambuza obulamu bwabwe kimu. “Ekyo ekituuka ku baana b’abantu kye kituuka ku nsolo … ng’eyo bw’efa ensolo n’oyo bw’afa omuntu; weewaawo balina omukka gumu, so abantu tebaliiko bwe basinga nsolo”(Mub3:19). Omuwandiisi w`ekitabo ekyo yeyongerayo ng’agamba nti tewali amanyi omwoyo gw'abantu oba ogw’ensolo wa awategerekeka obulungi w’egigenda.(Mub.3 :21). Ennyinnyola eno ku bantu n'ensolo, ku kufa okufaanagana, erabika okutegeeza eyo ey’abantu n’ensolo biri ebyalina omwoyo ogumu ogw’obulamu okuva eri Katonda (Lub.2:7; 7:15), bwe byazikirizibwa n’okufa okumu okw’amataba: “Buli nnyama etambula ku nsi, n’efa, ekibuuka, n’ente, n’ensolo na buli ekyewalula ku nsi, na buli muntu yenna; byonna ebyalimu omukka ogw’omwoyo ogw’obulamu mu nnyindo zaabyo mu byonna ebyali mu lukalu ne bifa”(Lub.7 :21-23). Mu kugereesa, wetegereze engeri Zabbuli 90 :5 gyefaanaganya okufa n’amataba. Ekyawandiikibwa mu kitabo eky’olubereberye essula 7 kiraga bulungi nti mu bisinga obukulu, omuntu ali mu ssa lyelimu “n’ennyama zonna … na byonna ebiramu”. Kino kiri bwekityo lwa kuba nti alina omwoyo ogw’obulamu mu ye nga byo bwe ziri.

Abamu bagamba nti olw’amazima nti Katonda yatufuwamu omukka gwe ogw’obulamu kitegeeza nti mu butonde tuzaalirwamu obutafa. Kino si bwe kiri. Ku lw’amazima nti Katonda yafuuwa mu Adamu omwoyo/ amaanyi ag’obulamu: kyategeeza nga Adamu bwe yafuuka omukka omulamu; naye amazima gano gazulibwa mu kitabo eky’Abakkolinso ekisooka essula 15 : 45 nga obukakafu nti Adamu yali omuntu afa; yali mukka omulamu, ekintu ekiramu, naye yali ng’afa ng’ogeraageranyiza n’obutafa bwa Mukama waffe Yesu.

## 4.4 OKUFA BUTAWULIRIRAMU DDALA

Okuva ku ebyo byetwakayiga ku mmeeme n'omwoyo, ekidirira kyandibadde nti omuntu ng'afudde aba takyawulirira ddala. Naye ebikolwa by'abo ab'ali bakwatibwako ebya Katonda, abijjukira (Malaki 3:16; Kub. 20:12; Beb. 6:10), mu Baibuli temuli kyonna kiraga nti bwe tumala okufa tusigalamu akawulira. Kino tekiwakanyizibwako olw'obungi bw'ebyawandiikibwa ebikikwatako nga bino:

- "Omukka gwe (omuntu) gumuvaamu, n'adda mu ttaka lye; ku lunaku olwo ebirowoozo bye ne bibula" (Zab. 146:4).
- "Abafu tebaliko kye bamanyi … okwagala kwabwe kwenkana n'okukyawa n'obuggya bwabwe okuzikirira kaakano (Mub. 9:56).
- "Tewali kumanya newakubadde amagezi mu magombe gy'ogenda" (Mub.9:10) – tewaliyo kutegeera kale n'obutawulira.
- Yobu ayogera mu kufa aliba: ". . . ng'atabangawo" (Yobu 10:18,19); okufa yakulaba ng'obutamanyira ddala biriwo, obutawulira n'obutaberawo nga bwe twali nga tetunnazaalibwa..
- Ng'ensolo bwe zifa n'omuntu bw'atyo naye (Mub. 3;18); oba omuntu taffira ddala era ng'abeera awantu ng'awulira, kale n'ensolo nazo bwe zirina okuba, so ng'ate ebyawandiikibwa ne bannasayansi kukyo tebanyega.
- Katonda "ajjukira nga tuli nfuufu. Omuntu ennaku ze ziri ng'omuddo; ng'ekimuli eky'omu nsiko bw'ayera bw'atyo … ne kiba nga kigenze, n'ekifo kyakyo tekirikimanya nate" (Zab. 103:14-16).

Kubanga okufa butawulirira ddala, n'eri abatuukuvu nabo, okirabira mu ngeri abaddu ba Katonda gyebadingaanamu emirundi mingi okumusaba basobole okwongerwako emyaka ku bulamu bwabwe, kubanga bakitegeera nti olufa kiba tekikyasoboka kutendereza n'okugulumiza Mukama nate; kubanga okufa mbeera ey'obutawulirira ddala nate. Yezekiya mu (Isa. 38:17-19) ne Dawudi mu (Zab.6:4,5; 30:9; 39:13, 115:17) bye by'okulabirako ebirungi eri ensonga eno. Emirundi mingi okufa kwogerwako ng'okwebaka, oba okuwumulo eri abalungi n'ababi (Yobu 3:11,13,17; Dan. 12:13).

Tufunnye obukakafu obumala obutwogeza n'obuvumu nti endowooza y'abatuukuvu okugenda mu kifo eky'okwesiima n'okufuna empeera mu ggulu amangu ddalaa nga bakafa, tesangibwa mu Baibuli. Enjigiriza entuufu ku kufa n'obutonde obw'omuntu atuwa amagezi

n’emirembe.  Ate oba okulumwa ennaku n’obulumi eri omuntu mu bulamu buno, emagombe ky’ekifo ekikwerabiza binno byonna. Eri abo abatamanyi Katonda byayagala, embeera eyo ey'obutawulira yadde okutegeera ebyo ebigenda mu maaso eribaberako emirembe n’emirembe. Emirembe egy'obulamu buno tegiridamu gyebali nate, nebitatuukirira mu bulamu buno tebiribawo. Essuubi omutali n'okutya n'embeera ey'okutya kw'omuntu tebiriddamu kulabika oba okubatiisa nate.

Mu kuyiga Baibuli, waliwo enkola ey’amazima erina okuvumbulwa, naye eky’ennaku, waliwo n'enkola enkyamu mu ndowooza ey'abannaddiini, olw’obutafaayo nnyo ku biri mu Baibuli. Omuntu obutafaayo nnyo n’obunanfusi nga tafirayo ddala ku ekyo ekibaawo mu kufa, kyamuletera okulowooza nti alina ‘emmeeme etefa’. Awo nno bwe kimala okukirizibwa  nti emmeeme ng’eno weeri mu muntu, kiba nate kikwetagisa okulowooza nti erina weteekwa okugenda oluvannyuma olw’okufa. Kino kyaletewo endowooza nti oba olyawo mu kufa wateekwa okubawo enjawulo wakati w’abo abatuukuvu n’ababi. Okusobola okukiriziganya na kino, ne kiretera okusalawo nti wateekwa okubawo ekifo ‘eky’emmeeme ennungi(emyoyo) we zigenda’ ekiyitibwa eggulu ate n’ekyo eky’emmeeme(emyoyo) embi ekiyitibwa ‘omuliro oba Ggeyeena’. Tumaze okulaga nti “emmeeme etefa” mu Baibuli tekirimu. Obukyamu obulala obuli mu ndowooza eyo bwe tugenda okutunalamu kaakati.

- Nti empeera ey'onulamu bwaffe olufa ng'etuweebwa mu ngeri y’emmeeme etefa’, eyo .
- Nti okwawulibwamu wakati w’abantu abalungi n’ababi olufa nga kibaawo.
- Nti empeera y’abatuukirivu kwe kugenda mu ggulu.
- Nti oba nga buli omu ku ffe alina ’emmeeme etefa’, kale buli omu alina okugenda mu ggulu oba mu muliro (ggeyeena).
- Nti ‘emmeeme embi’ zirigenda mu  kifo eky’okubonererezamu ekiyitibwa  omuliro (ggeyeena).

Ekigendererwa ky’ekyo ekitukibwako kyaffe, sikuwakanya kwokka; bwe tulowooza ku nsonga ezo zonna wagulu mu bujjuvu, tusuubira nti tujja kuwa eby'amazima ebyogerwako mu Baibuli ebikulu ennyo ebisannye okuwa ekifaananyi ekituufu kyennyini ku bikwata ku mbeera y’obutonde bw'omuntu.

## 4.5 OKUZUUKIRA

Baibuli ekissaako essira nti empeera ey’abatuukirivu eribawo mu kuzuukira, ku madda ga Kristo (1Bas.4:16). Kristo kyalisookerako okukola kwe kuzuukiza abafu abategeera ebya Katonda (laba essomo 4.8); ekiriddirirwa kwe kusala omusango. Bwe kiba nti omuntu lw'eyafa ‘emmeeme’ (omwoyo) yagenda mu ggulu, okuzuukira kwandbadde tekwetagisa. Pawulo yagamba nti oba ng'abafu tebazuukizibwa, amaanyi gaffe mu kukolerera ebya Katonda kuba kutakabanira bwerere (1Kol.15:32). Mu butuufu yandyogedde bwatyo singa yali amanyi nti naye empeera ye; ya ‘mmeeme’ ye kugenda mu ggulu olufa? Ekiitegeeza nti yali amanyi nti okuzuukira okw’omubiri kye kika ky'empeera ye kyokka. Kristo atuzzaamu amaanyi n'essuubi nti tusobolenga okusasulwa kw’abetowaaza kati kulibaawo mu “kuzuukira”(Luk.14:14)

Mu kudda kwe, Kristo “alikyusa emibiri eminafu, gisobole okubeera nga ogwo ogugwe ogw’ekitiibwa” (Baf.3:20,21). Nga kati bwalina omubiri, gwennyini ogutambuzibwa mwoyo mu kifo eky’omusaayi, bwe tutyo naffe tuligabana empeera bw'etyo. Abo abaafa ne bavunda ne bafuuka nfuufu “balizuukuka era ne bayimba” (Isa.26:19). Ku lunaku lw’okusalirako omusango tulifuna empeera okusinziira ku bwe tweyisangamu nga tuli mu mubiri (2Kol.5:10). Abo abennyumiriza mu massanyu kaakati kukusa omubiri gwokka balisigala n'omubbiri gwabwe ogufa, ogulivunda ne guddayo mu nfuufu; so ng'abo abageezako mu bulamu bwabwe okuwangula endowooza ey'omubiri nga bakola eby’omwoyo “balikungula mu mwoyo obulamu obutaggwaawo”(Bag.6:8) mu ngeri ey’omubiri ogujjudde mwoyo.

Ate waliwo obujjulizi obumala nti empeera ay’abatuukirivu eribaweebwa ngeri ya mubiri. Kino bwe tukikiriza mangu, awo nno obukulu bw’okuzuukira buba bweraga bwokka. Emubiri gwaffe guno ogwa kaakano mu kufa gusanawo; kale bwe kiba nga mu mubiri mwe tulirabira obulamu obutaggwaawo n’obutafa, olwo kiba nti okufa, mbeera omuntu gy’abaamu nga tawulira, okutuusa omubiri gwaffe lwe gulitondebwa obuggya nate ne gulyoka guweebwa ekikula kya Katonda.

Abakkolinso ekisooka essula 15 yonna, eyogera ku bikwata ku kuzuukira mu bujjuvu, oganyulwamu nnyo bw’ogisoma n’obwegendereza. 1 Kol.15:35 – 44 ennyonnyola engeri ensigo gyesimbibwa oluvannyuma n’evayo mu ttakka Katonda agiwe omubiri, n’abafu bwe batyo balizuukira okuweebwa ekirabo ky'omubiri. Nga Kristo bwe yazuukizibwa okuva mu magombe omubiri gwe ogufa ne gufuulibwa ogutafa, n’abakkiriza abatuufu bwe batyo

baligabana empeera ye(Baf.3:21). Mu kubatizibwa twetaba mu kufa n’okuzuukira kwa Kristo, nga tulaga okukkiriza kwaffe, nti naffe tuligabana ku ekyo kye yafuna olw'okuzuukira kwe(Bar.6: 3 – 5). Bwe twenyigira mu kubonabona naye kwe yayitamu kaakano, tuligabana ku kirabo kye: ”Bulijjo nga tutambula nga tulina mu mubiri okuttibwa kwa Yesu, era n’obulamu bwa Yesu bulyoke bulabisibwenga mu mubiri gwaffe”(2 Kol.4:10). “Oyo eyazuukiza Kristo Yesu mu bafu, era n’emibiri gyammwe egifa aligifuula emiramu ku bw’omwoyo gwe atuula mu mmwe”(Bar.8:11). Olw’essuubi lino, kale tulindirira “okununulibwa kw’omubiri gwaffe” (Bar.8:23), nga gufuulibwa ogutafa.

Essuubi lino ery’empeera oy’omubiri gwennyini, abantu ba Katonda balimanya kuva dda. Ibulayimu ye yennyini yasuubizibwa nti, alisikira ensi ye Kanaani emirembe n’emirembe, yonna nga bweyali yonna(Lub.13:17; laba essomo 3.4). Okukiririza kwe mu bisuubizo ebyo ate kwamwetagisa era nti mu ngeri emu oba endala, mu biro eby'omu maaso, guulizibwa obuggya, ne gufuulibwa ogutafa, olwo ekisuubizo kituukirire.

Yobu yalaga bulungi okumanya kwe nti wadde ng'omubiri gwe guliibwa envunyu mu magombe, weewaawo mu mubiri nate alifuna omugabo gwe: “Omununuzi wange mulamu, era ku nkomerero ng’aliyimirira ku nsi: era mu ddiba ly’omubiri gwange ndiraba Katonda, Gwe ndiraba nze mmwene n’amaso gange galimutunuulira so si mulala: emmeeme yange newakubadde emaliddwawo, munda yange” (Yubu 19:25 – 27). Isaaya naye yali asuubira bwatyo “omulambo gwange gulizuukira” (Isaaya 26 : 19).

Ebigambo bwe bityo bisangibwa mu byawandiikibwa ku kufa kwa Lazaaro mukwano gwa Yesu. Mu kifo eky’okukubagiza bannyina Lazaaro nti emmeeme(omwoyo gwe) ye engenze mu ggulu, Mukama Yesu yayogera ku lunaku lwa kuzuukira nti: “Yesu n’amugamba nti mwannyoko ajja kuzuukira” Naye okuddamu okwa Maliza amangu ddala kulaga engeri abakristayo abasooka gye bali bamanyimu eby'okuzuukira:- “Maliza n’amudamu n'amaanyi nti alizuukira ku kuzuukira kw’olunaku olw’enkomerero”. (Yok. 11:23, 24). Era bwatyo nga Yobu, n'ono okufa yali takutegeera ng'ekkubo erigenda mu kw'essima mu ggulu, wabula yali alindirira okuzuukira “ku lunaku olw’enkomerero”. Mukama yasuubiza nti: “Buli eyawulira Kitange n’ayiga nange ndimuzuukiza ku lunaku olw’enkomerero” (Yok. 6:44, 45).

## 4.6. OMUSANGO

Ensomesa eya Baibuli ku by'omusango ky'ekimu ku bintu ebikulu eby'okukkiriza okumu (Bik.24 :25; Beb. 6: 2). Buli kiseera ebyawandiikibwa byogera "ku lunaku lw'omusango" (okugeza nga 2Peet. 2:9; 3:7, 1Yok.4 :17; Yuda 6), ekiseera ekyo abo bonna abafuna okutegezeebwa kwa Katonda lwe balifunirako empeera yaabwe. Bonna kibagwaniranga "okuyimirira mu maaso g'entebe ey'emisango eya Katonda" (Bar. 14 : 10), "Ffena kitugwanira okulabisibwa Kristo w'alisalira emisango; buli muntu aweebwe bye yakola mu mubiri, nga bwe yakola, oba birungi oba bibi" (2 Kol.5 :10).

Okwolesebwa kwa Danyeri okukwata ku madda ga Kristo ag'okubiri, kw'alimu entebe eno ey'emisango (Dan.7:9 – 14). Engero za Yesu ziyambako okukirambulula. Olwa Talanta lufaananyiriza ne mukama w'abaddu eyakomawo n'abayita okulaba engeri gye baakozesaamu ssente zeyabalekera(Mat.25:14– 29). Olugero olw'abavubi lufaananyirizibwa okuyitibwa okwe Njiri n'ekiragala kye basuula mu nnyanja ne kikungaanya abantu bangi nnyo aba buli kika; abantu abatuzibwa wansi (geraageranya kino n'okw'oku ntebe y'emisango) n'ebawulamu eby'ennyanja ebirungi ku ebyo ebibi (Mat.13:47–49). Amakulu geraga gokka nti: " ku nkomerero y'ensi bamalayika balijja, balyawulamu abantu ababi mu batuukirivu"

Okuva kw'ebyo bye tulabye, kiba kirungi okulowooza nti, nga Mukama waffe amaze okudda, n'okuzuukiza abafa, walibawo ekifo awalikungaanyizibwa abo bonna abayitibwa olw'enjiri mu bbanga eggere, okusisinkana Kristo. Balyeyogerako awo nalyoka asalawo oba basanidde okufuna ekirabo eky'okuba mu bwakabaka oba nedda. Wano we wokka abatuukirivu we balifunira empeera yaabwe. Bino byonna biri mu lugero lw'endiga n'embuzi: "Omwana w'omuntu alijjira mu kitiibwa kye, ne bamalayika be abatukuvu bonna, awo n'alyoka atuula ku ntebe ye ey'ekitiibwa (entebe ya Dawudi mu Yerusalaemi, Lukka 1 : 32, 33): awo abantu ne balyoka bakungaanira wamu mu maaso ge (kwe kugamba abantu ab'amawanga gonna, geraageranya kino ne Matayo 28: 19): naye alibaawulamu ng'omusumba bw'ayawulamu endiga n'embuzi: Endiga aliziteeka ku mukono gwe ogwa ddyo, naye embuzi ku mukono ogwa kkono. Awo Kabaka aligamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti mujje, mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutonda ensi"(Mat.25 : 31 –34).

Okusikira obwakabaka bwa Katonda, n'okufuna ebyasuubizibwa Ibulayimu ku bwo, y'empeera ey'abatuukirivu. Ate kino kiribawo ng'okulamula kuwedde, okulibeerawo ku madda ga Kristo. N'olw'ekyo kizibu okufuna eky'asuubizibwa eky'omubiri ogutafa nga Kristo tannakomawo; kale tufundikira nti okuva ku kufa kw'omuntu okutuuka ku mazuukira, omukkiriza taba na kawuliramu konna.

Nkola ya Baibuli gyedingaanamu nti Kristo bwa komawo, awo empeera eribaweebwa – so si nga tannaba kudda.

- "Era omusumba omukulu (Yesu) bw'alirabisibwa, muliweebwa engule ey'ekitiibwa etewotoka" (1 Peetero 5:4 geregeranya ne 1:13).
- "Yesu Kristo alisalira omusango abalamu n'abafu, era n'olw'okulabika kwe n'obwakabaka bwe … Engule ey'obutuukirivu, mukama waffe gy'alimpeera ku lunaku luli, ng'asala emisango egy'ensonga" (2 Tim 4:1, 8).
- Ku madda ga Masiya mu nnaku ez'oluvannyuma, "bangi ku abo abeebaka mu nfuufu ey'okunsi balizuukuka, abamu eri obulamu obutaggwaawo, n'abamu eri ensonyi n'okunyoomebwa okutaggwaawo" (Danyeri 12:2).
- Kristo bw'alijja okusala emisango, "abo abali mu ntaana . . . baliwulira eddoboozi lye ne bavaamu; abo abaakolanga ebirungi balizuukirira obulamu; n'abo abaakolanga ebitassana balizuukirira omusango" (Yok. 5:25-29).
- "Nze (Yesu) njiija mangu; n'empeera yange eri nange, okusasula buli muntu ng'omulimu gwe bwe guli" (Kub 22:12). Tetugenda mu ggulu okufuna mpeera – Kristo agituletera okuva mu ggulu.

Yesu okutuletera empeera kitegeeza nti yatutegekerwa eyo mu ggulu, naye aligituletera ku madda ge ag'okubiri ku nsi; "obusika" bwaffe obw'ensi eyasuubizibwa Ibulayimu mu ngeri eyo buterekeddwa mu ggulu ku lwammwe, abakuumibwa amaanyi ga Katonda olw'okukkiriza okufuna obulokozi obweteeseteese okubikkulibwa ku biro eby'enkomerero Kristo mwaliddira (1Peet.1:4,5). Empeera yaffe nkakafu nnyo gyobeera yamala dda okutuweebwa; ebisuubizo bya Katonda by'amazima y'ensonga lwaki ayogera ku ebyo ebitannabeerawo ng'ebiriwo (Bar.4:17).

Nga bwe kiri nti empeera yakugabirwa ku lunaku olw'omusango lwokka nga Kristo akomyewo, kiba kitegeeza nti abatuukirivu n'ababi olufa bagenda mu kifo kimu, magombe.

Tewali kwawulwamu wakati waabwe kukolebwa nga bafudde. Wamanga bukakafu obutuufu ku nsonga eno.

- Yonasaani yali mutuukirivu naye nga Sawulo mwonoonyi, kyokka "mu kufa kwabwe tebayawulwamu" (2 Sam.1:23).
- Sawulo Yonasaani ne Samwiri bonna bwe bafa bagenda mu kifo kimu (1 Sam 28:19).
- Ibulayimu omutuukirivu "n'atwalibwa eri abantu be" bwe yafa: jjukira banno baali basinza bifaananyi (Lub.25:8; Yoswa 24:2).
- Abagezigezi n'abasirusiru ekibatukako kimu – kufa (Mub.2:15,16).

Bino byonna bikontana n'ebyo ebyogerwa 'Obukristaayo' obututumufu. Ensomesa yaabwo nti abatuukirivu olufa nga bagenda mu ggulu eyonoona obwetavu bw'okuzuukira n'okusala omusango. So nga tulabye nti bino by'ebintu ebikulu ebyetagisa mu nteekateeka ya Katonda ey'obulokozi era bwe kityo ne mu bubaka bwe Njiri. Endowooza ey'etutumu ennyo egamba nti omuntu omutuukirivu olufa afunirawo empeera ye ey'okugenda mu ggulu, n'enkeera omulala bw'afa nga naye bw'atyo, n'ekiba nti buli omu lwafa lw'agenderako mu ggulu! Endowooza eno ekontanira ddala n'ensomesa eya Baibuli nti abatuukirivu bonna balifunira wamu empeera, mu kiseera ky'ekimu.

- Endiga zakwawulibwa ku mbuzi emu ku emu, ku ntebe y'omusango. Olumala okusalirwa omusango, Kristo aligamba endiga eziri ku mukono gwe ogwa ddyo nti: "Mujje, mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutonda ensi" (Mat.25:34). Kale endiga zonna zirisikira obwakabaka mu kiseera ky'ekimu ekyo (geraageranya ne 1Kol.15:52)..
- Ku "makungula" aga kudda kwa Kristo n'okusala omusango, abo bonna abakolereranga mu mulimu gwe Njiri "balisanyukira wamu" (Yok.4:35,36 geraageranya ne Mat.13:39).
- Kub.11:18 lunnyonyola: "entuuko ez'okusaliramu omusango gw'abafu" ng'ekiseera Katonda mwaliweera abaddu be empeera abaddu bo . . . bannaabbi n'abatuukuvu . . . abo abatya erinnya Lyo". Kwe kugamba abakkiriza awamu bonna.
- Beb.11 ssula erimu olukalala olw'abamu ku bantu abatuukirivu ab'omu Ndagaano Enkadde. Olunnyiriri 13 lugamba nti: "Abo bonna bafiira mu kukkiriza, nga tebaweeredwa ebyasuubizibwa", ebyakolebwa eri Ibulayimu ku bulokozi okuyita mu kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda (Beb.11:8 – 12). Olwo n'ekiba nti bwe bafa, abantu bano tebagenda mu ggulu buli omu mu kiseera kye okufuna empeera.

Ensonga lwaki, etuweereddwa mu lunnyiriri olwa 39, n'olwa 40: “Tebafuuna ebyasuubizibwa: Katonda bwe yatulabira edda ffe ekisinga obulungi, bo baleme okutuukirizibwa ffe nga tetuliiwo”. Okulwaawo okuweebwa empeera eyabasuubizibwa ky’ali kityo kubanga nteekateeka ya Katonda abeesigwa bonna “okutuukirizibwa” awamu, bbanga limu. Kino kiribeerawo ku lunaku olw’omusango, nga Kristo akomyewo.

## 4.7 EKIFO EKY’EMPEERA: GGULU OBA NSI?

Ng’ojjeeko ensonga ezo wagulu, oyo yenna muli akyawulira nti mu ggulu so ssi nsi yelibeera obwakabaka bwa Katonda, kiba kimwetagisa okunnyonyola n’ensonga zino wamanga.

- “Essala ya Mukama waffe” esaba obwakabaka bwa Katonda bujje (ekitegeeza Kristo akomewo), olwo Katonda byayagala bikolebwe mu nsi nga bwe kiri mu ggulu kaakano (Mat.6:10 ) N'olw'ekyo tubeera tusaba obwakabaka bujje ku nsi. Kya nnaku nti abantu bangi bamala gatula ebigambo ebyo ate eno bwe bakkiriza nti obwakabaka bwa Katonda webuli kaakano mu ggulu, era nti yo ensi egenda kusanyizibwawo.
- “Balina omukisa abateefu mu mwoyo: kubanga balisikira ensi” (Mat..5:5) – so kino tekigamba nti … ‘emyoyo (emmeeme) gyabwe girigenda mu ggulu’. Era ebyo by'ebigambo byennyini mu Zabbuli 37, eno yonna ekatiriza nti mpeera ey’abatuukirivu ya kubeera ku nsi. Ekifo kyennyini ababi mwe beeyagaliranga mu bintu eby’ekiseera obuseera, abatuukirivu nabo mwe balisasulirwa obulamu obutaggwaawo, era ne basikira ensi eno yennyini ababi gye b'ali befuze(Zab.37:34,35). “Abateefu balisikira ensi … kubanga abaweebwa omukisa gwe balisikira ensi … abatuukirivu balisikira ensi banaagibeerangamu emirembe gyonna” (Zab.37:11,22, 29).
- “Dawudi … yafa n’aziikibwa n’amalalo ge gali waffe ne kaakano .. . Dawudi teyalinnya mu ggulu” (Bik.2:29,34). Era Peetero yannyonnyola nti essuubi lye ly'ali okuzuukira mu bafu nga Kristo akomyewo (Bik.2:22 – 36).
- Ensi ky’ekisaawe Katonda mwakolaganira n’abantu: “ Eggulu, lye ggulu lya Mukama; naye ensi yagiwa abaana b’abantu” (Zab.115:16).
- Kub.5:9,10 ziwa ekifaananyi ku ngeri abatuukirivu gye balyogeramu nga Kristo abakkiriza wali ku ntebe ye ey’omusango: “ (Kristo) atufuudde eri Katonda waffe obwakabaka era bakabona; era abafuga ku nsi”. Ekifaananyi kino eky’okufugira mu

bwakabaka bwa Katonda ku nsi kijjawo endowooza eri nti 'tulyesiimira' eyo mu ggulu.

- Obunnabbi bwa Danyeri mu ssula 2 ne 7 bwogera ku ngeri eby'obufuzi bw'ensi gye biritambulamu, oluvannyuma nebiddirirwa obwakabaka bwa Katonda nga Kristo akomyewo. Ettwale lyo obwakabaka buno liriba " wansi w'eggulu lyonna", era " bulifuga ensi yonna" (Dan.7:27; 2:35 geraageranya n'olunny.44).

Obwakabaka buno obutaliggwaawo "buliweebwa abantu abatukuvu b'Oyo ali waggulu ennyo"(Dan.7:27); kale empeera yabwe bwe bulamu obutaggwaawo mu bwakabaka buno obugenda okubeera ku nsi, wansi w'eggulu.

### 4.8 OBUVUNANYIZIBWA ERI KATONDA

Singa omuntu mu butonde yalina 'emmeme etefa' kino wamanga kyandibadde kitegeeza nti waliwo w'erina okugenda – ekifo eky'okwesiima oba eky'okubonerezebwamu. Kino kiba kitegeeza nti buli omu avunanyizibwa eri Katonda. Naye mu kugeraageranya, tulaze engeri Baibuli gy'esomesa nti omuntu mu butonde bwe, ali ng'ensolo, taliimu butafa. Kyokka, abantu abamu baweebwa omukisa ogw'obulamu obutaggwaawo mu bwakabaka bwa Katonda. Kale kirabika nti si buli omu eyabaddeko ku nsi kuno nti alizuukizibwa; ng'ensolo omuntu aba mulamu ate ekiseera bwe kituuka n'afa, avunda nadda mu nfuufu. Kyokka olw'okuba nti walibawo omusango, abamu nga gubasalirwa okubasinga ate abalala ne baweebwa obulamu obutaggwaawo, kye tuva tufundikira nga tugamba nti walibaawo ekika ky'abantu, abalizuukirira okulamulibwa ne baweebwa empeera.

Omuntu okuzuukira oba obutazuukizibwa kisinziira ku kubeera nti ovunanyizibwa ku kulamulibwa.. Okulamulwa kwaffe kulisinziira ku ngeri gye twanyikiriranga mu kigambo kya Katonda. Kristo yannyonnyola nti: "Agaana nze, n'atakkiriza bigambo byange, alina amusalira omusango; ekigambo kye nnayogera kye kirimusalira omusango ku lunaku olw'enkomerero"(Yok.12:48). Abo abali tebannamanya kigambo kya Katonda oba abatakitegeera, kale ne batafuna mukisa kukikkiriza oba okukigaana, tebaliba na bwetaavu bwa kulamulibwa.. "Abo bonna abayonoonanga awatali mateeka: era balibula awatali mateeka: era bonna abayonoonanga nga balina amateeka, balisalirwa omusango n'amateeka"(Bar.2:12). Kale abo abatamanya Katonda by'ayagala balizikirira ng'ensolo; so ng'abo abamenya amateeka ga Katonda mu bugenderevu kiryetaagisa okubalamula, n'olw'ekyo balina okuzuukizibwa okulaba omusango.

Mu maaso ga Katonda “ekibi tekibalibwa awataba mateeka”, “ekibi kwe kwonoona amateeka ga Katonda”, kubanga “amateeka ge gamanyisa ekibi”(Bar.5:13; 1Yok3:4; Bar.3:20). Obutamanya mateeka ga Katonda nga bwe gabikkuliddwa mu kigambo kye, “ekibi tekibalibwa” ku muntu, n'olw'ekyo tebalizuukizibwa yadde okusalirwa omusango. Abo abatamanyi kigambo kya Katonda, balisigala nga bafu, ng’era ensolo n’omuddo, kubanga tulaba nti byonna biri mu mbeera emu eyo. “Omuntu … atategeera, ali ng’ensolo ezikirira”(Zab.49:20). “Bateekerwawo magombe ng’ensolo” (Zab.49:14).

Okumanya engeri ya Katonda kye kitufuula okuvunanyizibwa gy’ali olw’ebikolwa byaffe olwo ne kitwetagisa okuzuukira n’okulabikako mu maaso g’entebe y’omusango. Kale kisaana kitegerekeke nti abatuukirivu oba ababatize si be bokka abalizuukizibwa, naye n’abo bonna abavunanyizibwa eri Katonda ku lw’ensonga nti bamumanya. Guno mulamwa oguddibwamu mu byawandiikibwa buli kiseera.

- Yok.15:22 kiraga nti okumanya ekigambo kya Katonda kituletera obuvunanyizibwa: “Singa sajja ne njogera nabo, tebandibadde na kibi; naye kaakano tebalina kya kuwoza olw’ekibi kyabwe”. Bar.1:20 – 21 wagamba nti okutegeera Katonda kuletera abantu “obutaba na kyakwekwaasa”.
- “Buli (muntu) eyawulira Kitange n’ayiga, ajja gyendi ndimuzuukiza ku lunaku olw’enkomerero”(Yok.6:44,45).
- Endowooza ya Mukama wali ku ntebe y'omusango kwabo ab'omulembe ogwasooka abamugaana eriba nti: “Abalabe bange abatayagala nze kubafuga, mubaleete(okuva mu magombe) wano mubattire mu maaso gange”(Luk.19:27).
- Buli ataliwulira bigambo byange … ndimulanga ekyo”(Ma.18:19).
- Katonda tatunuulira bikolwa by’abo abatamumanyi. Naye abo abamumanyi, abatunuulira era abasuubiramu okwanukula (Bik.17:30).
- Ku lunaku olusembayo olu’okusalirako ensi omusango, “galiba amawanga agaatiagondera Katonda” agaalisalirwa omusango (Mikka 5:15 NRSV). Okuwulira, kwabwe kyotta ne baatagondera kigambo kya Katonda kwe kulisinziira okubunerezebwa kwabwe.
- Olwokuba Berusazza yamanya nti ateekwa okugondera obukulu obwa Katonda, naye n’atafaayo, kyeyava abonerezebwa (Dan.5:22).
- “N’omuddu oyo eyamanya Mukama we kye yayagala, n’atategeka n’atuusa kye yayagala, alikubwa mingi, naye ataamanya n’akola ebisaanidde okumukubya, alikubwa mitono; na buli eyaweebwa ebingi, alinoonyezebwako bingi; n’oyo gwe

baateresa  gwe ebingi gwe balisinga okubuuza ebingi"(Lukka 12:47,48).- Katonda talisingawo?

- "Kale amanya okukola obulungi n'atakola, kye kibi eri oyo" (Yakobo 4:17).
- Obuvunanyizibwa bwa Isiraeri obw'enjawulo eri Katonda bwava ku Katonda kubabikkulira ebyo ebimukwatako (Amosi 3:2). "Nze ndibateekerawo ekitala, nammwe mwena mulikutama okuttibwa: kubanga bwe nnayita temwayitaba; bwe nnayogera temwawulira; naye ne mukola ekyali ekibi mu maaso gange ne mulonda ekyo kye ssaasanyukira" (Isa.65:12).
- Olw'ensomesa eno kubuvunanyizibwa, egamba nti: "kubanga kyandibadde kirungi gye bali (abo abava ku Katonda) singa tebaategera kkubo lya butuukirivu, okusinga, bwe bamala okulitegeera, okudda ennyuma okuleka ekiragiro ekituukuvu kye baweebwa" (2 Peet.2:21). Ebitundu ebirala ku nsonga eno mulimu: (Yok.9:41;3:19 ;1Tim1:13; Kos.4:14; Ma.1:39).

Okumanya Katonda ky'ekituletera okuvunanyizibwa ensonga Ze zonna era ne kituleteera okuyimirira mu maaso g'entebe ey'omusango, kitegeeza nti abo abatalina kumanya  okwo, tebazuukizibwa, anti okubalamula tekyetagisa, kubanga obutamanya bwabwe bubafula "okuba ng'ensolo ezizikirira" (Zab.49:20). Waliwo  bingi ebimala okulaga nti si bonna ab'ali babaddeko ku nsi nti balizuukira.

- Ab'omu Babulooni eky'edda "balirema okuzuukuka" olufa kubanga baali tebamanyi Katonda omutuufu (Yer.51:39; Isa.43:17).
- Isaaya y'ezzamu amaanyi bw'ati: "Ai Mukama Katonda waffe, abaami abalala awali Ggwe baatufuganga; .. .  Bafudde, tebaliba balamu; bazikiridde, tebalizuukira … n'obuza okujjukirwa kwabwe kwonna" (Isa.26:13,14). Wekkaanye essira ery'emirundi essatu nti "tebaliba balamu (nate)".. ."tebalizuukira". . . "bazikiridde", "n'obuza okujjukirwa kwabwe kwonna". Ate bw'obageraageranya ne Isiraeri, ye yali amaanyi Katonda omutuufu: "Abantu bo (Isiraeri) abafu baliba balamu; wamu n'omulambo gwange girizuukira"(Isa.26:19).
- Nga twogera ku bantu ba Isiraeri, tutegeezebwa nti: Kristo bw'alikomawo, "bangi ku beebasse mu nfuufu ey'oku nsi balizuukuka, abalala balizuukirira obulamu obutaggwaawo n'abalala eri okunnakuwala"(Dan.12:2). Kale kiri nti "bangi" ku Bayudaaya so si bonna, abalizuukizibwa lwa kuvunanyizibwa ku bya Katonda nga abalonde be. Abamu ku bo abaliba nga tebamanyidde ddala Katonda wabwe

omulamu “tebaliba balamu, era tebalizuukira”, kubanga tebasobola kunoonya “kigambo kya Mukama”(Amosi 8:12,14).

**KAAKATI TUMAZE OKUYIGA NTI**

- Okumanya ekigambo kya Katonda kutuleetera obuvunanyizibwa gy’ali.
- Abo bokka abalina abavunanyizibwa be balizuukira n'okusalirwa omusango.
- Abo abatamnyi Katonda omulamu bo balisigala nga bafu ng’ensolo.

Bino byetutseeko ne kyebitegeeza bigongobaliza ddala amalala g’abantu n'ebyo bo byebandyagadde okukiririzamu: Okwemuluggunya kwaffe eri enkola za Katonda mu nsonga zion kukyaamu ddala: “Ggwe omuntu gwe ani awakana ne Katonda?” (Bar. 9:20). Tuyinza akukiriza obutategeera, naye si ku vunaana Katonda nti si mwenkanya oba obutali butuukirivu atatyagala oba omukyamu mu ngeri yonna ekiretawo endowooza embi eya Katonda kitaffe ow’obuyinza bwonna, omutonzi ayisa ebitonde bye mu ngeri etexi nnungi ate mu butali bwenkanya.

N’ekisembayo, kisaana kitegeerekeke nti abantu nkumu olutegeera enkola eno ey’obuvunanyizibwa eri Katonda, muli tebegomba kumanya bisingawo si kulwa nga nabo bafuna obuvunaanyizibwa obwo n'okusalirwa omusango. So nga bambi abantu ng’abo baba baamala dda okubufuna anti: okumanya ekigambo kya Katonda kw’abaleteera okumanya eky'amazima nti Katonda mu bulamu bwabwe akola era ng'ekyo ky'amala dda okubateerawo enkolagana ne Katonda. Kirina okujjukirwanga nti “Katonda kwagala”, “tayagala n’omu kubula”, era yawaayo omwana we omu yekka, nti buli amukkiriza aleme okuzikirira, naye afune obulamu obutaggwaawo” (1Yok. 4:8; 2 Peet. 3:9; Yok. 3:16). Katonda atwagala kubeera mu bwakabaka bwe.

Ekitiibwa n’omukisa bwe bityo birina okubeerako obuvunanyizibwa. Kyokka nga tebugendereddwa kutukaluubiriza, bwe tuba nga ddala twagala Katonda, twanditegeredde ddala nti ekirabo kye eky'obulokozi si mpeera ya mirimu, wabula ye ku lulwe, y'engeri gy'ayolesaamu okusiima abaana be abamukkiriza ng'abawa obulamu obutaggwaawo obw'essanyu.

Nga bwe tusemberera okumanya n’okuwulira okuyita kwa Katonda mu kigambo kye, tujja kukitegeera nti bwe tutambula mu bibiina eby’abantu Katonda atutunulira mu ngeri ey’enjawulo ng’ayagala okulaba obubonero bwaffe eri okwagala kwe gye tuli, naye talindirira

nti tumale okuggwa olw’obutatukiriza buvunanyizibwa bwaffe.Tali tujjako liiso lye; nafe tetusobola kwejjako kumanya kwaffe olwo tukole eby’omubiri bye gwagala. Wabula tusaana okusanyukiranga mu kwagala kwa Katonda n’engeri gy’atuli okumpi, era tunoonyenga n’okweyongera okumanya, so awatali kumutegeera ko katono kwokka. Okwagala kwaffe n’okwegomba okumanya ebya Katonda, era n’okukoopa eneyisa ye, kye kintu ekyandibadde nga kisookera ddala.

## 4.9 AMAGOMBE

Ekimanyiddwa ennyo ku magombe kwe kuba nti ky’ekifo “emmeeme (emyoyo) gy'aboononyi ezitafa” mwe zibonerezebwa olufa, oba ekifo omubonerezebwa ngo okusalirwa omusango kuwedde. Naye ffe tukakasa Baibuli esomesa nti amagombe y'entaana ekifo abantu bonna gye bagenda olufa.

**EBY’OKULABIRAKO**

- “Ababi … basirikenga mu magombe”(Zab.31:17)
- “Katonda alinunula emmeeme yange mu maanyi ag’emagombe”(Zab.49:15) kino kitegeeza nti emmeeme oba omubiri gwa Dawudi gulizuukira okuva emagombe.

Endowooza egamba nti emagombe kifo kya kubonererezamu ababi era mwe batasobola kutoloka tekwatagana na bino nti; omuntu omutuukirivu asobola okugenda emagombe naye n'avaayo nate. Koseya 13:14 kino akikakasa: “Ndibanunula (abantu ba Katonda ) eri amanyi ag’amagombe ndibagabula okuva eri okufa”. Kino nate kijjulizibwa mu 1 Kol.15:55 n’ekikozesebwa ku kuzuukira nga Kristo akomyewo. Mu ngeri y'emu okwolesebwa okw’okuzuukira (laba essomo 5:5), “n’okufa n’amagombe ne bireeta abafu abaalimu” (Kub.20:13). Wetegereze enkwanaganya ey’okufa, n’amagombe (laba Zab.6:5).

Ebigambo bya Kaana mu 1Sam.2:6 binnyonnyofu bulungi: “Katonda atta n’alamya: aserengesa mu magombe n’alinnyisa okuvaayo”.

Olw'okuba nti 'amagombe ye 'ntaana', kisuubirwa nti abatuukirivu balirokolebwa okugavaamu nga bazuukizibwa okufuna obulamu obutaggwaawo. Kale kyangu okugenda e magombe(entaana) naye oluvannyuma n’ovaamu ng’ozuukizibwa. Eky’okulabirako ekisingayo ky’ekya Kristo, oyo “teyalekebwa mu magombe so nga n’omubiri gwe tegwavunda” (Bik.2:31) kubanga yazuukizibwa. Wetegereze enkwnaganya 'y'emmeeme ya

Kristo 'n'omubiri gwe. Nti “omubiri gwe tegwalekebwa mu magombe” kino kitegeeza nti yaliyoko okumala akabanga, keeko ak’ennaku essatu ezo, omubiri gwe ze gw’amala mu ntaana. Kuba Kristo y’agenda e magombe, bwe bukakafu obumala nti si kifo ky’ababi bokka.

Abantu abalungi n’ababi wamu bagenda emagombe: kwe kugamba entaana. Kale Yesu “bamuziikira wamu n’ababi” (Isa.53:9). Awamu na kino, waliwo eby’okulabirako ebirala abatuukirivu okugenda e magombe. Yakobo agamba nti “ ndikka emagombe awali omwana wange nga nkyakaaba” (Lub.37:35).

Eri emu ku nkola za Katonda nti ekibonerezo eky’ekibi kufa (Bar.6:23; 8:13; Yak.1:15). Amebegako twalaze nti okufa mbeera ey’obutawulirira ddala. Ekibi kireeta okuzikirira ddala, naye si kubonabonyezebwa kwa luberera (Mat. 21:41; 22:7; Mak.12:9; Yak.4:12), kufaananira ddala okw'abantu abo abazikirizibwa amataba (Luk. 17:27,29) era kufaanananana Abaisiraeri abafiira mu ddungu (1Kol.10:10). Ku mirundi gino ebiri ababi b'afa so tekigambibwa nti babonabonyezebwa ennaku zaabwe zonna. Kale kiba kizibu okuba nti abantu ababi babonerezebwa bawulira era nga baluma obugigi emirembe n'emirembe.

Ate tulabye nga Katonda tababalira kibi abo abatamanyi kigambo kye (Bar.5:13). Abo abali bwe batyo balisigalira ddala nga bafu. Abo abamanya Katonda byayagala balizuukirira okusalirwa omusango Kristo bwalikomawo. Singa mu bano musangibwamu ababi, balisalirwa ogw’okufa, kubanga kuno kwe kusalirwa okw’abo ababi. N’olw’ekyo nga bamaze okuyimirira mu maaso ag’entebe y’omusango eya Kristo, balibonerezebwa ne bafa nate ,basigale nga bafu emirembe gyonna. Kuno kwe kuliba “okufa okw’okubiri”, okwogerwako mu Kub.2:11; 20:6. Abantu bano baliba baafa olwasooka, okwo okw'okutabaamu kawulira konna. Balizuukizibwa ne balamulwa nga Kristo akomyewo, olwo ne babonerezebwa n'okufa okw'omulundi ogw'okubiri, ng'okufaananako okwasooka, na kuno kulibeera kufa kwa butawuliriramu ddala. Kuno kuliba kwa mirembe n'emirembe.

Ge makulu nti ekibonerezo eky’ebibi kya ‘luberera’, kubanga tewaliba kkomo ku kufa kwabwe. Okusigala ng’oli mufu ennaku zonna kibonerezo ekitaggwaawo. Eky’okulabirako nga Baibuli eyogera mu ngeri eno kisangibwa mu Ma.11:14. Ekyawandiikibwa kino kyogera ku ngeri Katonda gye yazikirizamu eggye lya Falaawo omulundi gumu mu nnyanja Emmyufu ng'eky'oluberera era ekikyagenda mu maaso. Kubanga eggye eryo lyennyini teryaddamu kulumba Isiraeri: “Yabakulukusizaako amazzi ag’Ennyanja Emmyufu bwe baali nga bagoberera yabazikiriza okutuusa leero”.

Olumu ku ngero za Yesu olukwata ku kudda kwe n’omusango lwogera ku babi ‘okuttibwa’ mu maaso ge (Lukka 19:27). Kino tekikwatagana na katono n'endowooza eyo egamba nti ababi babeerawo nga bawulira mu kubonerezebwa emirembe gyonna. Mu buli ngeri okubonerezebwa okufaananako na kuno kuba tekutegerekeka bulungi – okw’emirembe n’emirembe ku lw’ebikolwa eby’emyaka 70 oli gye yamala ku nsi. Katonda tasanyukira kubonereza babi; kale kisuubirwa nti talibabigika kubonerezabwa bw’atyo emirembe n’emirembe (Ezek.18:23, 32; 33:11 geraageranya ne 2Peet.3:9).

Obukristaayo obwabula, emirundi mingi amagombe bagogerako ng’omuliro n’okubonabona. Kino kikontanira ddala  n'ensomesa ya Baibuli ku magombe. “Bateekerwawo magombe ng’ekisibo: okufa kunaabeeranga omusumba waabwe” (Zab.49:14) kino kiba kitegeeza nti emagombe kifo kiteefu. Newakubadde nga omubiri (emmeeme) gwa Kristo gwalekebwa mu magombe, tegwavunda (Bik.2:31). Kino kyandibadde tekisoboka singa kyali nti amgombe kifo ekirimu omuliro. Ez..32:26–30 ziwa ekifaananyi ku balwanyi b’amawanga egetolodde Israeri, okwebaka mu ntaana zaabwe. “Abazira abafudde(mu lutalo) . . .  abasse mu magombe nga balina ebyokulwanyisa n'ebitala byabwe nga biteekeddwa ku mitwe gyabwe . . . bagalamidde . . . wamu n'abo abakka mu bunnya”. Kino kiraga akalombolombo k'okuziika abalwanyi n'ebyokulwanyisa byabwe, nga biteekeddwa ku mitwe gyabwe. Ate nga kino kifaananyi “ky'amagombe” - entaana. Abasajja ab'amanyi abagalamidde mu magombe (kwe ku gamba mu ntaana zaabwe) nga tebannyega, tekiwagira n'endowooza nti amagombe kifo kya muliro.  Ebintu ebikwatikako (gamba ng'ebitala), bigenda mu magombe g'egamu n'abantu, ekitegeeza amagombe si kisaawe kya kubonerezebwamu myoyo. Kale Peetero yabulira omusajja omubi nti: “Efeeza yo ezikirire naawe”(Bik.8:20).

Ekyawandiikibwa ku Yona n’ebyo bye yalabako, kikontanira ddala na kino. Bwe yamiribwa nga mulamu eky’ennyanja ekineene, “Yona n’asaba Mukama Katonda we mu lubuto olw’ekyennyanja: ng’ayogera nti naakabirira Mukama … mu lubuto lw’emagombe nakoowoola”(Yona.2:1,2). Kino kikwanaganya “olubuto lw'emagombe” n'olw’eky’ennyanja. Olubuto lw’ekyennyanja lw’ali “kifo ekibiike” eraago ge makulu g'ekigambo kiri ekyakyusibwamu nti  amagombe.  Ekituufu kiri nti kino tekyali kifo kya muliro, era Yona “yaava mu lubuto lw’emagombe” ekyennyanja bwe kyamusesema. Ekikolwa kino kyali kisonze ku kuzuukira kwa Kristo okuva emagombe - (laba Mat.12:40).

**EKIFAANANYI KY'OMULIRO**

Kyokka, emirundi mingi Baibuli ekozesa ekifaananyi eky'omuliro ogutaggwaawo okusobola okulaga obusungu bwa Mukama eri ekibi, obulimuletera okuzikiririza ddala omwonoonyi mu ntaana. Sodomu kyabonerezebwa "n'omuliro ogutaggwaawo" (Yuda olunnyiriri 7), kwe kugamba kyazikiririzibwa ddala olw'okwonoona kw'abo abali bakituulamu. Leero ekibuga ekyo kyasanyizibwawo ne kibulira mu nnyanja ey'Omunnyo, tewali ngeri yonna nti kiri mu muliro kaakano, ekyetagisa bwe tuba tuli bakutegeera "omuliro ogutaggwaawo", nga gweegwo gwennyini. Mu ngeri y'emu Katonda yatisatisa okuzikiriza Yerusaalemi n'obusungu bw'omuliro ogutaggwaawo, olw'ebibi bya Isiraeri: "Kale ndikumira omuliro mu miryango gyakyo, era gulyokya amayumba ag' e Yerusaalemi, so tegulizikira" (Yer. 17:27). Olw'okuba nti Yerusaalemi obunnabbi bukyogerako ng'ekibuga ekikulu eky'obwakabaka bwa Katonda (Isa.2:2– 4; Zab.48:2), Katonda teyategeeza bino tubitwale nga bwe bisomebwa. Ennyumba zonna ennene mu Yisiraeri zayokyebwa omuliro(2Bassek.25: 9), naye omuliro oggwo teggwasigalirawo ddala, nnaku zonna. Omuliro kabonero akategeeza obusungu oba ekibonerezo kya Katonda eri ekibi, naye obusungu bwe si bwaluberera (Yer.3:12). Omuliro gwokya ekintu ne kifuuka evvu; era tukimanyi nti empeera y'ekibi kwe kufa okudda mu nfuufu. Oba olyawo eno y'ensonga lwaki gukozesebwa ng'ekifaananyi eky'okubonereza ekibi.

Mu ngeri y'emu Katonda yabonereza ensi ya Edomu "n'omuliro ogutazikira ekiro n'emisana, gunaanyookanga ennaku zonna: emirembe n'emirembe awo ng'ezise … n'ekiwwugulu n'ebinyonyi be banaatuulanga omwo … n'amaggwa gaalimera mu mayumba gaayo" (Isaaya 34:9-15). Olw'okuba nti ensolo n'emiti biribeera mu nsi eno eya Edomu eyazikirizibwa, enjogera ey'omuliro ogutaggwaawo eteekwa okuba nga etegeeza obusungu bwa Mukama n'okuzzikiririza ddala kwe ekitundu, so si kugitwala nga bweri.

Ebigambo eky'Olwebbulaniya n'Oluyonaaani ebyakyusibwa nti "ennaku zonna" bitegeeza "eri omulembe". Naye emirundi emirala amakulu gasigala nga geego gennyini, eky'okulabirako omulembe ogw'obwakabaka, naye si kiseera kyonna. Is. 32:14,15 kyakulabirako: "Ekibuga eky'abantu kiriba kifulukwa; olusozi n'ekigo ekirengererwako biriba mpuku ennaku zonna … Okutuusa omwoyo lwe guli tufukibwako"; Eno y'engeri emu gy'osobola okutegeeramu ' obutaggwaawo' obw'omuliro ogutazikira.

Emirundi n'emirundi obusungu bwa Mukama eri ebibi bya Yerusaalemi ne Yisiraeri bufaananyizibwa n'omuliro; "obusungu bwange n'ekiruyi kyange birifukibwa ku kifo kino

(Yerusaalemi) … ’’ Era bulibuubuuka so tebulizikizibwa’’ (Yer.7:20) ebyokulabirako ebirala mwe muli Kung 4:11 ne 2Bassek 22 :17)

Omuliro era gweekuusa ku Katonda okusala omusango ogw’ekibi, na ddala ku madda ga Kristo: ‘’ kubanga, laba, olunaku lujja, lwokya ng’ekikoomi, n’abamalala bonna n’abo bonna abakola obubi baliba bisasiro; awo olunaku olujja lulibookera ddala, bw’oyogera Mukama W’eggye, obutabalekerawo kikolo newankubadde ettabi’’(Malaki 4 : 1). Ebisasiro oba omubiri gw’omuntu, bwe byokyebwa, biddayo mu nfuufu. Kizibu nnyo ekintu kyonna, na ddala omubiri gw’omuntu, okwokebwa emirembe gyonna. N'olw'ekyo enjogera “ey’omuliro ogw’ennaku zonna” tesobola kuba nga ekitegeereza ddala okubonerezebwa okutaggwaawo. Omuliro tegusobola kusigala nga gwaaka ennaku zonna bwe waba nga tewali kya kwookya. Kisaana kyetegerezebwe nga “amagombe” “g’asuulibwa mu nnyanja ey’omuliro”(Kub.20:14). Kino kiraga nti amgombe si ky'ekimu ne “ennyanja ey'omuliro); kano kabonero akalaga okuzikiririza ddala. Mu ngeri ey’akabonero ey'ekitabo ky’Okubikkulirwa, tugambibwa nti amagombe gaalizikirizibwa ddala, kubanga waliba tewakyali kufa nate.

**GEYEENA:**

Mu ndagaano empya mulimu ebigambo bibiri eby’Oluyonaani ebyakyusibwamu ‘amagombe'. ‘Geyeena’ linnya ery’ekifo kya kasasiro eky’ali wabweru wa Yerusaleemi, awaayokerwanga ebisasiro eby’ekibuga byonna. Ebifo nga kino awokerwa ebisasiro bisangibwa kumpi mu buli bibuga ebikyakulakulana. Nga bwe liri linnya lya kifo, lyandisigadde Ggeyeena’ mu kifo ky’okulikyusa nti 'emagombe'. Mu lulimi olw’Aramaika 'Ggeyeena' ky’ekimu ne 'Kinomi’ eky'Olwebbulaniya. Kino kifo eky'ali okumpi ne Yerusaalemi (Yoswa 15:8), mu biseera bya Yesu, ekifo kino kye kyayiibwangamu ebisasiro by’ekibuga. Emirambo egy’abakozi b’ebibi gyasulibwanga mu muliro ogutazikira ogwali nga gwokya kasasiro oyo, kale Ggeyeena ne kafuuka akabonero akalaga okuzikiririra ddala n’okuganibwa.

Nate ensoga enkulu wano eri nti ebyo byonna ebyasuulibwanga mu muliro ogwo tebyasigalangawo mirembe gyonna – emibiri gyasiriranga n’egifuuka enfuufu nate. “Kubanga Katonda waffe gwe muliro ogwokya” (Beb.12:29) ne ku lunaku lw’omusango omuliro gw’obusungu bwa Mukama eri ekibi gulyokya ababi okuzikirizibwa. Mu biseera eby’okulamula ebyayita, nga Katonda alamula abantu be Yisiraeri n'omukono gwa Bababulooni, Ggeyeena yajjulanga emirambo gy’ababi (Yer.7:32,33).
Ku lw'obumanyi bwe, Mukama waffe Yesu bwe yali akozesa ekigambo “Ggeyena”, yagatta wamu endowooza zonna eziri mu Ndagaano Enkadde. Yateeranga okugamba nti abo

abaliganibwa mu maaso g'entebe y'omusango ng'akomyeewo; baligenda mu Ggeyenna (ekitegeeza e magombe), mu muliro ogutazikira; eyo envunyu yaabwe gye tefiira" (Makko 9:43;44). Ggeyena kirabika yafumintirizisa Abayudaaya ku ky'okuganibwa n'okuzikirizibwa kw'omubiri, ate era tulabye nti omuliro ogutaggwaawo njogera etegeeza obusungu bwa Katonda ku kibi n'okuzikirizibwa kw'ababi mu kufa. Okunokolayo nti "envunyu yaabwe gy'e tefiira" eranayo emu ku njogera ezitegeeza okuzikiririza ddala – tekikkirizika nti eyinza okubaayo envunyu zennyini nnyini ezitalifa. Eky'okuba nti Ggeyeena kifo awaabonerezebwanga ababi mu bantu ba Katonda, kyongera okulaga ensonga lwaki Kristo yakozesanga ekifaananyi kya Geyeena eyo.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 10:
## OKUTEGEERA OKUFA NG'EKIZZAMU AMAANYI

Waliwo abantu abaddirira abo ab'ali bamanyiddwa nga 'Platonists' abalaga akabi akali mu kukkiririzza mu mmeeme etefa. Bannyonnyola nti olw'okuba nti omubiri n'emmeeme byawukanidde ddala buli kimu ku kinnakyo, n'olwekyo empisa embi ez'omubiri tezikyusa muntu wa munda. So nga kasita tumanya ng'ekigambo eky'Oluyudaaya 'nephesh' ky'ekimu ekyakyusibwa 'emmeeme' 'n'omubiri' byombi, kiba kaati ng'ebikolwa byaffe eby'omubiri tosobola ku byawula ku 'mmeeme' yaffe oba obulamu bwaffe. Baibuli ekwata ku kufa era n'etukkirizisa. Okulowooza ku kufa kwo gwe kennyini, era nti okufa butawulirira ddala, kitegeka bulungi endowooza. Kikendeeza ku kuwaya n'okuyogaana n'ebyo ebibuzaabuza ebirowoozo byaffe ne kituzza ku nsonga enkulu ezigasa. Wadde nga eddiini nnyingi ezirabika nga nkyaamu era zisobeddwa ku nsonga nnyingi, kyokka zitegeerera ddala bulungi nga buli omu okufumitiiriza ku kufa kitundu kikulu eri okukyusibwa kw'omuntu. Kiki ekyandibaddewo singa ofa olwa leero . . . ? Amagombe go gandifaananye gatya. . . Bino by'ebimu ku bibuuzo bye tusobola okuganyulwamu bwe tubirowoozako, kasita tutegeera enjigiriza ya Baibuli ey'amazima ku mbeera y'okufa n'essuubi ery'okuzuukira.

**OBUVUNANYIZIBWA**

Nga mu kiseera kyaffe, ebiwandiikibwa n'ebirowoozo ku Baibuli bigezezaako okukendeza okunyomerera okufa. Ate ng'okufa kutunulirwa nga bwe kuli mu Ndagaano Enkadde n'Empya zombi. Yobu 18:14 okufa ekuyita "kabaka w'ebitiisa"; Pawulo ayogera ku kufa ng'omulabe omukulu asembayo (1 Kol. 15:26). Obulamu bwabwe bwonna buvaamu obuntu "olw'okutya okufa". Okumanya okufa nga bwe kuli kututekamu obumalirivu n'okulowooza ennyo ku bulamu bw'omuntu n'okola ennyo, okukuumira obweesige bwaffe mu Katonda

ng'ekikulu, n'okukolera mu mwoyo omulungi byonna bikulu. Kino tukiraba mu bantu abannafa; naye eri abo abamanyidde ddala amazima ga Baibuli ku kufa tusaanye okubaawo bwe tuti ekiseera kyonna, era nga tusanyukanga nti twanunulibwa mu kufa. Kubanga tetulina mmeeme etafa kumpi ekyusibwa n'etuyingizibwamu omulundi omulala, emmeeme/obulamu yatuweebwa Katonda. Mu lugero olw'omuggaga omusirusiru, Mukama agamba ku lunaku olw'okufa kwe, emmeeme yo "banaagikuggyako" (Luk. 12:20). Ekigambo eky'Oluyonaani "okuggyako" amakulu gaakyo kwe 'kusaba bakuddizze'. Olw'amazima nti tulina obulamu [emmeeme] kitufuula abavunanyizibwa eri Katonda; era ku lunaku lw'emisango tulisabibwa okuzzayo obulamu obwo n'ebyo byetwakolanga gy'ali. Era, ng'olugero bwe lulaga, kino ky'ekikulembera eky'okulowooza ku by'obuggaga. Mukama yeyongera n'agamba nti tetweralikiriranga mmere oba eky'okwambala- kubanga obulamu/emmeeme ddala bwa Katonda, era alibulabirira okutuusa lwa butujjako (Luk. 12:22). Emmeeme esinga emmere n'ebyokwambala (Luk. 12:23). Ekyewunyisa ky'okuba nga tuli balamu, nga tulina obulamu bwa Katonda mu ffe, kisaanye okubeera ekikulu okusinga ekyo kye tulya oba kye twambala. Kubanga tetuyinza kujjawo bulamu bwaffe okutuusa Katonda yennyini bwa kikola, era tetusobola kubuwa muntu mulala, era tetuyinza na kuwanvuya mubiri/emmeeme gwaffe, n'olwekyo tetusaanye kulowooza nnyo ku bintu eby'ekuusa ku mubiri, byonna ebitagasa bwogeraageranya n'ekyewunyisa eky'amazima nti tulina obulamu okuva eri Katonda: "lwaki weeralikirira ebirala byonna [mu Luyonaani ebintu ebisigalira, ebitakukwatako]?" (Luk. 12:26). Era okutuuka ku nsonga yennyini tugambibwa "Okulowooza" ku binyonyi n'amalagala n'ensolo ebimativu n'obulamu Katonda bwe yabiwa. Eno ye y'ali engeri ya Mukama okukola ekyo Sulemaani kye yakola mu Mub. 3:17-20- ng'alaga ng'abantu n'amalagala n'ebisolo bwe birina emmeeme/obula ye emu Katonda gye yabiwa. Nga Lub. 2:7; Mub. 12:7 bwe bikirambulula , emmeeme/obulamu Katonda yagiwa emibiri gyaffe; teva wantu walala wonna. Tewali kufuuka. Gano mazima ga Baibuli agataluma; tusabibwa okubaawo mu bulamu nga bubwe, naye sikubaawo ng'abalina obulamu/emmeeme ng'abwaffe ku bwaffe. Olwokuba nga Katonda "akwatirira emmeeme yaffe obutafa", ekijjuliza Lub. 2:7, amakulu galinti Dawudi yayagala "eddoboozi lye ery'okutendereza liwukakane" (Zab. 66:8,9). Kino ge g'ali amakulu ag'ennono ez'amazima ku kutondebwa eri Dawudi!

**OKUKUUMA ABALALA**

Olw'amazima nti Katonda yatuwa obulamu era akuuma emmeeme zaffe (nephesh mu Luyudaaya) kitegeeza nti mu ngeri ye emu naffe tusaana okunoonya okulokola n'okukuuma obulamu bw'abalala nga tuyita mu kubuulira n'okufaayo ku by'omwoyo byabwe: "Obawoonyanga abo abatwalibwa okuttibwa, N'abo abagenda okuttibwa obalekanga.

“Bw'onooyogeranga nti Laba, tetwamanya kino: Oyo apima emitima takirowooza? N'oyo akuuma emmeeme yo takimanyi? Era talisasula buli muntu ng'omulimu gwe bwe guli? “ (Ng. 24:11,12). Okukaatiriza kuli ku Katonda okukuumira ddala emmeeme zaffe amakulu nti naffe tuteekwa okukuuma emmeeme z'abalala. Kisoboka okugamba nti ekiyigirizibwa enjigiriza enkyamu ey'emmeeme etefa yevuddeko omuntu okuba ng'atalina mugaso. Okulokolebwa kw'Omukristaayo kwe, kwe “kulokolebwa kw'omubiri”; omubiri gwaffe ogwa ddala, ogw'omuntu aliwo kati gwa mugaso nnyo; ffe kye tuli era n'engeri gye tubaawo, okukozesa talanta zaffe nga tuli balamu n'omubiri, kiba ky'amakulu nnyo. Eri omukkiriza, okulwala n'okufa bifuuka birungi gye tuli akageri ko okubiraba obubi. Amakulu nti byonna mu bulamu bwaffe biba mu mikono gya Katonda.

**OKUBUULIRA**

Mu Jinja waliwo omukyinjaagi omukulu, ng'akoleera mu Sun Set ezimu ku Bucca ezimanyiddwa ennyo mu kibuga Jinja. Y'ali Mukristaayo nnyo, era nga bw'oyisyisa amaaso ng'olengera akapapula ke yawandiika n'omukona ke yatimba akaliko bino nti: “Ng'endiga, bagenda mu magombe”. Era abantu bangi bakyekkanya, era emyaka bwe gyigenze, bangi ne bafuna Okukkiriza. Okumanya akabenje ke nkukunala n'obutaliimu obuli mu bulamu bw'abantu “abali wansi w'ejuba” kitwongeramu amaanyi ag'okubuulira obweseedde bw'abantu betuyisinganya nabo buli lunaku abagenda okuzikirira. Singa tulaba eky'akabi eri obulamu wansi w'enjuba n'okumanya nga twalokolebwa, tuteekwa okubaako ne kye tutegeeza omulala! Era ku mutendera gwe ng'omuntu, olw'amazima Dawudi okutegeera ng'oluvannyuma olw'okufa taligenda mu ggulu kutendereza Katonda, kyamuviiramu okwagala okubaawo ng'atendereza Katonda mu bulamu bwe obufa. Ensonga yokka eyamwagasiza okubaawo kwe kutendereza Katonda (Zab. 6:5; 115:17,18). Ne Kezekiya naye yalina omwoyo gumu nga ogwo.

Tetusaanye kulaba kufa kwa muntu n'obutuufu bw'amakulu g'ekigambo nephesh mu Luyudaaya ng'ekintu ekikyamu okubuulira abo abantu abakkiriza nti abagalwa baabwe balamu mu ggulu. “Eddoboozi” ligamba Isaaya yogeerera waggulu. “nnengamba nti naayogeerera ki waggulu?” (Is. 40:6). Obubaka obw'Enjiri ya Isaaya bwali bugenda kuba butya? Eddoboozi lyogera ku Isaaya nga “Ai ggwe abuulira amawulire amalungi”, n'eri mubuulira amawulire amalungi ge yalina okubuulira. Nga ge gaago nti: “Omubiri gwonna muddo. . . n'abantu muddo. Omuddo guwotoka, ekimuli kiyongobera: naye ekigambo kya Katonda waffe kinaanyweranga ennaku zonna”. Obutuufu bw'okuba ng'omutu afa ky'ekivaako okulaba nti tukyasobola okulaba emirembe gya Katonda n'ekyo kyatuwa okuyita

mu kigambo kye eky'ennaku zonna nti era tusobolera ddala okuwona embeera yaffe. Abakristaayo eky'okubuulira nti “omuntu afa” tekisaanye kubeera mawulire amabi. Obubaka busobola okufuulibwa amawulire amalungi! Kubanga bwali bubaka buno obukwata ku kufa obwateekerwateekera abantu ekkubo ery'okukkiriza Kristo (Is. 40:3-5); ensozi ez'amalala g'abantu ziyinza okukakana olw'ekigambo kino awo nno ne tukkiriza obulokozi bwa Kristo. 1 Peet. 1:24 ejjuliza enyiriri zino n'emaliriza ng'egamba nti tuweebwa obulokozi okuyita “mu kigambo kya Katonda oyo abeererawo ennaku zonna”.- enjiri eyanjulwa n'obubaka bw'okufa okw'omuntu. Okubaawo kwa Katonda okw'emirembe n'emirembe n'okufa kw'abantu biri bbali na bbali- bwe kityo ekkubo liteekeddwateekeddwa eri ekyewunyisa eky'amazima nti okuyita “mu kigambo” kya Yesu, eky'Enjiri, ffe abafa tuyitibwa okugabana ku butafa obwo.

Olw'amazima nti ekibi ky'ekireteera ddala okufa, era ng'okufa butawulirira ddala, tewali emmeeme etefa, kituleetera okubuulira essuubi ery'okuzuukira lye tulina. Kiteekwa buteekwa- awatali ekyo tuba ebeyagaliza fekka. Era kituwa okutegeera ekisalawo era n'eky'enkomeredde ku bye tusalawo mu bulamu bunno okusalawo ku wa wetugenda emirembe n'emiremembe. Essuubi ery'okuzuukira y'ennono eyatagisa esooka era esinga eri bannaffe.

**OBUNYIIKIVU**

Osanga Yesu yali ayogera mu ngeri ye bwe yagamba nti “Ekiro kijja omuntu mwatayinziza kukolera”, nga n'olwekyo omuntu alina kutambula n'okukola emirimu misana (Yok. 9;4, okujjuliza Mub. 9:10). Yali ayogerera mu makulu ge yennyini si mu bunyiikivu bwe kukola 'mirimu' gye ng'akyaali mulamu kyokka, naye nga kino kikwata ne ku bagoberezi be.

Mu kufa we wokka we tumanyira omugaso n'obukulu bw'ekyewunyisa kya buli sawa eyatuweebwa okubaawo. Bwe yamanya ng'anatera okufa, nga ye bwe yali alowooza, Yobu yawootekerera bwe yalowooza ku bulamu bw'abantu obumpi n'engeri gye budduka amangu, n'amakulu aga ddala mu kigambo eky'Oluyudaaya nephesh (emmeeme): “Ennaku zange nno ziwulukuka mangu okusinga omuddusi (omubaka mu Baibuli y'Oluganda); siriddamu kuziraba nate. Ziyise ng'amaato agatambula embiro” (Yob. 9:25,26). Ddala obulamu budduka; okukuuma ebiseera, n'okwerekereza ebintu ebivuganya n'obudde bwaffe, kiba kikulu nnyo gye tuli kasita tutegeera kino. Waliwo ekintu kimu ekikulu eky'omugaso okuyiga, okutakabanira, okukolerera, okusomako. . . n'okutegeera nti omuntu afa kitusikiriza okubaawo mu kutegeera okwo. Tivi, obutabo bw'okusoma, okusafinga ku mutimbagano

okutakoma, okuwanyisiganya ku nsonga ezitalimu, n'okwogera mu nsi eno ey'empuliziganya ey'eddalu. . . bino byonna bitulemesa obulamu obwa ddala.

**OKUKULA MU NNEYISA**

Obulamu buno obumpi obw'ennaku kiba kitegeeza nti “Obuto n'obuvubuka byonna butaliimu”, tusaanye okuleka amalala g'obuvubuka ag'okwonoona ebiseera, kale “ggyangawo obuyinike mu mutima gwo, oggyengawo obubi mu mubiri gwo” (Mub. 11:10). Omubuulizi takozesa kufa kwa muntu kwokka okutukubiriza okukolera Omutonzi waffe, wabula n'okwanguyirwa okuba n'obukkiriza mu kubeerawo kwe. Era “ffe bennyini twalimu okuddamu okw'okufa munda mu ffe [twalimu okuddamu okw'okufa mu mitima gyaffe”, NIV], tuleme obwesige okubuteeka mu ffe fekka, wabula Katonda azuukiza abafu” (2 Kol. 1:9). Olw'amazima nti tugenda kufa, mangu nnyo nga bwe kisoboka, twebake nga tetuliiko kye tuwulira . . . kireetera omuntu oyo akkiririza ddala obukkiriza mu Katonda oyo azuukiza. Kirabika nga Pawulo mu kiseera kye eky'okunyolwa ennyo, kyamuleetera okutegeera nti yalina “ekibonerezo ky'okufa” mu ye munda, yali mu kikolimo ky'okufa, era kino ne kimuwa essuubi ery'okukkiriza nti Katonda ali muwonyeza ddala “okufa okunene” era n'emitawana eggya kaakano. Kubanga okufa kuli ng'okwebaka, bwe tufa ekiddirira kwe kutegeera nate ku lunaku olw'emisango. Kubanga okufa kyangu nnyo okututukako, era n'okusalirwa omusango kubeera kumpi kututuseko. Era tulina okubaawo nga kino tukimanyi bwe tutyo.

Tukimanyi bulungi ng'ekibi kireeta okufa. Wabula twonoona. Tusobola okumanya obumanya ng'ekibi kireeta okufa; era ddala tuyinza okukimanya. Ez. 18:14 Rvmg kyogera ku mwana “atunulira ebibi bya Kitaawe byonna, bye yakola, era n'abiraba, wabula ye natabikola”. Tuteekwa okubeera bwe tuti bwe tumanya nti ddala ekibi kireeta okufa.

**OKULABIRIRA OMUBIRI**

Ddala ddala nephesh kyakyusibwa 'emmeeme n'omubiri'. Enjawukana enkyaamu ekolebwa wakatii waabyo byombi n'abakkiririza mu kye bayita 'emmeeme etefa' kikulembera obutafaayo ku mubiri, era n'okugukozesa mu bukyamu oba obutagufaako. Okutegeera nti tetulina emmeeme etefa kinyweza ekyewunyisa ky'omubiri n'obukulu bwagwo.

**OBUKKIRIZA MU KATONDA**

Obukkiriza bwaffe mu Katonda bukendezebwa olw'okukkiririza mu buntu. Tumala gakkiririza mu musawo, mulirana ow'ekisa, omusajja addabirizza olwo ne tudda eri Katonda nga byonna bigaanyi. “Muleke abantu, omukka gwabwe guli mu nnyindo zaabwe: kubanga

ekinaaba kibalowoozesa kiki?” (Is. 2:22) bwogeraageranya ne Katonda wa Isiraeri? Yobu 27:9,10 ziri ng'ezigamba nti buli muntu yenna ng'ali ku ndiiri akaabira Katonda mu kusaba [wadde nga Baibuli y'omu Luyadaaya n'enkozesa yaayo ey'ekigambo nephesh (emmeeme) tekiggyayo mu bulambulukufu]; wabula omuntu omutuukirivu akkiririza mu kufa yandibaadde abaawo mu bulamu obukaabira Kitaffe ng'amusaba, ng'amakulu gaakyo kikwatagana n'okusaba kwe okusembayo eri Katonda mu kiseera kye eky'okufa. Bwe tutegeerera ddala okufa kyandituleetedde okusaba, n'okwogera ne Kitaffe ennaku zaffe ez'obulamu zonna. Bwe kityo okuzikirira n'okufa kuleeta okutegeera amagezi aga ddala (Yobu 28:22). Katonda y'agaba emmeeme oba ekyo ekitambuza obulamu era ajjeddiza. Bwe kityo omuntu olufa n'asigala nga taliiko ky'amanyi. Naye ennono eno ey'amazima Eriku eggyekwata ng'ensonga ye emukkirizisa nga Katonda oyo afuga abantu bonna ye Katonda omutuukirivu era ow'amazima, atwagaliza ebirungi byokka so si bubi (Yob. 34:14,15,17). Ebitukibwako bino n'okukubagiza okubirimu Eriku ebysigamiza ku kutegeera okwangu okw'amazima nti Katonda awa emmeeme / obulamu kwe butambulira, era ye Katonda oyo ajjawo emmeeme eyo oba obulamu obwo nate.

**EDDEMBE ERY'OBUTATYA**

Baibuli erina bingi by'eyogera ku kufa, nga ewa ekifaananyi ku ffe ng'abalina “omubiri ogw'okufa” (Bar. 7:24). Ate ng'okutwalira awamu abantu tebagalira ddala kulowooza ku kufa. So nga okufa ke kaseera ak'amazima akasembayo akafula abasajja bonna n'abakazi okubeera nga benkanankanira ddala, n'ekuzikiriza ebiti byonna bye tutekamu abantu mu bulamu bwaffe oba obwabwe. Bwe tuba nga buli lunaku tusoma Baibuli era ne tukkiriza obubaka bw'ayo, okufa, n'okubikkulirwa okw'amazima n'amaanyi gaakwo gonna n'ebikwatira ddala ku mbeera y'omuntu byonna, biba mu maaso gaffe buli kiseera, ekintu kye tulaba era kye tumanyidde ddala, si mu bulwadde na ku nnyimbe byokka. Era obukakafu, amaanyi, amazima. . . ebiva mu kino biba birambulukufu mu bulamu bwaffe.

So nga ate eky'okutya okufa kye yongerera ddala mu bantu baffe bonna n'okusingako nga bwe tukikkiriza. Abakwata ku ntegeera ey'abantu bakitegeedde ng'abantu abasinga obungi baloota babagalidde, nga buli we bagenda waliyo emitayimbwa n'ekufulu ku nzigi, nti ddala bateekwa buteekwa okudduka, wabula nga tewali kkubo lifuluma. Eno y'embeera y'ensi, tuli tuti mu buzaalirana, banno be bantu be tubuulira. Era tubuulira eddembe ery'okuva mu kutya. Kubanga Mukama Yesu yalina obuzaalirana obwaffe obw'abantu- era osanga wano we tulabira omugaso omukulu ogw'enkola y'ebiyigirizibwa- tusumululwa eri abo bonna abali mu buddu obulamu bwabwe bwonna olw'entisa y'okufa (Beb. 2:15). Kubanga yatufiirira,

ng'eyatukyikirira ffe. Kumpi abo bonna abakwatibwako eby'entegeera ey'abantu bamaliriza bagamba ekyama eky'okufa kivumbekedde abantu; era mu kwekennenya okusembyeeyo, okweralikirira kukendezebwa eri okweralikirira ebikwata ku kufa. Gwe kennyini osobola okukyerabirako, nga okwogwera ku kufa oba okufa okwa ddala, bwe kitagaalwa; engeri abantu gye bakifula eky'olusaagosaago ng'aboleka okutya kwabwe okw'obutayagala ku kyogerako. Abantu, n'abasawo bennyini tebamanyi kiki kya kugamba oyo alabika ng'agenda okufa. Wayinza okubaawo ebyogerwako bingi naye nga byonna mu bugenderere byewala ebikwata ku kufa. Okutya kw'okufa, ekuyanja n'ekuyanja z'abantu abatannasumululwa mwe basibiddwa, kinnyonnyola okutya obukadde, obutagala kukkiriza myaka gyaffe ki ekyo gy'ekiri, engeri emibiri gyaffe gy'egirimu oba ekyo kye giri, oba ekyo kye gigenda giba. Sigezako kugamba nti okutya kwaffe n'okweralikirira bivirawo ddala olw'obukkiriza. Mukama Yesu mu Getesemaani bwe bukakafu obumala ng'ebirowoozo kitundu kimu ku muntu ekyamulimu, era si kibi okuba nabyo. Naye okutya okufa ng'abali mu nsi eno okutwalira awamu si kwabo abamala okununulibwa mu Yesu era abalina essuubi lyennyini ery'okuzuukira.

## AKANYOMERO 5:
## EMIZIMU N'OKWEYIBULA

Okukkiriza nti omuntu olumala okufa ye yongera okubaawo mu ngeri endala ey'omuntu ng'omuzimu oba ng'omuzimu mu nsolo, y'emu ku ngeri ez'asooka omuntu ze yayagala okwematizamu nti okufa nga bwe kuli teyali nkomerero.

Tulaze ng'omwoyo gw'omuntu kikwata ku mukka/ekitambuza obulamu mu ye, bw'afa gudda eri Katonda (Mub. 12:7). Kino kiba kitegeeza nti omwoyo tegutambulatambula nti 'muzimu', era tegukwata muntu mulala oba ensolo olwo nno obuvananyizibwa bw'omuntu oyo bwe yongere okubeerawo mu ngeri eyo. Buli omu alisaalirwa omusango okusinziira ku bye yakolanga (2 Kol. 5:10). Bwe kiba ng'ebikolwa byaffe n'eneyissa yaffe, tubitambuliza ku by'oli omuntu omulala bye yali nabyo, awo nno okutegeera kuno nti alisala eby'ensonga era n'atusasula okusinziira kw'ebyo bye twakola (Kub. 22:12) kiba kifuuse kya busiru.

Bwe tufa omwoyo guddayo eri Katonda, era okumanya kwonna ne kulekerera awo. N'olwekyo okugezako kwonna okwogera n'abafa kuba kulagira ddala obutategeera enjigiriza ya Baibuli emala ekwata ku kino (laba Is. 8:19,20; Leev. 19:31, 20:6). Baibuli nnambulukufu bulungi ng'abantu olumala okufa tebaddayo mu nnyumba zaabwe oba ebibuga mu ngeri

yonna; tewayinza kubeerayo kintu kimanyiddwa nga 'muzimu' oba 'omwoyo' gulumba kifo ekyo oluvannyuma olw'omuntu okufa. Okukkiriza kino mu kwewombeeka kiba kitukulembera obutakiriza ebyo byonna ebyogerwa nti nnalabye 'omuzimu' gw'omuntu eyafa, nga gulumbye ennyumba yaggwo ey'edda.

**AKANYOMERO 6:**
**AMAKWAKULA**

Waliwo endowooza ebunnye mu makanisa agamanyiddwa nga “Evangelical Churches” nti abatuukirivu balisisinkana ne Yesu mu bire ne batwalibwa mu ggulu ku madda ga Kristo. Enzikiriza yaabwe eno yekuusa ku ndowooza nti ensi erisaannyizibwawo. Tulaba mu Kanyomero 9 nti kino tekisobooka. Era twalaze mu ssomo 4.7 ng'ekifo ekifo ky'empeera nsi, so si ggulu. Enzikkiriza ensobu zino, zeesigamizibwa ku ku kuvunnulwa  1 Bas.4 :16,17 mu bukyaamui; ‘’Kubanga mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n’abo abafiira mu Kristo be  balisooka okuzuukira’’ naffe abalamu abasigalawo ne tulyoka tutwalibwa wamu nabo mu bire, okusisinkana mukama waffe mu bbanga: kale bwe tutyo tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna”.

Ng’ojjeko akabi akali mu kumalira enzikiriza enkulu bweti ku lunyiriri olumu lwokka mu byawandiikibwa, kisaana kitegeerekeke nti mu lunyiriri luno temuli kigamba nti abatuukirivu balitwalibwa mu ggulu. Kristo alikka okuva mu ggulu ng'abakiriza tebannaba kumusisinkana. Kristo alifugira ku ntebe ya Dawudi ennaku zonna mu Yerusaalemi, era tulibeera naye, ku nsi. N'olwekyo kizibu okuba nti tulibeera naye emirembe n'emirembe nga tulengejjera mu bbanga. Mu bire, ‘bbanga’ ttono nnyo okuva ku nsi, tekitegeeza ggulu, ekifo Katonda mwatuula.

Ekigambo eky’Oluyonaani ekyakyusibwa “tutwakibwa” ddala kitegeeza okukwakuubwa; tekirina makulu ga wa wennyini.  Kisangibwa ma Leev. 6:4 ne my Ma 28:31 mu Ndagaano Enkadde ey’Omuluyonaani okwogera ku ‘kukwatula omunnyago muy bubbi.  Era ate kisangibwa mu Bik. 8:39; “Mukama n’atwala Firipo, omulaawe n’atamulaba nate…Naye Firipo galabikira mu Azoto”  Ekyawandiikibwa kiraga okutwalibwa okw’ekyamagero okwa Firipo akuva mu kitundu ekimu ku nsi okudda mu kirala.

Awo Kristo bw'alidda, abavunanyizibwa balikunganyizibwa wamu mu kifo eky'omusango; si bebalyetwalayo. Kyangu okuba nti entambula yaffe okutuuka mu kifo ekyo eriba ya mu bbanga.

Yesu yagamba nti “ku lunaku omwana w'omuntu lw'alirabikirako … abantu babiri baliba mu nnimiro, omu alitwalibwa, omulala n'asigala” (Luk.17:30,36). Kino kituwa ekifaananyi eky'okutwalibwa amangu. Abayigirizwa bamugamba nti “wa Mukama waffe? N'abagamba nti awaba omulambo eyo n'ensega we ziri kungaanira” (Luk. 17:37). Ng'ensega bwe zibuukira mu banga, ate ne zikka awaba wali omulambo, n'abo abavunanyizibwa balireetebwa mu kifo we balisanga Mukama wabwe ku lunaku lw'omusango.

Tuteekwa okussa essira ku bukulu bw'ensomesa ekwata ku entebe ya Kristo ey'omusango; abavunanyizibwa bebateekwa okusooka okulabikayo,ng'abatuukirivu mu bo, tebannaweebwa empeera yaabwe. Bw'otasoma n'obwegendereza 1 Bas.4:16,17, kiyinza okukuletera okufundikira nti abavunanyizibwa bonna balitwalibwa mu bbanga, ne babeera eyo ne Kristo ennaku zonna. So ng'ate tumanyi nti abavunanyizibwa balikungaanyizibwa mu kifo eky'omusango, oba olyawo nga bayisibwa mu bire, oluvannyuma bafune empeera yaabwe.

**ESSOMO 4: EBIBUUZO:**

1. Kiki ekibaawo bwe tufa?
   a) Emmeeme egenda mu guulu.
   b) Tuba tetuwulirira ddala n'emibiri gyaffe gidda mu nfuufu
   c) Emmeeme eterekebwa awantu okutuusa ku lunaku olw'omusango.
   d) Emmeeme (emyoyo) z'ababi zigenda mu muliro ate ez'abalungi zo ne zigenda mu ggulu.

2. Emmeeme kye ki?
   a) Ky'ekintu ekitafa ekitubeeramu
   b) Kigambo ekitegeeza 'omubiri, omuntu, ekintu ekiramu, ekitonde'
   c) Ky'ekimu n'omwoyo.
   d) Kintu ekigenda mu ggulu oba mu muliro oluvannyuma olw'okufa.

3. Omwoyo gw'omuntu kye ki?

4. Mu bufunze nnyo nnyonnyola ku bikwaata ku butonde bw'omuntu.

5. Wandiika ennyiriri mu Baibuli bbiri ezikakasa nti okufa mbeera ey'obutawuliriramu ddala.

6. Kiki ky'omanyi ku ntebe ya Kristo ey'omusango?

7. Ani alizuukusibwa era n'alamulwa?

8. Amagombe kye ki?.

9. Ggeyeena kye ki?

# ESSOMO 5

# OBWAKABAKA BWA KATONDA

## 5.1 OKUNNYONNYOLA OBWAKABAKA

Amassomo gaffe agawedde gatulaze ng'ekigendererwa kya Katonda kugabira abantu abamukkiriza obulamu obutaggwaawo ku madda aga Kristo. Obulamu obutaggwaawo bunno bulibeera ku nsi kuno; okuddinganamu okwa Katonda eri ekisuubizo kino tekitegeeza nti abakkiriza ba kugenda mu ggulu. Yesu Ye yekka eyagenda mu ggulu, era n'asuubiza abagoberezi be nti newakubadde nga bo tebaligenda yo (Yok. 13:33), naye ye alidda kuno ku nsi era abeere nabo wano emirembe n'emirembe (Yok. 14:3). Obulokozi bwaffe n'obulamu obutaggwaawo bya kutukibwako mu mubiri (Bar. 8:11) n'ekifo awalibeera obulokozi bunno bwe obwakabaka bwa Katonda, obuliberawo era nga bulabibwako wano ku nsi. “Enjiri (Amawulire eg'essanyu) ey'obwakabaka bwa Katonda” (Mat. 4:23) yabulirwa eri Ibulayimu mu ngeri ey'ebisuubizo bya Katonda ebikwata ku bulamu obutaggwaawo ku nsi (Bag. 3:8). Kale “obwakabaka bwa Katonda” ky'ekiseera nga Kristo akomyeewo olwo ebisuubizo binno lwe biritukirira. Yadde nga ne Katonda ye kabaka ow'okuntikko eri ebitonde Bye byonna, Yawa omuntu eddembe ery'okwesalirawo eri okufuga ensi n'obulamu bwe nga bwa yagala. Kale mu kiseera kino ensi ekolebwa “n'obwakabaka obw'abantu” (Dan. 4:17).

Ku madda ga Kristo, “obwakabaka bw'ensi bulifuuka obwa kabaka bwa Mukama waffe, era bwa Kristo we; era anaafuganga emirembe n'emirembe” (Kub. 11:15). Awo nno okwagala kwa Katonda n'enkola ye biritukirizibwa ddala mu nsi muno. Ye nsonga lwaki Kristo yatulagira okusabanga nti: “Obwakabaka bwo bujje (olwo) byoyagala bikolebwe mu nsi, nga (kati) bwe bikolebwa eyo mu muggu” (Mat. 6:10). Kale olw'ekyo “obwakabaka bwa Katonda” bigambo by'ebimu ne “obwakabaka obw'omu ggulu” (Mat. 13:11 geraageranya ne Makko 4:11). Awali “Eggulu” emirundi emimla watekebwawo “Katonda” (Mat. 21:25; Lukka 15:18; Yok. 3:27). Wetegereze nti tetusoma ku ‘obwakabaka mu ggulu'; wabula obwakabaka obwa Katonda obuliretebwa Yesu ku nsi ku madda ge. ‘Tuli amatwale ge ggulu” (Baf. 3:20 Moffat). Nga bamalayika ba Katonda bwe bagondera enkola ye mu ggulu, (Zab. 103:19-21), ne bwe

kityo bwe kiriba mu bwakabaka bwa Katonda, ensi ng'erimu abantu abatuukirivu bokka, abo abaliba "benkanankana ne bamalayika" (Lukka 20:36).

N'olwekyo okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda ku madda ga Yesu Kristo ky'e kigendererwa kyaffe abagoberezi be era ekirubirirwa mu bulamu bunno (Mat. 25:34; Bik. 14:22); olw'ensonga eno, kyetagisa nyo okuba n'okutegeera okutuufu ku kyo. Mulamwa mukulu nyo eri okubikulirwa kwa Katonda; "okumanya okwa Katonda kwona" kwenkananka "n'obwakabaka bwa Katonda" (Bik. 20:25 geraageranya ne 20:27). Ekyo ekibubesawo naffe okububeeramu' byonna kwagala kwa Katonda. Okubuulira kwa Firipo ku "Kristo" kwogerebwako nga okusomesa "ku by'obwabakaba bwa Katonda n'erinnya lya Yesu Kristo" (Bik. 8:5, 12). Kumpi buli kitundu kitujjukiza nga engeri "ey'obwakabaka bwa Katonda" bwe gwali omugugu ogusookera ddala ku kubuulira kwa Pawulo (Bik. 19:8; 20:25; 28:23, 31). Kale kikulu nyo ate ddala ekigwanira okutegeera mu bujjuvu ensomesa ku bwakabaka bwa Katonda, kubanga tulaba nti bukola ekituundu ekyetagisa ku bubaka bwe njiri "tulina okulaba ennaku ennyingi kitugwanidde okuyingira mu ggulu" (Bik. 14:22). Kye kitangala ku nkomerero y'obulamu bunno, n'olw'ekyo ekitwongeramu amaanyi n'okwewaayo mu bulamu bw'omukiriza omutuufu.

Nabukadduneeza, kabaka ow'e Babulooni, yayagala okumanya amakulu ge kirooto kye (laba Dan. 2). Yafuna okuyolesebwa okw'ekifaananyi ekinene nga kikoleddwa mu byuma eby'enjawulo Danyeri yavunula omutwe ogwa zabu nga ogwali gutegeeza oyo kabaka ow'e babulooni (Dan. 2:38). Wali wakuddawo obwakabaka obulala mu kitundu ekyekulungudde Isiraeri nga ye avuddeko, busembyeyo obwe mbeera eyogerwako "nga obugere bwe bwali ekitundu kya bbumba, era n'obwakabaka bwe buliba bwe butyo, ekitundu kya maanyi, n'ekitundu kimenyefu" (Dan. 2:42).

Embeera ey'amaanyi eyakaakati mu nsi yonna eyawuliddwamu mu mawanga mangi eg'enjawulo, ng'agamu g'amaanyi nyo ate amalala go manafu. Awo Danyeri n'alaba nga ejjinja etono liggwa ku bigere by'ekifaananyi, n'elibizikiriza ate lyo ne ligaziwa ne lifuuka olusozi olunene okujjula ensi yonna (Dan. 2:34, 35). Enjinja lino litegeeza Yesu (Mat. 21:42; Bik. 4:11; Bef. 2:20; 1 Peetero 2:4-8). "Olusozi" Yesu lw'agenda okukola ku nsi yonna lutegeeza obwakabaka bwa Katonda obutaggwaawo, obugenda okubeerawo ku madda ge ag'okubiri. Obunnabi bwokka ku bwaabwo bukakafu obumala okulaga nga obwakabaka bwe buliba ku nsi, so si mu ggulu.

Obwakabaka bwa Katonda si bwakubawo okujjako nga Yesu akomyeewo mulamwa mu bitundu ebirala. Pawulo ayogera ku Yesu n'omusango eri abalamu n'abafu "olw'okulabika kwe n'obwakabaka bwe" (2 Timosewo 4:1). Mikka 4 : 1 atwala endowooza ya Danyeri ku bwakabaka bwa Katonda okubeera ng'olusozi olunene: "Mu nnaku ez'oluvanyuma olulituuka olusozi olw'ennyumba ya Mukama luliba lunywevu ku ntikko y'ensozi era luliyimusibwa okusinga ebusozi", ennyiriri eziddako zogera ku ngeri obwakabaka gye bulifaananamu ku nsi (Mikka 4:1-4). Katonda aliwa Yesu entebe ya Dawudi mu Yerusaleemu; "Alifuga … emirembe n'emirembe, so obwakabaka bwe tebuliggwawo" (Lukka 1:32, 33). Kino kiba kyetagisiza okubawo okw'ekiseera ekyo Yesu walitandikira okufugira ku ntebe ya Dawudi, n'obwakabaka bwe butandike. Kino kiriberewo nga Kristo akomyeewo.

Danyeri 2:44; "Katonda ow'eggulu alitekawo obwakabaka obwo obutalimenyekamenyeka; so tebulirekerwa bantu balala". Okubikulirwa 11:15 lukozesa enjogera y'emu mu kwogera ku ngeri nga okudda okw'okubiri, "obwakabaka bw'ensi eno bufuuse obwakabaka obwa Mukama waffe ne Kristo we era anafuganga emirembe n'emirembe". Era ate, walina okuberawo ekiseera ekigere obwakabaka bwa Kristo n'okufuga webitandikira ku nsi, kino kiriba bwe kityo ng'akomyeewo.

## 5.2 OBWAKABAKA BWA KATONDA TEBUNNASIBWAWO KATI.

Waliwo endowooza emanyiddwa ennyo nti obwakabaka bwa Katonda webuli kaakano mu bujjuvu, nga bukolebwa abakkiriza abaliwo – "Eyo ekkanisa". Kyokka ekituufu kiri nti tetusobola kuba nga tuli mu bwakabaka ekiseera kino, kubanga tulaba nti Kristo tannakomawo kubuleeta.

Kirina okuba nga kitegeerekeka bulungi; okuva mu massomo gaffe getuyisemu nti. "omubiri n'omusaayi tebisobola kusikira obwakabaka bwa Katonda" (1 Kol 15:50). Obusika bwaffe bwe bulokozi bwaffe obulibikkulibwa mu biro eby'enkomerero" (1 Peetro 1:4, 5). Tuli "abasika ab'obwakabaka obwo Katonda bwe yasuubiza abo abamwagala" (Yakobo 2:5), olw'okulaba nti okubatizibwa kutufula okuba abasika eri ebyasuubizibwa (Mat. 4:23; Bag. 3:8, 27-29). Kale kyangu okulaba ebisuubizo eby'okusikira obwakabaka nga Kristo akomyeewo, awo ebisuubizo eri Ibulayimu biryoke bitukirire (Mat. 25:34; 1 Kol. 6:9, 10; 15:20; Bag 5:21; Bef 5:5). Okukozesa enjogera eno bweti etegeeza eby'eyo mu maaso; kiri nga obwakabaka bwa Katonda eri omukiriza obuliwo kati.

Yesu yakozesa olugero okusobola okugolola endoowoza y'abantu nti; "obwakabaka bwa Katonda bwali bwa kulabika amangu ddala. Kyeyava agamba nti waliwo omuntu omukulu eyagenda mu nsi y'ewala, okulya obwakabaka alyoke akomewo". Mu banga eryo bwe lityo yalekera abaddu be eby'okukola. "Awo olwatuuka bwe yakomawo ng'amaze okulya obwakabaka n'alagira okuyita abaddu be abo be yawa effeeza … " (Lukka 19:11-27).
Omuntu oyo omukulu ye Yesu ng'agenda "mu nsi y'ewala" ey'omu ggulu afune obwakabaka, awo bwalidda nabwo mu kiseera eky'omusango, kwe kugamba ku madda ge ag'okubiri. Kale kiba kizibu okuba "ng'abaddu" be balya obwakabaka kaakati, ng'ate mukama wabwe taliiwo.

**ENSONGA ZINO WANSI ZONGERA OKUKAKASA KINO**

- "Obwakabaka bwange si bwa munsi muno (mulembe). Bwati Yesu bwe yagamba mu (Yok. 18:36). Weewaawo nga ne mu kiseera ekyo yasobola okwogera nti: "Ndi kabaka" (Yok 18:37), ekiraga nga ne mu kiseera ekyo kyennyini kyali tekitegeeza nti obwakabaka bwe bumaze okussibwawo. Naye ne mu mulembe ogw'asooka abakkiriza bogerwako ng'abalindirira "obwakabaka bwa Katonda" (Mk. 15:43).
- Kristo yagamba abayigiriza be nti talidayo kunywa ku muzabibu "okutuusa ku lunaku luli lwe ndigunywa omuggya awamu nammwe mu bwakabaka bwa Kitange" (Matayo 26:29). Kino kitegeeza ng'obwakabaka bwe bwali bugenda okubawo eyo mu maaso, engeri abantu gyebategerangamu ensomesa ya Kristo eri "amawulire eg'essanyu ag'obwakabaka bwa Katonda" (Luk 8:1). "Wa mukisa oyo alirya ku mugati mu bwakabaka bwa Katonda", kwe kw'ali okuddamu kwe eri abantu (Luk. 14:15).
- Lukka 22:29 ne 30 zigenda mu maaso n'omulamwa guno: "Nange mbaterekera obwakabaka, … mulyoke mulye era munywere ku mmeeza yange mu bwakabaka bwange".
- Yesu yannyonnyola obubonero obulibawo oluvannyuma alyoke akomewo, yafundikira bwati; "Era nammwe bwe mutyo, bwe mulabanga ebyo nga bibaawo mumanyanga nti obwakabaka bwa Katonda buli kumpi" (Luk. 21:31). Kino kiba butaalimu bwe kiba nga obwakabaka bwa Katonda kaakano webuli nga ne Yesu tannakomawo gwa kubiri.
- "Olw'okulaba ennaku ennyingi kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda" (Bik. 14:22). Tekyewunyisa nga buli mukkiriza alaba ennaku asaba obwakabaka bujje (Matayo 6:10).
- Katonda "abayita okuyingira mu bwakabaka bwe" (1Bas 2:12); mu kuddamu kwaffe eri omulanga guno kitugwanidde okunoonya omulyango ogw'omu bwakabaka bwa Katonda. (Mat. 6:33).

## 5.3 OBWAKABAKA BWA KATONDA MU BISEERA EBYAYITA

Obwakabaka bwa Katonda y'empeera y'abakiriza ey'omu biseera by'omu maaso. Kale kino kibaletera okweyongeramu ennyo amaanyi okuwaayo obulamu bwabwe nga batwala Yesu ng'ekyokulabirako kyaabwe – ekintu omuli okulaba ennaku n'obuzibu. Kale ekisuubirwa mu bo kiri nti ennaku zaabwe kuno zonna bazimalako nga bamanyi era nga begomba nyo okumanya ebyo ebyewunyisa eby'omu mulemba ogugenda okujja. Kwe kuliba okutukirira okw'okubonabona okw'ebyomwoyo, n'okwatulibwa kwa Katonda oyo gwe bayagala nga kitaabwe.

EbyawandiiIkibwa bijjude ebyogera ku ngeri obwakabaka gye buliberamu, era ojja kulaba nti kikutwalira embanga ly'obulamu bwo bwonna okusobola okuvumbula ekitono ennyo mubyo. Engeri emu gye tuyinza okusobola okutegeramu ebimu ku bintu ebikulu ku bwakabaka obugenda okujja; kwe kumanya nti obwakabaka bwa Katonda bwaliwo mu budde buli nga eggwanga lya Isiraeri. Obwakabaka buno bugenda kuzibwawo ku madda ga Kristo. Ekitundu ekisinga obunene mu Baibuli kituwa ebyo ebyogerwa ku ggwanga lya Isiraeri, tusobole okutegeera, mu bugazi engeri obwakabaka bwa Katonda gye bulitekebwatekebwamu.

Buli kiseera Katonda ayogerawako nga 'Kabaka wa Isiraeri" (Isaaya 44:6 geraageranya ne Isa 43:15; Zab. 48:2, 89:18; 149:2); kiri nti abantu ba Isiraeri baali obwakabaka bwe. Bantandika okubeera obwakabaka bwa Katonda nga bayita mu endagaano gye bakola naye ku lusozi Sinai, amangu ddala nga bakava e Misiri. Mu kuddamu kwabwe nga balaga nga bwe bali bagenda okugondera endagano eno, bagamba nti "baliba eri Katonda obwakabaka…..eggwanga ettukuvu" (okuva 19:5; 6). Kale "Isiraeri bwe yava mu Misiri … Isireari amatwale (oba obwakabaka) bwe" (Zab. 114:1, 2).

Nga bamaze okukola endagano eno, Isiraeri yatambula mu ddungu ly'e Sinai natuuka mu nsi ensuubize ey' e Kanaani. Nga Katonda bwe yali kabaka wabwe, bafugibwanga "balamuzi" (nga Gidyoni ne Samusooni) mu kifo kya bakabaka. Abalamuzi bano bali si bakabaka naye bali abatesitesi ba Katonda abalabiriranga ebitundu ebitali bimu eby'ensi, mu kifo eky'okufuga.

Baletebwanga Katonda olw'omulimo oguba guliwo ekiseera ekyo, nga okukulembera Isiraeri mu kwenenya n'okubaggya mu mukono gw'abalabe baabwe. Isiraeri bwe yasaba omulamuzi Gidyoni abeere kabaka waabwe, yabaddamu nti: "nze sigenda kubafuga … Mukama y'anaabafuganga" (Balam. 8:23).

Omulamuzi eyasembayo yali Samwiri. Mu kiseera kye Isiraeri yasaba Kabaka alabibwako n'amaaso basobole okubeera ng'amawanga amalala agali gabetolodde (1 Sam 8:5, 6). Mu byaafayo byonna, abantu ba Katonda babade nga banyooma enkolagana yaabwe n'e Katonda nti oba ddala abali kumpi, nga bakyukira okukompa empisa z'abantu ababa babetolodde. Katonda yakungabagira eri Samwiri nti "Tebakugaanyi ggwe, naye bagaanyi nze nneme okuba kabaka waabwe" (1 Sam 8:7). Wabula Katonda yabakiriza bafune bakabaka, okutandika ne Sawulo eyali omubi ennyo. Nga Sawulo avuddeko waddawo Dawudi, ne bakabaka abasigaddewo bonna nga bategeera nti Isiraeri yali akyali obwakaba bwa Katonda newakubadde nga bamugana ye okubafuga. Kale ne bakimanya nga bali bafuga Isiraeri ku lwa Katonda so si ku bwabwe.

Bwe tumala okutegeera enkola eno kitusobozesa okumanya Sulemaani, omwana wa Dawudi eyafugira ku ntebe ya "(Katonda), aliba kabaka wa mukama Katonda" (2 Byom. 9:8; ne 1 Byom. 28:5; 29:23). Obufuzi bwa Sulemaani obw'emirembe n'ebirungi enkumu bw'ali ekisikirize eky'obwakaba bwa Katonda obugenda okujja. Y'ensonga lwaki essira lissibwa nyo ku ye okuba kabaka wa Isiraeri ku bwa Katonda, ng'era Yesu naye bwalituula ku ntebe y'obwakabaka bwa Katonda nga kabaka wa Isiraeri owa Katonda (Mat. 27;37, 42; Yok. 1:49; 12:13).

Bangi ku bakabaka abawandiikibwako mu ndagaano enkadde bassanyukira okufuga kwabwe okwali ekisikirize eri okwa Kristo mu bwakabaka bwe. Kale nga Sulemaani bwe yazimbira Katonda ennyumba mu Yerusaleemi, ne Yesu bw'atyo naye bw'alikola mu bwakabaka obugenda okujja (laba Ezek. 40-48). Nga Yezekiya ne Sulemaani bwe bafunanga ebirabo ebingi okuva mu mawanga agali gabetolode (1 Bassek. 10;1-4; 2 Bassek. 20:12), era ne balaba ensi ya Isiraeri ng'ewereddwa omukisa (1 Bassek 10:5-15; Isaaya 37:30), na bwe kityo bwe kiriba mu bwakabaka bwa Yesu obw'ensi yonna, naye ate n'okusingawo.

**OKUFUMBIRIGANWA**

Newakubadde Sulemaani yatandika bulungi nyo era nga muto, yakola ensobi mu by'obufumbo ebyagenda bimwonoonera amaanyi ge eri eby'omwoyo nga bwe yagenda akaddiwa. Soma 1 Bassekabaka 11:1-11.

Okuva kwa Sulemaani ku bya Katonda kyali kyamulemerako obulamu bwe bwonna. Enkolagana ye n'abakazi ab'ali tebamanyi Katonda wa Isiraeri, kintu ekyamuletera

okwekubagiza eri bakatonda baabwe abatali batuufu. Omukwano gwe eri bakyala be kyali ekintu ekitegeza nti yali takyasobola kulaba nga bakatonda bano, kyali kyesitaazo gy'ali okuva ku kunsinza Katonda wa Isiraeri omulamu. "Omutima ggwe gwali si muteefu", kwe kugamba nga omwoyo gwe tegukyamulumiriza bwe yali ng'asiinza ebifaananyi. Obutawaayo mutima gwe gwonna eri Katonda omutuufu kyali "ekintu ekibi mu maaso ga Katonda", ekyaletera Katonda okusala ku nkolagana ye ne Sulemaani. Emirundi mingi Isiraeri yabuulirwanga obutafumbiriganwa n'abakazi ab'amawanga agali gamwetolodde (Okuva 34:12-16); Yoswa 23;12, 13; Ma 7:3).

Olw'okubatizibwa mu Kristo tufuuka Isiraeri ow'omwoyo. Bwe tuba tetunafumbiza tusaanye tufumbize mu Isiraeri ow'omwoyo, "mu mukama waffe" (1 Kol. 7;39) – kwe kugamba abo abakiriza ne babatizibwa "mu Kristo". Bwe tuba nga twabatizibwa nga tumaze okufumbiza tetweyawulanga n'abakazi baffe; obufumbo bwaffe butuukuzibwa olw'okukiriza kwaffe (1 Kol. 7:12-14). Naye bwe tusalawo okufumbiza oyo atamanyi Katonda omu, mu bugenderevu, kileta okuva ku Katonda. Sulemaani, yalemererwa okumanya amaanyi ga Katonda bwe yalabulwa ku bakazi abali nga banno: "kubanga tebalirema kukyuusa mitima gyammwe" (1 Bassek. 11:2; okuva 34:16). Okwekuuma ennyo okutali kwa bulijjo n'okwenenya bye biyinza oba olyawo etteeka lino obutatukwatako.

**OMUSANGO GWA KATONDA**

Olwa Sulemaani okuva ku Katonda kyaletera obwakabaka bwa Isiraeri okwawuzibwamu ebitundu bibiri, mutabanyi wa Sulemaani Lekobowaamu, yafuga ebika ekya Yuda ne Benjamini ne Manase, ne Yerobwaamu nafuga ebika ekumi. Obwakabaka bunno obw'ebika ekumi bwayitibwanga Isiraeri oba Efulayimu ate obwo ebw'ebika ebibiri Yuda. Abantu bonna ab'ebika bino, ekitundu ekisinga, bagobereranga enkola ya Sulemaani embi – bagambanga nti bakiriza Katonda omutuufu, ng'ate mu kiseera ky'ekimu basiinza ebifaananyi eby'amawanga agali gabetolodde. Emirundi mingi Katonda n'abasabanga, ng'ayita mu bannabi be, bennenye, naye ne batawulira. Katonda nababonereza n'okubagoba okuva mu bwakabaka bwa Isiraeri okugenda mu nsi ey'abalabe baabwe. Kino kyaliwo ng'Abasuuli balumba Israeri ne babatwala ng'abasibe. "Naye n'obagumikirizanga emyaka mingi n'obanga mujulirwa eri bo, n'omwoyo gwo mu bannabbi mu mukono gw'amawanga ag'omu nsi". (Nekkemya 9:30).

Obwakabaka bw'ebika ekumi obwa Isiraeri tebwalina bakabaka abalungi n'akatono. Yerobowaamu, Akabu, Yekowaazi n'abalala bonna bawandiikibwako mu kitabo ekya bassekabaka ng'abaali basinza ebifaananyi. Kabaka waabwe eyesembayo yali Koseya, ono

we yafugira Isiraeri yawambibwa Abasuli, era ebika ekumi n'ebiwawangusibwa (2 Bassek 17). Tebakomawo.

Obwakabaka obwa Yuda obw'ebika ebibiri, bwo bwalinangamuko bakabaka abali abalungi (gamba nga Yezekiya ne Yosiya), yadde ng'abasinga obungi balinga babi. Olw'abantu okudinganamu okwonoona, Katonda yasuula Yuda okuba obwakabaka bwe mu mafuga ga kabaka wabwe eyasembayo, eyo Zedekiya. Kino kyaliwo bwebalumbibwa Ababulooni, ababawamba ne babatwala ng'abasibe mu Babulooni (2 Bassek. 25). Ne babeera mu Babulooni okumala emyaka 70, otluvanyuma ne badda mu Isiraeri ng'abakulembeddwa Ezera ne Nekkemiya. Tebaddayo kubeera na kabaka owabwe, naye nga bafugibwa ba Babulooni, Abayonaani n'Abarumi. Yesu yazaalibwa mu kiseera Abaruumi we bali bafugira. Olw'Abayudaya okugaana Yesu, Abaruumi bazikiriza eggwanga lya Isiraeri mu mwaka A.D 70 ne bababunya ensi zonna. Babade bakadayo mu ggwanga lyabwe emyaka nga 100 egiyisewo, akabonero ekalaga okudda kwa Yesu (Laba ku nkomerero y'ekitabo kino ku nsonga eno ekitundo 3).

Ezeekyeri 21;25-27 ziwa obunnabi ku kusanawo okw'obwakabaka bwa Katonda ekirabikira mu ggwanga lya Isiraeri: "Ai ggwe omubi, afumitiddwa okufa, omukulu wa Isiraeri (ye Zedekiya), ajjiriddwa olunaku lwo … bw'ayogera Mukama Katonda nti ggyawo enkufiira otikuleko engule (ekitegeeza Zedekiya taliddayo kuba kabaka nate): ekyo tekiriba nate bwe kityo … ndikivunika, ndikivunnika ndikivunika: so n'ekyo tekiriba nate, okutuusa nnyini: kyo lw'alijja era ndikimuwa". Ebitundu bingi ebyo eby'obunnabi buno byogera ku bwakabaka bwa Katonda nga bwe bwali bugenda okuvawo (Koseya 10:3; Kung. 5;16; Yer. 14:21; Dan 8:12-14). Omusomi wa Baibuli omwengendereza yandirabye mu nnyiriri zino eky'okulabirako engeri obwakabaka bwa Katonda ne kabaka waabwo bwe biri ebintu eby'awamu, okuvunikibwa kwa Zedekaya kwali bwakabaka bwa Katonda (Laba ekitundu 5:2). Kale obwakabaka bwa Katonda nga bwe bw'ali mu ggwanga lya Isiraeri bwakomenkerezebwa: "Ndikomya obwakabaka obw'enyumba ya Isiraeri" (Koseya 1:4) "N'ekyo tekiriba nate okutuusa … " kirina amakulu nti obwakabaka buliddawo nate nga nnyini bwo attuse, Katonda okubumuwa". Katonda 'aliwa (Yesu) entebe ya kitaawe Dawudi … n'obwakabaka bwe buliberawo emirembe gyona". (Lukka 1:32, 33) – ku madda ga Kristo. Kale ekisuubizo kino eky'okuzawo obwakabaka lwe kiritukirira.

**OKUZIBWAWO KWA ISIRAERI**

Waliwo omulamwa omunene mu ndagaano enkadde yonna bunnabbi ku kuzawo obwa-kabaka bwa Katonda ku madda ga Massiya. Kino abayigiriza ba Yesu bali bakimanyi

bulungi: “Awo bwe baakungaana ne bamubuuza nga bagamba nti Mukama waffe, mu biro bino mw’onookomezaawo obwakabaka eri Isiraeri” kwe kugamba “ebyawandikibwa mu Ezeekyeri 21:27 binnatukirira kati?” Yesu yaddamu ng’ayogera nti ekiseera kyennyini eky’okudda kwe okw’okubiri bali siba ku kimanya; newakubadde ng’abamalyayika amangu ago bamala ne babagumya nti yali wakudda mu banga eggere (Bik. 1:6-11).

Okuzibwawo okw’obwakabaka bwa Katonda / Isiraeri kwa kubawo ku madda ga Yesu ag’okubiri. Kale Peetero kye yava abuulira nti Katonda alisindika “Yesu Kristo … eyagwanyizibwa okutwaliba mu ggulu okutuusa mu biro eby’okulongoosezaamu byonna, Katonda bye yayogereranga mu kamwa ka bannabbi be abatukuvu” (Bik. 3:20, 21). Okudda okw’okubiri kuliretawo nate obwakabaka bwa Katonda ng’okuzaawo obwakabaka bwa Isiraeri obw’edda.

Okuzibwawo okw’obwakabaka bwa Katonda mu butuufu gwe mulamwa ogw’abannabbi ba Katonda abatukirivu bonna.

- “Mukama Katonda alimuwa entebe ya Dawudi jjajjaawe, … so obwakabaka bwe tebuliggwawo” (Lukka 1:32, 33). Laba ne Isaaya 16:5 “N’entebe ey’obwakabaka eneenywezebwanga mu kusaasira”.
- “Ku lunaku olwo ndisimba eweema ya Dawudi (kwe kugamba ‘entebe” ya Dawudi) eyagwa, ne nziba ebituli byayo, era ndisimba ebibye ebyagwa, era ndigizimba nga mu nnaku ez’edda”. (Amos 9:11). Ebigambo ebisembayo mu kitundu kino njogera eraga okuzibwaawo.
- “Era n’abaana baabwe (aba Isiraeli) baliba nga bwe bali olubereberye n’ekibiina kyabwe kirinywezebwa mu maaso gange” (Yeremiya 30;20).
- Era Mukama alyeroboza nate Yerusaalemi” (Zekkaliya 2:12), okukifuula entebe y’obwakabaka bwe obw’ensi yonna (gerageranya Zab. 48:2; Isaaya 2;2-4).
- “Okufuga okwedda kulidda, obwakabaka obw’omuwala wa Yerusalemi (Mik. 4:8).
- Nga Katonda bwe yali mu nsi ya Isiraeri mu biseera ebyayita, so n’obwakabaka bwe bulizibwaawo nate kirimanyibwa nga ‘Mukama ali omwo” (geraageranya Ezeekyeri 35:9-10 ne 48:35).
- “Era ndikomyawo obusibe obwa Yuda n’obusibe bwa Isiraeri, era ndibazimba ng’olubereberye … N’ekibuga kino kiriba erinnya ery’essanyu … kubanga ndikomyawo obusibe obw’ensi ng’olubereberye … ebisibo biriyita nate” (Yeremiya 33:7-13).

Okudda okwa Yesu okuleeta obwakabaka buno, mazima “ly’esuubi erya Isiraeri”, lye tuyinza naffe okugabanako mu kubatizibwa.

### 5.4. OBWAKABAKA BWA KATONDA MU BISEERA EBIJJA

Ekitundu 1 ne 3 eby’esomo lino biwadde obubaka obumala obukwata ku nsonga y’obwakabaka bwa Katonda. Tulabye nti Ibulayimu yasuubizibwa nti mu “kibala” kye abantu bonna ab’ensi mwe balifunira omukisa; Abaruumi 4:13 kino kilugaziyamuko nti ebituundu byonna eby’ensi birisikirwa abo bokka “abali mu zzadde lya Ibulayimu ekitegeeza Kristo. Obunnabbi obwa Danyeri 2 ku kibumbe, bunnyonnyola engeri Kristo gy’alikomawo nga ejjinjja etono, n’obwakabaka engeri gye bulibunamu ensi yonna (geraageranya ne Zabbuli 72:8). Kino kitegeeza nti obwakabaka bwa Katonda tebulibera mu Yerusaalemi oba mu nsi ya Isiraeri mwokka, ng’abamu bwe bagamba, newakubadde nga ebitundu bino byombi bye biriba amakati g’obwakabaka.

Abo abagoberera Kristo mu bulamu buno baliba “bakabona era balifuga “ensi” (Kub. 5:10). Baliba n’emirimu egy’enjawulo (Lukka 19:17). Kristo aligabana nabo ku kufuga ku nsi (Kub 2:27; 2Tim 2:12). Kabaka (Yesu) alifuga n’obutuukirivu, n’abakulu balifuga n’omusango” (Isaaya 32:1; Zab. 45:16).

Kristo alifugira ku ntebe ya Dawudi erizibwaawo (Lukka 1:32, 33); kwe kugamba aliba mu kifo kya Dawudi, ekyo ekyali mu Yerusaalemi. Nga Kristo bwalifugira e Yerusaalemi, kino kiriba ekitebe eky’obwakabaka obugenda okujja. Kino ky’ekifo omulizimbibwa Yeekaalu ya Katonda (Ezek. 40-48). Yadde nga kiri nti abantu balisinziza Katonda mu bifo ebitali bimu mu nsi yonna (Malaki 1:11), Yeekaalu eno kye kiribeera ekifo ekikulu eky’ensi yonna okusinzizamu. Amawanga ‘gananyambukanga buli mwaka okusinza kabaka, Mukama w’eggye, n’okukwata embaga ey’ensiisira” (Zekkaliya 14:16).

Okulamaga e Yerusaalemi okwa buli mwaka bunnabbi nate obusangibwa mu Isaaya 2:2, 3: “Mu nnaku ez’oluvannyuma olusozi (obwakabaka Dan 2:35, 44) olw’ennyumba ya Mukama lulinywezebwa ku ntiiko y’ensozi (kwe kugamba nti obwakabaka bwa katonda ne Yeekaalu birigulumizibwa okukira obwakabaka bw’abantu) … era amawanga mangi agalyambuka ne googera nti mujje, twambuke eri olusozi lwa Mukama, eri ennyumba ya Katonda wa Yakobo, era anaatuyigirzanga ku makubo ge … kubanga mu Sayuuni mwe mulifuluma amateeka n’ekigambo kya Mukama mu Yerusaalemi”. Kino kiri nga ekifaanayi eky’obwakabaka nga bwakatandika, abantu nga babunya okumanya okw’obufuzi bwa Kristo eri abalala, era awo

ne bagenda ku “lusozi” lw’obwakabaka bwa Katonda, obuliba nga bubuna ensi yonna. Tulaba wano ekifaananyi: eky’obwagazi obw’okusinza.

Eky’ennaku ennyo eri abantu ab’omu mulembe gwaffe gunno, kiri nti abantu abasinga obungi ‘basinza’ Katonda lwa byabufuzi na nkolaganira wamu, oba olw’ebyenoono so si mu kuva mu kumumanya nga Kitaabwe era omutonzi waabwe. Mu bwakabaka waliberawo okwagala ennyo okuyiga amakubo ga Katonda, abantu balisikirizibwa nnyo mu kintu kino ekiribaletera okutambulanga okuva ku nsonda zonna ez’ensi okugenda e Yerusaalemi basobole okweyongera okufuna amagezi ga Katonda.

Mu kifo eky’okutabulwatabulwa n’obutali bumativu mu nkola y’eby’amateeka n’okuletawo okw’obwenkanya okw’abantu: waliberawo etteeka limu erikola mu nsi yonna – “etteeka, n’ekigambo kya Katonda” eryo eryogerwa Kristo okuva e Yerusaalemi. “Amawanga gonna galitambula okugenda” eri okusomesebwa okwo, ekitegeeza nti ekintu ekimu kino eky’okwagala okusomesebwa okwo, ekitegeeza nti ekintu ekimu kino eky’okwagala okunoonya okumanya okutuufu okwa Katonda, kulisalako okulwanagana wakati w'amawanga, ng’era kino bwe kikola eri abantu kinoomu abewaayo mu kwagala okufuna amagezi ng’ago mu bulamu bunno.

Ekintu kino eky’amawanga gonna okugenda e Yersaalemi ky’ekimu n’ekifaananyi ekiri mu Isaaya 60:5, Abayudaaya bwe bajja bonna awamu n’abamawanga okusinza Katonda mu Yerusaalemi. Kino kikwatagana bulungi nnyo n’obunaabi ku bwakabaka obw’omu Zakkaliya 8:20-23;

“Oliboolyawo amawanga ne gajja n’abo ababeera mu bibuga ebingi era ababeera mu kibuga ekimu baligenda mu kirala nga boogera anti Tugenda mangu okwegayirira ekisa kya Mukama n’okunoonya Mukama w’eggye; era nange ndigenda. Weewaawo, abantu bangi n’amawanga ag’amaanyi balijja okunoonya Mukama ow’eggye mu Yerusaalemi … abantu kkumi balikwata, okuva mu nnimi zonna ez’amawanga balikwata ku lukugiro olw’omuntu Omuyudaaya nga bogera nti tuligenda nammwe; kubanga tuwulidde nti Katonda ali nammwe”.

Kino kiretawo ekifaananyi ekyo eky’Abayudaaya okuba “Omutwe” so si “mukira” ogw’amawanga, olw’okwennenya n’okugondera Katonda (Ma. 28 : 13 ). Awo enteekateeka ya Katonda ey’obulokozi ng’asinzira ku Buyudaaya erimaanyibwa eri buli muntu. Obutamanya obuli mu bakristayo abaliwo kati bulikomenkenzebwa amangu ddala. Olwo

abantu mu ssanyu eringi balyogera nti: “tuwulide nti Katonda ali nammwe”. Olwo emboozi n’eryoka yetololera ku bintu by’omwoyo byokka, so si kw’ebyo ebitalimu ebijjudde mu ndowooza y’ensi eya kaakano.

Olw’okubawo okw’okwewaayo eri obutuukirivu kuno, si kya kwewunyisa nti Kristo “aliramula mu mawanga … baliweesa ebitala byabwe okufuula enkumbi n’amafumu gaabwe okugafuula ebiwabyo, eggwanga teririyimusa kitala eri eggwanga linaalyo, so tebaliyimusa kitala eri eggwanga linaalyo, so tebaliyiga kulwana nate”( Isaaya 2:4 ).Olw’okwemalirira kiriretera amawanga okukyuusa eby’okulwanyisa byabwe mu bintu ebikozesebwa mu kulima, era n’okulekayo eby’okutendekebwa mu by’okulwana. “Mu nnaku ze abatuukirivu banaalabanga omukisa” (Zab. 72:7) – eby’omwoyo biriyimuibwa, era ekitiibwa kiribaweebwa abo abolesa okwagala kwa Katonda, ekisa obwenkanya ne birala. Geraageranya kino n’okwegulumiza okw’abo abemanyi bokka, abefaako bokka era ebenonyeza ebyabwe bokka.

Okwo “okufuula amafumu mu biwabyo” kiriba ekimu ku kitundu ekyo ekinene eky’enkyukakyuka eriberawo mu by’obulamu ku nsi. Eky’ava mu kwonoona kwa Adamu, ettakka lyakolimirwa ku lulwe (Lub. 3:17 – 19), nga kino kyaletawo omuntu okukola ennyo okusobola okufuna eky’okulya. Mu bwabakabaka “wanaabangawo emmere enkalu nnyingi mu nsi ku ntikko y’ensozi. Ebibala byayo binaayuganga nga Lebanooni” (Zab. 72:16). “Akabala alituuka ku oyo akungula, n’oyo asamba ezabbibu lw’alituuka ku oyo akungula n’ensozi ziritonnya omwenge omuwoomerevu” (Amosi 9:13), obujjimu bw’ensi bwe butyo bwe bulyeyongeramu, n’ekikolimo ku ttakka mu Edeni okukendezebwako.

Omulimu omunene bwe guti ogw’ebyobulimi guliberamu abantu bangi. Obunnabbi ku bwakabaka buwa ekifaananyi nti abantu baliddayo okuba abantu abesobola mu ebyo eby’obulimi.

- “Naye balituula buli muntu mu muzabbibu gwe ne mu mutini gwe; so tewalibawo abakanga” (Mikka 4:4).
- Okwemalirira kuno kulimalawo obwo obuggwagwa obuliwo mu nkola ey’okunoonya emirimu egy’esente. Okuwaayo obulamu bwonna ng’okola okugagawaza abalala kiriba ekintu eky’olufumo.
- “Era balizimba ennyumba ne basulamu; era balisimba ensuku ez’emizabbibu ne balya ebibala. Tebalizimba omulala n’asulamu. Kubanga ng’ennaku ez’omuti bwe ziba, bwe zityo bwe ziriba ennaku ez’abantu bange, abalonde bange balirwawo nga balya omulimu ogw’engalo zaabwe. Tebalikolera bwerere mirimu so tebalizaala ba kulaba

nnaku, kubanga lye zzadde ly'abo abaweebwa Mukama omukisa n'enda yaabwe wamu nabo" (Isaaya 65:21-23).

Mu Isaaya 35:1-7 mulimu obunnabbi obulungi ennyo obutenkanika ku ttaka eryo elyali nga si ggimu engeri gyeririkyusibwamu, ekintu ekiriretawo kumpi essanyu okufubutuka mu ttaka, olw'okwanguyira abo abaliba balikolerako emirimu gyabwe, ate n'olwokuba n'obulamu obulungi mu by'omwoyo. "Olukola n'amatongo birijaguza; n'eddungu lirisanyuka, lirisansula ng'ekiyirikiti lirisukkiriza okusansula, lirisanyuka n'essanyu n'okuyimba … N'omusenyu ogumasamasa gulifuuka ekidiba n'ettaka ekkalangafu nzizi za mazzi." "Omusege n'omwana gw'endiga binaaliiranga wamu", n'omwana ayonka alizanyira ku kinnya eky'enswera". Ekintu ekiraga nga n'obukambwe obuli wakati w'ensolo nabwo buligibwaawo (Isaaya 65:25; 11:6-8).

Mu ngeri y'emu ng'ekikolimo ekyatekebwa ku bitonde byonna bwe kirikendezebwako ennyo, so n'ekyo eri abantu nakyo kirikendezebwako. Kale Okubikulirrwa 20:2,3 kikozesa ekifaananyi kya Setaani (ekibi n'ebye kireeta) okuba "ng'asibibwa", oba okuganibwa mu myaka olukumi. Emyaka gy'abantu giryeyongerako, olwo omuntu nga bwafa ng'alina emyaka 100 alirowozebwako ng'omwana omuto (Isaaya 65:20). Abakazi tebalizaala bakulaba nnaku (Isaaya 65:23). "Amaaso g'abazibe galizibuka, n'amatu g'omuggavu galigguka. Awo awenyera n'alyoka abuuka ng'enaanga, n'olulimi lwa kasiru luliyimba" (Isaaya 35:5, 6). Kino kiribeera bwe kiti lwa kuba nga waliddawo ebirabo eby'omwoyo nate (geraageranya kino ne Beb. 6:5).

Tekisobola kusibwakko nnyo essira nti obwakabaka bwa Katonda tebuliba nga ekizinga ekirungi ennyo, ekyo abantu abalungi kye balissanyukirako, mu ngeri emu ng'abantu bwe bassanyukira mu musana okugggwota wakati mu kitiibwa ky'obutonde. Ekigendererwa ekikulu ennyo mu bwakabaka bwa Katonda kwe kuwa Katonda ekitiibwa okutuusa ensi lwerijula ekitiibwa kye 'ng'amazzi bwe gasaanikira ku nnyanja" ( Kaabakuuku 2:14). Kino kye kigendererwa kya mukama ekisingayo "Nga bwendi omulamu ensi zonna zirijjula ekitiibwa kya Mukama" (Okubala 14:21). Ekitiibwa eri Mukama kitegeeza nti abantu bonna ababeera ku nsi balimutegeera ne bamutendereza era ne bakopa empisa ze ez'obutuukirivu; kubanga embeera bw'etyo ensi gyeriberamu, Mukama elireka ensi nayo yennyini okulaga ekyo, bwe kityo. Kale abateefu balisikira ensi (mu bwakabaka), era banaasanyukiranga emirembe mingi" (egy'ebyomwoyo) (Zabbuli 37:11), so si kusanyusibwa na bulamu bwangu. Abo "abalumwa enjala era abayayanira obutuukirivu … balikkusibwa" naabo mu bwakabaka (Mat. 5:6).

Okubeera mu bwakabaka bwa Katonda kye kintu kye twandirubiridde ennyo era ne kitwongeramu n'amanyi okulekayo okulowooza ku bintu eby'ensi eno. Mu kifo eky'okulowooza ennyo ku ebyo bye twagala mu bulamu bunno, Yesu atuwabula nti "Musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n'obutunkirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako" (Mat 6: 30 – 34). Ebintu ebyo bonna bye tulowoozako era ne tubikolerera ennyo kaakano, tebigerageranyizibwa na kubeera mu bwakabaka bwa Katonda.

Twetaaga okunoonya "obutuukirivu bwa Katonda" ekitegeeza okugeezako okukuza endowooza zaffe eri okwagala kwa Katonda, kwe kugamba twagala okubeera mu bwakabaka bwa Katonda kubanga obutuukirivu eyo gye buliberera ddala, era nate kubanga twagala tuberere ddala abantu abalungi, so si lwa kuba nti buli omu ku ffe, ayagala awone okufa n'okufuna obulamu obulungi obutaggwaawo.

Emirundi mingi bulijjo essubi ly'enjiri lyogerebwako mu ngeri eretera omuntu okwefaako yekka. Kituufu obwagazi bwaffe okubeera mu bwakabaka bugenda bukyuka buli lunaku olukya. Kye tugeezako okukugamba wano kiri nti tukuwa amagezi; ekintu ekisookera ddala kwe kusoma enjiri n'okulaga nga tukigondera mu kubatazibwa nga kino kiva ku mutima ogwagala okugondera Katonda. Okusiima kwaffe essuubi lya Katonda kwe kwewaayo n'esonga zaffe zennyini ezitwagaza okuba mu bwakabaka, zikula nga tumaze okubatizibwa.

### 5.5 EMYAKA OLUKUMI

Wetutuse kati mu massomo gaffe ku bulamu mu bwakabaka omusomi omwegendereza kyeyebuuza oba olyawo kiri nti naye ekifaananyi ekyo ku bwakabaka bwa Katonda si kya muntu buntu? Mu bwakabaka abantu baliba bakyaazala abaana (Isaaya 65:23) n'okufa nga bafa (Isa.65;20). Abantu banno balibeeranga n'ensonga eziribetagisizanga okugonjoola (Isa.2:4), era kiribetagisanga okukola emirimu basobole okubeerawo, newakubadde nga kino kiribanguyirako okusingako nga bwe kiri kaakano. Kino kirabika ng'ekintu ekitatuka ku kiri nti: abatuukirivu balisikira obulamu obutagwaawo, n'okufuna embeera ng'eya Katonda, okwenkanankana ne bamalayika; abo abatafumbiza oba okuzaala(Lukka 20:35,36). Eky'okuddamu kiri nti ekitundu ekisooka eky'obwakabaka bwa Katonda kirimala emyaka lukumi (laba Kub.20:2-7).Mu Myaka olukumi eggyo walibeerawo ebibinja by'abantu bya mirundi ebiri ku nsi:

- Abatuukukuvu – abo abagobereranga enkola ya Kristo mu bulamu buno, abalibeera baweereddwa obulamu obutaggwaawo ku ntebe ey'omusango. Wetegereze

ekigambo “omutuukuvu” kitegeeza omuntu omulonde, kyogera ku oyo yenna omukkiriza omutuufu.

- Abo abantu ababulijjo ku madda ga Kristo abaliba nga tebanamanya Njiri – kwe kugamba banno bali tebavunanibwa kugenda ku ntebe y’emisango.

Kristo bwalikomawo, abantu babiri balibeera mu nnimiro, omu alitwalibwa (wa’ntebe y’emisango), omulala alirekebwa (Luk. 17:36); abo “abalirekebwa” baliba mu kibinja kino eky’okubiri.

Olw’okufuna embeera eyo eri nga eya Katonda oluvannyuma olw’okugenda mu maaso g’entebe ey’emisango, abatuukuvu tebaliddayo kufa nate yadde okuzaala abaana. Ebyo ebyogerwa ku bantu bye tusomyeko awo waggulu biteekwa kuba nga byogera ku kibinja eky’okubiri - abo abaliba nga balamu mu kiseera ekyo Kristo walirabikira, kyokka nga baali tebamanyi Katonda byayagala. Omugabo gw’abatuukirivu kwe kuba ‘abafuzi n’okuba bakabona: era n’okufugira ku nsi”(Kub.5:10). Abafuzi bafuga bantu; n’olw’ekyo abo bonna abatalina kumanya kwa Njiri, balisigala nga balamu mu kiseera ekyo Kristo waliddira ogw’okubiri, bafugibwe. Olw’okubeera “mu Kristo” tuligabana ku mugabo gwe – ogw’okubeera kabaka w’ensi: “era awangula … oyo ndimuwa amaanyi ku mawanga, era alibalunda n’omuggo gw’ekyuma … era nange nga bwe nnaweebwa Kitange”(Kub.2:26,27).

Olugeero lwa Kristo olw’esente wano werujiramu – abaddu abalungi bafuna ekirabo kya bibuga kkumi oba bitaano babifuge mu bwakabaka (Lukka 19:12-19). Okumanya amakubo ga Katonda kintu ekitalisobola kubunisibwa wonna wonna amangu ddala nga Kristo yakamala okulangirirwa nga Kabaka e Yerusalemi: abantu balitambulanga okugenda e Yerusaleemi okunoonya okumanya Katonda (Isaaya 2:2, 3). Jjukira kino nakyo, engeri olusozi lwa Danyeri ( akabonero akalaga obwakabaka bwa Katonda ) nga bwe lwagenda lweyongera okubuna ensi ( Dan.2: 35, 44 ).Guliba omulimu gw’abatukuvu okubunya ensi n’okumanya kwa Katonda sinakindi n’obwakabaka bwe.

Isiraeri bwe yali obwakabaka bwa Katonda mu biseera biri ebyayita, omulimu gwa bakabona kwali okusomesa abantu okumanya Katonda (Malaki 2:5 – 7). Olw’ensonga eno bakabona bateekebwa mu bitundu ebitali bimu mu Isiraeri yonna. Mu kitiibwa ekingi ennyo mu kuzibwaawo okw’obwakabaka, abatukuvu balisikira omulimu gwa bakabona (Kubi 5:10).

**SINGA KRISTO AKOMAWO OLWA LEERO**

- Abafiira mu Kristo bandizukiziddwa, awamu n'abo abamanyi Kristo abalamu awo ne batwaliba mu maaso g'entebe y'emisango.
- Abo abafu abamanyi Kristo naye nga tebatukiriza ebyo byayagala balibonerezebwa n'okufa ate abatukirivu ne baweebwa obulamu obutaggwawo. Omusango gulisalirwa n'ago amawanga agawakkanya Kristo.
- Abatuukirivu olwo ne balyoka bafuga abantu abo abaliwo nga balamu, naye nga kyokka bano baali tebamayi bya Katonda; ne babasomesa Enjiri nga "abafuzi ate bakabona" (Kub.5:10).
- Kino kirimala ebbanga lya myaka lukumi. Mu banga ly'emyeka gino abo bonna abatannafuna bulamu obutagwaawo baliwulira Enjiri ne balyoka bamanya Katonda. Abo ebewaayo eri Enjiri balibawo emyaka mingi mu bulamu obulungi.
- Ku nkomerero ey'emyaka olukumi walibawo okuwakkanya Kristo n'abatuukuvu be, naye kuno Katonda alikumalawo (Kub.20:8,9 ).
- Ku nkomerero ey'emyaka olukumi, abo abalibeera nga bafudde mu bbanga eryo, balizuukizibwa era ne basalirwa omusango ( Kub.20:5,11 – 15).
- Ababi mu bo, balizikirizibwa, n'abatuukirivu balyegatira wamu n'abatukuvu mu kufuna obulamu obutaggwaawo.

Ekigendererwa kya Katonda eri ensi olwo kiriba kimaze okutuukirizibwa. Ensi eriba ejjuziddwa abantu abatafa, era abatukirivu. Tewalibeera kibi nate, kale n'okufa nakwo, tebiriddayo kuberawo ku nsi; ekyasuubizibwa nti omusota gulizikirizibwa ddala nga gukubibwa ku mutwe, olwo lwe kiriba nga kitukiridde ddala kyona( Lub.3:15 ). Mu bbanga eryo ery'emyaka olukumi, Kristo aliba afuze "okutuusa lw'alissa abalabe be bonna wansi w'ebigere bye. Omulabe ow'enkomerero aliggibwawo, kufa … Naye byonna bwe birimala okussibwa wansi we, era n'omwana yennyini n'alyoka assibwa wansi w'oyo eyassa byonna ansi we, Katonda alyoke abeerenga byonna mu byonna" (1 Abakkolinso 15:25 – 28).

Eno "y'enkomero awo Yesu bwaliwaayo obwakabaka eri Katonda, ye kitaawe" (1 Kol. 15;24). Mu kadde kano ekiridirira ye Katonda okubeeranga "byonna mu byonna" tutegeezebwa tutyo; ffe kye tumanyi kiri nti tuliba n'obulamu obutaggwaawo, obulinga obwa Katonda, tuberewo okusanyusa n'okuwa Katonda ekitiibwa. Kuba kutebereza okweyongera mu maaso nga tubuuza nti mbeera etya eribereewo oluvannyuma olw'emyaka olukumi.

Okutegera "enjiri ey'obwakabaka bwa Katonda" kintu ekisaanye eri obulokozi obw'oyo omusomi yenna asoma ebigambo bino. Tukusaba okuddamu okusoma essomo lino n'okunoonya ebitundu ebijjuliddwa mulyo mu Baibuli.

Katonda ayagala ffena tubeere mu bwakabaka bwe. Ekigendererwa kye kyonna kyakolerwa ffe, okubamu n'ekifo, so si kulaga amagaezi g'obutonzi bwe gokka. Kizibu nnyo okukiriza nti okubatizibwa, n'okugoberera ekigambo kya Katonda n'obwetowaaze, bintu ebitusobozesa okuyingira mu mulembe ogw'ekitiibwa ogw'obulamu obutaggwaawo. So ng'ate obukkiriza bwaffe mu kwagala kwa Katonda okungi ennyo kusaanye okutunywererako. Ebizibu byaffe ebitali bya kiseera kineene nnyo, olowooza y'ensonga eyandikulemeseza okuyitwa kwe Njiri?

"Katonda bwa'beera ku lwaffe, omulabe waffe ani?" (Bar. 8:31).

"Okubonaabona okw'omu biro bya kaakati nga tekutuuka kwenkanyaanakanya n'ekitibwa ekigenda okutubikkulirwa ffe" (Bar. 8:18).

"Okubonaabona kwaffe okutazitowa okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongera nnyo okutukolera ekitiibwa ekizitowa eky'emirembe n'emirembe" ( 2 Kol.4 :17 ).

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 11:
## KI OBWAKABAKA BWA KATONDA KYE BUTEGEEZA ERI FFE LEERO

Kyalambululwa bulungi nga "Obwakabaka bwo bujje" bwe ky'ali kikontanira ddala n'endowooza ey'Abaruumi nti obulamu bw'abantu be b'ali bafuga nga Israeri bwali bwa bwakabaka obwa Kayisaali. Eno y'ensonga lwaki ab'obuyinza Abaruumi bakiraba nga okwogera ku bwakabaka obwa Kristo obwali bugenda okujja n'eky'okuba kabaka, ng'ekivoola era nga ky'ali sikyakukkirizibwa. Era eri ffe, okunoonya obwakabaka obugenda okujja kugaanira ddala okukulu okw'omwoyo ogw'omulembe gwaffe, ogw'abanoonya obwakabaka bwa kaakano; kyetaagisa okweyawula ku nsi etwebunguludde. Enzinnyonnyola emanyiddwa obulungi ku bwakabaka mu Is. 2:1-4 eri mu makulu ga kwegayirira Isiraeri okukyuusa ebikolwa byabwe. Kubanga olwo lwe balitambuliranga mu mpenda za Mukama. N'olwekyo, "Mmwe ennyumba ya Yakobo, mujje tutambulire mu musana gwa Mukama" (Is. 2:5). Essuubi lya Isiraeri lisaanye okusikkiriza Isiraeri okubaawo wano mu bulamu obwo Bwakabaka kaakati. "Kubanga kyetuva tutegana ne tufuba, kubanga twasuubira Katonda omulamu, Omulokozi w'abantu bonna" (1 Tim. 4:10).

Wadde nga ekyasuubizibwa eky'obulamu obutafa kiri wala n'ebikwata ku Ssuubi ery'Obwakabaka, kyokka ky'amazima ekyewunyisa nti twasuubizibwa obulamu obutafa

obw'emirembe gyonna. Ensi gye tubeeramu kati terina ssuubi ng'eryo, newankubaadde endowooza ku muntu omulamu aliwo kati nti olunaku lumu alisanyukira mu bulamu obw'oluberera ng'ali mu mubiri. N'olwekyo obuvubuka bwe batwala ng'ekikulu okukira ebintu ebirala byonna. Eby'emizanyo n'okwagala okusigazza emibiri nga miggumu bifuuse bya bulijjo. Obutabo (Magazines) bwoleka abantu abalina emibiri egirabika obulungi n'endabika eya batalina nkanyanya mu maaso. Obukadde tebukyali na mugaso; nga n'abakadde batwalibwa mangu nnyo mu maka agakumiirwamu abakadde, okubawula ku bantu abangi. Ebizigo by'olususu, okuwonya empalaata n'ebiri nga ebyo, byonna y'enkola eya bulijjo. Okulya obulungi n'okuzimba omubiri bifuuse ebyenkanankanyizibwa n'ebikolwa eby'abakafiiri. Na bwe kityo endabika y'omuntu ey'okungulu essiddwako nnyo essira okusinga eyo munda. Ekisa, okwerekereza, obweetowaaze n'ebiri nga ebyo, byonna tebifiibwako nnyo. Eri Omukristaayo, okweyawula ku nsi ey'obutafaayo ku bintu ebikulu kya tteeka. Olw'okuba nga tetulina kyetutegeera ku musango ogugenda okujja, tetutegeera nti tetuliba mu bwakabaka, tewali kufuga mpisa zaffe; okwesanyusa wano na wali kifuuka eddiini ya kaakati. Kale kya kabi okulaba nga banyinaffe beralikirira nnyo ku kikwata ku buzito bwabwe okweyongera, baganda baffe nga bawaayo ssawa ne ssawa buli lunaku ku kuzimba omubiri . . . ne basangibwa mu mwoyo ogw'omulembe guno, mu kunoonya okufaanana n'ensi eno egenda okuggwaawo. Essuubi ery'obulamu obutaggwaawo mu Bwakabaka kitegeeza nti endowooza ku nsi eno eri obulamu terina kuba yaffe. Tusaba tuffe mirembe, bajjaajja abazitoyemu akatono, n'essanyu nga tulindirira obulamu obw'emirembe n'emirembe.

**OKUTEGEERA ENSI EYA KAAKANO**

Fenna tulinamu kali akategeera nga obutonde bw'ensi obutwebunguludde kumpi bwolesa ekintu ekitaggwaawo, ekintu ekya Katonda; naye ate ne tutakulemberwa obutonde obwo bwennyini eri okutegeerera ddala amazima ku Katonda n'Enjiri. Eno y'ensonga lwaki tulina Baibuli. Okutegeera Obwakabaka bwa Katonda obugenda okujja ku nsi kye kyokka ekisobola okuteeka bino byonna bye tulowoozako era ne kitukulembera mu mbeera ey'okukola n'okutegeera, nga ku kye tuyimiriddeko ku kweyawula ku nsi etwetooloodde ffe gye tulaba. Tumanyi nga ebitonde byonna tebikabira bwereere, wabula bikabirira olunaku olw'Obwakabaka olugenda okujja.

Yeremiya yabaawo mu bulamu obw'Obwakabaka, nga y'eyawudde ku nsi, awo ku lunaku olwaddirira okuzikkirizibwa kwa Yuda, bwe yagula ennimiro era n'aleka erambulibwe bulungi- kubanga yamanya nti: “ Nga bwe ndeese obubi buno bwonna obunene ku bantu bano, bwe ntyo bwe ndibaleetako obulungi bwonna bwe nnabassuubizza. Kale ennimiro zirigulwa mu

nsi eno gye mwogerako nti ezise, temuli muntu newakubadde ensolo; eweereddwayo mu mukono gw'Abakaludaaya.. abantu baligula ennimiro n'ebintu, ne bawandiika amaanya gaabwe ku biwandiike ne babiteekako obubonero ne bayita abajjulirwa mu nsi ya Benyamini“ (Yer. 32:42-44). Bw'atyo bwe yalaba ensi ye nga eggwa, yalaba ebintu kubanga yali anoonya engeri ey'okubaawo mu biro bye, nga bwaliba olunaku lumu, mu bwakabaka obulizzibwaawo, bwe yamanya nti mwaliba.

**OKULINDIRIRA OKUDDA KWE**

Bwe tuba nga tukkiririza ddala nti tulibeerayo, owo nno tulina okutunulira ennyo bulungi olunaku olwo okujja. Tetusobola kutunulira na ssanyu olunaku olw'okudda olwa Mukama waffe bwe tuba nga tetwekakasiza ddala kukkirizibwa mu mikono gye kwa nkomeredde. Olw'okuba nga twekakasa nga Yesu bwalirabisibwa, olwo nammwe mulyoke mulabisibwe mukitiibwa. Kale mufiise ebitundu byammwe ebiri ku nsi; obwenzi. . .” n'ebiri nga ebyo (Bak. 3:4,5). Tetwefuga kubanga tulowooza nti kiggya kutuwa enkizo emala eri okukkirizibwa, wabula kubanga tukkiriza nga twamala dda okukkirizibwa, olw'ekisa kye kyokka. Olw'okuba nga obulokozi bwaweebwa lwa kisa kituyamba okulindirira n'essanyu okudda kwe okw'okubiri mu kifo eky'okubeera ng'abatekakasa, era mu kyo obulamu bwaffe bukyusibwa. “Kubanga ekisa kya Katonda, . . . kitubuulirira okugaananga obutatya Katonda n'okwegomba okw'omu nsi. . . nga tulindirira essuubi ery'omukisa n'okulabika kw'ekitiibwa kya Katonda omukulu era Omulokozi waffe Yesu Kristo” (Tit. 2:11-13). Mu njogera endala okweyawula ku nsi.

**OBWETOOWAAZE**

Ne ekisembayo, okutegeera Obwakabaka kisaanye okutufuula abetoowaaze. Amawulire agewunyisa amalungi ag'obwakabaka bwa Katonda obugenda okujja gannyonnyolwa Berusazza, kyokka yagambibwa nti: “Tonnatowaza mutima gwo, newakubadde nga wamanya ebyo byonna” (Dan. 5:22). Bwe tumanya bino byonna. . . ffe b'ani okubaayo eyo, okuba ekitundu ku mu bwo, n'okuba nga twategeezebwa ku bwo . . .? Kisaanye okutuleetera obwetoowaaze.

Era kituleetera obwetoowaaze mu ngeri endala ate. Kumpi ffe fenna tulwana okumanya Katonda. Bingi nnyo bye tutasobola kumanya. Naye bwe tutegeerera ddala bulungi ku Bwakabaka bw'enkomeredde obwa Katonda obugenda okujja, tubaako ne kye tumanya ku kansa yenna, okufa, emikwano egyiremye . . . okukaaba okw'ensi yaffe yonna awamu nti ddala byonna biriggyibwaawo mu Bwakabaka obugenda okujja. Bwe tutaba na kumanya kuno kwa nkomeredde, obutali bwenkanya bwonna bwe tulaba mu bulamu buno obwa leero

era n'enkolagana ya Katonda yonna naffe bituleka nga tubuze, basunguwavu era nga tetulina nkolagana ne Kitaffe gye twesigamyeko ya nkalakalaira.

## AKANYOMERO 8:
## OBWAKABAKA BWA KATONDA LEERO

Engeri ey'okutegeera ki Obawakabaka bwa Katonda kye butegeeza leero kwe kuba nga buli wakati w'abakkiriza ab'amazima abagobeerera Yesu abamanyi nga Katonda ye Kabaka waabwe. Pawulo yawandiikira Abaefeso ng'annyonnyola ku bulamu bwabwe nga bakyali bakafiiri nti b'ali “babooleddwa mu kika kya Isiraeri” (Bef. 2:12). Ku ludda olulala, tuli mu “kika” kya Isiraeri. Ekika kino kitegeeza ekibiina ky'abantu abewaayo bonna okussa ekitiibwa eri abafuga omu, era nga ku nsonga eno ye Katonda. Mu byasa bino byonna ekibiina eky'abantu bano bakola obwakabaka obwe eby'omwoyo ne Yesu nga Kabaka waabwe ne Katonda nga Mukama ow'eggye. Abakkiriza ab'amazima be bakola ebibinja bino. Obwakabaka si bwa byabufuzi naye buleetebwa wamu na kukkiriza okw'abakkiriza ab'amazima ne Yesu ng'omukama wabwo kati n'okukkiriza Katonda okufugira mu bulamu bwabwe.

Mu makulu ga Yesu okuwonya abazibe b'amaaso, bakigala n'omusajja omutabufu w'omutwe (Mat.12) Yesu yagamba nti, “Oba nga nze ngoba dayimooni ku bwa Beeruzabuli, abaana bammwe bagigoba ku bw'ani?. . . kale obwakabaka bwa Katonda bubajjidde”. Amaanyi ga Yesu ag'okuwonya, kw'ali kulezaako, jalibbu kw'ebyokuganyulwa eby'obwakabaka bwa Katonda. Ebyewunyisa ebitono ku ebyo ebigenda okubeera mu bwakabaka byatuuka, naye nga bya kiseera kitono. Ensonga y'emu eddibwaamu mu Lukka 10:9-11, nate ku by'amagero ebikwata ku abo ensavu: “Mugende muwonye abalwadde era mu bagambe nti, 'Obwakabaka bwa Katonda bubasemiberedde kumpi”. Obubaka buno bwe bwaganibwa, “enfuufu y'ekibuga kyammwe etusaabanye mu bigere tubagibakunkumulira mmwe”. Naye mutegeere kino nti ng’obwakabaka bwa Katonda busembedde”. Naye abayigirizwa abeesigwa n'abakkiriza ab'amazima bakola obwakabaka obutegekeddwa ng'obwo obukolebwa abantu b'ensi eno.  Nate era, kino tosobola kukigeraageranya n'ekitiibwa ky'omu maaso eky'obwakabaka bwa Katonda ku nsi, naye kikakasa bukakasa okujja kw’obwo okw'omu maaso. Tulina okubaawo mu bulamu obw'okabaka kati!

**ESSOMO 5: EBIBUUZO**

1. Obwakabaka bwa Katonda bulizibwaawo ddi?
   a) Bwaliwo kuva dda
   b) Nga Kristo akomyeewo
   c) Bwazibwaawo ku lunaku lwa pentikooti mu mulembe ogwasooka.
   d) Bubeera mu mitima gy'abakkiriza mu kukyusibwa kwabwe

2. Obwakabaka bwa Katonda bwaliwo mu kiseera ekyayita? Bwe kiba nga bwe kiri, bwaliwo mu ngeri ki?

3. Bwakomenkerezebwa ddi?

4. Nnyonnyola emyaka olukumi kye kitegeeza.
   a) Okufugibwa ekisa mu mitima gyaffe.
   b) Abakkiriza okufuga emyaka 1000 mu ggulu.
   c) Setaani kufuga nsi emyaka 1000.
   d) Emyaka 1000 egisooka egy'obwakaba bwa Katonda ku nsi.

5. Biki ebiribera mu bwakabaka bwa Katonda.

6. Kiki abakkiriza ba kaakano kye balikola mu bbanga ery'emyaka olukumi?
   a) Balifuga abantu abatafa.
   b) Baliba bafuzi eyo mu ggulu
   c) Tetumanyi.
   d) Balibeera ku nsi endala.

7. Obubaka ku bwakabaka bwa Katonda bwaabuulirwa . . .
   a) Mu Ndagaano Empya mwokka.
   b) Yesu n'abatume be bokka abaabuulira.
   c) Mu Ndagaano Enkadde ne mu Ndagaano Empya.
   d) Mu Ndagaano Enkadde mwokka.

# ESSOMO 6

# KATONDA N'OBUBI

## 6.1 KATONDA N'OBUBI

Ebibiina bingi eby'abagoberezi ba Kristo n'eddiini endala bakkiriza nti waliwo ekitonde oba ekintu ekiyitibwa setaani asibukako ebizibu ebiri mu nsi yonna ne mu bulamu bwaffe, era atuletera okwonoona. Baibuli erambulula bulungi nga Katonda ye w'amaanyi yekka. Tulabye mu ssomo 1.4 nti bamalayika tebonoona. Kale bwe tuba nga bino tubikiriza, kiba kizibu okulowoza ate nti waliwo ekitonde eky'amaanyi mu nsi ekiwakanya enkola ya Katonda omuyinza w'ebintu byonna. Bwe tukkiriza nti ekitonde nga kino we kiri, awo tuba tubuusabuusa oyo asinga byonna; Katonda omuyinza w'ebintu. Ensonga eno nkulu nyo ng'era okumanya obulungi setaani kulina okulowoozebwako ng'ekyokuyigirizibwa ekyetagisa. Ekyawandiikibwa mu kitabo eky'Abaebbulaniya 2:14 kigamba nti Yesu yazikiriza setaani olwo'okufa kwe; nga n'olw'ekyo awatali kutegeera bulungi setaani, tetusobola kutegeera mulimo oba embeera ya Yesu.

Mu nsi yonna okutwaliza awamu; okusingira ddala mu nsi y'abagoberezi ba Kristo, waliwo endowooza nti ebintu ebirungi mu bulamu biva eri Katonda ate, ebibi biva eri setaani. Endowooza eno si mpya, era si y'Abakristayo abo boka abalekayo eby'okukkiriza. Eky'okulabirako Abababulooni balina okukkiriza nti waliwo ba Katonda babiri oyo ow'ebirungi n'ekitangala, ate n'oyo ow'obubi n'enzikiza, nti ate ababiri bano bali basibiddwa mu kulwanyisa okufa. Kuulo, kabaka ow'amaanyi ennyo owe Buperusi naye bwatyo bwe yali akiriza. N'olwekyo Katonda yamugamba nti; “Nze Mukama so tewali mulala . . . mmumba omusana era ntonda ekizikiza, ndeeta emirembe era ntonda obubi. Nze Mukama akola ebyo byonna” (Isaaya 45:5-7, 22). Katonda atonda emirembe n'obubi. Amakulu nti waliwo enjawulo wakati w'obubi n'ekibi; ekyo ekiretebwa omuntu, ekibi kyayingira mu nsi, ku bw'omuntu, so si ku bwa Katonda (Bar.5:12).

Katonda y'abulira Kuulo n'abantu abe Babulooni nti “Tewali Katonda (mulala) awali nze” Ekigambo eky'oluyonaani (Eli) ekyakyusibwa Katonda” kitegeeza ‘amaanyi,oba ensibuko

‘ey’obufuzi’ Katonda yali ategeeza nti tewali nsibuko yonna y’amaanyi galiwo okujjako Ye. Eno y’ensonga lwaki omukiriza omutuufu mu Katonda tasobola kussa nzikiriza ye ate mu kitonde ekirala eky’amaanyi ennyo nga setaani oba badayimooni.

**KATONDA : OMUTONZI W’EBIGGWA TEBIRAZE OBA OBUBI.**

Baibuli erimu eby’okulabirako bingi eri Katonda ku kuleeta obubi mu bulamu bw’abantu ne mu nsi muno. Amosi 3:6 lugamba nti obubi bugwa ku kibuga nga Mukama tabuleese? Katugeze waliwo musisi mu kibuga, emirundi mingi kirowoozebwako nga “setaani” yakikoze. Naye omukiriza omutuufu alina okukimanya nga Katonda yavunanibwa ku kino. Kale Mikka 1:12 lugamba nti: “akabi kasse, kavudde eri Mukama ku luggi olwa wankaaki olwa Yerusaalemi”. Tusoma mu kitabo kya Yobu omusajja eyatuukirira, engeri gye yafirwa ebintu eby’omulamu bwe byonna bye yalina. Ekitabo ekyo kituyigiriza nti obubi omuntu bwayitamu mu bulamu bwe, si lwa kuba nti ajjemedde Katonda. Yobu yakimanya nga “Katonda ye yawa era Katonda ye aggyewo”. (Yobu 1:21). Yobu tayogera nti “ Katonda ye yawa setaani ye aggyewo, yayogera eri omukazi nti: “tunaawebwanga ebirungi mu mukono gwa Katonda ne tutaweebwa bibi” (Yobu 2:10). Ku nkomerero y’ekitabo ekyo, mikwano gya Yobu bamukubagiza “olw’obubi bwonna Mukama bwe yamuleetako”(Yobu 42:11 gerageranya ne 19:21; 8:4).

Kale Katonda oyo afuga ebintu byonna akozesa abantu ababi okuleeta obubi nga engeri y’okukangavvulamu abantu be. “Kubanga Mukama gw’ayagala amukangavvula . . . olw’okukangavvulwa bwe mugumikiriza . . . Oluvannyuma . . . (Beb. 12:6-11), kino kiraga nti okugezesebwa kwonna Katonda kwa tuwa, oluvannyuma kutuleetera okukula mu by’omwoyo. Kileetera ekigambo kya Katonda obutakwatagana okugamba nti Setaani kitonde ekituwaliriza okwoonona ne tutaba batuukirivu ate mu kiseera kimu nti aleeta ebizibu mu bulamu bwaffe ebituleetera “ebibala ebirungi eby’omwoyo”. Wano endowooza egamba nti waliwo setaani weberera enzibu enyo okutegeera. Kubanga waliwo ebitundu ebyogera ku kuwaayo omuntu eri setaani “omwoyo gulyoke gulokoke” oba nti: obutavumanga” (1 Kol. 5:5 ; 1 Tim. 1:20). Oba nga setaani mazima kitonde ekiretera abantu okwoonona era nga tayagala bantu kugondera Katonda, lwaki ennyiriri zino zoogera ku setaani mu ngeri enungi? Eky’okudamu kirambulukufu nti omulabe, setaani oba ebizibu mu balamu emirundi mingi bisobola okugolola omukiriza eri eby’omwoyo ebirungi.

Bwe tumanya nga obubi buva eri Katonda, awo no tusobola okusaba Katonda okukolawo ekisoboka kyonna eri ebizibu bye tuba nabyo gamba ng’okubiggyawo. Bwaba tatwanukudde olwo ne tulyoka tumanya nga biva gyali ku lw’obulungi lw’eby’omwoyo. Bwe tuba nga

tulowooza nti waliwo ekitonde ekiyitibwa setaani ekituleetera ebizibu waba tewali ngeri ya kubyewalamu. Obutemu, endwadde, okufa okw'ekibwatukira oba ebikangabwa biba bitwalibwa ng'omukisa omubi. Obanga setaani malayika ow'amaanyi omwonoonyi, yandibadde ng'atusinga amaanyi era twandibade ng'abatalina kusalawo okugyako okubonabona mu mukono gwe. Naye olw'okuba nga Katonda yafuga tukubagizibwa nti, "ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi" (Bar 8:28). N'olw'ekyo mu bulamu bw'omukiriza tewali kintu nga "mukisa"

**ENSIBUKO Y'EKIBI**

Kirina okusibwakko essira nti ekibi kiva mu ffe. Busobya bwafe nti twonoona weewaawo, kyandibadde kirungi okulowooza nga bwe tali nsobi yaffe okwonoona. Twandiyonoonye nga mu bugenderevu olwo ensobi ne tugiteeka ku setaani, nga n'olwekyo ekibi kyaffe kirina okubeera ku ye. Kya bulijjo nti abantu abamu bwe bakwatiddwa mu nsobi bewozezako nti setaani ye yabagize okukola ensobi. Nga naye ate okwekwasa kuno okunafu ennyo tekulemeseza kubawa kibonerezo.

Tulina okujjukira nti, "empeera y'ekibi kwe kufa" (Bar. 6:23"); ekibi kiretera okufa. Oba ffe abonoona, naye nga kusibuka ku setaani, kale Katonda ow'amazima kimugwanidde okukangavvula setaani so si ffe. Naye ku lw'amazima nti tusalirwa omusango eolw'ebibi byaffe, kiraga nga ebibi buvunanyizibwa bwaffe. Okugamba nti setaani agambibwa okuba ku bali waffe y'atulteera okwonoona mu kifo eky'ekibi ekituula mu ffe, kugeezako okwegyako obuvunanyizibwa bwafe eri ekibi. Kino nakyo kyakulabirako kirala eky'abantu okugaana okukiriza Baibuli ky'esomesa ku mbeera y'omuntu; eyo ey'ekibi.

"Tewali ekiri ebweru w'omuntu bwe kiyingira mu ye ekiyinza okumwonoona, naye ebintu ebiva mu muntu ebyo bye byonoona omuntu. Kubanga munda mu mitima gy'abantu muvaamu . . . ebibi ebyo byonna biva munda ne byonoonona omuntu" (Makko 7:15-23).

Endowooza egamba nti waliwo ekintu ekibi ebweru wafe ekituyingiramu ne kituletera okwonoona, eba tekwatagana na nsomesa ya Kristo eno wano. Eno y'ensonga lwaki mu biseera eby'amataba, Katonda yalaba nga "okulowooza okw'omumutima gw'omuntu kubi okuva mu buto bwe".(Lub. 8:21). Yakobo 1:14 lutubulira engeri gye tukemebwamu. "Buli muntu akemebwa, ng'awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa". Tukemebwa olw'okwegomba kwaffe, okwegomba kwaffe okubi, si na kintu kyonna ekiri ebweru waffe. Yakobo nate abuza " entalo n'okulwanagana biva wa mu mmwe?" (Yakobo 4:1). Buli omu

ku ffe alina okukemebwa okw’enjawulo. N’olw’ekyo kuno kusibuka ku ndowooza zaffe embi, kubanga kuba kwa sekinoomu. Waliwo  enjogera nti tuli abalabe eri ffe, bennyini.

Ekitabo eky’Abaruumi kyogera nnyo ku kibi wa we kiva n’engeri ey’okukiwangulamu. Kikulu nnyo mu kitabo kino nti Pawulo tayogerako ku setaani, ng’atubulira wa ekibi we kisibuka. Mu ngeri y’emu, setaani ndowooza ey’omu biseera by’Endagaano Empya. Singa waliwo ekintu ebweru waffe ekitusendansenda n'ekituletera okwonoona kya ndibadde kyogerebwako nnyo mu ndagaano enkadde. Ebyawandiikibwa mu biseera ebyabalamuzi n’ebyabaana ba Isiraeri mu ddungu, biraga nga Isiraeri bwe bayonoonanga ennyo mu budde obwo. Naye Katonda teyabalabula na katono, ku kitonde ekyamaanyi, oba amaanyi gonna agaali gayinza okubayingiramu gabaletere okwonoona. Wabula Katonda yabasikiriza okuba nga bagondera ekigambo kye, baleme okufugibwa ebikolwa eby’omubiri; (eky’okulabirako Ma. 27:7, 10, Yos. 22:5).

Pawulo awulira okunyolwa; “mu nze (mu mubiri gwange) temutuula kirungi . . . okukola ekirungi tewali . . . naye oba nga kye ssaagala kye nkola, si nze nkikola nate, wabula ekibi ekituula mu nze” (Bar. 7:18-21). Ekibi takiteka ku kintu kiri bweru ekiyitibwa setaani. Yategeera obubi bwe nga y’ensibuko y’okwonoona kwe: “si nze nkikola nate, wabula ekibi ekitula mu nze. Bwe kityo ndaba etteeka (nti nze) bwe njagala okukola ekirungi, ekibi kimbeera kumpi”. Kale agamba nti okulwanagana mu by’omwoyo kuva ku ekyo ky’ayita “ekibi ekiri mu nze”. Ekibi “y’engeri y’omutima [gw’omuntu]” (Isa. 57:17). Omuntu yenna alowooza ennyo ku by’omwoyo naye eky’okwemanya nga omwonoonyi yandibadde kimu kino kyatuukako. Kirina okumanyibwa  nti ne Pawulo omukristayo ennyo newankubadde nga yakyusibwa, embeera ye yasigala nga y’emu, yali asobola okwonoona nate. Abo abeyita abalokole beteeka mu mbeera eyobutasobola kwonoona nate; kino kiba kitegeeza nti ye Pawulo omutume “teyalokolebwa” okusinzira ku byayogera mu Baruumi 7:15-21. Obunnyiriri buno bubazibuwalira abo abeyita abalokole. Dawudi omusajja omutukirivu awatali kubasabusa, mu ngeri y’emu yayogera ku mbeera ye ey’ekibi; “Nze” natondebwa mu bubi ne mukwonoona mmange mwe yanzalira” (Zab. 51:5).

Baibuli nnambulukufu ku bikwata ku mbeera y’omuntu ey’ekibi. Kino bwe kimanyibwa waba tewali nate bwetaavu bwa kwegunjizawo omuntu ali abweru waffe akwatibwako ebibi byaffe. Yeremiya 17:9 lugamba nti omutima gw’omuntu mubi ate gujjudde obulimba ffe bwe tutayinza kumanya. Yesu naye yayogera ku mbeera eyo, ng’eyo ejjude obubi mu Matayo 7:11. Omubuulizi 9:3, kino akyogerako bwati; “Omutima gw’abaana b’abantu gujjude obubi”. Ate kyo ekitabo ky’Abaefeso 4:18 kiwa ensonga lwaki omuntu yeyawudde ne Katonda; nga

“olw’obutategeera okuli mu bo, olw’okukakanyala okw’omutima gwabwe”. Olw'okubeera abazibe mu ndowooza y’ebyomwoyo, y'ensonga etwawukanya ne Katonda. Ku lwe nsonga eno Abaggalatiya 5:19 lwogera ku bibi byaffe “ng’ebikolwa by’omubiri” gwaffe fennyini ogutuleteera okukola obubi. Tewali lunyiriri n’olumu ku zino lunyonyola nti ekibi ekiri mu ffe kiva ku setaani kukitutekamu, okwagala okwoonona kintu kye tuzaalibwa nakyo, era kyatutonderwamu ffe.

Kyoka newakubadde nga mu butuufu omutima y’ensibuko y’obubi, tulina okunoonya engeri ey’okugufuga. Tetubesobola kwekwasa embeera ey'ekibi omubiri gwaffe gyeguzaalibwamu eri obunafu bwaffe olw’empisa embi. “Omutima oguyunja ebirowozo ebibi” kintu Katonda kya kyaawa okulaba mu bantu (Ngero 6:18). Isiraeri yayonoona bwe yekwasa nti: “tewali ssuubi kubanga tunaatambulanga okugoberera ebyo bye twanguja ffe”. (Yer. 1:12). Mu makulu ge gamu, tujjukizibwa nti: “Omutima mubi” (Yer. 17:9). Okwonoona kuva ku kulowooza nti tetusobola kwefuga, nti ate obunafu bw’omutima gwaffe ne tubwekwaasa nga tukola obubi. Tuteekwa okumanya n'okwekenenya obunafu bw’embeera zaffe, nate era ne mu maanyi ag’okumaanya okwo, ne tunoonya engeri ey’okwefugamu. “Kuumanga omutima gwo kubanga omwo mwe muva ensulo z’obulamu” (Ng. 4:23). Ananiya yali asobola okwefuga oba okuleka ‘setaani’ okujjuliza omutima gwe, era yavumirirwa olw’obutasobola kufuga mutima gwe (Bik. 5:3). Bwe tulowooza nti ekitonde ekiyitibwa ‘setaani’ kye kituwaliriza okwonoona, awo tuba tukola ensobi y’emu nga Isiraeri ne Ananiya.

## 6.2 SETAANI

Bwe tukitwala nti Setaani kintu ekiri ebweru waffe ekivunanwa ku kwonoona kwaffe, kale buli bwe tutuuka ku kigambo kino mu Baibuli, tuba tulina okukitwala nga ekitegeeza ekitonde kino ekyonoonyi. Baibuli ekozesa ekigambo kino ng’ebigambo ebirala byonna okwogera ku bantu aba bulijjo. Kale ekituufu kiri nti ekigambo kino tekisobola kuba nga kikozesebwa kutegeeza ekitonde eky’amaanyi ennyo ekiri ebweru waffe.

**EKIGAMBO ‘SETAANI’ MU BAIBULI**.

Bassekabaka ekisooka olunyiriri lw’ekumi n’enya lwogera nti “awo Mukama n’ayimusiza Sulemaani omulabe (ekigambo kino mu Luyonaani ky'ekimu ekyakyusibwa nga ‘setaani’ awalala wonna mu Baibuli) Kadadi Omwedomu”. Nate Katonda n’ayimusizaako omulabe omulala (Setaani omulala) . . . Lezoni . . . n’aba mulabe (setaani) eri Isiraeri” (1 Bas 11:23, 25). Kino tekitegeeza nti Katonda y’ayimusa ekitonde eky’amaanyi ennyo oba malayika okuba setaani omulabe eri Sulemaani; y’amuyimusiza abantu aba bulijo. Matayo 16:22, 23

kye oky'okulabirako ekirala. Peetero yali yakamala kugaana Yesu okugenda e Yerusaalemi okufiira ku mu ssalaba. Yesu yakyukka na mugamba nti “dda ennyuma wange Setaani . . . kubanga tolowooza bya Katonda wabula eby'abantu”. Kale Peetero yayitibwa Setaani. Kristo yali tayogera na gusolo oba Malayika, wabula ne Peetero.

Ku lw'okuba nti ekigambo ‘setaani’ kitegeeza omulabe: omuntu omulungi, kabe Katonda yennyini, ayinza okuyitibwa ‘setaani’. N'olw'ekyo ekigambo kino setaani tekitegeeza kibi kyokka. Ebyo ebibi byonna ebifuula ekigambo kino setaani ki kye kiri, biriwo olw'amazima nti embeera yaffe enyonoonefu ye ‘setaani’ oba omulabe asingira dala obunene eri ffe bennyini, n'enkozesa y'ekigambo kino kyennyini mu nsi okuba nga kikozesebwa okutegeeza ekintu ekyetaba n'ekibi. Katonda yennyini asobola okubeera setaani gyetuli ng'atuteelera okugeezesebwa mu bulamu bwaffe, oba ng'ayimirira mu makubo gaffe amabi getuba tukute okugatugaana. Naye kino tekitegeeza nti Katonda mwonnoonyi olw'okuyitibwa “Setaani”.

Ebitabo ebya Samwiri n'eby'omumirembe byogera ku bintu by'ebimu ng'ebitabo ebina eby'enjiri bwe byogera nabyo ku bintu bimu naye bikozesa enjogera eyawukanye. 2 Sam 24:1 lugamba; “Awo obusuungu ne bumukwata nate Mukama eri Isiraeri na baweera Dawudi okubala Isiraeri ne Yuda”. Ekyawandiikibwa ekifananako nga kino kiri mu 1 Byom 21:1 olugamba nti: “Awo setaani n'ayimirira okulwana ne Isiraeri, n'asendesenda Dawudi okubala Isiraeri”. Mu kitundu ekirala nga bwe tulabye Katonda ye yakola okusendesenda ate mukirala “setaani”. Ekitukibwako kiri nti Katonda “yakola nga ‘setaani’ oba omulabe eri Dawudi. Yakola ekintu eky'ekimu eri Yobu ng'amuleetera okugezesebwa mu bulamu bwe, era Yobu n'ayogera ku Katonda nti: “Okyuse okuba omukambwe gye ndi, olw'amaanyi ag'omukono gwo onjigganya”. (Yobu 31:21); ‘ofuuse nga setaani gyendi’. Kino Yobu kye yali agezako okugamba. Oba nate era ng'ayogera ku Katonda; “…nandyeyayiridde omulabe (setaani) wange” (Yob 9:15 NRSV).

**EKIGAMBO ‘SETANNI’ MU BAIBULI**

Awalala nate tulaba nga Yesu ayita omu ku bayigirizwa be nga ‘Setaani’. Yagamba: “nze nnabalonda naye omu ku mwe ‘setaani’. Yali ategeeza Yuda Iscarioti…” eyali omuntu afa era omuntu owa bulijjo. Yali tayogera na kintu kirala kyonna. Ekigambo kino ‘setaani wano kitegeeza omuntu omubi. 1 Timoseewo 3:11 kye ky'okulabirako ekirala. Abakazi babaweereza bali basanidde okubeera ‘abatawaayiriza; ekigambo kino kyava mw'ekyo eky'Oluyonaani ekitegeeza ‘omulyolyomi era ky'ekigambo ky'ekimu kino ekyakyusibwa ‘setaani’ awalala mu Baibuli. Kale Pawulo alabula Tito n'abakazi abakadde mu kanisa obutabeera 'abawaayiriza’ oba 'basetaani’ (Tito 2:3). Mu ngeri y'emu y'agamba Timoseewo

nti: “Mu nnaku ez’oluvannyuma . . . abantu baliba abawaayiriza (basetaani)”; (Tim 3:1,3). Kino tekitegeeza nti abantu balifuuka ekintu ekirala eky’amaanyi ennyo, naye nti balyeyongera okukola obubi. Kisaanye okumanyibwa nti ekigambo ‘setaani’ tekitegeeza malayika oyo eyasulibwa oba ekintu ekituli ebweru.

**EKIBI NE SETAANI N’OMULYOLYOMI**

Ekigambo setaani kikozesebwa mu lulimi olw’olugero okutegeeza embeera enyonoonefu etulimu gyetwogeddeko mu ssomo 6.1. Bino ye ‘setaani’ oba omulabe waffe. Okwegomba kwaffe bulimba (Bef. 4:22), kale ‘setaani’ oba ‘omulimba’ y’engeri enungi ey'okwogera ku bino. Byogerwako ng'abantu n’olwekyo bisobola okwogerwako nga ‘setaani’ - omulabe waffe, awakkanya amazima. Eno y’engeri omuntu waffe owa bulijjo gyabeeramu ‘setaani oyo yennyini’. Okukwasangaya okuli wakati wa Setaani n’okwegomba kwaffe okubi – ekibi mu ffe – kyogerwako bulungi nnyo mu bitundu bingi ebya Baibuli: “Kubanga abaana bagatta omubiri n’omusaayi, era naye (Yesu) yennnyini bw’atyo yagatta ebyo; olw’okufa alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag’okuffa “ye setaani” (Beb. 2:14). setaani ayogerwako wano ng’aleeta okufa. Naye “empeera y’ekibi kwe kufa’ (Bar. 6:23). N’olw’ensonga eno ekibi ne setaani biteekwa kuba nga bifanaana. Mu ngeri y’emu Yakobo 1:14 agamba nti okwegomba kwaffe okubi kutuleetera okukemebwa, ne kutuleteera okwonoona, n’okwonoona okwo ne kutuletera okufa; ng’ate Beb. 2:14 kigamba nti setaani yaleeta okufa. Geraageranya kino ne Bar. 8:3: “Katonda, bwe yatuma omwana we ye mu kifaananyi ky’omubiri ogw’ekibi era olw’ekibi, n’asalira musango ekibi mu mubiri’. Kino kiraga nga setaani n’embeera yaffe ey’ekibi gye tuzaalibwamu bwe biri ebimu. Kiba kirungi ate ekikulu okumanya nti Yesu yakemebwa nga ffe. Obutategeera ensomesa ya setaani kiba kitegegeeza nti tetusobola kwenyumiriza mu kumanya embeera n’omulimu ogwa Yesu. Kwali kuba na mbeera nga ey'abaana b'abantu ensonga lwaki Yesu yalina embeera – 'setaani' mu ye yennyini - okutusobozesa okubeera n'essuubi eri obulokozi (Beb. 2:14 – 18; 4:15). Olw’okuwangula okwegomba okw’embeera ye; Yesu yasobola okuzikiriza ‘setaani’ (ekibi) ku mu salabba (Beb. 2;14). Oba nga setaani muntu ddala, kale tasaanye kubeera ng’akyaliwo! Kubanga Yesu yamuzikiriza ku musalaba! Abebbulaniya 9:26 lugamba nti. Yesu yalabisibwa “ okuggyawo ekibi olw’okwewaayo yennyini”. Kino kifaanana n’ekyo mu Abaebbulaniya ekigamba nti okufa kwa Yesu kwazikiriza setaani mu ye. Yesu olw’okufa kwe yazikiriza “omubiri ogw’ekibi” (Bar. 6:6), kwe kugamba embeera ey’omuntu eyonoona mu mibiri gyaffe bennyini.

“Akola ekibi wa ‘setaani’ (1 Yok. 3:8), kubanga ekibi kibawo olw'okwegomba okubi kwe tuzaalibwa nakwo (Yakobo 1:14, 15), Baibuli kyeyita ‘setaani’. “Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya setaani” (1 Yok. 3:8). Bwe tuba nga tuli batuufu

mu kugamba nti “setaani kwe kwegomba okubi kwaffe, kale ebikolwa byaffe ebiva mu kino by’ebibi. Kino kye tulaba nga kyogerwako mu 1 Yokaana 3:5 “Yalabisibwa (Yesu) aggyewo ebibi”. Kino kikakasa nga “ebibi byaffe” n’ebikolwa ebya setaani” bwe biri ekimu. Ebikolwa by’Abtume 5:3 luwa eky’okulabirako ekirala ku nkwasaganya eriwo wakati awa setaani n’ebibi. Peetero agamba Ananiya nti “setaani akujjuliza ki omutima?” Mu lunnyiriri olw’okuna. Peetero amala n'amugamba “kiki ekikuteeseza mu mutima okukola bwoti?” okuteeseza mu mutima olw’ekintu ekibi ky’ekimu ne setaani okujjuliza mu mitima gyaffe. Bwe tuba olubuto lw’ekintu, okugeza nga okwagala okukola obubi, kino kitandikira mu ffe bennyini. Isa 59:13 luvunnula okulimba nga “okuba embuto (okugunja) n’okwogera eby’obulimba okuva mu mutima”. Omukazi bwaba olubuto olw’omwana, teruba wabweru we; kitandikira munda mu ye. Yokobo 1:14, 15 zikozesa enjogera y’emu mu kwogera ku ngeri okwegomba kwaffe gye kuliinda ate ne kuleeta ekibi; n’ekireeta okufa. Zab.109:6 efaananyiriza omuntu omwonoonyi ne ‘setaani’. Omuseeko omuntu omubi: omulabe ayimirirenga ku mukono gwe ogwa ddyo”, kwe kugamba musseeko amaanyi (geraageranya ne Zabuli 110:1)

**OKWEFAANANYIRIZA OMUNTU**

Weewaawo oyinza okweyongera okugamba nti ‘Naye nga setaani ayogerwako nga gyobeera muntu’. Ekyo kyo kituufu; Beb. 2:14 lwogera ku “Oyo eyalina amaanyi g’okufa, Ye setaani”. Ne bwoba osomyeko Baibuli ekitono ennyo ojja kulaba ng’ekozesa nnyo okwefaananya omuntu okwogera ku nsonga entuufu eba eriwo ng'egyogerako nga muntu. Kale kyova olaba mu Ngero 9:1 ‘amagezi’ googerwako ng'agazimbye ennyumba yaago, ate era mu kitabo ky’ekimu (20:1) omwenge gufaananyirizibwa “n’omukudaazi”, ate mu Baruumi 6:23 ekibi kifaananyirizibwa ng’omwami agaba empeera y’okufa. Embeera eno eyongera okwogerwako mu Kanyomero 4. Setaani waffe, omulyolyomi; kwe kwegomba kwaffe okubi. Okwegomba okubi okuli mu mutima ogw’omuntu, tekusobola kuberawo kwokka awatali muntu; y’ensonga lwaki setaani afaananyirizibwa omuntu. Emirundi mingi ekibi kyogerwako ng’omwami (eky’okulabirako Bar. 5:21; 6:6, 17; 7:13 – 14). N’olwekyo, kitegerekeka nti ekibi nakyo kyogerwako ng’omuntu. Mu ngeri ye emu, Pawulo atwogerako ng'abalimu abantu ababiri (Bar. 7:15 – 21). Omuntu ow’omubiri, ‘setaani’, balwanyisaganya n’omuntu ow’omwoyo. Ate nga kino tekitegeereza ddala nti abantu babiri batulimu abalwanagana. Ekitundu ekibi eky’omubutonde bwaffe kyefaananyirizibwa “omubi” (Mat. 6:13) setaani owa Baibuli. Ekigambo eky’Oluyonaani ekyakyusibwa wano nga “omubi” mu 1 Kol. 15:13 ky’ekyakyusibwa nga “omuntu” omubi; nga kino kiraga nti omuntu bwe yeewaayo okukola obubi, “omubi” we – ye yennyini – afuuka “omuntu omubi”, oba ‘setaani’. Ekibi ne mu Ndagaano Nkadde kyafaananyirizibwa ‘Beriali’ (1 Sam. 2:12). Mu butuufu kirina okukirizibwa nga ‘setaani’ kigambo ekyogerwako ng’omuntu okutegeeza ekibi, kubanga bwe tusoma ne

tukirekawo nga bwe tukisomye tuba tulina okukontagana kunene nnyo. Kale 1 Peetero 5:8 lwogera ku 'setaani' ng'enjovu, ng'omuyizzi (2 Tim. 2:26) ate ng'omusota (Kub. 12:9); naye tekisoboka setaani okuba ebintu binno byonna. Setaani ne bwabera kki (naye nga tukkiriza nti kitegeeza ekibi eky'omuntu) afaananyirizibwa mu ngeri nnyingi nnyo.

**SETAANI N'OMULYOLYOMI MU MAKULU G'OBY'OBUFUZI.**

Ekigambo 'Setaani kikozesebwa ne mukwogera ku mbeera ennyonoonefu ensi gy'erimu. Abantu awamu, eby'obufuzi n'eddiini bye zigoberera ebitali bituufu bisobola okwogerwako nga 'Setaani'. Setaani mu Ndagaano Empya emirundi mingi kitegeeza eby'obufuzi n'obukulembeze obw'Abayudaaya oba Abaruumi. Ne bw'ekityo tusoma mu Kub. 2:10 ku mulyolyomi (Setaani) okusuula abamu ku bakkiriza mu kkomera, ekitegeza ab'obuyinza Abaruumi okusiba abakkiriza. Mu makulu gano ge gamu tusoma ku kkanisa ey'omu Perugamo okuba ng'ayali mu kifo awali entebe ey'obwakabaka obwa Setaani – kino nga kyo kitegeeza ekifo eky'ebyobufuzi obw'Abaruumi we bali batuula mu Perugamo, ate nga mu kifo kino waliwo n'abakkiriza. Tetusobola kugamba nti Setaani yennyini (bwe kiba nti wali ddala), yalina entebe mu Perugamo. Ekibi ekya kinoomu kyogerwako ng'obujeemu eri etteeka lya Katonda (1 Yok. 3:4). Naye ekibi ekikolebwa mu kwegattira awamu okwa eb'eby'obufuuzi mu kuwakkanya enkola ya Katonda g'aba maanyi agasingako ago ag'abantu kinoomu; amaanyi ag'okwegattira awamu gano ge go mu biseera ebirala agafaananyirizibwa ekintu eky'amaanyi ennyo ekyogeerwako nga Setaani. Mu ngeri eno Irani n'amawanga ag'Abawalabu amalala kye bava bayita Amerika, "Setaani asingirayo ddala" – kwe kugamba omulabe wabwe asingiyo eri ekigendererwa kyabwe mu by'obufuuzi n'eddiini. Eno y'engeri ekigambo Setaani gye kikozesebwamu emirundi mingi mu Baibuli.

Okuwunzika, kyandibadde kituufu okugamba nti essomo lino okusingako amalala gonna, kirungi twesigamye okutegeera kwaffe ku bitundu ebya Baibuli byonna byonna, mu kifo eky'okwesiba ku nyiriri bbiri oba ssatu ezirabika nga zoogera ku nzikiriza eza bullijo zetulina ku Setaani. Ojja kuganyulwa mu Ssomo 6.1 n'ekitundu kino bw'osaba era ne wegendereza nga bwodinganamu okusoma. Ebitundu binno ebibiri bikuweebwa osobole okutegereera ddala ku njigiriza eya Setaani oba omulyolyomi. Ebigambo bino ebibiri bikozesebwa mu ngeri nnyingi okutegeeza ekibi ekitulimu ffe mu mbeera ey'obutonde bwaffe. Ebitundu ebisingira ddala obutategeerekeka ku kino eby'eyambisibwa mu kuwagira endowooza nti Setaani kintu ekiri wabweru w'omuntu tujja kubyogerako mu Kanyomero akali n'essomo lino.

Abo abalina obuzibu okukiriza okuwunzika kwaffe kwe tutuuseko balina okwebuuza nti:-

- Ekibi ky'ogerwako gyobera muntu? Kino kyo bwe kiri ddala.
- Kituufu ekigambo 'setaani' kirina amakulu amakusike?  Yee, kituufu.  N'olw'ekyo kizibu ki ekibawo mu kukiriza nti ekibi kifaananyirizibwa omuntu ng'omulabe waffe oba setaani?  Mu bbaluwa eza Yokaana ne mu Njir:i ensi eyogerwako ng'omuntu; kiki ekyandisinze okukozesebwa ku kwefananyirizibwa omuntu kuno nga si 'setaani' oba 'omulyolyomi'?

## 6.3. BADAYIMOONI

Ebitundu ebibiri ebiwedde biraze nga bwe tutasobola kukiriza nti setaani oba omulyolyomi muntu oba gusolo.   Bwe tukiriza nga tewali kitonde bwe kiti, kale ekiddako kiba nti badayimooni, abo abalowoozebwa okuba nga be baddu ba setaani, nabo tebaliwo.  Abantu bangi balowooza nti mu bulamu bwaffe  Katonda atuwa ebintu ebirungi, ate setaani ne badayimooni be ne batuwa ebintu ebibi, ne batwala n'ebintu  ebirungi ebyo Katonda by'ab'atuwadde.

Baibuli esomesa butereevu nti Katonda y'ensibuko y'amaanyi gonna (laba essomo 6.1), ate era nti Yaleeta ebyo byonna ebirungi n'ebyo ebibi mu bulamu bwaffe.

"Nze mmumba omusana era ntonda ekizikiza; ndeeta emirembe era ntonda obubi; nze Mukama Katonda akola ebyo byonna (Isa. 45:7).

"Akabi kasse, kavudde eri Mukama ku luggi olwa wankaaki olwa Yerusaalemi (Mikka 1:12).

"Obubi bugwa ku kibuga, Mukama nga tabulesse?" (Amosi 3:6).
N'olw'ekyo buli lwe tufuna okugezesebwa, tukitegeere nti byonna biba biva eri Katonda, so si kugamba nti biva eri setaani oba badayimooni. Yobu yali omuntu eyaggyibwako ebintu bye ebirungi byonna Katonda bye yali amuwadde, naye teyagamba nti: "Badayimooni banno be banziyeko ebintu Katonda bye yampa". Nedda; wulira ekyo kye yagamba:

Mukama ye yawa, era Mukama ye aggyeewo, erinnya lya Mukama lyebazibwe" (Yobu 1:21).

"Owa tunaaweebwanga ebirungi mu mukono gwa Katonda ne tutaweebwa bibi?" (Yobu 2:10).

Bwe tutegeera ng'ebintu byonna biva eri Katonda, bwe tufuna ebizibu mu bulamu bwaffe tuba tusaba Katonda asobole okubituggyako, naye bwaba nga tabituggyeko, tuba bakakafu nti abituwadde olw'okutosobozesa okuba nga tuzimba enneyisa zaffe ate olw'obulungi bwaffe.

"Mwana wange, tonyomanga kungavvula kwa Mukama, so toddiriranga bw'akunenyanga; kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula, era akuba (si badayimooni nti be bakuba) gw'akkiriza. Olw'okukangavvulwa kyemunaavanga mugumikiriza; Katonda abakola ng'abaana; kuba mwana ki kitaawe gw'atakangavvula? Naye bwe munaabeeranga awatali kukangavvulwa okugwana okututuukako fenna, muli beebolereze so si baana". (Beb 12:5-8).

**KATONDA: ENSIBUKO EY'AMAANYI GONNA.**

Katonda y'ensibuko ey'amaanyi gonna.

"Nze Mukama so tewali mulala, tewali Katonda (mu Luyonaani ekigambo Katonda kitegeeza amaanyi) wabula nze (Isaaya 45:5).

"Waliwo Katonda wabula nze? Wewaawo, tewali, Lwazi; . . . nze siriiko lwe mmanyi" (Isaaya 44:8).

"Mukama ye Katonda, tewali mulala wabula nze" (Ma. 4:35).

Ennyiriri eziri nga zinno ziddibwamu emirundi n'emirundi mu Baibuli yonna yonna. Olw'okuba nga Katonda y'ensibuko y'amaanyi gonna ate nga ye Katonda yekka, n'olw'ekyo Ye Katonda ow'obuggya, ng'abwatujjukiza buli kiseera (eky'okulabirako. Okuva 20:5 ne Ma. 4:24).

Katonda afuna obuggya abantu be bwe batandika okukiririza mu ba Katonda abalala, ng'ate eno bwe bamugamba nti, 'oli Katonda ow'ekitalo, ate ow'amaanyi, naye nga mu butuufu nzikiriza nga waliyo bakatonda abalala ng'oggyeko Gwe, newakubadde nga si bamaanyi nga Gwe. Eno y'ensonga lwaki tetusobola kukiriza nti waliyo badayimooni oba Setaani. Eno y'ensobi era abaana ba Isiraeri gye bakola. Ekitundu ekisinga obunene mu Ndagaano Enkadde kiraga engeri abaana ba Isiraeri gye batasanyusanga Katonda olw'okukiririza mu ba Katonda abalala ng'ate bamaanyi nti Katonda ali omu. Tujja kulaba okuva mu Baibuli nti

abantu aba leero bye bakiririzamu nga bayidamooni ky'ekimu ne bakatonda abalala Isiraeri be yakiririzangamu.

**BADAYIMOONI BE BALUBAALE.**

Mu 1 Abakkolinso Pawulo annyonnyola lwaki abakristayo eky'okusinza lubaale oba ebintu ebyefaaninyiriziko kino tebibakwatako. Mu biseera ebya Baibuli abantu bakozesanga badayimooni nga Katonda wabwe okuziyizza ebizibu okujja mu bulamu bwabwe. Olw'ensonga eyo bekoleranga ebifaananyi ebyalinga lubaale, ne babisiinza. Y'ensonga lwaki Pawulo mu bbawwa ye ebintu binno ye tabyawulamu kubanga bitegeeza ekintu kimu.

"Ab'amawanga bye bawaayo bawa eri balubaale, so si eri Katonda nange ssaagala mmwe kubeeranga abasseekimu ne balubaale . . . naye omuntu bw'abagamba nti kino yaweebwa okubeera ssaddaaka, temukiryanga ku lw'oyo . . . " (1 Kol. 10:20, 28). Badayimooni ne lubaale ky'ekimu. Wetegereze engeri Pawulo gyayogeramu nti bassaddaakira lubaale (dayimooni) so si Katonda" – badayimooni tebaali Katonda, kubanga Katonda ali omu yekka, badayimooni tebalina maanyi gonna. Ensonga enno ennyonnyoka bulungi mu 1 Kol. 8:4.

"Kale ku . . . ebiweebwa eri ebifaananyi, tumanyi ng'ekifaananyi (kwe kugamba lubaale oba dayimooni) si kintu mu nsi era nga tewali Katonda omulala wabula omu". Lubaale (ekifaananyi) oba dayimooni si kintu. Waliwo Katonda omu ow'amaanyi mu nsi. Pawulo kye yayongera okwogerako mu 1 Kol. 8:5-6).

"Newakubadde nga waliwo abayitibwa ba Katonda. . . nga bwe waliwo bakatonda abangi n'abaami abangi (eg'era abantu abangi bwe bakiririza mu badayimooni eb'enjawulo leero – dayimooni emu n'ekuleteera okufiirwa omulimu, endala omukazi okukuvaako n'ebiri ng'ebyo) Naye eri ffe (Abakiriza abatuufu) waliwo Katonda omu, kitaffe, omuva byonna (ebirungi n'ebibi nga bwe tulabye mu bujjulizi obulala)".

Obukakafu obulala obulaga ng'abantu b'omu Ndagaano Empya emirundi mingi bakiririzianga mu dayinaamo okuba lubaale (ebifaananyi) oba bakatonda buli mu Ebikolwa by'abatume 17:16-18); kino kyogera ku Pawulo ng'abuulira Enjiri mu Asene "ekyali ekibuga nga kijjudde ebifaananyi (lubaale) n'olwekyo nga basiinza ebifaananyi. Bwe bamala okuwulira Enjiri ya Pawulo, abantu ne bagamba nti "afaanana ng'abuulira balubaale abaggya: kubanga yali ng'abuulira Yesu n'okuzuukira". Wadde abantu bano balowooza nti Yesu n'okuzuukira byali lubaale oba dayimooni (ebifaananyi) ebiggya ebyali binyoonyolwa gye bali. Bwe weyongera

mu maaso n'okusoma essula eyo, ojja kulaba engeri Pawulo gy'asomesamu abantu bano, mu lunnyiriri 22 agamba nti: "mutya nnyo balubade" (ekitegeeza bewaayo nnyo mu kusinza lubaale), abannyonnyola nga Katonda bwatali mu balubaale babwe; oba biyite ebifaananyi. Jjukira nti Katonda y'ensibuko ey'amaanyi yekka. Bwagamba nti tali mu dayimooni oba balubaale, awo nno kiba kitegeeza nti bino tebirina maanyi gonna, kubanga tewali nsibuko y'amaanyi yonna mu nsi: binno tebiriwo bye bali basiinza.

**BADAYIMOONI B'ENDAGAANO ENKADDE B'ALI BALUBAALE**.

Okuddayoko amabega mu Ndagaano Enkadde waliyo obukakafu nti 'badayimooni be bamu nga balubaale. Ma. 28;22, 28, 59 – 61 kyalagula ng'endwadde ey'omutwe eriba ekimu ku bibonerezo olw'okusinza ebifaananyi (Lubaale) oba dayimooni "Baawanga ssaddaaka balubaale, abatali Katonda…" (Ma. 32:17, geri ne Zab. 106:37). Kikulu nnyo nti dayimooni mu kifo eky'ekifananyi; kino ky'ekigambo ekyakyusibwa nga "dayimooni" mu Ndagaano Etu'pya. Zab. 106:36-39 Wanyonnyola kuri nsobi za Isiraeri era efanaanyiriza bya Kanaani ku badayimooni. Kino kinnyonnyola lwaki dayimooni yali nga ndwadde y'omutwe mu ndagaano empya. Naye kitegeerekeke nti enjogera eya dayimooni yekuusa ku bulwadde, so si ku kibi. Tetusomako ku Yesu ng'awonya dayimooni ey'obuggya, okutta n'ebifaananako bino. N'ate kirina okutegeerekeka nti Baibuli eyogera ku bantu abalina dayimooni / endwadde, so tegamba nti dayimooni ye yaleeta endwadde.

"Ne baweereza ebifaananyi byabwe; ebyabafuukira ekyambika. Weewaawo, baawangayo batabani baabwe ne bawala baabwe eri bassetaani (ekigambo kino kiri dayimooni !). Ne bayiwa omusaayi ogutaliko kabi, gwe musaayi gwa batabani baabwe ne bawala baabwe, be baawangayo eri ebifaananyi bya Kanani . . . bwe batyo ne babaako empitambi olw'emirimu gyabwe, ne bagenda bayenda mu bikolwa byabwe".

Kirambuluddwa bulungi nga dayimooni njogera ndala etegeeza ebifaananyi. Okusiinza ebifaananyi kwabwe Katonda okwogerako "ng'emirimu gyabwe . . . ebikolwa byabwe" kubanga enzikiriza yaabwe mu dayimooni, yali endowooza gye beyiyiriza bbo bennyini; ebifaananyi (balubaale) be begunjiza bali "emirimu gyabwe". Kale abo abakkiririza mu dayimooni kati baba bakkiririza mu bintu ebyo ebyagunjibwawo abantu mu kifo ky'ekyo Katonda kye yatusomesa. Ekigambo kino ekifaananyi kitegeeza 'ekintu ekitaliiwo' kubanga tekiriwo mu nsi, wabula mu birowoozo eby'abantu mwokka abo abakkiririza mu byo.

Ma. 32:15-24 kinyoonyola engeri Katonda gyasunguwalamu abantu be bwe bateeka okukiriza kwabwe mu dayimooni. Isiraeri "n'anyooma olwazi olw'obulokozi bwe.

Baamukwasanga obuggya ne bakatonda abalala, baamusunguwazanga n'eby'emizizo Baawanga ssaddaaka balubaale abatali Katonda, bakatonda be bataamanyanga… bajjajja babwe be bataatyanga… Mukama n'ayogera nti Naabakisa amaaso gange… kubanga gye mirembe egy'ekyejo ekingi, abaana omutali kukkiriza. Bankwasanga obuggya n'ekyo ekitali Katonda, bansunguwazanga n'ebigambo byabwe ebitaliimu… ndibatuumako obubi".

Kale Katonda ayogera ku dayimooni mu ngeri y'emu ne balubaale (ebifaananyi), eby'emizizo, n'ebitaliimu – ebintu ebyo ebizibu okubikiririzamu, era ebitaliiwo. Okukiririza mu dayimooni kiraga obutali bukkiriza mu Katonda. So kyangu ddala okuba n'obukkiriza mu Katonda nti y'awa byonna ebyo ebirungi n'ebibi, mu bulamu. Kyangu nnyo okulowooza nti ebintu ebibi muntu mulala yabileeta, naye bwe tukkiriza nti biva eri Katonda, awo nno tuba tulina okuba n'obukkriza nti Katonda ajja kubigyawo oba nti tugenda kuganyulwamu mu byo.

**BADAYIMOONI AB'ENDAGAANO EMPYA**

Naye ate oyinza okwebuuza nti: Lwaki ebitundu bingi mu Ndagaano Empya byogera ku dayimooni?

Ekintu kimu kye tusaana okumaanya obulungi: nti Baibuli tesobola kukontana yokka na yokka, kubanga yo kigambo kya Katonda Omuyinza ow'ebintu byonna. Bwe tuba nga tutegezebwa bulungi nti Katonda yatuleetera ebizibu nti era Ye nsibuko y'amaanyi gonna, nate Baibuli tesobola kutugamba nti badayimooni - bakatonda abawakanya Katonda – be baleeta bino eri ffe. Kikulu nnyo nti ekigambo dayimooni mu Ndagaano Enkadde kirimu emirundi ena gyokka ng'ate mu gyonna gino gyogera ku kusiinza ebifaananyi (balubaale), naye mu Ndagaano Empya kirimu emirundi mingi. Tugamba nti kino kiri bw'ekityo olw'okuba nti ebiseera Enjiri mwe yawandiikirwa, yali enjogera ey'ebiseera ebyo nti buli ndwadde eyali enzibu okutegeerekeka yali ya dayimooni. Singa kyali nti badayimooni bano webali ddala nti era be bavunanyizibwa ku ndwadde n'ebizibu byaffe, twandibadde tubasomako nnyo mu Ndagaano Enkadde. Naye tetubasomako ng'abakola bino.

**BADAYIMMONI MU NDAGAANO EMPYA.**

Okwogera nti badayimooni bagobebwa mu muntu kitegeeza nti bawonyezebwanga edwadde ey'omutwe, oba edwadde yonna yonna eyali nga temanyiddwa bulungi mu kiseera ekyo. Abantu abaliwo mu kyassa ekyasooka balinga bekwasa ebintu ebyo bye bengunjizangawo mu ndowooza zaabwe nga 'dayimooni' eri ebintu ebyo byonna bye baali tebategera. Edwadde y'omutwe yali nzibu okutegeera kubanga bali tebanagunjuka nnyo mu eby'obusawo, era abantu ne bayita abo abalwadde 'ng'abaliko dayimooni'. Mu biseera

eby’endagaano enkadde omwoyo omubi kyali kitegeeza obutabufu obw’omutwe (Balam. 9:23, 1 Samwiri 16:14; 18:10). Mu biseera eby’Endagaano Empya, enjogera ey’omwoyo omubi / okubaako dayimooni ye yaliwo okutegeeza abo abalina edwadde ey’omutwe. Enkolagana wakati wa dayimooni n’edwadde eragibwa mu kino: “Ne bamuleetera bangi abakwatiddwa dayimooni: n’agoba dayimooni n’ekigambo n’awonya bonna abaali balwadde ekigambo kituukirire ekyayogerwa nnabbi Isaaya, ng’agamba nti Ye yennyini yatwala obunafu bwaffe, ne yeetikka edwadde zaffe” (Mat. 8:16-17). Kale obunafu n’endwadde ky’ekimu “n’okubaako dayimooni” n’omyoyo emibi’.

Abantu balowooza nti Yesu yali alaluse ne bagamba nti ateekwa okuba nti aliko dayimooni (Yok. 10:20; 7:19, 20; 8:52). N'olwekyo b'ali bakkiriza nti dayimooni yaleeta eddalu.

**OKUWONYA ABALWADDE**

Abantu abo “abaliko dayimooni” bwe bawonyezebwanga bagambibwa okuba nga “okutegeera” kwabwe kubazzeemu (Makko 5:15; Luk. 8:35). Kino ne kitegeeza nti “okubako dayimooni” yali engeri endala ey’okugamba nti gundi alaluse – kwe kugamba tali mu kutegeera kwe okwa bulijjo.

Abo “abalingako dayimooni” bagambibwa okubeera nga “bawonyezeddwa” (Mat. 4:24; 12:22; 17:18) ekitegeeza nti okubako dayimooni ngeri endala ey’okugamba nti obulwadde.

Mu Luka 10:9 Yesu yagamba abayigirizwa be 70 okugenda “okuwonya abalwadde” era kino ne bakikola. Ne bakomawo ne bagamba (olunnyiriri 17) “ne badayimooni batuwulira mu linnya lyo” Emirundi egimu abatume bawonyanga abantu mu linnya lya Yesu, tulina ekyokulabirako (mu Bik. 3:6; 9:34).

**ENJOGERA EYALIWO**

Kale tulaba nga mu Ndagaano Empya nti yali enjogera ey’omulembe ogwo okwogera ku muntu ng’aliko badayimooni bwaba nga yali alaluse oba alina endwadde eyo omuntu yena gye yali nga tasobola kutegeera. Endowooza ey’Abaruumi n’Abayonaani yali ya bulombolombo bwabwe okukiriza nga badayimooni baba ku bantu era ne baleeta endwadde y’omutwe. Abo bonna abakristayo abakiririza mu dayimooni okubeerawo nabo babeera bakkanya n’enzikiriza ey’abo abatamanyi Katonda nti baali batuufu. Baibuli yawandiikibwa mu lulimi abantu bonna lwe basobola okutegeera. Naye olw’okuba nti ekozesa enjogera eyaliwo kino tekitegeeza nti Baibuli oba Yesu bakkiririza mu badayimooni. Mu luganda

waliwo enjogera nti “gundi mulwadde wa mwezi” naye nga kino tekitegeeza nti omuntu oyo ab’alumbidwa omwezi.

Ebigambo bino bwe biwandiikibwa ne bidibwamu okusomebwa mu myaka nga 2000 giyiseewo – nga Yesu tannakomawo – oba olyawo abantu bandirowooza nti omwezi guleeta obulwadde, naye baba bakyamu kubanga tuba tukozesa enjogera eyo eba eriwo mu kiseera ekyo, nga Yesu bwe yakola emyaka 2000 egiyiseewo.  Kikakafu nti Yesu teyazaalibwa nga 25 Desemba; era abantu bangi bakkiriza kino, naye ekyo tekibagana bwe baba nga boogera ku lunaku olwo kuluyita olwa Krisimas (oba ssekukulu), nandibadde nga tebakiriza nti olunaku olwo Yesu lwe yazaalirwako. Amaanya ge nnaku eza buli wiiki gesigamiziddwa ku nsiiza y’abo abatamanyi Katonda eya balubaale – okugeza ‘Sunday’ kitegeeza ‘olunaku olw’okusiinzizako enjuba; okukozesa amaanya gano tekitegeeza nti tukiririza wamu n’abo abatandiikawo ebintu bino.  Ne Danyeri bwe yatuumibwa erinnya ‘Berutesazza’, erinnya erya bakatonda abalala, ekyawandiikibwa mu Dan. 4:19 kimuyita erinnya eryo lyennyini awatali na kugamba nti erinnya lyali lya ndowooza eteri ntuufu.  Bw’oyogera ku ‘Papa’ ekintu ekitegeeza ‘Taata’ kino kiba tekitegeeza nti nawe okuriza nga ye taata wo, naye olw’okuba ye mbeera eriwo nawe ogenderawo bw’otyo (Matayo 23:9).

Mu biseera ebya Ezeekyeri walingawo olufumo nti ettaka lya Isiraeri lyely’avangako emikisa emibi egyali nga ku abo ab'ali balibeerako. Nga newakubadde kino kyo tekyali kituufu. Mukama awa ensonga Ye ne Isiraeri ng’akozesa endowooza eyali emanyiddwa ennyo nti: “Bw’ati bw’ayogera Mukama Katonda nti kubanga bagamba nti Gwe ensi, oli muli wa Bantu, era wafiisizanga eggwanga lyo, kyoliva olema okulya abantu nate, so tolifiisiza nate eggwanga lyo bw’ayogera Mukama” (Ez. 36:13-14).  Nate waliwo endowooza ey’abo abatamanyi Katonda egamba mbu enyanja yali ogusota ogunene ennyo ogwali gwagala okumira ensi.  Newakubadde nga kino kikakasibwa bulungi ng’ekitali kituufu, Baibuli ekozesa ekifaananyi kino okugeezako okuyamba abo abakatandiika okugisoma basobole okufuna obulungi ekyo kyeba eyogerako.  Laba Yobu 7:12, Amosi 9:3; Yer. 5:22, Zab. 89:9, Hab. 3:10, Mat. 14:24 ne Makko 4:37. Abasuuli enyanja eno bo bagiyitanga erinnya ‘Lakabu’ era lino ly’erinnya lyennyini eryatuumibwa ogusota ogw’enyanja ey’Emisiri mu Isaaya 51:9.

Kale olw’okulaba nti Baibuli yalungamizibwa Katonda kiba kizibu yo okuba nga ewa ekifaananyi ku ndowooza ey’abakafiiri eyali eriwo mu kiseera ekyo we yawandiikirwa. Kitekwa okuba nti Katonda yali akozesa ebigambo eby’enzikiriza eyali eriwo, olwo Asobole okubeera nti alaga nga Ye yekka ensibuko ey’amaanyi; ye afuga n’ogusota ogw’omunyanja, naggwo ne gukola ebyo byayagala. N’olw’ekyo Katonda yagolola ensobi enene ey’abantu

bano gye bali bakiririzamu, eyali nti waliyo amaanyi amabi mu nsi, agali tegasobola kufugibwa Katonda. Weewaawo ne mu kino, Baibuli teva ku mulamwa gwayo ogwokugolola obusirusiru obw'okukiriza nti waliyo ogusota ogunene ennyo ogutambulatambula mu nyanja, oba nti enyanja gusota.

Eky'okulabirako ekirala ky'eky'okubwatuka n'ebire by'enkuba ebyogerwako "ng'omusota oguwulukuka" (Yobu 26:13; Isa. 27:1). Kino kyali kyogera ku nzikiriza ey'abakafiri nti okubwatuka n'ebire eby'enkuba kwali okubonesebwa okw'ogusota ogunene. Ebitundu bino tebyanukula obusirusiru obw'endowooza ng'eyo, oba okugeezako okunnyonnyola okw'abasayansi. Wabula ensonga enkulu eri nti Katonda y'afuga ebintu bino byonna. Endowooza eya Kristo eri enzikiriza eya badayimooni y'emu na kino, eby'amagero bye, bya yoleesa amaanyi ga Katonda bwe gali egenkomeredde ate agamala, agatasibiddwa ne ndowooza etali ntuufu ey'abantu ekwata ku ebyo bye bayita 'dayimooni'.

Abo abalina enzikiriza nti ebyawandiikibwa mu Ndagaano Empya ku 'badayimooni' bukakafu nti bitonde webiri ebya ddala baba bakakatibwako okukiriza nti enyanja nayo gusota gwa ddala, n'okubwatuka naggwo musota omunene ennyo. Eno nsonga nkulu nnyo; tusaanye okukimanya nti Baibuli ekozesa enjogera eba eriwo mu kiseera kye yawandikirwamu, awatali kugamba nti ewagira enzikiriza eyo esibukako enjogera eno.

Tulaze ng'enjogera eno bweri ky'ekimu ne yaffe eya kaakati. Kino Baibuli ekikozesa okusobola okukakasa agamu ku mazima amakulu getulowoozezako mu masomo 6.1 ne 6.2 – nti Katonda ye ow'amaanyi yekka; yavunanyizibwa okugezesebwa kwaffe; ekibi kiva mu ffe – ebintu bino byonna biyinza okutegeerekeka bwe tumanya obunene obw'amaanyi aga Katonda eri okulokola.

Kino nga kituli mu ndowooza, kyewunyisa engeri ey'oby'okulabirako ebingi ebiyinza okusangibwa mu Ndagaano Empya ku njogera eyaliwo mu nnaku ezo ng'ekozesebwa awatali kugololwa. Wano waliwo eby'okulabirako.

- Abafalisaayo bavunana Yesu olw'okukola ebyamagero ku lw'amaanyi aga Katonda atali mutuufu ayitibwa Beeruzebubi. Yesu nagamba: "Oba nga nze ngoba dayimooni ku bwa Beeruzebubi, abaana bammwe bagigoba ku bw'ani?" (Mat. 12:27). 2 Bas. 1:2 kirambulula bulungi nti Beeruzebuli yali Katonda ow'Abafirisuuti atali mutuufu. So Yesu teyabagamba nti, kaakano mulabe, 2 Bas. 1:2 kigamba nti Beeruzebubi yali katonda atali mutuufu, kale okunvunana kwamwe si kutuufu. Nedda, yayogera

gyobeera beeruzebubi yaliwo, kubanga ekyamusanyusa bwali obubaka bwe okuba nga bufunibwa bulungi eri abantu be yali asomesa. Kale mu ngeri y'emu Yesu yayogera ku kugoba ba dayimooni – tekyamwetagisa kugamba nti: 'mu butuufu tebaliwo' yayigiririiza Enjiri ye mu njogera eyali eriwo mu budde obwo.

- Ebikolwa eby'abatume 16:16-18 nga bwe byalungamizibwa Lukka: "Omuwala eyaliko dayimooni alagula n'atusanga" Kyali tekyetagisa Lukka kugamba omuwala yaliko dayimooni alagula, naye dayimooni ono Katonda atali mutuufu ddala. Mu ngeri y'emu ebyawandiikibwa mu Njiri tebigamba nti Yesu 'yagoba badayimooni naye badayimooni bano mu butuufu tebaliwo, eyo yali enjogera ey'ebiseera ebyo eyali etegeeza endwadde'.
- Mu Lukka 5:32 Yesu yali agamba Abayudaaya ababi nti: Nze sajja kuyita batuukirivu… " Yali ageezako okutegeeza nti, sajja kuyita abo abeyita nti batuukirivu, naye Yesu yakozesa ebigambo byabwe byennyini, newakubadde nga tekyali kituufu nti batuukirivu. Ne Lukka 19:21-33 kiraga Yesu ng'akozesa ebigambo eby'omusajja owa talanta emu ebitali bituufu okusobola okuwa ensonga ze eri omusajja ono, naye nga tagolodde obukyamu bw'ebigambo ebyo omusajja ono bye yali akozesa.
- Baibuli erimu eby'okulabirako bingi nyo ku kukozesa enjogera eyaliwo mu biseera bye yawandikirwamu; okugeza nga Malaya omusajja okuyitibwa "embwa" mu kitabo Ma. 23:18, enjogera dayimooni nakyo kya kulabirako ekirala.
- Abayudaaya ab'omulembe ogwa Yesu balowooza nti bali batuukirivu olw'okubeera abazzukulu ba Ibulayimu. N'olw'ekyo Yesu naye yayogera gye bali "ng'abatuukirivu" (Matayo 9:12, 13), n'abagamba: "manyi nti muli zzadde lya Ibulayimu (Yok. 8:37). Naye teyakikiriza nti bali batuukirivu, kuba kino yakidinganamu emirundi mingi (Laba Yok. 8:39 – 44). Kale Yesu yatwalanga ebigambo by'abantu nga bwe baba babyogede nga tabiwakanyiza, naye ng'alaga amazima. Tulaze nti Katonda naye bwati bwe yakwatanga ebintu abakafiiri bye bali bakirizamu mu Ndagaano Enkadde. Endowooza eya Kristo ku badayimooni yali ky'ekimu; ebyamagero bye ebyamuwebwanga Katonda byayolesa nga obulwadde bwe buletebwa Katonda, awatali maanyi malala gona, olw'okulaba nti Katonda, Ye alina amaanyi agataggwawo ag'okubawonya.
- Pawulo yakozesa ebikwate eby'Abayonaani okusobola okwanukula abo abali bakkiriza ebikwate ebyo (Tito 1:12; Bik. 17:28). Kye tugeezako okukubulira kirabibwa bulungi mu kwanukula kwa Pawulo bwe yasanga ekyoto ekyali kiwandiikidwako nti "KYA KATONDA ATATEGEERWA", kwe kugamba nti, oyo Katonda ow'abakafiiri yena ayinza okuba nga gyali naye ng'abantu ab'Asene tebamumanyi. Wabula Pawulo

mu kifo eky'okubavuma olw'obusirusiru bwabwe mu kukiriza kino, yatandikira awo wennyini asobole okubasobozesa okutegeera Katonda omu omutuufu, oyo gwe bali tebamanyi (Bik17:22,23).

- Ebikolwa eby'abatume 28:3-6 kyogera ng'embalasasa bwe yerippa ku mukono gwa Pawulo. Naye abantu abaali bamwebunguludde ne bagamba bokka na bokka nti Pawulo mussi; oyo "omusango gwe gutaganya kubeera mulamu".Endabamu yabwe ey'embeera eno yali nkyamu nyo ddala. Naye Pawulo teyakibannyonnyola mu bujjuvu, wabula yakola eky'amagero – yekunkumulako ekyekulula kino n'atabaako kabi.
- Bwali bukiriza obwa Yesu obulabwa obulungi nti ebikolwa byeyongere okusinga ebigambo. Teyavumiriranga ndowooza mbi butereevu, kale teyavumirira na tteekka lya Musa ng'eritasobola kuleeta obulokozi, naye yakiraga na bikolwa bye; okugeza ng'okuwonya ku ssabitti, n'amazima ki kye gaali. Bwe yavunanwa okubeera omusamaliya, Yesu kino teyakyegaana (Yok. 8:48) geraageranga ne Yok. 4:7-9) newankubadde ng'Obuyudaaya bwe, ng'ezzadde lya Ibulayimu, kyali kikulu nnyo eri enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi (Yok. 4:22).
- Yadde Abayudaaya mu (kweyagalira) bafundikita bagamba nti: "Yesu yali ferefuula eyenkanankana ne Katonda" (Yok 5:18). Yesu teyakiganirawo mangu; wabula yabategeeza ng'ebyamagero bye bwe bimwobeka okuba omuntu akola ku bwa Katonda, nga n'olwekyo yali teyenkanankana ne Katonda. Mu ngeri y'emu, ebyamagero bya Yesu byayoleka ensobi ey'okukiririza mu dayimooni. Ekyamagero kya Yesu okuwonyeza omulema mu kidiba kwali kwoleka obusirusiru bw'Abayudaaya mu lufumo nti malayika yakwatanga ku mazzi ag'omukidiba ekye Besesuda, n'agawa omukisa ogw'okuwonya mu biseera by'embaga ey'okuyitako. Olufumu lw'awandiikibwa nga bwe luli awatali kuwakkanya ekituufu mu kyo; ekyawandiikibwa ky'ekyamagero kya Yesu kye kyanika obutali butuufu bwalwo (Yok 5:4).

**DDALA BADAYIMOONI BE BALEETA OBULWADDE?**

Abo bonna abakiriza nga waliwo dayimooni ekibuuzo kye balina okwebuuza kiri: "Bwe mba nga ndwadde, dayimooni yaba andwaziza? Bwe kiba nga olowooza nti ebyawandiikibwa byonna mu Ndagaano Empya ku badayimooni bikwata ku bakatonda abalala abatambulatambula nga bakola obubi, awo oba olina okuddamu nti "Yee". Bwe kiba nga bwe kityo bwe kiri, ngeri ki gy'oyinza okunnyonnyolamu olw'amazima nti endwadde ennyingi ezivunanibwa ku badayimooni kati zisobola okuwonyezebwa oba okukendezebwako n'eddagala? Omusujja gw'ensiri kye ky'okulabirako. Abantu bangi mu Africa bali bakkiriza nti badayimooni be baleeta omusujja, naye tukimanyi nti kati waliwo eddagala. Kati ogezeeko

okugamba nti dayimooni olulaba ng'empeke zino zimiribwa atya n'aduka? Ezimu ku ndwadde Yesu zeyawonyanga ezagambibwa okuba nga ziretеddwa dayimooni zivumbuddwa gamba nga lubwamira oba ensimbu – zino zombi nga kati zisobola okukendezebwako n'eddagala.

**OBUKKIRIZA MU KUKOLA 12:**
**OLUTALO OLW'EBIROWOOZO**

Tumaze okulaba nga setaani kintu kya bulijjo ekikwata ku bibi byaffe; ekibi n'okukemebwa biva munda mu ffe. Ekisaawe kyennyini eky'okulwanagana okw'eby'omwoyo gwe mutima gw'omuntu; setaani tali wa bweru mu kutegeera okukirizibwa okwa bulijjo. Olw'amazima nti Mukama Yesu ya wangulira ddala ekibi kisaanye okuba ky'amakulu eri ffe mu kulwanagana n'ekibi, obuwanguzi obwa ddala bulitukibwako

**OLUTALO LWA BIROWOOZO, SO SIKUNENYA BALALA**

Singa tukwata kino, twandirwanye bulijjo okufuga ebirowoozo, twanditakabanidde okujjuza ebirowoozo byaffe n'ekigambo kya Katonda, n'etusoma Baibuli zaffe buli lunaku, n'etulowooza ku ebyo byokka ebituleetera okukola ennyo, ne twekebera fekka, ne tukkiriza nti mu buzaalirana tuvunanibwa ekibi ffe n'abantu abalala. Tetwanditute bunafu obw'abalala gye tuli nga ekitukwatako ennyo; wabula okukiraba nga 'setaani' waabwe. Okukkiririza mu setaani kikyaase nnyo, kubanga kyiggyawo okulowooza ku kulwanagana n'embeera yaffe eyo munda n'ebirowoozo. Naye wadde nga tetukkiririza mu setaani nga ekiramu, tuyinza okutondawo ekintu kye ekimu nga ekyo; tuyinza okutonda setaani owa wabweru nga tiivi oba Obukatoliki, ne tulowooza nti okufunvubira kwonna okw'eby'omwoyo byaffe, tuteekwa okuba nga tulwanyisa ebintu bino mu kifo eky'okulowooza ku kwerwanako ffe bennyini. Kyangu nnyo okulema okwerowoozako nga omwonoonyi ne ku bwetaavu obw'okutuukuzibwa n'okukula, n'obwetowaaze kino ky'ekireeta, mu kifo kyakyo n'olowooza ku kintu wabweru waffe ng'omulabe ye yennyini. Okutegeerera ddala 'sitaani' ye ani kyongera okutusikiriza okumulwanyisa. Albert agamba mu katabo ke ka 'The Rebel' (Omuyeekera) nti “omuntu taba w'amaanyi okukira ng'ali mu kuwakkanya, nga mweteefuteefu okuwayo obulamu bwe okununula abo abayisibwa obubi”. Kasita tunnyonnyoka bulungi omulabe, tusobola okuyimirirawo eri olutalo olwo lwennyini n'okusomooza.

Tetusaanye kunenya buzaalirana bwaffe olw'empisa zaffe ezitali nnungi mu ngeri ng'Abakristaayo abolulango bwe banenya setaani owa webweru. Tuteekwa okuwunikirira olwa buli kibi kye tukola n'ekikolwa eky'obutuukirivu kye twerabira. Mu kino mwe tusanga

ekyesigamizibwako eri okukkiriza ekituufu eri ekisa, okusikirizibwa okutuufu eri ebikolwa eby'okuddamu eby'obuwombeefu, omumuli omutuufu ogw'okutendereza mu ffe, ekyesigamizibwako eky'obwetoowaaze ekya ddala. Kigambibwa bulungi nti “Omuntu afugibwa ebyo byalowoozako, naye nga otegedde nti omusiizzi afugibwa ebintu bye byakozesa”. Ddala tusobola okutuuka ku kwefuga fekka; tekisoboka kuba nga Katonda musunguwavu gye tuli olw'okuba nga tuli bantu. Tekisoboka kuba nti obuzaalirana bwaffe bwe butuwaaliriza okwonoona mu ngeri gye tutasobola na kwerwanako. Bwe kiba nga kino kituufu, obusungu bwa Katonda bwandibaadde ne ku mwana we atakola kibi, eyagabanira ddala  ku buzaalirana bwaffe. Mukama yagabana ku buzalirana bwaffe, naye natayonoona, era ye mu kino kye eky'okulabirako kyaffe ekituufu n'ekyokwegomba. Ekibuuzo 'Yesu yandikoze ki. . . ?, ku nsonga eno oba mu mbeera eno kiriana amaanyi gonna agasikiriza kasita tukkiriza nga Mukama Yesu, yakemebwa nga naffe bwe tukemebwa, nazikirizza setaani mu ye, nnamuwangula ku musalaba, wadde nga yalina obuzaalirana nga ffe. Abantu boogera ebigambo nga 'Ndi mwonoonyi', 'okugenda mu ggulu', 'setaani', nga tebalina kyonna kye bategeera ku ekyo kyennyini kye babeera boogera. Era naffe tusobola okukola ekintu ky'ekimu- tuyinza okwogera ku 'kibi' naye nga tetulina ndowooza yennyini ku kye tusaanye okuwulirira ddala muli munda ne kye tulina okutegeera.

Mu buli muntu yenna waliwo olutalo lunene wakati aw'ekituufu n'ekikyamu, obulungi n'obubi, okukemebwa n'okuziyizza ebiva mu kukemebwa. Olutalo luno lwa bulijjo, ne mu bintu bye tulaba nga ebitono- gamba ng'okusalawo obutagala muntu mulala, okusunguwala n'okukambuwala kubanga tulowooza nti omuntu omulala ali mu kutusekerera, n'ebirala ebiri nga ebyo. Abantu bangi mu nsi muno tebayinza kukkiriziganya n'ebyo bye tutuseeko – nti setaani si ye 'malayika eyaggwa' oba ekitonde ekirina amaanyi eg'enjawulo, wabula kukemebwa kwaffe okutulimu bennyini, oba nga Peetero bw'agamba, empologoma ewuluguma. Naye nga mu nkola, okwekenenya ebikwata ku bantu, kirizza oba ganna, kulaga nti: 'okulwanagana okwo munda' si kwa ddala kyokka, naye kitundu kikulu ku ebyo bye tuyitamu eby'omwoyo buli kiseera. Bye tufundikidde na byo bituufu, ne bw'ekiba nti abantu tebagala kukkiriza engeri ya Baibuli gye tubyogera kubanga balina akalombolombo ak'okukkiriza nti ekizibu kyennyini kwe kulwanagana okuva wabweru, okugambibwa nti kuleetebwa na 'setaani'. Era mu nkola wano ekiyigirizibwa we kyetaagisiza okulumira ddala- kuba bwe tuba nga tukitegeerera ddala nga 'setaani' n'amaanyi ge gonna byaggyibwawo mu Yesu, bwe twekennenya omusalaba ogwe ekyewunyo ne tulaba ng'amaanyi ga setaaani gasalibwako mu birowoozo bya Mukama Yesu ng'ali okwo, era nti obuwanguzi obwenkomeredde bwagabana naffe abali mu ye . . . ensibuko, ey'obulumi obungi ennyo n'obutakola bulungi, atubikkulirwa nga atakyali na buyinza. Kubanga ffe abewaayo mu

kwonoona, abewaayo eri 'okulwanagana okuli munda', emirundi mingi nga mu kulwana tuwangulwa, twalokolebwa mu maanyi ag'okuwangulwa olw'ekisa n'okusonyiiyibwa, era Katonda ow'ekisa kyonna atubala ng'abali 'mu Kristo'. Mukama Yesu ye yawangula 'okulwanagana okuli munda' ekiseera kyonna, era nga mu lwatu ekyo tukiraba mu bikemo eby'omu ddungu ne ku musalaba. Era olw'ekisa kye, tubalirwa nga ye. Tekyewunyisa nti okusobola okubituukaka bino yalina okugabana ku buzaalirana bw'abantu, okuba 'n'okulwanagana okuli munda', awo nno asobole okukuwangula. Mu ndowooza yange kirungi era kituufu nti, okuvvunula ekintu ekimu mu Baibuli ku kulembera okulala, era n'efuuka ensonga ey'okukyusa obulamu mu nkola. Mu bino byonna tulaba obulungi bwa Katonda obutenkanikika ng'akola n'abantu eri obulokozi bwabwe.

**OKWEYOGEZA FEKKA**

Kyandiba kirungi okugamba nti setaani kikwata ku kweyogerako fekka- oluuyi olulala lwennyini ku ndowooza eya setaani owa wabweru. Yesu yakwatira ddala ku nsonga enkulu ey'okweyogerako fekka mu lugero lwe olw'omugggaga omusirusiru, eyerowoozako munda mu ye nga bwe yalina ebintu ebingi ennyo, era nnayogera 'n'emmeeme' ye eri obwetaavu bw'okuzimba amawanika agasinga obunene . . . (Luk. 12:17 – 19).  Singa tukitegeera nga okweyogeza fekka ye mulabe asinga [setaani], olwo tulizuula amaanyi ag'okutambulira mu kulowooza ku by'omwoyo ebituufu, ne tusibira wamu okulowooza kwonna eri okugondera Kristo. Ensengeka ya Pawulo ey'ebigambo wano eri nga etegeeza nti 'okulowooza kwaffe kwonna' mu buzaalirana tekugondera Kristo; era eno ye ngeri ye eyokwogera ku 'setaani'.

Mu Ma. 15:9 Musa alabula Isiraeri nti: “Weekuumenga waleme okubaawo mu mutima gwo ekirowoozo ekbi”. Mu lulimi Oluyudaaya 'ekirowoozo' kye 'ekigambo' – ekirowoozo kiri kukasa nga toba na mutima omukodo olw'okuba omwaka ogw'okusumululirwamu gunaatera okutuuka, olw'okuba omanyi nti olina okumusonyiwa ebbanja mu mwaka ogw'okusumululirwamu. Tulina wano mu Ndagaano Enkadde ekyenkanankanyizibwa setaani owe Ndagaano Empya. Tusobola okwekuuma obuteyogerako fekka, naye tukuleka ne kubaawo. Musa ky'agamba ekikulu kiri: 'Weekumenga okweyogerako wekka; tunuliranga engeri gy'oyogera ebigambo byotomaliriza nga “Omwaka ogw'okusumululirwamu gunaatera okutuuka . . . , ekiyinza okukuviirako 'okubimaliriza' n'ebikolwa ebitali bya kisa'.

Okumanya ekituufu n'amaanyi eri okweyogeza fekka kimu ku bireeta okutegeera obulungi setaani ye ani. Zab. 36:1 erabula nti: “Ekyonoono ky'omubi kyogerera mu mutima gwange”. Ekkubo lya Kayini mwalimu okuvuma ebyo bye yali tamanyi (Yuda. 10,11). Yalema okutegeera oba teyaleka kutegeera kumujjira, amateeka ag'okussaddaaka era nnanyooma

muganda we n'ebiragiro bya Katonda, yafuukira ddala omwana wa setaani ow'omu Baibuli- kubanga yalema okutegeera.

Okweyogeza fekka kye ekisalawo wa we tugenda ku bikwata ku be tukolagana n'abo. Singa tuba n'okweyogeza eri ebirowoozebwa ku muntu omulala so nga ate twogera era tweyisa bulungi gy'ali, mu kiseera eky'okumpi oba ekitali kya wala tuyinza obutaddamu kukola ekikolwa ekyo. Kigambibwa bulungi nti: “Omukwano ogutamnyiddwa gulina amaanyi nnyo okusinga ogwo ogumanyiddwa”. Kino kitegeeza byonna. Ekyo ky'oyogera ku mukazi wo wekka; engeri gye wekennenyamu ebikolwa by'omwana wo wekka. . . kino g'emaanyi ago gennyini, agakyira ebigambo byonna eby'enjawulo n'enneyisa yo ffe gye tuyinza okulaga. Ate nga eky'ennaku ensi erowooza nti kikulu nnyo engeri gy'oyogera ebigambo; kino kudduka okuva ku bukulu obw'omugaso eri gwe wennyini munda. Era nga ate y'ensonga endala lwaki okweyogeza fekka kikulu nnyo eri okubaawo okutuufu, kwennyini okw'amazima n'okukula mu by'omwoyo. Era kino kyonna ky'ekiva mu kutegeera okulungi okw'amazima nti setaani owa ddala ye mulabe ow'ebirowoozo byaffe byennyini ebyo munda.

## AKANYOMERO 9:
## OKULAGULA (EBY’OBULOGO)

Akanyomero kano kawandiikidwa okusobozesa ebyetaago by’abo abali mu Africa n’ebitundu ebirala eby’ensi okulagula gye kuli ng’ekintu eky’omu bulamu bwabwe obwa bulijjo. Kintu ekitegeerekeka obulungi eri abasomi aba Baibuli nti okugenda bu by’okweraguza, abasawo b’ekinnansi n’ebiri ng’ebyo tebikwatagana na muntu ali mu mazima. Kyokka, nkimanyi ng’abasawo b’ekinansi emiwendo gyabwe si minene nnyo ate era olusi bangu okutukirira okusingako abasawo ab’ekizungu ate nga kuno kw’ogasse n’obumanyirivu bwabwe kibaletera okusikiriza abantu. Twetaaga okutunulira ekintu kino nga tusinziira mu Baibuli. Eno y’engeri yokka mwojja okufunira amaanyi ag’okuziyiza okukemebwa okukozesa abantu bano.

### EBY’OGERWA ABALAGUZI.

Ekisookera ddala, eby’abaluguzi bye boogera nti bawanguzi, byetaaga okwekenenyezebwa bulungi. Tusobola okuba abamativu nti bazimbulukusa nnyo ebyo bye beyogerako. Okuwonya kwabwe tekukolebwa mu lwatu eri abantu bonna okulaba. Bwe kiba nga mazima bakoze nnyo, twandirowoozesa nti bandibadde nga bakola mu malwaliro, ne mu nsi mwonna bandibadde mwe bali. Embeera entuufu ey’abo be bagamba okuba nti bawonyeza nayo tetegerekeka –engeri gye bagenda nga basuukamu nayo nzibu okutegeera.

Abo bonna abasanga okukemebwa kuno balina okwebuuza oba nga ddala waliwo obukakafu obumala ku maanyi gaabwe – gamba wali owulideyo nti waliwo omuntu eyabadde akola mu kyuma eky'embaawo ne kimutemako omukono naye yagenze ow'omulaguzi na guyungako? Buno bwe bujuulizi bwe twagala okuba nga tusobola okubasemba. Ma. 13:1 – 3 kigamba nti: Isiraeri yasomesebwa nti: bwe wabawo oyo akola eky'amagero oba akabonero ekyo ne kitatuukirira towuliranga bigambo bye okujjako ng'ayogera bulungi eri ekigambo kya Katonda. Kituufu nti abalaguzi tebakkiriza mazima ga Katonda nga bwe gabikulwa mu Baibuli – n'olw'ekyo tetusaanye kukemebwa mu kukiriza nti nabo balina amaanyi; kubanga tulaba nga amaanyi gonna gava eri Katonda (Bar. 13:1; 1Kol. 8:4 – 6).

Eky'okubiri ekika eky'ensonga zebakolako zitegerekeka bulungi. Kitegerekeka bulungi nti tukozesako ekitundu kimu kyokka ku buli kikumi eky'obwongo bwaffe. Ekitundu ekisigaddewo kirabika nga kisuuka amaanyi gaffe okusobola okukikozesa (naye ng'awatali kubusabusa tulisobola okukikozesa nakyo mu bwakabaka bwa Katonda). Ebirowoozo byaffe birina kye bikyusa ku mibiri gyaffe nga tetutegedde nakutegeera. Abo abasomi b'endowooza ez'abantu emanyiddwa olw'okujjanjaba abantu endwadde ezikwata ku musaayi nga babakirizisa nti omusaayi gwabwe guli kutambula era gulikukola bulungi nga bulijjo. Abasawo kino bakikkiriza ng'ebiseera ebimu okuwonyezebwa okw'engeri ng'eno kubawo awatali nakukozesa ddagala lya bulijjo.

Mu ngeri y'emu bwe weralikirira ennyo ofuna endwadde y'alusa n'omutwe okukuluma. Okuwumuza ebirowoozo kiyinza okukuyamba okugoba obulwadde bunno. Naye katutwale ng'eky'okulabirako omukono gwaffe bwe gusalibwako ekyuma, okuwumuza ebirowoozo tekisobola kuguzaako.

**ENSIBUKO Y'AMAANYI**

Amaanyi gonna ga Katonda. Ebintu ebirungi n'ebibi gamba nga endwadde biritebwa Ye – si balogo. Omulamwa guno gusangibwa nnyo mu byawandiikibwa nga Isaaya 45:5-7; Mik. 1:12; Am. 3:6; Okuva 4:11; Ma. 32:39; Yobu 5:18. Ebyawandiikibwa bino ojja kubiganyulwamu nyo bw'on'obisoma n'obwegendereza. Ekidirira tulina okusaba Katonda bwe tuba nga tulwadde. Weewaawo nga kuno kwe tutadde n'obujjanjabii obulala obutegeerekeka obulungi. Naye bwe tugenda mu balaguzi, tuba tudda eri abantu abemanyi okuba nga balina obuyinza eri 'amaanyi g'enzikiza' agabasobozesa okutuwonya. Naye ffe tukimanyi bulungi nti amaanyi gabwe ago tegaliyo. Katonda y'ensibuko ey'amaanyi gonna.

Okugenda eri abalaguzi kuba ng'okugamba nti Katonda si wabuyinza, nti era amaanyi amalala, ago abalaguzi ge bagamba okubeerawo ge galeeta endwadde gyetuli.

Okulowooza bw'otyo kisunguwaza nnyo Katonda. Isiraeri yasalawo okukiriza Katonda naye nate ne bakkiriza nti waliwo amaanyi amalala agali gafuga obulamu bwabwe, ge balina okukolagana nago nga basinza ebifaananyi. Kino kyaletera Katonda okunyiiga na begaana okubeera abantu be (Ma. 32:16 – 24). Eri Katonda, okujjako nga tuba n'obwesige mu Ye yekka, tuba ng'abatamukiriza nakatono okugamba nti olina obukiriza mu Katonda omutuufu owa Isiraeri naye mu kiseera ky'ekimu n'okkiriza nti waliwo amaanyi amalala agawukanye ku Katonda, n'okuleka omulaguzi okugeezako, okukolagana n'amaanyi ago okutuleka, kuba kukola nga Isiraeri bwe yakolanga mu biseera ebyayita. Ebyafaayo ebingi ennyo ku Isiraeri "byawandiikibwa olw'okutuyigirizanga ffe". Tetusaana kwegata n'abo abalina okukiriza mu maanyi gano.

"Kubanga obutuukirivu n'obujeemu bugabana butya? era Yeekaalu ya Katonda yeegatta etya n'ebifaananyi? Kubanga ffe tuli Yeekaalu ya Katonda omulamu… Kale muve wakati w'abo, mweyawule, bw'ayogera Mukama, era nnabeeranga Kitammwe gye muli, nnaamwe munaabeeranga gye ndi abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala" (2 Kol. 6:14-17).

Bwe tuba n'obumalirivu n'okwewaayo okweyawula ku bintu bino, tuba n'okusuubizibwa okw'essanyu nti ddala tuli abaana ba Katonda yennyini. Omuzadde omulungi alabirira omwana we ng'alwadde.Tekiba kirungi bwe twesiga Katonda waffe ow'omu-ggulu nti ajja kutukolera n'okusingawo?

Amazima gali nti abalaguzi bakolagana n'abo ababakiririzamu. Mu ngeri y'emu, omuntu eyafiirwa omwagalwa we asobola okugenda eri omulaguzi okumusaba alabe omuntu eyafa. Omulaguzi amugamba okuzibiriza amaaso ge n'alowooza ku kifaananyi ky'oyo ey'afa gw'asobola okujjukira obulungi. Awo omulaguzi asoma ebirowoozo by'oyo gw'aba akolako n'ayongerako ebibye n'ayogera ku muntu eyo eyafa, gw'akolako olwo namatizibwa ng'omulaguzi ono bw'alabye omuntu we eyafa. Naye ono gw'aba akolako bwagana okukiriza, tewaba na mulaguzi ono bya mugamba. Jjukira nti tewali na bukakafu bulaga nti alabye omufu oyo.

'Abalaguzi' (abalogo) ababuliranga Falaawo ne Nebukadduneeza ebirooto byabwe tebandisigadde mu bifo byabwe eby'obuvunanyizibwa singa tebatutumuka mu bulaguzi bwabwe. Naye basinziiranga ku bukodyo obw'okusoma ebirowoozo. Weewaawo, Mukama

bwe yalinga mu bintu ebituuse ku muntu gwe balinga bali mu nkolagana naye, nga bwe yakola mu bulamu bwa Falaawo ne Nebukadduneeza, olwo ng'amaanyi gaabwe gabula. Ky'ekimu ne Balaki eyakiririza mu maanyi ga Balamu ag'okukolima abantu – namusuubiza eby'obugaaga ebingi ennyo olw'okumukolera omulimu gwe, ng'amugamba nti "mmanyi nga gw'osabira ggwe omukisa aweebwa omukisa ne gw'okolimira akolimirwa" (Okubala 22:6). Naye Balamu, eyali mu ngeri nyingi ng'afaananako omulaguzi, yagenda okwesanga nga obusobozi bwe buno bumuvuddeko bwe yali ng'akolagana n'abantu ba Isiraeri. Kirabibibwa bulungi, nti abantu ng'abo tebaba na buyinza bwonna bwe baba nga bali kukolagana n'abantu abalina enkolagana yaabwe ne Katonda omutuufu, newakubadde nga babadde bamanyifu nnyo olw'etutumu lyabwe mu nkolagana n'abantu abalala.

**EBY'OBULOGO MU BAIBULI.**

Kino kyo ekituufu kye kiteegeza kiri nti bwe tusendasendebwa okugenda ew'omulaguzi (abalogo), olwo tuba tulina okuteeka okukiriza kwaffe kwonna mu Ye. Tewaba makulu gakukozesa balaguzi bwe tuba nga tusuubira busuubizi nti ekinavamu kye kiba kivaamu; era nabo bennyini bagamba ky'ekimu kino nti "Mukama bw'anaba ayagadde". Okuteeka obwesiga bwaffe bwonna mu bantu ng'abo n'okukkiririza mu maanyi ge bagamba okubawo n'okugafuga, kiba kiteegeza nti tetulina bukkiriza nakatono mu Katonda omutuufu ow'obuyinza bwonna.

Bwe tuba nga tukkiriza eby'awandiikibwa ebyo ku Falaawo, Balaka ne Nabukadduneeza ebyogerwako waggulu, tuba tetusaana kuteeka obwesige bwaffe mu bulaguzi. Eby'okulabirako ebyo bye tuwadde biraga ng'abalaguzi tebalina maanyi ku bantu ba Katonda – tumanyi nti ffe tuli abantu be, olw'okuba twayitiibwa era ne tubatizibwa.

Obulaguzi Pawulo abwogerako "ng'ebikolwa eby'omubiri" awamu n'okusinza ebifaananyi, obwenzi n'obukaba (Bag. 5:19 – 21). Agamba "nsooka okubabuulira kw'ebyo nga bye nnasooka okubabuulira (kwe kugamba nti Pawulo mu nsomesa ye, bino yabisangako nyo essira), nti bali abakola ebiri ng'ebyo tebalisikira bwakabaka bwa Katonda". Enkyenkana kino mu teeka lya Musa kyali ekiragiro nti abalogo (abalaguzi) bonna n'abo abayisanga abaana babwe mu muliro balinga bakuttibwa mbagirawo (Ma. 18:10, 11; Okuva 22:18). Abo abayisanga abaana babwe mu muliro si be bali abalaguzi bennyini – abalaguzi n'abasinza ebifaananyi basomesa nga nti okwekuuma eri amaanyi g'obubi, abaana b'abo abagala okwekuuma balinanga okuyisibwa mu muliro. Kale tulaba ng'abalaguzi n'abo ababakozesanga balina okutiibwa; mu Ndagaano Empya, ekibonerezo ng'okoze ekintu nga kino bwe butaba mu bwakabaka bwa Katonda.

Okukozesa abalaguzi ng'engeri ey'okwekumaamu kintu Katonda kya tayagala ffe tukole. Mu buli ky'akusalawo kye tuba tutuuseko mu bulamu bwaffe obwa Kristo, tulina okwebuuza nti: 'Ddala ddala Katonda ayagala nkole ekintu kino?' 'Kino Nandikikoze singa mazima Yesu abadde ayimiridde awo okumpi nange?' Nga tusinzira ku ngeri nti Katonda tayagala bya kulaguza, ndowooza eky'okuddamu kirina okuba nti nedda, Katonda tayagala tubikozese. Obulaguzi bwogerwako Samwiri ng'obwefaananyiriza 'n'okujeemera' (1 Samwiri 15:23), ekigambo kya Katonda. Nga Isiraeri bw'atawulira Mukama Katonda, bwe yateeka okukiriza kwe mu bifaananyi n'okweraguza, tekirowoozekeka (Ma: 32:16-19). Katonda awa ensonga nti yalagira Isiraeri okugoba Abakaanani olw'obukkiriza bwabwe mu by'obulogo, naye ate bo ne betaba mu byo (Ma. 18:9-14). Kale ffe nga Isiraeri omuggya mu kubatizibwa, tekitugwanidde kukopa empisa embi ez'omu nsi, si kulwa nga tusubwa okusuubizibwa okw'okubeera mu nsi ey'obwakabaka bwa Katonda emirembe n'emirembe.

Katonda attuwe omukisa ffena nga tutambulira mu nnaku zino ezisembayo ez'ekizikiza, ensi eya bannamawanga okugenda mu bwakabaka bwe obw'ekitangala n'amazima n'ekitiibwa. Kubanga tebakkiriza kwagala mazima, balyoke balokoke…. Katonda kyava abasindikira okukyamya okukola, bakkirize eby'obulimba…. Naye kitugwanidde ffe okwebazanga Katonda ennaku zonna ku lwammwe, ob'oluganda abagalwa Mukama waffe….Kale nno, muyimirirenga era munywezenga bye mwaweebwa ne muyigirizibwa oba mu kigambo oba mu bbaluwa yaffe. Naye Mukama waffe Yesu Kristo yennyini, ne Katonda kitaffe, eyatwagala n'atuwa okusanyusa okutaggwaawo n'essuubi eddungi mu kisa, abasanyuse emitima gyammwe aginywezenga mu buli kikolwa n'ekigambo ekirungi," (2 Bas. 2:10-17).

## AKANYOMERO 10:
## KIKI EKY'ALIWO MU LUSUKU ADENI?

Oluberberye 3:4-5: "Omusota ne gugamba omukazi nti okufa temulifa. Kubanga Katonda amanyi nti olunaku lwe muligulyako mmwe, amaaso gammwe lwe galizibuka, nammwe muliba nga Katonda okumanyanga obulungi n'obubi."

**ENVUNNULA EY'ABANGI:**

Abantu bangi balowooza mbu omusota wano yali malayika eyayonoona eyitibwa "setaani". Mbu yasuliibwa okuva mu ggulu olw'okwonoona kwe, najja ku nsi okukema Kaawa mu kukola ekibi.

**EBY'OKWOGERAKO:**

- Ekitundu kino kyogera ku "musota". Ekigambo setaani mu kitabo eky'olubereberye tekirimu mwonna.
- Omusota tegwogerebwako nga malayika nakatono.
- Kale nno tekyewunyisa nga tewali kyawandiikibwa kyonna mu kitabo eky'olubereberye ekyogera ku yenna eyasuulibwa okuva mu ggulu.
- Ekibi kireta okufa (Bar. 6:23), bamalayika tebaffa (Luk. 20:35-36), kale bamalayika tebasobola kwonoona. Empeera ey'abatuukirivu kwe kukolebwa nga bamalayika obutaddayo kufa nate (Luk. 20:35-36). Singa kyali nti bamalayika bonoona, awo nno n'abatuukirivu nabo bandibadde basobola okwonoona n'olw'ekyo nga basobola okufa, ekitegeeza nti tebandifunye obulamu obutaggwaawo.
- Abogerwako mu kuggwa okw'omuntu bali: Katonda, Adamu, Kaawa, n'omusota. Tewali ayogerwako mulala yena. Tewali kiraga nti ekintu kyonna kyayingira mu nda mu musota……gugukozesa ekyo kye gwakola. Pawulo agamba nti omusota "gwalimbalimba Kaawa mu bukuusa (bwagwo)," "Katonda yagamba omusota nti: olw'okuba okoze kino….." (Lub. 3:14). Singa setaani ye yali akozesa omusota, lwaki tayogerwako era lwaki teyabonerezebwa?
- Adamu yanenya Kaawa ku lw'ekibi kye: "ye ampadde ku muti" (Lub. 3:12). Kaawa yanenya musota: "omusota gunsenzesenze ne ntola ne ndyaako" (Lub. 3:13).
- Bwe kiba nga kiwakanirwa nti emisota ennaku zinno tegirina maanyi gakwogera ng'omusota ogwo mu Adeni gwe galinago, osannye ojjikire nga;
- Lumu endogoyi yayogera n'omusajja (Balamu): "Endogoyi etayogera bwe yayogera n'eddoboozi ly'omuntu yaziyiza eddalu lya nnabbi" (2 Pet. 2:16).
- Omusota gwali ogumu ku nsolo enkalabakalaba ezo Mukama ze yali akoze zonna (Lub. 3:1). Okukolimirwa kwaggwo kyandiba kye kyagugyisako obusoboozi bwe gwali naggwo okwogera ne Adamu ne Kaawa.
- Katonda ye yatonda omusota (Lub. 3:1); ekitonde ekirala ekiyitiibwa 'setaani' si kye kyafuuka omusota; bwe tuba kino tukikiriza bw'ekityo, mu ngeri endala tuba tugezako okugamba nti omuntu ayinza okuyingira mu bulamu obwa munne n'asobola okubufuga. Eno ndowooza y'abakafiiri, mu Baibuli terimu. Bwe kiba nga kiwakanirwa nti Katonda si Ye yakola omusota kubanga olw'okuleetera Adamu ne Kaawa okukola ekibi, jjukira ng'ekibi kyayingira mu nsi ku bw'omuntu (Bar 5:12); kale nno, omusota gwali mubi, nga gwogera ku bye gulaba, n'olw'ekyo nga teguvunanibwa Katonda kale nno ne guba nga si gwe gwakola ekibi.

Waliwo abagamba nti omusota agw'Omulubereberye 3 gwekuusa ku baserafimu, Wabula, ekigambo mu Lwebbulaniya omusota ekikozesebwa mu Lub. 3 kya wu kkanye nnyo ku ekyo ki "S'erafimu". Ekigambo oky'Omuluyonaani ekyakyusibwa nga "Serafimu" amakulu gaakyo gali, "Oyo ali – nga omuliro" era kikyusibwa nti "omusota ogw'omuliro" mu Kubal 21:8, naye nga kino si ky'ekigambo ekyakyusibwa mu "Omusota" mu Lub. 3.

**OKUNNYONNYOLWA KWE TWANDIGAMBYE.**

- Tewali nsonga yonna ekugaana kukukkiriza nti ebyo ebyogerwa ku kutonda ne ku kuggwa okw'omuntu nga bwe bityo bwe byali (si lufumo). "Omusota" gwali musota ddala. Ku lw'amazima nti kati leero tulaba ng'emisota zekululira ku mbuto zagyo kutuukirira okw'ekikolimo ekyaweebwa gunaggyo ogwasooka. Lub. 3:14 kino ekisemba.

  Mu ngeri y'emu tulaba ng'abasajja n'abakazi balumwa ebikolimo ebyabatekebwako mu kiseera kye nnyini ekyo. Tukimanyi ng'Adamu ne Kaawa bali omusajja n'omukazi abaddalira ng'era bwe tulaba kati omusajja n'omukazi nga basanyukira mu mbeera enungiko, kale nno omusota ogwasooka yali nsolo ya ddala, wadde nga gwali gusingako zinagyo gye tulaba leero.
- Bino wansi wano bintu ebiraga nga ebitundu eby'omu kitabo eky'olubereberye ebisookera ddala birina okutegeerwa nga bwe biri.
  - Mu kusomesa kwe ku kufumbiriganwa, Yesu mu (Matayo 19:5-6); yajjuliza ekyawandiikibwa ekyo ku Adamu ne Kaawa; luno teyalukozesa ng'olugero.
  - "Kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa, oluvannyuma Kaawa. Era Adamu si ye yalimbibwa naye omukazi oli ye yalimbibwa n'aba mu kwonoona" (1Timoseewo 2:13-14), kale ne Pawulo naye yasoma ekitabo eky'olubereberye mu makulu gaakyo ago ku ngeri "omusota bwe gwaasendasenda Kaawa olw'obukalabakalaba bwagwo" (2 Kol. 11:3) – wetegereze nga Pawulo tayogera nti "setaani" ye yasendasenda Kaawa.
- Olw'okuba nti omusota gw'akolimirwa okubeera nga gutambuliranga ku lubuto (Lub. 3:14), kino kyanditegeeza nti okusooka gwali gulina ebigere; nga kuno kwogasse n'amaanyi gaagwo ag'okulowooza, kyandiba nga kye kyali ekisolo ekidirira omuntu – ogw'ogerwako nga ogumu ku "nsolo zonna ez'omunsiko ze yakola Mukama Katonda" (Lub. 3:1, ne 14).

## AKANYOMERO 11:
## LUSIFEERI

Mu Isaaya 14:12-14 (mu Baibuli endala) "Ng'ogudde okuva mu ggulu, ggwe emumunyenye ey'enkya, omwana w'enkya! ng'otemeddwa okutuuka ku ttaka, ggwe eyamegganga amawanga! N'oyogera mu mutima gwo nti ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emmunyenye za Katonda; era ndituula ku lusozi olw'ekibiina, ku njuyi ez'enkomerero ez'obukiika obwa kkono: ndirinnya okusinga ebire we bikoma; ndifaanana oyo ali waggulu ennyo".

**ENVUNNULA EY'ABANGI:**

Kirowozebwa mbu Lusifa okusooka yali malayika ow'amaanyi eyayonoona mu biseera bya Adamu kale nno nasuulibwa ku nsi, mwatabangulira abantu ba Katonda.

**EBY'OKWOGERAKO:**

- Ekigambo "setaani" ne malayika mu kitundu kino tebirimu. Wano we wokka mu byawandiikibwa awasangibwa ekigambo "Lusifa".
- Tewali bukakafu bwonna nti Isaaya 14 ayogera ku kintu ekyaliwo mu lusuku Adeni, bwe kiba nga bwe kiri, kale lwaki tulekebwa emyaka 3000 emabega okuva mu biseera eby'ekitabo eky'olubereberye olwo tulyoke tubulirwe ku ekyo ekyaliwo ekituufu?
- Lusifa ayogerwako nga eyali ebikiddwa envunyu (oluny. 11) era ng'asekererwa abantu (oluny. 16) lwa kuba nga yali takyalina maanyi olw'okusuulibwa okuva mu ggulu (enny. 5-8), kale tewali kikuletera kulowooza nti Lusifa kati ali ku nsi okukulembera okubuza abakkiriza.
- Lwaki Lusifa abonerezebwa olw'okwogera nti, "ndirinnya mu ggulu" (oluny. 13), bw'aba nga gye yali mu kiseera ekyo?
- Lusifa envunnyu zamulya emagombe: "Ekitiibwa kyo kissibwa emagombe… envunnyu zaaliiriddwa wansi we" (oluny. 11). Olw'okulaba nga bamalayika tebonoona (Lukka 20:35-36), Lusifa tesobola kuba nti malayika, enjogera eyo esaana muntu.
- Ennyiriri 13 ne 14 zekuusa ku 2 Bas. 2:3-4 ekyogera ku "muntu ow'ekibi" – kale Lusifa kyogera ku musajja omkia – so si malayika.

**OKUNNYONNYOLA KWE TWANDIGAMBYE:**

- Baibuli ezakakyusibwa zonna zanjula Isaaya essula 13-23 "ng'emiguggu" ku mawanga eg'enjawulo, okugeza nga Babulooni, Ttuulo, Misiri. Isaaya 14:4 kiwa amakulu g'ennyiriri ze tuli okulowoozako: "Awo oligera olugero luno ku kabaka w'e Babulooni n'oyogera nti omujoozi ng'aweddewo…." Obunnabbi kale bwogera ku kabaka o'we Babulooni, ayogerwako nga "Lusifa". Bwaligwa: "Abo abanaakulabanga….nga bogera nti ye wuuno eyakankanyanga ensi…..?" (oluny. 16). Kale Lusifa ayogerwako bulungi ng'omuntu.
- Olw'okuba nti Lusifa yali muntu ate nga kabaka, "Bakabaka bonna ab'ensi….balyogera ne bagamba nti era naawe ofuuse munafu nga ffe? Ofaanaanyizibwa nga ffe?" (ennyir. 9-10). Lusifa n'olw'ekyo yali kabaka nga kabaka omulala yenna.
- Olunnyiriri olwa 20 lugamba nti ezzadde lya ba Babulooni teriryongerwako ennaku zonna, nga kale lubenkanyankanya. 'Lusifa' yayagala okusinga eggulu ne Babulooni nakyo bwe kyali (Yer. 51:53); "omusango gwakyo gutuuse mu ggulu (Yer. 51:9).
- Jjukira nti luno "lugero' ku kabaka w'e Babulooni" (olunny. 4) "Lusifa" kitegeeza "emmunyeenye y'okunkya" eyo ezisinga okwaka. Mu lugero luno, emmunyeenye esalawo "okulinnya mu ggulu…ndigulumiza entebe yange okira emmunyenye endala eza Katonda" (olunny. 13). Ku lwa kino, emmunyenye eyo ne suulibwa ku nsi. Emmunyeenye eno kitegeeza kabaka w'e Babulooni. Danyeri essula 4 ennyonnyola engeri kabaka Nebukadduneeza ow'e Babulooni gye yanonyereza ku bwakabaka bwe obw'amaanyi ng'alowooza nti yali yawangula amawanga amalala ku lw'amaanyi ge, mu kifo eky'okumanya nga Katonda ye yamuwa obuwanguzi. "kubanga obukulu (amalala) bwo bukuze, ne butuuka mu ggulu" (olunny. 22). Ku lwa kino "yagobebwa okuva mu bantu n'alya omuddo ng'ente, n'omubiri ne gutoba omusulo ogw'omu ggulu, okutuusa enviiri ze lwe zaakula nga ebyoya by'empungu n'enjala ze nga enjala z'ennyonyi" (olunny. 33). Okwetoowaaza okw'amangu ennyo bwe kuti okw'omu kw'abo abali basinga obukulu mu nsi yonna, nafuuka ng'omulalu kyali ekintu ekyewunyisa ennyo nga kijjusa olugero olw'okuggwa wansi okw'emmunyeenye y'okunkya nga eva mu ggulu. Emmunyeenye kabonero akalaga abantu ab'amaanyi, laba olubereberye 37:9, Isaaya 13:10 (ku bakulembeze b'e Babulooni), Ezeekyeri 32:7 (ku babulenbeze b'e Misiri); Danyeri 8:10 geraageranya ne Danyeri 8:24). Okulinya n'okuva mu ggulu bigambo bya Baibuli bye kozesa mu lugero okutegeeza okweyongera amalala, n'okwetoowaaza, nga bwe bidinganako –laba Yobu 20:6; Yer. 51:53 (ku

Babulooni); Okukungubaga 2:1, Matayo 11:23 (ku Kaperunawumu): “Gwe Kaperunawumu oligulumizibwa okutuuka ku ggulu? Olikka e magombe”.

- Olunnyiriri 17 luvunaana Lusifa okuba nga “yazisanga ensi yonna, n’asuula ebibuga byamu; ataatanga basibe be okudda ewaabwe”. Bino byonna byogera ku nkola y’amajje age Babulooni gayokyanga ekitundu kyonna kye gabanga gawambye (nga bwe gakola Yerusaleemi), okutwala abakwatiddwa bonna mu bitundu ebirala n’obutabakiriza okudda e wabwe (nga bwe gakola Abayudaaya) okuzimba ebibuga ebipya). Kale essira lissibwa nnyo ku Lusifa olw’amazima nti yali tagenda kufuna kuzikibwa nga okwa bakabaka abalala abali bafudde (ennyir. 18 – 19) nga kino kitegeeza yali muntu nga bo, kubanga omubiri gwali gwetaga okuziika.
- Olunnyiriri 12 lugamba nti Lusifa yali “ng’atemeddwa okutuuka ku ttaka”. Kino kiwa okukukwataganya ne Danyeri 4:8-16, Nabukaduneeza ne Babulooni mwe bifaanaanyizibwa omuti ogutemeddwa.
- Babulooni ne Bwasuli bannabbi bigambo bye bakozesa awatali ku byawulamu; kale nga bamaze okwogera ku kuggwa okwa kabaka w’e babulooni, olunnyiriri 25 lugamba nti, “ndimenyera omwasuli mu nsi yange….” Obunnabbi obwogera ku Babulooni mu Isaaya 47 budibwamu ku Bwasuli mu Nekkemiya 3:3-5, 18 ne Zeffaniya 2:13, 15 ne mu 2 Ebyom. 33:11 kigamba nti kabaka w’e Bwasuli yatwala Manase ng’omusibe e Babulooni – ekikulaga obumu bwa Babulooni ne Bwasuli.
    - Amosi 5:27, kigamba nti Isiraeri bali bakugenda mu buwawanguse “ennyuma w’e Damasiko”, kwe kugamba mu Bwasuli, naye Sitephano akoppa olunyiriri luno ng’agamba nti “ennyuma w’e Babulooni” (Bik. 7:43). Ezera 6:1 kyogera ku Daliyo kabaka w’e Babulooni ng’akola etteeka erikwata ku kuzimba ennyumba ya Katonda. Abayudaaya batendereza Katonda olw’okukyusa “omutima gwa Kabaka w’e Bwasuli” (Ezera 6:22), nate ekiraga obumu bwa Babulooni ne Bwasuli. Obunnabbi obw’omu Isaaya 14, awamu n’obwo bwonna obuli mu Isaaya, bukwata bulungi mu kukitegeera nti Abasuli nga bwe balumba Isiraeri nga bakulemberwa Senakerebu mu biseera bya Kezekiya, kale olunnyiriri 25 lwogera ku kumenya Omwasuli. Olunnyiriri olw’e 13 lwangu okutegeera bwe luba nga lwogera ku Basuli okukwata Yerusaleemi olw’okwagala okunyaga ennyumba ya Katonda bagifuule ey’aba katonda baabwe. Nga kino tekinnaberawo, Tirugasupiruneseri kirabika nga ky’ekimu kino naye kye yali ayagala akole (2 Byom. 28:20-21).

    - Isaaya 14:13: “N’oyogera mu mutima gwo nti ndirinnya mu ggulu…. (akabonero akalaga Yeekaalu n’eryato – 1 Bassek. 8:30; 2 Byom. 30:27, Zabbuli 20:2,6; 11:4; Beb. 7:26). Era ndituula ku lusozi olw’ekibiina, (olusozi Zayituni awalinga Yeekaalu) ku njuyi enzenkomerero ez’obukiika obwa kkono” (Yerusaleemi – Zab. 48:1,2).
- N’olwekyo kyetaagisa okumaanya “ndirinnya mu ggulu” nga enjogera enkusike, nga mu 1 Samwiri 5:12; 2 Byom. 28:9; Ezera 9:6, Zab. 107:26.

**ESSOMO LYO 6 : EBIBUUZO.**

1. Ebizibu n'okugezesebwa bivunanibwa ani?
   a) Katonda
   b) Mukisa
   c) Ekitonde eky'amaanyi ekiyitibwa setaani

2. Ki ekivunanibwa eri okukemebwa kwaffe mu kwonoona?
   a) Obutonde bwaffe .
   b) Katonda
   c) Emizimu emibi
   d) Ekitonde ekibi ekyo ki Setaani.

3. Ekigambo 'omulyolyomi' kitegeeza ki?
   a) Ekibi
   b) Omusota
   c) Omuloopi
   d) Lusifa

4. Ekigambo 'Setaani' kitegeeza ki?
   a) Omwonoonyi
   b) Omulabe
   c) Kabaka wa Badayimmoni

5. Osobola okukozesa ekigambo 'Setaani' eri abantu abalungi?
   a) a) Yee
   b) b) Nedda

6. Ebigambo Setaani n'omulyolyomi bitegeeza ki ng'akabonero?

7. Engeri ki gye tutegeeramu 'dayimooni' mu Ndagaano Empya".
   a) Bamalayika abayonoona.
   b) Endwadde
   c) Njogera eyaliwo mu biseera ebyo etegeeza endwadde, ezo abantu ze balowoozanga nti zireteddwa na 'dayimooni'.
   d) Myoyo emiramu

# ESSOMO 7

# ENSIBUKO YA YESU

## 7.1 OBUNNAABBI KU YESU MU NDAGAANO ENKADDE

Essomo lyo 3 linnyonnyodde ku ngeri ekigendererwa kya Katonda okulokola abantu nga bwe kyesigama mu Yesu Kristo. Ebisuubizo bye yakola ne Kaawa, Ibulayimu ne Dawudi byonna byayogera ku Yesu ng'omuzukulu waabwe owa ddala. Mu butuufu Endagaano Enkadde etunuulira era n'ewa obunnabbi ku Kristo. Etteeka ly'abaana ba Isiraeri lye balina okugondera nga Kristo tanaba kujja, ekiseera kyonna lyatunuuliranga okujja kwa Kristo ( laba Bag. 3:24). Kale ku mbaga y'okuyitako, akaliga akataliko bulemu kalina okuttibwa (Kuv. 12:3-6); kino kali akaboneero akalaga essaddaaka eya Kristo, "akaliga ka Katonda aggyawo ebibi by'ensi" (Yok. 1:29; 1 Kol 5:7) Embeera ey'obutabako bulemu eyali yetagisa eri ebisolo byonna ebya weebwangayo yali eraga eyo eya Kristo ataliko kya kunenyezeebwa. (Kuva 12:5 geraageranya ne 1 Pet 1:19).

Mu Zabbuli mwonna ne bannabbi ab'endagaano enkadde waliwo obunnabbi bungi obukwata ku Masiya nga bw'alibeera. Okusingira ddala butunulira nnyo era ne bunnyonnyola ku nfa ye. Obuyudaaya okugana okukkiririza mu Masiya afa, kyandiba nga kiva ku butafaayo nnyo ku bunnabbi buno, obumu kubwo obukuwebwako wano.

| Obunnabbi okuva mu Ndagaano Enkadde | Okutukirira mu Kristo |
|---|---|
| "Katonda wange, Katonda wange kiki ekikundesezza" (Zabbuli 22:1) | Bino by'ebigambo byennyini Kristo bye yayogerera ku mussalaba (Mat. 27:46) |
| "Naye nze ndi lusirigganyi, so siri muntu…." (Zabbuli 22:6-8) | Isiraeri yannyomoola Yesu era tebamwagala (Luk.23:35; 8:53); banyeenya emitwe gyabwe (Mat.27:39) ne boogera bino ng'awanikiddwa ku mussalaba (Mat. 27:43). |
| "N'olulimi lwange lwegatta n'emba zange . . . bampumudde engalo zange n'ebigere byange…" (Zabbuli 22:15,16). | Kino kyatukirira Kristo bwe yalumwa enyonta ng'ali ku mussalaba (Yokaana 19:28)<br>Okuwummulwa engalo n`ebigere kitegeeza engeri gye bakomererangamu abantu. |
| "Bagabana ebyambalo byange, ne bakuba akalulu ku lugoye lwange" (Zabbuli 22:18) | Kino kyatukirira mu Matayo 27:35. |
| Wekkanye nga Zabbuli 22:22 bw'ejjulizibwa mu (Beb.2:12) ebikwata ku Yesu. | |
| "Era bampa omususa okuba emmere yange. Era bwe nnalumibwa ennyoonta ne bannywesa omwenge omukaatuufu" (Zabbuli 69:21) | Kino kyaliwo nga Yesu ali ku mussalaba (Mat. 27:34) |
| Isaaya 53 yonna bunnabbi ku kuffa kwa Kristo n'okuzuukira kwe era buli kannyiriri mu yo kalimu ekyatukirira. Eby'okulabirako bibiri byokka kabiweebwe. | |
| "Yajoogebwa, naye ne yetoowaza n'atayasama kamwa ke….nga omwana gwe ndiga atwalibwa okutiibwa" (Isaaya 53:7) | Kristo omwana gw'endiga owa Katonda teyaddamu ng'awozesebwa (Mat. 27:12, 14). |
| "Ne bamuziikira wamu n'ababi era n'abagagga mu kufa kwe" (Isaaya 53:9). | Yesu yakomererwa wamu n'abakozi b'ebibi (Matayo 27:38) naye yazikibwa mu ntaana y'omusajja omugagga. |
| "Nfuuse munnaggwanga eri baganda bange, era atali mumanyi eri abaana ba mmange. Kubanga obuggya obw'enyumba yo bundidde". (Zab. 69:8,9) | Kino kinyonyola ebirowoozo bya Kristo eri okwabulirwa baganda be Abayudaya n'ab'enyumba ye (Yok. 7:3-5, mu Yok. 2:17) |

Tekyewunyisa nnyo kulaba nga Endagaano Empya etujjukiza nti “amateeka ne bannabbi” eby’omu Ndagaano Enkadde y’ensibuko yaffe ey’okutegeera Kristo (Ebikolwa Byabatume 26:22; 28:23, Abaruumi 1:2, 3; 16:25, 26). Yesu yennyini yalabula nti bwetutategeera bulungi “Musa” ne bannabbi naye tetuyinza kumutegeera (Lukka 16:31, Yokaana 5:46,47).

Nti etteeka lya Musa lyaali litunulidde ku Kristo, era n'alangirirwa bannabbi, buba bukakafu obumala nti Yesu teyaliwo kyajje azaalibwe. Ensomesa etali ntuufu nti Yesu yabaawo ‘okuva edda’ nga tannazalibwa efuula ebisuubizo ebyo ebidinganamu nti aliba ezzadde lya Kawa, Ibulayimu ne Dawudi obutabamu makulu. Singa kyali nti yali waali eyo mu ggulu mu kiseera Katonda weyakolera ebisuubizo bino, awo nno Katonda yandibadde simutuufu okusuubiza abantu banno ezzadde alibeera Masiya. Ebikwata ku nsibuko ya Yesu nga bwebiri mu Matayo 1 ne Luuka 3, biraga engeri ey'ebyafaayo ebya b’ennyumba ya Yesu nga bwe baviira ddala ku bantu abo Katonda be yakola nabo ebisuubizo.

Ekisuubizo eri Dawudi ekikwata ku Kristo kimenyawo kiri nti yaliwo mu mubiri mu kiseera ekisuubizo kino we kyakolerwa. “Ndissaawo ezzadde lyo eririddawo eririva munda yo, era ndinyweza obwakabaka bwe . . . ndiba kitaawe naye aliba mwana wange” (2 Sam 7:12,14). Wetegereze olulimi luno. Kino kyali kya kubawo eyo mu maaso. Bwe tulaba nti Katonda aliba Kitaawe wa Yesu kiba kizibu omwana wa Katonda okuba nga yaliwo mu kiseera ekisuubizo mwe kyakolebwa. Nti “ezadde liriva munda yo” kiraga nga lyali ezzadde omuntu ddala owa Dawudi. “Mukama yalayirira Dawudi mu mazima . . . ku bibala eby’omubiri gwo nditeeka ku ntebe yo”. (Zab. 132:11).

Sulemaani ekisuubizo kino gwe kyali kikwatako okusokera ddala ng’omwana wa Dawudi. Naye olw’okuba nti yaliwo ng’alabwako mu kiseera eky’ekisuubizo (2Sam.5:14), okutukirira okukulu okw’ekisuubizo kino eri Dawudi okubeera n’ezzade alibeera omwana wa Katonda, kiteekwa kuba kitegeeza Kristo .(Lukka 1:31-33) “Ndirosa eri Dawudi ettabi etuukirivu”(Yer.23:5) kwe kugamba Masiya.

Ebyawandiikibwa ebiringa kino ebikwata ku Kristo n’okujja kwe okw’omu maaso bikozesebwa mu bunnabbi bungi: “ndibayimusinza (Isiraeri) nnabbi afanaana gwe [Musa]” (Ma.18:18). Olunnyiriri luno lujulirwa mu ebikolwa by’Abatume 3:22,23 oluvunnula nnabbi okuba nga ye Yesu. “Omuwala embeerera (Malyamu) aliba lubuto azaale ow’obulenzi oyo alitumiibwa erinnya lye Imanueri” (Isaaya 7:14). Bino byonna byatukirira mu kuzaalibwa kwa Kristo (Mat.1:23).

## 7.2 OKUZAALIBWA OYO EYALI EMBEERERA

Ekyawadiikibwa ku kulindwa n'okuzaalibwa okwa Kristo tekyikiriziganya na ndowooza nti yaliwo ng'alabwako okuva edda n'edda. Abo abesiba ku njigiriza eteri ntuufu "ey'abassatu" bagamba olwatuuka ne waberawo ebitonde bissatu mu ggulu ekimu ku ebyo ne kifuuka omwana mu lubuto lwa Malyamu, ne kirekayo binnakyo bibiri mu ggulu. N'olwekyo kino kituleka n'okumaliriza nti Yesu yava mu ggulu n'ayingira mu lubuto lwa Malyamu. Ensomesa eno enzibu teriyo mu byawandiikibwa .Ekyawandiikibwa ku nsibuko ya Kristo tekiwa nsonga yonna yonna kukulowoozesa nti yava mu ggulu n'ayingira mu Malyamu. Olw'obujulizi obutaliwo ku kino kikwasaganya kinene ekibulako mu nsomesa y'abassatu.

Malayika Gabulyeri yalabikira Malyamu n'obubaka nti: "oliba olubuto, olizaala omwana ow'obulenzi, olimutuuma erinnya Yesu. Aliba mukulu, aliyitibwa mwana w'oyo ali waggulu ennyo… awo Malyamu n'agamba malayika nti kiriba kitya ekyo, kubanga simanyi musajja? (yali mbereera). Ne malayika n'addamu n'amugamba nti omwoyo omutukuvu alikujjira, n'amaanyi g'Oyo Ali waggulu ennyo galikusiikiriza era ekyo ekirizaalibwa kye kiriva kiyitibwa ekitukuvu, omwana wa Katonda" (Lukka 1:31- 35).

Emirundi ebiri nga kisibwako essira nti Yesu aliba mwana wa Katonda mu kuzaalibwa kwe; kikakasibwa ng'omwana wa Katonda teyaliwo nga tannaba kuzaalibwa. Ate kye tuliina okwetegereza kiri nti ebyawandiikibwa ebyo byonna byali byogera ku biseera bya mu maaso. Eky'okulabirako "aliba mukulu". Singa Yesu yali wali nga Malayika ayogera ebigambo ebyo eri Maliyamu, yandibadde nga yamala dda okubeera omukulu. Yesu ye yali omuzukulu wa Dawudi (Kub. 22:16), ekigambo eky'Oluyonaani ekikozesebwa wano – (omuzukulu) kitegeeza nti Yesu yasibuka mu Dawudi. Yesu yazaalibwa Malyamu (Luk. 1:35).

**OKULIINDA OKWA YESU**

Malyamu yasobola okufuna olubuto lwa Yesu nga teyegaase na musajja ku lwa mwoyo omutuukirivu (amaanyi ga Katonda/omukka gwe). Kale Yozefu tayali kitaawe wa Yesu. Kirina okutegerekeka nti omwoyo omutukuvu si muntu (Laba essomo 2), Yesu yali mwana wa Katonda, so si mwana wa mwoyo omutukuvu. Nga Katonda akozesa omwoyo we ku Malyamu, "Kale n'ekyo ekitukuvu ekyazalibwa ye "Kyayitibwa omwana wa Katonda" (Lukka 1:35). Ekigambo "n'olw'ekyo" okukozesebwa kitegeeza nti singa omwoyo omutukuvu teyakka ku Malyamu, Yesu omwana wa Katonda teyandibaddewo.

Nti Yesu yaliindibwa mu lubuto lwa Malyamu (Lukka 1:31) nakyo bukakafu nti teyaliwo ng'ekiseera kino tekinatuuka. Okufuna ekirowozo kitandiikira mu ggwe mwennyini. Mu ngeri y'emu Malyamu yali lubuto lwa Yesu – yatandika ng'ekiziizi ng'era omuntu yenna. Yokaana 3:16 olunnyiriri mu Baibuli olusinga okumanyibwa ennyo, lugamba nti Yesu yali "omwana we eyazaalibwa" omu owa Katonda. Enkumi ez'abantu abasoma olunnyiriri luno balema okufumiitiriza ku ki kye lutegeeza. Oba Yesu yazaalibwa; kitegeza yatandika mu Malyamu ng'afunye olubuto. Oba Yesu yazalibwa; Katonda nga ye Kitaawe, buno buba bukakafu obumala okulaga nti kitaawe mukulu okumusinga – Katonda ye taaliko kutandika (Zab 90:2) n'olwekyo Yesu tasobola kubeera Katonda mwennyini. (Essomo lyo 8 ligaziyako ku songa eno).

Kikulu nnyo nti Yesu "yazaalibwa" Katonda mu kifo eky'okutondebwa ng' Adamu mu kusooka. Kino kikunnyonnyola enkolagana ya Katonda ne Yesu. "Katonda yali mu Kristo ng'atabaganya ensi naye yennyini (2 Kol. 5:19). Kristo okuzaalibwa Katonda mu kifo eky'okutondebwa ng'ava mu nfuufu ey'ensi nakyo kyongera okunnyonnyola lwaki yayagala nnyo engeri ya Katonda Kitaawe.

Mu kitabo kya Isaaya 49:56 mulimu obunabbi ku Kristo ng'ekitangala ky'ensi bwe yatukiriza mu (Yok. 8:12). Yayogerwako ng'alowooza ku "Mukama eyamubumba okuva mu lubuto okuba omuwereza we". N'olwekyo Kristo yakolebwa (yabumbibwa) Katonda mu lubuto lwa Malyamu na mwoyo omutukuvu amaanyi Ge. Olubuto lwa Malyamu y'ensibuko y'obuzaale bwa Yesu.

Tulabye mu ssomo l7.1 nti Zabbuli 22 ewa obunnabbi ku birowoozo bya Kristo ku musalabba. Yajjukira nga Katonda "yamujja mu lubuto . . . neyuna ggwe okuva mu kuzaalibwa kwange" (Zabbuli 22:9-10). Kristo mu kiseera kye eky'okufa, yajjukira wa gye yava – mu lubuto lwa maama we Malyamu, ng'akolebwa omwoyo omutukuvu owa Katonda. Malyamu ayogerwako nga maama wa Yesu mu Njiri ekintu ekimalirawo ddala endowooza egamba nti yaliwo nga tannazaalibwa.

Malyamu yali omuntu owa bulijjo n'abazadde be nga ba bulijjo. Kino kikakasibwa olw'ekituufu nti yalina muganda we, eyazaala Yokaana omubatiza, omuntu owa bulijjo (Luk. 1:36). Endowooza ey'Abakatoliki egamba nti Malyamu teyali muntu wabulijjo eba etegeeza nti osanga Kristo si "mwana ow'omuntu" ate era "omwana wa Katonda". Gano nno ge mannya ge: mu Ndagaano Empya yonna. Yali "omwana w'omuntu" olw'okuba nga maama we yali

muntu ate “omwana wa Katonda” kuba omwoyo omutukuvu owa Katonda ye yakka ku Malyamu (Lukka 1:35), nga kino kitegeeza nti Katonda ye Kitaawe. Entegeeka eno enungi eba ng’esaliddwamu bwe kiba nti Malyamu teyali omuntu owa bulijjo.

“Ani ayinza okuggya ekintu ekirongoofu mu kitali kirongoofu? Tewali n’omu . . . omuntu kye kiki abeere omulongoofu? N’oyo azaalibwa omukazi abeere omutuukirivu? . . .  ayinza atya okuba omulongoofu oyo azaalibwa omukazi?” (Yobu 14:4; 15:14; 25:4).

Malyamu “okuzaalibwa omukazi” n’abazadde aba bulijjo, ateekwa okuba nga yalina embeera ng’eyaffe eteri nnongoofu, Yesu gye yasikira, oyo “eyazaalibwa omukazi” (Bag. 4:4). Omulokozi yali wakuba “ezzadde ly’omukazi” (Lub. 3:15) – ekyasuubizibwa kino ekirabikira mu makulu ag’omukyawandiikibwa ekikwata ku lulyo olw’abasajja abangi mu Lubereberye.

Ebyawandiikibwa mu Njiri emirundi mingi biraga Malyamu mu buntu. Emirundi essatu Kristo yamuboogokera olw’obutamanya eby’omwoyo (Lukka 2:49; Yok. 2:4); naye yalemwa okutegeera ebyo ebyali byogerwa Yesu (Luk. 2:50). Kino kyennyini ky’oyinza okusuubira mu mukazi eyali omuntu ddala, nannyini mwana eyali omwana wa Katonda n’olwekyo nga amusinga okumanya eby’omwoyo, newakubade nga naye – Yesu yagaabana ku buzaalirana bw’abantu. Yozeefu yamala n’aba ne Malyamu ng’amazze okuzaala Yesu (Mat. 1:25), era tewali nsonga yonna ku kulowoozesa nti tebamala ne babeera mu bufumbo bwabwe okuva olwo.

Okwogera ku Kristo ne maamawe ne bagandebe mu Matayo 12:46,47 kitegeeza nga Malyamu yazaala abaana abalala ng’amazze okuzaala Yesu. Yesu yali “omuggula nda we” kyokka.  N’olwekyo ensomesa y'Abakatoliki egamba nti Malyamu yasigala nga mbereera n’alinnya muggulu mu Baibuli teriimu na katono. Era ng’omuntu yenna, Malyamu yalina okukaddiwa era n’afa; ate ng’oggyeko kino tusoma mu Njiri ya Yok. 3:13, nti: “tewali muntu eyali alinnye mu ggulu”. Olw'amazima nti Kristo yalina omubiri n’omusayi (Laba Beb. 2:14 – 18; Bar. 8 : 3) kitegeeza nti ne maama we yali bw'atyo, kuba tulaba nti kitaawe teyabirina. Malyamu yeraba “ng’omuzaana wa Mukama” (Luk. 1:38 geraageranya ne Zab. 86 : 16) – so si ‘nnyina wa Katonda’.

## 7.3 EKIFO KYA KRISTO MU NTEEKATEEKA YA KATONDA

Katonda tasalawo bigendererwa bye mangu mangu olw'ekiseera ekiba ekiriwo ng'ayongeramu ebitundutundu mu kigendererwa kye ng'ebyafaayo by'abantu bwe biggya byogerwakwo. Katonda yalina entegeka ewedde okukolebwa okuviira ddala ku ntandika y'okutonda (Yok. 1:1) n'olwekyo okwagala omwana kwali mu ntegeka ye okuviira ddala mu kusooka. Yayagala omwana oyo nga tannaba na kuzaliibwa ng'abazzadde bwe bandyagadde omwana akyali mu lubuto. Endagaano Enkadde yonna ebikula emitendera egy'enjawulo ku nteekateeka ya Katonda eri obulokzi mu Yesu.

Emirundi mingi tukulaze nga mu byasuubizibwa, obunabbi n'engeri y'eteeka lya Musa, Endagaano Enkadde buli kissera egenda ebikula ekigendererwa kya Katonda mu Kristo. Kwali okuva ku kutegeera kwa Katonda nti aliba n'omwana kwe kutonda ebintu (Beb. 1:1-2). Kwali okuva ku Kristo nti emirembe gy'ebyafaayo eby'abantu gyabaawo ku bwa Katonda. Kale ekiddirira kiri nti Katonda bye yabikkulira abantu mu myaka gyonna nga bwe byawandiikibwa mu ndagaano enkadde, bijjudde obujjulizi ku Yesu.

Obukulu bwa Kristo n'omugaso gwe eri Katonda bizibu nnyo gye tuli ffe okubitegeera obulungi. N'olwekyo kituufu okugamba nti Kristo yaliwo mu ndowooza ya Katonda ne mu kigendererwa kye okuviira ddala mu kusooka newakubadde nga yalabibwako ng'amazze okuzaalibwa Malyamu. Ekitabo eky'Abaebbulaniya 1;4 – 7, 13, 14, kissa essira ku Kristo obutaba Malayika, yadde nga mu bulamu bwe yabulako katono nnyo okuba nga bamalayika (Beb. 2:7) yagulumizibwa nnyo n'ekitiibwa okubasinga olw'okuba yali "omwana eyazaalibwa omu" (Yok. 3:16). Kristo teyaliwo okuva edda ng'omwoyo ng'atannazaalibwa.1 Petero 1:20 luwumbawumbako embeera eno; Kristo "eyategeerebwa edda ensi nga tezinnatondebwa, naye n'alabisibwa ku nkomerero y'ebiro ku lwammwe" .

Yesu ye yali ekinnyusi enjiri kwe yetoloolera Katonda "gye yasuubiriza edda ng'ayita mu bannabbi be mu byawandiikibwa ebitukuvu, ebigambo ebyogera ku mwana we eyazaalibwa mu zaadde lya Dawudi mu mubiri, eyalagibwa okuba omwana wa Katonda mu maanyi, mu mwoyo gw'obutukuvu olw'okuzuukira kw'abafu" (Abaruumi 1:1-4).

**ENNYIRIRI EZO ZIKUWA EBYAFAAYO BYA KRISTO MU BUFUNZE.**

- Eyasuubizibwa mu Ndagaano Enkadde – kwe kugamba mu nteekateeka ya Katonda.
- Eyazaalibwa mu zzadde lya Dawudi mu mubriri,

- Olw’obutukirivu bwe (obutukuvu bw’omwoyo) bwe yalaga mu bulamu bwe.
- Yazuukizibwa, nate abatume ne bamulangirira okuba omwana wa Katonda nga bajjude omwoyo omutukuvu, mu lwatu.

**OKUMANYA KWA KATONDA OKW'EBIRI MU MAASO**

Kyandituyambye nnyo bwe tumanya engeri Kristo gye yali mu birowoozo bya Katonda okuviira ddala olubereberye, so si mu mubiri, bwe tusobola okutegeera ekituufu nti Katonda Ye amanyi byonna ebiribawo eyo mu maaso. Alina okumanya kwonna okw’eby'omu maaso. N’olwekyo Katonda asobola okwogera ku bintu n’okubirowoozako ng’ebiriwo, so ng’ate tebiriwo. Okwo kwe kumanya kwe okutenkanika ku by’omu maaso. Ky’ayogera kiba ng’ekimaze okuberawo. Kale Katonda ‘ayita ebitaliwo eng’ebiriwo. (Bar. 4:17). N’olwekyo ayinza okulanga “enkomerero okuva ku lubereberye, n’ebigambo ebitannakolebwa okuva ku biro eby’edda; ayogera nti okuteesa kwange kulinywera era ndikola bye njagala byonna” (Isaaya 46:10). Olwa kino, Katonda asobola okwogera ku b’afa ng’abaliwo ate mu ngeri y’emu n'ayogera kw’abo abatannazaalibwa ng’abaliwo abalamu. Asobola okwogera ku lunaku olugenda okujja ng’olumaze okuberawo (Isaaya 3:8; Ez. 7: 10, 12).

'Okuteesa' oba ekigambo kya Katonda, kw’alanga okujja kwa Kristo okuviira ddala edda; bulijjo yali mu kigendererwa oba liyite ‘essanyu” lya Katonda. N’olwekyo bwali bukakafu ddala nti ekiseera kirituuka Kristo n’azaalibwa mu mubiri, Katonda atukirize ekigendererwa kye, kye yayogera mu Kristo. N'olwekyo obukakafu obw’okumanya eby’omu maaso eri Katonda kulabikira mu butuufu bwe kigambo Kye. Dawudi yayogera nti “Eno ye nnyumba ya Mukama Katonda” (1 Byom. 22 : 1), ate nga Katonda yali kyajje asuubize Dawudi eyeekaalu. Obwo bwali obukkiriza bwa Dawudi mu kisuubizo ekyo, na kyogerako ng’eyali amaze okukifuna essawa eyo. Ebyawandiikibwa bijjudde eby’okulabirako ku kumanya okwa Katonda ku by’omu maaso. Katonda yali akimanyidde ddala nti alitukiriza ebisuubizo eri Ibulayimu, N’amugamba nti: “Ezzadde lyo ndiwadde ensi eno . . . ” (Lub. 15:18) mu kiseera nga Ibulayimu talina zzadde lyonna. Mu kiseera kino kyennyini nga (Isaaka / Kristo) tannazaalibwa, Katonda yayongera n’asuubiza nti: “nkufudde kitaawe w’amawanga amangi” (Lub.17:5).Mu butuufu, Katonda “ayita ebintu ebyo ebitaliwo ng’ebiriwo”.

Y’ensonga lwaki Kristo mu biro by’obuweereza bwe yayogera nga Katonda: “yamuwa byonna mu mukono gwe” (Yok. 3:35) newakubadde nga kyali si bw’ekiri bw’ekityo mu kiseera kino. Kubanga mu kitabo kya Abaebbulaniya 2;8 tusoma nti ”wateeka ebintu byonna wansi w’ebigere bye . . . kaakano tetunnalaba bintu byonna nga biteekeddwa wansi we”.

Katonda yayogera ku ntegeka Ye ey'obulokozi “mu kammwa ka bannabbi be abatukuvu, abaaliwo kassokedde ensi ebaawo” (Luk. 1:70). Olw'okuba bali kumpi nnyo naye mu nkolagana eri enteekateeka Ye, abasajja bano boogerwako ng'abali baliwo okuviira ddala mu kusooka, newankubadde nga si bwe kyali. Yeremiya kye ky'okulabirako ekikulu. Katonda yamugamba nti “Bwe nnali nga sinnakubumba mu lubuto nakumanya, era nga tonnava mu lubuto, nakutukuza, nkutaddewo okuba nnabbi eri amawanga (Yer. 1:5). N'olwekyo Katonda yamanya byonna ebikwata ku Yeremiya nga n'okutondebwa kw'ensi tekunnabawo. Mu ngeri y'emu Katonda ayogera ku kabaka w'e Buperusi ng'ekiseera kye eky'okuzaalibwa tekinnatuka, ngakozesa olulimi olutegeeza gyobera yaliwo mu kiseera ekyo (Isaaya 45: 1 – 5). Abaebbulaniya 7:9-10 kya kulabirako ekirala eri ensonga eno.

Mu ngeri y'emu nga Yeremiya ne bannabbi bwe boogerwako ng'abaliwo nga n'ensi tennatondebwa olw'ekifo kyabwe mu nteekateeka ya Katonda, n'abakiriza nabo bwe batyo boogerwako ng'abaliwo mu budde obwo. Kitegerekeka bulungi nnyo nga wama tetwaliwo mu budde obwo. Okujjako mu birowoozo bya Katonda. “Katonda yatulokola natuyita okuyita okutukuvu… okumalirira kwe ye n'ekisa bwe biri, kye twaweerwa mu Kristo Yesu emirembe n'emirembe nga teginnabaawo” (2 Tim 1:9). Katonda “yatulondera mu ye (Kristo) ng'ensi tennaba kutondebwa… bwe yatwawula edda… nga bwe yasiima olw'okwagala kwe” (Bef. 1:4-5). Ekirowoozo kyonna ekya buli muntu okumanyibwa Katonda okuva edda n'edda n'okulondebwa eri obulokozi kiraga nga bwe baali mu ndowooza ya Katonda okuva ku kusooka (Bar. 8:27; 9:23).

Okusinziira ku binno tekyewunyisa nti Kristo ng'enteekateeka ya Katonda mwegweera, ayogerwako ng'eyaliwo okuva edda n'edda mu ndowooza ya Katonda n'enteekateeka ye, newankubadde nga mu mubiri tekyandisobose. Yali “omwana gw'endiga eyattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi” (Kub. 13:8). Tekitegeeza nti Yesu awo we yaffira; wabula yali “omwana gw'endiga wa Katonda” eyassaddakibwa kumpi emyaka 4000 nga giyiseewo (Yok. 1:29; 1 Kol. 5:7). Mu ngeri y'emu nga Yesu bwe yalondebwa okuva ku kusooka (1 Peter 1:20), n'abakiriza bwe batyo (Bef. 1:4; ekigambo eky'Oluyonaani (okulondebwa) ky'ekimu ekikozesebwa mu bunnyiriri obwo). Kino ffe kituzibuwalira okutegeera kubanga tetusobola kufumitiiriza ku ngeri enkola ya Katonda nga bweri wabweru w'ekigambo ssawa. Obukkiriza kwe kusobola okutunulira ebintu nga Katonda nga tetutunulidde biseera

.

## 7.4 OLUBEREBERYE WALIWO KIGAMBO (YOK. 1:1-3)

Ku lubereberye waliwo kigambo, kigambo n'aba awali Katonda, kigambo n’aba Katonda. Oyo yaliwo oluberebrye awali Katonda. Ebintu byonna byakolebwa ku bw'oyo” (Yok.1:1– 3).

Obunnyiriri bunno bwe butegerekeka obulungi, bukakasa ate ne bwongera okugaziya ku ebyo byonna bye tutuseko mu kitundu ekiwedde. Kyokka ekitundu kino kye kisinga obutategerekeka eri abo abasomesa nga Yesu bwe yaliwo mu ggulu nga tannaba kuzaalibwa. Okutegeera okutuufu obunnyiriri buno kusinzira ku kumanya ki “Kigambo” kye kitegeeza mu kitundu kino. Tekisobola kutegeeza omuntu, kubanga omuntu tasobola kuba na Katonda ate naba Katonda mu kiseera ky’ekimu. Ekigambo eky’Oluyonaani ekya kyusibwa “Kigambo” wano, te kitegeeza “Yesu”. Kiteere okukyusibwa nga “Kigambo”, naye nga:- Ebyaliwo, Ekiretawo, Mpulizigannya, Enjigiriza, Kigendirerwa, Okubuulira, Ensonga, ekigambibwa, Amawulire.

**“KU LUBEREBERYE”**

Ekigambo kiyinza okutegeeza endowooza y’omunda ate emala ne yolesebwa ebweru mu mboozi. Ku lubereberye Katonda yalina ekigambo kino. Ekigendererwa kye kyali kyetololera mu Kristu. Ebintu byonna byatondebwa ku lw’ekigendererwa kya Katonda kye yali nakyo mu Kristo – emmunyeenye ne birala byonna, mu engeri endala byatondebwa nga byekusa ku kuzaalibwa n’okuberewo kwa Yesu ate n’obuwanguzi bwe. (kale laba obwetowaaze bwa Katonda naleka okuzaalibwa n’okufa okw’omwana we mu ngeri gye yakikola). Tumaze okulaba engeri omwoyo wa Katonda bw'ateeka ebirowoozo bye mu nkola, ekiretawo enkola wakati wa mwoyo we n’ekigambo kye (laba ekitundu 2.2). Nga mwoyo wa Katonda bwe yassa mu nkola enteekateeka ya Katonda n’abasajja era n’alungamya ebyawandiikibwa bye okuva mu ntadika, ne bwatyo naweereza endowooza eya Kristo mu nkola ye ne mu bigambo. Kristo yali kigambo kya Katonda, era n’olwekyo omwoyo wa Katonda n’alaga enteekateka ya Katonda eri Kristo mu nkola ye yonna. Kino kinnyonnyola ensonga lwaki tusanga bingi ebyogera ku Kristo mu Ndagaano Enkadde. Kyokka tekiyinza kusibbwako nnyo essira nti Kristo ng’omuntu teyali “Kigambo”, yali entekateeka ya Katonda ey'obulokozi ng’ayita mu Kristo eyali ekigambo. Kigambo emirundi mingi kikozeswwbwa okutegeeza Enjiri ya Kristo. Eky’okulabirako: “ekigambo kya Kristo” (Bak 3:16, ger. Mat. 13:19, Yok. 5:24, Ebikolwa by’Abatume 19:10; 1Bas. 1:8). Wekkanye ng’ekigambo kyogera ku Kristo so si kububwe ng’omuntu. Kristo bwe yazaalibwa ekigambo kino ne kifulibwa omubiri n’omusayi -

omuntu (Yok. 1:14). Yesu yennyini yali kigambo kya Katonda ekirabibwako. Yesu yafuuka kigambo ng’azaalibwa Malyamu, so teyaliwo okuva edda.

Enteekateeka, oba obubaka ku Kristo bwali ne Katonda okuva olubereberye, naye ne bubikulibwa mu lwatu mu muntu Kristo n’okubuliirwa kwe Njiri ku ye mu kyaasa ekyasooka. Kale Katonda yayogera ekigambo kye eri ffe ng’ayita mu Kristo. (Abaebbulaniya 1:1, 2). Kisibwakko essira buli kiseera nti Kristo yayogera ebigambo bya Katonda ate n'akola eby’amagero ng’ayima ku biragiro eby’ekigambo kya Katonda asobole okuyolesa Katonda gye tuli. (Yok. 2:22; 3:34, 7:16, 10:32, 38; 14:10, 24).

Paulo yagondera ekiragiro kya Kristo okubuulira Enjiri ku ye “eri amawanga gonna.”: “Okubuliira kwa Yesu Kristo ng’ekyama bwe kibikkuddwa ekyasirikirwa okuva mu biro eby’emirembe n’emirembe, naye kakati kirabise ne kitegeezebwa amawanga gonna” (Bar. 16:25, 26, ger. 1 Kol. 2:7). Omulimu gwa Kristo gwe gwasobozesa obulamu obutaggwaawo eri omuntu (Yok. 3:16; 6:53 – 54); ate ng'olubereberye Katonda yalina enteekateeka ey’okuwa omuntu obulamu obutaggwaawo, n’okumanya nga bwe yakola ssaddaaka eyo Yesu gyaliba. Okutuwa kuno kwalabisibwa mu bujjuvu oluvannyuma olw’okuzaalibwa n’okufa kwa Yesu. “Obulamu obutaggwaawo Katonda atayinza kulimba bwe yasuubiza ebiro eby’emirembe n’emirembe nga tebinnabaawo; naye mu ntuuko ze yalabisa ekigambo kye mu kubuulira kwe” (Tito 1:2,3). Tumaze okulaba nga bannabbi ba Katonda bwe boogerwako ng’abaliwo okuva edda n’edda (Luk 1:70) ekitegeeza, nti “ekigambo” kye bayogera kyali ne Katonda okuva olubereberye.

Engero za Kristo zabikkula bingi ku bino; kale mu kino yatuukiriza obunnabbi obumukwatako; “ndyasamya akamwa kange mu ngero; ndireeta ebigambo ebyakwekebwa okuva ku kutonda kw’ensi” (Matayo 13:35). Awo olw’okutegeera kino, ne tumanya nti “kigambo yali ne Katonda . . . Ku lubereberye”, “kifuuke omuntu” ku kuzaalibwa kwa Kristo.

**“KIGAMBO N'ABA KATONDA”**

Kakaati tuli mu mbeera esobola okulowooza ku “kigambo n'aba Katonda”. Enteekateeka n’ebirowoozo byaffe, be ffe bennyini. 'Ngenda e Kampala’ kigambo oba njogera eraga ekigendererwa kyange. Enteekateeka ya Katonda mu Kristo nayo bw'etyo bweyinza okutegerebwa “Nga bwalowooza mu munda ye bwali (omuntu) bwatyo (Ngero 23:7) ne Katonda nga bwalowooza bw’atyo bwali. Kale ekigambo kya Katonda, oba okulowooza kwe ye Katonda Yennyini. Olw’okuba nga kino bwe kiri bw’ekityo, waliwo enkolagana ey’okumpi

wakati wa Katonda n'ekigambo kye: okukwasaganya nga kwe tulaba mu Zabbuli 29:8 wekuli buli kiseera. "Eddobozi lya Mukama likankanya eddungu", ne (Zabbuli 56; 4; 130:5). Enjogera nga "temumpuliranga, bw'ayogera Mukama" (Yeremiya 25:7) nyingi mu bunnabbi. Katonda abeera ategeeza nti temuwuulidde bigambo byange ebyayogerwa bannabbi. Mu butuufu ebiseera ebirala Yakuwa kisomebwa ng'ekitegeeza "ekigambo kya Yakuwa (Laba 1 Samwiri 3:8). Ne mu ngeri endala "ebyawandiikibwa" birina okutegerebwa ng'ebitegeeza 'Katonda' (Bar. 9:17 ger. Ex. 9:16; Bag. 3:8). Dawudi yatwaala ekigambo kya Katonda ng'ettabaaza… (Zabbuli 119:105), era ate ne yefumitiiriza: "Ggwe ttabaaza yange, ai Katonda era Mukama alyakira ekizikiza kyange" (2 Samwiri 22:29), ng'alaga obumu wakati wa Katonda n'ekigambo kye. N'olwekyo kitegerekeka nti ekigambo kya Katonda kiri nga ye yennyini, kwe kugamba kyogerwako ng'omuntu newakubbade nga ekigambo kino si muntu. (Laba Akanyomero 4 'Etteeka ery'okwefaananyiriza omuntu').

Katonda ye ge mazima gennyini (Yokaana 3:33; 8:26; 1 Yok. 5:10), n'olwekyo n'ekigambo kye ge mazima (Yok. 17:17). Mu ngeri y'emu Yesu yeyogerako ne bigambo bye; anti ekigambo kye atuuka n'okukifula ng'omuntu: "agaana nze natakkiriza bigambo byange, alina omusalira omusango; ekigambo kye nnayogera kye kirimusalira omusango ku lunako lw'enkomerero" (Yok.12:48). Yesu ayogera ku kigambo kye ng'omuntu mwennyini. Ebigambo bye byayogerwako ng'omuntu, kubanga byaali bikwata ku Yesu.

Kale n'ekigambo kya Katonda kifuulibwa nga ye mwenne – Katonda; mu Yok. 1:1-3. Kale ku bikwata ku kigambo tutegeezebwa nti; Ebintu byonna byakolebwa ku bw'oyo" (Yok. 1:3). Naye, "Katonda ye yatonda" ebintu byonna n'ekiragiro ky'ekigambo kye (Lub. 1;1). N'olwekyo ekigambo kya Katonda kyogerwako nga ye yennyini. Ensonga enkulu ey'okwebulirira gye tuli mu kino eri nti Katonda mu kigambo kye ekiri mu mitima gyaffe; ayinza okutusembeza okumpi naye. Katonda yayogera ku ngeri Israeri gye yagwagwawazamu etteeka ery'okukuuma ssabbiiti ate n'egeri gye bakola ky'ekimu ekyo ku Ye (Ezek. 22:26). Katonda kigambo kye ye yennyini; n'okunyooma ebiragiro bye kuba okunyooma ye yennyini. Endowooza yaffe ku kigambo kye, yendowooza yaffe ku Ye. Y'ensonga lwaki Sawuulo ; "olw'okusobya kwe kwe yasobya Mukama, olw'ekigambo kya Mukama kyataakwata" (1 Byom 10:13).

Tumanyi bulungi okuva mu kitabo eky'olubereberye nga Katonda ye mutonzi ng'ayita mu kigambo kye. Ekigambo ekyogerwako ng'ekyakola ebintu byonna, okuleka Kristo ng'omuntu (Yok. 1:1-3). Mu kigambo kya Mukama eggulu lya kolebwa n'eggye lyamu lyonna,

emmunyeenye n’omukka ogw’akamwa ke…. yayogera ne kikolebwa, yalagira ne kinywera” (Zab. 33:6, 9). Ne kaakano ku kigambo kye ebitonde byonna kwe bitambulira. “Awereza ekiragiro kye ku nsi; ekigambo kye kidduka embiro nnyingi. Agabula omuzira ng’ebyoya by’endiga … Atuma ekigambo kye… amazzi ne gakulukuta” (Zabbuli 147:15-18).

Olw’okuba ekigambo kya Katonda Ge maanyi ge ag’obutonzi, yakikozesa ku Malyamu okuba olubuto lwa Yesu. Ekigambo, enteekateeka ya Katonda eyassibwa mu nkola n’omwoyo omutukuvu amaanyi Ge (Luk. 1:35) kyaleta okuzaalibwa kwa Yesu. Kino Malyamu yakitegeera bwe yayanukula Malayika ng’aleese amawulire ag’okuzaalibwa kwa Yesu Kristo: “kibe ku nze nga bw’ogambye” (Luk. 1:38).

Tumaze okulaba nti ekigambo oba mwoyo wa Katonda kiraga ekigendererwa Kye, ekyogerwako mu Ndagaano Enkadde yonna. Obutuufu bwa kino bulagibwa mu kitabo ky’Ebikolwa by’Abatume 13:27, Yesu mwayogerwako mu bigambo bya bannabbi mu Ndagaano Enkadde: “Abayudaya tebamutegeera newakubadde eddobozi lya bannabbi”. Kristo bwe yazaalibwa, ekigambo (mwoyo) kyonna kyali mu Yesu Kristo ng’omuntu. Ng’alabisibwa, omutume Yokaana yagulumiza engeri enteekateeka eya Katonda ey’obulamu obutaggwaawo bwe yayolekebwa mu Kristo, oyo abayigiriza gwe basobola okulabako era ne bamukwatanako. Ate kaakano nakitegeera nga balinga bakwata ku kigambo kya Katonda, enteekateeka Ye yonna ey’obulokozi mu Kristo (1 Yok. 1:1-3). Newakubadde nga tetusobola kulaba Yesu, naye naffe tuyinza okumanyira ddala ekigendererwa kya Katonda gye tuli ne mu kyo ne tuba n’essuubi ery’obulamu obutaggwaawo (1 Peetero 1:8, 9). Tulina okwebuuza ekibuuzo kino nti ‘Mmanyidde ddala Kristo nze?’ okumala gakkiriza nti omusajja omulungi eyayitibwanga Yesu yaliwo ku nsi kuno kyokka tekimala. Okugenda mu maaso n’okusoma Baibuli nga bw’osaba kiba kyangu okumutegeera mangu ng’omulokozi wo n’ofuuka owuwe mu kubatizibwa. Alisalira abantu omusango ku lunaku olw’oluvanyuma, naye n’ekigambo nakyo kiribasalira (Yok.12:48) Ye yali mulungi mu kwolesa ekigambo kya Katonda; yali kigambo kya Katonda era yali bubaka / ekigambo bwe yabulira.

## AKANYOMERO 12 :
## YESU OMWANA WA KATONDA [ABAEBBULANIYA 1:8]

“Naye ku mwana ayogera nti: “Entebe yo, ai Katonda, ya lubeerera emirembe n'emirembe” (Beb. 1:8). Wano Yesu ayogerwako nga 'Katonda'. “Alabye ku nze, ng'alabye ku Kitange. . . tokkirizanga nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu nze? Ebigambo bye mbagamba nze,

sibyogera kubwange nzekka; naye Kitange bw'abeera mu nze nkola emirimu gye. Munzikkirize nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu nze: oba munzikkirize olw'emirimu gyokka” (Yok. 14:9-11). Kitaawe ali mu Yesu era ne Yesu ali mu Kitaawe.

Yoswa (Yesu) bwe yakomererwa ku musalaba yakowoola, ng'ajjuliza Zabbuli 22: 'Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?'. Omwana ne Katonda bitonde ebyawukkanye. Bwe babuuza Yesu nti: “Omuyigiriza omulungi, ndikola kigambo ki ekirungi mbeere n'obulamu obutaggwaawo?” (Mat 19:16, 17). Yaddamu nti: “kiki ekikumpisa omulungi? Omulungi ali omu, nga ye Katonda”. Tufuna eky'okuyigamu nti waliwo enjawulo wakati wa Katonda n'omwana we.

Kitabulatabula? Eno ye nsonga lwaki kyetagisa okumanya olulimi Oluyudaaya oba Oluyonaani, olutera okusangibwa mu kitabo ekimanyiddwa nga 'concordance' ekya 'Strong'.

Ka twekennenye embeera. Mu kujjuliza kwe tujje mu Beb. 1, omuwandiisi ajjuliza Zab. 45:6; 'Entebe yo ai Katonda . . . '. Nga tugenze mu 'concordance' tukizzula nga ekigambo eky'Oluyudaaya kyennyini kiri 'Elohim'. Elohim kiyinza okukwata ku bantu abangi, eky'okulabirako mu Kuv. 22:8,9 'Elohim' kyakyusibwa nti “abalamuzi”. Okumanya kino kituyammba okutegeera Yok. 10:33,35: “Abayudaaya ne bamuddamu nti olw'omulimu omulungi tetukukuba mayinja, naye olw'okuvoola; era kubanga ggwe oli muntu ne weefuula Katonda”. Yesu n'abaddamu nti tekyawandiikibwa nti Nze nnagamba nti muli bakatonda?, Oba nga yabayita abo bakatonda, abajjiirwa ekigambo kya Katonda. . . mwe mumugambira ki ye, Kitaawe gwe yatuukuza, n'amutuma mu nsi, nti ovoodde; kubanga ngambye nti “ndi mwana wa Katonda?”. Ebika ebya Baibuli endala bituzaayo emabega nga bijjuliza Zab. 82:6, wabula Zabbuli si ge 'mateeka' Yesu gayogerako. Ali kwogera ku bitundu nga Okuva 21 ne 22 Elohim mwe kyakyusibwa ng'Abalamuzi'.

Mu kujjuliza okw'okubiri “Nze ndi mu Kitange ne Kitange ali mu nze”, oba mu ngeri endala 'Tuli Omu ne Kitange', kino kikwata ku bumu obwogeerwako mu Yokaana 17:20-23: “So sibasabira bokka, naye n'abo abanzikiriza olw'ekigambo kyabwe; bonna babeerenga bumu;nga ggwe, Kitange, bw'oli mu nze, nange mu ggwe, era n'abo babeerenga mu ffe”. Nga njjuliza ebigambo ebya Yesu ng'aliku musalaba, 'Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?”. Kitaawe yali tamwabuulidde. Yesu yakozesa ekigambo 'El', ng'ekimu nga Elohim kye kitegeeza ebingi. El mu 'concordance' eya Strong amakulu gali 'amaanyi'. Amaanyi ge g'ali gamujjiddwako katono. Mu kuwumbawumbako, okukkiririza mu 'Basatu'

tekyali kiyigirizibwa mu butongole okutuusa ekyasa eky'okuna. Ebigambo 'Abasatu' oba 'Katonda omu mu Basatu' tebisangibwa mu biwandiiko eby'olubereberye. Ebiwandiiko ebyo tebiyigiriza nti 'omu mu Basatu' oba nti 'Abasatu mu Omu', wabula enkumi n'enkumu mu Omu n'Omu mu nkumi n'enkumu ez'abakkiriza, okuva ku Abiri omutuukirivu, ow'omu Lubereberye 4 okutuukira ddala kw'abo aboogerwako mu Yok. 20:29, awo Yesu bwe yagamba Tomasi nti: “ Tomasi kubanga ondabye, kyovudde okkiriza. Balina omukisa abakkiriza nga tebaliiko kye balabye”.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 13:
## YESU TEYALIIWO OKUVA EDDA N'EDDA: W'OGAMBIRA OTYA?

1 Yok.11 lwogera ku ngeri okuyigiriza nti Yesu teyali ddala muntu nga bwe kyekuusa ku “bikolwa ebibi”. Eky'amazima kiba nti ebikolwa ebirungi bisikirizibwa olw'okutegeera okw'amazima obuntu bwa Mukama, ate ebikolwa ebibi na kugaana okukkiriza enjigiriza eno. Okugezesebwa okutuufu Yokaana kwe yalagira kwetoololera ku bintu bibiri: Abo abajja gy'oli balina okutegeera okw'amazima obuzaalirana bwa Yesu; era balina okwagala. Ebyo byombi bigendera wamu. Era ky'eky'okugezesebwa ekirungi ne leero. Kubanga awataba kwagala, enjigiriza ey'amazima ku Yesu tekkirizibwa mu mazima, ne bwe kiba nti eyogerwako bulungi mu bigambo ne mu kuwandiika.

### OKUSABA N'OBUVUMU N'OBUJJULIZI

N'olwekyo mu bulamu bwaffe obwa bulijjo, afuukira ddala mulamu, era naffe nga Dawudi tubeera tulaba Mukama Yesu mu maaso gaffe olunaku lwonna. Ne tukkiririza ddala nga mu okusonyiyibwa kisoboka okuyita mu mulimu ogw'eyatukyikirira ali nga oyo; era n'eky'okulabirako kye ky'amakulu nnyo gye tuli, nga ekituuzaamu essuubi ekiramu okuyimusa waggulu obuzaalirana bwaffe obwa wansisisi. Okukkiriza ebiyigirizibwa ku kutabaganya kitusobozesa okusaba ng'abakkiriziddwa; “Mwe tuggya obuvumu bwaffe n'okusembera n'obugumu olw'okumukkiriza ye” - si 'nakukkiriza' kwokka, wabula olw'ekiva mu Kukkiriza (Bef.3:12). Abaebbulaniya kikozesa nnyo ekigambo “n'olwekyo”; olw'amazima ag'okutabaganya, n'olwekyo tusobola okusembera n'obuvumu eri entebe ya Katonda ey'ekisa, mu kwegayirira, n'omutima ogutereedde n'omwoyo omulungi (Beb. 4:16). “Obuvumu” buno obwaleetebwa olw'okutabaganya kubeera kulabikira mu kuwa obujjulizi bwaffe 'n'obuvumu' (2 Kol. 3:12; 7:4); obutuukirivu bwaffe bwe twenyumiririzamu obwatubalirwako bunatukulemberanga okuba n'obugumu mu mubiri gwaffe gwonna. Kino ky'ekituufu lwaki 'obuvumu' y'ali enneyisa era omukumi eri ekkanisa eyasooka (Bik.

4:13,29,31; Bef. 3:12; Baf. 1:20; 1Tim. 3:13; Beb. 10:19; 1 Yok.4:17). Suteefano yakkiririza ddala nga Mukama Yesu yayimirirawo ng'amukykirira omuwoolereza we mu maaso ag'entebe y'ekisa. Newakubade nga ekooti y'ensi yamusalira omusango, ajjulira mu maaso eg'ekooti y'omu ggulu nga mugumu (Bik. 7:56). Awatali kubuusabuusa yasikirizibwa ennono ey'amazima nti buli ayatula Mukama Yesu mu maaso  g'abantu, naye alimwatula mu maaso g'aba malayika mukooti ey'omu ggulu (Luk. 12:8).

Enkwasaganya wakati aw'okutabaganya n'obukkiriza mu kwegayirira birambululwa mu 2 Kol. 1:20: “Kubanga mu byonna byonna Katonda bye yasuubiza, mu oyo mwe muli weewaawo”. Kye tuva twatula amiina nga tuyita mu ye. Katonda bye yasuubiza byakakasibwa nga biyita mu kufa kwa Yesu, n'olw'amazima nti yafa nga ezzadde lya Ibulayimu, kubanga yeteekako ezzadde erya Ibulayimu lyonna mu kulikyikirira (Bar. 15:8,9). Olw'ekyo, “twatula amiina nga tuyita (oba olw'okuba tuli mu) ye”. Tuyinza okugamba nti 'Amiina' okuva ku mutima, kibeere bwe kityo, eri okusaba kwaffe olw'obukkiriza  bwaffe n'olw'okutegeera omulimu ggwe ogw'okutabaganya.

**OKWAGALA**

Olw'amazima nti Mukama Yesu teyaliiwo ng'omuntu okuva edda n'edda kyetaagisa okwefumitiirizako. Nga okulowooza okutujjira ekiro nga tuyimiridde fekka ekiro, nga tutuunulira eggulu. Kirabika nga ekikakafu nti wateekwa okuba nga waliiyo okutondebwa okulala oba ebyatondebwa ebirala, gamba ng'okutondebwa kwa Bamalayika. Katonda yaliwo okuva edda, nga ate yafuna omwana we eyazaalibwa omu yekka, mu myaka enkumi biri egyiyiseewo. Era nga omwana yo yali omuntu omulamu okusobola okulokola abantu-obuwumbi obutono ennyo bwokka, abaliiwo okumala ekiseera eky'emyaka kakaaga. Mu kitiibwa eky'ekiseera n'ekifo ekitakoma, kino kyewunyisa nnyo. Nti omwana wa Katonda omu yekka yafiirira abantu abatono ennyo ku ffe fenna abali wano, ffe abaali bayavulira wano kun nsi eno ensirikiti ennyo mu kabanga akatono bwe katyo. Yafa olwo nno Katonda asobole okukola ku kulokolebwa kwaffe; era omukwano gwa Katonda eri ffe gugeraageranyizibwa n'omulenzi awasa omuwala embeerera (Is. 62:5). Katonda ataggwaawo, ayaliwo okuva emirembe gyonna, ageraageranyizibwa n'oyo eyakatandika obutandika, alina ebirowoozo ebikulu ennyo n'okusuubira okw'essanyu era ataggwamu kukkiriza. N'okukirawo ku kino. Yesu ataliwo okuva edda n'edda wabula yali nga nze, yafiirira nze, mu ngeri eswazza. Emitima gyaffe n'endowooza, biba bibulidde mu nkola etekoma. Okwagala kwe okulongoofu gye tuli, egonjebwa, kiba kitegeeza nga naffe tusaanye okutuukirira obulamu obw'abantu bonna, nga tetubalowoozako ng'abatalina mugaso oba abali wansi waffe oba abatuli ewala

ennyo. Tekyewunyisa kulaba nga 1 Yok. 4:15, 16 wainnyonnyola nga okukkiriza Yesu nga omwana wa Katonda nga okukkiriza omukwano Katonda gwalina eri ffe.

Obukristaayo obw'amazima bukitwala nga enkolagana n'emikwano mu buntu ky'ekisinga ebirala byonna mu nsi muno, era nti engeri ey'amazima ey'okubaawo kye- ekisembayo eky'okwennenya nga twagala, awatali kwerowooza, nga twewayo ffe eri Katonda n'abantu abalala awatali kyetukisa. Era nga kino kinyweredde ddala mu mazima ag'okuba nti tunoonya okugoobeerera eky'okulabirako ekya Yesu okusinga ebintu byonna byonna ebirala. Eky'okulabirako kino kituufu ate nga ky'amazima olwa Yesu okubeera omuntu ddala. Nga bwe yayigirizanga ebintu bino, era bw'atyo yabitambuliramu. Ku mutendera ogw'obuntu ennyo, y'ali omuntu ow'obulamu obutuukirivu ensi eno gwe yali alabye. Nga ddala olw'obuntu bwe, ddala olw'okuba teyali “Katonda mwenne” naye “Yesu Kristo omuntu”. Olw'okuba nga Yesu teyaliiwo okuva edda n'edda , gwe tulina ng'eky'okulabirako eri obulamu bwaffe n'okubeerawo. Okwasanguza nti Yesu yali “Katonda” kuba kumuggyako eky'obuntu bwe; kizikirizza ekyewunyo ky'enneyisa ye era n'ekyo kyennyini kyonna kye yali era ky'ali era nga bwaliba emirembe gyonna.

**EKITUUFU KY'OMUSANGO**

Fenna tulisalirwa omusango mu muntu Yesu Kristo (Bik. 17:3). Kino kitegeeza nti olw'amazima nti Kristo teyaliwo okuva edda n'edda era y'ali muntu kimufuula okufuukirawo omulamuzi waffe eri ebikolwa byaffe byonna eby'obuntu. Era olw'ensonga eno Pawulo atukubiriza twennenye kati. Ye mulamuzi kubanga ddala mwana wa muntu.

**OKUFUNDIKIRA**

Yokaana ayogera nnyo ku kikwata ku kukkiriza nti Yesu yajja mu mubiri kubanga ayagala baganda be okubeera n'omwoyo nga Yesu gwe yalina okutuula mu mubiri gwabwe (1 Yok. 4:2,4). Ayagala bamanye nti okuba mu mubiri, tekigaana Katonda kubeeramu. Nga Yesu bwe y'ali mu nsi, naffe tuliba mu nsi (1Yok 4:17). Eno y'ensonga lwaki kikulu okutegeera nga Mukama Yesu y'ali muntu yennyini.

**ESSOMO 7: EBIBUUZO**

1. Wandiika obunnabbi bwa mirundi ebiri okuva mu Ndagaano Enkadde obukwata ku Yesu.

2. Yesu yaliwo ng'omuntu nga tannaba kuzaalibwa?

3. Mu kutegeera kwa ngeri ki mw’oyinza okugamba nti Yesu yaliwo nga tannaba kuzaalibwa?
   a) Nga malayika
   b) Nga omu ku bassattu
   c) Nga mwoyo
   d) Mu ndowooza ne mu kigendererwa kya Katonda kyokka.

4. Ki ekyogera ku Malyamu ekituufu ku binno wamanga?
   a) Yali mukazi omuteefu, era atayonoona.
   b) Yali omukazi ow’ababulijjo
   c) Yali lubuto olwa Yesu ku bwa mwoyo omutukuvu
   d) Awaayo essala zaffe eri Yesu kaakano.

5. Ddala Yesu ye yatonda ensi?

6. Ngeri ki gy’otegeramu Yokaana 1:1-3 “Ku lubereberye waliwo kigambo”.
   Kino kitegeeza ki?

7. Lwaki kikulu okumanyira ddala nti Yesu teyaliwo nga muntu nga tannaba kuzaalibwa?.

# ESSOMO 8

# OBUZAALIRANA BWA YESU

## 8.1. OBUZAALIRANA BWA YESU: ENNYANJULA

Eky’enaku ennyo mu Bukrisitayo kwe kulowooza nti Mukama Yesu Kristo teyafuna kitiibwa n’okuggulumizibwa ebimugwanidde olw’obuwanguzi bwe yatuukako mu kuwangula ekibi ng’ayita mu butukirivu bwe. Enjigiriza “ey’abasattu” efuula Yesu okubeera Katonda yennyini. Naye ate tulaba nti Katonda takemmebwa (Yokobo 1:13) era tayonoona, n’olwekyo kino kiba kitegeeza nti Yesu teyalwanagana na kibi. N’olwekyo obulamu bwe ku nsi olwo bwa ndibadde ekigguumaaza nga tebulina kyakulabirako eri omuntu, era obutalina kuwulira kulumwa okw’eby’omwoyo n’omubiri byeguyitamu, kubanga ebyo ye biba tebyamutukako.

Ate ku ludda olulala abamu, okugeza ng'Abamamoni na Bayakuwa balemmwa okutunulira obulungi ekyewunyisa kya Kristo nga omwana wa Katonda omu yekka. N’olwekyo tekiyinzika kubeera nti Kristo yali Malayika oba omwana wa Yozefu. Waliwo abagamba nti embeera ya Yesu ey'obulamu bwe, yali nga ey'Adamu bwe yali nga tannayonoona. Tewali kyawandiikibwa mu Baibuli kiraga ndowooza bweti etesiima okutondebwa kw'Adamu okuva mu nfuufu, ate nga ye Yesu ku bwa Katonda yatondebwa mu lubuto lwa Maliyamu. Newakubade nga Yesu teyalina kitaawe owo ku nsi, yali mu lubuto era n’azaalibwa nga ffe. Abantu bangi tebasobola kukikiriza ng'omuntu eyalina obuzaalirana obw’ekibi nga ffe teyayonoona. Kino ky'eky'amzima ekiziyizza okukkiriza okwa ddala mu Kristo.

Okukkiriza ng'obuzaalirana obwa Yesu bwali nga obwaffe wabula n'atayonoona mu bikolwa bye, naye nga yawangulanga okukemebwa, kiba kizibu. Kyetagisa okutunulira n’obwegendereza mu by’awandiikibwa ebikwata ku bulamu bwa Yesu bulungi, nga kuno kwogasse n’ebitundu ebirala mu Baibuli ebingi ebiraga nga teyali Katonda, okukusobozesa okutegeera n’obukkiriza mu Kristo owa ddala. Naye ate kyangu nnyo, okulowooza nti ddala Yesu yali Katonda, n’olwekyo nga tasobola kwonoona. Kino kiba kiwakanya obukulu eri obuwanguzi bw'ekibi n’obuzaalirana obw'abantu.

Yesu yalina obuzaalirana bw'abantu, ekitegeeza nti yalina buli emu ku ndowooza zaffe embi (Abaebbulaniya 4:15) naye ate bino yabiwangula olw’okwewaayo kwe eri enkola ya Katonda, ng’amusaba okumuyamba okuwangula ekibi. Era kino Katonda na kimuwa okutuuka ne ku kino nti “Katonda yali mu Kristo, ng'atabaganya ensi naye yennyini” ng’ayita mu mwana we yennyini (2 Abakkolinso 5:19).

Yesu ng'atuyita okwetikka ku kikoligo kye tusobole okufuna ekiwummulo (Matayo 11:29) aba ategeeza nti yali nga ffe, obuzaalirana nga obwaffe, naye ng'atusinga okuguma.

## 8.2. ENJAWULO WAKATI WA KATONDA NE YESU.

Waliwo okwekenenya okumala wakati w’ebyawandiikibwa ebikattiriza, nga “Katonda bwe yali mu Kristo” n'ebyo ebikwata ku buzaalirana bwe ng'omuntu. Ebyawandiikibwa ebikwata ku buzaalirana bwe ng’omuntu bikalubya okumattiza endowooza egamba nti Yesu Katonda mwennyini nga ensomesa y’abassatu bw’ekyogera mu bukyaamu. Ensomesa eno ey’abassatu yayanjulwa mu lukiiko olwali e Nicea mu 325 A.D, wano endowooza eya Katonda okuba mu ‘basattu’ lwe yatandiika, Abagoberezi ba Kristo abasooka kino bali tebakimanyidde ddala. Ekigambo ‘abassatu’ tekiriyo mu Baibuli. Essomo 9 lijja kutunulira ku Kristo nga bwe yawangula ekibi n’oludda lwa Katonda mu kino. Nga bwe tutandiika amassomo gano tujjukire nti obulokozi buva mu kutegeera Yesu Kristo yennyini (Yok. 3:36,6:53;17:3). Bwe tumala okufuna okutegeera okutuufu okw'obuwanguzi bwe eri ekibi n’okufa, tusobola okubatizibwa mu Ye okusobola okugabana ku bulokozi buno.

Ebimu mu bufunze ebikwata ku nkolagana wakati wa Katonda ne Yesu bisangibwa mu 1 Tim 2:5. “Kubanga waliwo Katonda **omu,** era **omutabaganya** wa Katonda n’abantu omu, **omuntu** Kristo Yesu”. Okulowooza ku bigambo ebyo ebitangaaziddwa kutuletera bino:-

- Nga bwe wali Katonda omu, kizibu ate okugamba nti Yesu naye Katonda. Oba Kitaffe ye Katonda, nga ne Yesu naye Katonda kiteegeza nti waliwo ba Katonda babiri. “Naye gye tuli waliwo Katonda omu, Kitaffe, . . . “ (1 Kol 8:6). N’olwekyo Kitaffe Katonda ye Katonda yekka. Kale kizibu okubeerayo ekitonde ekirala ku bwakyo ekiyitibwa ‘Katonda omwana’ ng’ensomesa ey’abassatu eteri ntuufu bw’egamba. Mu ngeri y'emu Endagaano Enkadde eraga Yakuwa, Katonda omu, nga Kitaffe (Isaaya 63:16; 64:8).

- Okwongera kw’ono Katonda omu, waliwo omutabaganya, omuntu Kristo Yesu “n'omutabaganya omu”. Ekigambo ekyo “no” kiraga enjawulo wakati wa Kristo ne Katonda.
- Nga Kristo bwali “omutabaganya” kitegeeza nti ye kayungirizi. Omutabaganya w'abonnoonyi eri Katonda atayonoona, tasobola kuba Katonda mwenne, yalina okuba omuntu atayonoona era eyava mu muntu ow’ekibi. “Omuntu Kristo Yesu” atuleka n’obutabusabusa ng’oyo yennyini eky’awandiikibwa gwe kyogerako. Nga wadde Pawulo yawandiika oluvannyuma lwa Yesu okugenda mu ggulu, teyamuyita nti “Katonda Yesu Kristo”.

Emirundi mingi tujjukizibwa nti “Katonda si muntu” (Okubala 23:19; Koseya 11:9); ate nga ye Kristo yali mwana wa muntu” oba nga bwayitibwa emirundi mingi mu Ndagaano Empya “omuntu Yesu Kristo”. Mu Luyonaani Yesu ayitibwa omwana w'abantu. Mu ndowooza ya Bayudaaya, ‘omwana w’omuntu kyali kitegeeza omuntu afa era owa bulijjo (Is. 51:12).
“Kubanga okufa bwe kwabaawo ku bw’omuntu (Adamu), era n’okuzuukira kw’abafu kwabaawo ku bwa muntu (Yesu)” (1 Kol. 15:21). Ate era yali “Omwana w’oyo ali waggulu ennyo” (Luk. 1:32). Katonda okuba nga yali “waggulu ennyo” kitegeeza Ye yekka aggulumiziddwa ennyo; Yesu okubeera omwana w’oyo ali waguulu ennyo kiraga nti teyali Katonda. Olulimi lumu olukozeseebwa ku Katonda n’omwana ate ne ku Katonda ne Yesu, lutulaga bulungi nga bwe batenkanankana. Weewaawo omwana ayinza okuba n’ebyafaanana Kitaawe, naye kino tekimufuula kuba kitaawe, oba okwenkanankana mu myaka ne Kitaawe.
Okusinziira kw'ebyo waliwo enjawulo nnene ezirabibwa wakati wa Katonda ne Yesu eziragira ddala nga Yesu bwataali Katonda yennyini.

| **KATONDA** | **YESU** |
|---|---|
| “Katonda takemebwa” Yokobo 1:13 | “Kristo yakemebwa mu byonna bumu nga ffe” (Abaebbulaniya 4:15) |
| “Katonda tafa (Zabbuli 90:2; 1 Timoseewo 6:16). | “Kristo yafa era namala enaku ssatu emagombe (Matayo 12:40; 16:21). |
| “Katonda talabibwa n’abantu (1 Timoseewo 6:16; Okuva 33:20). | Abantu baalaba Yesu ne bamukwatanako (1 Yokaana 1:1 kino akikakasa). |

Bwe tukemebwa tuwalirizibwa okusalawo okwonoona oba okugondera Katonda. Emirundi mingi tusalawo okujjemera Katonda, bw’atyo ne Yesu bwe yalinga, kyokka n'asalawo

okugonderanga Katonda. Yesu ono kale naye yali asobola okwoonoona, yadde nga teyayonoona. Kiba kizibu okulowooza nti osanga Katonda ayinza okwonoona. Tumaze okukulaga ng'ezzadde eryasuubizibwa Dawudi mu 2 Samwiri 7:12-16 nga ye Kristo. Olunnyiriri 14 lwogera ku Kristo ng’eyali asobola okwoonoona (“ . . . bw’anaabanga ng’akoze ekitali kya butuukirivu, naamukangavvulanga”).

Omwami w’ekitongole yannyonnyola nti olw’okuba yalina abamutwaala n’olwekyo naye yalina obuyinza ku balala; era yakozesa amagezi g’egamu okwogera ku busoboziobwa Yesu Mukama. Olw’okuba Yesu yali afugibwa Katonda kyali kitegeeza nga naye bwalina obuyinza ku bintu ebirala Wansi we. Era Mukama yammwesimisa nnyo olw’okumanya kwe. Mu bulambulukufu Yesu alina okutegerebwa ng’ali wansi w’obuyinza bwa Kitaawe; olw’okuba ali mu mbeera nga eno bweti oly’okutwalibwa, kyokka ekimufuula okuba ng’alina obuyinza ku bintu byonna Kaakano.

**8.3. OBUZAALIRANA BWA YESU.**

Ekigambo ‘obutonde’ kitegeeza ekintu ekiramu. Mu Ssomo1, Baibuli eyogera ku butande bwa mirundi ebiri – obwa Katonda n’obw’omuntu. Mu butonde Katonda tafa, takemebwa, n’ebiri ng’ebyo. Kituufu ddala nga Yesu teyali nga Katonda mu bulamu bwe, kino ne kitegeeza nti yali mu mbeera y’abantu. Kale kyali tekisoboka Yesu kuba na mbeera za mirundi ebiri. Kyali kirungi Kristo okukemebwa nga ffe (Abaebbulaniya 4:15) awo nno olw'obutakola kibi n’okuwangula okukemebwa alyoke asobole okufuna okutusonyiyisa ebibi byaffe “Kubanga tetulina kabona asinga obukulu atayinza kulumirwa wamu naffe…. Naye eyakemebwa mu byonna nga ffe” (Beb 4;15). Kirabika nga ne mu mulembe ogwasooka waliwo abali balowooza nti Yesu tasobola kulumirwa wamu naffe. Okwegomba okubi ensibuko y’okukemebwa kwonna kuva mu ffe (Makko 7:15-23), mu ffe bennyini (Yokobo 1:13-15). Awo nno kyaali kyetagisa Kristo okubeera ng’omuntu bwali asobole okulaba okuyita mu kukemebwa okwo n'oluvannyuma asobole okukuwangula.

Bino byonna Abaebbulaniya 2:14-18 ekyogerako bweti:

“Kale kubanga abaana bagatta omusaayi n’omubiri, era naye Yennyini(Kristo) bw’atyo ‘yagatta’ ebyo; olw'okufa alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa, ye setaani. Kubanga mazima si yatwala embeera eya bamalayika naye eyo ey‘ezzadde’ lya Ibulayimu. Kubanga olw’okubonyaabonyezebwa ye yennyini (Kristo) ng’akemmebwa,

kyava ayinza okubayamba abo abakemebwa. Kyekyava kimugwanira mu byonna okufaananyirizibwa baganda be, alyoke abeerenga kabona asinga obukulu ow'ekisa omwesigwa mu bigambo ebiri eri Katonda, olw'okutangirira ebibi by'abantu. Kubanga olw'okubonyaabonyezebwa ye yennyini ng'akemebwa, kyava ayinza okuyamba abo abakemebwa".

Ekitundu kino essira kirissa ku mazima nti Yesu yalina obuzaalirana ng'obw'abantu. "Ye yennyini bw'atyo yagatta ebyo" (Beb 2:14). Mu Abaebbulaniya 2:16 ensonga y'emu eyogerwako: Kristo teyalina mbeera nga ya bamalayika, kubanga yali zzadde lya Ibulayimu, oyo eyajja okuleeta obulokozi eri abakkiriza abangi abo abalifuuka ezzadde lya Ibulayimu. Olw'ensonga eno Kristo kyali kimuggwanira okuba mu mbeera ey'obuzaalirana bw'abantu. Mu byonna yalina "okufaananyiriza bagande be"(Beb.2:17) olwo nno Katonda asobole okutuwa okutosonyiyisa ebiba byaffe okuyita mu ssaddaaka eya Kristo. Kale okugamba nti Yesu teyabeerera ddala mu buzaalirana bw'abantu buba butamanya ennono eza ddala mu mawulire amalungi aga Kristo.

Abakkiriza abamaze okubatizibwa buli lwe bonoona, bayinza okudda eri Katonda nga bennenya ebibi byaabwe nga bayima mu kusaba okuyita mu Kristo (Laba 1 Yok. 1:9); Katonda amanyi nti ne Kristo ono yakemebwa nga bo, naye teyayonoona, kale n'awangula okukemebwa okwo, bo ekibalema. Olw'ensonga eno, "Katonda, ku lwa Kristo", asobola okutusonyiwa (Bef.4:32). Kale kyetagisa okusiima engeri Kristo gye yakemebwamu nga naffe bwe tukemebwa, era nga kyali kimwetagisa okubeera mu mubiri nga ffe kino okusoboka. Ekitabo ky'Abaebbulaniya 2:14 kyoleka bulungi nga Kristo yalina obuzaalirana "obw'omubiri n'omusayi" asobole okutusonyiyisa ebibi byaffe. "Katonda mwoyo" (Yok 4:24) mu butonde bwe era nga Bwali "Mwoyo" talina mubiri na musaayi. Kristo olw'okuba "n'omubiri" kino kiba kitegeeza nti mu bulamu bwe teyalina buzaalirana nga bwa Katonda .

Abantu bagezeeko okukuuma ebiragiro bya Katonda nga tebonoona naye emirundi mingi ne balemwa. Kale Katonda kwe kutuma omwana we ye mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi era olw'ekibi, n'asalira omusango ekibi mu mubiri" (Bar 8:3).

Okwonoona kitegeeza okwetanira ekibi; ekintu ekiri mu buzaalirana bwaffe. Era empeera y'ekibi kufa. Okuwona obuzibu buno, omuntu yali yetaaga obuyambi okuva awalala. Omuntu tasobola kufuna butuukirivu ku bubwe; nga bwe kyali era bwe kiri ne kaakano nti

ebitonde ebirina omubri tebisobola kulokola mubiri. Katonda kyeyava ayingirawo n'awaayo omwana we, eyalina omubiri “ogw'ekibi”, ogwalina okemebwa kwonna mu kwonoona kwe tulina. Naye obutafananako n’abantu balala, Kristo yawangula okukemembwa yadde nga yatondebwa mu mubiri gw’ekibi nga ffe. Abarumi 8:3 lunnyonnyola ku mbeera eya Kristo nga “ey'omubiri ogw’ekibi”. Ate Pawulo ayogera nga mu mubiri “bwe mutatuula kirungi”, era n'engeri omubiri gye gulwanyisamu enkola ya Katonda (Bar 7:18-23), mu makulu ago, kisanyusa okusoma nti Kristo yalina “omubiri ogw’ekibi” (Abaruumi 8:3), kale olw’okuba nga Kristo yawangula omubiri ogw’ekibi kitegeeza nti naye atusobozesa okweggyako ekibi eky’omubiri kino; Yesu yakimanya ng’omubiri gwe, bwe gw’ali omunafu. Lumu waliwo eyamuyita nti: “omuyigiriza omulungi”, nga kyali kitegeeza nti “mulungi” era taliiko kamogo. Naye n’amugamba nti: “ompitira ki omulungi? Tewali mulungi wabula omu, Ye Katonda” (Mak. 10:17,18). Olulala abantu batandiika okuwa obujjulizi ku maanyi ga Kristo nga bayima ku ebyo bye yali akoze. Kyokka Yesu ebyo n'atabyemalirako “kubanga yategeera bonna, era teyetaaga muntu yenna okutegeeza eby’abantu; kubanga ye yennyini yategeera ebyali mu bantu”(Yok 2:23-25). Olw’okumanya kwe okunene ku bikwata ku buzaalirana bw'abantu, Kristo teyayagala bantu kumugulumiza kubanga yali amanyi obuzaalirana bwe.

Bino byonna birabika nga ebizibu okukkiriza; nti omuntu eyalina obuzaalirana obunafu ng'obwaffe ddala ye mu nneyisa teyayonoona. Obukkiriza butono obwetagisa okukkiriza nti 'Yesu yali Katonda' era n'olwekyo yali mutuukirivu. Kale ne kireta okusikirizibwa eri eky'okuyigiriza kino eky'obulimba. Abo abali bamanyi bannyina Yesu mu kyasa ekyasooka balowooza ky'ekimu: “. . . bannyina, tebali wano naffe?” (Mat. 13: 56,57). Mu ngeri ye emu n'abalala abatabalika babuze bwe batyo.

## 8.4. YESU MU K'OBUNTU:

Ebyawandiikibwa mu Njiri bituwa eby’okulabirako bingi ku ngeri Yesu bwe yalina obuzaalirana bw'abantu. Kyawandiikibwa nti: bwe yali ng’akooye, natuula wansi, nannywa amazzi (Yok. 4:6). “Yesu yakaaba” olw’okufa kwa Lazaalo (Yok. 11:35). N’ekisinga mu byonna, ebyawandiikibwa ku kubonabona kwe okusembayo bye byandibadde obukakafu obumala nga Yesu yali muntu: “Kaakano omwoyo gwange gweraliikiridde”, bwatyo bwe yagamba ng’asaba Katonda okumulokola aleme okuyita mu bulumi obw’okukomererwa ku musalaba (Yok. 12:27). “N'asaba, n'agamba nti ai Kitange, ekikompe kino kinveeko, oba kiyinzika; naye si nga nze bwe njagala wabula nga ggwe

bw'oyagala” (Mat. 26:39). Kino kiraga nga Kristo bwe yalinanga endowwooza eyawukannye ku ya Katonda ebiseera ebirala.

Kyokka mu bulamu bwe bwonna, Kristo yewangayo eri Katonda nga yetegekera okugezesebwa okusembayo ku musalaba. (laba Yok. 5:30). Endowooza ya Yesu eyawukannye ku ya Katonda bukakafu bunene obulaga nga Yesu teyali Katonda.

Mu bulamu bwaffe tusuubirwa okuba nga tukula mu kumanya kwaffe eri ebya Katonda nga tuyigira ku bizibu ebyo bye tufuna mu bulamu bwaffe. Era mu kino Yesu yali kya kulabirako ekisinga. Teyalina kumanya kwonna okwa Katonda nga kwamuyiirwamu okukirako ffe kwe tubeera nakwo. Okuva mu buto bwe, Yesu yeeyongerako amagezi n'okukula, ne mukisa eri Katonda n'eri abantu”(Laba Bef. 4;13, osome ne Luk 2:52). Ennyiriri ezo zikuwa engeri Kristo gye yeeyongera okukula mu omubiri gwe ne mu bya Katonda. Singa “omwana ye Katonda” nga ensomesa y'Abassatu mu omu bwe gamba kino tekyandisobose. Era ne mu bulamu bwe obusembayo, Kristo yakkiriza nga bwe yali tamanyi kiseera waliddira; wadde nga kino ye Kitaawe yali akimanyi. (Mak. 13:32). Yabuuza abasomesa bamateeka ebibuuzo ng'alina emyaka 12, ng'ayagala kuyiga, bulijjo yayogeranga ku ebyo bye yayiga okuva eri Kitaawe.

Obuwulize eri enkola ya Katonda kintu ffe fenna ekirina okututwalira ebbanga nga tuyiga. Ne Yesu naye yalina okuyita mu mutendera gw'okuyiga okugondera Kitaawe, nga era omwana omulala yenna bw'aba. “Newakubadde nga mwana, naye yayiga okugonda (kwe kugamba okugondera Katonda) olw'ebyo bye yabonaabona; awo bwe yamala okutuukirizibwa (kwe kugamba okukula mu by'omwoyo), n'afuuka ensonga ey'obulokozi obutaggwaaawo” (Beb. 5:8,9). Ne mu Baf. 2:7,8 kiwandiika ku mutendera gwe gumu ku Yesu okukula mu by'omwoyo era ekyavamu okufiira ku musalaba. “Naye yeggyako ekitiibwa, bwe yatwala engeri y'omuddu. . . ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musalaba”. Olulimi olukozesebwa wano lulaga engeri Yesu gye yakulamu mu by’omwoyo, yeetoowaliza ddala, kale ku nkomerero naba “omuwulize” eri okwagala kwa Katonda era ekyamuvirako n'okwagala okufiira ku musalaba. Bwe kityo n'abeera “omutuukirivu” olw'engeri gye yakkiriza okubonaabona kwe.

Kino kiraga nga Yesu yennyini bwe yalina okukola ennyo okufuna obutukirivu; tewali engeri yonna eraga nti Katonda yabumuwa buwa, kino kyandibade kimufuula okuba ekifaanayi obufaananyi. Yesu yatwagalira ddala era n'awaayo obulamu bwe ku musalaba

okuva ku mutima. Essira ku ngeri Kristo gye yatwagalamu kyandibadde butalimu bwe kiba nga Katonda yamuwaliriza okufiira ku musalaba (Bef. 5:2, 25, Bag 2:20 ne Kub 1:5). Singa Yesu yali Katonda, yalibaadde talina kyakusalawo kirala okujjako obutaba na kyakunenyezebwa kyonna olwo amale afiire ku musalaba. Naye olw'okuba nga Yesu yalina bingi eby'okusalawo, kituletera okusiima omukwano gwe, era ne kitusobozesa okukola omukwano naye.

Kwali Kristo okuwaayo obulamu bwe awatali kumuwaliriza ekyaletera Katonda okumusanyukira: “Kitange kyava anjagala, kubanga nze mpayo obulamu bwange, ndyoke mbutwale ate. Tewali abunziyako, naye nze zekka mbuwaayo. Nnina obuyinza obw'okubuwayo, era nnina obuyinza obw'okubutwala nate”(Yok. 10:17, 18). Kiba kizibu okutegeera okusanyuka kwa Katonda eri okugonda kwa Yesu, singa Yesu ono ddala yali Katonda eyajja okubeerako obubeezi n'abantu abonoonyi (Mat. 3:17; 12:18; 17:5). Ebyawandiikibwa ku Katonda okusanyukira omwana, bukakafu obumala okulaga nti Kristo yali asobola okusalawo obujjeemu, naye ye munda n'asalawo okugonda.

**OBWETAAVU OBWA KRISTO OKULOKOLEBWA**

Olwo obuzaalirana obw'abantu, Yesu yali mu mubiri ogufa nga ffe. N'olwekyo, Yesu yalina obwetaavu bw'okulokolebwa mu kufa okuva eri Katonda. Kino bwe yakimanya, Yesu “yawaayo okwegayirira n’okusaba eri oyo eyayinza okumulokola mu kufa no kukaaba ennyo n'amaziga, era bwe yawulirwa olw’okutya kwe Katonda” (Beb. 5:7). Olw'amazima nti Kristo yakabirira Katonda amulokole mu kufa kijjawo engeri eyo yonna egamba nti yali Katonda. Kristo oluvannyuma lw’okuzuukira, okufa nga tekukyamufuga nate (Abaruumi 6:9) ekitegeeza nti okufa kwali kumufuga mu kusooka.

Zabbuli ezisinga zirimu obunnabbi ku Yesu; era ennyiriri ezimu bwe zijjulizibwa okuva mu Zabbuli ezikwata ku Kristo mu Ndagaano Empya, kiba ky'amagezi okutwala nti n'endala mu Zabbuli eyo ziba zoogera ku ye. Waliwo emirundi mingi obwetaavu bwa Kristo okulokolebwa eri Katonda bwe kisibwaako ennyo essira.

- Zabbuli 91:11, 12**.** Yesu ajjijuliza mu Mat. 4:6. Zabbuli 91:16 ewa obunnaabbi nga Yesu bwa lyetaaga obulokozi okuva ewa Katonda; ‘Ndimukkusa obulamu, era ndimulaga obulokozi bwange”. Zabbuli 69:21 eyogera ku kukomererwa kwa Kristo (Mat 27:34); Zabbuli yonna eyogera ku birowoozo bya Kristo ku musalaba: “Ndokola ai Katonda….. osemberere emmeme yange, oginunule……obulokozi

bwo, ai Katonda, bungulumize waggulu” (ennyiriri 1, 28, 29).

- Zabbuli 89 eyogera ku bisuubizo bya Katonda eri Dawudi ebikwata ku Kristo “Anankaabiranga nti ggwe Kitange, Katonda wange, era ejjinja ly'obulokozi bwange”.
- Essala za Kristo ez’obulokozi eri Katonda zawulirwa; yawulirwa olwo’okwagala kwe eri Katonda, so si lwa kifo kye; 'eky'abassatu' (Beb. 5:7). Katonda okuzukiza Yesu mu bafu era n'amugulumiza mulamwa mukulu mu Ndagaano Empya.
- “Katonda . . . yazuukiza Yesu . . . oyo Katonda yamulinnyisa ku mukono gwe ogwa ddyo okubeera omukulu era omulokozi” (Bik.5:30,31).
- “Katonda . . . yagulumiza mulenzi we Yesu . . . oyo Katonda gwe yazuukiza mu bafu” (Bik.3:13,15).
- “Yesu oyo Katonda yamuzuukiza” (Bik.2:24,32,33).
- Yesu bino byonna yabimanya bwe yasaba Katonda okumugulumiza (Yok.17:5 ger.13:32; 8:54).

Singa ddala Yesu yali Katonda essira elyo lyonna lyandibade butalimu kubanga Katonda tafa. Yesu yandibade teyetaaga bulokozi, singa yali Katonda. Olw'okuba nga Katonda ye yagulumiza Yesu kiraga nga Katonda bwa musingako era n’enjawulo wakati waabwe bombi.

## 8.5. ENKOLAGANA WAKATI WA KATONDA NE YESU.

Okulowooza ku engeri Katonda gye yazuukizaamu Yesu kituletera okufumitiiriza ku nkolagana wakati we ne Katonda. Bwe kiba nga benkanankana nti era baliwo bombi mu kusooka, ng’ab'enzikkiriza 'ey’abassatu' bwe bagamba, olwo twandibade tusuubira nti benkanankana mu nkolagana yaabwe. Naye tumaze okulaba nti si bwe kiri. Enkolagana ya Katonda ne Kristo yefaananyirizako nga eyomusajja ne mukazi we: “Omutwe gwa buli musajja ye Kristo, n’omutwe gw’omukazi ye musajja, n’omutwe gwa Kristo Ye Katonda” (1 Kol 11:3). Ng'omusaja bwali omutwe gw'omukazi, ne Katonda ye mutwe gwa Kristo newakubadde balina ekigendererwa kimu ekibagatta nga era wakati aw'omusajja n'omukazi. Kale “Kristo wa Katonda” (1 Kol 3:23), ng’era omukazi bwali ow’omusajja.

Bulijjo Katonda Kitaffe ayogerwako nga Katonda wa Kristo. Olw’amazima nti Katonda ayogerwako nga “Katonda era Katonda wa Mukama Yesu Kristo” nga Kristo amaze okulinnya mu ggulu, kiraga nga eno y’enkolagana gye bakyalina ne kaakati, nga era bwe

bali nga Kristo akyali mu mubiri ogufa (1 Peetero1:3, Abaefeso 1:7). Banaffe ab'abassatu - (Katonda Kitaffe; Katonda Omwana; Katonda omwoyo) bagamba nti Yesu ayogerwako nga eyasiibwa katono wansi wa Katonda mu bulamu bwe wano ku nsi. Endagaano Empya yawandiikibwa mu myaka eyo nga Yesu yakalinya mu ggulu naye ate eyogera ku Katonda "nga Kitaawe ate era Mukama wa Kristo". Yesu akyatwala Katonda nga Kitaawe.

Okubikkulirwa ekitabo mu Ndagaano Empya ekyawandiikibwa nga wayiseewo emyaka mingi nnyo oluvannyuma lwa Yesu okutukuzibwa n'okulinya mu ggulu naye ate kyogera ku Katonda nga "Katonda ate era Kitaawe wa Kristo (Kub 1:6). Mu kitabo kino Yesu eyazuukizibwa era natukuzibwa yawa obubaka eri abakkiriza. Ayogera ku "Yeekaalu ya Katonda wange . . . erinnya lya Katonda wange . . . ekibuga kya Katonda wange" (Kub 3:12). Kino kikakasa nga Yesu bw'alowooza ku Kitaawe nga Katonda we ne kaakano – n'olwekyo nga ye (Yesu), si Katonda.

Mu bulamu bwe obufa, Yesu yayogeranga mu ngeri y'emu ku Kitaawe. Yayogera ku kugenda "ewa Kitange, era Kitammwe; eri Katonda wange ate Katonda wammwe" (Yok. 20;17). Ku musalaba yeyolesa ng'omuntu mu bujjuvu: "Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?" (Mat 27:46). Ebigambo ng'ebyo biba tebitegeereka bwe kiba nga Katonda yabyogera yennyini. Olw'amazima nti Yesu yasabanga essala ze eri Katonda "n'okukaaba ennyo n'amaziga" kiraga embeera yennyini entuufu wakati waabwe bombi (Beb 5:7, Luk 6:12). Bannange Katonda tasobola kwesabira n'ate ye yennyini. Ne kaakano, Kristo awayo essala eri Katonda ku lwaffe.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 14:
## KRISTO OWA DDALA

Abatakkiririza mu basatu bakitegeera bulungi nga Yesu yalokola ensi olw'okuba yali muntu- olw'okuba Mukama era n'olw'obumu mu by'omwoyo ne Katonda. Singa yalina buzaalirana bulala, tekyandisobose okulokolebwa kuyita mu ye. Yesu ky'eky'okulabirako kyaffe mu buli ngeri yonna. Lwa kuba bantu kye kitusobozesa okugenda mu nsi eno n'obubaka obutabuusibuusibwa, obumatiza era obulokozi. Tulina okuba muntu ekimala nga ye okusobola okulokola omuntu. Tetusaba abawuliriza baffe kuba n'amaanyi malala agatali g'abantu. Engeri abakadde ab'ekkanisa gye balabika ng'a batalina kabuntu obwa namaddala, kiretedde bangi okufundikira nga bagamba nti olw'okuba nga bo tebasobola tukkiriza mutindo ogwo gulabibwako n'olwekyo Obukristaayo gye bali si ky'amazima

ekisoboka eri omuntu. Obubaka bwaffe tuli nabwo ng'abantu obuntu, nga obubaka bwa Yesu bwe bwali ye yennyini, Yesu omuntu owa ddala. Ekigambo kya ye; Yesu nga era bwe kirina okuba mu ffe. Eno y'ensonga lwaki Yesu talina lukalala lw'ebyo bimwogeerwako bingi ye nga omuntu mu Njiri- ebikolwa bye n'ekolagana ye eri abalala bye bituweebwa, era naffe ku ebyo kwe tutegeerera era ne tumanya obutuukirivu bwe. Ebiyigirizibwa ebimanyiddwa nga Marxism, okugeeza, bisobola okwawulibwa Marx yennyini ng'omuntu. Osobola okkkiriza enkola emanyiddwa nga Marxism nga tosomangako byafaayo bya Karl Marx. Naye Obukristaayo obwa ddala butwalibwa wamu n'omuntu Kristo owa ddala. Olulyo lwa Yesu olugulawo Endagaano Empya kye ekinyusi ky'Enjiri ya Yesu mu bufunze. Obulamu bwe bwali bubaka era bwe bubaka. Tulina okumugoberera. Kuno kwe kuyigiriza kwe okuddingaanamu. Omumarxi alina okugobeerera endowooza ya Marxi, kabuntu bwe kyokka. Naye Omukristaayo agobeerera Kristo nga omuntu, si ndowooza zaawa kyokka.

Bwe kiba nga obubaka bwa Yesu tubunnyonnyola nga ebirowoozo obulowoozo n'amateeka, olwo awatali kubuusabuusa tuzzula nga ebirowoozo n'amateeka tebikyusa mangu bulamu obwa ddala- biriwo byokka. Amateeka agaakwata ku mazima aga Baibuli gaba tegagasa era amanafu ku ekyo ekituufu kyennyini- okujjako nga gaasiddwa ku Yesu omuntu yennyini owa ddala. Kirema okuba nga Katonda yatuwa ekinywa kya birowoozo. Amateeka agakwata ku Mazima, buli kiyigirizibwa kyonna eky'Amazima Yesu yakituukiriza- era amazima gano, ekifaananyi kye, ebitufuula okuba abalamu, abalina okwagala, omubiri n'omusaayi. Omuntu Yesu yaleeta ebirowoozo, ebiyigirizibwa, amateeka, ebya ddala era nga birabika; “bimubeeramu”. Omuntu yekka abantu gwe basobola okulaba era na yogera gye bali ye oyo omuntu owa ddala. Kye ntegeeza kye kino nti bwe twogera Amazima nga bwe nga bwe gali mu Kristo eri abantu, kino kisika abantu okusingako ebigambo obugambo. “Amazima gali mu Yesu” bigambo ebisangibwa mu Baibuli- ddala ebigamba nti ebiyigirizibwa ebyo okukkiriza okumu bitukkirizibwa mu muntu ono. Olwa kino, omuntu awulira Enjiri abeera nga akowoolebwa, era ayitiiddwa omuntu oyo Yesu. Olwo ne kiba nti obulamu bw'oyo akyusiddwa oluvannyuma akiraba ye nga omuntu, nga Yesu ye omu ono alina by'ayagala, eby'okusomooza, okubyaniriza gy'ali, eri okweewaayo okunene. Era omuntu omulamu era owa ddala ye yekka asobola okuzaamu amaanyi. Amateeka ku bwaago tegasobola kubiriza kinene nnyo kiri awo.

Yesu mukyikirira waffe- ennono ey'enjawulo mu Baibuli. Tubalirwa okuba mu ye. Kino kitegeeza nti obulamu bwe bubalirwa nga obwaffe- kyokka olw'okuba nti yali muntu era

olw'okuba nga tuli bantu kino kituukirira ddala mu ffe. Ekyewunyisa ekya kino kiri nti abantu bangi bafunnye obulungi okuyita mu kwegattira awamu ne Yesu eyazuukira- eri bye balemeddwa, obuswavu, ebizibu byabwe. Tekikyali ky'amakulu kubuuza nti nze ani? Kiki kyenfunnye mu bulamu buno obubi? Wabula kikulu nti tuli mu Kristo, era nga tugabana ku bulamu bwe n'okubaawo kwe. Obulamu bwa kakaano bufuuse nnyo bwa bimekka by'ofunnye oba byolinawo ekiretedde bangi ku ffe okulowooza nti tulemereddwa. Kirabika nga okulabibwa mu bantu olina kuba ne kyolinawo oba eky'okulaga. Twesanga mu nkola ey'obulamu etujjako ak'obuntu. Eddembe lyaffe mu kwesalirawo, mu kweyogeerera nga tweyagalidde libuze. Ate nga obulamu bwaffe bwe buba mu Kristo, ng’a bukuumibwa bulungi mu ye, ng’ekitundu kumbeera y'obuntu eya Kristo, olwo nno obulamu bwaffe buberera ddala bwa njawulo. Nga tetuwulira buswavu eri ak'obuntu mu ffe. Katonda yennyini atukakasa olw'ekyo kye tuli, n'okutubalira obutuukirivu- lwa kuba tuli mu Kristo.  Gano ge makulu eg'ekitalo era egewunyisa okuba nga kya mazima muli balunganda mu Kristo.

Bwe tubuza obulamu bwaffe, nate tubufuna. Wabula obulamu bwe tufuna bwe bulamu mu Kristo. N'olwekyo obulamu buba n'amakulu era n'ekigendererwa, si mu kuwangula kyokka naye ne mu kulemerera. Olwo obulamu bwaffe ne buba bwa makulu; kubanga tulina ate tubaawo mu bulamu obwa ddala, wadde nga abalabe baffe batwonoona n'emikwano ne gituleka; ne bwe tuba twawagira oludda olukyamu ne tufuna ennaku; ne bwe tuba nga bye tufunnye bikendedde ne bigibwaawo n'ebintu ebirala ne bwe tuba nga tetukyalina mugaso eri abalala. Omusubuzi eyayavuwala, abayawukana mu bufumbo nga buli omu ali ku lulwe, munnabyabufuzi eyawangulwa era ne yerabirwa, oyo atalina mulimo, malaya akaddiye oba omukozi w'ebikyamu agenda okufiira mu busibe . . . bano bonna, newankubaadde nga tebakyalimu ka buntu nga era tebakyaweebwa kitiibwa mu bulamu bw'ensi eno, Katonda atasosola mu bantu bonna abalaba n'essanyu; kubanga bonna bali mu mwana we.

## OBUNTU BWA DDALA

Nzijjukira olunaku olunnyogovu ennyo bwe lwatuuka nga ndi mu Russia awo ne nzijjukira nga Yesu ddala yali muntu. Ne ntandikirawo okulowooza ebintu bingi ebimukwatako ye byesirowoozanga nako ebiteekwa okuba nga byali by'amazima. Era ndowooza nga mu kino, naatuuka ku mutendera mulala ogw'okumumanya. Ddala yayita mu mutendera ogw'okuzaalibwa. Yalina ebikwata ku Malyamu mu musaayi gwe. Ateekwa okuba nga yalina ekinkumu nga nange kye nnina. Yandiba  nga yali akozesa mukono -musajja oba

ogwa – ddyo. Yalina ekika ek'yomusaayi kye yali aggwamu. Nga yerabira ebintu ekiseera ekirala, yali tamanyi byonna (okugeza nga olunaku kwa  liddira oba ekyekusifu ky'okukula mu by'omwoyo Mak. 4:27), okukola ensobi ng'abaajja, okwesala. Naye teyanakuwala; yassanyuka olw'okuba omuntu. Era nga nkyatambulatambula ebirowoozo bingi bya nzijjira mangu. Lwaki yatunnula wa nsi nga baleese mumaaso ge omukazi [yandiba nga yali bute] eyakwatirwa mu bwenzi? Kiyinzika okuba oba olyawo olw'ensonyi era n'okuva mu mbeera ng'omusajja? Yesu yali musajja era nga alina ebirowoozo byonna abasajja bye baba nabyo ku bakazi. Yagabana ku ebyo byonna ebitujjira nga tetweyagalidde n'okwagala okwegatta n'abakazi naffe kye tulina, obusungu, okweralikirira era 'n'obweralikirivu bw'okufa' (Beb. 5:7)  nga ffe. Yali muntu wa ddala, ataliina ddembe eri okulwanagana kwo munda, amaanyi, okukemebwa n'okubuusabuusa ekitundu ku mbeera yaffe ey'obuntu. Tewali ngeri yonna gye nsobola kukkiriza endowooza ey’abasatu egamba nti: “tewaliwo kulwanagana kwonna”  Mukama waffe bwe yali nga akemebwa. Yakemebwa nga naffe bwe tukemebwa-ate nga ddala okukemebwa kulimu okuwalulwa eri ekibi, era n'oba n'ekitundu mu gwe ekisikirizibwa ekibi okusinga okusikirizibwa okukola obulungi.

Nsuubiriza ebbanga wakati aw'omuwandiisi n'omusomi, nga temuteredde era ndaba n'omulanga, era n'ennyikke nti nsobola okwogera ku Mukama waffe mu ngeri ng'abantu. Nsuubiriza okwemuluggunnya n'obutategeera ebigenda okwaniriza ebirowoozo bino. Si noonya kuggyawo bukulu bwa Mukama waffe. Kye ngeezako okunoonya okulaga obunene bwe; nti eyo, mu muntu ono owa ddala, mwe mwali Katonda nga yeyoleka. Abamu okwetamwa ebyo bye ngamba, kino ku nze y'ennono ey'enjogera n'endowooza enkyaamu gye tuli nayo nga tununulira amazima nti Mukama Yesu ye yatukyikirira ffe. Nzikkiriza nga mu ffe fenna, waliwo okwagala okutekawo olukonko wakati waffe ne Yesu. Naye bwe kiba nga ddala teyali nga ffe, awo nno nze mba ndaba ekintu kino kyonna kyonna 'ekikwata ku Kristo' nga ekitalina muwendo mu nsi yaffe eno enoonya ennyo obukakafu bw'obulokozi eri omuntu. Yesu omwana wa Katonda, omuntu gwe tubuulira kya kusikirizza nnyo eri abantu. Waliwo ekintu ekiwaliriza ennyo nga kikwata ku muwanguzi ataliiko kamogo, weewaawo nga oludda olulala yalina obunafu obw'abantu. Kino osobola okukiraba mu butabo obw'okusoma ne mu bisiige bullijjo. Bwe kiba nga ddala yali nga ffe, awo ffe kitwetagisa okukola ennyo. Kitujjako eby'okwekwaasa ebingi eri eby'omwoyo. Kino nkyogera n'obuvumu, kye kireeta endowooza eya Yesu yenkana Katonda okweyongera okula n'eya 'abasatu mu omu'. Endowooza nti Yesu yaliwo nga muntu okuva edda nayo yajja bw'etyo olw'endowooza ez'awamu. Abayudaaya bayagala Masiiya gwe batamanyi gyasibuka (Yok. 7:27), ow'omu ggulu atatuukirirwa, ebyawandiikibwa

byabwe gwe byali nga byogerako ennyo- kyokka bwe balaba omuntu Yesu, maama ne baganda be bebamanyi, tebakigumira. Nze ndowooza nti Abayudaaya abo balina endowooza ey'edda nga abo abalowooza nti Yesu yaliwo nga muntu okuva edda n'edda. Enjigiriza eya abasatu n'eya Yesu okubaawo okuva edda n'edda, eteekawo olukonko lw'ekitiibwa lunene nnyo wakati waffe n'omwana wa Katonda. Ak'obuntu mu ye ne ye nga eky'okulabirako biba nga ebitatukwatirako ddala, anti kubanga yali Katonda so si muntu. Naye bwe kiba nti omusajja ono omutuukirivu yali ddala omu ku ffe, omuntu mu bantu, n'omubiri nga egyaffe, n'omusaayi. . . tutandiika okutuuza obufofoofo. Osanga y'ensonga lwaki bangi ku ffe twesanga nga tulowooza nnyo ku musalaba gwe; kwe yabeerera ddala ng'ali bute, era mu buntu bwe obwa ddala, kyetutasobola kugumikiiriza kumala bbanga ddene. Naye okujjako nga tuba n'obwenkanya obulungi ku Kristo nga omuntu yennyini owa ddala, olwo bwe tusobola okumanya engeri okufa okw'omuntu omu emyaka 2000 egiyiseewo bwe kusobola okukyusiza ddala obulamu bwaffe leero. Twagala nnyo okwekwaasa: abazadde bange tebali batuukirivu, abantu abatwebunguludde bakozi ba bibi nnyo ddala. Wabula Mukama Yesu yali mutuukirivu- era ow'omukwano Malyamu yakola ekisoboka kyonna, naye nga kye ekimu yalemererwa okumukuza obulungi; teyali maama mulungi; era n'abantu be yali abeeramu tebali balungi. So nga ate, Yesu yali mutuukirivu. Era atuyita tuleke ebyonoono byaffe tudde gyali.

Okusinziira ku biwandiiko eby'amateeka n'obuwanga bw'Abayudaaya eby'edda (Talmud), Malyamu yali musibi ow'enviiri [Shabbath 104b], era musajja we yamuleka n'abaana olw'okulowooza nti yegatta n'omusirikale omumbowa. Kino oba kituufu oba sikituufu, Malyamu yali mukazi owa bulijjo, nga abeera mu nsi etali bulungi nnyo, mu bulamu obwavu era mu kiseera ekizibu. Ate Omwana wa Katonda era Omwana w'omuntu, omulungi, atalina kibi. . .katugambe nti, yali mwana wa mukazi eyagobebwa, akola omulimo gw'okusiba enviiri ng'ava mu kyaalo ekikyaafu ekitamanyikanye, yafuna omulimo ogwo obubaazi bwe yali nga akyali mutiini. Waliwo ekyewunyisa mu kino kyonna. Era n'okusomoozebwa okutakoma. Ku ffe fenna teri asobola ku kissa ku mbeera embi gye yazaalirwamu, ab'omunnyumba okwawukana, ebiseera ebizibu, awantu awabi eri okutakabanira eby'mwoyo. Tusobola okubiwangula, kubanga mu ye tuli bitonde ebiggya, eby'edda byayita, era mu ye byonna bifuuka biggya (2 Kol. 5:17). Kye ekyo kyennyini,kubanga ye yasooka, ye yasooka okuva mwe ebyo byonna ebitulemesa ebirabika ng'obulamu bwe byagala, nga tawanguddwa oba okulemesebwa ekyo kyonna ekimulemesa ku bubwe ng'omuntu ate era naffe ng'abantu ekyali mu kkubo lye. Era naffe yatuwa obuyinza okumugoberera.

Teyali Katonda eyakka gye tuli n'afuuka omuntu; wabula yali omuntu wa bulijjo; yazuukira era n'afuuka omuntu alabika nga Katonda. N'alinnya mu ggulu, era n'aweebwa embeera nga eya Katonda. Mu butuufu kino kikontana ne ky'abasomi ab'eddiini kye balowooza, nga batiidde eky'okulabirako eky'omuntu ono ki kye kyali kitegeeza gye bali. Endowooza nti Yesu yaliwo okuva edda n'edda emufula okuba nga ekintu mu Bwakatonda eky'ajja ku nsi kuno katono nnyo, olwo ne kibulawo bunnambiro, okudda omulundi ogw'okubiri. Wabula tulaba omuntu eyava mu bantu, eky'avaamu okutuuka ku mbeera nga eya Katonda, n'agulawo ekkubo eri baganda be okugabana ku buwangunzi bwe; era nga akomawo okussawo Obwakabaka bwe obutaliggwaawo ku nsi, ensi ye gye yava era gyasibuka. Ka tugambe nga ekitundu aba Abasatu kye basinga okwetanira ennyo mu Baf. 2. Tusoma ku Yesu nti yalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetoowaza nga muwulize okutuusa okufa, era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo. Kyokka mu nsula eddirira Pawulo yeyogerako mu njogera ye emu. Ayogera ku ngeri nga naye, “bwalisangibwa nga amufaanana ne mu kufa kwe, era n'omubiri gwe ogw'obwetoowaze, gufuulibwe nga ogwa Yesu, “omubiri ogw'ekitiibwa kye”. Tetusabibwa kugobeerera ngeri ey'oyo alowoozebwa okuba nga Katonda omuntu. Tusabibwa okugogobeerera ekkubo erya Yesu, omwana w'omuntu, ekkubo lye eri ekitiibwa. Okusuubiza kiddingaanamu nti ku nkomerero ey'olugendo lwaffe olw'obwetoowaze n'okugabana ku musalaba gwe, tuligabana ku kitiibwa kye (Bar.8:17; 2Kol. 3:18; Yok. 17:22,24).

**OKUSOMOOZEBWA OKW'OBUNTU OBWA KRISTO**

Obwetaavu obutawakanyizika eri okuyigirizibwa okw'amazima ku bikwata ku buzaalirana bwa Yesu busobola okutukulembera okwerabira mangu obwetaavu obw'okugondera ekiyigirizibwa kye eky'okola ekisinga. Mu magezi ago twetaaga “Okununula Yesu mu nsi” . Twetaaga okudaabulula endowooza zaffe n'omuntu Yesu n'ebiyigirizibwa bya Yesu mu kukola ebyalabikira obulungi mu bulamu bwe ye, obutali ku biyigirizibwa abasomi ab'eddiini n'enjatula ebyali bimwetooloodde. Ekiva mu kino, okubuulira kwaffe ku Kristo emirundi mingi ku komenkereza nga kukaatiriza ebyo atali mukkiriza oba alina byatakkiriza ebibazibuwalira okukkiriza, mu kifo eky'okutunulira ennyo ku buntu obwa Mukama waffe n'ebiyigirizibwa bye eby'okola, ebisuubirwa okuba nga bye bayinza okukkiriza olw'okuba ng'abantu mu buzaalirana balowooza nga bye basinga okumanya. Mukama Yesu teyali muntu kyokka, nga ekyogerebwa eky'eddiini ekituufu. Mu kwagala ennyo yayingira mu bulamu obw'anbantu ku mutindo omujjuvu.

Waliwo okusomoozebwa okutakkirizika olw'amazima nti Mukama Yesu yalina

obuzaalirana bw'abantu naye n'atayonoona. Nze kindabikira ng'Abakristaayo bangi balowooza nti okuyitibwa kwabwe kwe kuwangula ekibi, era n'okuwangula obuzaalirana bwabwe naabwo. Era kino ne kibaviirako okukkiriza nga eby'omwoyo mazima kwe kugaana obuntu bwabwe. Mu ngeri nga yannalukalala, waliwo omubikkira omweru, eyaleeterwa okukkiriza nti okuba mu by'omwoyo kyenkana na kuba mweru mu maaso go, atalina bwagaazi, era nga kumpi olina amaanyi agatali g'abantu. Mu njogera esingako eya bulijjo eri obuzibu bwe bumu, waliwo ab'oluganda abakkiriza nga kivve okulaga okwewaayo kwonna nga kwa nnaku eri ekintu kyonna, okuvuma mu by'okulwanyisa byabwe byonna, okutegeera okw'abantu tekikkirizika eri bo. Olw'ensonga eno ndaba obumu wakati 'w'obulamu bwa abatuukirivu ng'Abakatoliki bwe bawandiika n'ebiwandiiko ebya Abathodoxi. Kiri nti nabo tebakola kibi, wabula b'ava mu kitiibwa ekitaliwo okutuuka mu kitiibwa ekirala. Kino kyonna kiva ku kussa ennyo essira ku Katonda mu kifo ky'oludda olw'obuntu ku Mukama Yesu. Enneeyisa eya Mukama waffe Yesu etulaga ki kye kitegeeza okuba omuntu ate notayonoona. Kyayogerwako n'amazima nti “bwe tuba nga tukkiririza mu buntu bwe, naffe tuteekwa okukakasa obwaffe”. Bwe tuba nga tunoonya okuyimusibwa waggulu w'obuntu, ekigendererwa kyaffe kya kintu ekitaliiwo. Mukama waffe Yesu teyali era si 'w'amaanyi agasinga ag'obuntu'; yali era kifaananyi kya Katonda ekyakubibwa ku buntu, era mu kutegeera nga kuno Endagaano Empya n'olwa leero ekyamuyita “omuntu”. Tekitwetaagisa kwessako musango gutaliiwo olwokubeera abantu. Tusaana okubeera abasanyufu olw'ekyokyo tuli, twakolebwa mu kifaananyi ekya Katonda.

## AKANYOMERO 13:
## ENGERI KRISTO OWA DDALA GYE YABULA.

Mpulira nga kinkakatako nate okwogera nti Yesu oyo owa ddala, yennyini omwana wa Katonda gwe twogeddeko nga tusinziira mu byawandiikibwa ayawukkannye nnyo ku kirowoozebwa Ab'abasatu. Abasatu kyava mu njigiriza nti obulamu bujja oluvannyuma olw'okuva mu nsi ne mu mubiri. Wabbula Enjiri ya Yokaana mu ngeri ey'enjawulo ekaatiiriza engeri obulamu obwa ddala gye bwali era ne bwe bubikkulirwa mu mubiri gwa Mukama Yesu gwennyini ogw'obulamu bw'abantu, obw'ensi eno yennyini. Obukristaayo obwa ddala bwagaanira ddala abasatu era ne bunnyonnyola endowooza entuufu ey'okutabaganya. Naye twetaaga okukolawo ekintu nga kiri mu nkola ku kino; tuteekwa okukikozesa ekisibukako okusisinkana omuntu Yesu, owa ddala.

Mu kyasa eky'okubiri Yesu ayagala okwenenya, okukulu, okw'amangu, okuwaliriza;

yakyusibwa n’e bisomesebwa eb'eddini, n'abutikkirwa nga atalina mugaso, Yesu owa ddala n'abikibwa n'ebisomesebwa ab'eddiini n'enzinnyonnyola ez'abantu zebamaze okukubaganyako ebirowoozo. Naffe tusobola okola ensobi bwe tutyo. Ate nnyinza okugattako nti  okufuula Yesu nga 'Katonda' ow'ekyaama mu nsomesa ekyaleetera Abayudaaya okumugaana. Okubuulira Yesu ng'omuntu owa ddala eri bo, kye ekisaana okwesigamizibwako okubuulira kwaffe.  Kiteekwa  okutegeerekeka nga amammemme ag'okufula Yesu 'Katonda' genkanankanyizibwa n'okweyongera okw'okuwakannya ekiyudaaya mu Kkanisa. Abamu ku bawagizi abakulu ab'endowooza ey'Abasatu baali bantu abatabukira ennyo Obuyudaaya nga Krizestom, Jerome ne Luther. Abantu nga Adolf Hitler be baali emabega aw'endowooza egamba nti Yesu teyali Muyudaaya wa ddala, nga bagamba nti obuntu obwa Yesu tekisaanye kukaatiirizibwa wabula obwakatonda bwe buba bukatiirizibwa, olwo kirabike ng'Abayudaaya abalina omusango omunene. Ensonga eri nti, tuweereddwa omukisa munene nnyo okusobola okuddayo ku nnono ey'okutegeera Yesu ow'omu Baibuli, eyo ebisomesebwa ab'eddiini b'ensi n'ebyobufuzi gye bibutikidde eri enkumi n'enkumi ez'abantu. Naye tuteekwa okukikozesa okuzimba obulamu obwetooloolera ku Yesu.

Obuntu bwa Yesu kyali kikulu nnyo eri Abakristaayo abasooka okusinga oba olyawo nga ffe bwe tumanyi. Okusinziira ku byaafayo  eby'ekyasa ekyasooka kiteekwa okujjukirwa nga kyali kizibu Katonda oba omukyikirira we okutiisibwa, okusoberwa, okuba obukunnya, oba okunyomebwa. Nga ate Yesu yali bw'atyo, era kye kifaananyi Enjiri kyewa. Okukkiriza ng'omuntu ono yali mwana wa Katonda, era asiinzibwe nga Katonda, kino ddala kyali kizibu nnyo mu ndowooza ey'abekyasa ekyasooka; nga era bwe kiri ekizibu eri ffe leero. Kale tekibwewunyisa kulaba nga ebikwate oba ebiwandiikibwa bingi byabalukawo olw'okwagala ennyo okuva ku nsonga ey'obuntu bwa Mukama waffe.

Tusaana okwebuuzanga n'obumalirivu nti: 'Yesu Kristo mmumanyi?'. Ebyokuddamu ebitujjiira mu birowoozo byaffe muyinza okubaamu ebya bulijjo nga ['Nkimanyi nga teyali Katonda, Yalina obuzaalirana obw'abantu. . . . .']. Naye tebibuusibwabuusibwa era birina eby'okola ebikulu nga bwe birina okuba gye tuli? Mu kulowooza okwange, essira lingi lissiddwa nnyo ku kigambo kino 'obuzaalirana'. Kye twagala ennyo kwe kumanya ebikwata ku Yesu ng'omuntu, ekyo kye yabeerera ddala ng'asajjalatuse n'obuntu bwe. So si mu bigambo abasomi ab'eddiini bye batuukako. Atanansiyo, taata w'okwatula kwa Atanansiyo okwassaawo 'abasatu', yagamba nti “Kristo. . . teyapima byakusalawo bibiri, n'ayagala ekimu ate ekirala n'akigaana”. Kino kikontanira ddala n'ekya Yesu owa ddala

gwe tusanga mu Ndagaano Empya- atawanyizibwa n'okukemebwa, n'atuyana nnyo mu kulwanagana okwo era n'atuuka ku buwanguzi.

Ab'abasatu bamalirizza nga boogedde ebigambo ebitakkirizika kubanga bayawula 'obuzaalirana' bwa Yesu ku muntu Yesu. “Yennyini yaleka omubiri gwe ne gukaaba, newakubadde nga tegwalina maziga era nga tegunnakuwazibwa mu buzaalirana” (bijjiddwa mu Cyril Of Alexandria, Commentary in John,7). “Yawulira okulumwa kwaffe, naye si mu kutegeera kwaffe; yasangibwa mu mutendera ng'omuntu, n'omubiri ogwali guwulira okulumwa, kyokka ng'obuzaalirana bwe tebuwulira kulumwa” (bya Hillary). “Mu butuukirivu bwonna obw'omuntu ddala, Katonda owa ddala yazaalibwa” (bya Leo, Tome 5). Bino byonna tebikirizika- abasomi ab'eddiini bano boogera ku buzaalirana gyobeera kiri nga ekintu ekyawukannye ku Yesu ng'omuntu. Era ffe abatakkiririza mu Basatu tulina okuba abegendereza ennyo obutakola nsobi ye emu. Werabire enkola y'abasomi ab'eddiini, ekyogerwa ku 'okwambala obuzaalirana'; wabula tunulira omuntu Yesu. Enkola ezo zimaliriza nga zibutikidde endowooza ez'abantu ku Yesu ng'omuntu; ate nga okulowooza okwo gwe mulamwa ogwa ddala, eby'omwoyo ebyesigamizibwa ku Yesu. Amakulu g'obuwanguzi bwa Mukama Yesu gasingawo okwesigama ku 'buzaalirana' kyokka. Ebisinga obungi ku byogerwa ku 'basatu' bibulamu ensonga eyo. Obuntu bwe, yennyini, kye eky'amaanyi, so si bigambo byetukozesa mu nzinnyonnyola ku 'buzaalirana'.

Okuyitayiita mu bigambo ebitaliimu, omutali bwagaazi ebyogera ku Yesu, olaba nga ensobi eyasooka okukolebwa kwali kutekawo enjawulo wakati wa Yesu ow'ebyafaayo, kwe kugamba omuntu yennyini eyatambula Galiraya yonna, n'ekyali kimanyiddwa nga “Yesu nga Paska ewedde”, “Yesu ow'obukkiriza”, kwe kugamba Kristo eyayatuulibwa], kkwe kugamba ekifaananyi ekya Yesu ekyayatuulibwa ekkanisa, era nga mu kyo buli omu mwe yalina nga okuteeka obukkiriza. Wano tuteekwa okuteeka amaanyi ku Baibuli kyeyogera nti ye omu leero na luli n'olubeerera. Nga bwe yali era bwali kati, era bwalibeera. Okukitunulira mu ngeri eno kimalawo ebigambo eby'obusa ku basatu, enjatuula ez'ekkania ezitabalika. Ekyo Yesu kye yali, mu makulu ag'omulamwa gwe ku biyigirizibwa bye n'obutnu, ky'ekyo kyali kati. Obweesige bwaffe tubuteeka mu muntu ow'ennono omu oyo ng'abasajja n'abakazi abagumu abasooka okumugobeerera mu makkubo okwebungulula ensozi ez'e Galiraya ne mu makkubo eg'omu Yerusaalemu, Kaperanawumu n'e Besane. Weewaawo, obuzaalirana bwe kakaano bwa kyussibwa; tafa. Naye ye muntu ow'ennono oyo yennyini. Ekifaananyi kye tulina ku ye ky'ekyo ekyesigibwa abatume kye batuwa; naye si ekyo ekyatondebwawo n'emirembe n'abasomi ab'eddiini kye

bawa. Tuteeka obukkiriza bwaffe mu mu muntu eyali owa ddala era nga bwali, so si mu Yesu abasajja gwe betonderawo mu ndowooza zaabwe ne mu bisomesebwa ab'eddiini. Osanga eno y'ensonga lwaki si kkiririza mu basatu era lwaki kikulu obutakikola.

## AKANYOMERO 14:
## OLUDDA OLW'OBWAKATONDA KU YESU.

Mu njogeeraganya zange ennyingi n'abakkiririza mu basatu, nazuula nga emirundi mingi olunnyiriri lwe njuliza okutaanya ku buntu bwa Yesu nga luli kumpi n'ekitundu ekyogera ku ludda lwe olw'obwakatonda. Eky'okulabirako, kumpi ennyiriri zonna ezikakasa 'Yesu yenkana Katonda' ne 'Yesu yali muntu' zonna ziva mu Yokaana. Mu kifo eky'okunoonya obunoonya ennyiriri ezikakasa, gamba nga 'Nze ne Kitange tuli omuntu omu' nga lwolekana ne 'Kitange ansinga obukulu', twetaaga okuzitegeera nga ezogera ku Yesu ye omu. Enjogera nnyingi ezikwata ku buzaalirana bwa Yesu zibulamu ensonga eno; ekyewunyisa ky'omuntu ono kyokka, asinga abantu bonna, kiri nti yali muntu ddala, so nga ate yayoleka Katonda. Kino kye kyali era ki kyali ekyewunyisa ekitalekeka eky'omusajja ono. Ebintu bino byombi ebikwata ku Mukama, okuyimusibwa n'obuntu, byogerwako wamu mu Ndagaano Enkadde nayo. Eky'okulabirako ekirungi ye Zab. 45:6,7: “Entebe yo ai Katonda, yalubeerera [kino kijulizibwa mu Ndagaano Empya ku Yesu] . . . Katonda, Katonda wo, kyavudde .akuteekako amafuta [yakufuula Kristo]”.

Mukama okussa obuntu bwe ku mabbali n'aggulumizibwa kye kitabusibwa liiso ku njigiriza ya Baibuli ekwata ku ye. Era kye kikalubiriza abantu okukkiriza, kubanga kyetaaga okuba n'obukkiriza bungi, nti ddala yali nga Katonda. Okuyisanya ebirowoozo kulabika nnyo n'amaanyi mu Abaebbulaniya. Wano wokka mu Ndagaano Enkadde erinnya lye ery'obuntu 'Yesu' mwelikozesebwa ennyo- si 'Yesu Kristo', 'Mukama Yesu', naye 'Yesu' lyokka (Beb. 2:9; 3:1; 4:14; 6:20; 7:22; 10:19; 12:2,24; 13:12). So nga ate Abaebbulaniya kikaatiriza engeri gyalina okuyitibwa 'Katonda', era nga bwali ekifaananyi kya Katonda ddala. Nze nkizula ng'awantu aw'emirundi ekumi erinnya 'Yesu' werikozesebwa, kiri nga eryali likozesebwa ku ntiiko ey'okugulumizibwa n'ekitiibwa. Eky'okulabirako: “Yesu mwe yayingira omukulembeze ku lwaffe” (Beb.6:20). “Naye muzze ku . . . eri. . . n'eri Yesu omubaka” (Beb. 12:22 – 24). Erinnya 'Yesu', okutali lirigenderako ddala, erimu ku maanya agaliwo mu kyasa ekyasooka mu Palasitayini, erya bulijjo nga Peetero, Moses, Stephen mu Uganda leero, okutegeeza nga bw'eryali ku buntu bwa Mukama obwenkomeredde, n'olwekyo likozesebwa nga entiko ey'ekitiibwa eri ye. Ekitiibwa gyali kimuweebwa

olw'obuntu bwe. Enjiri ya Yokaana ekozesa oluliimi olw'okugulumiza okunnyonnyola Yesu ng'omuntu- naye nga ddala bwokinoonyerezako, Yokaana akozesa enjogera ye emu ku by'obuntu byonna. Bino byakulabirako wammanga:

| **KU YESU** | **KU BY'OBUNTU BYONNA OBA ABANTU BONNA** |
|---|---|
| Yajja mu nsi (9:39; 12:46; 16:28; 18:37) | 1:9[eri "buli muntu yenna"]; 6:14. 'yajja mu nsi amakulu 'okuzaalibwa' mu 16:21; 18:37 |
| Yava eri Katonda 1:6; 3:28) | 3:2,28; 8:29; 15:10 |
| Omuntu. . . wa Katonda (9:16,33) | 9:17,31` |
| 'Bye nnalaba eri Kitange' (8:38) | 'Omuntu ababuulidde eby'amazima, bye nnawuli eri Kitange' |
| Kitaffe omu ye Katonda | 8:41 |
| Nnava eri Katonda (8:42) | 8:47 |
| Kitange ali mu nze nange mu Kitange (10:38) | 15:5 -10; 17:21 -23,26 |
| Omwana wa Katonda (1:13) | Abakkiriza bonna 'zadde lya Katonda yennyini'(1:13; 1 Yok. 2:29; 3:2,9, 4:7; 5:1-3,8) |
| Yatukuzibwa nnatumwa mu nsi (17:17 -19) | 20:21 |
| Yesu yalina okuwuliriza era n'okuyigirizibwa Kitaawe (7:16; 8:26,28,40; 12:49; 14:10; 15:15; 17:8) | Abaana ba Katonda nabo bwe batyo (6:45) |
| Yalaba Kitaawe (6:46) | Abayudaaya baliba nga kino bali bayinza okukikola (5:37) |
| Teyazaalibwa mubiri oba okwagala okw'omuntu, wabula zzadde erya Katonda yennyini | Ky'amazima n'eri abakkiriza bonna (1:13) |

**EKINTABULI**

Ekitiibwa n'obuntu bwa Mukama bigendera wamu nga Baibuli eyigiriza ku kufa kwe. Kirabibwa nga Yesu okweyogerako nti 'Nze', mu kifaananyi kye erinnya lya Katonda, ddala kwonna kusangibwa mu makulu agogera ku Yesu ng'ali wansi wa Katonda. Yesu 'yawanikibwa' ng'akomererwa mu nsonyi; naye 'nnayimusibwa waggulu' mu 'kitiibwa' mu maaso ga Katonda olw'ekikolwa ekyo. Tusoma mu Isa.52:14 nti amaso ge gaayonooneka bwe gatyo okusinga omuntu yenna, n'embala ye . . . Naye nga ate bwe tulowooza ku 2 Kol.4:4,6, tukizuula ng'amaaso ge gaali amaaso ga Katonda; ekitiibwa kye kyali ate era ki kyali kitiibwa kya Kitaawe: “Ekitiibwa kya Kristo, oyo ekifaananyi kya Katonda. . . ekitiibwa kya Katonda mu maaso ga Yesu Kristo”. Aluwa oyo anunula abantu be? Isaaya amuyita “Omukono gwa Mukama”: “ani abikkuliddwa omukono gwa Mukama?” (Isa.53:1 geraageranya ne 52:10). Olwo ne yeyongerayo bwati: “Kubanga yakulira mu maaso ge ng'ekikolo ekiva mu ttaka ekkalu” (olunnyiriri 2). Kale omukono gwa MUKAMA muntu – omuntu ow'obwakatonda! Ye mukono “ogwa ddyo” ogwa Katonda, Omuntu “ow'omukono gwe ogwa ddyo”! Era nga muntu: Eyakula okuva mu ttaka ng'ekikolo okuva mu ttaka ekkalu. Engeri ey'ekintabuli eno esangibwa ne mu ngeri nga Mukama bwe yawonya omwana wa nnamwandu. Yakwata ku ssanduko y'omufu- olwo ekibiina eky'abantu n'ekiryoka kyemulugunya nga Yesu bwataali mulongoofu, era n'engeri gye yetabula n'atali mulongoofu okutuuka ne ku ye yennyini okuba atali mulongoofu. Kyali kyewunyo ekyaleetera abaali basituudde okuyimirira. Naye Mukama yazuukiza omusajja omufu- abantu ne bategeera obukulu bwe, nga bamattidde nti “Katonda akyalidde abantu be” (Luk. 7:14-16) mu muntu Yesu. Obuntu bwe ate era n'amaanyi ge, oba obwakatonda bwe, by'alabikira wamu. Bwe kityo obunnabbi mu Danyeri obwoleka Yesu nga agulumiziddwa bumuyita “omwana w'omuntu”.

Ne bwe yamala okuzuukira, mu kaseera ke ek'ekitiibwa n'obuwanguzi, Mukama yalabikira mu ngoye eza bulijjo ez'okolerwamu emirimo, bwatyo kyeyava alabika ng'omulimi. Abayigiriza abamusisinkana ku kkubo eridda Emawo babuuza oba nga 'yali asula yekka' era nga n'olwekyo yali tamanyi mawulire mu kibuga gaakwata ku kufa kwa Yesu (Luk. 24:18 RV). Abantu bokka abaali babeera bokka, ng’abamu ku b'ennyumba, beebo abaali baganibwa oba abantu abalabika nga abatali ba bulijjo. Kumpi kyali kintu ekivuma eri bo okubuuza omuntu gwe batamanyi. Amazima gali nti Mukama yalabika nnyo ng'omuntu owa bulijjo, era nga ow'ekika eky'owa wansi ennyo eyabolebwa. Ate nga ono ye yali omwana agulumiziddwa owa Katonda. Tussa ekikoowu eri obuntu bwe, naye ate n'eri obumalirivu kw'obwagazi bwe mu kujjukiza abagoberezi be ekibagatta awamu naye, era

ne mu kugulumizibwa kwe.

Bulijjo Mukama Yesu yakaatiriza nga bwe yali ekkubo lyokka eri Kitaawe, nti mu kumumanya n'okumulaba oba okumutegeera abantu basobola okumanya Katonda. Nga ate mu Yok. 6:45 akireeta mu ngeri endala nti: “Buli eyawulira Kitange n'ayiga, ajja gye ndi”. Era agamba nti Kitange yekka yasobola okuleeta abantu eri Omwana (Yok.6:44). Nga ate kyenkana n'amazima nti omwana wa Katonda ye yekka asobola okukulembera abantu okubatwala eri Katonda Kitaffe. Mu kino tulaba ekintu ekirungi ennyo ku bantu banno bombi, bwe mba nga nkozeseza ekigambo ekyo ku Kitaffe n'omwana. Buli bwe tweyongera okutegeera omwana, bwe tweyongera n'okumanya Kitaffe; era buli bwe tweyongera okumanya Kitaffe, bwe tweyongera n'okumanya omwana. Eno y'engeri gye bali okumpi n'okumpi. Naye ate nga kikakafu bulungi nga bantu abawukkanye. Wabula nga era bwe guli ku taata yenna n'omwana, okugenda nga tutegeera omu kituleetera okumanya ennyo oli omulala, ekyo era ne kitwongera okutubikkulira ebirala ebikwata kw'oli. Era kireeta okumanya ennyo omulala. . . era n'okutegeera Kitaffe n'omwana kweyongera bwe kutyo. Bwe kiba nga Kitaffe n'omwana bali omuntu omu, obulungi buno obusufu bwe butyo buba bubula era ne bwonoonebwa ate ne buba ekitasoboka. Obumanyirivu obw'Omukristaayo owa namaddala, oyo amaze 'okulaba' n'okumanya Kitaffe n'omwana, abeera mujjulirwa eri amazima gano. Ensonga lwaki okutegeera okulungi ku bikwata ku buzaalirana bwabwe n'enkolagana yaabwe kyetaagisa eri okubamanya. Ekyewunyo kyabyo byonna kiri nti teyatandikirawo kuba ndabirwaamu ya Kitaawe eri ffe, gyobeera yali ng'ekitundu ky'enkola y'eby'eddiini; yakola nnyo n'amaanyi eg'ekika ekya waggulu ennyo ekyamuviirako n'okufiira ku musalaba. Annyonnyola nti teyajja kukola ye byayagala, wabula ebya Katonda; teyakola mirimo gye ye gyayagala, wabula egyo Katonda gye yayagala. Yalina bingi ebyokwogera n'okusalawo eri eggwanga ly'Abayudaaya, yalibaawadde 'ekimu kye yali alowooza', wabula mu kifo ky'ekyo yayogera bwati: “Nange bye nnawulira gy'ali (Kitange) bye biibyo bye njogera eri ensi” (Yok. 8:26). Mpaayo nti enjogera eri bweti abeera nzibu okutegeera obulungi mu bigambo bya ab'obusatu. So nga ekyewunyo kyayo kyeyongerayo nate. Kitaffe ayogerwako nga 'amanyi' omwana, nga omwana bwamanya Kitaawe; era olulimi lwe lumu olukozesebwa ku musumba omulungi 'amanyi' ffe endiga ze. Ekyewunyisa kino eky'enneyisa n'enkolagana ya ab'ennyumba kye kiikyo “okussa ekimu ne mwoyo mutukuvu”, okutambula n'okubaawo okw'amazima eri omwana ne Katonda, kye kitegeeza. Kye ekyo eky'okuba mu nnyumba eno, n'ebyewunyisa eby'enkolagana ebigikwatako ekirabika mu lwatu nga ab'obusatu bagaana okuyingira.

**EKKUBO ERI EKITIIBWA**

Ekkubo lya Mukama eri ekitiibwa ly'eryavaako Kitaawe 'okumanyisa amakubo ag'obulamu' (Bik. 2:28). Ebigambo ebyo, mu ngeri etali ngenderere, bikulu nnyo ku komerera ab'obusatu. Naye nga eri ffe ekisinga obukulu mu kino eri buli omu, Mukama ye yali eky'okugoberera kyaffe, ffe abatambulira mu kkubo ery'obulamu mu ngeri eyo (Mat. 7:14), abanoonya 'okumanya' obulamu obutaggwaawo (Yok. 17:3). Nga eky'okulabirako kyaffe ekya ddala mu kino, tusobola okwogeerera awamu ne Yokaana nti: “Omwana wa Katonda yajja n'atuwa amagezi n'okutegeera tutegeera ow'amazima. . . n'obulamu obutaggwaawo” (1 Yok. 5:200.

Endagaano Empya etegeeza nti okukkiriza Yesu nga Mukama kwe kutegeera Enjiri. Mu ntegeera eyo, buli yenna ayatula Yesu nga Mukama alirokoka (Bar. 10:9,13)- wabula okwatula Yesu nga Mukama kitegeeza okuwaayo buli kitundu kyonna eky'obulamu bwaffe. Tekitegeeza kwogera bwogezi bigambo byokka nti “Yesu ye Mukama”. Pawulo yakizuula nga buli sawa yonna ey'obulamu bwe, yeyongera okuguma ku lw'okuzuukira okwa Yesu (1 Kol. 15:30); eno ye yali engeri y'ekola ye ey'okumanya amaanyi g'ennono eyo ey'amazima esinga.

**ESSUUBI**

Okuzuukira okwa Mukama waffe kwe kwesigamiziddwa okwaffe. Wadde nga waliwo ennaku era n'okukkakanyala kw'okufa kwennyini, obukkiriza bwaffe busimbye mu kukkiriza kwaffe nga Mukama waffe yafa era n'azuukira. Mu ku kubagiza abo abaviriddwako abagalwa baabwe mu Mukama, Pawulo tabajjukiza bujjukiza ku kiyigirizibwa eky'okuzuukira ku madda ga Mukama kyokka. Kyokka atunulira amazima nti “bwe tukkiriza nga Kristo yafa era n'azuukira, era Katonda alireeta bw'atyo abeebaka ku bwa Yesu wamu naye” (1 Bas. 4:14). Obutuufu obw'okuzuukira bulina okuba n'amakulu mu kaseera kafe ak'okufa ke tutunulira mu bulamu buno. Ku nze Yesu n'abawandiisi ba Baibuli kirabika nga batandikirawo obutafaayo ku kufa. Pawulo agamba nti Yesu “yajjawo okufa” (2 Tim. 1:10) okufa okwo ensi kwerina okutukako, okusembayo era okufiira ddala, ffe abali mu Kristo tekututukako. Eno y'ensonga lwaki abagoberezi aba Kristo aba ddala tebalirega ku kufa (Yok. 11:26). Si kufiira ddala wabula kwebaka. Nkimanyi nga okuviibwako kisigala kituluma, era ku kyaliwo. Wabula ku nkomerero, olwo kuba yajjawo okufa mu ye, bw'atyo yakikolera n'abo bonna abali mu ye.

**OKUBAAWO KU LW'ABALALA**

Olw'amazima nga Yesu ye Mukama kirimu amakulu agakola egetaagisa eri ffe. Mu Bar. 14:7,9, Pawulo ayogera ku bwetaavu bw'obutabaawo ku lwaffe, wabula okubeerawo mu ngeri etegeera amangu obwetaavu bw'abalala. Lwaki? Kubanga Kristo kyeyava afa n'abeera omulamu,alyoke abeerenga Mukama w'abafu era n'abalamu". N'olwekyo olwo kuba nga ye Mukama waffe tetubeerawo ku lwaffe, wabula ku lwa Kristo Mukama waffe n'abo abali mu ye. Yesu afuuka nannyini buyinza ku ffe, kubanga ddala ye Mukama era Kristo. Kino kiyinza okuwulikika nga ekirina okuba bw'ekityo, wabula emikisa n'ebibikivaamu biba birambulukufu bulungi bwe tulowooza engeri obulamu gye buba obutali bwa kigendererwa eri abo abatalina buyinza nga obwo mu bye bayitamu. Tebaba na kigendererwa, banguyirwa okubuzibwabuzibwa, abeefaako bokka, kubanga tebalina kibakakatako nga ffe bwe tulina Mukama era omwami. Ebibakwatako ng'okwagala oba obutayagala by'eby'obuyinza byokka bye balina okumanya, bwe kityo embeera y'essanyu lyabwe teba nnungi. Ate nga eri abo abakkiririza ddala Yesu nga Mukama, entegeeka n'ekigendererwa n'obulungi mu bulamu obw'obantu ebiryeyongera mu maaso mu mirembe egy'obulamu obutaggwaawo.

**OKULEKA OBULAMU OBW'OMUBIRI**

Pawulo bwagulumiza Kristo okuba Kabaka wa Bakabaka era Mukama wa Bakama, atuula mu kitangala omuntu yenna kyatasobola kutukako, kino si kyagwala bwagazi biwandiikibwa kulabibwa. Kirina amakulu eri abakkiriza okuleka ebintu, okuddukra ddala omutego gwabyo. Kino 1 Tim. 6:6-14 kye kikwatako; olwo ne waba n'ekitundu ekyogera ku kugulumizibwa okwa Kristo (:15,16), olwo nno n'okweyongera okusaba okugabana eby'obuggaga mu kifo eky'okubyongerako (:7-19). Olw'okuba nga ye Mukama wa bonna, tulina okuleka ebintu byaffe era n'obwannanyini. Kubanga tuli bantu be, ate ne bye tulina byonna bya buweereza bwe. Era etteeka ly'okuba nga ye Mukama waffe likwata ku mbeera ey'eby'omwoyo byaffe yonna. Dennis Gillet yalaba n'amazima nti: "Obumanyi bufunibwa na kuttikirwa okw'Omwami nga Mukama era Kabaka". Era mu ngeri nga eyo Peetero agamba nti abo bonna abagaana Yesu okuba nga ye Mukama babeera bali mu kwegomba okubi (2 Peet. 2:10). Ekya Yesu okuba nga ye Mukama kisaanye okuba n'amakulu ag'okufuga obulamu bwaffe; kubanga ye, so si bwagazi bwaffe, ye Mukama era Omwami w'omubiri gwaffe. Okugulumizibwa kwa Yozefu okwewunyisa e Misiri kyali ekifaananyi eky'okwa Mukama ng'amaze okuzuukira. Nga ekyava mu kugulumizibwa kwa Yozefu, tewalinga muntu yenna kuyimusa mukono gwe oba ekigere okujjako nga aweereddwa obuyinza okuva eri Yozefu. Era n'okugulumizibwa kwa Yesu kulina

ebikuvamu bye ebimu era ebitukakatako ffe okugoberera. Yuda 4 ekwanaganya okugaana Yesu nga Mukama era Omwami no kugaana empisa ze zayagala. Bwe kiba nga ddala ye Mukama era Omwami, tetusobola kubaawo mu bulamu obw'empisa embi Yuda zavumirira.

**OBWETOOWAAZE**

Olw'okuba nga Yesu ye Mukama era Omwami, era kubanga y'atukyikirira mu bintu byonna, n'olwekyo ekyo ye kye yali n'ebyo byonna bye yakola bifuuka bikulu gye tuli okubigoberera. Kale: “Oba nga nze Mukama wammwe era Omuyigiriza mbanaazizza ebigere, era nammwe kibagwanira okunaazagananga ebigere” (Yok. 13:13,14). Bamuyita “Mukama era Omuyigiriza”, naye ne batayinza kunaazagana bigere. Nga era bwe guli ku ffe, balina okumanya okw'ebiyigirizibwa okulungi, naye nga mu kukola tebibagasa. Olw'okumumanya nga Katonda kiba kitegeeza okunaazagana ebigere. “Kale abagalwa bange [kubanga Yesu yagulumizibwa], [mubeerere bagonvu era] mutuukirizenga obulokozi bwammwe bennyini n'okutya n'okukankana [kwe kugamba mu bwetoowaaze]” (Baf.2:12). Era bwe kiri ne mu kusiima obukulu obwa Katonda; we tukoma okukitegeera, era n'okuddamu kuba kwa waggulu nnyo.

Mu Yakobo 2:1 Yesu ayitiibwa “ow'ekitiibwa”( nga bwe kiri ne mu Luk. 2:32; Bef. 1:17). Era Yakobo ewa ensonga nti tetusobola kukkiriza nti Yesu ye Mukama, mu Mukama Yesu nga Mukama ow'ekitiibwa ate ne tusosola mu bantu. Kino kyandirabika nga enkwasaganya eteri ya bulijjo mu kusooka okukiraba. Naye osanga amakulu gali nti bwe tulaba obuwanvu n'ekitiibwa kye ekitenkanika, ebirala byonna biba tebikyali na mugaso, era n'olwekyo ne tutekubira oba okuwakkanya omuntu yenna. Era awatali kyonna kubanga byonna bwereere mu maaso g'okuyakaayakana okw'ekitiibwa kya Mukama gwe tugoberera. Baibuli emanyiddwa nga Revised Version (RV) erambulula bulungi ensonga eno: “Gwe mu kusembeza abantu, olina obukkiriza bwa Mukama ow'ekitiibwa?”. Kino kinnyonnyola lwaki Pawulo yatula wansi n'awandiikira ekkanisa ezali zisobeddwa olw'eby'ensi, obugwennyufu n'ebiyigirizibwa ebikyamu, n'atwala omutwe ogw'obukulu n'okugulumizibwa kwa Mukama Yesu kw'addingaanamu ng'okuggulawo kw'ebbaluwa ze.

Waliwo ekintu eky'enjawulo kimu eky'okwekannya ku buwanvu bw'okugulumizibwa kwa Mukama gye kututwala.”Era Katonda kyeva amugulumiza ennyo. . . buli vviivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu. . . era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama waffe. . . kale. . . mutuukirizenga obulokozi bwammwe bennyini n'okutya

n'okukankana” (Baf. 2:9-12). Ebigambo bino biri nga ebiri mu Is. 45:23,24; “. . . buli vviivi lirinfukaamirira, buli lulimi lulirayira nze. Waliwo aligamba nti mu Mukama mwokka mwe muli obutuukirivu n'amaanyi”. Fenna twesanga ng'obwetoowaaze kitukalubirira. Wabula mu maaso ag'obuwanvu bw'okugulumizibwa kwe, obuwanvu obwajja nga buva mu buwanvu obw'okunyomebwa ku musalaba, amavviivi gaffe galina okufukaamirira n'obwetoowaaze obw'amazima n'okumanya ebibi byaffe, n'okwebaza olw'okutegeera amazima nti twabalirwa obutuukirivu okuyita mu ye. Tulyeyala wansi mu maaso ge ku lunaku olw'okusalirako emisango era ate tuliyimusibwa. N'olwekyo tetusaanye kusalira muganda waffe musango olw'okuba naye aliyimusibwa ku lunaku olwo- eri Mukama we aliyimirira oba okuggwa, so si gye tuli.

**OKWEYAWULA KU NSI**

Nga bwe kiri ku byonna bikwata ku njigiriza, kitubeerera kizibu bulijjo okusiima engeri ey'obukulu bwabyo mu nkyusakyusa mu makulu ag'ab'ekyasa ekyasooka; era nga ekikulu eri ffe tewali nnono n'emu mu byo esaanye okubula. “Kristo ye Mukama” yali nnono ya kusomooza nnyo eri enzikkiriza eya bulijjo nti “Kayisali ye Mukama”. Kyali kiruma, kirina omuweendo, okukkiriza nga ye Mukama. Era n'eri ffe bwe kityo bwe kisaanye okuba. Abasajja n'abakazi baafa olwa kino, era mu ngeri y'emu naffe tuwaayo obulamu bwaffe mu kuddamu eri okumanya kw'ekumu okwo. Waliwo okulabika ng'abakowoola Mukama, nga Mukama ye yennyini bwe yagamba, naye ne tutabako na kye tukola ku ebyo by'agamba. Okumumanya nga Mukama mu mazima kikufuulirawo okuba amugondeera (Luk. 6:46). Ekituufu ky'obukama bwa Yesu kikozesebwa mu Kubikkulirwa (19:12,16) okukubiriza ab'oluganda okugenda mu maaso n'obujulizi bwabwe awatali kutya newakubaadde nga bayiganyizibwa. Yesu ye Mukama w'abakabaka ab'ensi; ye yafuga ensi; n'olwekyo, tewali maanyi gonna ag'abantu gasobola tukolako kya bulabe awatali lukusa lwe yennyini n'ekigendererwa. Okubuulira kwa Zab. 110 kw'amaanyi: olw'okuba nga Yesu atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Kitaawe, abantu be beewaayo nga ekiweebwayo eky'okweyagalira mu kino, ku lunaku olw'obuyinza bwe.

Bak. 2:8,9 kinnyonnyola nti olw'okuba nga mu Kristo mwe mutuula okutuukirira okw'Obwakatonda, nga bwali kati mu kitiibwa, nti n'olwekyo tetusaana kugoberera bantu. Omusajja oba omukazi oyo ddala obuwanvu bw'okugulumizibwa kwa Yesu gwe bwewunyisa, tekyandimwanguyidde kumala gaakkiriza kusangibwa mu nzikkiriza ez'abantu obuntu, ne bweziba nga ziri mu b'oluganda bennyini.

**OKUKKIRIZA**

Okukkiriza nakwo kubaawo na kujjukira n'okusiima obuwanvu obw'okugulumizibwa kwe. Kaakano alina amaanyi gonna mu ggulu ne mu nsi, era nga kino kyokka kya ndiyongedde obukkiriza bwaffe mu kusaba n'essuubi mu bulokozi bwe obugenda okujja. Okwesigama ku bitundu nga Kuv. 4:7; Kubal. 12:10-15; 2 Bassek. 5:7,8, ebigenge byali nga “okulalambala” nga kugibwaawo na Katonda yekka. Omugenge mu Mak. 1:40 yabeerangawo ng'akimanyi bw'atyo, naye ate n'alaba mu Yesu okweyoleka kwa Katonda yennyini. Olw'okusikirizibwa n'obuwanvu obw'ekifo kye yawa Yesu mu mutima gwe, yamusaba n'obukkiriza omuwonye: “Bw'oyagala, oyinza [nga bwe kyali kimanyiddwa nga Katonda ye yekka asobola] okunnongoosa”.

**OKWAGALA YESU**

Tukkiriza nga Yesu yazuukira era n'alinnya. Tukkiriza nga Yesu Mukama. Tetumulabangako, kyokka tumwagala. Olw'okuba nga tali naffe nga tumulaba, enkwatagana yaffe naye teri na bitundu byaffe birabibwa. N'olwekyo tuyita mu kussa mu nkola bye tusoma mu Baibuli mu birowoozo byaffe ne mu mitima gyaffe. Tusoma ebyawandiikibwa mu Njiri ne mu Bbaluwa, tuyiga amateeka, nga tunoonya okuzza obuggya okutegeerera ddala nti yali ani, n'amaanyi oba essanyu eriva mu ky'amazima ekyangu nti tali naffe mu mubiri. Era bwe tukikolera emyaka, tujja kuba n'okutegeerera ddala okusomoozebwa, okuba ababe, okuyigirizibwa, okwebbulula, okuggumira n'okuweebwa obuyinza okuva eri Yesu ow'omu Njiri.

**OKUBUULIRA YESU**

Olw'okuba nga Yesu ye Mukama wa bonna, tuteekwa okumubuulira eri bonna, yadde nga Peetero tetwandibuulide. Kino  kye kyali amaanyi ag'okuubiriza n'amazima ag'obukama bwa Kristo okuba obw'ensi yonna eri Peetero (Bik. 10:36). Enkwasaganya y'emu wakati w'obukama bwa Kristo n'okubuulira esangibwa mu Baf. 2:10 ne mu 1 Peet. 3:15 ( kumpi nga eri mu Is. 8:13- Yahweh (Yakuwa ow'eggye, ow'abangi, kati afuuse eyeyolekera mu Mukama Yesu). Oyo Kristo ey'alinnya mu ggulu yaggulumizibwa nnyo era nnaweebwa erinnya erisinga amaanya gonna, olwo nno abo bonna abakkiriza kino, balifukaamira mu buweereza eri erinnya lya Yesu. Peetero yabuulira erinnya erya Yesu n'ebirikwatako- kino kikaatirizibwa (Bik. 2:31, 38; 3:6,16; 4:10,12,17,18,30; 5:28,40,41; 10:43). Obulungi obw'okumumanya n'enneyisa ye n'ekyewunyisa eky'okuweebwa erinnya ery'okuggulumizibwa ku lunaku lwe yalinnya mu ggulu (Baf. 2:9; Kub. 3:12) kyaleetera Peetero okuwa obujjulizi. Olwo kugulumibwa kwe, twatula nti Yesu ye Mukama eri abantu,

nga oluvannyuma bwe tulikola eri Katonda ku lw'okulamulirwako (Baf. 2:9). Nga bwe tumwatula eri abantu, n'okulamulibwa kwaffe kuliraga kino. Okuyimusa Yesu nga Mukama kye kyesigamizibwako nga tuwa obujjulizi ku ssuubi eriri mu ffe eri buli muntu yenna (1 Peet. 3:15 RSV). Okutegeera n'obumanyirivu eri okugulumizibwa kwe osobola okubiwako obujjulizi; tosobola kukisirikira. 3 Yok.7 lukwata ku ngeri ng'ekiragiro ekikulu eky'okubuulira bwe kyagonderwa: “ Kubanga baavayo olw'erinnya nga tebaweereddwa kintu ba mawanga”. Olw'obulungi obw'okumanya erinnya lye bagenda okuwa obujjulizi, naye ate ekisinga balina omwoyo omugabi, ne batatwala bintu kubayambako kukola kino. Okutegeera erinnya lye kyokka kisaanye okutwongeramu obuweereza obutata: olw'erinnya lya Mukama Abaefeso bakola nnyo (Kub. 2:3).

“Kale mugende muyigirize amawanga gonna, kubanga “mpeereddwa obuyinza bwonna” (Mat. 28:18,19). N'olwekyo ekiragiro ekikulu eky'okubuulira si tteeka nnyo ng'amazima agetewalika ag'okugulumizibwa kwa Mukama. Tetulina kutula butuuzi ng'abatakwatibwako nga tutegedde obuyinza bwe oba amaanyi ge wonna wonna. Tulina okubunya okutegeera okwo eri abantu abalala bonna.

Obukulu bwa Kristo, olw'amazima amangu nti Yesu ye Mukama, kirambulukufu nga kye kyasendsenda Makko okuwa obujjulizi; yatandika eby'okubuulira kwe Njiri (Enjiri ye biwandiiko buwandiiko) ng'ajjuliza ebigambo bya Isaaya ebikwata ku ngeri ekkubo gy'eryali ligenda okuteegerwa “Katonda waffe” ng'abyogera ku Mukama Yesu, gwe yalaba nga Katonda okweyoleka mu mubiri. Okusiima obuwanvu obwa Yesu kye yali era kyaali, kirambulukufu nga kyamwanguyiza okubuulira. Era naffe bwe kirina okuba. Eno y'ensonga lwaki buli Pawulo bwe yali nga anaggwamu essuubi yabuulira nga nti: “waliwo kabaka omulala, Yesu” (Bik. 17:7). Kino kye kyali ekinyusi eky'obubaka bwe; si nti walibeerawo Kabaka ajja mu Yerusaalemu kyokka, naye nti Kabaka wali kati ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, ayagala tumugondere ddala. Ekyawandiikibwa mu Bikolwa kikwasaganya obuwanvu bwa Kristo n'okuyitibwa okw'okwenenya. Buno bwe bubaka bwa Is. 55:6-9- kubanga ebirowooza bya Katonda bisingira ddala ebyaffe, kale mukowole Mukama nga bw'akyali okumpi, era omubi aleke ekkubo lye.  Kubanga Kitaafe n'omwana ffe batuli waggulu nnyo mu mpisa era nga bagala okukolera wamu naffe, kale tusaanye okutwala ekisa kyaabwe ne twenenya.

**OBUGONVU**

Ddala ddala  bwe tuba nga tumanyi nti Yesu ye Mukama, mu mazima so si mu bigambo bugambo, olwo nno tulina ddala okukola Katonda by'ayagala (Mat. 7:212,22). Okuyita Yesu 'Mukama' naye ne tutabako kirabika kye tukola nga eky'okuddamu kitegeeza nti ebigambo byaffe bya busa. Kyangu nnyo bwe kityo.

**OBUTABA NA BINTU**

Bwe kiba nga Yesu ye Kabaka, byonna bibye. Byonna bye tulina si byaffe. Endagaano Enkadde ekaatiriza nti obwannanyini bwa Katonda bwe busooka ebintu ebyaffe, omululu gwe tulina ogw'okwagala 'obwannanyini'. Ibulayimu yagaana okutwala "ne bwe kaba akawuuzi akasiba engatto ze" ku ebyo ebyandibadde nga ebibye; kubanga Yahweh (Yakuwa) "Katonda owa waggulu ennyo ye nannyini ggulu n'ensi (Lub. 14:22,23). Naye kaakano  obuyinza bwonna Katonda yabussa ku mwana. Naffe okugondera Mukama Yesu kyetaagisa okuleka ebintu eby'ensi nga Ibulayimu bwe yakola.

**OKUFUGA EBIGAMBO BYAFFE**

Abo abatakkiririza mu Bukama obwa Katonda [oba Yesu] tebalina nsonga lwaki bafuga ebigambo byabwe: "Aboogedde nti n'olulimi lwaffe tuliwangula; emimmwa gyaffe gye gyaffe: atufuga ye ani?" (Zab. 12:4). Naye oludda lwakyo olulala lwe lutuufu; okutegeera obuyweevu obw'obukama bwa Kristo gye tuli kivaamu okufuga ebigambo byaffe, olw'okumanya nga ennimi n'emimmwa si byaffe wabula bibye.

**ESSOMO 8: EBIBUUZO.**

1 Baibuli esomesa nti Katonda ali mu bussatu?

2. Wandiika enjawulo ssatu wakati wa Katonda ne Yesu.

3. Yesu yali wa njawulo ku ffe olw'okuba nga:

a) Teyeyonoona

b) Yali omwana omu owa Katonda

c) Yali tasobola kwonoona

d) Katonda yamukola okubeera omutuukirivu awatali buzibu

4 Ngeri ki kuzino wamanga Yesu azamufanaanyamu ne Katonda?

a) Yalina obutonde nga Katonda mu bulamu bwe wano ku nsi

b) Yalina embeera eteriko kunenyezebwa nga Katonda

c) Yalina okumanya ng'okwa Kantonda

d) Butereevu yali yenkanankana ne Kantonda

5. Ngeri ki ku zino wamanga Yesu bwe yali nga ffe?

a) Yalina okukemebwa na byonna ebituuka ku bantu

b) Yayonoona ng' akyaali muto

c) Yetaaga obulokozi

d) Yalina obuzaalirana bw'abantu

6. Ki ekituufu ku bigambo bino wamanga?

a) Yesu yali mutuukirivu mu buzaalirana bwe ne mu nneyisa ye.

b) Yesu yali wa buzaalirana obw' ekibi naye omutuukirivu mu nneyisa ye

c) Yesu yali Katonda yennyini ate omuntu yennyini

d) Obuzaalirana bwa Yesu bwali nga obw'Adamu nga tannayonoona

7. Kyali kisoboka Yesu okwonoona?

# ESSOMO 9

# OMULIMO GWA YESU

## 9.1 OBUWANGUZI BWA KRISTO

Essomo eriwedde liraze engeri Kristo gye yalina obuzaalirana bw'abantu nga ffe era yakemebwa nga ffe bwe tukemebwa. Enjawulo wakati waffe naye eri nti ye ekibi yakiwangulira ddala; nga wadde yalina obuzaalirana nga ffe, bulijjo yayolesanga enneyisa eteriko kunenyezebwa kwonna. Ekyewunyisa nga kino naffe kyanditugumiza nga bwe tweyongera n'okusiima. Essira ku nneyisa ya Kristo etaliko kunnenyezabwa liddibwamu emirundi mingi mu Ndagaano Empya.

- “Yakemebwa mu byonna nga ffe, kyokka n’atakola kibi” (Beb. 4:15).
- “Ataamanya kibi “ne mu ye temuli kibi” (2 Kol. 5:21; 1 Yok. 3:5).
- “Ataakola kibi, newakubadde obukusa tebwalabika mu kamwa ke” (1 Peet. 2:22).
- “Omutukuvu ataliiko kabi, ataliiko bbala, ayayawulibwa eri abo abalina ekibi” (Beb. 7:26).

Ebyawandikibwa mu Njiri biraga engeri bantu banne gye bategeera obulungi bwe nga buva ku nneyisa ye, eyeyolekera mu bigambo ne mu bikolwa bye. Kino omukazi wa Pilaato yakimanya bwe yayogera nti: “Omuntu oyo talina musango” (Mt. 27:19), atasaanye ku kolebwako kabi; Omumbowa Omuroma eyatunuulira ngeri Kristo gye yalimu ku mu salaaba yagamba nti, “Ddala ono abadde muntu mulungi” (Luk. 23:47). Emabega mu bulamu bwe, Yesu yasomooza Abayudaaya n’ekibuuzo nti: ‘Ani ku mmwe annumuriza ekibi?” (Yok. 8:46). Tewali yenna yaddamu kibuuzo kino.

Ku lw’obuwanguzi olw'obulungi bwe mu buli engeri yonna, Yesu Omunazareti yaweebwa ekitiibwa ekisinga eky'abamalayika (Beb. 1:3-5). Yaweebwa erinnya erisinga ag'abamalayika (Baf. 2:8). “Erinnya lye aliyitibwa wa kitalo, muwi wa magezi [1 Bas. 22:20]” (Is. 9:6). Kikakafu nga Yesu teyagulumizibwa nga tannazalibwa era nga tannafa; endowooza nti yali yagulimizibwa dda bwatyo kiba kiggyawo kino.

Olw’obulungi bwe nneyisa ye, Yesu yayolesa Katonda mu mubiri (Tim. 3:16); kubanga yeyisiza ddala nga Katonda bwe yandikoze singa Katonda ye yaliwo awo. N'olw'ekyo Kristo yali ndabirwamu yennyini eri Katonda.- “kifaananyi kya Katonda atalabika” (Bak. 1:15). Olwa kino, tewali bwetaavu bw’abantu abafa okulaba Katonda. Nga Yesu yennyini bwe yannyonnyola nti: “Alaba ku nze, ng'alabye ku Kitange, kiki ekikwogeza ggwe nti tulage kitaffe?” (Yok. 14:9). Essira lya Baibuli ly’eddinganamu liri: Katonda kitaffe yayolesebwa mu Yesu Kristo omwana we (2 Kol. 5:19; Yok. 14:10; Bik. 2;22). Abakkiririza mu bassatu basomesa nti omwana yeyolesebwa mu Yesu, naye Baibuli esomesa nti Katonda yali mu Yesu. ekigambo ne kifuuka omuntu (Yok, 1:14), so si muntu kufuuka ekigambo; kyokka kitegeerekeka nga enjigiriza y'obulimba eya abasatu yakyaaka nnyo.

Olw’okuba tuli mu nsi y'ekibi, ate nga naffe bennyini tuzaalibwa mu kibi, kituberera kizibu okusiima n’okumanyira ddala obunene bwa Kristo ku by'omwoyo n’obukulu bwe ku nsonga eno; nti omuntu eyali nga ffe ayolesa atya obutukuvu bwa Katonda mu nneyisa ye. Kino kyetagisa okukkiriza kunene so si kukkiriza bukkiriza ndowooza y’abasomesa eddiini abagamba nti Kristo yali Katonda.

Kristo yawaayo obulamu bwe obutaliiko kyakunenyezebwa nga ekirabo gye tuli kyeyagalire; yayolesa okwagala kwe eri ffe ng'afa “olw'ebibi byaffe”(1 Kol.15:3), ng'amanyi nti ng'ayita mu kufa kwe, yali wakutufuunira okulokolebwa okw'oluberera okutujja mu bibi n'okufa (Bef.5:2,25; Kub. 1:5; Bag. 2:20). Olw'okuba nga Yesu yali mutuukirivu mu nneyisa ye yasobola okuwangula ekyo ekiva mu kwonoona ng'afuuka omuntu eyasooka okuyimusibwa mu bafu era naaweebwa obulamu obutafa. N'olw'ekyo abo bonna abafuuka nga ye nga bayita mu kubatizibwa era ne bagoberera ngeri y'obulamu nga Kristo bwe yali baba n'essubi ly'erimu ery'okuzuukira n'emperea.

Mu kino mwe muli obukulu bw'ekitiibwa ky'okuzuukira kwa Yesu. Kino kye “ekikkirizisa” nga tulizuukizibwa ne tusalirwa omusango (Bik. 17:31), era bwe kiba mazima twali nga ye, tuligabana ku mpeera ye ey'obulamu obutaffa, “nga tumanyi (n'obuggumu) ng'oyo eyazuukiza Mukama waffe Yesu era naffe alituzuukiza wamu ne Yesu”(2 Kol. 4:14; 1 Kol. 6:14; Bar. 6:23). Nga bwe tuli abonoonyi okufa kw'oluberera kitugwanira (Bar. 6:23). Ate nga, olw'obulamu bwa Yesu obutukuvu, okugondera okufa n'okuzuukira, Katonda atuweera ddala ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo, ng'asinziira ku nkola ze zonna.

Okusangulawo ebyo byonna ebiva mu kwonoona kwaffe, Katonda “atubalira obutuukirivu” (Bar.4:6) ng'ayita mu kukkiriza kwaffe mu ebyo ye byeyasuubiza eri obulokozi. Tumanyi nga ekibi kireta okufa, n'olw'ekyo bwe tuba mazima tukkiriza nga Katonda alitulokola okivaamu, tuba tuteekwa okukkiriza nti Katonda alitubalira ng’abalina obutuukirivu, newakubadde nga tetuli batuukirivu. Kristo teyaliko kya kunenyezebwa; kale bwe tutyo naffe bwe tubeerera ddala mu Kristo, Katonda ayinza okutubalira ng'abatuukkirivu; newakubadde nga tetuli batuukirivu. Katonda yafula Yesu “okuba ekibi ku lwaffe”; oyo atamanya kibi; ffe tulyoke tufuune obutuukirivu bwa Katonda mu ye” (2 Kol. 5:21), kwe kugamba okuba mu Kristo okuyita mu kubatizibwa, era n'okuba n'obulamu nga obwa Kristo. Bwe kityo eri abo bonna “abali mu Kristo”, yafuuka…butuukirivu, n’okutuukuzibwa gye tuli…” (1 Kol. 1:30,31); n'olw'ekyo olunnyiriri luno wammanga lutugumya okutenderezanga Yesu olw’ebyo ebintu ebikulu bye yatukako, “kubanga mu Njiri obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa, obuva mu kukkiriza” (Bar. 1:17).

Bino byonna byasoboka okuyita mu kuzuukira kwa Yesu. Ye yali “ebibala ebibereberye” ku makungula ag’abo abalifulibwa abatafa nga bayita mu ebyo Kristo bye yafuna (1 Kol. 15:20); “omubereberye” mu nnyumba y'eby’omwoyo abaliweebwa Obutonde bwa Katonda (Kol. 1:18 geraageranya ne Bef. 3:15). N’olw’ekyo okuzuukira kwa Yesu kwasobozesa abo bonna abakkiririza mu Kristo okubalirwa obutuukirivu, kuba babikibwa n’obutuukirivu bwe. “Kristo yaweebwayo olw’ebyonoono byaffe n’azuukira olw’okutuweesa obutuukirivu” (Bar. 4:25).

Kyeataga okulowooza n'okufumitiiriza okuba n'obukkiriza mu bintu bino okukumatizibwa nga ddala tusobola okubalirwa Katonda ng'abatuukirivu. Kristo asobola okutuwaayo wa mu ntebe y'omusango nga “tetuliiko bulema mu maaso g'ekitiibwa kye”, ‘abataliiko kamogo wadde omusango mu maaso ga Katonda' (Yuda 24; Bak 1:22 geraageranya ne Bef. 5:27). Naye olw’okuba nga tuli bantu abonoonyi era abanafu mu by’omwoyo, kyetagisa obugumu mu kukkiriza okuyinza okukkiririza ddala mu kino. Okuyimusa emikono gyaffe mu nkungaana ennene oba okukwata ebyo byokka bye tukkiririzamu tebikwatagana na kukkiriza kwa ngeri eno. Okutegeera bulungi okuzuukira kwa Kristo kye kyandisaanye okutuzaamu amaanyi mu kukkiriza kwaffe; “Katonda eyamuzuukiza mu bafu . . . okukkiriza kwammwe n’okusuubira biryoke bibeerenga mu Katonda’ (1 peet. 1:21).

Kiri eky'okubatizibwa bulungi mu Kristo,  ekitusobozesa okuba “mu Kristo” era n'olw'ekyo ne tubikibwa n'obutuukirivu bwe. Olw'okubatizibwa twegatta wamu mu kufa n'okuzuukira kwa Kristo (Bar. 6:3-5), nga ebyo mwe twayita okununulibwa mu bibi byaffe, n’olw’okutuweesa obutuukirivu (Bar. 4:25).

Ebintu bino ebyewunyisa bye tulowoozezako mu kitundu kino tetusobola kubitegeera okujjako nga tumaze okubatizibwa. Nga tubatizibwa tutabaganya obulamu bwaffe n’omusaayi gwa Kristo ogwayiibwa ku musalaba; abakkiriza banaaza “ebyambalo byabwe ne (babifula) ebyeru mu musaayi ogw’omwana gw’endiga” (Kub. 7:14). Mu lulimi olw’olugero, bambazibwa ebyambalo ebyeru, ekitegeeza obutuukirivu bwa Kristo obw’ababalirwako (Kub. 19:8). Naye ate kyangu nnyo okuddugaza ebyambalo bino olw’obutali butuukirivu bwaffe (Yuda 23.); bwe tukola kino ate nga twamala okubatizibwa, tusaana okusaba Katonda okusonyiyibwa nga tuyita mu Kristo.

Bwe tumala okubatizibwa  ekiddiko kiba kukola nnyo n’amaanyi tusobole okusigala mu kifo ky’ekitibwa kye twayingiramu. Okwekebera mu mitima gyaffe, n’okwegayirira, ate n’okusaba okusonyiyibwa, bino byetagisa okukola bulijjo. Kino bwe tukikola mu bwetoowaaze tuba n’esuubi buli lunaku nti, olw’okuba twabikibwa n’obutuukirivu bwa Kristo, mazima tulibeera mu bwakabaka bwa Katonda. Tuteekwa okunoonya okusangibwa nga tuli abo abagonderanga ebyo Katonda byayagala mu kiseera kyaffe eky’okufa oba mu kiseera  Kristo waliddira, “Nga ssirina butuukirivu bwange . . . wabula obutuukirivu obuliwo olw’okikiriza Kristo, obuva eri Katonda mu kukkiriza” (Baf. 3:9).

Okudinganamu kw’essira ku bukkiriza obutubalirwa obutuukirivu, kiraga nga tewali ngeri yonna gyetusobola kufuna bulokozi lwa bikolwa byaffe; obulokozi buliwo lwa kisa; “kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekyava gye muli; kye kirabo kya Katonda tekwava mu bikolwa” (Bef. 2:8,9). Nga ekisa n’obutuukirivu bwe biri “ebirabo” (Bar, 5:17), so n’obulokozi bwe butyo nabwo.

Kale ffe okwagala okukola obulungi bwonna ng’abakkiriza, kyandibadde okusiima ebyo Katonda bye yatukolera okutubalira obutuukirivu ng’ayita mu Kristo, era n'atuwa ekkubo ery’obulokozi. Kiba kya kabi nnyo okugamba nti tulirokolebwa ku lwa bikolwa byaffe. Te tulifuna buwanguzi eri bulokozi bwe tuba nga bwe tuti bwe tulowooza; obulokozi kirabo bulabo kye tutasobola kukolerera, okuddamu n'okwagala kwaffe eri obulokozi nga ku kino

kwe tutaadde n'ebikolwa byaffe eby'okusiima. Okukkiriza okw’amazima kwe kuzaala ebikolwa nga ekintu ekitasobola kwewalwa (Yakobo. 2:17).

## 9.2 OMUSAAYI GWA KRISTO

Kyogerwako emirundi mingi mu Ndagaano Empya nti obutuukirivu n'obulokozi gye tuli biyita mu musaayi gwa Yesu (Eby’okulabirako 1 Yok. 1:7; Kub. 5:9; 12:11; Bar. 5:9). Okusiima obukulu bw’omusaayi gwa Kristo, tuteekwa okutegeera nga tteeka lya Baibuli nti “obulamu bw’ekyo kyonna ekirina omubiri, buba mu musaayi . . . kubanga obulamu bwakyo gwe musaayi gwakyo” (Leev. 17:14). Omubiri tegusobola kubawo awatali musaayi; kale omusaayi kabonero ka bulamu. Kino kinnyonnyola obulungi bw’ebigambo bya Kristo nti; “Bwe mutalya mubiri gwa mwana wa muntu era ne munywa omusaayi gwe, temulina bulamu mu mmwe (Yok. 6:53).

Ekibi kireta okufa (Bar. 6:23), kwe kugamba okuyiwa kw’omusaayi, ogwo obulamu mwe butambulira. Olw’ensonga eno Abayisiraeri bali nga basuubirwa okuyiwa omusaayi buli lwe bayonoonanga, okujjusibwa bulijjo nti ekibi kireta okufa . “Mu mateeka (aga Musa) kubulako katono ebintu byonna okunaazibwa omusaayi, era awataba kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa” (Beb. 9:22). Olwa kino Adamu ne Kaawa okwebikirira amalagala g’emiti kyali tekikirizibwa, era mu kifo kyaggo, Katonda yatta akaliga abawe amaliba basobole okubiika ekibi kyabwe (Lub. 3:7,21). Mu ngeri nga eno, ekiweebwayo kya Abiri eky’ensolo kyasimibwa mu kifo ky’ebyo ebibaala by’ettaka ebyaweebwayo Kayini, kubanga Abiri yakimanya nti awatali kuyiwa musaayi, tewayinza kubawo kusonyiyisa kwa bibi, era n’okukirizibwa okutuukirira Katonda (Lub. 4:3-5). Teyakoma ku kya kusiima kyokka, yalina obukkiriza mu musaayi oggwo, era ku lw'ekyo Katonda yakkiriza ssaddaaka ye (Beb. 11:4).

Ebintu bino ebyaliwo byali bisonze ku bukulu bw’omugaso ogw’omusaayi gwa Yesu. Mu ngeri ey'enjawulo, kino kyali kisikiirize ky'ebyo ebyaliwo mu bbaga y’okuyitako, eyo abantu ba Katonda mwe bamansirizisa omusaayi gw’omwana gw’endiga ku milyango gy’enju zaabwe basobole okulokolebwa mu kufa. Omusaayi guno gwali gusonze ku ggwa Yesu, mwe tuteekwa okubiika ebibi byaffe. Mu kiseera, nga Kristo tannabawo, okusinziira ku teeka lya Katonda ng’ayita mu Musa, Abayudaaya balinanga okuwaayo ssaddaaka ey’ensolo ku lw’ebibi byabwe. Wabula okuyiwa omusaayi ogw’ensolo kuno kwali nga

kufunamu kya kuyiga. Ekibi kibonerezbwa na kufa (Bar. 6:23); kyali nga kizibu nti omuntu atte ensolo awo nno alyoke akkirizibwe eri Katonda mu kifo ky'omuntu oyo yennyini. Ensolo gye yattanga yali terina kyemanyi ku bulungi oba obubi; yali tesobola kukyikirira ddala muntu oyo yennyini; "kubanga tekiyinzika omusaayi ogw'ente ennume n'embuzi okugyako ebibi" (Beb. 10:4).

N'olw'ekyo ekibuuzo kibalukawo nti: Lwaki Abayudaaya battanga ensolo nga bonoonye? Pawulo mu bufunze addamu ekibuuzo kino mu Bag. 3:24 nti: "Bwe kityo amateeka yali mutwazi waffe eri Kristo". Ebyo ebisolo bye battanga ng'akiweebwayo eri ebibi byabwe, byalina okuba nga tebiriko bulema (Kuva.12:5; Leev.1:3,10, n'endala). Bino byonna byali bisonze ku Kristo, "ng'omwana gw'endiga ogutaliiko bulema n'ewakubadde ebbala"(1Peet.1:19). N'olw'ekyo omusaayi ogw'ensolo ezo gwali gukyikirira guli, oggwa Kristo. Ebisolo ebyo byakirizibwanga nga ekiweebwayo eri ebibi kubanga byali bisonze ku ssaddaaka ya Kristo eteriko bbala, eyo Katonda gye yali amanyi nti agenda kukola. N'olw'ensonga eno, Katonda yasonyiwa ebibi by'abo abaliwo nga Kristo tannabaawo. Okufa kwe kwali "Olw'okununula mu byonoono eby'omu ndagaano ey'olubereberye (Beb. 9:15), kwe kugamba etteeka lya Musa (Beb. 8:5-9). Ebyo byonna ebyawebwangayo nga etteeka lino we liri byali bisonze ku Kristo oyo "eyewaayo yennyini olw'okugyawo ekibi;" (Beb. 9:26;13:11, 12; Bar. 8:3 geraageranya ne 2 Kol. 5:21).

Tunnyonnyodde mu ssomo 7.3 engeri Endagaano Enkadde yonna; naye okusingira ddala etteeka lya Musa, bwe yali esoonze ku kujja kwa Kristo. Okusinziira ku mateeka ago, engeri yokka ey'okutukiriramu Katonda kwali kuyita mu Kabona Omukulu; oyo ye yali omutabaganya w'abantu ne Katonda mu Ndagaano Enkadde nga era Kristo bwali mu Ndagaano Empya (Beb. 9:15) ". . . kubanga amateeka galonda abantu okuba bakabona abasinga obukulu, abalina abunafu; naye ekigambo eky'ekirayiro, ekyaddirira amateeka, kyalonda omwana, eyatuukirizibwa okutuusa emirembe gyonna" (Beb. 7:28). Olw'okuba nga abasajja abo nabo bali bonoonyi, kyali kizibu okufunisiza abantu okusonyiyibwa okwa ddala. Ebisolo bye bassaddaaka nga byali tebikyikirira ddala muntu yennyini. Ekyali kyetagisa yali muntu oyo ataliiko kamogo, mu kifo ky'omuntu omwonoonyi mu buli ngeri yonna, eyali asobola okuba ssaddaaka ekirizibwa eri ebibi abantu basobole okuganyulwamu nga begattira wamu ne ssaddaaka eyo. Mu ngeri y'emu, oyo Kabona asinga Obukulu, asobola okulumirwa awamu n'abantu be yali awolereza yali yetagisa, kuba naye yakemebwa nga bo (Beb. 2:14-18).

Yesu ye yekka atuukiriza ekyataagisa kino obulungi – “Kubanga Kabona asinga obukulu afaanana bwaatyo ye yatusaanira. Omutukuvu ataliiko bbala, eyayawulibwa eri abo abalina ebibi” (Beb. 7:26). Atetagisa kuwangayo ssaddaaka buli lunaku ku lw’ebibi bye, era atakyaddamu kufa nate (Beb. 7:23,27). Kale okusinziira ku bino, ekyawandiikibwa kyogera ku Kristo nga Kabona; “Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolerezanga” (Beb. 7:25). Olw’okuba yalna obuzaalirana bw'abantu, Kristo, nga Kabona waffe omukulu, “ayinza okukwata empola abatamanyi, n’abakyamye, kubanga naye yennyini yeetooloddwa obunafu” (Heb. 5:2). Kinno kitujjukiza ebyayogeddwa ku Kristo nti; “era naye yennyini bwatyo” yagatta omusaayi n’omubiri (Beb. 2:14).

Nga bakabona abakulu Abayudaaya bwe bawangayo essala eri Katonda ku lw’abantu be, Isireari, ne Kristo bw'atyo ye Kabona eri Isireari mu mwoyo yekka – abo ababatizibwa mu Kristo, olw’okutegeera Enjiri ey’amazima. Ye “Kabona omukulu afuga ennyumba ya Katonda” (Beb. 10:21), eyakolebwa abo abazaalibwa omulundi ogw'okubiri ku lw'okubatizibwa (1 Peet. 2:2-5) abalina okusuubira okw'amazima ge Njiri (Beb. 3:6). N'olw'ekyo okusiima n’okutegeera ebirungi ebiri mu bwa Kabona bwa Kristo bisaana okutugumya tubatizibwe mu ye; kubanga tuteekwa okuyingira mu “nnyumba” ye oba eb'ennyumba ye bwaba nga wakuba Kabona waffe Omukulu.

Bwe tumala okubatizibwa mu Kristo, tusaana okwagala omukisa ogw’okukozesa obwa Kabona bwa Kristo; ddala tulina obuvunanyizibwa ku nsonga eno mwe tuteekwa okunywerera. “Kale mu oyo tuweeyo eri Katonda bulijjo ssaddaaka ey’ettendo “ (Beb. 13:15). Enteekateeka ya Katonda ey'okutuwa Kristo nga Kabona, yali nti tumuwe ettendo, kale tulina okutuukirira Katonda nga tuyita mu Kristo buli kiseera olw’okumuweesa (Katonda ) ekitiibwa. Beb. 10:21-25 ziwa olukalala olw'obuvunanyizibwa obungi bwe tulina olw’okuba ne Kristo nga Kabona waffe omukulu: “Tulina Kabona omukulu ow’ennyumba ya Katonda.

- Tusemberere Katonda n’omutima ogujjudde essuubi ly’okukkiriza, emitima gyaffe gimansirwako okuggyamu omwoyo omubi, ne mibiri gyaffe ginaazibwa n’amazzi amalungi”. Okutegeera Kristo nga Kabona kitegeeza nti tulina okubatiziibwa mu ye (emibiri gyaffe ginaazibwa”), era tetulekanga myoyo mibi kuba mu ndowooza zaffe.

Bwe tuba nga tukkiririza mu Kristo ng'omutango, tufuulibwa bamu ne Katonda olwa ssaddaaka ye.

- Tunyweze okwatulanga essubi lyaffe obutasagaasagana”. Tulemenga okuggwa okuva ku biyigirizibwa eby'amazima ebyatuletera okutegeera obwakabona bwa Kristo.
- Era tulowoozenga fekka na fekka okukubirizanga obutalekanga kukungaana wamu ng’a balala bwe beyisa”. Tusaana okubeeranga mu bumu nga twagalana nabo abategeera era abagannyulwa mu bwakabaka bwa Yesu, naddala nga tukungaana wamu mu kusembera, mwe tujjukirira ssaddaaka ya Kristo (laba **ekitundu 11:3.5**).

Okumanya n’okusiima ebintu bino kisaana okutujjuzisa obwetoowaaze n’obuvumu nti ddala tulituuka ku kulokolebwa, singa tubatizibwa era ne tunywerera mu Kristo, (kale tusembereranga n’obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusaasirwa, era tufune ekisa olw’okubeerwa bwe tukwetaaga”(Beb 4:16).

## Obukkiriza Mu Kukola 15:
## Kristo Yafa Ku Lwange: Kale Kiki Kyensaanye okukola ?

**OKUSUMULULWA EKIBI**

Era nange nteekwa okuleka byonna, nga nfuba nnyo okukola kino, olw'ekyewunyisa ky'ekitiibwa ek'yokumanya omusajja eyafa ku lwange n'ansobozesa obulokozi obunene bwe butyo. Yafa n'azuukira olwo nno asobole okubeera Mukama eri abantu be (Bar. 14:9); bwe tuba tukkiririza mu kuzuukira kwe era ne mu kuba nga Mukama, alina okuba Mukama w'obulamu bwaffe, Mukama wabuli kiroowo ky'omu mitima gyaffe. Tukyali mu bibi byaffe, bwe kiba nga Kristo teyazuukira (1 Kol. 15:17). Naye kaakano yazuukira, era n'olw'ekyo tetukyafugibwa na bunafu bwa mpisa zaffe mbi. Olw'okuba nga okubatizibwa kwa tugatta wamu n'okuzuukira kwe, tetukyali mu bibi byaffe (Bak. 2:13). N'olw'ekyo omukkiriza eyabatizibwa “tali ayongera kwonoona” bwe kiba nga ddala ategeera era akkiririza mu kino (Bar. 6:1 era n'amakulu gaakyo). Ekyaffe bwe bulamu bwe eddembe naye kuba ye yali ate era akyali omukyikirira [wekkanye nti akyatukikirira kati, mu ddembe lye n'obulamu obutaggwaawo, okwenkana nga bwe yakola ne mu kufa kwe].

Twafa era n'etuzuukira naye, bwe tuba tukkiririza ddala mu kutukyikirira kwe era ne mu kwegattira awamu naye, olwo nno eddembe lye okuva mu kibi era n'obuwanguzi biba

byaffe; ng'omuntu omuwoolezi w'omusaayi bwe yalina nga okulaba okufa kwa Kabona omukulu nga okukyikirira okufa kwe yennyini, era n'amala ateebwa okuva mu kibuga eky'okuddukirangamu (Kubal.35:32,33). N'olwekyo tuteekwa okuleka okwonoona, okuleka emikwano emibi ate tufubenga mu mulimo ne Mukama waffe eyazuukira (1 Kol. 15:34,58). Okufa kwa Mukama kwa mbeera yakukyikirira ekitegeeza nti twasuubiza okubaawo mu kukomererwa kwe yennyini nga bwe tusobola; okuba n'ekifaananyi ku kukomererwa nga okuliwo kati, okutuuka ku ddaala ly'okumanya nga kino tetwandisobodde ku kiyitamu, n'okutegerera ddala mu kwewunya n'okusiima obulokozi bw'omusalaba. “. . . ng'omu bwe yabafiirira, bonna kyebaava bafa; naye yafiirira bonna, abalamu nate balemenga okufa bokka ku bwabwe, wabula ku bw'oyo eyabafiirira n'azuukira” (2 Kol. 5:14,15). Fred Barling yagamba bwati: “Okumanya nga omu yetaba mu ssaddaaka y'okufa okwa Yesu, okusinziira ku bikwogerako nga okw'okukyikirira, kwe kulaba omu ng'awaddeyo obulamu bwe nga ssaddaaka, eri okuyimusa omusalaba mu bulamu bwe nate”.

Ago g'emaanyi ga ddala, okubaawo nga w'abatizibwa era n'obukkiriza bye twafuuna olw'eddembe okuva mukibi. Bwe tuba nga ddala twafa ate ne tuzuukira ne Mukama, tulina okufiisa ebitundu byaffe ebiri ku nsi (Bak. 2:20; 3:1). Eno y'ensonga lwaki Pawulo yagamba nti obukakafu obunene obulaga nga Kristo yazuukira mu bafu yali enkyuka y'enneyisa ye (Bik. 26:8-32). Ganno ge gaali “amaanyi g'okuzuukira kwe”; era ge gaakolera ne mu ffe. Okufa n'okuzuukira kwa Yesu Omunazareti si mazima buzima gye tuli; singa tuukkiririza ddala, mu ggo mwe muli amaanyi gonna ag'okukyusibwa.

**OKUKKIRIZA OKW'AMAZIMA**

Mu kyasa ekyasooka kumpi buli omu yali akkiririza mu Katonda. Batono nnyo abali tebakkiririza mu Katonda. Na bwe kityo ebigambo ebyayogerwa nga ebiri mu 1 Peet. 1:21: “ffe  nga tuyita mu ye (Yesu) tuli bakkiriza mu Katonda” kubanga Katonda yamuzuukiza mu bafu. Okuzuukira kwa Mukama kutwongeramu okukkiririza mu Kitaffe okutuuka ne ku kuba nti oyo yenna alina obukkiriza mu 'Katonda' kyokka nga tebwesigama ku kuzuukira okwa Yesu  ddala abataabalibwa nga omukkiriza mu Katonda.

**OKUBUULIRA**

Mu 1 Kol. 15 Pawulo awa olukalala lw'ebyo ekumi ebiva ku kulema okukkiriza nga Kristo yazuukira. Ebimu ku byo kwe kuba nga tewaali nsonga yonna yeetagisa kubuulira Njiri bwe kiba nga Kristo teyazuukira. Esigala nga nsonga nti olw'okuba nga Yesu yazuukira

kyakukoopa obutebalirira n'okuwaayo bulamu bwaffe, emirundi n'emirundi, mu maanyi gaffe gonna eri okubuulira amawulire amalungi ag'eddembe ery'okuva mu kibi eri abalala.

**OKUWEEREZA ABALALA**

Ekyewunnyo ky'okuzuukira kirina okukyusiza ddala endowooza zaffe ku ngeri gyetusabamu ebintu, Mukama gyeyayigiriza mu Yok. 16:23,26. “Ne ku lunaku luli [olw'okuwunagana ku kuzuukira kwa Mukama Yesu] temulibaako kye munsaba . . . buli kye mulisaba Kitange, alikibawa. . . mulisaba mu linnya lyange . . . “. Tuligamba ki ku kwogera kuno kwonna okw'okusaba n'obutasaba, ku 'lunaku' lwa Mukama Yesu eyazuukizibwa? Ku lwange bino mbijjamu kino: olw'ekyewunnyo kya Yesu eky'okuzuukira, tetwaliwulidde muli kwagala kusaba kintu kyonna nga kyaffe ku bwaffe. Ekirabo ky'eddembe okuva mu bibi kimala. Oba nga Katonda yatuwa omwana we era n'amuzuukiza okuva mu bafu, tulina okuweereza ku bwerere, awatali kusaba kyonna mu bulamu buno; so nga ate, ekyewunnyo mu byewunnyisa, bwe tumusaba, mu linnya lye, tulibifuna. Naye tuteekwa okubuuza oba nga amakulu era n'ekyewunnyo olw'amazima eri okuzuukira kwa Mukama birina kyebitukyusizako. . . ?

**OBUGABI**

Mu kukitwala empolampola, obumanyirivu bw'okufa kwe gye tuli kusaana okututuusa mu kubeera ab'omwoyo omugabi mu buli ngeri yonna. Pawulo bwe yasaba Abakkorinto okuwaayo obuyambi bwa sente eri ab'oluganda abanaku, yali anoonya kusikiriza Bakkorinto na kifaananyi kya Kristo eyakomererwa. “Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye nafuuka omwavu ku lwammwe, obwavu bwe bulyoke bubagaggawaze mmwe” (1 Kol.2:8). Okusinziira ku kino, tetusaanye kuba bagabi olwe ebintu ebingi bye tuba tulina; tulina okufuuka abavu b'okugaba. Kino si kyogera kutegeeza nti tusaana okutuuka awo nga tetukyalina bantu bagagga mu ffe-kirambulukufu nga kino si kye kifaananyi kye embeera y'ekkanisa mu kitundu 1 Tim. 6. Wabula ekifaananyi ky'omwavu kye tulina okubaamu. Okugaba kwa Mukama waffe tezaali sente; kwali eby'obuntu era n'eby'omwoyo. Pawulo yagamba ku ebyo tugatteko ebintu, era mu ngeri y'emu tulina okwanukula ab'oluganda abaavu mu bintu oba abaavu mu by'omwoyo okutusingako. Ensulo y'ebikolwa byaffe kwe “kwagala kwa Kristo” (2 Kol. 5:14).

**OKUBAAWO NGA KRISTO**

Olw'ekisa kya Katonda, Mukama waffe yalegga ku kufa kwa buli muntu nga omukyikirira waffe. Mu kufa kwe yalaba ekikulu mu kulwanagana kw'obulamu n'okufa kwa buli muntu. Olw'amazima nti Mukama waffe yakikola ku lwaffe kitegeeza naffe tuddamu eri ye. “Kubanga mwaweebwa lwa Kristo si kumukkiriza kwokka, era naye n'okubonaabonanga ku lulwe” (Baf. 1:29). Yabonaabona ku lwaffe ng'atukyikirira, era naffe okumuddamu tubonaabona ku lulwe. Kino kyali ate nga kikyali kikulu kya ngeri bbiri olw'amazima nti Mukama waffe yatukyikirira. Yafiirira bonna, bonna kyebaava bafa, babeerenga abalamu ku bw'oyo (2 Kol. 5:14,15). “Eyeetikka ye yennyini ebibi byaffe [nga eyatukyikirira] . . . ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu” (1 Peet.2.:24,25). Twafa naye, ku musalaba; era ng'obulamu bw'okuzuukira kwe bwaffe kati. Obulamu bwe bwaffe kati, era nga bwe tubaawo ku lw'obulamu bwe, tulina okubaawo ng'ababe kikumi ku kinewaakyo (100%). Yawaayo obulamu bwe ku lwaffe, era naffe tuteekwa okuwaayo obulamu bwaffe ku bubwe (1 Yok. 3:16). Waliwo ebijulizzibwa 130 ku kuba “mu Kristo” mu Ndagaano Empya. Wabula singa omuntu abeerera ddala mu Kristo, nga afuuse kitonde kiggya, n'ebyedda nga bigenze; kiteekwa okwenkana n'amazima nti “Kristo ali mu ffe”. Bwe tuba mu ye, naye ateekwa okuba mu ffe, kubanga tubaawo mu bulamu obukolera ku “Yesu yalikoze atya?”. Omwoyo ggwe gufuuka gwaffe.

Olwe embeera n'ekigera ky'ebyo bye yayitamu ng'abonaabona, Mukama asobolera ddala okubeera mu ebyo byonna naffe fenna bye tuyitamu. So nga ate tuwulira nga abatalina kuyambibwa bwe tutunuulira abalala nga babonaabona- nga tulaba amaaso gaabwe gakyuka, nga tuwuliriza okwemuluggunnya kwabwe. Ekisenge ekiri wakati waffe nabo tukimanyi. Tetusobola kuyingira mu kubonaabona kwabwe oba bwe tulowooza. Naye nga ate Yesu ye , olw'omukwano ekigera ky'omukwano gwe n'obunene bw'ebyo ye byeyayitamu, asobola okubiyingiramu. Era si kizibu nnyo naffe tusobola okukola okusingako ekyo kyetulowooza mu kuletawo okukolera awamu n'abalala mu ku bonaabona kwabwe.

**OKUBUULIRA**

2 Kol. 5: 14-21 kitukubiriza okubuulira obulokozi obuli mu Kristo eri abantu bonna, kubanga yatufiirira, nga atukyikirira. Yafa ku lwa bonna. (2. Kol. 5:14,15). Yaafuuka ekibi ku bwaffe (5:20). Olw'okuba nga yatukyikirira, naffe tuteekwa okumukykirira nga tumubuulira eri ensi. Eno y'ensonga lwaki okubuulira kw'omu Bikolwa By'abatume

ababuulizi baali bakutambuliza ku kufa n'okuzuukira kwa Yesu. Baf. 2 ekola enkwasaganya wakati wa erinnya lya Yesu, amanya gonna ag'abo abali mu ye mwegafuunira ekifo, n'obwetaavu bw'okulyatuula mu kubuulira. Abantu baatula nti Yesu Kristo ye Mukama mu kubatizibwa okuyingira mu linnya lya Yesu, ku lw'ekitiibwa kya Katonda Kitaffe. Waliiwo era nga wakyaliwo erinnya limu eryaweebwa wansi w'eggulu abantu mwe balina okulokolebwa; “buli linnya lyonna” wansi w'eggulu wonna lirina okutwala erinnya erya Yesu mu kubatizibwa. Eno y'ensonga lwaki mu Bikolwa okutenderezebwa kwa Yesu (Bik.2:33; 5:31) n'erinnya lye eriggya (Bik. 2:21, 38; 3:6, 16; 4:10,12,18,30; 5:31) byekuusa ku kwegayirira abasajja n'abakazi babatizibwe mu linnya eryo. Okutegeera amakulu agali mu linnya Yesu era n'obunene bw'okumutendereza ye kyali kitegeeza nga bategedde engeri “abantu bonna” gye bakola nga ekitundu mu ssaddaaka eyakyikirira “abantu bonna”. Era bwe kityo obuweereza bwonna n'okubuulira kwa Pawulo byali okutwala erinnya lya Yesu mu maaso g'amawanga (Bik. 9:15).

## 9.3 YESU NG'EYATUKYIKIRIRA FFE

Tulabye nga ssaddaaka ey'ensolo yali tekyikiririra ddala omuntu omwonoonyi. Yesu yatukyikirira ffe, kubanga “yafuuka nga baganda be” mu buli ngeri yonna (Beb.2:17). Yalega ku kufa lwa buli omu” (Beb.2:9). Bwe twonoona- gamba bwe tusunguwala- Katonda asobola okutusonyiwa bwe tuba nga tuli “mu Kristo” (Bef. 4:32). Kino kiba bwe kityo kubanga Katonda asobola okutugeraageranya ku Kristo, omuntu eyali nga ffe eyakemebwa okwonoona – gamba nga mu kusunguwala – wabula n'awangula okukemwbwa kwonna. N'olwekyo Katonda asobola okutusonyiwa ekyonoona kyaffe – eky'obusungu – olw'okuba mu Kristo, nga tubikiddwa obutuukirivu bwe. N'olwekyo olw'okuba nga Kristo yatukyikirira Katonda mwayita akutulaga ekisa kye, naye nga yesigaliza amateeka g'obutuukirivu bwe.

Bwe kiba nga Yesu yali Katonda nga teyalina buzaalirana bw'abantu, teyalibaadde nga ye yatukyikirira. Kino kye eky'okulabirako ekirala endowooza y'obulimba bwe kulembera obulimba obulala. Olwa kino abasoomi ba by'eddiini bakolawo engeri nnyingi enzibu ez'okunnyonnyola ku kufa kwa Yesu. Endowooza ekyaase ennyo ey’Obukristaayo obwabula yeeyo eddira ebibi by'omuntu n'ebifuula ebbanja lye eri Katonda omuntu lya tasobola kusasula. Olwo Kristo n'asasula ebbanja lya buli mukkiriza n'omusaayi ggwe, oggwayiibwa ku musalaba. Ababuulizi bangi bakyogeddeko mu ngeri eno bweti: “Twali

nga abisimbiddwa mu nnyiriri ku kisenge, nga tusemberedde okukubibwa ebyaasi bya setaani. Awo nno Yesu kyeyaava ayanguwa amangu ennyo; setaani mu kifo kyaffe n'akuba mu ye ekyaasi, bwe tutyo twasumululwa kati".

Endowooza zino enkwaate obukwaate ate ezikkaluba tezirina bukakafu bunywevu mu Baibuli. Waliwo okukontana mu lwatu nti bwe kiba nga Kristo yafa mu kifo kyaffe, awo nno tetusaana kufa. Nga bwe tukyali mu buzaalirana bw'abantu, tuteekwa okufa; eky'ekomerero okulokolebwa okuva mu kibi n'okufa kulibikkulibwa ku lw'okusaalirako omusango (nga tuweereddwa obutafa). Kino tetwakifuna mu kiseera Yesu we yafiira. Okufa kwa Yesu kwazikkiriza setaani (Beb. 2:14) so si setaani kuzikkiriza Yesu.

Baibuli eyigiriza nti okulokolebwa kyangu okuyita mu kufa kwa Kristo n'okuzuukira, si mu kufa kwe kyokka. Kristo yatufiirira omulundi gumu gwokka. Ekikwate nti Yesu yafa mu kifo kyange kiba kitegeeza nti yalina okufiirira buli muntu ku lulwe. Ekigambo kyo Luzungu "for" mu luganda "ku" kirana amakulu mangi okusingako ekyo Luyonaani kye kyakyusa. Bwe kiba nga Kristo yafa mu kifo kyaffe, ekigambo kyo Luyonaani anti kye kyandikozeseddwa. Naye ekigambo kino tekikozesebwa naakatono mu kitundu kyonna ekya Baibuli ekigamba nti Yesu n'atufiirira.

Bwe kiba nga Kristo yasaasula ebbanja n'omusaayi ggwe, okulokolebwa kifuuka ekintu kye tuteekwa okuweebwa. Amazima nti okulokolebwa kirabo bulabo, eky'aleetebwa ku lw'ekisa kya Katonda n'okusonyiyibwa gaba gabula bwe kiba nga ssaddaaka ya Kristo tugitegeera ng'okusaasulibwa kw'ebbanja. Nate era kiba kiraga nti Katonda eyali asunguwadde yaawooyebwawooyebwa kasita yalaba omusaayi gwa Kristo ogwa ddala. Ate nga ye Katonda kyalaba nga twennenya ye mwana we ng'atukyikirira, oyo ggwetufaabirana okopa, so si ffe kukwasaganya ng'omusaayi gwa Kristo nga eddogo ery'okufuusa. Bwe gutuuka wano ennyimba nnyingi ekitakirizika zirimu ebiyigirizibwa ebikyaamu. Bingi ebiyigirizibwa mu bukyamu biyingizibwa mu kulowooza kw'abantu na bivvuga, mu kifo eky'okuyigirizibwa okw'ensonga okuva mu Baibuli. Tuteekwa okwegendereza okukakatibwako okw'engeri eno bulijjo.

Ekyeembi, ebigambo ebyangu bino nti: "Kristo n'atufiirira" (Bar. 5:8) byategeerebwa mu bukyamu nnyo nga ebitegeeza nti Kristo yafa mu kifo kyaffe. Waliwo ekwansaganya wakati wa Baruumi 5 ne 1 Kol. 15 (okugeeza nga oluny.12 lwenkana ne 1 Kol. 15:21;

oluny. 17 lwenkana 1 Kol. 15:22). “Kristo n'atufiirira” (Bar. 5:8) lukwanaganya ne “Kristo yafa olw'ebibi byaffe” (1 Kol. 15:22). Okufa kwa Yesu kwaliwo kukole ekkubo mwe tusobola okufuunira okusonyiyiwa ebibi bya ffe; ge amakulu agali mu “Kristo n'atufiirira”. Ekigambo “ku”oba “na” tekiteegeza 'mu kifo kya'; Kristo yafa “ku (olw'e) bibi byange, so si 'mu kifo kyabyo'. Olwa kino Kristo asobola “okutuwoolereza” (Beb. 7:25) – si 'mu kifo' kyaffe. Bwe kiba nga Kristo yafa 'mu kifo kya ffe' okwetiika omusalaba ggwe kyalibaadde tekisaana, nga bwa tugamba. Era okubatizibwa okweyagalire mu kufa n'okuzuukira kwe nga twefaananyiriza naye nga omuwanguzi eyatukyikirira, tebyalikoze makulu. Endowooza ey'okufa mu kifo kya ffe eba nga ekkubo eryangu ery'okuba mu kitiibwa naye ekitali kituufu mu bwanguyangu. Okumutegeera nga eyatukyikirira kituwa ffe okusalawo okubatizibwa mu kufa n'okuzuukira kwe, eri obulamu obw'okweetika omusalaba wamu naye, era n'okugabanira ddala ku kuzuukira kwe. Okuzuukira kwe, kwaffe; twaweebwa essuubi ery'okuzuukira lwa kuba tuli mu Kristo, oyo eyazuukira (1 Peet. 1:3). Mukama waffe Yesu yaliwo era n'afiira mu buzaalirana bwaffe, n'emitawana gyabwo gyonna, kimusobozese okutusemberera era naffe kitusobozese okufaanana naye. Kino bwe tukisiima nga eky'okuyigirizibwa, tumuleetera okulaba ebibala by'okuboonyaboonyezebwa kw'omubiri ggwe era naba mumaativu. Waliwo ekyawandiikibwa ekimpimpi ku kino bwe yawonya omusajja eyali tayogera bulungi. Olw'okuba nga oluliimi lufuga okumira, ddala omusajja ono yali aneenunuka endusulusu. So nga ate Mukama waffe yafujja amalusu n'agassa ku g'omusajja, okulaga obusobozi bwe bwonna mu kwefaananyiriza n'embeera z'abantu.

Kisanyusa okwekkaanya nti waliwo abantu abalala bangi abayise mu kyogerwa ekyo (ekikwaate) nti 'mu kifo kya' oba 'Yesu yafa mu kifo kya ffe'. John A. T. Robinson, eyali Omulabirizi w'e Woolwich, yawandiika bwati: “Abawandiisi abe Ndagaano Enkadde teboogera naakatono ku Yesu nti Katonda amuboonereza. Kristo ayimirirawo nga eyatukyikirira, so si nga eyaddawo mu kifo kyaffe; bulijjo omulimo ggwe agukola ku lwaffe (hyper mu Luyonaani nga kitegeeza ku lwaffe mu Luganda) so si mu kifo kyaffe (anti mu Luyonaani nga kitegeeza mu kifo mu Luganda); yafa olw'ekibi (si mu kifo kyaffe), si lwakuba nti ffe tetulina kufa , naye olw'ensonga nti tusobole naffe (nga eyatukyikirira)” (bijjiddwa mu katabo akamanyiddwa nga Wrestling With Romans (Londona: SCM, 1979), olupapula 48. Laba n'akatabo Dorothee Soelle, Christ The Representative (London: SCM, 1967).

## 9.4 YESU N'AMATEEKA GA MUSA

Olw'okuba Yesu yali ssaddaaka eteriiko kamogo eri ebibi byaffe ate Kabona Omukulu asaanye okutufuunira okutusonyiyisa ebibi okw'amazima, enkola eyedda ey'ebiweebwaayo by'ensolo ne bakabona abakulu yaggyibwaawo oluvannyuma lwa Yesu okufa (Beb. 10; 5-14). “Kubanga obwakabona bwe buuwanyisibwa (okuva ku Baleevi okudda eri Kristo), era n'amateeka tegalema kuwaanyisibwa” (Beb. 7:12). Kristo yafuuka “Kabona atalondebwa ng'amateeka bwe gali agalimu ekiragiro ky'omubiri (kwe kugamba kubanga omuntu yali wa lulyo lwa Leevi, okusobola okuba kabona) wabula ng'amaanyi bwe gali ag'obulamu obutakutuka”, obwamuweebwa olwa ssaddaaka ye ateriiko kamogo. N'olwekyo “ekiragiro ekyasooka (kwe kugamba amateeka ga Musa) kijjulukuka olw'obunafu n'obutagasa bwakyo, essuubi erisinga obulungi (okuyita mu Kristo) ne liyingizibwa” (Beb.7:18,19).

Kikakafu okusinziira ku kino ng'amateeka ga Musa gakomenkerezebwa na ssaddaaka ya Yesu. Okuteeka obwesige mu bwakabona bwa abantu oba okusigala ng'owaayo ekisolo nga ssaddaaka kiba kitegeeza nga tetukkiririza mu buwanguzi bwa Kristo bujjudde. Enzikkiriza bwe zityo ziba ziraga nga bwetutakkiririza ddala mu buwanguzi bwa Kristo, era nga tulowooza nti ebikolwa byetagisa okutuweesa obutuukirivu, so si bukkiriza mu Yesu kyokka. “Era kimanyiddwa nga mu mateeka tewali aweebwa butuukirivu eri Katonda . . . anti abatuukirivu banaabeeranga balamu lwa Kukkiriza” (Bag. 3:11 geraageranya ne Kaab.2:4). Amaanyi gaffe gonna eri okugondera ennukuta z'amateeka ga Katonda tekituleetera butuukirivu; ky'amazima buli yenna asoma ebigambo bino okuba nga yamenya dda amateeka ago.

Bwe tuba nga tuli ba kugondera amateeka ga Musa, tuteekwa okugaakuuma gonna. Okumenyako ekitundu kimu ku go kiba kitegeeza nga abo bonna abagayimamu bazikirira: “Kubanga bonna abayima mu bikolwa bya mateeka, bafugibwa kikolimo: kubanga kyawandiikibwa nti akolimiddwa buli ataabinyiikirira byonna ebyawandiikibwa mu kitabo ky'amateeka” (Bag. 3:10). Obunafu mu buzaalirana bw'omuntu kitegeeza nti kizibu okukuuma amateeka ga Musa gonna, wabula olwa Kristo okugagondera gonna, tusumululwa ku kirgiro kyonna eky'okugakuuma. Okulokolebwa kwaffe kwonna kuliwo lwa kirabo kya Katonda okuyita mu Yesu , so si bikolwa byaffe ng'abantu eri eby'obugonvu. “Kubanga amateeka kye gatayinza, kubanga manafu olw'omubiri, Katonda, bwe yatuwa

omwana we ye mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi, n'asalira omusango ekibi mu mubiri . . .” (Bar. 8:3). Bwe kityo “Kristo yatununula mu kikolimo ky'amateeka,bwe yafuuka ekikolimo ku lwaffe” (Bag.3:13).

Olwa kino, tekitwetagisa kukuuma kitundu kyonna ku mateeka ga Musa. Tulabye mu ssomo 3.4 nga Endagaano Empya mu Kristo ye yadda mu kifo kye Ndagaano Enkadde ey'amateeka ga Musa (Beb. 13). Olw'okufa kwe, Kristo yasangula “endagaano eyawandiikibwa mu mateeka eyatwolekera, eyali omulabe waffe, nayo n'agiggyamu wakati mu kkubo, bwe yagikomerera ku musalaba . . . Kale omuntu yenna tabanenyanga mu by'okulya oba mu by'okunywa oba olw'embaga ye by'eddiini oba olw'omwezi oguboneka oba olwa ssabbiiti. Ebyo kye kisiikireze ky'ebyo ebigenda okujja; wabula ekituufu kiri mu Kristo” (Bak. 2:14-17 NIV). Kino kirambulukufu bulungi – olwa Kristo okufiira ku mu salaba, amateeka ga Musa gaaggyibwaawo olwo nno tuleme okukubagana amammeeme olw'okukuuma ebimu ku bitundu byaago, okugeeza nga embaga ne ssabbiiti. Era nga bwe guli n'amateeka amalala gonna, ekigendererwa ky'ebintu bino kwali kusoonka ku kujja kwa Kristo. Bwe yafa, obukulu bwaago bwatuukirira, era kale newataba bwetaavu  bwa kweyongera mu maaso okugaakuuma.

Ekkanisa eyasooka mu kyasa ekyasooka Abayudaaya Abathodox baali bagiteekako nnyo amaanyi enkuume ebimu ku bitundu bya amateeka. Mu Ndagaano Empya yonna mulimu okulabula okuddingaanamu okugaana okukkiriza endowooza zino. Yadde nga bwe guli, kyewunyisa okulaba nti n'olwaleero luno waliwo eddiini nnyingi ezikyalwaniirira okukuuma ekitundu ku mateeka. Gyebuvudde tulaze nga okugeezako okufuna okulokolebwa  okuyita mu kugondera amateeka kuteekwa kuba okugaatuukiriza gonna, awatali okyo kuba kwesaalira musango olw'okugaajjemera (Bag.3:10).

Waliwo ekintu mu buzaalirana bw'omuntu ekimuwa endowooza ey'obutuukirivu obw'ebikolwa; twagala okulowooza nga bwe tuli okukolerera obulokozi bwaffe. Olw'ensonga eno ebintu nga okuwaayo ekimu eky'ekumi ku buwazze, okwambala omusalaba, okwatula essala eziteekeddwateekeddwa, n'ebirala bimu ku ebyo ebimanyiddwa eri eddiini ezisinga obungi, Abakristaayo si na kindi. Okulokolebwa olw'obukkiriza mu Yesu yekka kyakuyigirizibwa kya njawulo eri Obukristaayo obuli ku musingi gwa Baibuli.

Okulabula eri obutakuuma kitundu kyonna ku mateeka ga Musa olw'osobole okufuna okulokolebwa, kumpi kuli mu Ndagaano Empya mwonna. Abamu bayigiriza nti Abakristaayo balina okukomolebwa nga amateeka ga Musa bwe gagamba, “okukuuma etteeka eryo”. Yakobo yavumirira nnyo endowooza eno ku lwa abakkiriza amazima: “be tutalagiranga” (Bik.15:24). Mu kulungaamizibwa, Pawulo naye nsonga ye emu eyo, agiggumiza emirundi n'emirundi: “Omuntu taweebwa butuukirivu lwa bikolwa by'amateeka wabula olw'okukkiriza Yesu Kristo .. . tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okukkiriza Kristo, naye si lw'abikolwa by'amateeka; kubanga olw'ebikolwa by'amateeka tewali alina mubiri aliweebwa butuukirivu . . . mu mateeka tewali aweebwa butuukirivu . . . olwa (Kristo) buli yenna akkiriza aggibwako ebibi byonna; n'ebyo bye mutandiyinzizza kuggibwako mu mateeka ga Musa” (Bag. 2:16; 3:11; Bik. 13:39).

Kabonero kankukunnala ka kubula eri Obukristaayo obumanyiddwa ennyo nti bingi ku bye bakola byesigamizibwa ku bumulumulu bw'amateeka ga Musa – newakubadde nga waliwo okuyigiriza okulambulukufu ng'okwo kwe tulowoozezako waggulu nti Abakristaayo tebalina kukuuma tteeka lino, olw'okuba Kristo yaliggyawo. Ka tulowooze kati ku ngeri eza ddala zennyini eziraga ng'amateeka ga Musa bwegesigamizibwako enkola yo 'Obukristaayo' bwa kakaati.

**BAKABONA**

Abathodox, Abakatoliki na Bangilican (oba Abapolotesitaanti) bakozesa enkola y'obwakabona bw'abantu mu lwaatu. Abakatoliki bo balaba Papa nga eyenkana ne kabona omukulu owa Abayudaaya. Waliwo “Katonda omu, era n'omutabaganya wa Katonda n'abantu omu, omuntu Kristo Yesu” (1 Tim. 2:5). N'olwekyo, kiba kizibu, Papa oba kabona okubeera abatabaganya baffe nga bakabona bwe baali nga bakola mu Ndagaano Enkadde. Kati Kristo ye Kabona waffe Omukulu ali mu ggulu, awaayo okusaba kwaffe eri Katonda.

Tewali bujjulizi kuva mu Baibuli bwonna bulaga nga obuyinza abakadde b'ekkanisa abaliko ebirabo by'omwoyo abe ekyasa ekyasooka – okugeeza nga Peetero – bwasikizibwa emirembe eggyaddirira oba Papa okusingira ddala. Wadde nga tukkiriza nti kino kyandisooboka, tewali engeri yonna yakukakasa nti Papa ne bakabona ng'abantu be bo eggigi ly'omwoyo gw'abakadde b'ekkanisa eye ekyasa ekyasooka beeggwagwako.

Nga ebirabo by'omwoyo eby'eby'amagero bwe byaggyibwaawo, abakkiriza bonna kyenkannyi batuukirira Omwoyo - Ekigambo mu Baibuli (laba amasomo 2.2 ne 2.4). n'olwekyo abakkiriza bonna baluganda, tewali mu bo asingako banne kitiibwa mu kifo eky'eby'omwoyo. Ddala, abakkiriza ab'amazima bonna ba kibiina eky'obwakabona ekiggya ku lw'okubatizibwa mu Kristo, mu magezi nti baasiiza ekitangala kya Katonda mu nsi ye kizikiza (1 Peet. 2:9). N'olwekyo balifuuka bakabona ba kabaka mu Bwakabaka, nga busiddwaawo ku nsi ku madda ga Kristo (Beb.5:10).

Enkola ya Abakatoliki okuyita bakabona baabwe 'Faaza oba Kitaffe' ( Papa nakyo amakulu 'kitaffe') kikontanira ddala n'ebigambo bya Kristo bino nti: “Temuyitanga muntu ku nsi kitammwe: kubanga Kitammwe ali omu, mu ggulu”(Mat. 23:9). Ddala, Yesu yalabula ku kuwa omuntu yenna ekitiibwa mu by'omwoyo nga bakabona b'omulembe guno kye bagala: “Naye mmwe temuyitibwanga Labbi: kubanga, omuyigiriza wammwe ali omu, nammwe mwenna muli ba luganda” (Mat. 23:8).

Ebyambalo ebyambalibwa bakabona, abalabirizi n'ababuulizi abalala byesigamiziddwa ku nnyambala ey'enjawulo eya bakabona ba Musa ne kabona omukulu. Ennyambala eno yali esoonze ku nneyisa ya Kristo eteriko kamogo, era, nga amateeka gonna, ekigendererwa kyayo kyatuukirira dda. Ddala kimenya omutima, okulaba nga ennyambala eyagenderera okuweesa Kristo ekitiibwa, ekozesebwa abantu abenoonyeza ekitiibwa – nga abamu ku bo bakkiriza nga tebakkiririza mu Yesu kuba nga yazuukira yadde Katonda okubaawomu buntu.

Endowooza eya Abakatoliki nti Maliyamu kabona kya bulimba nnyo. Bye tusaba biyita mu linnya lya Kristo so si lya Malyamu (Yok. 14:13,14; 15:16; 16:23-26). Kristo ye Kabona waffe Omukulu yekka, so si Malyamu, Yesu yanenya Malyamu bwe yali ageezako okumugamba abeeko ne ky'akolera abalala (Yok. 2:-4). Katonda yaaleeta abantu eri Kristo, so si Malyamu (Yok. 6:44).

**EKIMU KY'EKUMI**

Kino nakyo kyali kitundu ku mateeka ga Musa (Kubal. 18:21), Abayudaaya bwe bagabira nga ekika ky'obwakabona ekya Leevi ekimu eky'ekumi ku bintu byabwe. Olw'okuba nti tewakyali kati bwakabona bw'abantu, tekisobola kuba kya tteeka kuwaayo kimu kya kumi eri abakadde b'ekkanisa. Nate era,endowooza y'obulimba (nga wano ekwaata ku

bakabona) erese obulimba obulala (kwe kugamba ekimu eky'ekumi). Katonda yennyini tayagala biweebwayo byaffe, olw'okuba byonna bibye (Zab. 50:8-13). Tuddiza Katonda ku ebyo byatuwadde (1 Byom. 29:14). Kizibu okufuna okulokolebwa olw'ebyo byetuwaayo, gamba nga sente. Okusiima ekirabo kya Katonda ekinene, tetusaanye kuwaayo kimu eky'ekumi ku sente zaffe kyokka, wabula obulamu bwaffe bwonna. Pawulo yawa eky'okulabirako mu kino, nga ddala assa mu nkola ebyo byeyabuulira: ". . . okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka enamu, entukuvu, esanyusa Katonda-- kwe kuwereza kwammwe okw'amagezi" (Bar. 1)

**EMMERE**

Amateeka ge Kiyudaaya gayawulamu ebika by'emmere ebirala nga ebitali birongoofu- enkola eyakoopwa ezimu ku nzikkiriza ez'aleero, okusingira ddala ng'okulya ennyama y'embizzi. Olw'okuba nga Kristo yaggyawo amateeka ku musalaba, ". . . omuntu alemenga okukusalira omusango olw'emmere oba olw'eky'okulya" (Bak. 2:14-16 NIV). Bwe kityo amateeka ga Musa agaakwata ku bintu bino gaasangulwawo, kubanga tulaba nga kati Kristo yajja. Ye wuuyo emmere 'eteri nongoofu' gyeyasoongangako.

Yesu yakirambulula mu nzinnyonnyola ye nti tewali kintu kyonna omuntu ky'alya kisobola kwonoona bya mwoyo mu ye; ebyo ebiva mu mutima ggwe byebimwonoona (Mak. 7:15-23). "Mu kugamba kino yali atuukuza emmere yonna" (Mak. 7:19 NIV). Peetero yayigirizibwa essomo ly'erimu (Bik.10:14,15), nga ne Pawulo naye: "Mmanyi era ntegeeredde ddala mu Mukama waffe Yesu, nga tewali kintu kya muzizo mu buwangwa bwakyo" (Bar. 14:14). Amebega, yakinnyonnyola nti okugaana okulya emmere endala kali kabonero ka bunafu mu by'omwoyo (Bar. 14:2). Ekyo kyetulowooza ku ky'okulya "tekitusiimisa Katonda" (1 Kol. 8:8). Ekisingira ddala okwewunyisa kwe kulabula Abakristaayo ababula balisomesa abantu "nga balagira okuleka ebiriibwa, Katonda bye yatonda biriibwenga mu kwebaza abakkiriza ne bategeerera ddala amazima" (1 Tim. 4:3).

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 16:
## OMUSALABA OGWA DDALA

Ekigambibwa nti Mukama Yesu yajjawo amateeka ga Musa ku musalaba kyetaaga okukirowoozako. Ebigambo ebyo bizaayo eddaala limu ekibuuzo emabega- ngeri ki ddala gyeyakomenkereza amateeka ku musalaba? Ngeri ki omusajja eyali afiira ku musalaba gye yali enkomerero y'amateeka? Yesu Mukama, ye yali "enkomerero y'amateeka" (Bar.

10:4) mu kufa kwe okwa waggulu ennyo. Naye ekigambo ekyo Luyonaani telos [mu Lungereeza 'end'; nkomerero mu Luganda] mu Baibuli endala nga NIV kyakyusibwa “the goal”; mu Luganda nga kitegeeza ekigendererwa. Enneyisa na k'obuntu mu Mukama Yesu okutuuka ku nkomerero kye kyali ekigendererwa ky'amateeka ga Musa; amateeka ago 613, nga singa gaagonderwa bulungi, ekigenderera kyaago kwali kuyimusa muntu alina embeera nga eya Mukama Yesu. Bwe yatuuka ku ntiiko y'ekikula ky'obuntu ne mu by'omwoyo, mu kaseera k'okufa kwe, amateeka “gatuukirizibwa”. Yayigiriza nti “yajja” alyoke afe; naye ate era “yajja” asobole “okutuukiriza” amateeka (Mat. 5:17).

Kristo eyazuukira yali ate era akyali mulamu ddala. Suetonius yawandiika nti Claudius yagoba Abakristaayo Abayudaaya okuva e Roma lwa kuba omuntu ayitibwa Chrestus; kwe kugamba Kristo yali ababugutanya. Ate nga munnabyafaayo ayogera nga eyaliwo nga mulamu ddala. Mu kukirowoozako, yaliwo. Ebyo ebitabo n'ebitabo ebitabulatabula ebikwata ku by'eddiini, ebyogerwa ku Basatu ebitalimu magezi, byonna byalibaadde byewalika singa abantu balina obukkiriza okukkiriza nga omusajja Yesu oyo ddala eyafa era n'azuukira, teyayonoona ate era ddala yali mwana wa Katonda. Nti era eky'obutuukirivu kye yatuukako mu mubiri ogw'abantu kyali kya ddala. Yee kyagala bukkiriza – era n'okusomesa kw'eby'eddiini ebikyaamu kyali kyakwekwaasa olw'obutaba n'akukkiriza ng'okwo.

Embeera eya namaddala n'omutindo ogw'enkolagana yaffe ne Mukama Yesu bitubikkulirwa bwe tulowooza ennyo ku mu musalaba. Bwe twekkenenya omusalaba gw'ekyewunnyo . . . walisaanye okubaawo okutegeera kwe kyewunyisa ekyo, okw'okumwagala, kw'okumanya ebibi byaffe, era kw'okumanyira ddala okusonyiyisa kwe. Nga bwe twekkenenya omusalaba gwe kyewunnyo, ebyogerwa byonna byandikyukiddewo amangu ago. Kiri nga okugeezako okunnyonnyola mu bigambo oluyimba oluwanvu ate nga luzibu. Kiba kyangu nnyo, okusomozebwa kutono, okuddamu eri omusalaba nga onoonya okugunnyonnyola mu bigambo by'okutabagana ebikwate. Naye ekyatagisa ekikulu eky'okuddamu kubyo musalaba si nzinnyoonnyoolaya mu bigambo; kuba nga bwe ngambye, okutegeera ki kye guli kituleteera okumanya nga ebinnyonnyolwa bikolerawo. Si bigambo, si bikwaate ebinnyonnyolebwa, wabula birowoozo, obukkiriza mu nda mu mutima, okusomozebwa kw'empisa zaffe era n'ebyo mu nneyisa zaffe, ebya ddala, byennyini, okukyuka n'okukolerawo okuggumu, okukyusibwakyusibwa okufugibwa n'omuntu oyo alemerako.

## 9.5 SSABBIITI

Ekimu ku ebyo ebisinga okubuna era nga kikyagenda mu maaso okukoloebwa wakati wa 'Abakristaayo' baleero n'amateeka ga Musa kye kirabikira mu ndowooza nti tuteekwa okukuuma ssabbiiti. Ebibiina ebimu byogera nti tusaana okukuuma ssabbiiti ye Kiyudaaya nga bwerambululwa mu mateeka; abalala bangi balowooza Abakristaayo balina okubeerawo n'olunaku olw'enjawulo mu wiiki olw'okusinziizako, bo lwe bayita Saande. Ekisooka kye tulina okutereeza kiri nti ssabbiiti lwali lunaku olusembayo mu wiiki, Katonda lwe yawumulirako oluvanyuma olw'ennaku omukaaga ez'okutonda (Kuv. 20:10,11). Saande okuba nga lwe lunaku olusooka mu wiiki, tekiba kituufu kukuuma lunaku luno nga ssabbiiti. Ssabbiiti mu ngeri ey'enjawulo “kaali akabonero wakati wange (Katonda) nabo (Israeri), balyoke bamanye nga nze Mukama abatukuza” (Eze. 20:12). Na bwe kityo, ssabbiiti teyagenderera kunywezebwa ku Bannaggwanga (abatali Bayudaaya). “. . . . Mukama abawadde ggwe [si bantu bonna] ssabbiiti” (Kuv. 16:29). “. . . N'obamanyisa (Katonda, yamanyisa Isiraeri) ssabbiiti yo entukuvu” (Nek. 9:14).

Olw'amazima nti Katonda yawa olunaku lwa ssabbiiti omukisa (Lub. 2:3) si y'ensonga nti n'olwekyo ssabbiiti eteekwa kukuumibwa-- nga Katonda amaze okutonda ebyasa wayitawo bingi oluvannyuma n'alyoka assaawo ssabbiiti. Olumu Yesu yannyoonnyoola ku buzibu bwe kikwaate ky'eby'eddiini: omwana omulenzi yalina okukomolebwa ku lunaku lw'omunaana mu bulamu bwe. Olunaku luno bwe lwatuuka nga ku ssabbiiti, nga olwo omulimo gukolebwa. Kale tteeka ki ery'alina okukuumibwa, ssabbiiti nandiki okukomolebwa? Yesu n'addamu nti okukomolebwa kwalina okussibwamu ekitiibwa kubanga kwaliwo mu kiseera kya Ibulayimu, nga ate etteeka lya ssabbiiti lyajja luvannyuma, okuva ku Musa: “Kyeyava Musa abawa okukomola ]si kubanga kwa Musa naye kwa bajjajja (kwe kugamba Ibulayimu)]; ne ku ssabbiiti mukomola omuntu” (Yok. 7:22. Bwe kiba nga etteeka ly'okukomola ly'eryasooka erya ssabbiiti, lwaki abalala baawakkana nti etteeka lya ssabbiiti litunywezebwako naye ery'okukomolebwa nedda? Okukomolebwa ke kaali akabonero k'endagaano ne Ibulayimu, ate nga ssabbiiti ke kaali akabonero k'amateeka ga Musa (Kuv. 31:17), era Yesu n'asalawo nti endagaano ne Ibulayimu ye yali esinga obukulu. Ye nsonga y'emu Pawulo gyakozesa, mu zinnyoonnyoola ye nti endagaano empya eyaweebwa eri Ibulayimu [etalimu tteeka ku ssabbiiti] tesobola kwongerwako oba okusaazibwamu. Abuuza, kale kiki “amateeka gaayongerwako” (Bag.3:15,19)? Addamu nti amateeka gaayongerwako, ekitegeeza si

gankalakaalira, kubanga tulaba nga endagaano empya tesobola kwongerwako, okusomesa abantu ebibi byabwe era n'okubakulembera eri okutegeera Yesu, omuzuukulu eyasuubizibwa Ibulayimu. Naye Kristo kakaano yajja, tetukyafugibwa mateeka.

N'olwekyo amateeka ga Musa gaaggyibwawo, olw'okufa kwa Yesu Kristo ku musalaba, awo nno kati waleme kubaawo bwetaavu bwa kukuuma ssabbiiti oba, embaga yonna (Bak. 2:14- 17). Abakristaayo abasooka abaddayo ku kuuma ebimu ku bitundu by'amateeka ga Musa , gamba nga ssabbiiti, Pawulo aboogerako ng'abaddayo ennyuma "mu bigambo eby'olubereberye ebitalina maanyi ebinafu, ate bye mwagala okufugibwa omulundi ogw'okubiri? Mukwata ennaku (gamba ssabbiiti)| n'emyezi n'ebiro n'emyaka. Mbekengeentererwa okutegana kwange gye muli okuba okw'obwereere" (Bag. 4: 9-11). Kuno kwekumalirira mu gugeezako okukuuma ssabbiiti nga ekkubo ery'okulokolebwa. Kiri mu bulambulukufu nga okukuuma ssabbiiti tekyatagisa eri okulokolebwa: "Omuntu omulala alowooza olunaku olumu okuba okusinga olulala, omulala alowooza ennaku zonna okwenkanankana. Buli muntu ateegererenga ddala mu magezi ge yekka. Alowooza ku lunaku, alulowooza ku bwa Mukama waffe, era yeebaza Katonda, n'oyo atalowooza ku lunaku, akikola kubwa Mukama waffe" (Bar. 14: 5,6).

Olw'ensonga eno, kitegeererekeka lwaki tetusoma ku bakkiriza abasooka okuba nga bakuuma ssabbiiti. Mazima ddala kyawandiikibwa nti bakungaananga "ku lunaku olw'olubereberye mu wiiki okumenya omugaati . . . " (Bik. 20:7). Olw'okuba nga eno ye yali enkola eyabunnyizibwa kirabibwa mu Pawulo okukubiriza abakkiriza ab'e Korinto okusoloza ebirabo "ku lunaku olubereberye mu wiiki" (1 Kol. 16:2), kwe kugamba ku lumu ku nnaku zaabwe ze bakungaanirangako bulijjo. Abakkiriza bonna awamu boogerwako akuba bakabona (1 Peet. 2:9) – abali tebakwatibwako kukuuma ssabbiiti (Mat. 12:5).

Bwe tuba bakukuuma ssabbiiti, tuteekwa kukikola bulungi; emabega tulaze nga kya kabi nnyo obutakuuma ssabbiiti yonna nga bwekirambikiddwa mu mateeka ga Musa, kubanga ekyikivaamu kwesalira musngo fekka (Bag. 3:10; Yak. 2:10). Okulokolebwa kuyita mu mateeka ga Kristo so si mu ga Musa. Isiraeri tebakkirizibwanga kukola mulimo gwonna ku ssabbiiti: "Buli yenna anaakolanga omulimo gwonna ku lunaku olwo, wa kuttibwanga". Nate era baalagirwa: "obutakumanga muliro gwonna mu nnyumba zaabwe zonna ku lunaku olwa ssabbiiti", era kale ne bagaanibwa okufumba emmere ku lunaku olwo (Kuv.

35:2,3; 16:23 NIV). Omuntu eyalonderera enku ku lunaku olwa ssabbiiti, kyandiba nga yali ayagala kukuma muliro, yabonerezebwa na kufa lwa kikolwa ekyo (Kubal. 15:32-36).

N'olwekyo amasaga gonna eg'eddiini agayigiriza nti okukuuma ssabbiiti kirina okunywezebwa ne bannakibina bonna basaana okubonereza bannakibina abo na kufa bwe bamenya etteeka ery'okukuuma ssabbiiti. Tewasaanye kubaawo kufumba emmere oba okukozesa omuliro mu kika kyonna – gamba nga mu kuvuga emotooka, enkola ye bibuggumya n'ebiri nga ebyo. Abayudaaya Abathodox aba leero kyakulabirako eri enneyisa esaannye ku kukuuma ssabbiiti: basigala mu mayumba gaabwe olunaku lwonna okujjako nga kikwaata ku bya ddiini bafuluma, era bo bennyini tebetaba mu bya kufumba, entambula n'ebiri nga ebyo. Abo 'Abakristaayo' bonna abagambibwa okuba nti bakuuma ssabbiiti bino bibalema okuuutikiriza.

Kiwakanirwa bulijjo nti okukuuma ssabbiiti ly'eryali erimu ku mateeka ekumi Musa ga yawa, nti kale, wadde nga amateeka gonna aga Musa gaaggyibwawo, kitukakatako okukuuma amateeka ekumi gonna. Abaseevesiidde (Seventh Day Adventists) bakola enjawula wakati wa 'amateeka' ekumi 'eg'eby'empisa', "emateeka ga Katonda" naago gebayita 'amateeka g'emikolo', "amateeka ga Musa", bo gebalowooza nga Kristo ge yaggyaawo. Ebyawandiikibwa tebiyigiriza njawukana eno. Baibuli ekozesa ekigambo, "amateeka ga Musa" oba "amateeka ga Katonda" mu kuwanyisagannya (Kubal. 31:21; Yos. 23:6; 2 Byom. 31:3). Emabega tulaze nga Endagaano Enkadde bwe kitegeeza amateeka ga Musa, agaasikizibwa ne Ndagaano Empya ku musalaba. Kisoboka okulaga nga amateeka ekumi, nga mwe muli n'eryo erikwata ku ssabbiiti, kyali kitundu ku Ndagaano Enkadde eyaggibwaawo Kristo:-

- Katonda "yaababuulira (Isiraeri) endagaano ye, gye yabalagira okukola, ge mateeka ekumi; n'agawandiika ku bipande by'amayinja bibiri" (Ma. 4:13). Nate era kisaana okwekanyizibwa nti endagaano eno, eyesigamizibwa ku mateeka ekumi, yakolebwa wakati wa Isiraeri ne Katonda, so si Bannaggwanga baleero.
- Musa yalinya ku Lusozi Kolebu okuweebwa ebipande Katonda kwe yali awandiise amateeka ekumi. Oluvannyuma ennyo Musa kino yakyogerako bwati, "Mukama Katonda waffe yalagaanira endagaano naffe ku Kolebu" (Ma. 5:2), kwe kugamba okuyita mu mateeka ekumi.

- Mu kiseera ekyo, Katonda “ n'awandiika ku bipande ebigambo eby'endagaano, amateeka ekumi” (Kuv. 34:28). Endagaano ye emu eno yalimu byonna ebikwata ku kimanyiddwa nga 'amateeka g'emikolo' (Kuv. 34:27). Bwe tuba nga tuwakana nti okukuuma endagaano eyakolebwa mu mateeka ekumi kyetagisa, tuteekwa okukola byonna ebiri mu Mateeka, kuba tulaba nti ekyo kyonna kitundu ku ndagaano ye emu eyo. Kikakafu nga kino kizibu okukukola.
- “Tewaali kintu mu ssanduuko wabula ebipande byombi eby'amayinja Musa bye yateekamu ku Kolebu . . . ekifo eky'essanduuko, omuli endagaano ya Mukama” (1 Bassek. 8:9,21). Ebipande ebyo, okwali amateeka ekumi, ye yali endagaano.
- Beb. 9:4 lwogera ku “bipande eby'edagaano”. Amateeka ekumi gaawandiikibwa ku bipande eby'amayinja, “agaalimu endagaano (enkadde)”.
- Pawulo endagaano eyo ajjogerako nga “nnukuta, okwasalibwa ku mayinja”, kwe kugamba ku bipande eby'amayinja. Endagaano agiyita: “okuwereeza okw'okufa . . . okuwereeza okw'omusango . . . ekyaggwaawo” (2 Kol. 3:7-11). Endagaano eyekuusa ku mateeka ekumi tesobolera ddala kuleta ssuubi lyonna eri obulokozi.
- Kristo “. . . yasangula endagaano eyawandiikibwa mu mateeka, eyali omulabe waffe . . . bwe yagikomerera ku musalaba” (Bak. 2:14 NIV). Kino kiwa ekifaananyi ku mukono gwa Katonda okuwandiika amateeka ekumi ku bipande eby'amayinja. Pawulo ayogera mu ngeri ye emu ku “kusumululwa mu mateeka . . . mu nnukuta ez'edda” (Bar. 7:6 NIV), okulaga ennukuta ez'amateeka ekumi agawandiikibwa ku bipande eby'amayinja.
- Ku mateeka ekumi limu lyokka eriyitibwa “amateeka” mu Bar. 7:7: “. . . singa amateeka tegaayogera nti, 'Teweegombanga'. Olunnyiriri oludddako mu Bar. 7:1-6 luggumizza engeri nga “amateeka bwe gaaggyibwaawo okufa kwa Kristo; n'olwekyo “amateeka” gaatwaalizaamu amateeka ekumi.

Bino byonna bikirambulula bulungi nga Endagaano Enkadde “n'amateeka” mwalimu amateeka ekumi. Nga bwe kiri nti gaaggyibwaawo Endagaano Empya, n'olwekyo amateeka ekumi gaaggyibwaawo. Wabula mwenda ku mateeka ekumi gaakakasibwa, mu mwoyo kyokka, mu Ndagaano Empya. Eryo 3,5,6,7,8 ne 9 gasobola okulabwa mu 1 Tim. 1 kyokka, ate eryo 1, 2 ne 10 mu 1 Kol. 5. Wabula kikafuuwe okusanga etteeka ery'okuna erikwakata ku ssabbiiti nga lyaddibwaamu mu Ndagaano Empya nga eri tukakatako ffe.
Olukalala luno olw'ebitundu luno wammanga lwongera okuwa engeri gali omwenda bwe gaakakasibwa mu Ndagaano Empya:-

**1st.** Bef.4:6; 1 Yok. 5:21; Mat. 4:10

**2nd .** 1 Kol. 10:14; Bar.1:25

**3rd.** Yak. 5:12; Mat. 5:34,35

**5th...** Bef. 6:12; Bak.3:20

**6th.** 1 Yok. 3:15; Mat. 5:21

**7th.** Beb. 13:4; Mat. 5:27,28

**8th.** Bar. 2:21; Bef. 4:28

**9th.** Bak. 3:9; Bef. 4:25; 2 Tim. 3:3

**10th.** Bef. 5:3; Bak. 3:5

Mukama Yesu ayita abagoberezi be bonna okukkiriza “okuwummula” okwo kwaawa. (Mat. 11:28). Akozesa ekigambo kyo Luyonaani mu Ndagaano Enkadde eri mu luliimi Oluyonaani amakulu gaakyo okuwummula ku ssabbiiti. Yesu yawa obulamu obwe ssabbiiti, okuwummula okuleka okuteeka obweesige mu mirimo gyaffe (kigeraageranye ne Beb. 4:3,10). N'olwekyo tetusaanye kukuuma a ssabbiiti y'olunaku olumu buli wiiki, wabula tubeewo mu bulamu obw'omwoyo gwa ssabbiiti.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 17:
## OMUSALABA NG'EKYOKUSIKIRIZA ERI OBULAMU BWAFFE OBWA BULIJJO

Okwagala Kristo okuli mu musalaba kwe kuba n'okweyongerera mu kukoopa – omukwano ogutakoma, okuddamu okukoopa emirundi egitabalika, biba bitujjira bulijjo olw'omusalaba. Bwe bukulu bw'omusalaba mu bulamu bwaffe obwa bulijjo. Tulina okwagalana mu ngeri etekoma, nga Kristo bwe yatwagala mu kikolwa kimu eky'okufa kwe (Yok. 15:12,17). Bwe tutyo okugondera Yesu nga twagalana kifaananyi ekiraga okugondera Yesu (Yok. 15:10). Kyangu bwe ktyo, ekintu ekyakolebwa mu myaka 2000 egiyiseewo kirina kye kikola ku bulamu bwaffe kati. Waliwo olujegere olw'amaanyi ennyo oluyita mu byasa, okuva mu kizikiza eky'omusalaba okutuuka ku bulamu bwaffe wano wetuli mu kyasa 21. “Olw'okutegeera kuno”, olw'okutegeera Kristo nga eyaliwo, tufuna obutuukirivu (Isa. 53:11). Isiraeri nga bayimiridde mu maaso ga Musa, basubiza nti: “Byonna ebigambo bya Mukama tulibikola”. Awo Musa bwe yabamansiriza omusaayi ogw'endagaano ku bo- era nga ekikolwa kino kijjulizibwa mu Abaebbulaniya nga obunnabbi bw'omusaayi gwa Mukama waffe – baddamu mu bigambo bimu ebyo, naye n'amaanyi: “Ebigambo byonna ebya mukama tulibikola, era tuliwulira” (Kuv. 24:3,7). Kyali nga gyobeera enkwasaganya

n'omusaayi yabongeramu okugonda. Mu ngeri ye emu okuwuliziganny a ku ebyo Katonda by'ayagala yakolebwa okuyima waggulu ku ntebe ey'okusaasira (Kuv. 25:22)- okulega ku musaayi ogwa Yesu okulala. Mu bwanguyangu, tetuyinza kutunuulira musalaba ne tutawulira kukakkibwa kugondera ekyo Katonda kyatwagaza.

Bulijjo ebifaananyi bya abaserikale nga bali mu kaseera kaabwe ak'okufa oluvannyuma bikozesebwa nnyo nga ekisitula eggwanga: “Mugannyulwe mu kino” bwe bubaka amaaso gaabwe ge buwa. Obutuufu bwakyo tebusinga buli mu kufa kwa Mukama waffe. “Okwagala kwa Mukama waffe”, endowooza ekozesebwa ku kufa kwe awalala (Yok. 13:1; 2 Kol.5:14,15; Bar. 8:32,34,35; Bef. 5:2,25; Bag. 2:20; Kub.1:5 geraageranya ne 1 Yok. 4:10), kutukendezako; tekutuwaliriza, wabula kutuggalira mu kkubo limu, nga liri nga efunda era eririko ekikomera. Tetusobola kubeerawo bubeezi nga tulaba omusalaba naye nga tetulina kyetukolawo. “Okwagala kwa Kristo” okusinga okutegeerwa, era emitima gyaffe gisobola okuggulwawo, nga Pawulo bwe yasaba, olwo nno ne tuyinza okumanya obuwanvu, obugazi n'obugulumiun bwakwo. Omwana wa  Katonda eyakomererwa ye yali omukyikirira wa Katonda ddala. Okwagala kwa Kristo kwalagibwa ku musalaba; era tusobola okumanya obugulumivu n'obuwanvu, n'obugazi obw'okwagala okwo nga tuyita mu kumanyisibwa okwa Katonda (Bef. 3: 18,19).

Tewali kintu kyonna kyonna, ne bwe buba obulamu, newakubadde ebibi byaffe newakubadde emitawana mu bulamu, biyinza kutwawukanya na kwagala kwa Kristo gye tuli okuli mu kufa kwe (Bar.8:35). N'olwekyo omusalaba ggwe bwe buddukiro bw'amangu obw'okukkiriza kwaffe, mu buli kizibu kyonna obulamu kye buyitamu. Obumalirivu n'amaanyi bye twetaaga mu lugendo lwe eby'omwoyo bisobola okufunibwa nga biyita mu kufumitiiriza ku musalaba okwa sekinoomu. Tunoonya maanyi okuguma mu kuyisibwa obubi okutali kw'amazima n'ekisa mu kwewaayo n'essanyu nga ekyo kye tulowooleza ddala nga kyaffe tukifiiriddwa? Ka bube busosoze mu kifo w'okolera, okuyiganyizibwa okuva mu Gavumenti, okuyisibwa obubi oba obutassibwamu kitiibwa n'abo be tukola nabo oba ebengaanda zaffe . . . ?  Tuleke omusalaba gubeere eky'okukoopa  ekitakoma: “Kubanga kye kisinga obulungi, Katonda bw'ayagala mu kwagala kwe [ekiraga okufunvubira kwa Mukama waffe e Geteseemaani, nga naffe kufunvubira kwaffe] mmwe okubonyabonyezebwa nga mukola obulungi okusinga nga mukola obubi . . . kubanga era ne Kristo yabonyabonyezebwa olw'ebibi omulundi gumu, omutuukirivu olw'abatali batuukirivu . . .” (1 Peet.  3:17,18). Jjjukira engeri abatuukirivu bwe baali bayiganyizibwa,

tebayagala bulamu bwabwe okutuusa okufa lwa kuba nga balina obumanyirivu eri omusaayi gw'Omwana gw'endiga ogwayiiyibwa ku lwabwe ( Kub. 12:11).

Tubaawo ku bwaffe olw'obukadde oba tuli balwadde nnyo, nga tutya okufa n'obutali bukakafu ku kiseera ky'omu maaso ekimpi? Nate era omusalaba gwa Kristo bwe buddukiro bwaffe: "Kubanga ffe Katonda teyatuteekerawo busungu, wabula okuweebwa obulokozi ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo, eyatufiirira ffe, bwe tutunula oba bwe twebaka tulyoke tubeere abalamu wamu naye" (1 Bas. 5:8-10). Olw'okuba "tuli mu Kristo", okufa kwe tekyali kyabyafaayo ekyetongodde kyokka. Kubanga naffe tuli banafu naye (2 Kol. 13:4 RV), obwo bwe bumu wakati waffe naye. Pawulo bwe yalowooza ku bulwadde bwe, yayogerera mu mazima n'okutegeera kwonna nti yeenyumiriza n'essanyu lingi mu bunafu bwe, kubanga okufaananyiriza kwe n'obunafu bwa Kristo eyakomererwa era kyamuleteera okuba nga yeefaananyiriza amaanyi n'obuyiza ebya Mukama eyazuukira (1 Kol. 12:9).

Tulowooza nti obulamu tebugasa, era okulabirira baana okutakoma, nga tukola omulimo gumu olunaku lwonna emyaka 30 nga kye tutwala nga ekikulu, era kusooba nga oyita mu ka kkubo akatakoma okutuusa okufa lwe kututukako? Twanunulibwa n'omusaayi gwa Kristo ogw'omuwendo "mu mpiisa zammwe ezitaliimu ze mwaweebwa bajjajjammwe" (1 Peet. 1:18), mu ebyo ebitunyiiza mu bulamu buno. Twanunulibwa mu bintu byonna! Eri ffe si bulamu bwa kugoba ku nnoonya ku kulaba nkomerero ya musoke, okusiinza ebifaananyi eby'amayumba amanene nga tetufuddeyo, tekinologiya omulungi. . . twanunulibwa eri ebitaliimu eby'obulamu "wansi we njuba" n'omusaayi gwa Kristo omulungi ennyo. Twaggulibwa okuva mu buddu buno, wadde nga mu mubiri bisigala mu birowoozo. Bwe tumanya kino, ffe abanunule, abaggulibwa okuva mu bitaliimu, tetusaana kuwaayo sawa zaffe nnyingi ku tiivi, oba ku kujjuza obukuniizo nga tekukoma, oba mu kulya bulamu nga ab'ensi bwe bakola. Yakobo yakiraba nga omuntu alirabika nga alina eddiini, naye ate nga eddiini ye "ya bwereere" (Yak.1:26)- lwa kuba nga teyamanya nga omusalaba gwamuggula okuva mu butaliimu. Okufa kwe kwaliwo alyoke atuggye mu mirembe gino emibi egiriwo (Bag. 1:4). Pawulo yeraba ng'akomereddwa ku nsi, era nga ensi ekomereddwa ku ye, olwo okukomererwa kwa Mukama waffe (Bag. 6:14). Mukama Yesu yayimusa amaaso ge eri abantu ku ttaka eritaliiko nnyini lyo wakati w'omuti n'ekibiina ky'abantu; yatunuulira ensi eyamukomerera. Tetusobola kumala gaabeggatako bwe tutyo. Obutabeyawulako kuba kutwaala musalaba nga ekitaliimu eri ffe; kubanga yafa

atuggye mu mirembe gino. Amaanyi g'ensi gaabunye wonna; era nga ku nkomerero kulowooza ku musalaba na bwegendereza kyokka kye kituggya mu yo. Kirowoozo kya ntiisa, okuba nga tusobola okufuula amaanyi g'omusalaba okuba ekitaliimu. Kino bwe kiri, kubanga Pawulo yalabula nti okubuulira Enjiri mu bigambo eby'amagezi ku lireteera "omusalaba gwa Kristo okuba ogw'obwereere" (1 Kol. 1:17). Ekiva mu musalaba, amaanyi ag'alokola, gaakoma ku ngeri yaffe gye tubuulira omusalaba. Era tusobola okufuula "Kristo", kwe kugamba omusalaba ggwe, "obutabaako kye gukola" nga twesiga ebikolwa byaffe mu kifo eky'okukkiriza obulokozi bw'ekisa bwe yatuukako (Bag. 5:4).

Tuwulira nga abatasimibwa? Nga maama omunyiivu nga annyiziddwa, nga taata akola ennyo n'amaanyi asobole okulabirira ab'ennyumba ye atatera kulabalaba, ng'omuntu awulira nti ebirowoozo bye n'ebyasobola bitekebwa bbali bulijjo . . .? Akabenje k'okufa okwa Yesu kyali nti bwe yafa, tewali muntu yenna ayogera ku bulamu bwe, nga bwe kiba ku lumbe (Isa. 53:8). Obulamu obusinga obukulu obusinga bwonna obwa kabaawo tebwategeerebwa era tebwasiimibwa ate ne bukyayibwa era ne buzikibwa mu kwanguyiriza, nga tewali na mwogezi yenna kusiima bulamu bwe. Nga tulwanirira okutusiima, tugabana ku bibonyobonyo n'okulumwa kwe era n'ebibonyobonyo n'okulumwa kwa Kitaawe. Omusalaba kye kyali eky'okulabirako ekisinga eky'omuntu eyalamulibwa mu butali bwenkanya n'obutategeerebwa era n'asalirwa omusango mu butali bwenkanya. Bwe twewulira tutyo, n'embeera y'obwangu kwe tutambulira, okusalira abantu emisango nga bwe tulaba kitegeeza nti kirabika kikolebwa nnyo mu mirembe gino okusinga gwonna ogwaliwo [nga n'ebivaamu by'amaanyi] … olwo nga tumanya nti tugabana ku bibonyonyobonyo bya Mukama waffe.

Emirimo gituukwatitrayo bulijjo, oba tuli abaddu b'ebitongole ebitukozesa? 1 Kol. 7:23 lutwegayirira tuleme okuba abaddu b'abantu, kubanga Kristo yatugula n'omusaayi ggwe. Olunyiriri luno abavubuka balina okulufunamu eky'okuyiga nga banoonya emirimo gye bannakola n'abagenda okubakozesa. Tukomereddwa ku nsi, olw'omusalaba gwa Kristo (Bag.6:14).

Tulwanagana okubaawo mu bulamu obw'okwagala kwa ddala, okumalako n'abantu, ka babeere baganda baffe: oba twakoowa dda abantu, ne tuberawo bubeezi nga tubalaga omukwano? Ebye edda bikyatulimu nga oluzzi lw'okukaawa n'okwejjusa buli kieera? "Okukaawa kwonna n'obusungu, n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako,

awamu n'ettima lyonna: era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo. . . era mutambulirenga mu kwagala, era nga Kristo bwe yabagala mmwe, ne yeewaayo ku lwaffe" (Bef. 4:31 – 5:2). Omusalaba gwe gukwaata ku bulamu bwaffe bwonna, okulowooza kwaffe okuli munda ennyo n'ebikolwa, okutuuka ne ku kwogerera awamu ne Pawulo nti, "Ndi mulamu, si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kakaano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange" (Bag. 2:20); kinoomu mu kusirikirira ennyo mu kulowooza.

Tusanga obumu obwa ddala ne baganda baffe nga kituzibuwalira? Yafa asobole okungaanyiza wamu abaana ba Katonda bonna (Yok. 11:52). Mu maaso g'omusalaba, nga tetunnatandikira ddala ku gwefumitiirizako, enjawukana zaffe kinoomu tulina okuzimalawo. N'olwekyo ekkanisa erimu enjawukana ye eyo eteetoloolera ku musalaba. Oba twagala oba tetwagala obulamu bwaffe mu Kkanisa bulina okutambulira mu makulu g'omusalaba. Emiziziko gyonna egitulimu kinoomu gyonna tusobolera ddala okuggyejjamu n'obwetowaaze olw'obumanyirivu bw'omusalaba, n'engeri gyetuwalirizibwa okulaba nga okufa tekwali ku lwaffe fekka kinoomu.

Obuwombeefu kitubereera kizibu nnyo, wadde nga muli twetwalira waggulu olw'ekyo kye tuli ne bye tufunnye? Okuweereza baganda baffe bonna okwa namaddala kizibu nnyo gye tuli okirowoozako? Lowooza ku Mat. 20:26-28: "Naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe anaabanga muweereza wammwe: na buli ayagala okuba ow'olubereberye mu mmwe anaabanga muddu wa wammwe: nga omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ekinunulo eky'abangi". Eno y'enkola yaffe-okuweereza nga tosuubira kusiimiibwa oba okuddamu. Era omusalaba gwa Kristo kye kyokka ekisobola okutukyusa mu kino.

Tulina empisa embi ez'ekyaama ze tulwanagana naazo, nga kifuuse kibi kya bulijjo? Omusalaba gusalira ekibi omusango, era ku lw'omusalaba tuwalirizibwa okugobererea Kristo okufuluma tugende "gy'ali ebweru w'olusiisira" (Beb.13:13), nga tugoberera ekkubo ery'omugenge eyalina okugenda ebweru w'olusiisira (Leev. 13:46). "Eyeetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu" (1 Peet. 2:24). Yafa olw'ebibi byaffe, mu kufa obunafu bwaffe bwonna mwe bwafiira- ebibi byaffe kumpi nnyo yetabanabyo. Okufa kwa Yesu

tukwanakula na kufa kwa bibi byaffe ebiri mu mibiri gyaffe, nga ye bwe yakola ku muti. Nga twogera ku musalaba, Mukama yagamba nti yeetukuza [nga kabona awaayo ssaddaaka], naffe tusobole okutukuzibwa mu mazima (Yok. 17:19). Kyangu nnyo kityo, bwe tutegeera era ne tukkiriiza mu musalaba, tulina okwanakula. Nga yegendereza yagamba nti bwatagwa mu ttaka n'afa, talibala kibala kyonna (Yok. 12:24). Olw'amazima nti yafa, kitegeeza nga naffe tulibala ebibala. Kya ndiba nga ekikwata ku kuwa omwoyo omutukuvu oluvannyuma lw'okufa (Ekitiibwa kye) mu Yok. 7, nga bwe kuli mu kabonero k'amazzi okuyiirwa okuva mu lubirizi lwe, kitegeeza olw'omusalaba tulina engeri ey'obulamu obutukuvu bwetwakoopa. Te kiri nti okufa kwe kwaleeta ekyamagero ekikyusa abasajja n'abakazi oba bagala oba tebagala; naye kiri nti ye nga eky'okulabirako eky'okukoopa eri abo abagulawo.

Osanga tulowooza nti okubuulira kwaffe kubulamu amaanyi n'obuwaze eri abalala. Geezako okubategeeza bulungi nnyo ebikwata ku musalaba. Abatume bajjusa abantu ebikwata ku musalaba era okusinziira ku byo ne begayirira abantu babatizibwe mu kufa n'okuzuukira. Waliwo amaanyi ag'okuwaliriza, ekikulu nnyo mu kyewunyisa ekisikiriza mu musalaba eri bonna. Yozefu yalaba omulambo gwa Mukama waffe era naawalirizibwa okuwaayo ekifo kye ye we yandigalamiziddwa ng'afudde baziikemu omubiri oggwo. Ekikulu kya byonna yalaba obubaka bw'okubatizibwa mu kyo. Yayagala omubiri gwe gufaanane ogwa Yesu. Yakimaanya nga omusajja Yesu yamukyikirira. Kale kwe kwagala okwefaananyiriza naye. Era nga kikoleddwa mu ngeri ennungi, gano gaba amaanyi g'okuddamu eri okubuulira kw'omusalaba leero. “Olw'obutukirivu (omusalaba) bw'omu ekirabo kyali ku bantu bonna olw'okuweesa obutuukirivu bw'obulamu” (Bar. 5:18)- ate nga “abantu bonna” obutuukirivu obwo bafuna singa bawulira amawulire amalungi era ne baagaakkiriza. Eno y'ensonga lwaki tulina okutwala Enjiri eri “abantu bonna” (ekifaananyi kya ddala obuunannyizzibwa obukulu)- olwo nno, mu makulu ago, omusalaba gwa Kristo ogw'ekyewunyo gubeerere ddala “ekikulu ennyo”. Olw'okubuulira kwaffe abalala bangi ku abo “abantu bonna” abakkirizibwa okubeerawo emirembe gyonna ekyo kye bakola kyennyini. Eno y'ensonga lwaki ebyawandiikibwa mu Bikolwa by'Abatume bikwasaganya okubuulira kw'omusalaba n'obukkiriza obw'abantu buli kiseera. Mu kugaanira ddala, abantu tebakkiriza singa bagaana “ebigambo” eby'omusalaba (Yok. 12:38,39).

Tulwanagana okukolera Mukama waffe n'obuterekereza, okussa ebigambo byaffe n'ebyetulowooza okukola mu bikolwa? Abakkolinto nabo bali boogezi, nga beyagala

n'enteekateeka zaabwe ez'okugaba ebintu eri baganda baabwe abanaku abaali mu Yerusaleemu, wabula nga tewali kirabiibwako. Pawulo naanoonya oky'okubalowoozesa okuteeka mu nkola nga abajjukiza bategeere "ekisa kya Mukama Waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe" ku musalaba (1 Kol. 8:9). Bannakibina batono nnyo abaali abagagga mu Korinto, naye Pawulo yamanya nga omusalaba gwa Kristo gujja kubaleetamu omwoyo gw'okugabira naabo abali babasingako obwavu. Abagagga balina okufuuka abanaku olw'ekyo Mukama kye yakola, Pawulo agamba- si kugaba sente zaabwe za kwekuuma nga tebafuddeyo. Yaleka empisa zonna eza mukosa, empisa ezitegeerekeka eza ddala ete ezikola era ez'amaanyi.

Tulwanagana n'obulungi bwa Katonda obusingira ddala? Kubanga ebyo byonna bye tuwandiise ebikwata ku buzibu bw'okubonabona, nze kindabikira nga tewali kya kuddamu ky'amagezi kimala nga waliwo atuuse ku kabenje aka ddala. Okusindika Yesu n'afa mu ngeri gye yafaamu kye kyali eky'okuddamu kya Katonda kyennyini eri ekyo. Mu kufa okwo ku musalaba, Katonda yalaga okuyingira kwe mu bibonnyoboonnyo byaffe n'okufiirwa n'okulumizibwa kwaffe.

Tweralikirira nti tetullina nkolagana na Mukama Yesu ya seekinoomu? Tu musomako busomi naye nga tetumuwulira mu ffe? Okulowooza ku musalaba gwe kirina okutuletamu okusiima okulongoofu okulungi eri Kristo n'ensonyi nga tutegedde nti omusajja ono yatwagala nnyo okusinga ffe bwe tumwagala. . . so nga ate olw'ebbanja eddene lye tulina gyali, ebbanja eritogeerekeka era erya ddala, eritapimika ate lye tutasobola kusasula era n'okwerabira, kinoomu tumuddamu ng'omuntu, eri okumumanya n'okumwagala n'okumuweereza nga eky'okuddamu. Singa tutegeera era kino ne tukimanya , tuba tetulina kya kukola okujjako okubuulira omusalaba gwa Kristo.

Tuwulira okuswala olw'obutaba bajjulira nga bwe tusaanye? Tewali kubuusabuusa nga obubaka bw'okubuulira obwa ab'oluganda abasooka bwali bwetoololera ku musalaba n'okubatizibwa kw'okufa. Okumaliriza n'obutuufu obw'okununulibwa okwatukibwako kwoogerebwako mu Abeabbulaniya nga okwaggweera ddala, era kino nakyo tetusaanye kukireka nga twogera ku Njiri. Mu musalaba awo, obwenkanya n'ekisa kya Katonda bireetebwa byonna mu ngeri ey'enkomeredde. Mu musalaba omwo mwe muli okwegayirira. Pawulo yategeeza "ekigambo eky'omusalaba", ekigambo/obubaka gwe musalaba (1 Kol. 1:18). Abasomesa be enjiri abasooka bategeeza nga bwe

batasobolanga kufuna kuddamu eri obubaka bwabwe okutusa nga bannyonnyodde omusalaba; kale ffe nga bwe tulina okutegeera okulungi okw'ebiyigirizibwa, nze nzikkiriza nti mu musalaba mwe muli amaanyi ag'okukyusa. Omuntu bwa kitunulizibwa tasobola kulema kuba na kumattirira ddala ku ebyo ebiri mu kukkiriza n'obutakkiriza, mu kusalawo okukkiriza oba okugaana omulimo gw'omusajja ey'alwanagana n'atuyana mu bukoowu ennyo n'akomererwa ku muti. Ekyebuuzibwa  eky'amazima kya kukkiriza oba okufa. Okubatizibwa mu ku kufa n'okuzukira kyetagisa eri okulokolebwa. Kituufu tetusaana kutisatisa bantu okubakirizisa, naye ate ku ludda olulaala, okubuulira omusalaba tekisobola kuyamba wabula kulinamu ekintu eky'obuwaze era n'obwangu n'obwagazzi. Wabula ku lwa Katonda twegayirira abantu okukkiriza omulimo ogw'omusalaba nga ekivamu ebibala. Olwo nno okubuulira kwaffe tekulirema kuba na bwangu era okwa ddala. Kuba kukwata ku musajja eyalina obutonde bwaffe, omutuukirivu naye ng'akomererwa, ajjudde okwagala, omumuli mu nsi eno eyekizikiza..... era ne weetukoma okutegeera ekyewunyisa kyaggwo, buli lwetufunnye akaseera, era bwe tulina okutegeeza abantu. Mukama waffe yali tasomesa ndowooza nnungi, yali abuulira amawulire amalungi. Omusalaba kitegeeza tulina obukkiriza obw'okugabana obukkiriza mwe tugenda okubeera ennaku zonna; si bukkiriza bwa kufiiramu, naye ekitukubagiza mu kaseera kaffe ak'okufa, nga tutunulidde enkomerero ey'omuzannyo.

Omusalaba gwokka gusobola  okujja abantu mu butategeeragana bwabwe, era ne gubawalirizza okubako ne kye basalawo mu nsi muno, mu kifo eky'okweyongerera mu butategeera bulungi nga mu kiroto. Obulamu kya maguzi fenna kyetumanyidde okukozesa obubi; nga tubaawo mu butebalirira buli lunaku, oba nga tuli mu bulumi obw'ebikolwa byaffe oba empisa zaffe ze twandyagadde okuvaamu, tiivi. . .  Waliwo ekintu ekyewunyisa ku kuddingaanamu okw'ebintu ebitali by'amakulu. Olw'okukubirizibwa kwa Mukama waffe n'omusalaba gwe kye kyokka ekituleteera okulengera ewala okusingako ebyo ebitukwatako, era ne tutegeera we tukoma era n'ebyo ebisoboka mu bulamu bwaffe. Amaanyi ga Mukama waffe n'omusalaba gwe bye bisikirizza ebiseera ebyo okutegeera okulungi. Ye, mulabe ali awo eyelangirira eri abantu abalamu bonna mu buteyagalira.  Ye aliwo asobola okusanyusa abasomi n'abalabi be mu kikolwa ky'obuwereeza obw'amangu nga takoowa. Abo abatafaayo ku kusomozebwa kwa musalaba buli omu akyamira mu “kkubo lye” (Isa. 53:6)- mu Lwebbulaniya kitegeeza eky'obuwanga, empisa y'omu bulamu. Kino kye kitugaana okuddamu eri okusomozebwa kw'omusalaba okukulu ennyo- ennono

ey'obutayagala kukyusa, okwagala kwaffe eri ebyo bye tumanyi era bye tumanyidde. Ate nga omusalaba gusobola okutuggya mu kino.

Te tuwulira bulungi mu mwoyo era tuwulira nga omutima gwaffe waliwo lwe gukaluba nti tewali kyonna kisobola kutukwatako na kutwongeramu essuubi nga bwe kyali nga? Omusalaba gusobola okukyusa omutima omugumu ennyo era n'omutima ogukoseeddwa. Ng'ojjeeko eby'okulabirako ebingi ebya ddala mu bulamu buno ebikwata ku nsonga eno, lowooza ku bikwaata ku Piraato mu Baibuli. Ab'ebyafaayo Abayudaaya n'Abaruumi bawa ekifaananyi kirala nnyo ku ekyo kye tulaba mu byawandiikibwa mu Baibuli ku Piraato. Philo amwogerako nga eyali "omukambwe, era omukakanyavu ate atukkirizza buli ky'ayagala mu nneyisa ye, eyatutumuka ennyo "olw'okutta abantu bulijjo nga tebawozeseddwa". Josephus amwogerako nga eyali annyomera ddala Abayudaaya, ng'anyaga sente okuva mu ggwanikka erya Yeekaalu era eyamalangawo obujjagalalo mu bukkambwe ennyo". Lwaki mu Njiri alabika nga ageezako nnyo okulwanagana mu mwoyo gwe, n'atuuka ne ku Bayudaaya okumukozesa alagire okukomererwa kw'omusajja gwe yali amanyidde ddala nga talina musango? Ddala ddala lwa kuba nga omuntu Yesu Kristo n'okutta omwana wa Katonda okw'entiisa kwa kwata ku mwoyo ogulabika nga tegwali na awo.

Bwe kiba nga ebikwata ku kufa kwa Yesu byasobola okukyusa omwoyo na k'obuntu mu Piraato naye, awo nno kisoboka naffe otukwatako buli omu. Geraageranyamu ebigambo ebya Josephus n'ebya Philo n'engeri Makko gye yawandiika nti Piraato "yeewunya" obugumikiriza bwa Yesu ng'awozesebwa (Mak. 15:5); n'engeri kumpi yegayirire Abayudaaya basalewo n'obwenkanya: "Kazzi kibi ki ky'akoze?" (Mak. 15:14). Kino kigeerageranye n'engeri Philo gya yogera ku Piraato nti yali musajja "atakyuuka, omukakanyavu era omukambwe mu nneyisa ye", nga mututtumufu mu "nneyisa embi . .. era n'obukambwe obutakoma". Mat. 27:25 lunnyonnyola engeri Piraato gye yanaba mu ngalo ekifaananyi ky'akolombolombo k'Abayudaaya akasangibwa mu Ekyamateeka Olw'okubiri, okutegeeza nti teyalina musango eri omusaayi ogwo omusajja omutuukirivu. Wabula Josephusa y'awandiika ku Piraato nga eyali tayagala bikwata ku bya buwanga eby'eddiini ey'Abayudaaya ne ebyo bye bakkiririzamu. Era mu byawandiikibwa mu Lukka biraga nga Piraato ayogera emirundi egisuuka mu esattu nti Yesu tayalina musango.

Tuwulira nga bulijjo tweyongera okunyiiga era nga tetukoma kulowooza ku abalala abatulumiza ennyo era nga tusanga okubasonyiwa nga ekizibu gye tuli? Kirabika nga okwetoloola ensi eno ey'ennaku, abantu bagala nnyo okwesasuza. Omuntu bwakubibwa ate yesasulizza mu mulala, era bulijjo ku nkomerero ate muntu mulala yaawayirizibwa, ateekwa okukwatibwa ebyo byonna bali bye batasobola kusasula. Abantu bali kukkiriza etteeka mu buwaze okwenkanankana nga tebamanyi. Okwesasuza ebigambo ebibi omulala bya kwogereedde ku muwala akola mu dduuka, era katugeze okuwayiriza omwana mu kkanisa nti yatabudde . . . Naye ensonga ye eno, Yesu Kristo ateekebwateekebwa omu era nga ye yekka awaayirizibwa ebibi eby'abantu. Ku musalaba Yesu yatwalira ddala okukubibwa kwonna nga teyesasuzza. Eri abo bonna abakkiriza kino mu mazima okutuuka n'okukiwulirira ddala muli munda, baateebwa etteeka ery'okwesasuza- bwe kityo mu bulamu obw'eddembe, obutakalubirizibwa, n'obutaba na nsonyi kutukiriza ebyetaago by'obulamu ebizaalirana. Enkulungo ey'okwesasuza erina kusalibwaawo mu ssaddaaka- amawanga mangi galaze ekyo.

Waliwo ekikwata ku ndowooza ku kalomolombo ke tteeka lya Musa ery'okuta embuzi (Leev. 16:10). Ebibi byonna, n'okuwalantana ebyali nga byetagisa okwesasuza, byassibwa nga ku nsolo, olwo nneeteebwa okugenda mu ddungu. Eno y'engeri gye tulina okutegeera okutwalibwa okw'ebibi byaffe- ddala ebibi abalala bye bakukoze- eri Yesu nga bwe yafiira ku musalaba. Era tuteekwa okujjukira nga “okuwalana kwange (si kwaffe ate si kwa nsi) n'okusasula kwange” (Ma.32:35). Okuwalana n'okusasula, Katonda yabikolako n'omusalaba. Mukama Yesu yayambazibwa “engoye ez'okulwana” (Isa. 59:17); olunaku lwe bamukomerera lwali “lunaku olw'okulwanirako” (Isa. 63:4). Eno y'ensonga lwaki enkola ya Katonda ya 'nsasula nange nkusasule' eri ebibi byaffe- kubanga ekibi yakikolako era na kyesasuliza ku musalaba, kyokka si na ngeri ndala yonna. Bwatyo Dawudi ayita Katonda nti, “Katonda nannyini kuwalana” (Zab. 94:1). Obukkiriza bwaffe obw'amazima nti okulwana kwa Katonda era n'olwekyo tetulyesasuza kye ky'okuddamu kyaffe eri nsonga eno yonna (Bar. 12:19). Kino nkitwala nga ekitegeeza 'okwesasuza kwonna' okulabika okutwanguyira ennyo mu bigambo, entunnula yaffe, ebirowoozo n'ebirala mu kuddamu eri okukosebwa abalala kwe babeera batutusisaako. Omusalaba gwe gwokka ogusobola okusazaamu enkulungo eno.

Ekisembayo, era nga ndowooza ekyatagisa ennyo. Fenna ng'abasajja n'abakazi twesanga nga obulamu bukwatiddeyo, mu kuteekerateekera ab'omu nnyumba zaffe, okunoonya esente, okubulira ku mulimo gwaffe ogwa bulijjo, abavuzi ba b'ebidduka,

abakyala ab'awaka . . . tuwulira muli munda mu mitima gyaffe nga tetulina bukkiriza kukkiriza nga ddala twasonyiyibwa, era tulirokolebwa? Nkimanyi nga wano njogera ku mutima gwa buli musomi yenna. Bwe tutyo bwe tuli? Nze bwe ndi, era ndowooza n'abalala abasinga muli bwe mutyo. Si kugamba nti kino kimpa ekinzo eri okukkiriza kwange okutono. Ka nkiddemu era nate, omusalaba gwa Kristo gubeere ekitukyusa. Kubanga mu ggwo, “Bwe twali nga tuweddemu amaanyi, mu kiseera ekyo, Kristo n'atufiirira ffe abatali batuukirivu”. Yaawaayo obulamu bwe, mu ngeri gye yabuwaayo, nga talowoozeza na ku buli omu nga bwe kimuggwanidde. “Katonda atendereseza okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi, Kristo n'atufiirira”. Mukama yatuwa kyonna, ffe abatasaana. Pawulo ayongera bwati: “Kale okusinga ennyo kakaano bwe twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe [kwe kugamba tetukyali abatalina mugaso era abatasaana, wabula tubalibwa ng'abalungi olw'okututabaganya kwe yatuukako], tugenda kulokoka mu busungu ku bubwe”. Mu kutegeera kino tusobola okufuunira ddala enkofiira nga essuubi ery'obulokozi obwa ddala. Oba nga Katonda yaawaayo omwana we, era nga ddala yaawaayo omwana we, kale okusinga ennyo tali tuwa bintu byonna bya bwereere okuyita mu ye?

Amagezi n'obumanyirivu eri omukwano gwa Kristo bye tunoonya mu Baibuli. Waliwo olufumo olukwata ku musaaja ow'amaanyi ennyo mu bisomesebwa ku ddiini amanyiddwa nga Karl Barth, eyawandiika ennyo ku bisomesebwa eddiini okukira oba olyawo n'omulala yenna mu kyasa ekya amakumi abiri. Mu myaka gye egisembayo yategeka olukungaana era naawa abantu omukisa okumubuuza ebibuuzo. Waliwo akyamubuuzibwa mu ngeri eno: 'Obulamu bwo obumazeko oyiga Baibuli, ki ekimu mu ky'osomeseza mu n'okumanya kwo ekikulu?' Oluvannyuma olw'okusirikiriramu akatono, yaddamu nti: 'Yesu anjagala, kino nkimanyi, kubanga Baibuli bw'etyo bwe ngamba'. Okumanya okwagala kwa Kristo okwo, n'obukakafu eri obutuukirivu obukulimu kye twetaaga eri ebibuuzo byaffe, okunoonya mu Baibuli, mu bitabo ebikwata ku Baibuli, mu kuyiga Baibuli, mu kuwuliriza ku boogera ku Baibuli, ne mu masomo.

## AKANYOMERO 28:
## OMUSALABA.

Bangi bakkiriza nti Kristo Yesu yattibwa na komererwa ku musaalaba, wabula, ekigambo ekikozesebwa mu Baibuli zaffe zona ng’omusalaba, kigambo eky’agyibwa mu Luyonaani

ekitegeeza enkondo oba ekitti. Omusalaba kigambo kyandiba nga kyava ku bakafiiri. Kristo yafa nga emikono gye giwanikiddwa waggulu aw'omutwe ggwe, so si bugazzi nga bwe kyolesebwa ku musalaba, kubanga okuyimusa emikono kabonero mu byawandiikibwa akalaga okutuukirira okw'ebyo Katonda bye yasuubiza (Ez. 20:5, 6, 15; 36:7, 47:14), ate ng'era kabonero akalaga okusaba okw'amanyi (Kung. 2:19; 1 Tim. 2:8; 2 Byom. 6:12, 13; Zab. 28:2). Ebyo Kristo bye yakola ng'afiira ku musalaba (Beb. 5:7). Yagamba nti ng'omusota gw'ekikomo bwe gwa yimusibwa ku kikondo nga Isiraeri bali mu ddungu, naye bwe kityo mu bantu abangi bwaliyimusibwa bwatyo mu kiseera kye eky'okufa; kale ne kiba nti 'omusalaba" yagufaananyiriza ekikondo (Yok. 3:14).

Abakatoliki bongera ku musalaba ebintu eby'enjawulo ebitategereeka bulungi, kino tekiriko bujjulizi mu Baibuli; kiretedde omusalaba okufuuka nga ekyamagero, kumpi bagwenkanyankanya ne Katonda. Bangi balowooza nti mu kwambala omusalaba, Katonda aba ali wamu nabo. Kino tekirina kye kiyamba mu kulokolebwa okw'omuntu; amaanyi g'omusaalaba amatuufu g'ali mu kukkirirza okufa okwa Yesu ku musalaba ate n'okwagala okubeera awamu naye, nga tubatizibwa, so si mu kujjukira musalaba gwennyini nga bwe gwali kwe yafiira.

Obujjulizi webuli okulaga nti omusalaba kali kabonero ak'ekikafiiri akamanyiddwa nga Kristo tannaberawo. Kino ky'abo abatamanyi Katonda, ekyafaanayiriza omuti gwa sekukulu abantu gwe bengunjizawo era ne baguyingiza mu bintu eby'obukristaayo.

**ESSOMO 9: EBIBUUZO**

1. Lwaki okufa kwa Yesu, kwe kwali kusaana eri obulokozi bwaffe, so si kwa muntu mulala yenna?

2. Lwaki ssaddaaka ez'ensolo mu mateeka ga Musa zaali tezimala eri kusonyiyisa muntu bibi?

3. Mu kufa kwa Yesu yatukyikirira oba yaliwo mu kifo kyaffe?

4. Ku bino wammanga kiruwa ekituufu oba ebituufu?
   a) Kristo yafa mu kifo kyaffe
   b) Kristo yatukyikirira, kale Katonda atusonyiwa ku lulwe, bwe tukkiriza ate ne tusaba okusonyiyibwa
   c) Kristo yali nga ffe, naye tatukyikirira
   d) Okufa kwa Yesu kyategeeza nti Katonda takyavunana muntu yenna kuba omwononyi.

5. Yesu yagannyulwa mu kufa kwe naye?

6. Yesu bwe yafiira ku musalaba. . .
   a) Yaggyawo amateeka amatono aga Musa naye si gali ekkumi
   b) Yaggyawo amateeka gonna aga Musa nga mwe muli n'ago ekkumi
   c) Yaggyawo amateeka aga Musa okujjako embaga z'Abayudaaya
   d) Teyalina kyonna kye yakola ku mateeka ga Musa.

7. Kituggwanira okukuuma ssabbiiti?

8. Wa ensonga eri ekyo ky'ozzeemu mu kibuuzo ekyo 7.

# ESSOMO 10

# OKUBATIZIBWA MU YESU

## 10.1 OMUGASO N'OBWETAAVU OBW'OKUBATIZIBWA.

Emirundi mingi mu massomo agawedde twogeddeko ku mugaso n'obwetaavu obw'okubatizibwa; ng'ekisookerwako okulaga okugondera obubaka bwe Njiri. Beb.6:2 lwogera ku kubatizibwa ng'ekimu ku bisinga obukulu ebiyigirizibwa. Twalyagadde tukirowoozeko nga tutuuse wano we tuli kubanga okubatizibwa okutuufu kubawo ng'oyo yenna akwagala amaze okutegeera bulungi amazima amakulu agakola Enjiri. Kati tumaze okugasoma. Bw'oba wandyagadde okwetaba awamu n'essuubi eddene Baibuli ly'ewa nga eyita mu Yesu Kristo, awo nno okubatizibwa kiba kyetaagisiza ddala..

"Obulokozi buva mu Bayudaaya" (Yok.4:22) amakulu gaakyo nti ebyo ebyasuubizibwa ebikwata ku bulokozi byakolebwa eri Ibulayimu n'ezzadde lye bokka. Naffe engeri yokka gye tusobola okugabana ku byasuubizibwa ebyo kwe kuba mu zzadde, nga tubatizibwa okuyingira mu Kristo (Bag.3:22-29). Kale nno, ebyo byonna eby'amazima eri Mukama Yesu naffe biba by'amazima gye tuli. Ye nsonga lwaki Zakaliya ayogera ku bunnabbi obukwata ku zzadde lya Ibulayimu ne Dawudi, ng'obukwata ku bakkiriza bonna. (Luk.1:69,73,74). Awatali kubatizibwa, tuba tuli bweru wa Ndagaano ey'okukolaganira awamu ne Katonda. Ye nsonga lwaki Peetero atukubiriza nti: "Mwenenye nga mubatizibwa musobole okufuuna okusonyiyisibwa". Abo bokka ababatizibwa okuyingira mu Kristo be bali mu ye era n'olw'ekyo be balina ebyasuubizibwa ebikwata ku bulokozi eri Ibulayimu nga bikolebwa gye bali (Bag.3:27). Bwe tugabana ku kufa kwa Yesu n'okuzuukira kwe nga tuyita mu kubatizibwa, olwo, ate olwo nno lwokka, lwe - "tuligattibwa ne mu kifaananyi ky'okuzuukira kwe… tulibeera abalamu wamu naye" (Bar.6:5,8).

N'olw'ekyo Kristo yalagira abagoberezi be nti: "Mugende mu nsi zonna, mubuulire Enjiri (nga mu yo mwe muli ebyo ebyasuubizibwa Ibulayimu- Bag.3:8) eri ebitonde byonna. Oyo yenna akkiriza n'abatizibwa alirokoka"(Mak.16:16). Okukkiriza enjiri kwokka tekuyinza

kutulokola; okubatizibwa si kwelonderawo nga nnyongereza ku bulamu obw’okugoberera Kristo, nsonga enkulu nnyo eyetaagisa eri obulokozi. Kino si kugamba nti ekikolwa ky'okubatizibwa kyokka kimala eri obulokozi, naye kirina okugenderako okwegulawo okw'oluberera eri okukolera kwa Katonda mu ffe obulamu bwaffe bwonna. Yesu yakussako nnyo essira bwe yayogera nti: “Ddala ddala nkugamba nti omuntu bw’atazaalibwa mazzi na mwoyo tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda” (Yok.3:5) Ekikomera eky’ebibi ebitannasonyiyibwa bwe kyigibwawo n'ekisa, nga ‘tubikiddwa’ n’obutuukirivu bwa Kristo, olwo buli omu n'assanyukira mu nkolagana y'endagaano ye ne Katonda.

Kino mutendera ogweyongerera ddala ogutakoma. “Twazaalibwa omulundi ogw’okubiri… n’ekigambo kya Katonda” (1Peet.1:23). Na bwe kityo mu kunyinkirira okussa mu nkola ekigambo ky'obw'omwoyo tufuuka abaazalibwa mu mwoyo (laba essomo 2.2).

Tubatizibwa “okuyingira mu Kristo” (Bag.3:27), mu linnya lye n’erya Kitaffe (Bik.19:5; 8:16; Mat.28:19). Tetusobola kuba “mu Kristo” nga tetunnabatizibwa. Okujjako nga “tunaaziddwa”, tetulina “kifo” mu Kristo (Yok.13:8). Naye wekkanye nti tubatizibwa okuyingira mu Kristo– si kuyingira mu kkanisa oba ekibiina kyonna eky’abantu. Olw'okubatizibwa okuyingira mu ye, kitufuula okuba abantu abayitibwa n’erinnya lya Kristo, mu ngeri y'emu nga Israeri bwa nnyonnyolwako ng'eyalina erinnya lya Katonda (2Byom.7:14). Katonda emirundi mingi yalabula nga Isiraeri bwe balina erinnya lya Katonda era nga bwe baali basannye okweyisa mu mpisa enungi, ng’abajjulizi be eri ensi. Ky'ekimu naffe ababatizibwa mu linnya lya Kristo. Awatali kubatizibwa tuba tetuli “mu Kristo”, era n'olw'ekyo tuba tetubikiddwa na mulimo gwe ogw’obulokozi (Bik.4:12). Peetero ensonga eno agyogerako mu lugero ng’ageraageranya elyato mu mulembe gwa Nuwa n’ogwa Kristo, ng’alaga nti nga elyato bwe lyanunula Nuwa n’ab’ennyumba ye obutasalirwa musango awamu n’abonoonyi, bwe kutyo okubatizibwa okuyingira mu Kristo kulilokola abakkiriza mu kufa okutaggwaawo (1Peet.3:21). Okuyingira okwa Nuwa mu lyato kwefaananyirizibwa n’okwaffe mu Kristo nga tubatizibwa. Bonna abasigala ebweru w’elyato bazikirizibwa n’amataba; okuyimirira okumpi n’elyato we lyali oba okuba mukwano gwa Nuwa kyali tekigasa. Engeri yokka ey’okulokolebwa yali, okuyingira mu lyato nga kaakano kuyingira mu Kristo/elyato. Kya lwatu ng'okujja kwa Kristo okw’okubiri, okuli mu kifaananyi eky’amataba (Luk.17:26; 27), naffe kunatera okututukako. N'olw'ekyo okuyingira mu Kristo/elyato nga tubatizibwa kikulu ate ekyetaagisa okukolerawo amangu ddala. Ffe ng’abantu tetulina bigambo bimala mu kunogganya ensonga eno; wabula ebyo

Baibuli byeyogerako ku kuyingira mu lyato okwaliwo mu mulembe gwa Nuwa kye kisinga amaanyi.

Abakristayo abasooka bagondera ekiragiro kya Kristo eky'okugenda okubuulira Enjiri n'okubatiza; ekitabo eky'ebikolwa by'Abatume kye kyawandiikibwamu bino. Obukakafu ku nsonga enkulu eno ey'okubatizibwa busangibwa ku ngeri ebyawandiikibwa ebyo gye bissa essira ku ngeri abantu gye babatizibwa amangu ddala nga bamaze okuwulira, okutegeera era n'okukkiriza enjiri (laba Bik.8:12, 36-39; 9:18; 10:47; 16:15). Kyangu okutegeera essira lino singa kisiimiibwa nti awatali kubatizibwa, okuyiga kwaffe Enjiri, kuba ng'okutaliimu; okubatizibwa mutendera ogwetaagisa okuyita mu kkubo eri obulokozi. Waliwo awamu ebyawandiikibwa ebitukuvu webigeezako okulaga nti newakubadde abantu ng'abantu abamu balinanga ensonga nyingi ezabagayaza okubatizibwa, ssakko ne ebizibu ebirala bingi, kikulu nti bakolanga kyonna ekisoboka, okubiwangula, nga bayambibwako Katonda.

Omukuumi w'ekkomera e Filippi yesanga ali mu kiseera ekizibu eri obulamu bwe; bwe yagenda okulaba nga musisi aguddewo enzigi z'ekkomera. Abasibe balina obudde obubamala era n'omukisa okutoloka – oba olyawo ekyandimuvireddemu okugobebwa. Naye obukkiriza bwe mu Njiri ne bulabika, nnyo nnyo ddala nga "mu kiro ekyo kyenyini n'abatizibwa amangu ago" (Bik.16:33). Singa waliwo ensonga yonna elemesa okubatizibwa, kale omukuumi ono yandibade agirina. Okutya okuttibwa olw'okulagajjalira omulimo bya muli mu mutwe gwe, naye bwatyo yalaba mu bulambulukufu ekikolwa ekyali kisinga obukulu mu bulamu bwe bwonna era ekirubirirwa ky'oluberera. Bwe kityo yawangula ebizibu eby'amangu ebyali bimwebunguludde (gamba nga musisi), omulimo gwe, n'embeera ey'okutya gye yesangamu – ey'okubatizibwa. Abo bonna abatanguyira kubatizibwa, basobola okutwala omusajja ono ng'eky'okuyigirako eri bo. Olw'okuba nti yasalawo ekikolwa ekyo eky'obukkiriza, bukakafu obumala nti yali yafuna okutegeera Enjiri okujjuvu, kubanga okukkiriza okuli ng'okwo kuva mu kuwulira ekigambo kya Katonda kyokka (Bar.10:17 geraageranya ne Bik.17:11).

Mu Bik.16:14,15 tusoma ku engeri Lidiya gye yawuliriza "ebyo ebyali byogerwa Pawulo. . . Ne bwe yabatizibwa…" Kisuubirwa nti buli yenna amala okuwulira ate n'akkiriza Enjiri alina okubatizibwa – okubatizibwa kitundu ku ebyo ekiraga okwanukula okuva mu kubuulira Enjiri. Ebikolwa ebirungi byokka tebimala – tuteekwa okubatizibwa. Koneliyo yali "mujjumbizi wa ddiini ng'assamu Katonda ekitiibwa… yasinzanga Katonda bulijjo, era

yagabiranga abantu ku bintu bye", naye bino byali tebimala; yalagibwa ki kye yali ateekwa okukola; kye yali tannaba kukola – Okukkiriza Enjiri ya Kristo abatizibwe (Bik.10:2,6).

Ebyawandiikibwa mu Bik.8:26-40 biraga engeri omukungu Omwesiyopya bwe yali avuga egaali ye mu ddungu nga eno bw'asoma Baibuli ye. Yasisinkana ne Filipo, eyamunnyonnyola Enjiri ne ku bwetaavu bw'okubatizibwa. Mu ndowooza y'obuntu kyandibadde kizibu okugondera ekiragiro eky'okubatizibwa, olw'ebbula ly'amazzi mu ddungu. So nga Katonda tasobola kuwa kiragiro ng'amanyi ng'omuntu tasobola ku kigondera. "Bwe beyongera mu maaso, ne batuuka awali amazzi" kwe kugamba mu kifo awabeera amazzi mu ddungu, agaali gamala okubatiza (Bik.8:36). Kino ekyaliwo kiggyawo endowooza eteriiko musingi egamba nti okubatizibwa okw'okunyikkibwa mu mazzi kwagenderera kukolebwa mu bifo awali amazzi agamala. Bulijjo Katonda aletawo engeri y'amagezi esobozesa okugondera amateeka ge.

Pawulo yafuna okwolesebwa okw'amangu okuva eri Kristo okwamuletera okulumwa ennyo mu mutima gwe era amangu ddala "nayimirira n'abatizibwa" (Bik. 9:18). Nate, kiteekwa kuba nga kyali kikemo eri Pawulo eky'okwagala alweewo okubatizibwa, ng'alowooza ku kifo kye ekinene n'omulimo gwe yali awereeddwa mu mpisa z'Ekiyudaaya. Naye munnyenye y'ensi y'Abayudaaya eno yasalawo ekkubo etuufu ery'okubatizibwa era mu lwatu n'alekayo embeera y'engeri ye ey'emabega. Oluvannyuma yalowooza ku kikwaata ku nsalawo ye abatizibwe bwati: "Naye byonna ebyali amagoba gye ndi, ebyo nabiraba ng'okufiirwa olwa Kristo…olwa Kristo nafiirwa ebintu byonna (kwe kugamba ebyo byonna bye yalabanga ng'amagoba gyali), era mbiraba ng'ebisasiro, ndyoke nfune amagoba ye Kristo… nga nneerabira ebyo ebyenyuma (ebyo byonna bye yakolanga mu mpisa y'Ekiyudaaya), nga nduubirira ebiri mu maaso, okutuuka awawakinirwa awali ekirabo" (Baf.3:7,8,13,14).

Luno lwe luliimi olukozesebwa ku muddusi yenna alubirira okutuuka mu kifo awamalirwa emisiinde. Obukakamu mu birowoozo n'omubiri byegulubirira bisaana okuba enneyisa y'obulamu oluvannyuma lw'okubatizibwa. Tuteekwa okutegeera ng'okubatizibwa y'entandika ey'emisinde egitutuusa mu bwakabaka bwa Katonda, si kukyusa kkanisa oba ddiini oba ebyo bye tukkiririzamu, era si mulyango kutuyingiza mu bulamu bw'eddembe obw'okukkiririza n'okugondera enkola z'Abakristaayo eziri mu bukyaamu kuba nnyangu. Okubatizibwa kututabaganya awamu mu kweyongera mu maaso nga tulowooza ku

kukomererwa n'okuzuukira kwa Yesu (Bar.6:3-5) – nga bino bitwongeramu okukola n'amaanyi mu buli ngeri yonna.

Nga bwe yagenda akoowa, omusajja mukadde ate omuwanguzi, Pawulo yajjukira nti: "Saawakanya kulabikirwa okw'ava mu ggulu" (Bik.26:19). Nga bwe kyali ekituufu eri Pawulo, era ne bwe kityo bw'ekiri eri abo bonna ababatizibwa mu ngeri ennungi. Okubatizibwa kya kusalawo omuntu yenna kyatasaanye kwejjusa. Mu bulamu bwaffe bwonna tulimanya nga twesalirawo ekyo ekituufu. Bitono nnyo ku ebyo abantu bye besalirawo bye baba n'okwekakasa. Ekibuuzo gye tuli kirina okuba: ' Lwaki si batizibwa?'.

### 10.2 TUBATIZIBWA TUTYA?

Waliwo endowooza eriwo nti abaana abato basobola okubatizibwa, nga babamansiriza amazzi mu bwenyi bwabwe. Kino kikontanira ddala n'ekyo Baibuli kyeyetaaga eri okubatizibwa.

Ekigambo 'kubatiza', nga kino ky'ava mu Luyonaani, tekitegeeza kumansiriza, amakulu gaakyo kunyikka na kunaaliza ddala. Era ekigambo kino Abayonaani bakikozesa mu njogera yaabwe eya bulijjo, gamba nga ku maato gaabwe nga gabbidde mu nnyanja. Era bakikozesa ne ku lugoye nga lunnyikiddwa mu langi okukyusa endabika yalwo. Mu Yok.13:26 ekigambo mu Luyonaani bapto (okunyikka) kikozesebwa okunnyonnyola engeri Yesu gye yakoza omugaati mu nviini. Ensonga lwaki okunyikkibwa y'engeri ey'okubatizamu ennungi erabikira mu nnyiriri zino wansi wano:-

- 'Yokaana yali ng'abatiriza mu Enoni, okumpi n'e Saliimu, kubanga ye eri amazzi amangi" (Yok.3:23). Kino kiraga nti "amazzi amangi" nsonga nkulu eri okubatizibwa, kubanga singa kwali kumansiriza mazzi matono nnyo ku muntu, kale ekiddomolo kimu kyokka kyandibadde kye kyetagisa eri ebikumi by'abantu. Abantu bagendanga mu kitundu kino ku lubalama olw'ennyanja Yorudaani babatizibwe, mu kifo kya Yokaana okugenda gye bali n'amazzi mu ccupa.
- Ne Yesu, Yokaana ye yamubatiza mu mugga Yorudaani (Mak.1:9). "Yesu bwe yamala okubatizibwa, amangwago n'ava mu mazzi" (Mat.3:13-16). Kirambulukufu bulungi ng' okubatizibwa kwe kwali kwa kunyikkibwa mu mazzi. Emu ku nsonga lwaki Yesu yabatizibwa kwali kuwa eky'okulabirako, owo nno waleme okubaawo

oyo yenna agamba nti mugoberezi wa Yesu ate nga teyakoopa kyakulabirako kye eky'okubatizibwa ng'anyikkibwa.

- Mu nkola y'emu eyo, Filipo n'omusajja Omwesopiya "bakka mu mazzi, Filipo n'amubatiza. Bwe baava mu mazzi" (Bik.8:38,39). Jjukira nga omukungu ono y'asaba abatizibwe bwe yalaba awali amazzi amangi: "Laba amazzi gaagano! Kiki ekingana okubatizibwa?" (Bik.8:36). Tewali kubusabuusa nti omusajja ono yanditambudde olugendo olunene mu ddungu nga talina ccupa y'amazzi. Kale singa bali babatiza na kumansiriza mazzi ku muntu, ekifo awali amazzi amangi kyandibadde tekyetagisa.
- Okubatizibwa kuziikibwa (Bak.2:12), ekitegeeza okubikibwa wenna.
- Okubatizibwa kuyitibwa"okunaazibwako" ebibi (Bik.22:16). Ensonga yennyini ey'okukyusibwa okutuufu efaananyirizibwa 'n'okunaaza' mu Kub.1:5. Tito 3:5; 2Peet.2:22; Beb.10:22 nendala. Enjogera ey'okunaaza eno yekuusa ku kubatiza okw'okunyikka okusinga okw'okumansiriza.

Waliwo enyiriri mu Ndagaano Enkadde eziwera eziraga ng'okusemberera Katonda okwali kukirizibwa kwali kuyita mu ngeri ya kunaazibwa.

Bakabona bali nga bateekwa okunabira ddala mu 'ekinaabirwamu' awo ne balyoka basembereranga Katonda okumuweereza (Leev. 8:6; Kuv. 40:30-32). Abayisiraeri balina nga okunaaba basobole okuwonyezebwa enddwadde ezitali zimu (eky'okulabirako Ma.23:11), ezaali akabonero ek'ekibi.

Waliwo omusajja omunaggwanga omungenge eyayitibwanga Naamani eyanonya okuwonyezebwa ne Katonda wa Isiraeri. Omusajja ono kifaananyi eky'omuntu ajjudde ekibi, alabika ng'omulamu kyokka nga mufu ku lw'ekibi. Okuwonyezebwa kwe, yakufuna lwa kunaaba (okwenyikka) mu mugga Yoludaani. Okusooka kwa byonna ekikolwa kino Naamani tekyamuberera kyangu kukkiriza, yali alowooza nti Katonda anaamukozesa ekintu kinene eky'enjawulo, oba okumugamba anaabe mu mugga omunene ogwali gumanyiddwa ennyo, gamba ng'Abana, na bwe tutyo naffe tuba n'obuzibu obw'okukkiriza nti ekikolwa ekitono ennyo nga ekyo kituletera obulokozi. Kisikiriza ate ne kitwanguyira okulowooza nti ebikolwa byaffe n'okubeera mu Kkanisa entutumufu ennyo (geraageranya n'omugga Anaba) bye bisobola okutufunisa obulokozi, mu kifo ky'ekikolwa kino ekyangu eky'okwetaba mu ssuubi ettuufu erya Isiraeri. Naamani bwe yamala okwennyika mu

Yoludaani “omubiri ggwe ne gudda nate ng’omubiri gw’omwana omuto, n’aba mulongoofu” (2 Bassek.5:9-14).

Tewali kubuusabuusa kwonna ng’okubatizibwa kitegeeza okwennyikira ddala mu mu mazzi nga tumaze okutegeera obubaka obukulu obwe njiri. Okunnyonnyola kuno eri okubatizibwa okw’omu Baibuli tekwogera ku ngeri y’oyo agenda okubatiza gya beramu. Olw'okuba okubatizibwa kwe kwennyika mu mazzi oluvannyuma lw'okukkiriza enjiri, mu bigambo kyangu omuntu okwebatiza yekka. Kyokka olw’okuba ng’okubatizibwa kubatiza kwa nsonga ya bukkiriza obutuufu, omuntu agenda okunnyikibwabwa bw’aba nabwo mu kaseera eko, kiba ky'amagezi omukkiriza mu ebyo omulala okumubatiza, oyo asobola okumubuuza, kimusobozese okumanya okutegeera kwe kwalina nga tannamunnyika.

## 10.3 AMAKULU AG’OKUBATIZIBWA.

Emu ku nsonga ey’okubatizibwa n’okunnyikibwa eri nti: okukka wansi mu mazzi kabonero akalaga okugenda mu magombe – okwetaba wamu n’okufa kwa Kristo, era okulaga ‘okufa’ okw’obulamu bwaffe obw’ekibi n’obutamanya. Okuva mu mazzi kutugatta wamu n’okuzuukira kwa Kristo, n’okutugata awamu n’essuubi ly’okuzuukirira obulamu obutaggwaawo Kristo bwali komawo, ate n’okutambulira mu bulamu obuggya kaakano, n’obuwanguzi bw’eby’omwoyo eri ekibi ku lw’obwo, obwa Kristo bwe yafuna bwe y’afa ate n’azuukira.

“. . . ffe fenna, abaabatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu, nga twabatizibwa
kuyingira mu kufa kwe. Kye twava tuziikibwa awamu naye mu kubatizibwa okuyingira okufa: nga Kristo bwe yazuukizibwa mu bafu olw’ekitiibwa kya Kitaawe, bwe tutyo naffe tutambulirenga (buli lunaku) mu bulamu obuggya. Kuba obanga twagattibwa wamu naye mu kifaananyi ky’okufa kwe, era tuligattibwa ne mu kifaananyi ky’okuzuukira kwe” (Bar.6:3-5).

Olw’okuba nga obulokozi bwaberawo lwa kufa n’okuzuukira kwa Kristo kitwetagisa okwetaba awamu n’ebintu bino bwe tuba tuli bakulokolebwa. Kabonero akalaga okufa n’okuzuukira ne Kristo nate, nga kano kaletebwawo na kubatizibwa, ye engeri yokka ey’okukikola kino. Kirina okutegerekeka nti okumansiriza amazzi tekitukiriza kabonero kano. Wali nga tubatizibwa “omuntu waffe ow’edda (ngeri gye tweyisangamu) akkomererwa” wamu ne Kristo ku musalaba (Bar.6:6); Katonda “yatufuula abalamu

awamu ne Kristo” nga tubatizibwa (Bef.2:5). Kyokka tusigala tuli mu mbeera ey’obuntu nga wadde tumaze okubatizibwa, n’olw’ekyo enkola y'omubiri esigala etuyiganya. Kale ‘Okukomerera’ okw’omubiri gwaffe kintu kya luberera ekitandika obutandisi nga twakamala okubatizibwa, y'ensonga lwaki Yesu yagamba abakkiriza okwetikanga omusalaba buli lunaku okumugoberera, nga ku luli bwe kyali, ng’agenda e Kaluvariyo (Luk.9:23; 14:27). Newankubadde ng’obulamu obutuufu obw’okwekomerera awamu ne Yesu si kyangu, waliwo okukubagizibwa okutogeerekeka ate n’essanyu lingi ku lw’okuyingira n’okwegatta awamu n’okuzuukira kwa Kristo.

Kristo yaleta “emirembe mu musaayi gwe ogwayiyibwa ku musalaba” (Bik.1:20) “emirembe gya Katonda, egisinga okutegeerwa kwonna” (Baf.4:7). Ekikwata ku kino, Yesu yasuubiza nti: “Emirembe mbalekera; emirembe gyange ngibawa: si ng’ensi bw’ewa, nze bwe mbawa” (Yok.14:27). Emirembe n’essanyu ly’omwoyo bintu ebiggyawo obulumi n’obuzibu obwo bwonna obutugaana okwetaba awamu ne Kristo eyakomererwa ku musalaba. “Bwe tugabana ku kubonabona kwa Kristo okungi, era bwe tutyo bwe tusanyukira mu Kristo” (2 Kol.1:5).

Ate waliwo eddembe lye tufuuna ku lw’okumanya nti embeera yaffe ey’obuntu yafa, n’olw’ekyo Yesu mulamu mu ffe; akolera mu bulamu bwaffe mu bizibu ebyo byonna bye tubamu. Pawulo ku lw’ebyo bye yayitamu yayogera nti: “Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye Kristo ye mulamu; si kubwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze; era obulamu bwe nnina kaakamo mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange” (Bag.2:20).

“Okubatizibwa okubalokola mmwe kaakano… olw’okuzuukira kwa Yesu Kristo” (1Peet.3:21) kubanga okwegatta wamu n’okuzuukira kwa Kristo eri obulamu obw'oluberera kitusobozesa naffe okubutukako ng’akomyeewo. Tukuyita mu kugabana ku kuzuukira kuno, olwo, ku nkomerero naffe tulyoke tulokolebwe. Kino Yesu akyogera mu lulimi olwangu bwati: “Kubanga nze ndi mulamu, nammwe muliba balamu” (Yok.14:19). Ate ye Pawulo agamba nti: “Twatabaganyizibwa ne Katonda olw’okufa kw’omwana we… tulirokoka olw’obulamu bwe” (Bar.5:10).

Emirundi n’emirundi kikaatirizibwa nti ku lw’okutabagana kwaffe eri okufa kwa Kristo n’okubonabona kwe mu kubatizibwa ate ne ngeri gye tweyisamu mu bulamu bwaffe, ddala tuligabana ku kitiibwa kye eky’okuzuukira.

> “Kubanga oba twafa naye (Kristo) era tulibeera balamu naye:
> bwe tugumiinkiriza, era tulifuga naye” (2 Tim.2:11,12).

> “Bulijjo nga tutambula nga tulina mu mubiri okuttibwa kwa
> Yesu, era n’obulamu bwa Yesu bulyoke bulabisibwenga
> mu mubiri gwaffe…nga tumanyi ng’oyo eyazuukiza Mukama waffe Yesu,
> era naffe alituzuukiza wamu ne Yesu” (2 Kol.4:10,11,14).

Pawulo yagabana ku “kussa ekimu okw’ebibonoobono bye (Kristo) nga mmufaanana (olw’obumanyirivu mw'ebyo bye yayitamu) ne mu kufa kwe; bwe ndiyinza mu byonna byonna okutuuka ku kuzuukira kwe okw'omu bafu” (Baf.3:10,11 geraageranya ne Bag.6:14).

## 10.4 OKUBATIZIBWA N’OBULOKOZI

Okubatizibwa kututabaganya wamu n’okufa kwa Kristo, kale mu kubatizibwa mwokka mwe tusobola okuyita okufuna okutusonyiyisa ebibi. “Tuzikibwa wamu ne Kristo mu kubatizibwa, era mwazuukira wamu naye, olw’okukkiriza okukola kwa Katonda, eyamuzuukiza mu bafu. Nammwe abaali bafudde olw’ebibi byammwe…, Katonda yabafuula balamu ne Kristo, bwe yatusonyiwa ebibi byaffe byonna” (Bak.2:12,13). “Naye mwanaazibwa… olw’erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo” (1 Kol. 6:11) – kino kitegeeza nti okubatizibwa okuyingira mu linnya lya Yesu y’engeri ebibi byaffe gye bitunaazibwako. Enkola eno yefaananyiriza eyo eyogerwako mu Kubal.19:13, ey'abo bonna abatabeeranga n’amazzi ag’okutukuzibwa nga balina okufa. Tulaze mu ssomo 10.2 engeri okubatizibwa gye kuli okunaaza ebibi (geraageranya ne Bik.22:16). Kale ebyogerwa ku bakkiriza ng'abaali banaazibwako ebibi byabwe mu musaayi gwa Kristo kitegeeza nti kino bakikola nga bayita mu kubatizibwa (Kub.1:5; 7:14; Tit.3:5) byoogera ku kino “ng’okunaazibwa olw’okuzaalibwa omulundi ogw’okubiri” ekitegeeza “okuzaalibwa kwaffe mu mazzi” nga tubatizibwa (Yok.3:5).

Okusinziira ku bino byonna, kitegerekeka nga eky’okuddamu kya Peetero eri ekibuuzo kino nti: “Tunaakola tutya?” (okulokolebwa) kyali, “mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo okuggibwako ebibi byammwe” (Bik.2:37,38). Okubatizibwa okuyingira mu linnya lya Yesu kwe kusonyiyisa ebibi; awatali okwo tewaba kusonyiyibwa kwa bibi, kale ababa tebafunye kubatizibwa bateekwa okufuna empeera

y'ekibi – okufa (Bar.6:23). Tewali bulokozi okugyako mu linnya lya Yesu (Bik.4:12), ate okugabana ku linnya eryo kuba kuyita mu kubatizibwa mulyo lyennyini. Kino kiba kitegeeza nti eddiini zonna ezitagoberera nkola ya Kristo tezisobola kutwala muntu eri bulokozi. Tewali mukkiriza wa ddala akkiriza nga bano batwalibwa mu kulokolebwa; olw'amazima nti ekkanisa ezegattira mu kibiina ekimu ezisinga tezigoberera nkola ya Kristo eno, kifaananyi kya nnaku eri endowooza yaabwe ku Byawandiikibwa Ebituukuvu.

Kristo okuzuukirira obulamu obutaggwawo kali kabonero kake ng'omuntu ak'obuwanguzi eri ekibi. Naffe mu kubatizibwa twetaba wamu naye, era n'olw'ekyo twogerwako ng'abazuukira awamu ne Kristo, ng'ekibi tekikyatufuga, nga Kristo bwe kitamufuga. Kale tufuna "okusumululwa okuva mu kibi…" nga tuyita mu kubatizibwa; era "ng'ekibi tekikyatufuga" nga tumaze okubatizibwa (Bar.6:18,14). Kyokka, nga tumaze okubatizibwa tukyayinza okwonoona (1Yok.1:8,9); ekibi kisobola okutufuula abaddu baakyo nate bwe tuva ku Kristo. N'olw'ekyo kaakano tuba tugabana ku kufa kwa Kristo n'ebibonnyobonnyo bye, newakubadde nga okubatizibwa kulaga n'engeri gye twegatta awamu n'okuzuukira kwa Kristo, mwe tulina essuubi okugabanako ng'akomyeewo.

Mu nkola tuba tusumuluddwa okuva mu kibi. "Oyo yenna akkiriza era n'abatizibwa alirokoka" (Mak.16:16) ku madda ga Kristo ag'okubiri. Okulokolebwa kwennyini tekufunirwawo nga twakamala okubatizibwa, naye kulifunibwa wali wa ntebe ey'emisango (1Kol.3:15). Kale kiba tekyetagisa kusomesa ku musango, singa kiba nti tulokolebwa amangu ddala nga twakamala okubatizibwa, era n'okufa kiba tekyetagisa. "Naye alinyiikira okutuuka ku nkomerero, ye alirokoka" (Mat.10:22).

Wadde Pawulo yali amaze okubatizibwa (n'abo abalala bonna) yafunvubira nnyo asobole okulokolebwa (Baf.3:10-13; 1 Kol. 9:27); ayogera ku ssuubi ery'obulamu obutaggwaawo (Tit.1:2; 3:7; 1Bas.5:8; Bar.8:24) ate naffe "okusikira obulokozi" (Beb.1:14). Wa ntebe y'emisango, abatuukirivu baligenda mu bulamu obutaggwaawo (Mat.25:46). Endowooza ya Pawulo ennungi ennyo ku nsonga eno yeyongera okuyakayakanira mu Bar.13:11 – annyonnyola nti nga tumaze okubatizibwa tumanya nti buli lunaku olukya nga tukyali balamu lutuletera okusemberera okudda kwa Kristo okw'okubiri ne tusobola okusanyuka nga tugamba nti "kaakano okulokolebwa kwaffe kusemberedde n'okusinga luli bwe twakkiriza". Okulokolebwa kwa kakwakulizo; nti tulirokolebwa singa tunywerera ku mazima amatuufu okutuusa ku nkomerero (Beb.3:12-14), era bwe tunnyiikiriranga mu

ebyo n'okuyigiriza okwo okukola Enjiri (1Tim:4:16; 1Kol.15:1,2), era bwe tweyongera obweyongezi okunyweza okuyitibwa (2 Peet.1:10).

N'olw'ekyo ekigambo eky'Oluyonaani "okulokolebwa" ebiseera ebirala kikozesebwa mu ngeri eraga nti obulokozi mutendera mu ffe ogugenda mu maaso bwe tunnyiikirira mu njiri era ne tugigondera. Eno y'ensonga lwaki abakkiriza bogerwako nti: "abalokolebwa" olw'okwanukula Enjiri (1Kol.1:18); eby'okulabirako ebirala ebikwata ku mulamwa gunno ng'ogweyongera mu maaso bisangibwa mu (Bik.2:47 ne 2Kol.2:15). Ekigambo kino "okulokolebwa" wokka we kikozesebwa nga okwaggwa, weewo ku bikwata ku bulokozi obunene obwa Kristo bwe yaletawo ng'afiira ku musalaba, obwo naffe bwe tuyinza okwegatta mu kubatizibwa (2 Tim.1:9; Tit. 3:5).

Kino kyonna kirabikira mu nkolagana ya Katonda ne Isiraeri omuzaalirana, abasibukako enkolagana ye ne Isiraeri ow'omu mwoyo, kwe kugamba abakkiriza. Isiraeri b'ava e Misiri, ekiraga ensi ey'omubiri n'eddiini z'obulimba nga bino bye tubamu nga tetunnabatizibwa. Ne bayita wakati mu Nnyanja Emyufu ate ne batambula mu ddungu ly'e Sinayi okugenda mu nsi eyasuubizibwa, eyo gye bafuulibwa obwakabaka bwa Katonda. Okusomosebwa Ennyanja Emyufu kifaananyi ekiraga okubatizibwa kwaffe (1Kol.10:1,2); eddungu ery'olugendo lwaffe olw'obulamu buno, ne Kaanani ow'obwakabaka obwa Katonda. Yuda olunnyiriri 5 lunnyonnyola engeri abangi ku bo bwe bazikirizibwa mu lugendo nga bali mu ddungu bwati: "Naye njagala okubajjukiza newakubadde nga byonna mwabimanya omulundi gumu, nga Mukama, bwe yamala okulokola abantu mu nsi y'e Misiri, oluvannyuma n'azikiriza abatakkiriza". N'olw'ekyo Isiraeri "balokolebwa" okuva mu kibi nga babatizibwa. Singa waliwo abuuza omu ku ba Isiraeri bano nti, "walokoka?" eky'okuddamu kye kyandibadde nti: "Yee", naye kino kyandibadde tekitegeza nti bagenda kufuna okulokolebwa okwa namaddala.

Mu ngeri y'emu nga Isiraeri bwe baddayo e Misiri mu mitima gyabwe (Bik.7:39) era ne baddayo mu bulamu bwabwe obw'edda obw'okwenonyeza bye bagala n'enzikkiriza ez'obulimba, ne bwe kityo eri abo abafuna "okulokolebwa" okuva mu kibi nga babatizibwa, basobola okuggwa ne b'ava mu kifo kyabwe eky'omukisa we bayimiridde. Mu 1 Kol.10:1-12, Beb.4:1,2 ne Bar. 11:17-21 kirambuluddwa nga naffe bwe tuyinza okukola ekintu ky'ekimu ekyo nga Isiraeri omuzaalirana bwe baali mu ddungu. Waliwo eby'okulabirako bingi nnyo mu byawandiikibwa ebiraga nga, abo "abalokolebwa" okuva mu kibi ng'ababatizibwa oluvannyuma ne bamala baggwa okuva mu mbeera eya Katonda

esaanidde, balisalirwa omusango nga Kristo akomyewo (laba Beb.3:12-14; 6:4-6; 10:20-29). Ababuulizi be Njiri ezisomesa nti 'olufuna okulokolebwa' oba omaze okufunira ddala okulokolebwa , ennyiriri nga zino zanika ekyo kye bali- obukujjukujju bw'okulimba okusobola okumatiza omubiri.

Nga bwe guli n'ebintu byonna, amagezi g'obwenkanya ge getaagisa mu kusobola okumanya "okulokolebwa" nga tubatizibwa kwe nkana wa. Ekikolwa ky'okubatizibwa kireme kutulowozesa nti tuba tumaze okulokolebwa ddala. Olw'okufuuka abantu "abali mu Kristo" ku lw'okubatizibwa, mu nkola tuba ng'abafunye okulokokolebwa; tuba tulina essuubi ery'okubeera mu bwakabaka bwa Katonda singa tusigala mu Kristo nga bwe tubeera nga tuva mu mazzi g'okubatizibwa. Ekiseera kyonna nga tumaze okubatizibwa twalibadde n'obwetowaaze obwekiririzamu nti ddala tulikkirizibwa okuyingira mu Bwakabaka ku madda ga Kristo. Naye tetuyinza kukikakasiza ddala nti tuliberayo, kubanga tuyinza okuggwa ekiseera kyonna; tetumanyi bikwata ku by'omwoyo byaffe ebigenda okututukako mu maaso.

Tulina okweyongera okunywerera mu mwoyo omulungi gwe tubanaggwo eri Katonda nga tubatizibwa. Okubatizibwa "kuddamu okw'omwoyo omulungi", (1 Peet. 3:21); oyo agenda okubatizibwa alagaana (asuubiza) okukuumanga omwoyo omulungi ne Katonda.

Wadde ng'okubatizibwa kyetaago kikulu nnyo eri obulokozi bwaffe mu Kristo, tulina okuba abegendereza eky'obutalabika nga abawa ekifaananyi ekiraga nti olw'ekikolwa kino ekimu eky'okubatizibwa tulirokolebwa. Emabega twalaze nga engeri ey'okweyongera mu bulamu obw'okussa ekimu n'okukomererwa kwa Yesu bwe kyetagisa. "Omuntu bw'atazaalibwa mazzi na mwoyo, tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda" (Yok.3:5). Bwogeraageranyamu olunyiriri luno n'olwo olusangibwa mu 1Peet.1:23 olaba nti okuzaalibwa okuba mu kubatizibwa okwo okutuufu kuteekwa okugobererwa n'okw'omu mwoyo - ekigambo. Okulokoka tekiletebwa na kubatizibwa kyokka: kubawo lwa kisa (Bef.2:8), kukkiriza (Bar.1:5) n'okusuubira (Bar.8:24) waliwo n'ebintu ebirala. Bangi emirundi mingi bawuliddwa nga bagamba nti okulokoka kubaawo lwa kukkiriza kyokka, nti n'olw'ekyo okubatizibwa 'kw'okukola' tekyetagisa. Wabula, Yakobo 2:17-24 akirambulula nti: endowooza nga eyo ereetawo obutali butuufu mu kwawulawo wakati w'okukkiriza n'ebikolwa: okukkiriza okw'amazima gamba ng'okukkiriza enjiri, kweyoleka okuba okukkiriza okwa ddala na bikolwa ebikuvamu, gamba ng'okubatizibwa. "Omuntu aweebwa obutuukirivu lwa bikolwa, so si lwa kukkiriza kwokka" (Yak.2:24). Mu nsonga nnyingi

ezikwata ku kubatizibwa, omukkiriza bwe yabuuza nga ekibuuzo kino nti: kiki kye "tunaakola okulokolebwa; eky'okuddamu kyalingamu okubatizibwa (Bik.2:37; 9:6; 10:6; 16:30). N'olw'ekyo 'okukola' 'ekikolwa' eky'okubatizibwa kabonero akasaana okulaga okukkiriza kwaffe eri Enjiri yobulokozi. Omulimo ogw'okutulokola gw'amala dda okukolebwa Katonda ne Yesu, naye kitwetagisa okukola "ebikolwa ebisaanidde okwenenya" era n'okukkiriza kino (Bik.26:20 geraageranya ne Mak. 16:15,16).

Emabega twalaze ng'enjogera ey'okunaaza ebibi bweraga Katonda okutusonyiwa olw'okubatizibwa kwaffe okuyingira mu Kristo. Mu bitundu ebirala twogerwako ng'abo abanaazibwako ebibi byaffe olw'okukkiriza kwaffe n'okwenennya (Bik.22:16; Kub.7:14; Yer. 4:14; Isa. 1:16), ate mu bitundu ebirala Katonda ye wuuyo alabika ng'atunaazako ebibi byaffe (Eze.16:9; Zab.51:2,7; 1 Kol. 6:11). Kino kyoleka bulungi nti ekitundu kyaffe eky'okubatizibwa bwe tukitukiriza, ne Katonda atunaazako ebibi byaffe. Kale 'ekikolwa' oba 'omulimo', eky'okubatizibwa daala eryetagisa okututwala eri enjiri ya Katonda ey'ekisa, eyo eyatuweebwa mu kigambo kye.

## OBUKKIRIZA MU KUKOLA 18:
## OBUKAKAFU BW'OKULOKOLEBWA

Dokita Rene Allendy yali musawo afaayo ennyo ku balala, dokita omulungi eyakuuma akatabo ke (diary) n'amazima mu bulambulukufu okutuka ne ku lunaku lwe yafa oluvannyuma olw'okumala ebbanga ng'ali mu bulumi (ka diary kali kayitibwa Journal d'un medicin Malade, "Dairy ey'omusawo omulwadde"). Nga atunnuuliddwa okufa, newakubadde yabaawo mu bulamu 'obulungi', ku nkomerero yali talina kyalina wabula essuubi eritaliyo. Mbuuza ggwe, omusomi yenna; ng'okufa ku kutunuulidde, ki ky'olina? Omukristaayo owa ddala yalibadde n'ekyokuddamu ekya ddala.

### OKUKAKASIBWA N'OKUKAKASIBWA

Essanyu oba okwagala kwa Kitaffe atwagala kwe kuba nga ffe tugabana ku Bwakabaka bwe (Luk.12:23), era essanyu oba okwagala ly'awangula okuyita mu musalaba gwa Yesu (Is.53:10). Katonda si Katonda atafaayo. Ayagala tubeereyo. Ye nsonga lwaki yawaayo omwana we okufa. Kyangu nga bw'ekiri. Okulindirira okunene kwe twewulira mu bulamu bw'ensi, ng'abazadde, ng'abagalana kitono ennyo ku kulumwa Katonda kwawulira gye tuli.

Kwe kwagala okwamuwesaayo omwana we yennyini n'akomererwa. Mukama wafe kennyini yamanya ennono yaffe ey'obutagala kukkiriiza mu kulokolebwa kwaffe bwe yatukubagiza nti: “Temutya mmwe ekisibo ekitono, kwagala okulungi kwa Katonda n'essanyu okubawa Obwakabaka”. Ebisuubizo bya Katonda bya ddala; ddala nnyo okutuuka n'okulabika ng'ebyamala edda okufuunibwa. Bw'etyo Endagaano Empya etwogerako ng'abafuunirawo obulamu obutaggwaawo kati, wadde ng'ekyasuubizibwa ekyo tekinnatuukirira. Bik. 7:17 kyogera ku “biro eby'okusuubiza” okuba okumpi- nga kiteeka 'ebyasuubizibwa' mu kifo 'eky'okutuukirira', Katonda bye yasuubiza ddala bikakafu okutuukirira. “Katonda kyeyava ateeka wakati ekirayiro, ng'ayagala okubooleseza ddala ennyo abasika ab'ekyasuubizibwa okuteesa kwe bwe kutajjulukuka... tulyoke tubeerenga n'ekitugumya ekinywevu abadduka okunoonya ekyekwekero okunyweza essuubi eryateekebwa mu maaso gaffe; lye tulina ng'essika ery'obulamu, essuubi eritabuusibwabuusibwa era erinywevu” (Beb.6:17-19). Oba ng'essubi ly'essika ery'obulamu, omusingi gw'omutendera eri endowooza zaffe ez'omunda, kiteekwa okuba ekintu ekyekakasibwa. “Obuvumu n'okwenyumiriza okw'okusuubira” z'enneyisa eza b'omu nnyumba ya Yesu (Beb.3:6). Obukakafu bw'essuubi bwe butusembeseza okumpi ne Katonda; naye awatali kwekakasa okwo, tusobola tutya okukolagana ne Kitaffe ate nga ye kyatwagaliza ffe (Beb.7:19)?

Mukama waffe bwe yali ng'ayigiriza nti: “obulamu businga emmere” gye tweralikira leero (Luk.13:23), “n'omubiri (gwe tulifuna) gusinga ebyokwambala”, kye yali ategeereza ddala kyali nti essuubi lyaffe eri obulamu obutaggwaawo, obulamu obwa ddala bwokka era bwe tusinga okwagala, bwalibutikidde ebitweralikiriza byonna mu bulamu buno. Obuteralikirira kye munaalya, kya kunywa ne kye munayambala, Katonda bya tuwa, kiri ng'ekyekuusa ku ngeri gye yagabirirangamu Israeri ng'ali mu lugendo lwe mu ddungu okugenda mu nsi eyasuubizibwa. Era mu ntegeera eno Mukama waffe atukubiriza nti: “Munoonye obwakabaka bwa Katonda, n'ebintu ebyo byonna mulibyongerwako. Totyanga, ggwe ekisibo ekitono; kubanga Kitammwe asiima okubawa mmwe obwakabaka” (Luk. 13:31,32). Oba nga Katonda asanyukira okutuwa obwakabaka, kale ky'amazima talirema kutuwa ebintu ebikulu byonna bye twetaaga okutuusa ekiseera lw'alidda. Kale obwekakafu bwaffe okubeerayo kitutowoloza ku byetaago by'ensi, ng'ogeraageranyizamu n'omuntu atalina ssuubi nge eryo.

Obukkiriza nti tulibeerayo eyo ly'essika mu kibuyaga w'obulamu obutekakasa.. “Naye obulungi bw'omulokozi waffe Katonda n'okwagala kwe eri abantu bwe byalabika,

n'atulokola, si lw'abikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola ffe wabula olw'okusaasira kwe. . ., nga tumaze okuweebwa obutuukirivu olw'ekisa kye oyo, tulyoke tufuuke abasika mu kusuubira obulamu obutaggwaawo... ne ku bino njagala ggwe okukakasizanga ddala, abakkiriza Katonda bajjukirenga okusaako omwoyo ku bikolwa ebirungi” (Tit. 3:4-8). Obwekakafu, n'okukakasiza ddala okwa abakkiriza abalala kyali kimu ku mmere y'omwoyo Abakuleete ab'oluganda ne bannyinnabwe gye baalisibwanga bulijjo. Era obwekakafu buno bwe bwali omusingi gw'okukula kw'ekkeleziya nga bannakibina kinoomu bakula mu ndowooza ya Kristo.

Ku nkomerero, Katonda atuwa ekyo kyetusinga okwagala. Isiraeri mu ddungu “baanyooma ensi ey'okwesiima, tebakkiriza kigambo kye” eky'ekisuubizo, nti baligiyingira. (Zab.106:24). Ensi tebajjagala, bwekityo ne batagifuna. Isiraeri baanyooma ensi, era ne baanyooma ne Katonda waabwe (Kubal.14:11,23,31). Endowooza ku kuba oba obutaba mu bwakabaka y'eyo yennyini ne bwe tulowooza ku Katonda. Kino kirimu amakulu mangi. Mu ngeri y'emu Zab. 107:30 lwogera ku batuukirivu abaatuuka mu mwalo gwe baagala. Abo bonna abagala okulabika kwa Mukama- na buli byonna 'ebikwata ku bulamu bwe byetaaga byennyini n'obukkiriza- baalikkirizibwa (2 Tim. 4:8). Era bwatyo Isiraeri teyalina kwagala kwa nkukunala ngo okwa Yoswa ne Kalebu, okuba mu bwakabaka. Naye lwaki? Kikulu gye tuli okutegeera ensonga lwaki balemererwa - okutegeera okwo kujja kutuyamba okwekuuma obutakola ensobi y'emu (Bar.15:4).

Okusooka bayagala okuddayo e Misiiri, era bwe kityo kituufu ng'abayagala befuunire ekibuga ekyaabwe okutuulamu nga bakyali mu ddungu (Zab.107:4). Baali tebagala kuddayo e Misiiri, ate ne batabeerera ddala na kwagala nsi ensuubize gya baali tebamanyi. . . bwe batyo, ne bagala wakiri basigale mu ddungu. Era naffe bwe tusobola okuba. Tusobola okuba abasanyufu eri ekkubo eritutwala mu bwakabaka, oba bwa ndiba obulamu bw'obukiristaayo obw'awamu bwetwagala. . . nga tuli bamativu mu bwo, nga ate olw'ebyo byonna, nga tubulwa ekkubo erya amagezi gennyini okututwala mu Bwakabaka. Tulina ekifo we tugenda. Obulamu bw'Obukristaayo kkubo eritukulembera okutuuka ku nkomerero, era awo okugenda ku nkomerero bwe Bwakabaka. Mazima bwe tuba nga tukkkiriza nti tulibeerayo, twalibaddewo mu bulamu obulaga ekkubo lino erya amagezi enywevu era n'ekigendererwa.

**EBIGENDERERWA BYAFFE**

Naye byonna bino bireeta ekibuuzo: Lwaki njagala okuba mu Bwakabaka? Kiki ekifuula kino okuba eky'okwagala eky'enkalakalira kye tulifunira ddala? Dawudi yasaba aweebwe “obulokozi bwo ndabe abalonde bo nga balaba omukisa, nnsanyukire essanyu ery'eggwanga lyo” (Zab.106:4,5). Ne Pawulo naye mu ngeri y'emu agamba nti okulaba Abasessaloniika mu Bwakabaka kye kirebeera ekitiibwa kye n'okusanyuka ku lunaku olwo. Wabula abasajja ababiri abo balina entegeeramu y'ebintu ekirako eyabwe obwabwe. Bwe kiba nga kyokka kyetulubirira 'kwe kutuukayo' nsobole okubaawo emirembe gyonna, ndiba ku mutindo ogw'obulamu obulungi. . . kino, ku nze kirabika nga, tekuba kweyagaliza kyokka, naye n'ennono yaffe ey'obutagala kukola bulungi bintu ey'ekyeyonoonere n'okwennyomoola fekka ebitugaana okukkiririza mu kweesiima ng'eky'enkalakalira kyetwagala. Tuliba tukyakyagala naye tetulikyagalira ddala okusinga ebintu byonna. Naye bwe tulaba ekifaananyi ekinene, olwo nno tulisaba obwakabaka bwe okujja awo nno ebintu bye erinnya lya Katonda biweebwe ekitiibwa; twalyagadde okugabana ku ssanyu lya Mukama waffe n'erya byo. Ebintu bino bisinga okwagala okweekuuma ffe fenna kwe tulina, era kwetusobola okulaba ng'okweyagaliza kwa buli omu okuba mu Bwakabaka. Singa bwe kityo ebigenderera byaffe biba birungi eby'okweyagaliza okuba mu Bwakabaka, awo nno kino kiteekwa okuba kye twagala eky'enkalakalira; era tuliweebwa eby'okwegomba kw'omutima gwaffe. Ddala tuliweebwa. Ekigambo kya Katonda kino ky'ekisuubiza.

Ekisa kya Katonda bukakafu eri okulokolebwa kwaffe. Ate nga kitukalubiriza okukkiriza- nti nze, n'okubuusabuusa kwange kwonna n'ebintiisa byonna, ddala ndibeerayo. Isiraeri balabulwa nti bali baaweebwa ensi (kigeraageranye n'okulokolebwa) “si lwa butuukirivu bwo, so si lwa bugolokofu bwa mutima gwo. . . kubanga oli ggwanga eririna ensingo enkakanyavu” (Ma. 9:5,6). Ebigambo bino bijulizibwa mu Tit.3:5 okwogera ku Isiraeri omuggya: “si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola ffe, wabula olw'okusaasira kwe, olw'okunaazibwa (okubatizibwa) okw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri n'okufuulibwa abaggya Omwoyo Omutukuvu” - lwa kisa kye kyokka.

Obukalubirivu bwe tulina mu kukkiriza nti 'tulibeerayo' oba olyawo bwekuusa ku bukalubirivu bw'okukkiriza nga mu nkola, 'tuliyo' kati, nga tuyita mu kuba “mu Kristo”. Ennono ey’amazima eno enkulu, nti tuli “mu Kristo” okuyita mu kubatizibwa, agenderako amakulu mangi agasoomooza. Tulina obamanyirivu nnyo ku nsonga ya Pawulo gy'awa mu Baruumi 6 nti tugabana ku kufa kwa Yesu n'okuzuukira kwe, nga tuyita mu

kunyikkibwa mu mazzi nga tubatizibwa. Nga bwe yayimusibwa okuva mu bafu, naffe bwe tutyo tuyimusibwa okuva mu mazzi ag'okubatizibwa. Naye ki ekyaddako? Yatwalibwa mu ggulu, mu kitiibwa, naatuula ku mukono ogwa ddyo ogw'etebe ya Katonda. Era emitendera egyo naffe mituufu gye tuli kati. Ka Pawulo annyonnyole mu Bef. 2:6 bwati: “n'atuzuukiza (okuva mu bafu) wamu naye, n'atutuuza wamu (kwe kugamba Kristo naffe) mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo Yesu”. Kati tuli mu 'bya mu ggulu'; era nga si kye kyokka, wabula tutuula wamu ne Yesu. Era nga Kristo atuula ku ntebe ye ey'ekitiibwa kaakati. Mu ntegeera endala, tutuula wamu naye kati ku ntebe ye ey'omu ggulu, wadde nga mu makulu amalala kino kye tulindirira mu maaso (Luk. 22:30; Kub.3:21). Tekyewunyisa, kubanga Pawulo yeyongera okugamba nti: “mu mirembe egigenda okujja [egy'okweesiima], alyoke alage [mu Luyonaani okulaga mu bigambo oba ekikolwa] obugagga obusinga ennyo obw'ekisa [obwalagibwa okuyita] mu kisa kye gye tuli mu Kristo Yesu”. Mu mirembe gyonna egy'okweesiima, Katonda agenda kwolesa eri abalala [abantu abatafa ab'omu myaka olukumi, kabe kasinge n'ebitonde ebirala eby'omu maaso] engeri ekisa kye gye kyali ekirongoofu era ekyewunyisa eri ffe mu myaka emitono emimpi mu bulamu buno- lwa kuba , aliraga, nti yali yamala okutubala kaakano, mu mibiri gyaffe egifa, ng'abazuukizibwa, ne tutwalibwa mu ggulu, nga tutuula era nga tufugira wamu naye mu kitiibwa. Ebyewunyisa bye tuyitamu kaakano, obunene bw'ekifo kye tulimu kati, kintu ekiritwewunyisa mu mirembe egy'okweesiima gyonna nga ekiraga ekisa kya Katonda n'okusaasira. Era tuliba bajjulirwa abalamu gy'ekiri.

Era tusobola okutandika obujjulizi obwo kati.

## AKANYOMERO 16:
## OKUDDAMU OKUBATIZIBWA

Waliwo abantu abawulira nga tebalyagadde kuddamu kubatizibwa kubanga bamala okufuna bo kwe bayita ‘okubatizibwa’ oba babamansirizako amazzi nga bato, oba bannyikibwa n’ekibiina ekirala. Okufa kwa Yesu Kristo kwali kwewaayo kwa mulundi gumu olw’okubeere ffe, kale naffe mu ngeri y’emu eky’okudamu kwaffe eri okubatizibwa kulina okuba okwewaayo kwa mulinda gumu gy’ali (Bar. 6:10). Eno y’ensonga lwaki okubatizibwa okutuufu kwo tekuddibwamu (Beb. 6:4).

Wabula, ng’okubatizibwa okwa ddala tekunnabawo, wateekwa okubawo okwenenya ate n’okukkiriza okulungi eri Enjiri y'amazima (Bik.2:38; Mak.16:15,16). Okubatizibwa okwa

ddala era Katonda kw'akkiriza, kweekwo okukolebwa mu ngeri eyo. Matayo 28:19,20 akwanaganya okubatizibwa n'okusooka okuwulira ebyo Kristo byeyayigiriza nga binnyonnyolebwa. Omwana omuto tasobola kwenenya wadde okutegera enjiri; ate okumansiriza amazzi, si kubatizibwa. Eby'okulabirako byonna mu Baibuli ebikwata ku kubatizibwa, biraga ng'oyo yenna abera akwagala ekirowoozo kiva mu ye yennyini (laba Luk.3:10; Bik.2:37; 8:36; 16:30). Abazadde tebasobola kusalirawo mwana muto, kubanga ye abeera tannesalirawo. Omwewuzzi abeera ng'oyo gwe bannyika naye nga ekyo tekitegeza nti abeera abatizibwa, kubanga aba taddamu eri okuyitibwa kw'enjiri oba obubaka bwayo. Ky'ekimu nabo ababatizibwa nga bannyikibwa ate nga "Njiri ndala" gye baba bakkiriza, bano babeera bannyikibwa naye nga tebabatizibwa.

Waliwo "okukkiriza kumu", ekitegeeza ebyo ebiyigirizibwa okuva mu Njiri ey'amazima, kale "n'okubatizibwa kumu" – okwo okubawo ng'omuntu amaze okufuna "okukkiriza okumu". "Waliwo omubiri gumu (ekyo ekibiina ekyabakkiriza kimu)….nga era bwe mwayitibwa mu kusuubira okumu okw'okuyitibwa kwammwe. Mukama waffe omu, okukkiriza kumu, okubatizibwa kumu ne Katonda omu" (Bef.4:4 – 6). Okusuubira si kwa mirundi mingi, nga bali abatafaayo oba empeera yaffe eri mu ggulu oba ku nsi bwe bakkiriza. Waliwo "Katonda omu" yekka – n'olw'ekyo Yesu si Katonda! Kale kino kitegeeza nti bwe tuba twabatizibwa nga tetutegedde ennono z'ebiyigirizibwa mu Baibuli gamba nga obwakabaka bwa Katonda, obutonde bwa Katonda ne Yesu, n'ebirala, olwo nno 'okubatizibwa' kwaffe okw'olubereberye kwandiba ng'okutaliwo. Fenna nga tubatizibwa, twazuukira wamu ne Yesu "olw'okukkiriza okukola kwa Katonda, eyamuzuukiza mu bafu" (Bak. 2:12). Okubatizibwa si kunyikkibwa mu mazzi kyokka- kuva ku bukkiriza bwaffe okukufula okw'amakulu era okwa ddala. Era obukkiriza buva mu kukkiriza okukkiriza okumu, okuli mu biyigirizibwa ebikola Enjiri. Bwe tuba nga bino twali tetunnabimanya mu kiseera ky'okubatizibwa olubereberye, ddala tuba twakkiriza tutya?

Yokaana Omubatiza yanyikkanga abantu, ng'abagamba okwenenya nga bw'abasomesa ebimu ku ebyo ebikwata ku Yesu (Mak.1:4; Luk. 3:3). Kyokka, nga bino byokka tebimala. Ebyawandiikibwa mu Bik.19:1-5 byogera ku bamu ku bantu Yokaana beyabatizanga nti nate balina okubatizibwa kubanga bali tebategeredde ddala Enjiri y'amazima. Bwe kityo ng'abo Yokaana be yali yabatiza, tuyinza naffe okulowooza nti okunyikkibwa kwaffe okwasooka kwali okw'okwenenya era okw'obulamu obuggya. Kino kiyinza okubeera ekituufu, naye tekyigyawo okwagala okufuna "okubatizibwa okumu okutuufu" okwo

kwokka okusobola okubawo ng’omuntu amaze okutegeerera ddala ebyo byonna ebikwata ku “kukkiriza okumu”.

**ESSOMO 10: EBIBUUZO**

1. Olowooza nti osobola okulokolebwa awatali kubatizibwa?

2. Okubatizibwa kitegeeza ki?
   a) Kwewaayo.
   b) Kumansiriza mazzi.
   c) Bukkiriza.
   d) Okunnyikka.

3. Makulu ki agali mu kubatizibwa nga bwe kinnyonnyolebwa mu Bar. 6:3-5?

4. Okubatizibwa kwandibaddewo luvannyuma lwaki?
   a) Oluvannyuma olw’okutegeera Enjiri entuufu n’okwenenya.
   b) Nga tukyali bato.
   c) Oluvannyuma olw’okulaga nti twagala Baibuli.
   d) Nga twagala kwegatta ku kkanisa.

5. Tubatizibwa okuyingira mu ki?
   a) Mu kibiina ekitubatiza.
   b) Mu kigambo kya Katonda.
   c) Mu Kristo.
   d) Mu mwoyo omutuukirivu.

6. Ki ku bino wammanga ekibawo oluvannyuma lw'okubatizibwa?
   a) Tufuuka abamu ku zzadde lya Ibulayimu.
   b) Tetuddayo kwonoona nate.
   c) Tuba tufunnye okulokolebwa ennaku zaffe zonna.
   d) Ebibi byaffe bitusonyiyibwa.

7. Okubatizibwa kwokka kutulokola?

# ESSOMO 11

# OBULAMU MU KRISTO

## 11.1 ENNYANJULA

Okubatizibwa kutuleeta okuba mu Kristo era mu ye mwe tufuunira essuubi ekakafu ery'okufuna obulamu obutaggwaawo mu bwakabaka bwa Katonda, saako n'okutusoboseza okugabana ku bulamu bwe obuggya kaakano. We tukoma okweyongera okukkiriza era ne tusiima obukakafu bwe ssuubi lino n'emikisa egya kaakati egiri mu Yesu; we tukoma n'okweyongera okukakasa ng'essuubi lino lituletera okutegeera obuvunanyizibwa bwaffe.    Bino byonna byetololera ku kutambulira mu bulamu obwo obusaanye okuba n'oyo yenna alina esuubi ery'okuweebwa ku buzaaliranwa bwa Katonda (2Peet.1:4), okugabana ku linnya lye ( Kub. 3:12) okuyita mu kukolebwa obulungi mu buli ngeri yonna yonna.

Tunnyonnyodde mu Ssomo 10.3 nti oluvannyuma lw'okubatizibwa twewaayo eri obulamu obukomerera okwegomba kwaffe okubi okw'omubiri (Bar 6: 6). Okuggyako nga twewaddeyo okukola kino; okubatizibwa kwaffe kuba kwa bweerere. Okubatizibwa kwalibaddewo ng'omuntu yeteeseteese okukkiriza obuvunanyizibwa eri obulamu obuggya obuddirira.

Mu kubatizibwa tufiisa obulamu obw'edda; y'engeri yaffe mu butonde, era mu kifaananyi tuzuukirira wamu ne Yesu Kristo. "Bwe muba nga mwazuukirira wamu ne Kristo ( mu kubatizibwa), munoonyenga ebintu ebya waggulu, Kristo gyali ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. Mulowoozenga ebiri wagulu so si ebiri ku nsi. Kubamga mwafa … kale mufiise ebitundu byamwe … Obwenzi, obugwagwa, okwegomba okwe'ensonyi, omululu omubi" ( Bak .3:1-5) Bwe tumala okubatizibwa obulamu bwaffe tubuwayo mu kulaba ebyo ebiri waggulu, mu ngeri Katonda gyabirowoozako,

okulowooza ku by’eggulu (kwe kugamba ebintu eby’omwoyo) okukyuka okuva ku kwegomba eby’ensi nga twegomba okulwanyisa ebikolwa byaffe oby’omubiri awo nno tusobole okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

Obuzaaliranwa bw'omuntu kwe kulaga obwagazi bw'okugondera Katonda nga ye bwalabye. Katonda alabula ku ngeri eno. Katonda ayogera ku mateeka ge, ye kyennyini nti: “omuntu bwakola egyo aliba mulamu mu gyo” (Ez 20:21). Bwe tuba nga amateeka ga Katonda tugamanyi, era ne tutandika okugagondera mu kubatizibwa, tusaana okuwayo obulamu bwaffe bwonna okugagonderanga.

**11.2 OBUTUKUVU**

“Mutukuvu, Mutukuvu, Mutukuvu, Mukama”(Isaaya.6:3). Essira ery’emirundi essatu mu lunnyiriri luno, limu kwe eryo enkumu mu bitundu ebirala ebissa essira ku butukuvu bwa Mukama. ‘Obutukuvu’ kitegeeza ‘okweyawula’; okweyawula ku bintu ebitali bitukuvu, n’okweyawulira eri ebintu eby’omwoyo. Ekitusuubirwamu kwe “okugobereranga Katonda”, ng’abaana be abato (Bef.5:1). Kale “ng’oyo eyabayita bw’ali omutukuvu era nammwe mubeeranga batukuvu mu mpisa zonna (kwe kugamba mu bikolwa byaffe eby’omubulamu); kubanga kyawandiikibwa nti , Mubeerenga abatukuvu; kubanga Nze ndi mutukuvu (1 Peet.1:15, 16; Leev 11:44).Isiraeri omuzaaliranwa yayatibwa okuva e Misiri nga babatizibwa okuyita mu Nnyanja Emyufu okuba “egwanga ettukuvu (Kuv 19:6). Mu ngeri y'emu, naffe bwe tumala okubatizibwa ng'abamu ku kibiina kya Isiraeri mu by’omwoyo tufuna “okuyitibwa okutukuvu” (2Tim.1:9). Bwetumala okubatizibwa “tufuuka abaddu eri obutukuvu” (Bar :19,22 n'amakulu agali mu nnyiriri ezo).

Ng'Obutukuvu bwe kiri ekitundu ekyatagisa ku Katonda kyennyini, ne bwe kityo bwe kiteekwa okuba ekikulu ennyo eri abo bonna abagezako “okubeera nga Katonda”. Kino bwe tukikola, “tuligabana ku butukuvu bwe” olwo lwe tuligabana ku mbeera Ye (Beb 12:10, 2 Peet .1:4). Kale awaatali butukuvu mu bulamu buno, omukkiriza tasobola “ kulaba Katonda” (Beb. 12:14) - kwe kugamba omuntu oyo taliraba Katonda maaso ku maaso oba okutegeera Katonda era n’okukolera awamu naye mu bwakabaka: bwe kiba nti teyayolesa butukuvu mu bulamu buno. Eddiini ennongoofu eteriimu kko. . .

okulambulanga abafuuzi ne bannamwandu (Yak.1:25-27), okutambulanga n'obuwombeefu ne Katonda wo (Mik.6:8).

Nga bwe tulina essuubi eddene bwe lityo twalibadde abantu ebeyawula ku nsi etwebunguludde ey'abatalina ssuubi nga lino; ne twayawulira eri okweesiima kw'oluberera ku kugabana ku butonde bwa Katonda. N'olw'ekyo, 'okweyawula' kwaffe tekwandibadde ng'okw'obuwaze; naye ffe olw'okwawulibwa eri okuyitibwa n'okusuubira kuno okumatiza, twandi kituute ng'eky'obuzaaliranwa okweyawula ku bintu by'ensi eno, ebijjudde enkola y'abantu.

Kati katulowooze ku bimu ku bintu byetwandiyawuddeko, ate mu ssomo 11.3 tujja kuyiga ku ki ekitweyawuza era mu bikolwa byennyini.

**OMUKRISTAAYO N'OKUKOZESA AMAANYI**

Tuli mu nsi ejjudde ekibi, ng'abamaanyi batuluggunya abanafu. Tulabye mu kitundu 6:1 ng'obufuzi bw'abantu bwe busobola okuyitibwa "setaani" kubanga buteekebwateekebwa nga bwesigamiziddwa ku kwegomba kw'omubiri - 'setaani wa Baibuli.

Obubaka bwa Baibuli bweddinganamu bwe buno nti mu kaseera akatono ekibi n'ezzadde ery'omusota birilabika ng'ebiwangudde, naye ate lyo ezadde ery'omukazi mu kubonabona kw'engeri ezitali zimu, ku nkomerero liriwangula. N'olw'ensonga eno omukkiriza alagirwa obutaziyizanga mubi ekiseera kyonna ( Mat.5:39; Bar 12:17; 1 Bas. 5:15; 1 Peet 3:9 ).

Tulabye nti obubi bubaawo , era ebiseera ebirala Katonda yabuleeta (Isaaya.45:7: Am.3:6 geraageranya ne ssomo 6:1). N'olw'ekyo okuziyiza obubi nga tukoseza amaanyi kya ndiba kitegeeza nti tuwakkanya Katonda. Ye nsonga lwaki Yesu atulagira obutakosezanga lyannyi mu kuziyiza amaanyi g'obubi "naye omuntu bw'akukubanga oluba olwa ddyo, omukyukizanga n'olwa kkono. Omuntu bw'ayagalanga okuwoza naawe okutwala ekkanzu yo, omulekaranga n'ekizibawo kyo" (Mat.5: 39,40). Eky'okulabirako mu kino ye Kristo kyennyini: "Nawaayo amabega gange eri abakuba…."(1s.50:6).

Ebigambo ebya Kristo ku kuwoza bikwasaganya n’ebikolwa ebya eb’ensi abatakkiriziganya na mukkiriza. Ekikolwa nga kino kyakulabirako kikulu nnyo eri okuziyiza obuibi, ea nga tekyandisaanye kukolebwa oyo yenna alina essuubi lye mu ebyo Katonda bye yasuubiza ng’ayogera nti: “okuwalana kwange: nze ndisasula bwayogera Mukama” (Ng. 20:22 geraageranya ne Ma.32: 35). Olw’ensonga eno Pawulo yabogolera Abakkolinso olw ‘okutwala bannabwe mu misango (1 Kol. 6:1-7).

Ku lw’essuubi lyaffe eddene, tetwandifuddeyo nnyo ku bye tulaba ng’ebitali bya bwenkannya (mu nsonga ezimu) mu bulamu obwa kaakano: “Omuntu yenna ku mmwe bw’aba n’esonga ku munne, yandigenze mu bamateeka. . . Temumanyi ng‘abatukuvu be balisalira ensi omusango?” (1 Kol 6:1,2). Okutwala abalala mu mbuga z’amateeka, olw'ebyo byetweyagaliza fekka omukkirizza tekikkirizika mukkiriza owa ddala kukirowooza nako. Waliwo asala emisango omu – ye Mukama. N'olw'ekyo tetusaana kwefuula balamuzi mu magezi nti ye yekka omulamuzi w'ensi yonna.

Poliisi n’ebitongole ebirala ebikumaddembe bikozesebwa abo abali mu buyinza okugezako okuggyawo ebikolwa ebibi, ate (emirundi egimu), okwekuumira mu buyinza.

Bino byonna bissibwawo lwa kuziyiza bubi. N’olw’ekyo ye omukkiriza omutuufu tasaana ku bibeeramu. Abo bonna abakwata ekitala, balifa kitala (Mat.26:52). Kino kiddamu etteeka lya Katonda eligamba nti: “Oyo yenna ayiwa omusaayi gw’omuntu (n'ekigendererwa), omusaayi gwe guyiyibwenga abantu: kubanga omuntu yakolebwa mu kifaananyi kya Katonda” (Lub. 9:6). N’olw’ekyo okulwanagana okweyagalire kwonna ne banaffe kuba okulwannagana ne Katonda, okujjako nga Katonda yakikkiriza.

Mu Ndagaano Empya, twagambibwa nti: “yagalanga ababalabe bo musabirenga ababayigannya era n’abo ababagirira ekyejo” (Luk.6:27; Mat.5:44) Abasirikale ne Poliisi; bakolera mu kukontana n'enkola zino era n'olw'ekyo omukkiriza ow'amazima tateekwa kwetaba n'abano. Okubera omukozi mu bitongole bino, wadde okwetaba mu bikolwa byaabyo, tekyandibade kirungi, kubanga tulaba nti olina okusooka okulayira ate nga ekikolwa kino kituggyako eddembe lyaffe ery’okugondera amateeka ga Katonda.

N'olw'ekyo abakkiririza mu Yesu bulijjo babadde nga bewalira ddala ebikwata ku buwereza mu bakwata mmundu, wadde nga kino tekibalobera kunoonya mirimo mirala bannansi bannabwe gye basobola okuganyulwamu.

**11.2.1 Omukristaayo N'ebyobufuzi**

Okutegeera okulungi ate n'okunywerera mu kukkiriza okw'okujja okw'obwakabaka bwa Katonda kyandibade kitegeza obutateeka nnyo essuubi lyaffe mu bukulembeze bw'abantu kubanga tebusobola kuleeta mirembe gya nkalakalira. Yesu yagamba nti ebintu biryeyongera okwoononeka "mu nnaku ez'oluvanyuma" ng'anatera okudda (Luk 21:9-11;25-27). Kizibu okukkiririza ebigambo bye bino ate nga mu kiseera ky'ekimu tusuubira nga tusobola okwongera okukyusa embeera y'ensi nga tuyita mu by'obufuzi. Wabula kinoomu, okukolanga obulungi eri abantu bonna ng'omukisa gulabise kye kyokka kye tusobola okola (Bag. 6:10).

Ebyawandiikibwa ku bakkirizza abasooka, bibalaga ng'abantu abawaayo obulamu bwabwe eri eby'omwoyo nga balindirira okudda okwa Kristo. Kino nga bakyoleka ensi eyali ebebunguludde nga babuulira Enjiri.

". . . ekkubo ery'omuntu teriri mu ye yennyini: tekiri mu muntu atambula okulungaamyanga ebigere bye" (Yer. 10 :23); bwe tuwa ebigambo bino obuzito bwa byo kiba kitegeeza nti tulina okulaba ng'obukulembeze bw'abantu ky'ekintu abaana ba Katonda kyebatalinoonya. N'olw'esonga eyo okulonda kimu ku ebyo ebitakwatagana na kutegeera okw'amazima kwa kino."Oyo Ali waggulu ennyo ye afugira mu bwakabaka bw'abantu era abuwa buli gw'ayagala (Dan 4:32). Oyo ge mmaanyi agali waggulu wabo bonna abali mu bifo ebya waggulu mu bwakabaka bwa kaakano (Mub.5:8). Kale abafuzi bonna aba kaakano bawebwa amaanyi gaabwe okuva eri Katonda (Bar13:1); n'olw'ekyo okulonda mu nkola y'abantu bonna kiyinza okuleta obutalonda oyo Katonda gwe yasiima okuba mu buyinza. Kale ekyawandiikibwa kye kiva kigamba nti Katonda yawa Nabukadduleza kabaka we Babulooni amawanga agamu agafuge (Yer.27:5,6)

Olw'okuba ffe tukitegeera nga Katonda amawanga yagassa mu mikono gya bafuzi bago, tusaanye okuba eky'okulabirako eky'abatuze abegedereza abagondera amateeka ag'ensi mwetuli, okuggyako ago agokontana na mateeka ga Kristo.

"Buli muntu awulirenga abakulu abafuga…. n'abakulu abaliwo baalagirwa Katonda . . . Era kyemuva muwa omusolo . . .  Musasulenga bonna amabanja: abo musolo omusolo; ab'empooza mpooza; oba kutiibwa kutya; ab'ekitiibwa kitiibwa" (Bar 13:1-7).

N'olw'ekyo ebibiina by'Abakristaayo ebyetaba mu ngeri yonna  nge awakkanya eby'obufuzi oba obujjemu mu kusasula emisolo kiraga obutafaayo bwabwe eri enkola y'ennono za Baibuli. Wabula eky'okulabirako kya Peetero bwe yeyongera n'omulimo ogw'okubuulira Kristo, ate nga gavumenti yali emugganyi, kiraga engeri naffe gye tusobola okugondera amateeka g'abantu singa gaba tegawakkanya amateeka ga Kristo: "Kirungi mu maaso ga Katonda okuwulira mmwe okusinga Katonda mwogere" (Bik 4 ;17-20: 5:28,29).

**11.2.2  Omukristaayo N'amasanyu g'ensi**

Olw'ensi obutaba na nkolagana y'amazima ne Katonda era n'essuubi mu biseera eby'omu maaso yegunjuzayo engeri nnyingi ez'okwesanyusa. Abo abanoonya okukula mu by'omwoyo bandibadde bewalira ddala ebintu byonna omuntu byanoonya okusanyusa omubiri – gw'ekibi ebisobola okubaleetera okwonoona. "Kubanga omubiri gwegomba nga guwakana n'omwoyo, n'omwoyo nga guwakana n'omubiri" (Bag 5:17). Olw'okuwakana kuno okukulu ennyo okuliwo wakati w'omubiri n'omwoyo kiba kizibu okugamba nti tuli bawereza ba bya mwoyo ate mu kiseera ky'ekimu ne tugoberera okwegomba kw'omubiri. Ensi yetoololera ku "kwegomba okw'omubiri, n'okwegomba okw'amaaso n'okwegulumiza okw'obulamu okutaliimu" (1 Yok.2:16) "Kale omuntu yeena bw'ayagala okubeera mukwano gw'ensi yeefula mulabe wa Katonda" (Yak.4:4). Okuba mukwano gw'abaana b'ensi, okulaba zifilimu ez'ab'ensi n'ebiri ng'ebyo kuba "okubeera mukwano gw'ensi". Ok'wegomba okw'ensi kuggwaawo era naabo abakola omukwano n'ensi mu bulamu buno baliggwaawo nayo (1Yok.2: 15-17). Ensi ( kwe kugamba abantu ) ey'ababi erizikirizibwa ku madda ga Yesu ag'okubiri, kubanga "ensi yonna eri mu bubi" (1

Yok.5:19). Bwe tuba twagala okuwona okuzikirira, tuteekwa “obutaba ba nsi” (Yok. 17 :16 geraageranya ne Kub. 18:4).

Engeri yonna ey’ensi ey’okusanyusa omubiri esinga ereeta abunafu ku mubiri: okufuweeta sigala, okukozesa ebidagala ddagala, n’okunywa ebitamiiza ebisuuse byakulabirako ku kino. Embeera ey’obulamu bwaffe, ssente zaffe, bino byonna bya Katonda . N'olw'ekyo bino byonna tetusaanye kubikozesa mu ngeri yaffe gyetwagala, naye tuteekwa kubikozesa ng’abakozesa ebyo Katonda byatuwadde. Buli omu alibuuzibwa engeri ey’emirimu gye ku lunaku olw’okusalirako omusango (Luk.19: 12-26). Empisa ng’okufuweeta sigala, okunywa ebitamiiza okusuufu byonoona enfuna zaffe n’embeera z’obulamu bwaffe. “Temumanyi nga muli yeekalu ya Mukama nti era ne mwoyo wa Katonda attula mu mmwe? Omuntu yenna ayoonona yeekalu ya Katonda n’oyo Katonda alimuzikiriza . . . emibiri gyammwe ye yeekalu ya mwoyo mutukuvu wa Katonda oyo attula mu mmwe. . . temuli ku bwammwe . . . mwagulibwa omuwendo kale mugulumizenga Katonda mu mubiri gwammwe “ ( 1 Kol .3: 16,17; 6: 19,20). n'olw'ekyo okukozesa obubi omubiri nsonga y'amaanyi.

Wabula kimanyiddwa nti ebikolwa nga bino omuntu bwabeera nga yali abikola nga tannakyusibwa, kiyinza obutamubeerera kyangu okubimalawo mu bbanga ettono. Ekisuuubirwa mu oyo abikola kwe kutegeera obubi bwabyo, era n’okufuba ennyo okubireka. Okweralikirira kwandibadde kugibwaawo n’ekigambo kya Katonda n'okusaba, so si na ngeri yabiwooyawooya eby'abantu.

Mu by’okulabirako ebyo byonna ky’eky’okwebuuza ekikulu oba nga endowooza zaffe tuzirese zikyusibwe n’enkola eya Kristo okuyita mu kigambo kya Katonda. Kino bwe kiba nga bwe kiri, tuba tutunulira ebintu bino byonna, nga kw'ogasse n’obutali bulungi bwonna nga ebitakwatagana na bulamu obwegomba okufaanana Kristo.

“ Naye mmwe temwayiga bwe mutyo Kristo; obanga mwamuwulira, ne muyigirizibwa mu ye ng’amazima bwe gali mu Yesu : mu bigambo by’empisa ez’olubereberye, mmwe okwambula omuntu ow’edda . . . okwambala omuntu omuggya eyatondebwa mu

kifaananyi kya Katonda mu butuukirivu ne mubutukuvu obw’amazima. Kale mwambule obulimba, mwogerenga amazima buli muntu ne munno. Musunguwalenga so temwonoonanga enjuba eremenga okugwa ku busungu bwammwe. So temuwanga bbanga setaani. Eyabbanga alemenga okubba nate: naye wakiri afubenga, ng'akola ebirungi n’emikono gye, alyoke abeerenga n’eky’okumuwa eyeetaaga” (Bef. 4:20-28)

## 11.3 EBIKOLWA BY'OBULAMU MU BUKRISTAAYO

### 11.3.1 Okuyiga Baibuli

Bwe tumala okubatizwa, tusaana okubala “ebibala olw’okutukuzibwa”, okutambulira mu bulamu obw'omwoyo so sikutambulira mu kwegomba okw’omubiri (Bar.6: 22, 8:1; Bag.5:16,25). Tubala ebibala eby’omwoyo ku lw’ekigambo kya Katonda ekituula mu ffe (Yok.15:7,8). Tulabye nga tukulemberwa omwoyo olw’ensonga nti: omwoyo gwa Katonda guli mu kigambo ate gukolera mu kigambo Kye. Tuteekwa okusembera okumpi n'ekigambo ekyo mu bulamu bwaffe bwonna bulijjo, nga tuyita mu kusoma n’okuyiga Baibuli.

Okusoma n'okulowooza ku kigambo kya Katonda kiviramu omuntu okutegeera obwetaavu bw’okubatizibwa, era ne kimwagalisa okussa mu nkola ekikolwa ekyo. Omutendera guno ogw'okuleka ekigambo kifuge ebikolwa byaffe n'okuba endagiriro y'obulamu bwaffe kisaana ogenda mu maaso; okubatizibwa ly'edaala erisookerwako mu bulamu bw'oluberera obw'okugondera ekigambo kya Katonda. Waliwo eky’akabi ekiyinza okuva mu kumanya ennyo Baibuli n’ennono z’ebiyigirizibwa mu Njiri, ekiyinza okututeka mu mbeera ng'ekigambo tekitukyusa; tuyinza okusoma obusomi ebigambo byokka nga kyokka tetubiteeka mu bikolwa byaffe. N’olw’ensonga eno kiba ky’amagezi okwegayirira Katonda nga tetunnatandika kusoma ebyawandiikibwa ebitukuvu: “Onzibule amaaso gange ndabe eby’ekitalo ebiva mu mateeka go” (Zab.119:18).

Ekigambo kya Katonda kirina okuba emmere yaffe eya bulijjo - ddala ddala, okukyesigamako, n'obuzaalirana bw'okukyagala, kwandisiinze n’okuyaayaanira emmere gye tulya. “Nateereka ebigambo eby’akamwa ke okusinga emmeere yange engwanira”

kwe kwali okulowooza kwa Yobu (Yobu. 23:12). Ne Yeremiya mu ngeri y'emu agamba nti "Ebigambo byo byalabika gye ndi ssanyu; n'okusanyuka kw'omutima gwange (Yer.15: 16). N'olw'ekyo kikulu era kyetaagisa okuwaayo ekiseera okusoma Baibuli buli lunaku eri okuzimba embeera zaffe ez'obulamu bulijjo. Okuwaayo edakiika 30 eri okuyiga Baibuli nga totagganyiziddwa nga ekintu ekisooka ku makya, kituwa okutandiika buli lunaku nga tuli mu mbeera ennungi eye by'omwoyo. Kyetaagisa empisa z'obukkiriza ezikolwa mu ngeri eyo.

Nga engeri ey'okwewala embeera y'obuzaalirana egezaako okwagala okusoma ebitundu ebyo byokka bye twagala, abawandiisi b'ekitabo kino bagaba akapapula ek'enteekateeka y'okusoma Baibuli akamanyiddwa nga "The Bible Companion" (kafuunibwa okuva ku bawandiisi) Enkola eno ewa ebitundu eby'okusoma buli lunaku, nga ekikivamu kwe kusoma Endagaano Empya emirundi ebiri buli mwaka ete yo Endagaano Enkadde omulundi gumu buli mwaka. N'olw'ekyo buli lwetukungaana, tuba ne kitugatta amangu, essula ze tubadde nga tusoma mu Baibuli by'ebirina okuvaamu emboozi yaffe. Naye tulina okuba abagendereza mu butasoma busomi kyokka. Tuteekwa okuleka ekigambo kituule munda mu mitima gyaffe. Yerimiya yayogera bwatii: "Omutima gwange munda yange gumenyesa, amagumba gange gonna gakankana nninga omutamiivu … kulwa Mukama n'olw'ebigambo bye ebitukuvu" (Yer.23: 9). Yali ayoogera ku Mukama nga ekigambo, n'olw'ekyo yawulira nga Katonda amuli kumpi era nga yamulagira bwe yali ng'asoma era nawulira ekigambo kye.

### 11.3.2 Ebikolwa By'obulamu Mu Bukristaayo: Okusaba

Ekimu ku ebikolwa ebyatagisa okuba nakyo kwe kusaba. Bwe yamala okutujjukiza nti: "waliwo omutabanganya wa Katonda n'abantu, omu, omuntu Kristo Yesu; oyo eyeewayo abe omutango olwa bonna", Pawulo amala nannyoonyoola ku ebyo ebiva mu kutegeera omulimo gwa Kristo: "Kyenva njagala abasajja basabenga mu buli kifo. . . awatali busungu na mpaka" (1Tim.2:5 –8). Kubanga tetulina kabona asinga obukulu etayinza kulumirwa wamu naffe mu bunafu bwaffe naye eyakemeebwa mu byonna bumu nga ffe, so nga ye talina kibi. Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa tulyoke tuweebwe okusaasirwa era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga" (Beb 4:15,16).

Ddala bwe tumanya era ne tusiima Kristo nga kabona waffe omukulu asinga era awaayo okusaba kwaffe n'amaanyi eri Katonda, kyanditwongedde okusaba n'obukkiriza. Wabula okusaba kwaffe kuno tekwandibadde "ebyetaago byaffe" byokka eri Katonda; okwebaza emmere nga tetunnalya, okumusaba okututambuza obulungi mu ngendo zaffe, saako n'ebirala bisaanye okukola ekitundu ekikulu mu saala zaffe.

Okwanjulira Katonda emitawana gyaffe mu kusaba kino kyokka, kisaanye okutuwa eddembe: "Naye mu kigambo kyonna mu kusabanga n'okwegayiriranga awamu n'okwebazanga bye mwangala bitegeezebwenga eri Katonda. N'emirembe gya Katonda, egisinga okutegeerwa kwonna, ginabakuumanga emitima gyammwe n'ebirowoozo byammwe mu Kristo" (Baf. 4:6-7).

Mazima ssala zaffe bweziba nga kwe okwagala kwa Katonda, aziddamu zonna (1Yok 5:14). Tusobola okumanya okwagala kwa Katonda nga tuyita mu kusoma ekigambo kye; ekitubikkulira mwoyo we oba okulowooza kwe gye tuli. N'olw'ekyo okuyiga Baibuli kusaana okutusomesa engeri y'okusaba n'ebintu eby'okusaba; bwe kityo ne kifuula essala zaffe okuba ez'amaanyi. "Kale . . . ebigambo byange bwe binnywerera mu mmwe, musabenga ekyo kye mwagala munakikolerwanga (Yok 15:7).

Mu byawandiikibwa mulimu eby'okulabirako eri essala eza bulijjo ( Zab. 119: 164; Dan.6: 10 ). Ku makya n'eggulo, okusaba mu bigambo ebimpimpi nga bitono eby'okwebza emisana, kisaana okuba enkola gye twemanyiiza era n'etugitambuliramu.

**11.3.3 Ebikolwa By'obulamu Mu Bukristaayo: Okubuulira**

Okukemebwa okunene okubalukawo olw'okutegeera Katonda omu, bwe butaagaliza balala eby'omwoyo. Tuyinza okuba abamatiivu mu nkolagana yaffe ne Katonda, ne twemalirira mu kusoma Baibuli ne mu by'omwoyo, naye ne tutaafayo ku kugabana bintu bino ne banaffe balala - betussa nabo ekimu ate naabo abatwetoolodde. Ekigambo kya Katonda ne Njiri y'amazima mu Baibuli bigeraageranyizibwa ne kitangala oba tabaza eyakira mu nzikiza (Zab. 119:105; Ng. 4:18). Yesu yagamba nti oyo yenna alina etabaza eno tayinza kugivunikira mu kibbo wabula okugyakiza bonna (Mat. 5: 15). "Muli kitangala

kya nsi” Kubanga mwabatizibwa okuyingira mu Kristo, ye wuuyo omusana gw’ensi (Mat 5:14; Yok 8:12). Kristo yeyongera okugamba bwati: “Ekibuga bwe kikubibwa ku lusozi tekiyinza kukisibwa” (Mat 5;14).

Mazima bwe tubaawo ku bwe Njiri y’amazima eyo gyetwategeera, “obutukuvu” bwaffe bulilabibwa eri abo be tubeera nabo. Tetusoboola kukweka mazima gagamba nti ‘twayawulibwa’ eri essuubi ery’obwakabaka ate ne 'twawulibwa' okuva ku ngeri eza b’ensi.

Ng'akakodyo tusaana okunoonya okugabana okutegeera kwaffe eri Mukama na bonna be tusisinkana: nga emboozi yaffe tugifuula ey'eby’omwoyo; nga twogera ku ebyo bye tukkiririzamu eri abantu eb’ekkanisa endala, nga tugaba obupapula obuliko ebikwata ku byo, ate n’okulaanga, zino zimu ku ngeri zetuyinza okuleka omusana (etabaza) gwaffe okwaakira abalala. Tetusaana kulowooza nti omulimo ogw’obujjulizi gwabo banaffe abasobola, kikwata ku buli omu.

Emu ku ngeri ezisinga okuvaamu ebibala mu kubuulira kwe kwogera ku ebyo byetukkiririzamu eri ab’omu maka gaffe ate n'abo abatuli kumpi: gamba nga mikwano gyaffe. Abo abalina bakazi baabwe oba abasajja baabwe nga tebannamanya mazima basaana okubannyonnyola ebyo byetukkiririzamu, naye nga kino bwe kimala okukolebwa, tekyandibadde ky’amagezi okubatekako ennyo ku bunkenke oba okubiddinganamu. Abakyusibwa mu bunkenke Mukama si bayagala. Omulimo ogwaffe kwe kuwa obujjulizi eri amazima naye ga tetufaayo nnyo ku muwendo ogwabannukula. Tulina obuvunanyizibwa bunene nnyo okuwa obujjulizi buno (Ez.3: 17-21); Kristo bwa komawo nga tukyali balamu “abasajja babiri baliba mu niimiro; omu alirekebwa omulala n’atwalibwa” (Luk 17:36). Kiriba si kya bulijjo Kristo okudda nga tetusobodde kwogera eri ab’egaanda zaffe n’emikwano gyaffe be tukola nabo ku bikwata ku madda ge ag’okubiri bwa liba azze.

**11.3.4 Ebikolwa By'obulamu Mu Bukristaayo: Obulamu mu kkleziya/ Ekkanisa**

We tutuuse mu ssomo lino twayogedde ku buvunnayizibwa bwaffe eri eby'omwoyo. Wabula tulina omulimo ogw'okungaananga n'abo be tugabana nabo ku ssuubi lyaffe. Nate era, kino kyandibadde kya mu buzaalirana kye tusaanye okukola awatali kuwalirizibwa. Tulaze nti omuntu olumala okubatizibwa atandika olugendo mu ddungu olumutwala mu bwakabaka. Kya buzaalirana okwagala okuba awamu naabo bokka be tutambula nabo mu lugendo luno. Tuli mu nnaku ez'oluvannyuma nga era Kristo anaatera okudda; okusobola okuwangula okemebwa kwonna kwonna okutujjira mu biseera bino, kitwetagisa okussa ekimu naabo bokka bwe tuyimiride obumu: " Tetulekanga kungaana wamu. . . naye nga tubuulirira era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo, nga bwe tulaba olunaku luli lunatera okutuka (Beb.10:25 geraangeranya ne Mal.3:16). N'olw'ekyo abakkiriza balina okukola ennyo n'amaanyi okulaba nga basisinkananga era ne mukuwandiikiragananga n'okukungaananga okusoma Baibuli, okusembera n'okubuullira enjiri.

Buli omu, yayitibwa ku lulwe 'okuva' mu nsi eri essuubi ery'obwakabaka bwa Katonda. Ekigambo 'abatukuvu' kitegeeza 'omuntu eyayitibwa', era kiyinza okutegeeza abo bonna abakkiriza abatuufu, so si abo bokka abaali bamanyiddwa ennyo mu ebiseera ebyayita. Ekigambo 'ekkeleziya' eky'Oluyonaani ekyakyusibwa mu Lungereza nga: 'ekkanisa' amakulu gaakyo: 'ekibiina ky'abo abayitibwa' kwe kugamba abakkiriza. Kale 'ekkanisa' kitegeeza ekibiina ky'abakkriza, so si kizimbe mwe bakungaanira. Okuggyawo obutategeragana mu nkoseza ey'ekigambo kino, abamu bagezaako okukozesa 'ekkeleziga' mu kiso kya 'ekkanisa'..

Buli awali abakkiriza abawera; kababeere nga bali mu kibuga oba mu kitundu kyonna, kyandibadde kirungi abantu abo okwefunira ekifo eky'okungaanirangamu. Eno eyinza okuba ennyumba ey'ow'oluganda oba ekifo ekipangisibwa. Ezimu ku  kkeleziya  mu nsi yonna basisinkana mu bifo ebikungaaniramu abantu, wooteeri, mu nnyumba z'abantu oba mu bizimbe byabwe. Ekigenderera ky'ekkeleziya kwe kuyambagana mu lugendo olw'omu bwakabaka. Kino kikolebwa mu ngeri nnyingi gamba ng'okuyigira awamu Baibuli

oba okuwa obujulizzi obw’ekigambo eri ensi mu kubuulira. Ekkleziya emirimo gyayo egikola mu ngeri efaanana bweti:

*Ku Sunde essawa 5 ez’okumakya – okusaba n’okumenya omugati.*

*12 ez’olwegulo – okubuulira eri abantu bonna*

*Olw’okusatu 2 ez’ekiro – okuyiga Baibuli.*

Ekkeleziya kimu ku kitundu eky’abantu ab’omunnyumba ya Katonda. Era buli mu kibiina kyonna eky’abantu ba Katonda abali awamu, buli omu mu bo afaayo era n'abeera omugonvu eri banne. Kristo kyennnyini eyali omukulu ennyo mu by’omwoyo, yeyisa “ng’omuddu eri abantu bonna” yanaaza ebigere by’abayigiriza wadde nga bo bawakana ani eyali asinga obukulu mu bo. Yesu ayagala ogoberere eky’okulabirako kye eri ensonga eno. (Yok.13:14,15; Mat.20:25-28).

Abakkiriza bakozesa ebigambo ‘muganda wange’ oba ‘mwannyinaze’, nga tebafuddeyo ku bitiibwa byabwe ne bye bakola mu bulamu buno. Newakubadde kiri bwe kityo teberabira kuwa kitiibwa bakkiriza ababasooka okutegeera Katonda; abamaze emyaka emingi ennyo nga batambulira mu kutya Katonda. Era ekuwabulwa kwabwe kuba kyamuwendo nnyo naddala eri abo abagala okugoberera ekigambo kya Katonda. Wabula, okuwabulwa kuno bakutwala singa kuba kuwa ekifaananyi ky'ekigambo kya Katonda kyennyini mu Baibuli.

**11.3.5 Ebikolwa By'obulamu Mu Bukristaayo: Okumenya Omugaati**

Okusaba n’okusoma Baibuli, kugenderako n'ekiragiro kya Kristo okulyanga (oba okumenya omugaati) n’okunywanga ku enviini katono nga tujjukira ssaddaaka ye, kyetagisa. “. . . Kino mukikolenga okunjijukiranga” (Luk. 22: 19). Yesu yayagala abagoberezi be bakolenga bwe batyo bulijjo okutuusa lw’alidda, olwo lwaligabana nabo omugaati n’eviini nate (1 Kol.11:26; Luk. 22:16 –18). Yesu Mukama yawa Paulo okwolesebwa okw'enjawulo ku bikwata ku kumenya omugaati nga bwe yakola ku bikwata

ku kuzuukira kwe (1Kol.11:23; geraageranya ne 15:3); bwe kityo okumenya omugaati kikulu.

Omugaati kabonero ak'omubiri ogwa Kristo ogwawebwayo ku musalaba, ate enviini omusaayi gwe (1Kol.11:23 - 27). Tebifuukira ddala mubiri na musaayi gwa Yesu. Yesu bwe yayogera nti guno mubiri gwange (Mat. 26:26) tukitegeera ng'akabonero k'omubiiri gwe. Yesu yali ategeeza mu bulambulukufu biri ebigambo ebyayogerwanga ku mbaga y'okuyitako nti: "Guno gwe mugaati ogw'okubonabona bajjajjaffe gwe balya mu nsi y'e Misiiri". Si gwe gwali guli gwennyini e Misiiri. Kirabika okuba ng'abakkiriza abasooka batuukirizanga ekiragiro kino eky'okumenya omugaati bulijjo (Bik.2:42,46) – kiyinzika okuba gwali nga mulundi gumu buli wiiki (Bik 20:7). Bwe tuba nga ddala twagala Kristo tulina okugondera amateeka ge. (Yok 15:11-14). Bwe tuba nga tulina enkolagana eya namaddala naye, tulina okujjukira ssaddaaka ye nga bwe yatugamba, kino ne kitukubiriza okujjukira obulokozi obunene bwe yatukako. Ekaseera ek'okusirikiriramu nga tulowooza ku kubonabona kwe ku musalaba kyandifudde okugeezesebwa kwaffe kwe tuyitamu nga ekitono ennyo bwogeraageranya n'okwa Mukama waffe kwe yatukako.

Okumenya n'okulya ku mugaati n'okunywa enviini mukolo mukulu gwa kujjukirirako; temuli kyamagero kyonna kibaawo nga kino kikolebwa. Kino kifaananako n'embaga y'okuyitako eyakolebwanga mu teeka lya Musa (Luk. 22:15; 1Kol. 5:7,8) Embaga y'okuyitako yakolebwanga lwa kujjukirirako olunaku olw'okununulibwa okuva e Misiiri Katonda kye yakola ng'ayita mu Musa wali wa Nnyanja Emyuufu. Omukolo gw'okumenya omugaati gutujjukiza obulokozi bwaffe okuva mu kibi nga tuyita mu Kristo okwaliwo ng'afiira ku musalaba; era naffe kwetwegaata mu kubatiizibwa. N'olw'ekyo okutukiriza etteeka lino kisaana okuba eky'obuzaalirana kye twagala okukola.

Okulya ku mugaati n'okunywa enviini bituletamu okwagala Kristo, era n'ebintu byonna ebikwata ku bulokozi bwaffe nate bifuuka bya ddala. Kale okumenya omugaati omulundi ogumu buli wiiki kabonero ak'obulamu obulungi mu by'omwoyo. Singa wabawo oyo yenna atasobodde kukikola ne bakkiriza banne, yandikikoze yekka. Tewalibadde kya kwekwaasa kyonna kyonna kitugaana kutuukiriza etteeka lino. Tufubenga nnyo

okutereka omugaati n’enviini era nga tebituggwako okusobola okukola omukolo guno, nga wadde ne mu mbeera embi ennyo obutaba nabyo tekyanditulemeseza kujjukira Kristo mu ngeri yonna gye tuba tusubodde nga bwe kyateekebwateekebwa. Yesu yakozesa omubisi gw’omubibala eby’omuzzabbibu (Luk. 22:18), kale bwe tutyo naffe tusaanye okukoseza enviini eva mu bibala ebyo.

Okulya n’okunywa – obubonero buno obulaga ssaddaaka ey’okubonabona kwa Kristo, kye kitiibwa ekisinga obukulu omusajja oba omukazi ky'asaana okukola. Okukozesa obubonero buno naye nga tetufuddeyo kumanya makulu gaabwo kyenkana kumpi n’okuvoola, kubanga tulaba nti “buli lwe mulya ku mugaati era ne muywa ku kikompe kino mulangirira okufa kwa mukama waffe . . . kyanaavanga aza omusango ogw’omubiri n’omusaayi gwa Mukama waffe buli anaalyanga ku mugaati oba anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga tasaanidde” (I Kol. 11:26,27). N’olw’ekyo omukolo guno ogw’okumenya omugaati gusaanye okukolebwa mu budde obulungi ate era mu kifo awatali kintu kyonna kigaana oyo yenna oba abo bonna abagulimu kussa birowoozo byabwe kw’ekyo ekiba kigenda mumaaso. Kale kyandibadde ku makya ennyo oba ekiro ddala mu kifo kyonna ekigwanidde. Twongera okuweebwa amagezi nti:“Buli muntu yeekeberenga yekka alyoke alyenga ku mugaati bw’atyo era anywenga ne ku kikompe” (1 Kol.11:28). N’olw’ekyo tusaanye okussa ebirowoozo byaffe ku ssaddaaka ya Kristo si na kindi naye nga tutunulira mu ebyo ebyawandikibwa mu Njiri ebikwata ku kukomererwa kwa Yesu, nga tetunnakwata ku bubonero buno. Bwe tukola kino mu ngeri ennungi tuba twekebera fekka mu mutima n’eri Kristo.

Engeri ey’omukolo ogw’okummenya omugaati ennungamu eri nga eno.

- Essala - nga tusaba Katonda awe omukisa gwe eri olukungaana lwaffe; okubikkula amaaso gaffe eri ekigambo kye: nga tujjukira n’ebyetaago by’abakkiriza banaffe; okutendereza Katonda ku lw’okutwagala naddala okwo okulabikira mu Kristo, saako okusaba ebintu byonna ebirala.
- Okusoma amassomo ag’olunaku nga bwe galambikiddwa.

- Okulowooza ku byonna eby’okuyiga bye tufuna mu masomo ago, oba okubuulirwa - era nga kuno kwe kukulembera ekyo kyennyini ekinyusi ky’omukolo gwaffe - okujjukira Kristo.
- Okusoma 1 Kol 11:23-29.
- Akabanga ek’okusirikiriramu nga twekebera mu mitima gyaffe.
- Essala eri omugaati.
- Okumenya omugaati ne tulyaako katono.
- Essala eri enviini.
- Okunywa ku nviini katono.
- Essala emaliriza.

Omukolo gwonna gwanditute nga ssaawa emu yokka.

### 11.4 OKUFUMBIRIGANWA MU BUKRISTAAYO

Katutandike ekitundu kino nga tulowooza ku batannawasa oba okufumbirwa mu kiseera nga babatizibwa. Mu ssomo 5.3 tuyogedde ku bwetaavu bw'okufumbiriganwa n'omukikriza eyamala okubatizibwa. Waliwo ebitundu bingi ebizamu amaanyi eri abo abatannafumbiriganwa okusigala nga bwe bali kibasoboseze okweyongera okulowooza ku bya Katonda - emirimu gye ( 1 Kol. 7:7-9, 32-38 geraageranya ne 2 Tim. 2:4; Mat.19:11,12,29; Mub. 9:9). “Naye okufumbiriganwa bwe mufumbiriganwa nga temwonoonye” laba (1Kol.7:28). Abatume abasinga obungi baali bafumbo (1Kol. 9:5), era okufumbiriganwa nga Katonda bweyakuteekateeka kuleeta ebirungi ebirabibwako ate ne mu by’omwoyo. “Okufumbiriganwa kwa kitiibwa eri bonna n’ekitanda kirongoofu” (Beb. 13: 4), “Si kirungi omuutu (omussajja) okubeeranga yekka”, okujjako ng’asobola okwekuumira mu bintu eby’omwoyo, era n'olw'ekyo Katonda yassaawo okufumbiriganwa (Lub. 2:18-24). Kale, “alaba omukazi okufumbirwa alaba ekirungi, era afuna okuganja eri Mukama . . . omukazi omutegeevu ava eri mukama (Ng .18:22; 19:14).

Ensonga eno efunzibwa n'obwenkanya mu 1Kol.7:1,2: “Kirungi omusajja obutakwatanga ku mukazi. Naye olw’obwenzi buli musajja abeerenga ne mukazi we ye, na buli mukazi abeerenge ne musajja we ye” (geraageranya n’olunnyiriri 9).

Amakulu agali mu nyiriri zino ge gano nti okuba mu bikolwa byonna ebweru w'obufumbo buba bwenzi. Okulabula eri ebikolwa eby'obwenzi. (eri abo abatannafubiriganwa), okwenda (okwegatta kwabo abafumbirigana oba omu ku bo ebweru w'obufumbo) n'ebikolwa ebirala byonna ebibi kusangibwa kumpi mu Ndagaano Empya yonna. Laba Bik.15:20, Bar.1:29; I Kol. 6 :9-18, 10:8; 2 Kol. 12 :21, Bag. 5:19; Bef. 5 :3; Bak. 3:5; 1 Bas. 4:3; Yuda 7; 1 Peet 4:3; Kub 2:21.

Kale okusinziira ku ssira lino eriddibwamu bwe lityo, kiba kibi obutagondera ebyo Katonda byayagala. Newakubadde Mukama asanyukira okutusonyiwa ebibi eby'obunafu bwaffe bwe tubyennenya (gamba ng'eky'okulabirako kya Dawudi bwe yayenda ku Basuseba), naye okukola ebintu ebifaanana nga bino kivaamu okwesaalira omusango fekka. Bino Pawulo yabyogeranga nnyo: "Obwenzi obukaba . . . n'ebiri ng'ebyo nga bye nnasooka okubabuulira, nti bali abakola ebiri ng'ebyo tebalisikira bwakabaka bwa Katonda" (Bag. 5:19,21), Kale "mwewalenga obwenzi (geraageranya ne 2 Tim. 2:22). Buli kibi kyonna omuntu ky'akola kiri kungulu ku mubiri naye ayenda akola ekibi ku mubiri gwe ye" (1 Kol. 6:18).

Kigenda kikirizibwa mu nsi yonna nti abavubuka basobola okubeera awamu wadde nga tebannafubiriganwa era nti basobola n'okwegaata awamu mu bikolwa eby'abafumbo. Okufumbiriganwa okw'abakirizza kusaana okuba nga okwa Katonda kwe yateekateeka so si kw'abantu kwe begunjizawo bokka. Okufubiriganwa tekwaassibwawo ku bwa muntu, naye kwabawo kubwa Katonda. Okusinziira ku Baibuli, okufumbiriganwa, kulimu ebintu nga bisattu.

- Wabawo omukolo ogw'okufumbiriganwa kagube mutono gutya. Ebyawandiikibwa ku Bowaazi ebikwata ku kuwasa kwe mu Luusi 3; 9-13 biraga nga okufumbiriganwa si kintu kya kugwira bugwiizi. Wateeka okubawo ekiseera ddala ekimanyiddwa obulungi abantu mwe banafubiriganirwamu. Kristo ageraageranyizibwa n'omugole omusajja ate bo abakkiriza ng'abagole abakazzi, Kristo alifumbiriganwa nabo ku madda ge ag'okubiri. Walibeerawo "Obugole

bw'omwana gw'endga" (Kub. 19:7-9). Enkolagana wakati aw'omusajja n'omukazi lugero olutegeeza enkolagana eriwo wakati wa Kristo n'abakkiriza (Bef.5:25-30); nga bwe wagenda okubaawo ekiseera kitono eky'embaga y'abakkiriza ne Kristo, ne bwe kityo walina okubawo obugole wakati w'abo abakkiriza obutandikira ku kufumbiriganwa, ng'akabonero akalalaga okwegatta kwa Kristo n'abakkiriza wali ku ntebe y'omusango.

- Okufumbiriganwa kwa Katonda ne Isiraeli kwalimu okuyingira mu Ndagaano ey'obutukuvu eri buli omu (Eze.16:8), na kino kyandibadde mu kufumbiriganwa okw'abakkiriza.
- Omusajja n'omukazi okwegatta awamu kintu ekyetagisa okutukiriza ensonga ez'obufumbo (Ma.21:13; Lub.24:67; 29:21; 1Bassek. 11:2). N'olw'ensonga eno 1Kol. 6:15,16 kinnyonnyola lwaki okwegaata okutali kw'abafumbo si kituufu. Okwegatta okw'omusajja n'omukazi kabonero akalaga engeri Katonda gye yagatta ababiri awamu (Lub.2:24). Okufuuka "omubiri gumu" mu mukwano ogutali gwa luberera kuvumisa emibiri gyaffe Katonda gye yatuwa. Katonda yakola emibiri gyaffe olw'okugisobozesa okutuukiriza ekyo kye yagaata awamu mu bufumbo.

Oyo eyabatizibwa naye nga munne we tannabatizibwa, tamulekanga (1Kol. 7:13-15), naye akolenga kyonna ekisoboka okumulaga okwagala, era nga ne mu mpisa ze ayolesa nti alina okukkirizza okutuufu mu Katonda omu, so teyakyusakyusa bwa ddiini. 1 Peet 3:1-6 kigumya abali mu mbeera eno, nti okukola bwoti, ngeri esobola okukyusa munno atannakkiriza.

Amateeka agafuga okufumbiriganwa galabika mu bigambo ebya Katonda bino nti "Omusajja kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina yeetaba ne mukazi we nabo banaabanga omubiri gumu" (Lub.2: 24) Okulwanirira kuno obumu wakati w'omusajja n'omukazi mu ngeri ennyingi nga bwekisoboka kifaananako n'okwo eri obumu ne Kristo nga tuyita mu kuwangula ekibi, n'omululu bye tuzaalibwamu, Okulwanagana kuno kwa fekka na fekka si eri Kristo oba eri bannaffe .Wetukoma okufuna obuwanguzi mu kino lwe tweyongera okubeera n'essanyu mu bufumbo bwaffe.

Wabula ensi gyetulimu ejjude ekibi n’obunafu era nga tetusobola kutuukiriza omutindo oguli mu Baibuli, n’eky’okulabirako eri okwagala kwa Katonda ne Kristo. Enkola eyassibwawo mu Lub.2:24 eri nti omusajja omu n’omukazi omu, nga babeera wamu bombi obulamu bwabwe bwonna bwonna.

Abakkiriza bateekwa okuba abetegefu okukkiriza nti waliwo ebiseera ebirala omutindo guno bwe batasobola kugutukirizza: bo bennyni ate ne bakkiriza bannabwe abalala. Abasajja n'abakazi baabwe bayinza obutakkanya ku ensonga ezitali zimu mu bufumbo babwe; enkola y’obumu mu ndowooza yaabwe gye basaanye okuba nayo neba nga tekyaliwo. Si kyangu kutuukiriza nsonga za bufumbo, abantu abamu bayinza okuba nga bamala dda okuwasa abakazi abasuuka mu omu nga tebananbatizibwa; naddala abo abali mu bantu abakkiriza okuwasa abakazi abasuka ku omu. Kino bwe kiba nga bwe kiri, oyo afaananako bwati kimugwanira okusigala ne bakazi be era abalabirirenga, naye nga tabongerako nate. Pawulo omutume, ku lw’obukuggu bwe n’ekisa kye eri abantu n’olw’okugondera enkola ya Katonda yonna yawabula nti: okwawukana kyali kisooboka singa wabawo ensonga ennene ennyo etekwatagana na nkola ya Katonda, yagamba nti: “omukazi obutanobanga ku musajja we: naye bw’anobanga, abeeranga awo obutafumbirwanga” (1 Kol.7:10-11).

Okwatula enkola eno esaana, naye nga waliwo obweteefuteefu okukkiriza eya wansisiiko bweba nga teggyawo enkola ya Katonda ekkirizibwa ey'omu byawandiikibwa (okugeza ng'obwenzi), etera okulabika nnyo mu byawandiikibwa. Okuwabula kwa Pawulo okuli mu 1Kol.7:10-11 kwenkanakana n’okuli mu 1Kol.7:27.28 okugamba nti: “. . . wasibibwa n’omukazi? tonoonyanga kusumululwa. Wasumululwa ku mukazi? tonoonyanga mukazi. Naye okuwasa bw’owasanga nga toyonoonye”. Wabula okwawukana ekyeyagalire olw'obusongasonga kuba kummenya nkola eyassibwawo Katonda egamba nti: omusajja n’omukazi balina okukitegeeranga nti Katonda yabagatta wamu ng’omubiri gumu, wadde nga kino kizibu okussa mu nkola. Kristo alambika bulungi ensonga eno:

“Naye okuva ku lubereberye lw’okutonda, yabatonda omusajja n’omukazi. Omusajja kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyiina ne yeegatta ne mukazi we; nabo bombi banaabanga, omubiri gumu: kale nga tebakyali babiri, wabula omubiri gumu. Kale Katonda kye yagatta awamu, omuntu takyawukanyanga ( okugoba ) . . . Kale buli yenna anaagobanga mukazi we,  n’awasa omulala, ng’ayenze” ( Mak.10:6-12).

Mu mbeera eno yonna ey’omasajja n'omukazi, omubiri gugeezako okwagala okwekwaasa nga gukola ebyo bye gwegomba. Naye abo bonna abesanga nga bali mu mbeera ey’okukkemebwa, bazibwamu amaanyi n’ennyiriri zetujuliza mu kitundu kyaffe kino. Naye ate abamu basalawo okugenda mu bikolwa eby’obuseegu gamba: ng’omusajja okwebaka ne musajja munne oba omukazi okubeera ne mukazi munne nga bino babiyita ebikolwa ebirungi. Wabula tewali kubuusabuusa nti ebikolwa nga bino tebikkrizibwa mu maaso ga Katonda. Etteeka ekulu mu Lub.2:24 liraga ng’omusajja okwebaka ne musajja munne oba omukazi ne mukazi munne bwekiri ekibi. Mukama kyaygala ye musajja n’omukazi okufubiranganwa babeere omuntu omu. Katonda yatonda omukazi okubeera omuyambi w’Adamu si musajja kuba muyambi wa musajja munne. Emirundi mingi Baibuli evumirira ekikolwa ky’omusajja okwebaka ne musajja munne. Era kino ky’ekimu ku bibi ebyaletera Sodoma ne Ggomola okuzikirizibwa (Lub.18-19); Pawulo omutume ensonga eno agirambika bulungi nti: abeyongera okukola ebikolwa ebiri nga ebyo obusungu bwa Mukama bulibatukako, era ne basibirwa ebweru mu bwakabaka bwa Katonda (Bar.1:18-32; 1Kol. 6:9,10).

Bwe tuba ng’abamu ku ffe twali twennyigira mu kukola ebikolwa ebifaanana nga bino tekyanditulowoozeseza nti Mukama takyasobola kutuyamba. Naye waliwo okusonyiwa awali Mukama, Alyoke atiibwenga (Zab.30:4). Mu ekkeleziya y'e Kolinto mwalimu abakolanga ebikolwa ebiri ng’ebyo naye ne bennenya.“Abamu ku mmwe mwali ng’abo; naye mwannaazibwa naye mwatukuzibwa, naye mwaweebwa obutuukirivu olw’erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo . . . ” (I Kol. 6: 9-11).

Ekwemulugunnya nti abasajja abamu tebafuna kusikirizibwa eri abakazi kuba kugamba nti Katonda simwenkanya olw’okutugaana okusiyaga, nga naye yatutonderamu

okukemebwa kuno okutusinza amaanyi. Katonda tayinza kutuleka kukemebwa okusinga kwe tuyinza naye assawo obuddukiro (1Kol.10:13). Okweyongerera mu bikolwa eby'omubiri bulijjo omuntu atuuka mu kiseera wabeerera nga bwatyo bwafaanana. Kale omutamiivu oba oyo akoseza ebidagala ddagala tasobola kubaawo nga bino tabikozeseza, ng'ate kiba kyetagisa okukyusamu era bwayambibwako ennyo, asobola okuddayo mu mbeera ye oy'obulamu obwa bulijjo.

Abasiyazi nabo balina okukyusamu okuva mu nkola eyo. Mukama alikakasa amaanyi ag'abantu mu bikolwa nga ebyo; singa bagenda mu maaso n'ebikolwa eby'emibiri gyabwe, Katonda alibakola nga bwe yakola Isiraeli ow'edda.
"Katonda kyeyava abawaayo eri okukwatibwa okw'ensonyi: kubanga abakazi baabwe baawaanyisa ekikolwa kyabwe eky'obuzaaliranwa ne bakifuula ekitali kya buzaaliranwa: era n'abassajja bwe batyo bwe baleka ekikolwa eky'omukazi eky'obuzaaliranwa ne baakanga mu kwegomba kwabwe bokka na bokka abasajja n'abasajja nga bakolangananga ebitasaana, era nga baweebwanga mu bo bokka empeera eyo eyasaanira okwonoona kwabwe"(Bar 1:26,27).

## 11.5 OKUSSA EKIMU KW'OMUKRISTAAYO

Ekigmbo eky'Oluyonaani ekyakyusibwa 'okussa ekimu' kitegezza embeera ey'okuba nga waliwo ekifaanana. Okumanya n'okussa mu nkola engeri ya Katonda, tuba tussa kimu naye ate n'abantu abalala bonna abakola ky'ekimu olw'okubeera "mu Kristo". Kyangu nnyo obutafaayo ku buvunanyizibwa bwaffe eri okussa ekimu n'abalala: "Naye okukola obulungi n'okukkaanya temwerabiranga" (Beb 13:16). Abafiripi 1:5 kyogera ku "kussa ekimu" olwe Njiri; n'olw'ekyo okussa ekimu kwaffe kusibuuka ku ebyo ebiyigirizibwa n'engeri ey'obulamu ebikola Enjiri. Ku lwe nsoga eno okussa ekimu okusangibwa mu abo abakkiriza abatuufu, kusingira wala okwo kwonna okusangibwa mu kkanisa endala yonna. Ku lw'okussa ekimu kuno abakkirizza batambula engendo empaavu okulaba bakkiriza bannabwe abalala abali ku bwaabwe, n'gate batwala omukisa ogw'okuwandiikiraganiranga oba okukoseza amassimu okwogeramu buli lwe kiba kisobose. Pawulo ayogera ku "kussa ekimu okw'omwoyo" (Baf. 2:1); ekitegeeza okussa

ekimu okusibuka mu kugoberera mwoyo/endowooza ya Katonda, eyo etubikkulirwa mu mwoyo - ekigambo Kye.

Emu ku ngeri esinga obukulu gyetwolesamu okussa ekimu kwaffe gwe mukolo ogw'okumenya omugaati fenna awamu. Abakkirizza abasooka "banyiikiranga mu okuyigirizibwa kw'abatume ne mu kussa ekimu ne mu kumenya emigaati ne mu kusaaba…..n'essanyu n'omutima ogutalina bukuusa" ( Bik.2: 42,46). Obubonero buno bulaga ekinnyusi ky'esuubi lyaffe era okubugabanako nga tuli wamu kituwa okuba omuntu omu "n'omwoyo ogumu". "Ekikompe eky'omukisa kye tusabira omukisa, si kwe kusseekimu omusaayi gwa Kristo? Omugaati gwetumenyaamenya, si kwe okusseekimu omubiri gwa Kristo? Kubanga ffe abangi tuli mugaati gumu, omubiri gumu: kubanga fenna tugabana omugati gumu", kwe kugamba Kristo (1Kol.10:16,17). N'olw'ekyo fenna tulina omulimo ogw'okugabananga ku bubonero obwa ssaddaaka ya Kristo n'abo bonna abaganyulwa mu mulimo gwe, abo "abagabana ku mugaati ogumu". Abo bokka abafuna okubatizibwa okulungi mu Kristo oluvannyuma olw'okutegeera amazima, be bokka abasaana, tetugabananga na muntu mulala yenna.

Yokaana yajjukira engeri gye yagabanangamu enjiri ey'obulamu obutaggwaawo n'abantu abalala "mulyoke musse ekimu naffe: era naye okussa ekimu kwaffe kuli ne Kitaffe era n'omwana we Yesu Kristo" (1Yok. 1:2, 3). Kino kiraga nti okussekimu kusibuka ku kukutegeera Enjiri ey'amazima emu, era nga kino kitusembeza eri abo betusseekimu nabo n'eri Katonda ne Yesu; kinoomu. Buli lwe tweyongera okussa ebikolwa bye Njiri mu bulamu bwaffe, nga tunoonya okuwangula ebyo ebikolwa ebituletera okwonoona, era ne tweyongera okumanya ekigambo kya Katonda, bino bitunywereza ddala mu kusseekimu kwaffe ne Katonda era ne Kristo.

Okusseekimu ne Katonda ne Kristo era n'abakkirizza abalala tekyesigamizibwa ku by'amazima byokka byetuyigirizibwa ebikola "okusuubira okumu". Engeri y'obulanmu bwaffe eteekwa okuba nga ekwatagana ne enkola eyetagisa eri mu byo. Katonda gwe musaana, mu ye temuli nzikiza nakatono. Bwe tugamba nti tussa kimu awamu naye, naye ne tutambulira mu nzikiza, nga tufuuse balimba, era nga tetulina mazima: naye bwe

tutambuliranga mu musana, nga ye bwali omusana, tussa kimu fekka na fekka n’omusaayi gwa Yesu omwana we gutunaazako ekibi kyonna (1 Yok.1:5-7). N’Olw’ekyo okussa ekimu ky’ekola kyokka wakati waabo abatambulira mu musana.

‘Okutambuliwa mukizikiza’ kiteekwa kuba nga kiraga obulamu obukontana n’ekatangala ky’e kigambo kya Katonda buli kiseera nte mu twaatu (Zab. 119:105; Ng. 4:18). Kubanga olunnyiriri oluddirira lugenda mu maaso nti, “Bwe twogera nga tetulina kibi, twekyamya fekka so nga n’amazima (kwe kugamba ekigambo kya Katonda – Yok. 17:17, 3:21; Bef. 5:13) tegali mu ffe” (1 Yok 1:8)..

Okusinziira ku bino kirabika nga omukkiriza bwatandiika okutambulira mubitayigirizibwa eby’amazima oba okutambulira mu bulamu obuwakkanya enjigiriza ya Baibuli, aba takyalina kussa kimu . “Temussanga kimu n’ebikolwa ebitabala eby’ekizikiza, naye wakiri mubibuuliirenga bubuulirizi” (Bef .5:11). Ekisoboka kyonna kirina okukolebwanga okusoobola okubakomyawo ng’omusumba omulungi oyo anoonya endiga ezaaye (Luk. 15:1-7).

Ow’oluganda oba mwanyinaffe mu Kristo bwe yeyongera mu kuyigirizibwa ebitali bituufu oba mu kweyisa obubi, kiba kyetagisa okukola entegeka ey’okumubulira nti okusseekimu tekuliiwo (Mat 18:15-17). Enkola ya kino kyandibadde okwogerezeganyamu n'abkadde ab’ekkanisa. Naye nga mu byonna tumaze okutegeera bulungi nti ddala oyo avudde ku biyigirizibwa mu Baibuli, olwo ne tulyoka tumusalako.

Ebimu ku bitundu ebirungi ennyo mu Baibuli ebikwata ku kussa ekimu kisangibwa mu 2 Kol.6:14-18: “Temwegattanga nabo abatakkiriza kubanga temwenkanankana: kubanga obutuukirivu n’obujeemu bugabana butya? Oba omusana gusa kimu gutya n’ekizikiza?. . Kale muve wakati w’abo mweyawule, bw’ayogera Mukama . . . nnaabeeranga Kitammwe gye muli, bwayogera Mukama”.

Tulaze engeri ekigambo kya Katonda bwekiri omusana. Enyiriri zino zinnyonnyola ensonga lwaki tetusaana kussa kimu na kkanisa ezisomesa ebitali by'amazima, ensonga

lwaki tetufumbiriganwa n’abo abatamanyi mazima, era nga tusaana okulekawo engeri ye nsi. Bwe tubuulira amazima ga Katonda, nga bwe tusaana okukola, tekyewalika kulaba ng’abo abakkiririza mu ngero oba ebintu eby'obulimba ‘ng’abasatu mu Katonda omu’, oba okugenda mu ggulu, tebasobola kutusembeza. Ebiyigirzibwa bya makulu nnyo kubanga bye bifuga obulamu bwaffe era ne bwe tusaana okweyisa; kale tuteekwa okuba “abatukuvu mu by’okuyigirizibwa” bwe tuba nga twagala okugeezako okuba n’obulamu obutukuvu.

Okutambula kwaffe “Kufuuka nga ENjiri ya Kristo bwe twagitegeera era nga bwe twagikkiriza ne bweri” (Baf.1:27). Enjigiriza enkyamu zonna zonoona ekikala kya Katonda. Bwe tumala okweyawula ku nsi tufuna ekitiibwa eky’okufuukira ddala abaana ba Katonda bennyini, era ekimu ku kitundu eky’ab’omunyumba ya Katonda; be baganda baffe ne bannyinaffe abali mu lulyo luno. Waliwo “omubiri gumu”, kwe kugamba ekkanisa emu ey'amazima (Bef.1:23), eyo esibuka kw’abo abalina okusuubira okumu - Katonda omu, okubatizibwa kumu ate n’okukkiriza kumu; - bino bye bikola okukkirizza okumu (Bef.4:4-6).

Tekisoboka kuba omu ku “mubiri ogumu” ate mu kiseera ky’ekimu ng’ossa kimu na b’eddiini endala abatalina kukkiriza kw'amazima. Olw’okulaba nti omusana tegusoboola kussa kimu n’enzikiza, tuba tuli mu nzikiza singa tulondawo okuseekimu n’enzikiza.

Bw’oba ogoberede amasomo gano n’obwegendereza wandibadde omazze okulaba nti enkolagana wakati waffe ne Katonda erina kuba ya nnamaddala. Tuli mu Kristo ku lw’okubatizibwa okuyingira mu ye, awatali kubatizibwa, tuba tetuli muye. Tuli abantu b'omusana ku lw’okutegera ebiyigirizibwa eby'amazima ne ku lw’okubissa mu nkola era n’okubigondera, awatali kino tuba tukyali mu nzikiza. Omuntu tasobola kuyimiriza kigere kimukimu eri bino byombi. Alina okusalawo kimu kyokka.

Okutegeera ebintu bino kituletera okumanya obuvunanyizibwa bwaffe eri Katonda. Era buli gye tubeera tugenze oba gye tutambulidde tetweyisa ng’oyo ow’ensi. Mukama atunuulira engeri zaffe bulijjo. Katonda ne Mukama waffe Yesu n’abakkirizza ab'amazima

bonna bakwagaliza okusalawo okutuufu. Newakubadde Katonda, Kristo, n’abakkirizza bageezako okukola kyonna okusobola okukuyambako, nga ate ye Katonda yatuka n’okuwaayo omwana we omu yekka atufiirire – ku ky'obulokozi gwe mwennyini olina okwesalirawo okusobola okutwala essuubi lino essufu erikuweebwa.

**ESSOMO 11: EBIBUUZO**

1 Nkyukakyuka ki ezisaanye okuba mu bulamu bwaffe bwe tumala okubatizibwa?

2. "Obutukuvu" kitegeeza ki?

a) Obutakolagana n'abatakkiriza
b) Kweyawula okuva ku kibi okudda eri ebintu bya Katonda.
c) Kugenda mu kkanisa
d) Okukolera abantu abalala obulungi

3. Mirimo ki egitasaana kukolebwa omukkiriza w'amazima?

4. Ebigambo 'omutukuvu', n'ekkeleziya bitegeeza ki ?

5. Ku bino ebyogerebwa wammnaga ebituufu ebikwata ku kumenya omugaati bye biruwa?

a) Tusaana okukikolanga omulundi gumu buli wiiki
b) Tusana okukikolanga omulundi gumu gwokka mu kiseera eky'embaga y'okuyitako.
c) Omugaati n'enviini bifuukiira ddala omubiri n'omusaayi ebya Yesu.
d) Omugaati n'enviini kabonero akategeza omubiri n'omusaayi ogwa Yesu.

6. Ku bino wammanga biruwa ebituufu ku ensonga ey'okufubiriganwa?

a) Tusaana okufumbiriganwa n'abakkiriza abatuufu bokka
b) Okugoba kikkirizibwa eri abakkiriza
c) Omufumbo omukkirizza yenna, ng'alina munne atannabatizibwa agezenganko okusigala awamu naye.
d) Mu bufumbo omusajja kabonero ka Kristo ate omukazi kabonero ak'ekkanisa

7. Oyagala okubatizibwa?